This is a reproduction of a library book that was digitized by Google as part of an ongoing effort to preserve the information in books and make it universally accessible.

Google books

http://books.google.com

KC
15108
NEDL TRANSFER
HN 3CPL F

# BOOK
OF
# COMMON PRAYER
IN
# LUGANDA

Digitized by Google

35 KC 15108

57-

HUR PROBST
ental Books
t. Russell S
NDON, W.C.1

Digitized by Google

Digitized by Google

Digitized by Google

# EKITABO

# EKYOKUSABA KWABANTU BONA.

[LUGANDA PRAYER-BOOK.]

Digitized by Google

Digitized by Google

Church of England. Book of common prayer. Ganda. 1905

EKITABO

# EKYOKUSABA KWABANTU BONA,

NEKYOKUGABA SAKALAMENTO, NEMPISA ENDALA

EZEKANISA, NGA BWEISA

## EKANISA EYEBUNGEREZA:

NE ZABULI ZA DAUDI NGA ZAWULIBWA

NGA BWEZIRAGIRWA OKUIMBIRWA MU KANISA OBA OKUSOMEBWA;

NEBIGAMBO NENGERI EBYOKULONDA, NEBYOKUSAWO,

NEBYOKWAWULA ABALABIRIZI, NABAKADE, NABADIKONI.

[LUGANDA PRAYER BOOK]

LONDON:
SOCIETY FOR PROMOTING CHRISTIAN KNOWLEDGE,
NORTHUMBERLAND AVENUE, W.C.
1905.

Digitized by Google

KC 15108

HARVARD
UNIVERSITY
LIBRARY
MAR 9 1953

Treat Fund

Digitized by Google

# OKUSINZA KATONDA MU KANISA BWEKULI.

BULI kigambo kikyamyizibwa: so tewanalabikanga muntu owamagezi eyali ainziża okuyiya ekigambo abalala kyebatalema kukyamya: naye bakikyamya, bwewamala okuitawo emiaka, songa kyali kyamagezi mangi, songa kyakakatira dala. Kale ensonga eno erabika mangu bwetulowoza kwebyo ebisomebwa abantu nga bakung'anye mu Kanisa okusaba, kwe *Kusinza Katonda.* E'da byebatandika nga bagala abantu bona okusabanga awamu, babilagira nga batesa bulungi: era nga bakubiriza bwebatyo abantu okwegenderezanga enyo: buli muntu ainza okutegera kino, bwasoma ebitabo ebya Bajaja abe'da. Kubanga batesa okusomanga ekitabo ekya Baibuli omulundi gumu buli mwaka, nokukimalako: obanga tebakimalangako, ebigambo byebatasomanga si bingi. Batesa bwebatyo nti Abāwule Bekanisa, era nokusingira dala bali Abawereza mu kibina, banasomanga, banafumitirizanga Ekigambo kya Katonda, banakubirizibwanga boka okwegendereza enyo, banabanga namanyi okubulira banabwe abalala: ate banaigirizanga ebigambo ebirimu ensa, era banasinganga bali abazīza ebyamazima nga bawakana: era nti abantu banawuliranga Ebyawandikibwa ebitukuvu nga bisomebwa mu Kanisa, nokwongera banayongeranga okumanya Katonda, banalumirwanga omwoyo okwagala Edini eyamazima Katonda gyatuwa.

Naye emiaka mingi nyo bwegyaitawo, abantu nga bamaze okukyamya ebyo byebatesa Bajaja abe'da, era byebalongosa: bali nga babidibyiża, nga babivudeko, nga babiingizizamu Engero Nenfumu: nga babitadeko Ebyokudamu olufulube, Nenyiriri olufulube, Nokwoge-

Digitized by Google

reramu ebigambo olunye olutata, Nebijukizo, Nebyasunodi: kyali bwekiti, bwebasokanga okusoma Ekitabo ekimu ekyomu Baibuli, basomanga esula nga satu oba nya nebalekerawo. Era bwebatyo bwebasokanga okusoma Isaya mu biro Byokuja, Nekyoluberyeberye mu Seputuagesima: naye batandikanga butandisi buli kitabo; tebamalangako kitabo na kimu: nebitabo ebirala era mu Byawandikibwa ebitukuvu babisomanga bwebatyo. Ate Paulo Omutukuvu atuigiriza okwogeranga mu Kanisa olulimi lwebawulira, abantu balyoke bategere, era base mu mwoyo byebawulira; naye emiaka gino mingi nyo bali nga basomye Lulatini mu Kanisa eno Eyebungereza, abantu nebatalutegera: okuwulira bawuliranga namatu gabwe: naye munda mu mwoyo tebafunanga manyi, namagezi gabwe tegeyongeranga. Ate Bajaja abe'da bali bayawudemu *Zabuli* ebitundu musanvu buli kitundu nebakiita *Nocturn:* naye aba lero bazisomako ntonotono, era Zabuli endala nyingi bazileka obutazisoma. Ate Empisa empandike zebaita *Pai* zali nyingi, era nga nzibu; era nokukyusa nebakyusa engeri Ezokusinzizanga mu Kanisa, newabawo emitawana emingi era nemizibu okuvumbula ebyalagirwa eda okusomebwanga: era nokusoma kwabanga kwangu, naye okuvumbula ekitundu ekyalagirwa eda kwabanga kuzibu nyo.

Kale ekitabo kino kyalongosebwa okugyawo ebyo ebiziza, ebimaze okutegezebwa engulu. Ate ne Kalenda yakubibwa, omuli ebigambo ebigolokofu ebitali bizibu, abantu balyoke bayanguwenga okutegera: era mwebiragirwa ebitundu ebyomu Byawandikibwa ebinasomebwanga bulijo, buli kitundu nga kidirira kitundu kinakyo, wabulanga waliwo ensonga ekirobede. Kyebiva bigyibwamu Antifona, Nebyokudamu, ne Invitatori, nebifananganga ebyo byona ebyalobera Ebyawandikibwa bye nyini okusomebwanga bulijo ekitundu.

Naye awataba Mpisa mpandike, tewabawo bantu abainza okukwata engeri emu: Empisa si nyingi kyezava ziwandikibwa, era zalagirwa wano. Naye si nyingi: nezigolokoka nezitegerekeka mangu. Mu kitabo

kino kyemuva muberamu Engeri Eyokusabanga, era eyokusomanga Ebyawandikibwa Ebitukuvu ebiring'anga engeri eri gyebatesa, era gyebalongosa Bajaja abe'da: ate nekitabo kino kisinga kiri kyebasomangamu okutusa kakano okugasa abantu, era nokubamu ebigambo ebyangu. Kino kyekiva kigasa abantu okusinga kiri, kubanga kyabulamu bingi ebitali birungi, ebimu nga bya bulimba, ebimu nga tebyakakata, ebimu nga tebirimu, era nga bya lubale. Kyebava balagira obutasomangamu kigambo nekimu ekitava mu Kigambo kya Katonda kye nyini, bye Byawandikibwa Ebitukuvu: oba ekitabagana nebyamu: ate kyekyava kibamu Olulimi Nengeri byombi byebasinga okutegera, kubanga byangu, bona abasoma era abawulira. Ebyamu kyebiva bibera ebyangu, kubanga ekitabo si kinene, ate ye Ngeri eyokusabanga eyanguwa okutegerekeka, ate kubanga Empisa ezawandikibwamu si nyingi, so si nzibu.

Ate kubanga mu naku ezaita bayogeranga nebayimbanga mu Kanisa mu ngeri nyingi: Ekanisa ezimu nga zikwata Empisa eza *Salisbury*, ezimu nga zikwata Empisa eza *Hereford*, ezimu Empisa eza *Bangor*, ezimu Empisa eza *York*, ezimu Empisa eza *Lincoln;* kale okuva kakano wanabangawo mu bwakabaka bwona empisa emu.

Kale kubanga tekiinzika kutegereza dala ensonga yona enesimibwanga bona, abamu nga babusabusa nti Tetuinza kukwata kino: oba nti Tetuinza kukola kino; kale ababusabusa bwebatyo, oba abagala ebigambo ebitali mu kitabo kino bagende eri Omulabirizi owesaza lyabwe. Bwekityo bwekigwana okumalamu ensonga zona zona ezitatabagana nekitabo kino, nga zirabise, era nebigambo byabwe bona ababusabusa nti Sitegede kino: oba nti Kino nkikole ntya? oba nti Kino kinaba kitya? Kale Omulabirizi oyo nalyoka atesa namagezige bwainza okusirisa nokusimya abantu bali: era byalagira ye nebitabagana nebyo ebiri mu kitabo kino. Ate Omulabirizi bwalemwa, asabe Sabalabirizi okumumalirawo empaka.

Digitized by Google

KALE kiragirwa okusomanga nokuyimba byona mu Kanisa nga bogera Luganda, abaże mu kanisa balyoke bawebwe amanyi. Naye abantu abasomera eka mu nyumba zabwe bo Okusaba Kwenkya oba Okusaba Kwakawungezi tebawerebwa kwogeranga buli lulimi lwebategera boka.

Era Abakade Nabadikoni bona kibagwanide okusomanga bulijo Okusaba Kwenkya Nokusaba Kwakawungezi, oba eka mu nyumba oba mu lwatu mu kanisa, wabulanga balwade oba nga waliwo ensonga endala ebalobede.

Ate Omuwereza awerereza mu Kanisa yena oba mu Somero lyona anasoma nga ebyomu kitabo kino mu Kanisa oba mu Somero eryo mwawerereza: wabulanga akyade awalala, oba ngalina ensonga endala emulobede: era abagambenga okukuba eng'oma, nga wakyaliwo ebanga okutusa lwayagala okusaba, abantu balyoke baje okuwulira ekigambo kya Katonda, era nokusaba awamu naye.

## OBULOMBOLOMBO OBUMU OKUBUDIBYA OBUMU OKUBUSIGAZAWO.

KU Bulombolombo bwebaisanga mu Kanisa, era abantu bwebasawo, obumu bwayiyizibwa bulungi okuberanga abantu okusinza Katonda: naye enaku bwezaitawo enyingi, bwafuka nga ebya lubale ebitalimu. Obumu babuingiza mu Kanisa abantu abatalina kutegera kulungi : nebanyikira naye nga tebalina magezi. Ate kubanga bangi tebabusako mwoyo bwebwasoka okubawo, bweyongera bulijo okukyamya abantu nokuingiza mu dini ebitasana: kyebuva bulema okubamu ensa naye buziba amaso gabantu nebugyako Katonda ekitibwakye: obwo bwe bugwanide okumalibwawo nokujulukukira dala. Waliwo nobulala obwayiyizibwa abantu obuntu, naye busana okubulekawo, kubanga bulungi. Bubera abantu okusinza

bulungi mu Kanisa: kyebwava busoka okuyiyizibwa: era buliko ebizimba ekanisa: era Nomutume oyo aigiriza bwatyo nti Byona mu kanisa bikolebwenga olwokuzimba.

Ate okukwata Akalombolombo si kigambo: newakubade okuleka Akalombolombo si kigambo, omuntu bwatesa kululwe yeka. Naye bwakolera abangi abalala, guba musango munene mu maso ga Katonda okwonona nokudibya empisa zabwe ezokusinza nokutendereza awamu; guba musango munene bwakola bwatyo ngamanyiride, era nganyoma ebyalagirwa. Paulo Omutukuvu yategeza nti Byona bikolebwenga nga bwekisana, era mu mpisa enungi. Ate okulagira empisa abantu bona tebakiriko. Kale omuntu atyenga okwang'anga okulagira oba okukyusako empisa nemu eyomu Kanisa ya Masiya, nga gugwanira abantu bona, era atyenga okukiriza okukola bwekityo: wabulanga amaze okuitirwa omulimu guno nokuwebwa obuinza nga amateka bwegali.

Ate mu naku zino zetulimu; abantu tebakwata bumu. Abamu nga balowoza nti Guba musango munene okuva ku Kalombolombo kona: kubanga basako nyo omwoyo ku mpisa zabwe eze'da. Ate waliwo nabalala abatamwa eze'da. Buli kigambo bakyagalamu ekigya nebanyoma eze'da: era nekitali kigya nebatakisima. Kale kyekyava kitesebwa nti Si kirungi kusosolanga mu bantu bwetunasimibwa bano oba bwetunasanyusa bali: naye kirungi tusimibwe Katonda yeka, nabo tubakwase ebigambo ebinabagasanga bombi. Naye omuntu yena alemenga okunyiga olwobutamanya nsonga, ezimu zawandikibwa wano okunyonyola nti Obulombolombo buno kyebwava budibyizibwa, songa bali babuisa bulijo: era nti Obulombolombo buno kyebuva busigalawo obutajulukuka.

Obumu bwadibyizibwa kubanga bweyongede okuba olufulube mu naku zino ezenkomerero, obuzito bwabwe nebulema abantu. Era ne Augusitino yabwemulugunyiza nti Bweyongede obungi nokusinga netusinga Abayudaya fe Abamasiya olwokuba mu bubi obungi

obwabwo. Era natesa okugyangawo mpola ekikoligo okyo, gwe mugugu omunene, nga bwebainza. Naye singa yalaba Obulombolombo bweba'sanga ewafe mu naku zino ezakaise, yandigambye atya, oyo Augusitino Omutukuvu? Si lufulube nokusinga nebusinga obwomu birobye? Kale Obulombolombo obwo obwewafe enkumu olufulube nebusamaliriza abantu: era nobungi ze nfumu. Bwona nebugyako abantu amagezi nebutategeza, so nebutabulira ebirungi Masiya byatuwa. Ate Enjiri ya Masiya si Mateka agokukwasa Obulombolombo, nga ensonga enyingi mu Mateka ga Musa bwezali: naye ye dini eyokuwereza Katonda mu dembe lyatuwa Omwoyo ye nyini, si kuwereza mu budu obwekifananyi kyona, oba obwekisikirize kyona. Kale Obulombolombo obwo obukoza abantu empisa enungi ezigwanira Katonda bumala: awamu nobwo obusesa amagezi amazito gabantu okujukira ekibagwanide eri Katonda nga bulab'sa kyebainza okutunulira namaso gabwe, balyoke baigirizibwe. Ate ensonga eyasinga okudibya ku Bulombolombo obumu ye eno: Abakopi abataigirizibwa babukwatira mu bya lubale olwobusirusiru bwabwe nebwononeka; era nabali abatanyiwa obugaga bwona babwonona nga banonya ebyabwe okusinga ebya Katonda. Kale bwewaberera wo obutadiba, okwonona okwo tekwainza kugwawo.

Kale no bali okunyiga kubanga mu Bulombolombo obwe'da bukyasigadewo. Balowoze nti Bainza batya okusinza Katonda nga tebalina ngeri mu Kanisa: bwebatyo bwebainza okutegera amangu nti bateseza bubi. Naye obanga balumwa omwoyo kubanga kwobwo obwe'da tebwamalibwamu bwona bwona, nebagala bwona okuba obugya. Kale bakiriza nti Obulombolombo bwetagibwa: kale obwe'da nga bukyaliwo, ekibagaza ki obugya? Bagala okuyomba nobwo obwe'da kubanga bukade: abakola batyo betegeza okuba abasiru. Kibagwanide okutenda obwe'da obukulu bwabwo bwebuli: nga bagala okweyolesa nga banyikira okutabaganya abantu awamu, so si banyikivu okuyiya ebigya nokugunja emitindo: nempisa zino

teziwoma okutegeza edini ya Masiya. Ate tewali nsonga nungi eyagala okubanyiza Olwobulombolombo obukyasigade. Kubanga buli obwagyibwawo bwe bwasinga okwononeka nokuzitowereza abantu emyoyo: naye obwo obusigala buberawo okuigirizanga empisa enungi: era nebukyusika nebulongoseka, ensonga bwebawo: so tebwenkanankana Namateka ga Katonda. Era nebulongosebwa bulungi, buli muntu ategero amakulu gabwo, era nomulimu gwabwo: kubanga si Bulombolombo obuzibu, newakubade obutaliko kwebategeza. Kale bwetutesa bwetutyo, tetusalira musango Amawanga amalala: so tetulagira balala empisa, wabulanga bantu bewafe boka. Kubanga tusimye nti buli Nsi ekwatenga Obulombolombo bweyagala, abayo bwebalowoza nti Buno bwe businze wano okwātikiriza ekitibwa kya Katonda, era bwe businze okukwasa abantu empisa enungi ezokwegendereza; temuli nsonga eyakyamya abantu, so temuli bya lubale. Ate tusimye nti bajulule empisa zebategera olusi nolusi okwononeka nga Zino ze zisinga okwononeka; kubanga kinabanga bwekityo mu mpisa zebayiya abantu; zinayononekanga, buli nsi engeri yayo eyokwononeka.

---

## ¶ BWEKIRAGIRWA OKUSOMA EKITABO KYA ZABULI MU KANISA.

EKITABO ekya Zabuli kinasomebwanga okukimalako omulundi gumu buli mwezi, nga bwekiragirwa okusomebwanga mu Kusaba Kwenkya, era Nokwakawungezi. Naye mu mwezi ogwa Febuali kinasomebwanga okutusa ku lunaku olwamakumi abiri mu munana, oba olwamakumi abiri mu mwenda olwomwezi nebalekerawo.

Ate kubanga mu Januali, Maci, Mai, Julai, Augusito, Okitoba, Desemba enaku ziwera buli mwezi amakumi asatu mu lumu: kiragirwa nti Zabuli ziri zebanasomeranga ku lunaku olwa asatu mu lumu mu myezi egyo

Digitized by Google

zinabanga ezo ezasomebwa ku lunaku olwa asatu amerere. Ekitabo ekya Zabuli kiryoke kisoke okusomebwa ate ku lunaku olusokera ku mwezi ogudirira.

Ate kubanga Zabuli 119 yayawulibwamu ebitundu abiri mu bibiri, nga tesoboka kusomebwa ekisera kimu: kiragirwa nti Basomenga ebitundu bina oba bitano ekisera ekimu, nebalekerawo.

Era ku nkomerero ya buli Zabuli, era ne ku nkomerero ya buli kitundu mu Zabuli 119, bātulenga Oluimba luno,

*Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana: neri Omwoyo Omutukuvu;*

*Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba: emirembe nemirembe. Amina.*

---

## ¶ EBITABO EBIRALA EBYOMU BYAWANDIKIBWA BWEBIRAGIRWA OKUSOMEBWA.

ENDAGANO eyeda eragirwa okusomebwanga okuba Ekitundu ekyoluberyeberye ekyomu Kusaba Kwenkya, era Nokwakawungezi: ebitabo byona byamu biryoke bigweko okusomebwa buli mwaka omulundi gumu, nga bwekiragirwa mu Kalenda: ebitasomebwa si bingi.

Endagano empya eragirwa okusomebwanga okuba Ekitundu ekyokubiri ekyomu Kusaba Kwenkya, era Nokwakawungezi: era kinasomebwanga emirundi ebiri buli mwaka: omulundi gumu mu Kusaba Kwenkya, era omulundi gumu mu Kusaba Kwakawungezi: era Nebaluwa Nenjiri nezisomebwa mu bifo byazo, wabula Okubikulirwa. Mu kitabo ekyo ebitundu mwebiva ebiragirwa okusomerwanga ku Mbaga ezimu: ekitabo ekyo nekitasomebwa okukimalako.

Kale okutegera Ebitundu ebyokusomanga bulijo; kale nonya olunaku olwomwezi mu Kalenda eno edirira: muliraba Esula Nebitundu ebyesula ebigwana okusomebwa oba mu Kusaba Kwenkya oba mu

Digitized by Google

Kusaba Kwakawungezi: wabula ebyo ebyokusomera ku Mbaga ezo eziwanyisa, era ne ku Mbaga ezitawanyisa: era nebyo binalabikanga ku lupapula okuli Ebitundu ebiragirwa okusomerwa ku Sabiti, era ne ku naku entukuvu.

Oba bwebasomanga Okusaba Kwakawungezi emirundi ebiri mu kanisa emu ku Sabiti emu, Ekitundu ekyokubiri mu kusaba kwabwe okwokubiri kinabanga esula eyomu Njiri enya, oba ekitundu ekiragirwa ku Lupapula olwebitundu oluva mu Njiri ezo enya, Omuwereza nga bwanayagalanga ye.

Omulabirizi, buli lwakiriza, Ebitundu ebirala byakiriza ye, biinzika okusomebwa mu kifo kya biri ebyalagirwa mu Kalenda eno.

Ate buli lwebiragirwanga Zabuli oba Ebitundu ebigwana olunaku lumu, kale tebasomenga Zabuli nebitundu ebya bulijo ku lunaku olwo, ebitundu ebyo ebiragirwa ku buli lunaku mu kitabo kya Zabuli ne mu Kalenda.

Ate Omulabirizi bwanakirizanga okuziragira, Zabuli endala ziinzika okusomebwa mu kifo kyezo eziragirwa mu kitabo ekya Zabuli.

Ku naku entukuvu lunazo nga lutuka ku Sabiti Nebitundu ebyalagirwa ebyokusomerwanga ku lunaku olwo, tebabisomerenga ku Sabiti esoka mu biro Byokuja, newakubade ku Lwokuzukira, newakubade ku Pentekote, newakubade ku Sabiti Eyobusatu: ku Sabiti ezo basomenga ebitundu ebyalagirwa okusomerangako: naye ku Sabiti endala basomenga oba ekitundu ekyalagirwa olunaku olwo olutukuvu, oba ekitundu ekyalagirwa Sabiti eyo, Omuwereza nga bwanatesanga ye.

Ate Esala Nebaluwa Nenjiri ebyalagirwa okusomebwanga ku Sabiti binamalanga okutusa ku Sabiti endala bulijo: wabulanga mu Kitabo omwo mwekiragirwa obulala.

Digitized by Google

Digitized by Google

# EBITUNDU EBYALAGIRWA.

OKUSOMERWANGA MU KUSABA KWENKYA NOKWAKAWUNGEZI, KU SABITI NE KU NAKU ENDALA ENTUKUVU OKUMALAKO OMWAKA.

## EBITUNDU EBYALAGIRWA OKUSOMERWANGA KU SABITI.

| | OKUSABA KWENKYA. | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. | |
|---|---|---|---|
| *Sabiti mu Byokuja.* | | | |
| Eyoluberyeberye...... | Isaya 1 | Is. 2 | oba Is. 4. 2 |
| Eyokubiri.............. | — 5 | — 11. 1—11 | „ — 24 |
| Eyokusatu.............. | — 25 | — 26 | „ — 28. 5—19 |
| Eyokuna .............. | — 30. 1—27 | — 32 | „ — 33. 2—23 |
| *Sabiti Ezidirira Lwokuzalibwa* | | | |
| Eyoluberyeberye...... | — 35 | — 38 | „ — 40 |
| Eyokubiri.............. | — 42 | — 43 | „ — 44 |
| *Sabiti ezidirira Lwokwolesebwa.* | | | |
| Eyoluberyeberye...... | — 51 | — 52. 13 & 53 | „ — 54 |
| Eyokubiri.............. | — 55 | — 57 | „ — 61 |
| Eyokusatu.............. | — 62 | — 65 | „ — 66 |
| Eyokuna .............. | Yobu 27 | Yobu 28 | „ Yobu 29 |
| Eyokutano ............ | Ngero 1 | Ngero 3 | „ Ngero 8 |
| Eyomukaga ........... | — 9 | — 11 | „ — 15 |
| *Seputuagesima* ...... | Lub. 1 & 2. 1—4 | Lub. 2. 4 | „ Yobu 38 |
| Ekitundu 2 ......... | Kub. 21. 1—9 | Kub. 21. 9—22. 6 | |
| *Sekesagesima* ......... | Lub. 3 | Lub. 6 | „ Lub. 8 |
| *Kwinkwagesima* ...... | — 9. 1—20 | — 12 | „ — 13 |
| *EZOKUSIBA Sabiti* | | | |
| Eyoluberyeberye ..... | — 19. 12—30 | — 22. 1—20 | „ — 23 |
| Eyokubiri.............. | — 27. 1—41 | — 28 | „ — 32 |
| Eyokusatu.............. | — 37 | — 39 | „ — 40 |
| Eyokuna ............. | — 42 | — 43 | „ — 45 |
| Eyokutano ............ | Kuv. 3 | Kuv. 5 | „ Kuv. 6. 1—14 |
| Eyomukaga ............ | — 9 | — 10 | „ — 11 |
| Ekitundu 2 ............ | Mat. 26 | Luk. 19. 28 | „ Luk. 20. 9—21 |
| *Olunaku Olwokuzukira.* | Kuv. 12. 1—29 | Kuv. 12. 29 | „ Kuv. 14 |
| Ekitundu 2 ......... | Kub. 1. 10—19 | Yok. 20. 11—19 | „ Kub. 5 |
| *Sabiti ezidirira Lwokuzukira.* | | | |
| Eyoluberyeberye...... | Kubal. 16. 1—36 | Kubal. 16. 36 | „ Kubal. 17. 1—12 |
| Ekitundu 2 ......... | 1 Kol. 15. 1—29 | Yok. 20. 24—30 | |
| Eyokubiri.............. | Kubal. 20. 1—14 | Kubal. 20. 14—21. 10 | „ — 21. 10 |
| Eyokusatu ........... | — 22 | — 23 | „ — 24 |
| Eyokuna .............. | Ma. 4. 1—23 | Ma. 4. 23—41 | „ Ma. 5 |
| Eyokutano ............ | — 6 | — 9 | „ — 10 |
| *Sabiti edirira Lwokugenda-mu-gulu* | — 30 | — 34 | oba Yosuwa 1 |

Digitized by Google

## EBITUNDU EBYALAGIRWA.

| | OKUSABA KWENKYA. | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. | |
|---|---|---|---|
| *Sabiti eitibwa Pentekote* | Ma. 16. 1—18 | Is. 11 | oba Ez. 36. 25 |
| Ekitundu 2 | Bal. 8. 1—18 | Bag. 5. 16 | „ Bik. 18. 24—19. 21 |
| *Sabiti Eyobusatu* | Is. 6. 1—11 | Lub. 18 | „ Lub 1 & 2. 1—4 |
| Ekitundu 2 | Kub. 1. 1—9 | Bef. 4. 1—17 | „ Mat. 3 |
| *Sabiti ezidirira Eyobusatu.* | | | |
| Eyoluberyeberye | Yos. 3. 7—4. 15 | Yos. 5. 13—6. 21 | „ Yos. 24 |
| Eyokubiri | Balam. 4 | Balam. 5 | „ Balam 6. 11 |
| Eyokusatu | 1 Sam. 2. 1—27 | 1 Sam. 3 | „ 1 Sam. 4. 1—19 |
| Eyokuna | —— 12 | —— 13 | „ Lusi 1 |
| Eyokutano | —— 15. 1—24 | —— 16 | „ 1 Sam. 17 |
| Eyomukaga | 2 Sam. 1 | 2 Sam. 12. 1—24 | „ 2 Sam. 18 |
| Eyomusanvu | 1 Byom. 21 | 1 Byom. 22 | „ 1 Byom. 28. 1—21 |
| Eyomunana | —— 29. 9—29 | 2 Byom. 1 | „ 1 Basek. 3 |
| Eyomwenda | 1 Basek. 10. 1—25 | 1 Basek. 11. 1—15 | „ —— 11. 26 |
| Eyekumi | —— 12 | —— 13 | „ —— 17 |
| „ nemu | —— 18 | —— 19 | „ —— 21 |
| „ nebiri | —— 22. 1—41 | 2 Basek. 2. 1—16 | „ 2 Basek. 4. 8—28 |
| „ nesatu | 2 Basek. 5 | —— 6. 1—24 | „ —— 7 |
| „ nenya | —— 9 | —— 10. 1—32 | „ —— 13 |
| „ netano | —— 18 | —— 19 | „ —— 23. 1—31 |
| „ nomukaga | 2 Byom. 36 | Nek. 1 & 2. 1—9 | „ Nek. 8 |
| „ nomusanvu | Yer. 5 | Yer. 22 | „ Yer. 35 |
| „ nomunana | —— 36 | Ez. 2 | „ Ez. 13. 1—17 |
| „ nomwenda | Ez. 14 | —— 18 | „ —— 24. 15 |
| Eyamakumi abiri | —— 34 | —— 37 | „ Dan. 1 |
| Eyamakumi abiri mwemu | Dan. 3 | Dan. 4 | „ —— 5 |
| Eyamakumi abiri mwebiri | —— 6 | —— 7. 9 | „ —— 12 |
| Eyamakumi abiri mwesatu | Kos. 14 | Yoeri 2. 21 | „ Yoeri 3. 9 |
| Eyamakumi abiri mwenya | Amosi 3 | Amosi 5 | „ Amosi 9 |
| Eyamakumi abiri mwetano | Mika 4 & 5. 1—8 | Mika 6 | „ Mika 7 |
| Eyamakumi abiri mu mukaga | Kab. 2 | Kab. 3 | „ Zefaniya 3 |
| Eyamakumi abiri mu musanvu | Mub. 11 & 12 | Kagai 2. 1—10 | „ Malaki 3&4 |

Ebitundu ebiragirwa ku lupapula luno okusomerwanga ku Sabiti eyamakumi abiri mu musanvu, Eyobusatu ngewede, binasomerwanga ku Sabiti enasokanga Ebiro Ebyokuja.

Bwebasaba omulundi ogwokusatu ku Sabiti emu, ekitundu ekyokubiri kyebasoma kinabanga esula eva mu njiri ezo enya, Omusabisa gyayagala yeka, oba ekitundu ekiva mu njiri ezo enya eragirwa mu Kalenda okusomebwa, wabulanga ku Sabiti ziri okulagirwa ebitundu bibiri okusomebwa ku lupapula luno.



Digitized by Google

## EBITUNDU EBYALAGIRWA OKUSOMERWANGA KU NAKU ENTUKUVU.

| | OKUSABA KWENKYA. | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. |
|---|---|---|
| *Andereya Omut.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Is. 54 | Is. 65. 1—17 |
| Ekit. 2 .................. | Yok. 1. 35—43 | Yok. 12. 20—42 |
| *Tomasi Omut.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Yobu 42. 1—7 | Is. 35 |
| Ekit. 2 .................. | Yok. 20. 19—24 | Yok. 14. 1—8 |
| *Okuzalibwa kwa Masiya.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Is. 9. 1—8 | Is. 7. 10—17 |
| Ekit. 2 .................. | Luk. 2. 1—15 | Tit. 3. 4—9 |
| *Sitefano Omut.* | | |
| Ekit 1 .................. | Lub. 4. 1—11 | 2 Byom. 24. 15—23 |
| Ekit. 2 .................. | Bik. 6 | Bik. 8. 1—9 |
| *Yokana Omut. Omubulizi-wenjiri.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Kuv. 33. 9 | Is. 6 |
| Ekit. 2 .................. | Yok. 13. 23—36 | Kub. 1 |
| *Abana abato aba'tibwa Kerode.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Yer. 31. 1—18 | Ba. 4. 21—31 |
| *Okukomolebwa.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Lub. 17. 9 | Ma. 10. 12 |
| Ekit. 2 .................. | Bal. 2. 17 | Bak. 2. 8—18 |
| *Okwolesebwa.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Is. 60 | Is. 49. 13—24 |
| Ekit. 2 .................. | Luk. 3. 15—23 | Yok. 2. 1—12 |
| *Okukyuka kwa Paulo Omut.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Is 49. 1—13 | Yer. 1. 1—11 |
| Ekit. 2 .................. | Bag. 1. 11 | Bik. 26. 1—21 |
| *Okulongosebwa.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Kuv. 13. 1—17 | Kag. 2. 1—10 |
| *Matiya Omut.* | | |
| Ekit. 1 .................. | 1 Sam. 2. 27—36 | Is. 22. 15 |
| *Okubulirwa Kwomukyala wafe.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Lub. 3. 1—16 | Is. 52. 7—13 |
| *Olunaku olwoluberyeberye mu Zokusiba.* | | |
| Ekit. 1 ................ .. | Is. 58. 1—13 | Yona 3 |
| Ekit. 2 ................ .. | Mak. 2. 13—23 | Beb. 12. 3—18 |
| *Lwokubiri Olwokuzukiranga terunatuka.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Kung. 1. 1—15 | Kung. 2. 13 |
| Ekit. 2 .................. | Yok. 14. 1—15 | Yok. 14. 15 |
| *Lwokusatu Olwokuzukiranga terunatuka.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Kung. 3. 1—31 | Kung. 3. 34 |
| Ekit. 2 .................. | Yok. 15. 1—14 | Yok. 15. 14 |



Digitized by Google

## EBITUNDU EBYALAGIRWA OKUSOMERWANGA KU NAKU ENTUKUVU.

| | OKUSABA KWENKYA. | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. |
|---|---|---|
| *Lwokuna Olwokuzukira nga terunatuka.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Kung. 4. 1—21 | Dan. 9. 20 |
| Ekit. 2 .................. | Yok. 16. 1—16 | Yok. 16. 16 |
| *Lwokutano Olwokuzukira nga terunatuka.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Kosea 13. 1—15 | Kosea 14 |
| Ekit. 2 .................. | Yok. 17 | Yok. 13. 1—38 |
| *Olunaku olwokufa kwa Mukama wafe.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Lub. 22. 1—20 | Is. 52. 13 & 53 |
| Ekit. 2 .................. | Yok. 18 | 1 Pet. 2 |
| *Olunaku olusoka Lwokuzukira.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Zek. 9 | Kosea 5. 8—6. 4 |
| Ekit. 2 .................. | Luk. 23. 50 | Bal. 6. 1—14 |
| *Lwokubiri oludirira Lwokuzukira.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Kuv. 15. 1—22 | Lu. 2. 10 |
| Ekit. 2 .................. | Luk. 24. 1—13 | Mat. 28. 1—10 |
| *Lwokusatu oludirira Lwokuzukira.* | | |
| Ekit. 1 .................. | 2 Basek. 13. 14—22 | Ez. 37. 1—15 |
| Ekit. 2 .................. | Yok. 21. 1—15 | Yok. 21. 15 |
| *Ma'ko Omut.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Is. 62. 6 | Ez. 1. 1—15 |
| *Firipo Omut. ne Yakobo Omut.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Is. 61 | Zek. 4 |
| Ekit. 2 .................. | Yok. 1. 43 | |
| *Olunaku Olwokugenda-mu-gulu.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Dan. 7. 9—15 | 2 Basek. 2. 1—16 |
| Ekit. 2 .................. | Luk. 24. 44 | Beb. 4 |
| *Lwokubiri oludirira Pentekote.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Lub. 11. 1—10 | Kubal. 11. 16—31 |
| Ekit. 2 .................. | 1 Kol. 12. 1—14 | 1 Kol. 12. 27 & 13 |
| *Lwokusatu oludirira Pentekote.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Yoeri 2. 21 | Mika 4. 1—8 |
| Ekit. 2 .................. | 1 Bas. 5. 12—24 | 1 Yok. 4. 1—14 |
| *Balanaba Omut.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Ma. 33. 1—12 | Na. 1 |
| Ekit. 2 .................. | Bik. 4. 31 | Bik. 14. 8 |
| *Yokana Omut. Omubatiza.* | | |
| Ekit. 1 .................. | Mala. 3. 1—7 | Mala. 4 |
| Ekit. 2 .................. | Mat. 3 | Mat. 14. 1—13 |



Digitized by Google

## EBITUNDU EBYALAGIRWA OKUSOMERWANGA KU NAKU ENTUKUVU.

| | OKUSABA KWENKYA. | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. |
|---|---|---|
| *Petero Omut.* | | |
| Ekit. 1 ........... ..... | Ez. **3.** 4—15 | Zek. **3** |
| Ekit. 2 ................. | Yok. **21.** 15—23 | Bik. **4.** 8—23 |
| *Yakobo Omut.* | | |
| Ekit. 1 ................. | 2 Basek. **1.** 1—16 | Yer. **26.** 8—16 |
| Ekit. 2 ................. | Luk. **9.** 51—57 | |
| *Batolomayo Omut.* | | |
| Ekit. 1 ................. | Lub. **28.** 10—18 | Ma. **18.** 15 |
| *Matayo Omut.* | | |
| Ekit. 1 ..................... | 1 Basek. **19.** 15 | 1 Byom. **29.** 1—20 |
| *Mikaeli Omut.* | | |
| Ekit. 1 ................. | Lub. **32** | Dan. **10.** 4 |
| Ekit. 2 ................. | Bik. **12.** 5—18 | Kub. **14.** 14 |
| *Luka Omut.* | | |
| Ekit. 1 ................. | Is. **55** | Eker. **38.** 1—15 |
| *Simoni Omut. ne Yuda Omut.* | | |
| Ekit. 1 ................. | Is. **28.** 9—17 | Yer. **3.** 12—19 |
| *Abatukuvu bona.* | | |
| Ekit. 1 ................. | Mag. **3.** 1—10 | Mag. **5.** 1—17 |
| Ekit. 2 ................. | Beb. **11.** 33 & **12.** 1—7 | Kub. **19.** 1—17 |

**Ku naku ezo entukuvu lunazo bwerubanga lutuse ku Sabiti: era ne Sabiti eyo bwetabanga Sabiti eyoluberyeberye mu Byokuja newakubade Lwokuzukira, newakubade Pentekote, newakubade Sabiti eyobusatu, Omuwereza anasomanga ebitundu ebyalagirwa okusomebwa ku Sabiti eyo oba ebyo ebyalagirwa okusomebwa ku Lunaku olwo olutukuvu, nga bwayagala yeka.**

## ZABULI EZALAGIRWA OKUSOMERWANGA KU NAKU ZINO.

| | OKUSABA KWENKYA. | | | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. | | |
|---|---|---|---|---|---|---|
| *Olwokuzalibwa Isa Masiya Mukama wafe* ...... | 19, | 45, | 85 | 89, | 110, | 132 |
| *Olwoluberyeberye mu Zokusiba* ................. | 6, | 32, | 38 | 102, | 130, | 143 |
| *Olwokufa kwa Mukama wafe* .............. ...... | 22, | 40, | 54 | 69, | 88 | |
| *Olwokuzukira* ............. | 2, | 57, | 111 | 113, | 114, | 118 |
| *Olwokugenda-mu-gulu* ... | 8, | 15, | 21 | 24, | 47, | 108 |
| *Pentekote* .................... | 48, | 68 | | 104, | 145 | |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

## JANUALI gulina ennaku 31.

| JANUALI. | | | OKUSABA KWENKYA. Ekitundu 1. | Ekitundu 2. |
|---|---|---|---|---|
| 1 | A | Olwokukomo- [lebwa | Lub. **17.** 9 | Balumi **2.** 17 |
| 2 | b | ..................... | —— **1.** 1—20 | Matayo **1.** 18 |
| 3 | c | ..................... | —— **2.** 4 | —— **2** |
| 4 | d | ..................... | —— **3.** 20—**4.** 16 | —— **3** |
| 5 | e | ..................... | —— **5.** 1—28 | —— **4.** 1—23 |
| 6 | f | Olwokwole- [sebwa | Isaya **60** | Luka **3.** 15—23 |
| 7 | g | ..................... | Luberyeberye **6.** 9 | Mat. **4.** 23—**5.** 13 |
| 8 | A | Lukiano, Omukade [Nomujulirwa | —— **8** | —— **5.** 13—33 |
| 9 | b | ..................... | —— **11.** 1—10 | —— **5.** 33 |
| 10 | c | ..................... | —— **13** | —— **6.** 1—19 |
| 11 | d | ..................... | —— **15** | —— **6.** 19—**7.** 7 |
| 12 | e | ..................... | —— **17.** 1—23 | —— **7.** 7 |
| 13 | f | Kibali Omulabirizi [Nomwatula | —— **18.** 17 | —— **8.** 1—18 |
| 14 | g | ..................... | —— **20** | —— **8.** 18 |
| 15 | A | ..................... | —— **21.** 33—**22.** 20 | —— **9.** 1—18 |
| 16 | b | ..................... | —— **24.** 1—29 | —— **9.** 18 |
| 17 | c | ..................... | —— **24.** 52 | —— **10.** 1—24 |
| 18 | d | Pirisika Omuwala [Nomujulirwa | —— **25.** 19 | —— **10.** 24 |
| 19 | e | ..................... | —— **26.** 18 | —— **11** |
| 20 | f | Fabiano Omulabirizi [Nomujulirwa | —— **27.** 30 | —— **12.** 1—22 |
| 21 | g | Aganese Omuwala [Nomujulirwa | —— **29.** 1—21 | —— **12.** 22 |
| 22 | A | Vinekenti [Omujulirwa | —— **31.** 36 | —— **13.** 1—24 |
| 23 | b | ..................... | —— **32.** 22 | —— **13.** 24—53 |
| 24 | c | ..................... | —— **35.** 1—21 | —— **13.** 53—**14.** 13 |
| 25 | d | Okukyuka kwa [Paulo Omut. | Isaya **49.** 1—13 | Bagalatiya **1.** 11 |
| 26 | e | ..................... | Lub. **37.** 12 | Matayo **14.** 13 |
| 27 | f | ..................... | —— **40** | —— **15.** 1—21 |
| 28 | g | ..................... | —— **41.** 17—53 | —— **15.** 21 |
| 29 | A | ..................... | —— **42.** 25 | —— **16.** 1—24 |
| 30 | b | ..................... | —— **43.** 25—**44.** 14 | —— **16.** 24—**17.** 14 |
| 31 | c | ..................... | —— **45.** 1—25 | —— **17.** 14 |



Digitized by Google

## KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

### JANUALI gulina enaku 31.

| JANUALI. | | | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. | |
|---|---|---|---|---|
| | | | EKITUNDU 1. | EKITUNDU 2. |
| 1 | A | Olwokukomolebwa | Mateka **10.** 12 | Bakolosai **2.** 8—18 |
| 2 | b | .................. | Lub. **1.** 20—**2.** 4 | Bikolwa **1** |
| 3 | c | .................. | —— **3.** 1—20 | —— **2.** 1—22 |
| 4 | d | .................. | —— **4.** 16 | —— **2.** 22 |
| 5 | e | .................. | —— **5.** 28—**6.** 9 | —— **3** |
| 6 | f | Olwokwolesebwa | Is. **49.** 13—24 | Yokana **2.** 1—12 |
| 7 | g | .................. | Luberyeberye **7** | Bikolwa **4.** 1—32 |
| 8 | A | Lukiano, Omukade [Nomujulirwa | —— **9.** 1—20 | —— **4.** 32—**5.** 17 |
| 9 | b | .................. | —— **12** | —— **5.** 17 |
| 10 | c | .................. | —— **14** | —— **6** |
| 11 | d | .................. | —— **16** | —— **7.** 1—35 |
| 12 | e | .................. | —— **18.** 1—17 | —— **7.** 35—**8.** 5 |
| 13 | f | Kilali Omulabirizi [Nomwatula | —— **19.** 12—30 | —— **8.** 5—26 |
| 14 | g | .................. | —— **21.** 1—22 | —— **8.** 26 |
| 15 | A | .................. | —— **23** | —— **9.** 1—23 |
| 16 | b | .................. | —— **24.** 29—52 | —— **9.** 23 |
| 17 | c | .................. | —— **25.** 5—19 | —— **10.** 1—24 |
| 18 | d | Pirisika Omuwala [Nomujulirwa | —— **26.** 1—18 | —— **10.** 24 |
| 19 | e | .................. | —— **27.** 1—30 | —— **11** |
| 20 | f | Fabiano Omulabirizi [Nomujulirwa | —— **28** | —— **12** |
| 21 | g | Aganese Omuwala [Nomujulirwa | —— **31.** 1—25 | —— **13.** 1—26 |
| 22 | A | Vinsenti [Omujulirwa | —— **32.** 1—22 | —— **13.** 26 |
| 23 | b | .................. | —— **33** | —— **14** |
| 24 | c | .................. | —— **37.** 1—12 | —— **15.** 1—30 |
| 25 | d | Okukyuka kwa [Paulo Omut. | Yer. **1.** 1—11 | —— **26.** 1—21 |
| 26 | e | .................. | Luberyeberye **39** | —— **15.** 30—**16.** 16 |
| 27 | f | .................. | —— **41.** 1—17 | —— **16.** 16 |
| 28 | g | .................. | —— **41.** 53—**42.** 25 | —— **17.** 1—16 |
| 29 | A | .................. | —— **43.** 1—25 | —— **17.** 16 |
| 30 | b | .................. | —— **44.** 14 | —— **18.** 1—24 |
| 31 | c | .................. | —— **45.** 25—**46.** 8. | —— **18.** 24—**19.** 21 |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

FEBUALI gulina enaku 28.
Naye mu buli mwaka ogwokuna gulina enaku 29.

| FEBUALI. | | | OKUSABA KWENKYA. | |
|---|---|---|---|---|
| | | | EKITUNDU 1. | EKITUNDU 2. |
| 1 | d | ... Olwokusība | Lub. **46**. 26—**47**. 13 | Matayo **18**. 1—21 |
| 2 | e | Okulag. Masi- [ya mu Yekalu | Kuva. **13**. 1—17 | —— **18**. 21—**19**. 3 |
| 3 | f | Bulasio Omulabirizi [Nomujulirwa | Lub. **48** | —— **19**. 3—27 |
| 4 | g | ...................... | —— **50** | —— **19**. 27—**20**. 17 |
| 5 | A | Agasa Omuwala [Nomujulirwa | Kuva. **2** | —— **20**. 17 |
| 6 | b | ...................... | —— **4**. 1—24 | —— **21**. 1—23 |
| 7 | c | ...................... | —— **5**. 15—**6**. 14 | —— **21**. 23 |
| 8 | d | ...................... | —— **7**. 14 | —— **22**. 1—15 |
| 9 | e | ...................... | —— **8**. 20—**9**. 13 | —— **22**. 15—41 |
| 10 | f | ...................... | —— **10**. 1—21 | —— **22**. 41—**23**. 13 |
| 11 | g | ...................... | —— **12**. 1—21 | —— **23**. 13 |
| 12 | A | ...................... | —— **12**. 43—**13**. 17 | —— **24**. 1—29 |
| 13 | b | ...................... | —— **14**. 10 | —— **24**. 29 |
| 14 | c | Valentini Omulabirizi | —— **15**. 22—**16**. 11 | —— **25**. 1—31 |
| 15 | d | ...................... | —— **17** | —— **25**. 31 |
| 16 | e | ...................... | —— **19** | —— **26**. 1—31 |
| 17 | f | ...................... | —— **21**. 1—18 | —— **26**. 31—57 |
| 18 | g | ...................... | —— **23**. 14 | —— **26**. 57 |
| 19 | A | ...................... | —— **25**. 1—23 | —— **27**. 1—27 |
| 20 | b | ...................... | —— **28**. 29—42 | —— **27**. 27—57 |
| 21 | c | ...................... | —— **31** | —— **27**. 57 |
| 22 | d | ...................... | —— **32**. 15 | —— **28** |
| 23 | e | ... Olwokusība | —— **33**. 12—**34**. 10 | Ma'ko **1**. 1—21 |
| 24 | f | Matiya Omut. | 1 Sam. **2**. 27—36 | —— **1**. 21 |
| 25 | g | ...................... | Kuva. **34**. 27 | —— **2**. 1—23 |
| 26 | A | ...................... | —— **39**. 30 | —— **2**. 23—**3**. 13 |
| 27 | b | ...................... | —— **40**. 17 | —— **3**. 13 |
| 28 | c | ...................... | Lev. **14**. 1—23 | —— **4**. 1—35 |
| 29 | ... | ...................... | —— **19**. 1—19 | Mat. **7** |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

**FEBUALI gulina enaku 28.**
**Naye mu buli mwaka ogwokuna gulina enaku 29.**

| FEBUALI. | | | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. | |
|---|---|---|---|---|
| | | | EKITUNDU 1. | EKITUNDU 2. |
| 1 | d | ... Olwokusiba | Lub. **47.** 13 | Bikolwa **19.** 21 |
| 2 | e | Okulag. Masi- [ya mu Yekalu | Kagai **2.** 1—10 | —— **20.** 1—17 |
| 3 | f | Bulasio Omulabirizi [Nomujulirwa | Luberyeberye **49** | —— **20.** 17 |
| 4 | g | .................... | Kuva. **1** | —— **21.** 1—17 |
| 5 | A | Agasa Omuwala [Nomujulirwa | —— **3** | —— **21.** 17—37 |
| 6 | b | .................... | —— **4.** 27—**5.** 15 | —— **21.** 37—**22.** 23 |
| 7 | c | .................... | —— **6.** 28—**7.** 14 | —— **22.** 23—**23.** 12 |
| 8 | d | .................... | —— **8.** 1—20 | —— **23.** 12 |
| 9 | e | .................... | —— **9.** 13 | —— **24** |
| 10 | f | .................... | —— **10.** 21 & **11** | —— **25** |
| 11 | g | .................... | —— **12.** 21—43 | —— **26** |
| 12 | A | .................... | —— **13.** 17—**14.** 10 | —— **27.** 1—18 |
| 13 | b | .................... | —— **15.** 1—22 | —— **27.** 18 |
| 14 | c | Valentini Omulabirizi | —— **16.** 11 | —— **28.** 1—17 |
| 15 | d | .................... | —— **18** | —— **28.** 17 |
| 16 | e | .................... | —— **20.** 1—22 | Balumi **1** |
| 17 | f | .................... | —— **22.** 21—**23.** 10 | —— **2.** 1—17 |
| 18 | g | .................... | —— **24** | —— **2.** 17 |
| 19 | A | .................... | —— **28.** 1—13 | —— **3** |
| 20 | b | .................... | —— **29.** 35—**30.** 11 | —— **4** |
| 21 | c | .................... | —— **32.** 1—15 | —— **5** |
| 22 | d | .................... | —— **33.** 1—12 | —— **6** |
| 23 | e | ... Olwokusiba | —— **34.** 10—27 | —— **7** |
| 24 | f | Matiya Omut. | Isaya **22.** 15 | —— **8.** 1—18 |
| 25 | g | .................... | Kuva. **35.** 29—**36.** 8 | —— **8.** 18 |
| 26 | A | .................... | —— **40.** 1—17 | —— **9.** 1—19 |
| 27 | b | .................... | Lev. **9.** 22—**10.** 12 | —— **9.** 19 |
| 28 | c | .................... | —— **16.** 1—23 | —— **10** |
| 29 | ... | .................... | —— **19.** 30—**20.** 9 | —— **12** |

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

## MACI gulina enaku 31.

| MACI. | | | OKUSABA KWENKYA. | |
|---|---|---|---|---|
| | | | EKITUNDU 1. | EKITUNDU 2. |
| 1 | d | Daudi Sabalabirizi | Lev. 25. 1—18 | Ma'ko 4. 35—5. 21 |
| 2 | e | Cada Omulabirizi | —— 26. 1—21 | —— 5. 21 |
| 3 | f | ...................... | Kubala 6 | —— 6. 1—14 |
| 4 | g | ...................... | —— 10. 11 | —— 6. 14—30 |
| 5 | A | ...................... | —— 11. 24 | —— 6. 30 |
| 6 | b | ...................... | —— 13. 17 | —— 7. 1—24 |
| 7 | c | Peripetua Omujulirwa | —— 14. 26 | —— 7. 24—8. 10 |
| 8 | d | ...................... | —— 16. 23 | —— 8. 10—9. 2 |
| 9 | e | ...................... | —— 20. 1—14 | —— 9. 2—30 |
| 10 | f | ...................... | —— 21. 1—10 | —— 9. 30 |
| 11 | g | ...................... | —— 22. 1—22 | —— 10. 1—32 |
| 12 | A | Giregori Omukulu [Omulabirizi | —— 23 | —— 10. 32 |
| 13 | b | ...................... | —— 25 | —— 11. 1—27 |
| 14 | c | ...................... | Mateka 1. 1—19 | —— 11. 27—12. 13 |
| 15 | d | ...................... | —— 2. 1—26 | —— 12. 13—35 |
| 16 | e | ...................... | —— 3. 18 | —— 12. 35—13. 14 |
| 17 | f | ...................... | —— 4. 25—41 | —— 13. 14 |
| 18 | g | Edwadi Kabaka [Wabasakisoni [abebugwanjuba | —— 5. 22 | —— 14. 1—27 |
| 19 | A | ...................... | —— 7. 1—12 | —— 14. 27—53 |
| 20 | b | ...................... | —— 8 | —— 14. 53 |
| 21 | c | Benedikiti Abota | —— 11. 1—18 | —— 15. 1—42 |
| 22 | d | ...................... | —— 15. 1—16 | —— 15. 42 & 16 |
| 23 | e | ...................... | —— 18. 9 | Luka 1. 1—26 |
| 24 | f | ... Olwokusība | —— 26 | —— 1. 26—46 |
| 25 | g | Kubulirwa Om. [Malyamu | Lub. 3. 1—16 | —— 1. 46 |
| 26 | A | ...................... | Mateka 28. 1—15 | —— 2. 1—21 |
| 27 | b | ...................... | —— 28. 47 | —— 2. 21 |
| 28 | c | ...................... | —— 30 | —— 3. 1—23 |
| 29 | d | ...................... | —— 31. 14—30 | —— 4. 1—16 |
| 30 | e | ...................... | —— 32. 44 | —— 4. 16 |
| 31 | f | ...................... | —— 34 | —— 5. 1—17 |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

## MACI gulina enaku 31.

| MACI. | | | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. | |
|---|---|---|---|---|
| | | | EKITUNDU 1. | EKITUNDU 2. |
| 1 | d | Daudi Sabalabirizi | Lev. **25.** 18—44 | Balumi **11.** 1—25 |
| 2 | e | Cada Omulabirizi | —— **26.** 21 | —— **11.** 25 |
| 3 | f | ...................... | Kubala **9.** 15—**10.** 11 | —— **12** |
| 4 | g | ...................... | —— **11.** 1—24 | —— **13** |
| 5 | A | ...................... | —— **12** | —— **14** & **15.** 1—8 |
| 6 | b | ...................... | —— **14.** 1—26 | —— **15.** 8 |
| 7 | c | Peripetua Omujulirwa | —— **16.** 1—23 | —— **16** |
| 8 | d | ...................... | —— **17** | 1 Kolinso **1.** 1—26 |
| 9 | e | ...................... | —— **20.** 14 | —— **1.** 26 & **2** |
| 10 | f | ...................... | —— **21.** 10—32 | —— **3** |
| 11 | g | ...................... | —— **22.** 22 | —— **4.** 1—18 |
| 12 | A | Giregori Omukulu [Omulabirizi | —— **24** | —— **4.** 18 & **5** |
| 13 | b | ...................... | —— **27.** 12 | —— **6** |
| 14 | c | ...................... | Mateka **1.** 19 | —— **7.** 1—25 |
| 15 | d | ...................... | —— **2.** 26—**3.** 18 | —— **7.** 25 |
| 16 | e | ...................... | —— **4.** 1—25 | —— **8** |
| 17 | f | ...................... | —— **5.** 1—22 | —— **9** |
| 18 | g | Edwadi Kabaka [Wabasakisoni [abebugwanjuba | —— **6** | —— **10** & **11.** 1 |
| 19 | A | ...................... | —— **7.** 12 | —— **11.** 2—17 |
| 20 | b | ...................... | —— **10.** 8 | —— **11.** 17 |
| 21 | c | Benedikiti Abota | —— **11.** 18 | —— **12.** 1—28 |
| 22 | d | ...................... | —— **17.** 8 | —— **12.** 28 & **13** |
| 23 | e | ...................... | —— **24.** 5 | —— **14.** 1—20 |
| 24 | f | ... Olwokusiba | —— **27** | —— **14.** 20 |
| 25 | g | Kubulirwa Om. [Malyamu | —— Is. **52.** 7—13 | —— **15.** 1—35 |
| 26 | A | ...................... | Mateka **28.** 15—47 | —— **15.** 35 |
| 27 | b | ...................... | —— **29.** 9 | —— **16** |
| 28 | c | ...................... | —— **31.** 1—14 | 2 Kolinso **1.** 1—23 |
| 29 | d | ...................... | —— **31.** 30—**32.** 44 | —— **1.** 23—**2.** 14 |
| 30 | e | ...................... | —— **33** | —— **2.** 14 & **3** |
| 31 | f | ...................... | Yosuwa **1** | —— **4** |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

## APULI gulina enaku 30.

| APULI. | | | OKUSABA KWENKYA. Ekitundu 1. | OKUSABA KWENKYA. Ekitundu 2. |
|---|---|---|---|---|
| 1 | g | ...................... | Yosuwa **2** | Luka **5.** 17 |
| 2 | A | ...................... | —— **4** | —— **6.** 1—20 |
| 3 | b | Licada Omulabirizi | —— **6** | —— **6.** 20 |
| 4 | c | Amabiroso Omut. [Omulabirizi | —— **9.** 3 | —— **7.** 1—24 |
| 5 | d | ...................... | —— **21.** 43—**22.** 11 | —— **7.** 24 |
| 6 | e | ...................... | —— **23** | —— **8.** 1—26 |
| 7 | f | ...................... | Balamuzi **2** | —— **8.** 26 |
| 8 | g | ...................... | —— **5** | —— **9.** 1—28 |
| 9 | A | ...................... | —— **6.** 24 | —— **9.** 28—51 |
| 10 | b | ...................... | —— **8.** 32—**9.** 25 | —— **9.** 51—**10.** 17 |
| 11 | c | ...................... | —— **11.** 1—29 | —— **10.** 17 |
| 12 | d | ...................... | —— **13** | —— **11.** 1—29 |
| 13 | e | ...................... | —— **15** | —— **11.** 29 |
| 14 | f | ...................... | Lusi **1** | —— **12.** 1—35 |
| 15 | g | ...................... | —— **3** | —— **12.** 35 |
| 16 | A | ...................... | 1 Sam. **1** | —— **13.** 1—18 |
| 17 | b | ...................... | —— **2.** 21 | —— **13.** 18 |
| 18 | c | ...................... | —— **4** | —— **14.** 1—25 |
| 19 | d | Alifege Sabalabirizi | —— **6** | —— **14.** 25—**15.** 11 |
| 20 | e | ...................... | —— **8** | —— **15.** 11 |
| 21 | f | ...................... | —— **10** | —— **16** |
| 22 | g | ...................... | —— **12** | —— **17.** 1—20 |
| 23 | A | Geolige Omut. [Omujulirwa | —— **14.** 1—24 | —— **17.** 20 |
| 24 | b | ...................... | —— **15** | —— **18.** 1—31 |
| 25 | c | Ma'ko Omut. | Isaya **62.** 6 | —— **18.** 31—**19.** 11 |
| 26 | d | ...................... | 1 Sam. **17.** 1—31 | —— **19.** 11—28 |
| 27 | e | ...................... | —— **17.** 55—**18.** 17 | —— **19.** 28 |
| 28 | f | ...................... | —— **20.** 1—18 | —— **20.** 1—27 |
| 29 | g | ...................... | —— **21** | —— **20.** 27—**21.** 5 |
| 30 | A | ...................... | —— **23** | —— **21.** 5 |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

## APULI gulina enaku 30.

| APULI. | | | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. | |
|---|---|---|---|---|
| | | | EKITUNDU 1. | EKITUNDU 2. |
| 1 | g | .................... | Yosuwa 3 | 2 Kolinso 5 |
| 2 | A | .................... | —— 5 | —— 6 & 7. 1 |
| 3 | b | Licada Omulabirizi | —— 7 | —— 7. 2 |
| 4 | c | Amabiroso Omut. [Omulabirizi | —— 10. 1—16 | —— 8 |
| 5 | d | .................... | —— 22. 11 | —— 9 |
| 6 | e | .................... | —— 24 | —— 10 |
| 7 | f | .................... | Balamuzi 4 | —— 11. 1—30 |
| 8 | g | .................... | —— 6. 1—24 | —— 11. 30—12. 14 |
| 9 | A | .................... | —— 7 | —— 12. 14 & 13 |
| 10 | b | .................... | —— 10 | Bagalatiya 1 |
| 11 | c | .................... | —— 11. 29 | —— 2 |
| 12 | d | .................... | —— 14 | —— 3 |
| 13 | e | .................... | —— 16 | —— 4. 1—21 |
| 14 | f | .................... | Lusi 2 | —— 4. 21—5. 13 |
| 15 | g | .................... | —— 4 | —— 5. 13 |
| 16 | A | .................... | 1 Sam. 2. 1—21 | —— 6 |
| 17 | b | .................... | —— 3 | Befeso 1 |
| 18 | c | .................... | —— 5 | —— 2 |
| 19 | d | Alifege Sabalabirizi | —— 7 | —— 3 |
| 20 | e | .................... | —— 9 | —— 4. 1—25 |
| 21 | f | .................... | —— 11 | —— 4. 25—5. 22 |
| 22 | g | .................... | —— 13 | —— 5. 22—6. 10 |
| 23 | A | Geolige Omut. [Omujulirwa | —— 14. 24—47 | —— 6. 10 |
| 24 | b | .................... | —— 16 | Bafiripi 1 |
| 25 | c | Ma'ko Omut. | Ez. 1. 1—15 | —— 2 |
| 26 | d | .................... | 1 Sam. 17. 31—55 | —— 3 |
| 27 | e | .................... | —— 19 | —— 4 |
| 28 | f | .................... | —— 20. 18 | Bakolosai 1. 1—21 |
| 29 | g | .................... | —— 22 | —— 1. 21—2. 8 |
| 30 | A | .................... | —— 24 & 25. 1 | —— 2. 8 |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

MAI gulina enaku 31.

| MAI. | | | OKUSABA KWENKYA. | |
|---|---|---|---|---|
| | | | EKITUNDU 1. | EKITUNDU 2. |
| 1 | b | Firipo ne Ya- [kobo Abat. | Isaya **61** | Yokana **1.** 43 |
| 2 | c | ..................... | 1 Sam. **26** | Luka **22.** 1—31 |
| 3 | d | Okulabisibwa [Kwomusalaba | —— **31** | —— **22.** 31—54 |
| 4 | e | ..................... | 2 Sam. **3.** 17 | —— **22.** 54 |
| 5 | f | ..................... | —— **6** | —— **23.** 1—26 |
| 6 | g | Yokana Omut. [ante Port. Lat. | —— **7.** 18 | —— **23.** 26—50 |
| 7 | A | ..................... | —— **11** | —— **23.** 50—**24.** 13 |
| 8 | b | ..................... | —— **13.** 38—**14.** 26 | —— **24.** 13 |
| 9 | c | ..................... | —— **15.** 16 | Yokana **1.** 1—29 |
| 10 | d | ..................... | —— **16.** 15—**17.** 24 | —— **1.** 29 |
| 11 | e | ..................... | —— **18.** 18 | —— **2** |
| 12 | f | ..................... | —— **19.** 24 | —— **3.** 1—22 |
| 13 | g | ..................... | —— **23.** 1—24 | —— **3.** 22 |
| 14 | A | ..................... | 1 Basek. **1.** 1—28 | —— **4.** 1—31 |
| 15 | b | ..................... | 1 Byom. **29.** 10 | —— **4.** 31 |
| 16 | c | ..................... | 1 Basek. **4.** 20 | —— **5.** 1—24 |
| 17 | d | ..................... | —— **6.** 1—15 | —— **5.** 24 |
| 18 | e | ..................... | —— **8.** 22—54 | —— **6.** 1—22 |
| 19 | f | Dunsitana [Sabalabirizi | —— **10** | —— **6.** 22—41 |
| 20 | g | ..................... | —— **11.** 26 | —— **6.** 41 |
| 21 | A | ..................... | —— **12.** 25—**13.** 11 | —— **7.** 1—25 |
| 22 | b | ..................... | —— **14.** 1—21 | —— **7.** 25 |
| 23 | c | ..................... | —— **16.** 8 | —— **8.** 1—31 |
| 24 | d | ..................... | —— **18.** 1—17 | —— **8.** 31 |
| 25 | e | ..................... | —— **19** | —— **9.** 1—39 |
| 26 | f | Augusitino [Sabalabirizi | —— **22.** 1—41 | —— **9.** 39—**10.** 22 |
| 27 | g | Bede gwebasamu [ekitibwa Omukade | 2 Basekabaka **2** | —— **10.** 22 |
| 28 | A | ..................... | —— **5** | —— **11.** 1—17 |
| 29 | b | ..................... | —— **6.** 24 | —— **11.** 17—47 |
| 30 | c | ..................... | —— **8.** 1—16 | —— **11.** 47—**12.** 20 |
| 31 | d | ..................... | —— **10.** 1—18 | —— **12.** 20 |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNḌU EBISOMEBWA.

## MAI gulina ennaku 31.

| MAI. | | | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. | |
|---|---|---|---|---|
| | | | Ekitundu 1. | Ekitundu 2. |
| 1 | b | Firipo ne Yakobo Abat. | Zek. 4 | Bakolosai. 3. 1—18 |
| 2 | c | ..................... | 1 Sam. 28. 3 | —— 3. 18—4. 7 |
| 3 | d | Okulabisibwa [Kwomusalaba | 2 Sam. 1 | —— 4. 7 |
| 4 | e | ..................... | —— 4 | 1 Basesalonika 1 |
| 5 | f | ..................... | —— 7. 1—18 | —— 2 |
| 6 | g | Yokana Omut. [ante Port. Lat. | —— 9 | —— 3 |
| 7 | A | ..................... | —— 12. 1—24 | —— 4 |
| 8 | b | ..................... | —— 15. 1—16 | —— 5 |
| 9 | c | ..................... | —— 16. 1—15 | 2 Basesalonika 1 |
| 10 | d | ..................... | —— 17. 24—18. 18 | —— 2 |
| 11 | e | ..................... | —— 19. 1—24 | —— 3 |
| 12 | f | ..................... | —— 21. 1—15 | 1 Timoses 1. 1—18 |
| 13 | g | ..................... | —— 24 | —— 1. 18 & 2 |
| 14 | A | ..................... | 1 Basek. 1. 28—49 | —— 3 |
| 15 | b | ..................... | —— 3 | —— 4 |
| 16 | c | ..................... | —— 5 | —— 5 |
| 17 | d | ..................... | —— 8. 1—22 | —— 6 |
| 18 | e | ..................... | —— 8. 54—9. 10 | 2 Timoses 1 |
| 19 | f | Dunstana [Sabalabirizi | —— 11. 1—26 | —— 2 |
| 20 | g | ..................... | —— 12. 1—25 | —— 3 |
| 21 | A | ..................... | —— 13. 11 | —— 4 |
| 22 | b | ..................... | —— 15. 25—16. 8 | Tito. 1 |
| 23 | c | ..................... | —— 17 | —— 2 |
| 24 | d | ..................... | —— 18. 17 | —— 3 |
| 25 | e | ..................... | —— 21 | Firemoni |
| 26 | f | Augustino [Sabalabirizi | 2 Basek. 1 | Beberaniya 1 |
| 27 | g | Bede gwebasamu [ekitibwa Omukade | —— 4. 8 | —— 2 & 3. 1—7 |
| 28 | A | ..................... | —— 6. 1—24 | —— 3. 7—4. 14 |
| 29 | b | ..................... | —— 7 | —— 4. 14 & 5 |
| 30 | c | ..................... | —— 9 | —— 6 |
| 31 | d | ..................... | —— 10. 18 | —— 7 |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

## JUNI gulina enaku 30.

| JUNI. | | | OKUSABA KWENKYA. Ekitundu 1. | OKUSABA KWENKYA. Ekitundu 2. |
|---|---|---|---|---|
| 1 | e | Nikomede [Omujulirwa | 2 Basek. **13** | Yokana **13.** 1—21 |
| 2 | f | ...................... | —— **17.** 24 | —— **13.** 21 |
| 3 | g | ...................... | 2 Byomumirembe **13** | —— **14** |
| 4 | A | ...................... | —— **15** | —— **15** |
| 5 | b | Bonifakio [Omulabirizi | —— **19** | —— **16.** 1—16 |
| 6 | c | ...................... | —— **20.** 31 & **21** | —— **16.** 16 |
| 7 | d | ...................... | —— **23** | —— **17** |
| 8 | e | ...................... | —— **25** | —— **18.** 1—28 |
| 9 | f | ...................... | —— **28** | —— **18.** 28 |
| 10 | g | ...................... | —— **29.** 3—21 | —— **19.** 1—25 |
| 11 | A | Balanaba [Omut. | Mateka **33.** 1—12 | Bikolwa **4.** 31 |
| 12 | b | ...................... | 2 Basek. **18.** 13 | Yokana **19.** 25 |
| 13 | c | ...................... | —— **19.** 20 | —— **20.** 1—19 |
| 14 | d | ...................... | Isaya **38.** 9—21 | —— **20.** 19 |
| 15 | e | ...................... | 2 Basek. **22** | —— **21** |
| 16 | f | ...................... | —— **23.** 21—**24.** 8 | Bikolwa **1** |
| 17 | g | Alibano Omut. [Omujulirwa | —— **25.** 8 | —— **2.** 1—22 |
| 18 | A | ...................... | Ezera **4** | —— **2.** 22 |
| 19 | b | ...................... | —— **7** | —— **3** |
| 20 | c | Okutwalibwa kwa [Edwadi Kabaka | —— **9** | —— **4.** 1—32 |
| 21 | d | ...................... | Nekemiya **1** | —— **4.** 32—**5.** 17 |
| 22 | e | ...................... | —— **4** | —— **5.** 17 |
| 23 | f | ... Olwokusiba | —— **6.** & **7.** 1—5 | —— **6** |
| 24 | g | Yokana [Omubat. [Omut. | Malaki **3.** 1—7 | Matayo **3** |
| 25 | A | ...................... | Nekemiya **13.** 1—15 | Bikolwa **7.** 1—35 |
| 26 | b | ...................... | Eseza **1** | —— **7.** 35—**8.** 5 |
| 27 | c | ...................... | —— **4** | —— **8.** 5—26 |
| 28 | d | ... Olwokusiba | —— **6** | —— **8.** 26 |
| 29 | e | Petero Omut. | Ezekieri **3.** 4—15 | Yokana **21.** 15—23 |
| 30 | f | ...................... | Yobu **1** | Bik. **9.** 1—23 |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

## JUNI gulina enaku 30.

| JUNI. | | | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. | |
|---|---|---|---|---|
| | | | EKITUNDU 1. | EKITUNDU 2. |
| 1 | e | Nikomede [Omujulirwa | 2 Basek. **17.** 1—24 | Beberaniya **8** |
| 2 | f | ..................... | 2 Byomumirembe **12** | —— **9** |
| 3 | g | ..................... | —— **14** | —— **10.** 1—19 |
| 4 | A | ..................... | —— **16** & **17.** 1—14 | —— **10.** 19 |
| 5 | b | Bonifakio [Omulabirizi | —— **20.** 1—31 | —— **11.** 1—17 |
| 6 | c | ..................... | —— **22** | —— **11.** 17 |
| 7 | d | ..................... | —— **24** | —— **12** |
| 8 | e | ..................... | —— **26** & **27** | —— **13** |
| 9 | f | ..................... | 2 Basek. **18.** 1—9 | Yakobo **1** |
| 10 | g | ..................... | 2 Byom. **30** & **31.** 1 | —— **2** |
| 11 | A | Balanaba [Omut. | Nakumu **1** | Bikolwa **14.** 8 |
| 12 | b | ..................... | 2 Basek. **19.** 1—20 | Yakobo **3** |
| 13 | c | ..................... | —— **20** | —— **4** |
| 14 | d | ..................... | 2 Byom. **33** | —— **5** |
| 15 | e | ..................... | 2 Basek. **23.** 1—21 | 1 Petero **1.** 1—22 |
| 16 | f | ..................... | —— **24.** 8—**25.** 8 | —— **1.** 22—**2.** 11 |
| 17 | g | Alibano Omut. [Omujulirwa | Ezera **1** & **3** | —— **2.** 11—**3.** 8 |
| 18 | A | ..................... | —— **5** | —— **3.** 8—**4.** 7 |
| 19 | b | ..................... | —— **8.** 15 | —— **4.** 7 |
| 20 | c | Okutwalibwa kwa [Edwadi Kabaka | —— **10.** 1—20 | —— **5** |
| 21 | d | ..................... | Nekemiya **2** | 2 Petero **1** |
| 22 | e | ..................... | —— **5** | —— **2** |
| 23 | f | ... Olwokusība | —— **7.** 73 & **8** | —— **3** |
| 24 | g | Yokana [Omubat. [Omut. | Malaki **4** | Matayo **14.** 1—13 |
| 25 | A | ..................... | Nekemiya **13.** 15 | 1 Yokana **1** |
| 26 | b | ..................... | Eseza **2.** 15 & **3** | —— **2.** 1—15 |
| 27 | c | ..................... | —— **5** | —— **2.** 15 |
| 28 | d | ... Olwokusība | —— **7** | —— **3.** 1—16 |
| 29 | e | Petero Omut. | Zekaliya **3** | Bikolwa **4.** 8—23 |
| 30 | f | ..................... | Yobu **2** | 1 Yok. **3.** 16—**4.** 7 |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

## JULAI gulina enaku 31.

| JULAI. | | | OKUSABA KWENKYA. | |
|---|---|---|---|---|
| | | | EKITUNDU 1. | EKITUNDU 2. |
| 1 | g | .................... | Yobu **3** | Bikolwa **9.** 23 |
| 2 | A | Okukyala kwa Malya-[mu Omuwala | —— **5** | —— **10.** 1—24 |
| 3 | b | .................... | —— **7** | —— **10.** 24 |
| 4 | c | Okutwalibwa kwa [Malitini Omut. | —— **10** | —— **11** |
| 5 | d | .................... | —— **12** | —— **12** |
| 6 | e | .................... | —— **14** | —— **13.** 1—26 |
| 7 | f | .................... | —— **17** | —— **13.** 26 |
| 8 | g | .................... | —— **21** | —— **14** |
| 9 | A | .................... | —— **23** | —— **15.** 1—30 |
| 10 | b | .................... | —— **25** & **26** | —— **15.** 30—**16.** 16 |
| 11 | c | .................... | —— **28** | —— **16.** 16 |
| 12 | d | .................... | —— **30.** 12—27 | —— **17.** 1—16 |
| 13 | e | .................... | —— **32** | —— **17.** 16 |
| 14 | f | .................... | —— **38.** 39 & **39** | —— **18.** 1—24 |
| 15 | g | Siwisunu Omulabirizi | —— **41** | —— **18.** 24—**19.** 21 |
| 16 | A | .................... | Ngero **1.** 1—20 | —— **19.** 21 |
| 17 | b | .................... | —— **2** | —— **20.** 1—17 |
| 18 | c | .................... | —— **3.** 27—**4.** 20 | —— **20.** 17 |
| 19 | d | .................... | —— **5.** 15 | —— **21.** 1—17 |
| 20 | e | Malagaleta Omuwala [Nomujulirwa | —— **7** | —— **21.** 17—37 |
| 21 | f | .................... | —— **9** | —— **21.** 37—**22.** 23 |
| 22 | g | Malyamu Magada-[lene Omut. | —— **11.** 1—15 | —— **22.** 23—**23.** 12 |
| 23 | A | .................... | —— **12.** 10 | —— **23.** 12 |
| 24 | b | ... Olwokusiba | —— **14.** 9—28 | —— **24** |
| 25 | c | Yakobo Omu-[tume Omut. | 2 Basek. **1.** 1—16 | Luka **9.** 51—57 |
| 26 | d | Ana Omut. | Ngero **15.** 18 | Bikolwa **25** |
| 27 | e | .................... | —— **16.** 31—**17.** 18 | —— **26** |
| 28 | f | .................... | —— **19.** 13 | —— **27** |
| 29 | g | .................... | —— **21.** 1—17 | —— **28.** 1—17 |
| 30 | A | .................... | —— **23.** 10 | —— **28.** 17 |
| 31 | b | .................... | —— **25** | Balumi **1** |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

## JULAI gulina enaku 31.

| JULAI. | | | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. Ekitundu 1. | Ekitundu 2. |
|---|---|---|---|---|
| 1 | g | ..................... | Yobu 4 | 1 Yokana 4. 7 |
| 2 | A | Okukyala kwa Malyamu Omuwala | —— 6 | —— 5 |
| 3 | b | ..................... | —— 9 | 2 Yokana |
| 4 | c | Okutwalibwa kwa Malitini Omut. | —— 11 | 3 Yokana |
| 5 | d | ..................... | —— 13 | Yuda. |
| 6 | e | ..................... | —— 16 | Matayo 1. 18 |
| 7 | f | ..................... | —— 19 | —— 2 |
| 8 | g | ..................... | —— 22. 12—29 | —— 3 |
| 9 | A | ..................... | —— 24 | —— 4. 1—23 |
| 10 | b | ..................... | —— 27 | —— 4. 23—5. 13 |
| 11 | c | ..................... | —— 29 & 30. 1 | —— 5. 13—33 |
| 12 | d | ..................... | —— 31. 13 | —— 5. 33 |
| 13 | e | ..................... | —— 38. 1—39 | —— 6. 1—19 |
| 14 | f | ..................... | —— 40 | —— 6. 19—7. 7 |
| 15 | g | Siwisunu Omulabirizi | —— 42 | —— 7. 7 |
| 16 | A | ..................... | Ngero 1. 20 | —— 8. 1—18 |
| 17 | b | ..................... | —— 3. 1—27 | —— 8. 18 |
| 18 | c | ..................... | —— 4. 20—5. 15 | —— 9. 1—18 |
| 19 | d | ..................... | —— 6. 1—20 | —— 9. 18 |
| 20 | e | Malagaleta Omuwala Nomujulirwa | —— 8 | —— 10. 1—24 |
| 21 | f | ..................... | —— 10. 16 | —— 10. 24 |
| 22 | g | Malyamu Magadalene Omut. | —— 11. 15 | —— 11 |
| 23 | A | ..................... | —— 13 | —— 12. 1—22 |
| 24 | b | ... Olwokusiba | —— 14. 28—15. 18 | —— 12. 22 |
| 25 | c | Yakobo Omutume Omut. | Yeremiya 26. 8—16 | —— 13. 1—24 |
| 26 | d | Ana Omut. | Ngero 16. 1—20 | —— 13. 24—53 |
| 27 | e | ..................... | —— 18. 10 | —— 13. 53—14. 13 |
| 28 | f | ..................... | —— 20. 1—23 | —— 14. 13 |
| 29 | g | ..................... | —— 22. 1—17 | —— 15. 1—21 |
| 30 | A | ..................... | —— 24. 21 | —— 15. 21 |
| 31 | b | ..................... | —— 26. 1—21 | —— 16. 1—24 |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

## AUGUSITO gulina enaku 31.

| AUGUSITO. | | | OKUSABA KWENKYA. | |
|---|---|---|---|---|
| | | | EKITUNDU 1. | EKITUNDU 2. |
| 1 | c | Olunaku oluitibwa [Lamasa | Ngero **27.** 1—23 | Balumi **2.** 1—17 |
| 2 | d | ...................... | —— **30.** 1—18 | —— **2.** 17 |
| 3 | e | ...................... | Mubulizi **1** | —— **3** |
| 4 | f | ...................... | —— **3** | —— **4** |
| 5 | g | ...................... | —— **5** | —— **5** |
| 6 | A | Okufusibwa.......... | —— **7** | —— **6** |
| 7 | b | Erinya lya Isa......... | —— **9** | —— **7** |
| 8 | c | ...................... | —— **12** | —— **8.** 1—18 |
| 9 | d | ...................... | Yeremiya **2.** 1—14 | —— **8.** 18 |
| 10 | e | Lawurenfki Omut. [Omujulirwa | —— **5.** 19 | —— **9.** 1—19 |
| 11 | f | ...................... | —— **7.** 1—17 | —— **9.** 19 |
| 12 | g | ...................... | —— **9.** 1—17 | —— **10** |
| 13 | A | ...................... | —— **15** | —— **11.** 1—25 |
| 14 | b | ...................... | —— **18.** 1—18 | —— **11.** 25 |
| 15 | c | ...................... | —— **21** | —— **12** |
| 16 | d | ...................... | —— **22.** 13 | —— **13** |
| 17 | e | ...................... | —— **24** | —— **14** & **15.** 1—8 |
| 18 | f | ...................... | —— **26** | —— **15.** 8 |
| 19 | g | ...................... | —— **29.** 4—20 | —— **16** |
| 20 | A | ...................... | —— **31.** 1—15 | 1 Kolinso **1.** 1—26 |
| 21 | b | ...................... | —— **33.** 1—14 | —— **1.** 26 & **2** |
| 22 | c | ...................... | —— **35** | —— **3** |
| 23 | d | ... Olwokusība | —— **36.** 14 | —— **4.** 1—18 |
| 24 | e | Batolomayo [Omutume [Omut. | Lub. **28.** 10—18 | —— **4.** 18 & **5** |
| 25 | f | ...................... | Yeremiya **38.** 14 | —— **6** |
| 26 | g | ...................... | —— **50.** 1—21 | —— **7.** 1—25 |
| 27 | A | ...................... | Ezekieri **1.** 1—15 | —— **7.** 25 |
| 28 | b | Augusitino Omut. [Omulabirizi | —— **2** | —— **8** |
| 29 | c | Okutemako omutwe [gwa Yokana Omu- [batiza Omut. | —— **3.** 15 | —— **9** |
| 30 | d | ...................... | —— **9** | —— **10** & **11.** 1 |
| 31 | e | ...................... | —— **12.** 17 | —— **11.** 2—17 |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

## AUGUSITO gulina enaku 31.

| AUGUSITO. | | | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. Ekitundu 1. | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. Ekitundu 2. |
|---|---|---|---|---|
| 1 | c | Olunaku oluitibwa [Lamasa | Ngero **28.** 1—15 | Mat. **16.** 24—**17.** 14 |
| 2 | d | ...................... | —— **31.** 10 | —— **17.** 14 |
| 3 | e | ...................... | Mubulizi **2.** 1—12 | —— **18.** 1—21 |
| 4 | f | ...................... | —— **4** | —— **18.** 21—**19.** 3 |
| 5 | g | ...................... | —— **6** | —— **19.** 3—27 |
| 6 | A | Okufusibwa............... | —— **8** | —— **19.** 27—**20.** 17 |
| 7 | b | Erinya lya Isa........... | —— **11** | —— **20.** 17 |
| 8 | c | ...................... | Yeremiya **1.** | —— **21.** 1—23 |
| 9 | d | ...................... | —— **5.** 1—19 | —— **21.** 23 |
| 10 | e | Lawureniki Omut. [Omujulirwa | —— **6.** 1—22 | —— **22.** 1—15 |
| 11 | f | ...................... | —— **8.** 4 | —— **22.** 15—41 |
| 12 | g | ...................... | —— **13.** 8—24 | —— **22.** 41—**23.** 13 |
| 13 | A | ...................... | —— **17.** 1—19 | —— **23.** 13 |
| 14 | b | ...................... | —— **19** | —— **24.** 1—29 |
| 15 | c | ...................... | —— **22.** 1—13 | —— **24.** 29 |
| 16 | d | ...................... | —— **23.** 1—16 | —— **25.** 1—31 |
| 17 | e | ...................... | —— **25.** 1—15 | —— **25.** 31 |
| 18 | f | ...................... | —— **28** | —— **26.** 1—31 |
| 19 | g | ...................... | —— **30** | —— **26.** 31—57 |
| 20 | A | ...................... | —— **31.** 15—38 | —— **26.** 57 |
| 21 | b | ...................... | —— **33.** 14 | —— **27.** 1—27 |
| 22 | c | ...................... | —— **36.** 1—14 | —— **27.** 27—57 |
| 23 | d | ... Olwokusība | —— **38.** 1—14 | —— **27.** 57 |
| 24 | e | Batolomayo [Omutume [Omut. | Mateka **18.** 15 | —— **28** |
| 25 | f | ...................... | Yeremiya **39** | Ma'ko **1.** 1—21 |
| 26 | g | ...................... | —— **51.** 54 | —— **1.** 21 |
| 27 | A | ...................... | Ezekieri **1.** 15 | —— **2.** 1—23 |
| 28 | b | Augusitino Omut. [Omulabirizi | —— **3.** 1—15 | —— **2.** 23—**3.** 13 |
| 29 | c | Okutemako omutwe [gwa Yokana Omu- [batiza Omut. | —— **8** | —— **3.** 13 |
| 30 | d | ...................... | —— **11.** 14 | —— **4.** 1—35 |
| 31 | e | ...................... | —— **13.** 1—17 | —— **4.** 35—**5.** 21 |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

## SEPUTEMBA gulina enaku 30.

| SEPUTEMBA. | | | OKUSABA KWENKYA. | |
|---|---|---|---|---|
| | | | Ekitundu 1. | Ekitundu 2. |
| 1 | f | Giresi Abota | Ezekieri **13.** 17 | 1 Kolinso. **11.** 17 |
| 2 | g | ...................... | —— **14.** 12 | —— **12.** 1—28 |
| 3 | A | ...................... | —— **18.** 1—19 | —— **12.** 28 & **13** |
| 4 | b | ...................... | —— **20.** 1—18 | —— **14.** 1—20 |
| 5 | c | ...................... | —— **20.** 33—44 | —— **14.** 20 |
| 6 | d | ...................... | —— **24.** 15 | —— **15.** 1—35 |
| 7 | e | Enuluko Omulabirizi | —— **27.** 1—26 | —— **15.** 35 |
| 8 | f | Okuzalibwa kwa [Malyamu Omuwala | —— **28.** 1—20 | —— **16** |
| 9 | g | ...................... | —— **32.** 1—17 | 2 Kolinso. **1.** 1—23 |
| 10 | A | ...................... | —— **33.** 21 | —— **1.** 23—**2.** 14 |
| 11 | b | ...................... | —— **34.** 17 | —— **2.** 14 & **3** |
| 12 | c | ...................... | —— **37.** 1—15 | —— **4** |
| 13 | d | ...................... | —— **47.** 1—13 | —— **5** |
| 14 | e | Olunaku Lwomusa- [laba Omut. | Danieri **2.** 1—24 | —— **6** & **7.** 1 |
| 15 | f | ...................... | —— **3** | —— **7.** 2 |
| 16 | g | ...................... | —— **4.** 19 | —— **8** |
| 17 | A | Lamaberiti [Omulabirizi | —— **5.** 17 | —— **9** |
| 18 | b | ...................... | —— **7.** 1—15 | —— **10** |
| 19 | c | ...................... | —— **9.** 1—20 | —— **11.** 1—30 |
| 20 | d | ... Olwokusība | —— **10.** 1—20 | —— **11.** 30—**12.** 14 |
| 21 | e | Matayo Omu- [tume Omut. | 1 Basek. **19.** 15 | —— **12.** 14 & **13** |
| 22 | f | ...................... | Kosea **2.** 14 | Bagalatiya **1** |
| 23 | g | ...................... | —— **5.** 8—**6.** 7 | —— **2** |
| 24 | A | ...................... | —— **8** | —— **3** |
| 25 | b | ...................... | —— **10** | —— **4.** 1—21 |
| 26 | c | Kupuliano Omut. [Sabalabirizi | —— **13.** 1—15 | —— **4.** 21—**5.** 13 |
| 27 | d | ...................... | Yoeri **1** | —— **5.** 13 |
| 28 | e | ...................... | —— **2.** 15—28 | —— **6** |
| 29 | f | Mikaeri Omut. [ne Bama- [laika bona | Luberyeberye **32** | Bikolwa **12.** 5—18 |
| 30 | g | Yerome Omutukuvu | Yoeri **3.** 9 | Befeso. **1** |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

## SEPUTEMBA gulina enaku 30.

| SEPUTEMBA. | | | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. Ekitundu 1. | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. Ekitundu 2. |
|---|---|---|---|---|
| 1 | f | Giresi Abota | Ezekieri **14.** 1—12 | Ma'ko **5.** 21 |
| 2 | g | ...................... | —— **16.** 44 | —— **6.** 1—14 |
| 3 | A | ...................... | —— **18.** 19 | —— **6.** 14—30 |
| 4 | b | ...................... | —— **20.** 18—33 | —— **6.** 30 |
| 5 | c | ...................... | —— **22.** 23 | —— **7.** 1—24 |
| 6 | d | ...................... | —— **26** | —— **7.** 24—**8.** 10 |
| 7 | e | Enuluko Omulabirizi | —— **27.** 26 | —— **8.** 10—**9.** 2 |
| 8 | f | Okuzalibwa kwa [Malyamu Omuwala | —— **31** | —— **9.** 2—30 |
| 9 | g | ...................... | —— **33.** 1—21 | —— **9.** 30 |
| 10 | A | ...................... | —— **34.** 1—17 | —— **10.** 1—32 |
| 11 | b | ...................... | —— **36.** 16—33 | —— **10.** 32 |
| 12 | c | ...................... | —— **37.** 15 | —— **11.** 1—27 |
| 13 | d | ...................... | Danieri **1** | —— **11.** 27—**12.** 13 |
| 14 | e | Olunaku Lwomusa- [laba Omut. | —— **2.** 24 | —— **12.** 13—35 |
| 15 | f | ...................... | —— **4.** 1—19 | —— **12.** 35—**13.** 14 |
| 16 | g | ...................... | —— **5.** 1—17 | —— **13.** 14 |
| 17 | A | Lamaberiti [Omulabirizi | —— **6** | —— **14.** 1—27 |
| 18 | b | ...................... | —— **7.** 15 | —— **14.** 27—53 |
| 19 | c | ...................... | —— **9.** 20 | —— **14.** 53 |
| 20 | d | ... Olwokusība | —— **12** | —— **15.** 1—42 |
| 21 | e | Matayo Omu- [tume Omut. | 1 Byom. **29.** 1—20 | —— **15.** 42 & **16** |
| 22 | f | ...................... | Kosea **4.** 1—13 | Luka **1.** 1—26 |
| 23 | g | ...................... | —— **7.** 8 | —— **1.** 26—57 |
| 24 | A | ...................... | —— **9** | —— **1.** 57 |
| 25 | b | ...................... | —— **11** & **12.** 1—7 | —— **2.** 1—21 |
| 26 | c | Kupuliano Omut. [Sabalabirizi | —— **14** | —— **2.** 21 |
| 27 | d | ...................... | Yoeri **2.** 1—15 | —— **3.** 1—23 |
| 28 | e | ...................... | —— **2.** 28—**3.** 9 | —— **4.** 1—16 |
| 29 | f | Mikaeri Omut. [ne Bama- [laika bona | Danieri **10.** 4 | Kubikulirwa **14.** 14 |
| 30 | g | Yerome Omutukuvu | Amosi **1** & **2.** 1—4 | Luka **4.** 16 |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

## OKITOBA gulina enaku 31.

| OKITOBA. | | | OKUSABA KWENKYA. | |
|---|---|---|---|---|
| | | | EKITUNDU 1. | EKITUNDU 2. |
| 1 | A | Lemigio Omulabirizi | Amosi **2.** 4—**3.** 9 | Befeso **2** |
| 2 | b | ..................... | —— **5.** 1—18 | —— **3** |
| 3 | c | ..................... | —— **7** | —— **4.** 1—25 |
| 4 | d | ..................... | —— **9** | —— **4.** 25—**5.** 22 |
| 5 | e | ..................... | Yona **1** | —— **5.** 22—**6.** 10 |
| 6 | f | Faisi Omuwala [Nomujulirwa | —— **3** | —— **6.** 10 |
| 7 | g | ..................... | Mika **1.** 1—10 | Bafiripi **1** |
| 8 | A | ..................... | —— **3** | —— **2** |
| 9 | b | Denusu Omut. [Omulabirizi | —— **5** | —— **3** |
| 10 | c | ..................... | —— **7** | —— **4** |
| 11 | d | ..................... | Nakumu **2** | Bakolosai **1.** 1—21 |
| 12 | e | ..................... | Kabakuka **1** | —— **1.** 21—**2.** 8 |
| 13 | f | Okutwalibwa kwa [Edwadi Kabaka [Omwatula | —— **3** | —— **2.** 8 |
| 14 | g | ..................... | Zefaniya **1.** 14—**2.** 4 | —— **3.** 1—18 |
| 15 | A | ..................... | —— **3** | —— **3.** 18 & **4** |
| 16 | b | ..................... | Kagai **2.** 1—10 | **1** Basesalonika **1** |
| 17 | c | Eseledereda Omuwala | Zekaliya **1.** 1—18 | —— **2** |
| 18 | d | Luka Omut. [Omuwandisi [wenjiri | Isaya **55** | —— **3** |
| 19 | e | ..................... | Zekaliya **3** | —— **4** |
| 20 | f | ..................... | —— **5** | —— **5** |
| 21 | g | ..................... | —— **7** | **2** Basesalonika **1** |
| 22 | A | ..................... | —— **8.** 14 | —— **2** |
| 23 | b | ..................... | —— **10** | —— **3** |
| 24 | c | ..................... | —— **12** | **1** Timoseo **1.** 1—18 |
| 25 | d | Kirisipini Omujulirwa | —— **14** | —— **1.** 18 & **2** |
| 26 | e | ..................... | Malaki **2** | —— **3** |
| 27 | f | ... Olwokusība | —— **3.** 13 & **4** | —— **4** |
| 28 | g | Simoni ne Yuda [Abatume Abat. | Isaya **28.** 9—17 | —— **5** |
| 29 | A | ..................... | Amagezi **2** | —— **6** |
| 30 | b | ..................... | —— **6.** 1—22 | **2** Timoseo **1** |
| 31 | c | ... Olwokusība | —— **7.** 15 | —— **2** |



Digitized by Google

## KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

### OKITOBA gulina enaku 31.

| OKITOBA. | | | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. | |
|---|---|---|---|---|
| | | | EKITUNDU 1. | EKITUNDU 2. |
| 1 | A | Lemigio Omulabirizi | Amosi **4.** 4 | Luka **5.** 1—17 |
| 2 | b | ..................... | —— **5.** 18—**6.** 9 | —— **5.** 17 |
| 3 | c | ..................... | —— **8** | —— **6.** 1—20 |
| 4 | d | ..................... | Obadiya | —— **6.** 20 |
| 5 | e | ..................... | Yona **2** | —— **7.** 1—24 |
| 6 | f | Faisi Omuwala [Nomujulirwa | —— **4** | —— **7.** 24 |
| 7 | g | ..................... | Mika **2** | —— **8.** 1—26 |
| 8 | A | ..................... | —— **4** | —— **8.** 26 |
| 9 | b | Denusu Omut. [Omulabirizi | —— **6** | —— **9.** 1—28 |
| 10 | c | ..................... | Nakumu **1** | —— **9.** 28—51 |
| 11 | d | ..................... | —— **3** | —— **9.** 51—**10.** 17 |
| 12 | e | ..................... | Kabakuka **2** | —— **10.** 17 |
| 13 | f | Okutwalibwa kwa [Edwadi Kabaka [Omwatula | Zefaniya **1.** 1—14 | —— **11.** 1—29 |
| 14 | g | ..................... | —— **2.** 4 | —— **11.** 29 |
| 15 | A | ..................... | Kagai **1** | —— **12.** 1—35 |
| 16 | b | ..................... | —— **2.** 10 | —— **12.** 35 |
| 17 | c | Eselederede Omuwala | Zekaliya **1.** 18 & **2** | —— **13.** 1—18 |
| 18 | d | Luka Omut. [Omuwandisi [wenjiri | Ekeresias. **38.** 1—15 | —— **13.** 18 |
| 19 | e | ..................... | Zekaliya **4** | —— **14.** 1—25 |
| 20 | f | ..................... | —— **6** | —— **14.** 25—**15.** 11 |
| 21 | g | ..................... | —— **8.** 1—14 | —— **15.** 11 |
| 22 | A | ..................... | —— **9.** 9 | —— **16** |
| 23 | b | ..................... | —— **11** | —— **17.** 1—20 |
| 24 | c | ..................... | —— **13** | —— **17.** 20 |
| 25 | d | Kirisipini Omujulirwa | Malaki **1** | —— **18.** 1—31 |
| 26 | e | ..................... | —— **3.** 1—13 | —— **18.** 31—**19.** 11 |
| 27 | f | ... Olwokusība | Amagezi **1** | —— **19.** 11—28 |
| 28 | g | Simoni ne Yuda [Abatume Abat. | Yer. **3.** 12—19 | —— **19.** 28 |
| 29 | A | ..................... | Amagezi **4.** 7 | —— **20.** 1—27 |
| 30 | b | ..................... | —— **6.** 22—**7.** 15 | —— **20.** 27—**21.** 5 |
| 31 | c | ... Olwokusība | —— **8.** 1—19 | —— **21.** 5 |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

## NOVEMBA gulina enaku 30.

| NOVEMBA. | | | OKUSABA KWENKYA. Ekitundu 1. | OKUSABA KWENKYA. Ekitundu 2. |
|---|---|---|---|---|
| 1 | d | Abatuk. bona | Amagezi **3.** 1—10 | Beb. **11.** 33 & **12.** 1—7 |
| 2 | e | ...................... | —— **9** | **2** Timoseo **3** |
| 3 | f | ...................... | —— **11.** 15—**12.** 3 | —— **4** |
| 4 | g | ...................... | Eker. **1.** 1—14 | Tito **1** |
| 5 | A | ...................... | —— **3.** 17—30 | —— **2** |
| 6 | b | Leonalido Omwatula | —— **5** | —— **3** |
| 7 | c | ...................... | —— **10.** 18 | Firemoni |
| 8 | d | ...................... | —— **15.** 9 | Beberaniya **1** |
| 9 | e | ...................... | —— **18.** 1—15 | —— **2.** & **3.** 1—7 |
| 10 | f | ...................... | —— **19.** 13 | —— **3.** 7—**4.** 14 |
| 11 | g | Malitini Omut. [Omulabirizi | —— **24.** 1—24 | —— **4.** 14 & **5** |
| 12 | A | ...................... | —— **33.** 7—23 | —— **6** |
| 13 | b | Biritio Omulabirizi | —— **35** | —— **7** |
| 14 | c | ...................... | —— **39.** 1—13 | —— **8** |
| 15 | d | Makutu Omulabirizi | —— **41.** 1—14 | —— **9** |
| 16 | e | ...................... | —— **44.** 1—16 | —— **10.** 1—19 |
| 17 | f | Kugo Omulabirizi | —— **51.** 10 | —— **10.** 19 |
| 18 | g | ...................... | Baluka **4.** 36 & **5** | —— **11.** 1—17 |
| 19 | A | ...................... | Isaya **1.** 21 | —— **11.** 17 |
| 20 | b | Edimunudu Kababa | —— **3.** 1—16 | —— **12.** |
| 21 | c | ...................... | —— **5.** 1—18 | —— **13** |
| 22 | d | Kekiriya Omuwala [Nomujulirwa | —— **6** | Yakobo **1** |
| 23 | e | Kerementi Omut. [Omulabirizi | —— **8.** 5—18 | —— **2** |
| 24 | f | ...................... | —— **9.** 8—**10.** 5 | —— **3** |
| 25 | g | Kaserini Omuwala [Nomujulirwa | —— **10.** 20 | —— **4** |
| 26 | A | ...................... | —— **11.** 10 | —— **5** |
| 27 | b | ...................... | —— **13** | **1** Petero **1.** 1—22 |
| 28 | c | ...................... | —— **17** | —— **1.** 22—**2.** 11 |
| 29 | d | ... Olwokusiba | —— **19.** 1—16 | —— **2.** 11—**3.** 8 |
| 30 | e | Andereya [Omutume [Omut. | —— **54** | Yokana **1.** 35—43 |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

## NOVEMBA gulina enaku 30.

| NOVEMBA. | | | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. | |
|---|---|---|---|---|
| | | | EKITUNDU 1. | EKITUNDU 2. |
| 1 | d | Abatuk. bona | Amagezi **5.** 1—17 | Kub. **19.** 1—17 |
| 2 | e | ...................... | —— **11.** 1—15 | Luka **22.** 1—31 |
| 3 | f | ...................... | —— **17** | —— **22.** 31—54 |
| 4 | g | ...................... | Ekeresiasitiko **2** | —— **22.** 54 |
| 5 | A | ...................... | —— **4.** 10 | —— **23.** 1—26 |
| 6 | b | Leonalido Omwatula | —— **7.** 27 | —— **23.** 26—50 |
| 7 | c | ...................... | —— **14.** 1—20 | —— **23.** 50—**24.** 13 |
| 8 | d | ...................... | —— **16.** 17 | —— **24.** 13 |
| 9 | e | ...................... | —— **18.** 15 | Yokana. **1.** 1—29 |
| 10 | f | ...................... | —— **22.** 6—24 | —— **1.** 29 |
| 11 | g | Malitini Omut. [Omulabirizi | —— **24.** 24 | —— **2** |
| 12 | A | ...................... | —— **34.** 15 | —— **3.** 1—22 |
| 13 | b | Biritio Omulabirizi | —— **37.** 8—19 | —— **3.** 22 |
| 14 | c | ...................... | —— **39.** 13 | —— **4.** 1—31 |
| 15 | d | Makutu Omulabirizi | —— **42.** 15 | —— **4.** 31 |
| 16 | e | ...................... | —— **50.** 1—25 | —— **5.** 1—24 |
| 17 | f | Kugo Omulabirizi | Baluka **4.** 1—21 | —— **5.** 24 |
| 18 | g | ...................... | Isaya **1.** 1—21 | —— **6.** 1—22 |
| 19 | A | ...................... | —— **2** | —— **6.** 22—41 |
| 20 | b | Edimunudu Kabaka | —— **4.** 2 | —— **6.** 41 |
| 21 | c | ...................... | —— **5.** 18 | —— **7.** 1—25 |
| 22 | d | Kekiriyå Omuwala [Nomujulirwa | —— **7.** 1—17 | —— **7.** 25 |
| 23 | e | Kerementi Omut. [Omulabirizi | —— **8.** 18—**9.** 8 | —— **8.** 1—31 |
| 24 | f | ...................... | —— **10.** 5—20 | —— **8.** 31 |
| 25 | g | Kaserini Omuwala [Nomujulirwa | —— **11.** 1—10 | —— **9.** 1—39 |
| 26 | A | ...................... | —— **12** | —— **9.** 39—**10.** 22 |
| 27 | b | ...................... | —— **14.** 1—24 | —— **10.** 22 |
| 28 | c | ...................... | —— **18** | —— **11.** 1—17 |
| 29 | d | ... Olwokusība | —— **19.** 16 | —— **11.** 17—47 |
| 30 | e | Andereya [Omutume [Omut. | —— **65.** 1—17 | —— **12.** 20—42 |



Digitized by Google

# KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

## DESEMBA gulina enaku 31.

| DESEMBA. | | | OKUSABA KWENKYA. | |
|---|---|---|---|---|
| | | | EKITUNDU 1. | EKITUNDU 2. |
| 1 | f | .................... | Isaya **21.** 1—13 | **1** Pet. **3.** 8—**4.** 7 |
| 2 | g | .................... | —— **22.** 15 | —— **4.** 7 |
| 3 | A | .................... | —— **24** | —— **5** |
| 4 | b | .................... | —— **26.** 1—20 | **2** Petero **1** |
| 5 | c | .................... | —— **28.** 1—14 | —— **2** |
| 6 | d | Nikolao Omulabirizi | —— **29.** 1—9 | —— **3** |
| 7 | e | .................... | —— **30.** 1—18 | **1** Yokana. **1** |
| 8 | f | Okuba olubuto kwa [Malyamu Omuwala | —— **31** | —— **2.** 1—15 |
| 9 | g | .................... | —— **33** | —— **2.** 15 |
| 10 | A | .................... | —— **35** | —— **3.** 1—16 |
| 11 | b | .................... | —— **40.** 12 | —— **3.** 16—**4.** 7 |
| 12 | c | .................... | —— **41.** 17 | —— **4.** 7 |
| 13 | d | Luki Omuwala [Nomujulirwa | —— **42.** 18—**43.** 8 | —— **5** |
| 14 | e | .................... | —— **44.** 1—21 | **2** Yokana. |
| 15 | f | .................... | —— **45.** 8 | **3** Yokana. |
| 16 | g | O Sapientia | —— **47** | Yuda. |
| 17 | A | .................... | —— **49.** 1—13 | Kubikulirwa **1** |
| 18 | b | .................... | —— **50** | —— **2.** 18—**3.** 7 |
| 19 | c | .................... | —— **51.** 9 | —— **4** |
| 20 | d | ... Olwokusiba | —— **52.** 13 & **53** | —— **6** |
| 21 | e | Tomasi Omu- [tume Omut. | Yobu **42.** 1—7 | Yok. **20.** 19—24 |
| 22 | f | .................... | Isaya **55** | Kubikulirwa **8** |
| 23 | g | .................... | —— **57** | —— **11** |
| 24 | A | ... Olwokusiba | —— **59** | —— **14** |
| 25 | b | Okuzalibwa [Isa Masiya [Mukama wafe | —— **9.** 1—8 | Luka **2.** 1—15 |
| 26 | c | Sitefano Omut. | Lub. **4.** 1—11 | Bikolwa **6** |
| 27 | d | Yokana Omut. [Omuwandisi [wenjiri | Kuva. **33.** 9 | Yokana **13.** 23—36 |
| 28 | e | Abana abato [aba'tibwa [Kerode | Yer. **31.** 1—18 | Kubikulirwa **16** |
| 29 | f | .................... | Isaya **61** | —— **19.** 1—11 |
| 30 | g | .................... | —— **63** | —— **20** |
| 31 | A | Sirivesiteri [Omulabirizi | —— **65.** 8 | —— **21.** 15—**22.** 6 |



Digitized by Google

## KALENDA NEBITUNDU EBISOMEBWA.

### DESEMBA gulina enaku 31.

| DESEMBA. | | | OKUSABA KWAKAWUNGEZI. Ekitundu 1. | Ekitundu 2. |
|---|---|---|---|---|
| 1 | f | ..................... | Isaya **22.** 1—15 | Yok. **11.** 47—**12.** 20 |
| 2 | g | ..................... | —— **23** | —— **12.** 20 |
| 3 | A | ..................... | —— **25** | —— **13.** 1—21 |
| 4 | b | ..................... | —— **26.** 20 & **27** | —— **13.** 21 |
| 5 | c | ..................... | —— **28.** 14 | —— **14** |
| 6 | d | Nikolao Omulabirizi | —— **29.** 9 | —— **15** |
| 7 | e | ..................... | —— **30.** 18 | —— **16.** 1—16 |
| 8 | f | Okuba olubuto kwa [Malyamu Omuwala | —— **32** | —— **16.** 16 |
| 9 | g | ..................... | —— **34** | —— **17** |
| 10 | A | ..................... | —— **40.** 1—12 | —— **18.** 1—28 |
| 11 | b | ..................... | —— **41.** 1—17 | —— **18.** 28 |
| 12 | c | ..................... | —— **42.** 1—18 | —— **19.** 1—25 |
| 13 | d | Luki Omuwala [Nomujulirwa | —— **43.** 8 | —— **19.** 25 |
| 14 | e | ..................... | —— **44.** 21—**45.** 8 | —— **20.** 1—19 |
| 15 | f | ..................... | —— **46** | —— **20.** 19 |
| 16 | g | O Sapièntia | —— **48** | —— **21** |
| 17 | A | ..................... | —— **49.** 13 | Kubikulirwa **2.** 1—18 |
| 18 | b | ..................... | —— **51.** 1—9 | —— **3.** 7 |
| 19 | c | ..................... | —— **52.** 1—13 | —— **5** |
| 20 | d | ... Olwokusība | —— **54** | —— **7** |
| 21 | e | Tomasi Omu- [tume Omut. | —— **35** | Yokana. **14.** 1—8 |
| 22 | f | ..................... | —— **56** | Kubikulirwa **10** |
| 23 | g | ..................... | —— **58** | —— **12** |
| 24 | A | ... Olwokusība | —— **60** | —— **15** |
| 25 | b | Okuzalibwa [Isa Masiya [Mukama wafe | —— **7.** 10—17 | Tito **3.** 4—9 |
| 26 | c | Sitefano Omut. | **2** Byom. **24.** 15—23 | Bikolwa **8.** 1—9 |
| 27 | d | Yokana Omut. [Omuwandisi [wenjiri | Isaya **6** | Kubikulirwa **1** |
| 28 | e | Abana abato [aba'tibwa [Kerode | Baluka **4.** 21—31 | — **18** |
| 29 | f | ..................... | Isaya **62** | —— **19.** 11 |
| 30 | g | ..................... | —— **64** & **65.** 1—8 | —— **21.** 1—15 |
| 31 | A | Sirivesiteri [Omulabirizi | —— **66** | —— **22.** 6 |



Digitized by Google

EMPAPULA EZOKUTEGEZA EMBAGA EZIWANYISA, ERA NEZO EZITAWANYISA: ERA NENAKU EZOKUSIBIRAMU BWEZIRI OKUMALAKO OMWAKA GWONA.

*OKUTEGEZA Embaga Eziwanyisa nenaku Entukuvu bwezitanula.*

*OLUNAKU OLWOKUZUKIRA* (endala zona kweziva okuwanyisa) lutukira ku *Sabiti* edirira omwezi nga gwa gabogabo, ogufuka ogwegabogabo olunaku olwamakumi abiri ogwa *Maci* nga luwede: omwezi bwegufuka ogwegabogabo ku *Sabiti, Sabiti* edirira eyo lwe *lunaku Olwokuzukira.*

*Sabiti* esoka mu biro *Ebyokuja* ye *Sabiti* eri okumpi nembaga ya Andereya Omutukuvu, oba ye esoka oba ye evako enyuma.

| | | | |
|---|---|---|---|
| *Sabiti eitibwa* | *Seputuagesima* | esoka *Olwokuzukira* nga wasigadewo Sabiti | mwenda |
| | *Sekesagesima* | | munana |
| | *Kwinkwagesima* | | musanvu |
| | *Kwaderagesima* | | mukaga |

| | | |
|---|---|---|
| *Sabiti eitibwa Erogasio* | edirira *Olwokuzukira* nga waisewo | Sabiti tano. |
| *Olunaku Olwokugenda-mu-gulu* | | enaku ana. |
| *Sabiti eitibwa Pentekote* | | Sabiti musanvu |
| *Sabiti Eyobusatu* | | Sabiti munana |



Digitized by Google

OLUPAPULA oluliko Embaga zona ezikumibwa mu Kanisa *Eyebungereza* okumalako omwaka gwona.

**Sabiti zona okumalako buli mwaka.**

**Enaku Ezembaga.**

Okukomolebwa kwa Mukama wafe ISA MASIYA.
Okwolesebwa eri Abamawanga.—Okukyuka kwa *Paulo Omutukuru.*
Okulongosebwa Kwomuwala eyawebwa omukisa.
*Matiya Omut.* Omutume.
Okubulirwa Kwomuwala eyawebwa omukisa.
*Ma'ko Omut.* Omubulizi-wenjiri.
*Firipo Omut.* ne *Yakobo Omut.* Abatume.
Okugenda-mu-gulu okwa Mukama wafe ISA MASIYA.
*Balanaba Omut.*—Okuzalibwa kwa *Yokana Omut.* Omubatiza.
*Petero Omut.* Omutume.—*Yakobo Omut.* Omutume.
*Batolomayo Omut.* Omutume.—*Matayo Omut.* Omutume.
*Mikaeri Omut.* ne Bamalaika bona.
*Luka Omut.* Omubulizi-wenjiri.
*Simoni Omut.* ne *Yuda Omut.* Abatume.
Abatukuvu bona.—*Andereya Omut.* Omutume.
*Tomasi Omut.* Omutume.—Okuzalibwa kwa Mukama wafe.
*Sitefano Omut.* Omujulirwa.—*Yokana Omut.* Omubulizi-wenjiri.
Abana abato aba'tibwa Kerode.

*Lwokubiri* era na *Lwokusatu* mu *Sabiti edirira Lwokuzukira.*
*Lwokubiri* era na *Lwokusatu* mu *Sabiti edirira Pentekote.*



Digitized by Google

# OLUPAPULA

### OLWOKUTEGEZA

## VIJIRI, NENAKU EZOKUSĪBIRAMU BWEZĪRI,

### ERA BWEZIKUMIBWA OKUMALAKO OMWAKA GWONA.

*Obude bwakawungezi oba Vijiri ebisoka*

| | |
|---|---|
| Okuzalibwa kwa Mukama wafe. | *Yokana Omut.* Omubatiza. |
| Okulongosebwa Kwomuwala eyawebwa omukisa ye *Malyamu.* | *Petero Omut.* |
| | *Yakobo Omut.* |
| Okubulirwa Kwomuwala eyawebwa omukisa. | *Batolomayo Omut.* |
| | *Matayo Omut.* |
| Olunaku Olwokuzukira. | *Simoni Omut.* ne *Yuda Omut.* |
| Olunaku Olwokugenda-mu-gulu. | *Andereya Omut.* |
| Pentekote. | *Tomasi Omut.* |
| *Matiya Omut.* | Abatukuvu bona. |

Naye ku mbaga zino emu bwetuka ku *Lwokubiri.* Vijīri oba Olwokusībiramu kyekiva kikumībwa ku *Lwomusanvu:* tekikumibwa ku *Sabiti* esoka.

---

*Enaku Ezokusībiramu.*

I. Enaku amakumi ana ezimalako Ezokusība.

II. Enaku eziitibwa Emba mu bitundu bina ebyomu Mwaka, ze naku zino: *Lwokuna*, ne *Lwomukaga* ne *Lwomusanvu:* ezidirira..... { *Sabiti* esoka mu Zokusiba. / Embaga eya *Pentekote.* / *Seputemba* 14. / *Desemba* 13. }

III. Enaku ziri satu eziitibwa *Erogasio:* ze zino: *Lwokubiri*, ne *Lwokusatu*, ne *Lwokuna* ezisoka *Lwokutano Olutukuvu*, oba *Okugenda-mu-gulu* okwa Mukama wafe.

IV. Buli *Lwomukaga* okumalako omwaka gwona, wabula nga Olunaku Olwokuzalibwa Mukama wafe.



Digitized by Google

## OLUPAPULA OLWOKUTEGEZA EMBAGA EZIWAÑYISA BWEZIRI OKUMALAKO EMYAKA KUMI NA MUNANA NGA KALENDA EYO BWERI.

| Omwaka gwa Mukama wafe. | Enukuta eya Sabiti. | Sabiti ezidirira Olwokwole-sebwa. | Sabiti eitibwa Seputuagesima. | Olunaku olwo-luberyeberye mu Zokusiba. | Olunaku Olwo-kuzukira. | Sabiti eitibwa Erogasio. | Olunaku olwo-kugenda mu gulu okwa Mu-kama wafe. | Sabiti eya Pentekote. | Sabiti ezidirira Eyobusatu. | Sabiti e'oka mu Byokuja. |
|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|
| 1904 | CB | 3 | Jan. 31 | Feb. 17 | Ap. 3 | Mai 8 | Mai 12 | Mai 22 | 25 | Nov. 27 |
| 1905 | A | 6 | Feb. 19 | Maci 8 | —— 23 | —— 28 | Jun. 1 | Jun. 11 | 23 | Des. 3 |
| 1906 | G | 5 | —— 11 | Feb. 28 | —— 15 | —— 20 | Mai 24 | —— 3 | 24 | —— 2 |
| 1907 | F | 2 | Jan. 27 | —— 13 | Maci 31 | —— 5 | —— 9 | Mai 19 | 26 | —— 1 |
| 1908 | ED | 5 | Feb. 16 | Maci 4 | Ap. 19 | —— 24 | —— 28 | Jun. 7 | 23 | Nov. 29 |
| 1909 | C | 4 | —— 7 | Feb. 24 | —— 11 | —— 16 | —— 20 | Mai 30 | 24 | —— 28 |
| 1910 | B | 2 | Jan. 23 | —— 9 | Maci 27 | —— 1 | —— 5 | —— 15 | 26 | —— 27 |
| 1911 | A | 5 | Feb. 12 | Maci 1 | Ap. 16 | —— 21 | —— 25 | Jun. 4 | 24 | Des. 3 |
| 1912 | GF | 4 | —— 4 | Feb. 21 | —— 7 | —— 12 | —— 16 | Mai 26 | 25 | —— 1 |
| 1913 | E | 1 | Jan. 19 | —— 5 | Maci 23 | Ap. 27 | —— 1 | —— 11 | 27 | Nov. 30 |
| 1914 | D | 4 | Feb. 8 | —— 25 | Ap. 12 | Mai 17 | —— 21 | —— 31 | 24 | —— 29 |
| 1915 | C | 3 | Jan. 31 | —— 17 | —— 4 | —— 9 | —— 13 | —— 23 | 25 | —— 28 |
| 1916 | BA | 6 | Feb. 20 | Maci 8 | —— 23 | —— 28 | Jun. 1 | —— 11 | 23 | Des. 3 |
| 1917 | G | 4 | —— 4 | Feb. 21 | —— 8 | —— 13 | Mai 17 | —— 27 | 25 | —— 2 |
| 1918 | F | 2 | Jan. 27 | —— 13 | Maci 31 | —— 5 | —— 9 | —— 19 | 26 | —— 1 |
| 1919 | D | 5 | Feb. 16 | Maci 5 | Ap. 20 | —— 25 | —— 29 | Jun. 8 | 23 | Nov. 30 |
| 1920 | CB | 3 | —— 1 | Feb. 18 | —— 4 | —— 9 | —— 13 | Mai 23 | 25 | —— 28 |
| 1921 | A | 2 | Jan. 23 | —— 9 | Maci 27 | —— 1 | —— 5 | —— 15 | 26 | —— 27 |



Digitized by Google

## OKUSABA KWENKYA ERA NOKWAWUNGEZI OKUNASOMEBWANGA BULIJO OKUMALAKO OMWAKA.

Okusaba Kwenkya, era Nokwakawungezi kunasomerwanga awaimibwa okusoma nga empisa bweri, oba mu Kanisa, oba mu Somero, oba mu kifo Awatekebwa-emeza: wabulanga Omulabirizi wayo alagira ekirala. Ate Awatekebwa-emeza wanabanga awo, nga bwewali e'da.

Ate wano kitegerezebwa nti Ebintu Ebyekanisa, oba ebyabo Abawerezangamu mu biro byona Ebyokuwereza kwabwe tebijulukuse; naye bigenda mu Kanisa *Eyebungereza*, nga bwebyagenda mu Mwaka ogwokubiri ogwokufuga kwa *Edwadi* owomukaga Kabaka, nga bwebatesa, era nga bwebalagira mu lukiko.



Digitized by Google

# OKUSABA KWENKYA BULI LUNAKU OKUMALAKO OMWAKA.

¶ *Omuwereza bwasokanga okusaba enkya asomenga nedobozi dene oba kitundu kimu oba kusingawo mu bitundu bino ebyomu Byawandikibwa ; alyoke ayogerenga ebigambo ebidirira.*

OMUNTU omubi bwakyukanga okuleka obubibwe bwakoze nakola ebyo ebyalagirwa ebyensonga, aliwonya ememeye okufa. *Ez.* 18: 27.

Kubanga njatula ebyonono byange; nekibi kyange kiri mu maso gange bulijo. *Zab.* 51 : 3.

Okise amasogo mu bibi byange, osangule ebyonono byange byona. *Zab.* 51 : 9.

Sadaka za Katonda ye meme emenyese: omutima ogumenyese era ogubonerede, ai Katonda, toligugaya. *Zab.* 51: 17.

Muyuze omutima gwamwe so si byambalo byamwe, mukyukire Mukama Katonda wamwe: kubanga wa kisa, era ajude okusasira, alwawo okusunguwala, era akwatirwa nyo ekisa, era yejusa obutaleta bubi. *Yo.* 2: 13.

Mukama Katonda wafe yalina okusasira nokusonyiwa: kubanga twamujemera: so tetwawulira dobozi lya Mukama Katonda wafe, okutambulira mu matekage, geyatesa mu maso gafe. *Dan.* 9: 9, 10.

Ai Mukama, ombulirire, naye mpola; si lwa busungubwo oleme okunzikiriza. *Yer.* 10: 24. *Zab.* 6: 1.

Mwenenye; kubanga obwakabaka obwomugulu bunatera okutuka. *Mat.* 3: 2.



Digitized by Google

Nagolokoka neng'enda eri kitange, nemugamba nti Kitange, nyononye eri egulu ne mu masogo; sikyasana kuitibwa mwanawo. *Luk.* 15: 18, 19.

Ai Mukama, tosala musango gwa muduwo; kubanga mu masogo tewali muntu mulamu alisinga. *Zab.* 143: 2.

Bwetwogera nga tetulina kibi, twekyamya feka, songa namazima tegali mufe. Bwetwatula ebibi byafe, ye wa mazima era omutukirivu okutusonyiwa ebibi byafe, nokutunazako byona ebitali bya butukirivu. 1 *Yok.* 1: 8, 9.

ABOLUGANDA abāgalwa, Ebyawandikibwa bitubulirira mu bitundu byabyo ebitali bimu okukiriza nokwatula ebibi nebyonono byafe ebingi; tulemenga okubikisa nokubibikako mu maso ga Katonda Ainza-byona Kitafe owomugulu; naye tubyatulenga nomutima omuterevu, ogwegonjebwa, ogubonerede era oguwulira, tulyoke tusonyibwe olwobulungibwe nekisakye ekitagerwa. Era newakubade nga kitugwanira enaku zona okwatulanga ebyonono byafe mu maso ga Katonda, naye okusinga enyo kitugwanira okubyatulanga nga tukung'anye nga tulabaganye wamu, tumwebazenga ebirungibye ebikulu byetwawebwa mu ngaloze, tumutenderezenga nga bwasanira enyo, tuwulirenga ekigambokye ekitukuvu enyo, era tusabenga byetwagala nebyetwetaga ebyomwoyo era nebyomubiri. Kyenva mbabulira nga mbegairira mwena abali wano, okuja awamu nange nomutima omulongofu nedobozi erikakamu awali entebe eyekisa ekyomugulu nga mwogera nga mugoberera nze;

¶ *Okwatula kwabantu bona okwogererwa awamu nga bagoberera Omuwereza, bona nga bafukamide.*

AI Kitafe Ainza-byona, era owekisa ekingi; Tukyama okuva mu makubogo ngendiga bwezibula; Tugoberera nyo okulowoza nokwegomba ebyemitima gyafe; Tugana okuwulira amatekago amatukuvu; Tuleka ebitugwanira okukola; Era tukola ebitatugwanira kukola; Songa nobulamu tebuli mufe. Naye gwe, ai Mukama, otudiremu fe abanaku abalina ebibi. Ai

Digitized by Google

Katonda, obasasire abatula okwonona kwabwe. Obaża ababonerede; Nga bwewasubiza abantu bona kubwa Masiya Isa Mukama wafe. Ai Kitafe owekisa ekingi, era otubere kubwoyo, Okutanula lero okwegendereza, Nga tukutya gwe, era nga tukola ebyobutukirivu, Erinyalyo etukuvu litenderezebwe. Amina.

¶ *Okusonyibwa oba okugyibwako ebibi, okwogerwa Omukade omu ngaimiride; abantu nga bakyafukamide.*

KATONDA Ainza-byona, Kitawe wa Mukama wafe Isa Masiya, atayagala alina ebibi okufa wabula okuleka okwononakwe okubera omulamu; era eyatuma nalagira abawerezabe okubulira nokutegeza abantube nga babonerede okusonyibwa nokugyibwako ebibi byabwe; Ye asonyiwa era abagyako ebibi byabwe ababonerera amazima, era abakiririza dala Enjiriye entukuvu. Kale tumwegairire okutuwa okubonerera okwamazima Nomwoyowe Omutukuvu, ebigambo byetukola kakano alyoke abisime, era nebyo byetunakolanga mu naku zafe eziri mu maso bibere birongofu era ebitukuvu; oluvanyuma tulyoke tutuke mu sanyulye eritakoma; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Abantu nebalyoka badamu nti* Amina; *era badengamu bwebatyo okusaba kwona bwekugwanga.*

¶ *Omuwereza nalyoka afukamira, nayogera okusaba kwa Mukama wafe nedobozi eriwulikika; abantu nga bafukamide, era nga bakwatulira wamu naye, wano era nawalala wekunaberanga mu kusaba Katonda.*

KITAFE ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje. Byoyagala babikole munsi, nga bwebabikola mu gulu. Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafe, nga fe bwetubasonyiwa abatwonona. Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole mu bubi. Kubanga obwakabaka, nobuinza, nekitibwa, bibyo, emirembe nemirembe. Amina.

Digitized by Google

¶ *Nalyoka ayogera nti*

Ai Mukama, otwasamye emimwa gyafe.
*Okudamu.* Akamwa kafe nekalyoka kogera amatendogo.
*Omukade.* Ai Katonda, yanguwa okutulokola.
*Okudamu.* Ai Mukama, yanguwa okutubera.

¶ *Bona nebalyoka baimirira Omukade nayogera nti*

Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana; neri Omwoyo Omutukuvu.
*Okudamu.* Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba; emirembe nemirembe. Amina.
*Omukade.* Mutendereze Mukama.
*Okudamu.* Erinya lya Mukama balitendereze.

¶ *Nebalyoka bogera oba nebaimba Zabuli eno; wabula ku lunaku* OLWOKUZUKIRA; *kubanga baimbira awo Antifona: era ne ku lunaku olwekumi nomwenda mu buli mwezi tebagisomera wano, wabula mu Zabuli zinazo ngempalo zazo bweziri.*

VENITE, EXULTEMUS DOMINO. *Zabuli* XCV.

MUJE, tumuimbire Mukama: tuimbire nedobozi eryesanyu ejinja eryobulokozi bwafe.
Tuje mu masoge nokwebaza, tumuimbire nedobozi eryesanyu ne zabuli.
Kubanga Mukama ye Katonda omukulu, era Kabaka omukulu asinga bakatonda bona.
Enkonko zensi ziri mu mukonogwe; nentiko zensozi nazo zize.
Enyanja yiye, era yagikola; nemikonogye gye gyabumba olukalu.
Muje, tusinze, tuvuname; tufukamire mu maso ga Mukama Omutonzi wafe:
Kubanga ye Katonda wafe, nafe tuli bantu ba taleryo, era endiga ezomumukonogwe.
Lero, obanga munawulira edobozirye, temukakanyaza mitima gyamwe, nga Emeriba, nga ku lunaku Olwemasa mu lukola:

Digitized by Google

Bajaja bamwe bwebankema, nebangeza, nebalaba omulimu gwange,

Emyaka amakumi ana nanyikalira abemirembe giri, ninjogera nti Be bantu abakyama mu mutima gwabwe, so tebamanya makubo gange:

Kyenava ndaira mu busungu bwange, nga tebaliingira mu kiwumulo kyange.

Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana: neri Omwoyo Omutukuvu.

Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba: emirembe nemirembe. Amina.

¶ *Zabuli neziryoka zija mu mpalo nga bweziragirwa. Era buli Zabuli okutusa omwaka gwona ne* Benedicite, Benedictus, Magnificat, *ne* Nunc Dimittis *bwebigwanga, bogcrenga nti*

Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana: neri Omwoyo Omutukuvu.

*Okudamu.* Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba: emirembe nemirembe. Amina.

¶ *Nebalyoka basoma nedobozi eriwulikika obulungi ekitundu ekisomebwa ekyoluberyeberye, ekigyibwa mu Ndagano Eyeda, nga bwekiragirwa mu Kalenda, wabula ku lunaku olulina ebisomerwako ebyalwo; asoma aimirire akyuke bwatyo abantu bona abali awo balyoke bamuwulire bulungi. Nebalyoka bogera oba nebaimba mu* Luganda *oluimba lwebatta* Te Deum Laudamus, *bulijo okumalako omwaka.*

¶ *Era Omuwereza bwaba ngagenda okusoma nagamba nti* Esula gundi esokera wano *oba nti* Olunyiriri gundi olwomusula gundi eyomukitabo gundi. *Era buli kitundu bwekigwanga nagamba nti* Ekitundu ekyoluberyeberye *oba* ekyokubiri kikomye wano.

## Te Deum Laudamus.

TUKUTENDEREZA, ai Katonda: twatula nga gwe Mukama.

Ensi zona zikweyanza: Kitafe atagwawo.

Digitized by Google

Gwe bakukowola Bamalaika bona : Egulu, Namanyi gona agalimu.
Gwe bakukowola bulijo : Bakerubi ne Baserafi.
Omutukuvu, Omutukuvu, Omutukuvu : Mukama, Katonda owegye lyona.
Egulu Nensi bijude : obukulu obwekitibwakyo.
Abomulundi ogwekitibwa Ogwabatume : bakutendereza.
Abekibina ekirungi ekya Banabi : bakutendereza.
Egye edungi Eryabajulirwa : bakutendereza.
Ekanisa entukuvu eri munsi zona : ekwatula.
Kitafe : alina obukulu obutakoma;
Omwanawo omu yeka : owekitibwa, owamazima ;
Era Nomwoyo Omutukuvu : Omusanyusa.
Gwe Kabaka owekitibwa : ai Masiya.
Gwe wa Kitawo : Omwana woluberera.
Bwewakiriza okulokola abantu : tewanyoma lubuto lwa Muwala.
Bwewawangula okubalagala kwolumbe : wabagulirawo abakiriza bona Obwakabaka Obwomugulu.
Gwotude ku mukono ogwadyo ogwa Katonda : mu kitibwa kya Kitawo.
Tukiriza ngolija : okuba Omulamuzi wafe.
Kyetuva tukwegairira okubera abadubo : bewanunula nomusaigwo ogwomuwendo omungi.
Obabalire ku muwendo ogwabatukuvubo : mu kitibwa ekitagwawo.
Ai Mukama wafe, lokola abantubo : obawe omukisa obusikabwo.
Obafuge obagulumize : emirembe nemirembe.
Bulijo bulijo : tukutendereza.
Nerinyalyo tulisinza : emirembe egitagwawo.
Kiriza, ai Mukama wafe : okutukuma lero, tuleme okukola ebibi.
Ai Mukama wafe, otudiremu : otudiremu.
Ai Mukama wafe, ekisakyo kitutukeko : nga fe bwetukwesiga.
Ai Mukama wange, nkwesize : ensonyi zireme okunkwata emirembe nemirembe.

Digitized by Google

¶ *Oba Oluimba luno.*

BENEDICITE, OMNIA OPERA.

MWE emirimu gyona egya Mukama, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Bamalaika ba Mukama, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Ebyomugulu, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Amaži agali wagulu mu Banga, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Amanyi gona aga Mukama, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Enjuba Nomwezi, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Emunyenye eziri mu Gulu, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Oluwandagirize Nomusulo, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Empewo za Katonda, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Omuliro Nebugumu, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Ekyeya ne Togo, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Olufu Nomusulo ogukute, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Okunyogoga Nokukwata, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Amaži agakute Nomuzira, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Ekiro Nomusana, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Obweru Nenzikiza, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Okumyansa Nebire, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Digitized by Google

Ensi emwebaze Mukama : wewawo, emutendereze emugulumize emirembe gyona.

Mwe Ensozi Nobusozi, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Ebiroka byona kunsi, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Enziżi, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Enyanja Nemiga, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Balukwata ne byona ebitambulira mu mażi, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Enyonyi zona eziri mu banga, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Ensolo zona Nezomubisibo, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Abana babantu, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Isiraeri amwebaze Mukama : amutendereze amugulumize emirembe gyona.

Mwe Bakabona ba Mukama, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Abadu ba Mukama, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Emyoyo Nobulamu Ebyabatukirivu, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Abantu abalina emitima emitukuvu emikakamu, mumwebaze Mukama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Mwe Ananiya, Azaliya, ne Misaeri, mumwebaze Makama : mumutendereze mumugulumize emirembe gyona.

Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana : neri Omwoyo Omutukuvu.

Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano : bwekiriba emirembe nemirembe. Amina.

Digitized by Google

¶ *Nebalyoka basoma ekitundu ekisomebwa ekyokubiri, ekigyibwa mu Ndagano Empya. Oluimba luno nerulyoka luja; wabula nga lusomedwa mu sula eyokulunaku, oba mu Njiri ku lunaku lwa* Yokana Omubatiza *Omutukuvu.*

BENEDICTUS. *Luka* i. 68.

ATENDEREZEBWE Mukama Katonda wa Isiraeri : kubanga akyalide abantube, era abanunude.

Era aimusiża obulokozi obukulu : mu nyumba yomuduwe Daudi;

Nga bweyayogerera mu kamwa ka Banabibe abatukuvu : abaliwo kasokede ensi ebawo.

Okulokolebwa mu balabe bafe : ne mu mikono gyabo bona abatukyawa;

Okutukiriza ekisa kyeyasubiza bajaja bafe; nokujukira endaganoye entukuvu;

Okutukiriza ekirairo kyeyalairira jaja wafe Ibulaimu : okukituwa fe;

Fe bwetulokolebwa mu mikono gyabalabe bafe : tulyoke tumuwereze nga tetuliko kyetutya.

Mu butukuvu, ne mu butukirivu mu masoge : enaku zona ezobulamu bwafe.

Nawe, Omwana, oliitibwa Nabi woyo ali wagulu enyo : kubanga olikulembera Mukama okulongosa amakuboge;

Okumanyisa abantube obulokozi : ebibi byabwe bibagyibweko.

Olwekisa kya Katonda wafe ekirungi : emambya kyevude etusalira eva mu gulu;

Okubākira abatula mu nzikiza ne mu kisikirize kyolumbe : nokulung'amya ebigere byafe mu kubo eryemirembe.

Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana : neri Omwoyo Omutukuvu.

Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba : emirembe nemirembe. Amina.

Digitized by Google

¶ *Oba Zabuli eno.*

JUBILATE DEO. *Zab.* c.

MULETERE Mukama edobozi eryesanyu, mwe ensi zona. Mumuwereze Mukama nesanyu : muje mu masoge nokuimba.

Mumanye nga Mukama ye Katonda : oyo ye yatutonda, nafe tuli babe; tuli bantube, era endiga ezomudundirolye.

Muingire mu miryangogye nokwebaza, ne mu mpyaze nokutendereza : mumwebaze, mukuze erinyalye.

Kubanga Mukama mulungi; okusasirakwe kwa luberera : nobwesigwabwe bwa mirembe gyona.

Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana : neri Omwoyo Omutukuvu.

Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba : emirembe nemirembe. Amina.

¶ *Nebalyoka baimba oba nebogera Nzikiriza Eyabatume, Omuwereza nabantu wamu nga baimiride ; wabula ku naku ziri Nzikiriza ya* Asanasio *Omutukuvu zeyalagirirwako okusomebwanga.*

NZIKIRIZA Katonda Kitafe Ainza-byona, Omutonzi wegulu Nensi; Ne Isa Masiya Omwanawe omu yeka Mukama wafe, Eyazalibwa omuwala atamanyi musaja Malyamu, eyali olubuto Olwomwoyo Omutukuvu. Nabonyabonyezebwa ku mirembe gya Pontio Pirato; Nakomerera ku musalaba; Nafa; Nazikibwa; Naka emagombe mu bafu; Olunaku olwokusatu nazukira mu bafu, Nagenda mu gulu; Atude ku mukono ogwadyo ogwa Katonda Kitafe Omuinza webintu byona; Naye alivayo okukomawo okusala omusango gwabalamu nabafu.

Nzikiriza Omwoyo Omutukuvu; Nekanisa entukuvu Enkatolika; nokusekimu okwabatukuvu; nokusonyibwa ebibi; nokuzukira kwomubiri : nobulamu obutagwawo. Amina.

Digitized by Google

¶ *Nebalyoka basaba bwebati, bona nga bafukamide nobuwombefu; Omuwereza ngasoka okwogera nedobozi dene nti*

Mukama abere namwe.
*Okudamu.* Abere nomwoyogwo.
*Omuwereza.* Tusabe.
Ai Mukama, otudiremu.
*Okudamu.* Ai Masiya, otudiremu.
*Omuwereza.* Ai Mukama, otudiremu.

¶ *Omuwereza nabantu bona nebalyoka bogera Okusaba kwa Mukama wafe nedobozi dene.*

KITAFE ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje. Byoyagala babikole munsi, nga bwebabikola mu gulu. Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafe, nga fe bwetubasonyiwa abatwonona. Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole mu bubi. Amina.

¶ *Omukade nalyoka aimirira nayogera nti*

Ai Mukama, otusasire.
*Okudamu.* Otuwe obulokozibwo.
*Omukade.* Ai Mukama, lokola Kabaka.
*Okudamu.* Otuwulire nekisakyo bwetukukowola.
*Omukade.* Yambaza Abawerezabo obutukirivu.
*Okudamu.* Sanyusa abantubo abalonde.
*Omukade.* Ai Mukama, lokola abantubo.
*Okudamu.* Nobusikabwo, obuwe omukisa.
*Omukade.* Ai Mukama, otuwe emirembe mu naku zafe
*Okudamu.* Kubanga tewali mulokozi mulala atulwanirira, wabula gwe weka, ai Katonda.
*Omukade.* Ai Katonda, otulongose emitima gyafe munda.
*Okudamu.* So totugyako Mwoyowo Mutukuvu.

¶ *Esala esatu neziryoka zija; eyoluberyeberye ye yokulunaku, ye eragirwa okusomebwa mu Kusekimu; eyokubiri ye esaba emirembe; eyokusatu ye esaba ekisa*

Digitized by Google

*ekyokwegendereza. Esala zino zombi zoluvanyuma tezijulukuka naye zisomebwenga bulijo mu Kusaba kwenkya okumalako omwaka, bweziti; bona nga bafukamide.*

*Esala eyokubiri, ye esaba emirembe.*

AI Katonda, aleta emirembe, ayagala abantu okutabagana awamu, okumanya gwe bwe bulamu obutagwawo, nabadubo be balina edembe dala; Fe abadubo abawombefu, otuzibire eri abalabe bafe buli webatulumbira; fe nga twesigira dala okuzibirakwo, tuleme okutya amanyi gona agabalabe bafe, olwobuinza bwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

*Esala eyokusatu, ye esaba ekisa.*

AI Mukama, Kitafe owomugulu, Katonda Ainzabyona atagwawo, gwatutusiza nga tuli balamu ku lunaku luno werusokera; Lero otuzibire namanyigo; otubere tuleme okwonona lero, newakubade okuingira mu kabi kona; naye buli kyetukola, kirung'amye mu kufugakwo tukole bulijo ebiri mu masogo ebyobutukirivu; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Webaimbira, nebalyoka baimba Antifona.*

¶ *Esala zino etano neziryoka zisomebwa wano, walula Litani nga esomebwa; Litani bwebanga esomebwa, ezimalirwako zombi ze zinasomebwanga zoka, nga bwezatekebwamu.*

*Okusabira Kabaka na Baloziwe.*

AI Katonda Ainza-byona, tukwegairira okumuwa omukisa nokukuma *EDWADI* Kabaka Webungereza, Nabomulukikolwe bona; alyoke afugire mu mpisa enungi ezobutukirivu. Era munsi muno, tukwegairira nyo okubera mu kutesa kwona okwa kuno Baloziwe ali kuno, ebigambo byona bikolebwe bwebityo, erinyalyo etukuvu litenderezebwe, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

Digitized by Google

*Okusabira Kabaka Nabakungu.*

AI Mukama, Kitafe owomugulu, Omuinza owekitibwa, Kabaka wa bakabaka, Mukama wa Bakama, afuga weka Abalangira, gwaima ku ntebeyo notunulira abali munsi bona; Tukwegairira nyo okulaba nekisakyo Kabaka wafe *DAUDI*, Namasole, Lubuga, Abalangira, Nabambeja, Katikiro Nabaregenti abalala, Nabakungu bona; obajuze Omwoyowo Omutukuvu, bakirize byoyagala, batambulire mu makubogo, obawo ebirabo bingi ebyomugulu; obawe okuwangāla emirembe nga balamu; ate oluvanyuma batuke ku sanyulyo eritagwawo, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

*Okusabira Abăwule Bekanisa Nabantu.*

AI Katonda Ainza-byona atagwawo akola weka ebyamagero, obawe Abalabirizi bafe Nabakade Bekanisa nabo bona bewabateresa okubaigiriza Omwoyowo owekisa aleta obulamu. Era obafukengako omusulo ogwomukisagwo basimirwe dala gwe. Otuwe ebyo, ai Mukama, olwekitibwa Kyomuwolereza era Omutabaganya wafe, Isa Masiya. *Amina.*

*Okusaba kwa Kirusositomu.*

AI Katonda Ainza-byona, atuwade ekisa kakano okusaba fena mu masogo nememe emu; eyasubiza, webabanga babiri obanga basatu nga bakung'anye wamu mu Linyalyo, okubawa byebasaba. Ai Mukama wafe, kiriza kakano okutuwa byetwagala nebyetwegairira, nga bwebinatusaniranga; otuwenga munsi muno okumanya amazimago, ne mu bwakabakabwo obugenda okuja otuwe obulamu obutagwawo. *Amina.*

2 *Kol.* xiii.

EKISA kya Mukama wafe Isa Masiya, nokwagala kwa Katonda, nokusekimu Kwomwoyo Omutukuvu, bibere nafe fena, emirembe egitagwawo. *Amina.*

*Wano Okusaba Kwenkya okumalako omwaka wekukoma.*

Digitized by Google

# OKUSABA KWAKAWUNGEZI BULI LUNAKU OKUMALAKO OMWAKA.

¶ *Omuwereza bwasokanga okusaba akawungezi asomenga nedobozi dene oba kitundu kimu oba kusingawo mu bitundu bino ebyomu Byawandikibwa; alyoke ayogerenga ebigambo ebidirira.*

OMUNTU omubi bwakyukanga okuleka obubibwe bwakoze nakola ebyo ebyalagirwa ebyensonga, aliwonya ememeye okufa. *Ez.* 18: 27.

Kubanga njatula ebyonono byange; nekibi kyange kiri mu maso gange bulijo. *Zab.* 51: 3.

Okise amasogo mu bibi byange, osangule ebyonono byange byona. *Zab.* 51: 9.

Sadaka za Katonda ye meme emenyese: omutima ogumenyese era ogubonerede, ai Katonda, toligugaya. *Zab.* 51: 17.

Muyuze omutima gwamwe so si byambalo byamwe, mukyukire Mukama Katonda wamwe: kubanga wa kisa, era ajude okusasira, alwawo okusunguwala, era akwatirwa nyo ekisa, era yejusa obutaleta bubi. *Yo.* 2: 3.

Mukama Katonda wafe yalina okusasira nokusonyiwa: kubanga twamujemera: so tetwawulira dobozi lya Mukama Katonda wafe, okutambulira mu matekage, geyatesa mu maso gafe. *Dan.* 9: 9, 10.

Ai Mukama, ombulirire, naye mpola; si lwa busungubwo oleme okunzikiriza. *Yer.* 10: 24. *Zab.* 6: 1.

Mwenenye; kubanga obwakabaka obwomugulu bunatera okutuka. *Mat.* 3: 2.

Nagolokoka neng'enda eri kitange, nemugamba nti Kitange, nyononye eri egulu ne mu masogo; sikyasana kuitibwa mwanawo. *Luk.* 15: 18, 19.

Ai Mukama, tosala musango gwa muduwo; kubanga mu masogo tewali muntu mulamu alisinga. *Zab.* 143: 2.

Digitized by Google

**Bwetwogera nga tetulina kibi, twekyamya feka, songa namazima tegali mufe. Bwetwatula ebibi byafe, ye wa mazima era omutukirivu okutusonyiwa ebibi byafe, nokutunazako byona ebitali bya butukirivu. 1 *Yok.* 1 : 8, 9.**

**ABOLUGANDA abāgalwa, Ebyawandikibwa bitubulirira mu bitundu byabyo ebitali bimu okukiriza nokwatula ebibi nebyonono byafe ebingi; tulemenga okubikisa nokubibikako mu maso ga Katonda Ainzabyona Kitafe owomugulu; naye tubyatulenga nomutima omuterevu, ogwegonjebwa, ogubonerede era oguwulira, tulyoke tusonyibwe olwobulungibwe nekisakye ekitagerwa. Era newakubade nga kitugwanira enaku zona okwatulanga ebyonono byafe mu maso ga Katonda, naye okusinga enyo kitugwanira okubyatulanga nga tukung'anye nga tulabaganye wamu, tumwebazenga ebirungibye ebikulu byetwawebwa mu ngalozo, tumutenderezenga nga bwasanira enyo, tuwulirenga ekigambokye ekitukuvu enyo, era tusabenga byetwagala nebyetwetaga ebyomwoyo era nebyomubiri. Kyenva mbabulira nga mbegairira mwena abali wano, okuja awamu nange nomutima omulongofu nedobozi erikakamu awali entebe eyekisa ekyomugulu, nga mwogera nga mugoberera nze;**

¶ ***Okwatula kwabantu bona okwogererwa awamu nga bagoberera Omuwereza, bona nga bafukamide.***

**AI Kitafe Ainza-byona, era owekisa ekingi; Tukyama okuva mu makubogo ngendiga bwezibula; Tugoberera nyo okulowoza nokwegomba ebyemitima gyafe; Tugana okuwulira amatekago amatukuvu; Tuleka ebitugwanira okukola: Era tukola ebitatugwanira kukola; Songa nobulamu tebuli mufe. Naye gwe, ai Mukama, otudiremu fe abanaku abalina ebibi. Ai Katonda, obasasire abatula okwonona kwabwe. Obaża ababonerede; Nga bwewasubiza abantu bona kubwa Masiya Isa Mukama wafe. Ai Kitafe owekisa**

Digitized by Google

ekingi, era otubere kubwoyo, Okutanula lero okwegendereza. Nga tukutya gwe, era nga tukola ebyobutukirivu, Erinyalyo etukuvu litenderezebwe. *Amina.*

¶ *Okusonyibwa oba okugyibwako ebibi, okwogerwa Omukade omu ngaimiride ; abantu nga bakyafukamide.*

KATONDA Ainza-byona, Kitawe wa Mukama wafe Isa Masiya, atayagala alina ebibi okufa wabula okuleka okwononakwe okubera omulamu; era eyatuma nalagira abawerezabe okubulira nokutegeza abantube nga babonerede okusonyibwa nokugyibwako ebibi byabwe: Ye asonyiwa era abagyako ebibi byabwe ababonerera amazima, era abakiririza dala Enjiriye entukuvu. Kale tumwegairire okutuwa okubonerera okwamazima Nomwoyowe Omutukuvu, ebigambo byetukola kakano alyoke abisime, era nebyo byetunakolanga mu naku zafe eziri mu maso bibere birongofu era ebitukuvu; oluvanyuma tulyoke tutuke mu sanyulye eritakoma; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Omuwereza nalyoka afukamira, nayogera okusaba kwa Mukama wafe nedobozi eriwulikika, abantu nga bafukamide, era nga bakwatulira wamu naye.*

KITAFE ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje. Byoyagala babikole munsi nga bwebabikola mu gulu. Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafe nga fe bwetubasonyiwa abatwonona. Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole mu bubi. Kubanga obwakabaka, nobuinza, nekitibwa, bibyo, emirembe nemirembe. Amina.

¶ *Nalyoka ayogera nti*

Ai Mukama, otwasamye emimwa gyafe.

*Okudamu.* Akamwa kafe nekalyoka kogera amatendogo.

*Omukade.* Ai Katonda, yanguwa okutulokola.

*Okudamu.* Ai Mukama, yanguwa okutubera.

Digitized by Google

¶ *Bona nebalyoka baimirira Omukade nayogera nti*

Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana; neri Omwoyo Omutukuvu.

*Okudamu.* Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba; emirembe nemirembe. Amina.

*Omukade.* Mutendereze Mukama.

*Okudamu.* Erinya lya Mukama balitendereze.

¶ *Nebalyoka bogera oba nebaimba Zabuli ngempalo zazo bweziragirwa. Nebalyoka basoma ekitundu ekyomu Ndagano eyeda nga bwekiragirwa. Olwa* Magnificat (*lwe luimba olwomuwala eyawebwa omukisa* Malyamu) *nerulyoka luja mu Luganda bweruti.*

## MAGNIFICAT. *Luka* i.

OBULAMU bwange bumutendereza Mukama : nomwoyo gwange gusanyukide Katonda Omulokozi wange.

Kubanga alabye : obunaku bwomuzanawe.

Kubanga, laba, okusoka lero : abemirembe gyona balimpita aweredwa omukisa.

Kubanga Omuinza ankolede ebikulu : Nerinyalye tukuvu.

Nekisakye kiri mu bamutya : emirembe nemirembe.

Alaze amanyi nomukonogwe : asasanyiża abalina amalala, mu kuterera kwomumitima gyabwe.

Agobye abalangira ku ntebe zabwe : agulumiziża abakopi.

Abalina enjala abakusiża ebirungi : nabagaga abagobye nga tebalina kintu.

Abede Isiraeri omuduwe, ajukire okusasira nga bweyagamba bajaja bafe : eri Ibulaimu nezaderye, emirembe gyona.

Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana : neri Omwoyo Omutukuvu.

Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba : emirembe nemirembe. Amina.



Digitized by Google

¶ *Oba Zabuli eno, wabula ku lunaku olwomwezi olwekumi nomwenda, lwesomerwako mu mpalo za Zabuli.*

CANTATE DOMINO. *Zabuli* xcviii.

MUMUIMBIRE Mukama oluimba olugya : kubanga akoze ebyamagero :

Omukonogwe ogwadyo, nengaloze entukuvu bimuletede obulokozi.

Mukama amanyisiża obulokozibwe : obutukirivubwe abwolekereża dala mu maso gamawanga.

Ajukide okusasirakwe nobwesigwabwe eri enyumba ya Isiraeri : enkomerero zona ezensi zirabye obulokozi bwa Katonda wafe.

Muimbe nedobozi eryesanyu eri Mukama, mwe ensi zona : mulete oluimba muimbe olwesanyu, wewawo, muimbe ebyokutendereza.

Muimbe okutendereza Mukama nenanga : nenanga era nedobozi eriimba.

Namakondere nedobozi eryakagombe mulete edobozi eryesanyu mu maso ga Kabaka, Mukama.

Enyanja ewume, nokujula kwayo : ensi zona, nabo abazitulamu :

Amażi gakube mu ngalo : ensozi ziimbire wamu olwesanyu : mu maso ga Mukama, kubanga aja okusalira ensi omusango :

Alisalira ensi emisango egyensonga, aliramula amawanga nobutukirivu.

Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana : neri Omwoyo Omutukuvu.

Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba : emirembe nemirembe. Amina.

¶ *Nebalyoka basoma ekitundu ekyomu Ndagano Empya, nga bwekiragirwa. Olwa* Nunc Dimittis (*lwe luimba lwa* Simeoni) *mu Luganda nerulyoka luja bweruti.*

NUNC DIMITTIS. *Luka* ii. 28.

MUKÁMA wange, kakano osibula omuduwo emirembe : ngekigambokyo bwekyali.

Digitized by Google

Kubanga amaso gange galabye : obulokozibwo.
Bwewatekateka : mu maso gabantu bona ;
Okuba omusana ogwokumulisa amawanga : nokuba ekitibwa kyabantubo Isiraeri.
Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana : neri Omwoyo Omutukuvu.
Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba : emirembe nemirembe. Amina.

¶ *Oba Zabuli eno, wabula ku lunaku olwomwezi olwekumi nebiri.*

DEUS MISEREATUR. *Zabuli* lxvii.

KATONDA atusasire, atuwe omukisa, atwākize amasoge :
Ekubolyo limanyibwe munsi, obulamubwo obulokola bumanyibwe mu mawanga gona.
Abantu bakutendereze, ai Katonda : abantu bona bakutendereze.
Kale, amawanga gasanyuke gaimbe olwesanyu : kubanga olibasalira abantu emisango egyensonga, era olifugira amawanga munsi.
Abantu bakutendereze, ai Katonda : abantu bona bakutendereze.
Ensi erese ekyengera kyayo : Katonda, ye Katonda wafe, alituwa omukisa.
Katonda alituwa omukisa : nenkomerero zona ezensi zirimutya.
Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana : neri Omwobo Omutukuvu.
Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba : emirembe nemirembe. Amina.

¶ *Nebalyoka baimba oba nebogera Nzikiriza Yabatume Omuwereza nabantu wamu nga baimiride.*

NZIKIRIZA Katonda Kitafe Ainza-byona, Omutonzi wegulu Nensi ; Ne Isa Masiya, Omwanawe omu yeka Mukama wafe, Eyazalibwa omuwala atamanyi musaja Malyamu, eyali olubuto Olwomwoyo Omutu-

Digitized by Google

kuvu. Nabonyabonyezebwa ku mirembe gya Pontio Pirato; Nakomererwa ku musalaba; Nafa; Nazikibwa; Naka emagombe mu bafu; Olunaku olwokusatu nazukira mu bafu, Nagenda mu gulu; Atude ku mukono ogwadyo ogwa Katonda Kitafe Omuinza webintu byona; Naye alivayo okukomawo okusala omusango gwabalamu nabafu.

Nzikiriza Omwoyo Omutukuvu; Nekanisa entukuvu Enkatolika; nokusekimu okwabatukuvu; nokusonyibwa ebibi; nokuzukira kwomubiri; nobulamu obutagwawo. Amina.

¶ *Nebalyoka basaba bwebati, bona nga bafukamide nobuwombefu; Omuwereza ngasoka okwogera nedobozi dene nti*

Mukama abere namwe.
*Okudamu.* Abere nomwoyogwo.
*Omuwereza.* Tusabe.
Ai Mukama, otudiremu.
*Okudamu.* Ai Masiya, otudiremu.
*Omuwereza.* Ai Mukama, otudiremu.

¶ *Omuwereza nabantu bona nebalyoka bogera Okusaba kwa Mukama wafe nedobozi dene.*

KITAFE ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje. Byoyagala babikole munsi, nga bwebabikola mu gulu. Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafe, nga fe bwetubasonyiwa abatwonona. Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole mu bubi. Amina.

¶ *Omukade nalyoka aimirira nayogera nti*

Ai Mukama, otusasire.
*Okudamu.* Otuwe obulokozibwo.
*Omukade.* Ai Mukama, lokola Kabaka.
*Okudamu.* Otuwulire nekisakyo bwetukukowola.
*Omukade.* Yambaza Abawerezabo obutukirivu.
*Okudamu.* Sanyusa abantubo abalonde.

Digitized by Google

*Omukade.* Ai Mukama, lokola abantubo.
*Okudamu.* Nobusikabwo, obuwe omukisa.
*Omukade.* Ai Mukama, otuwe emirembe mu naku zafè.
*Okudamu.* Kubanga tewali mulokozi mulala atulwanirira, wabula gwe weka, ai Katonda.
*Omukade.* Ai Katonda, otulongose emitima gyafe munda.
*Okudamu.* So totugyako Mwoyowo Mutukuvu.

¶ *Esala esatu neziryoka zija; eyoluberyeberye ye yokulunaku; eyokubiri ye esaba emirembe; eyokusatu ye esaba okuberwa mu kabi kona, ze zino ezija; esala zino zombi ezoluvanyuma zisomebwenga bulijo mu Kusaba Kwàkawungezi obutajulukukanga.*

*Esala eyokubiri mu Kusaba Kwakawungezi.*

AI Katonda, omuva okwagala kwona okutukuvu, namagezi gona amalungi nebikolwa byona ebyobutukirivu; Otuwe fe abadubo emirembe ensi gyetainza kutuwa; emitima gyafe ginyuwere okuwuliranga amatekago, nafe bwetukumibwa gwe obutatya balabe bafe, tumale enaku zafe nga tuterede nga tetweralikirira; olwobulungi bwa Isa Masiya, Omulokozi wafe. *Amina.*

*Esala eyokusatu, ye esaba okuberwa mu kabi kona.*

AI Mukama, tukwegairira omusanagwo gwake mu nzikiza yafe, otukume nekisakyo ekingi, otugye mu kabi kona akekiro kino; olwokwagala Kwomwanawo omu yeka, Omulokozi wafe, Isa Masiya. *Amina.*

¶ *Webaimbira, nebalyoka baimba Antifona.*

*Okusabira Kabaka na Baloziwe.*

AI Katonda Ainza-byona, tukwegairira okumuwa omukisa nokukuma *EDWADI* Kabaka Webungereza Nabomulukikolwe bona; alyoke afugire mu mpisa enungi ezobutukirivu. Era munsi muno, tukwegairira nyo okubera mu kutesa kwona okwa kuno Baloziwe ali kuno, ebigambo byona bikolebwe bwe-

Digitized by Google

bityo, erinyalyo etukuvu litenderezebwe, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

*Okusabira Kabaka Nabakungu.*

AI Mukama, Kitafe owomugulu, Omuinza owekitibwa, Kabaka wa bakabaka, Mukama wa Bakama, afuga weka Abalangira, gwaima ku ntebeyo notunulira abali munsi bona; Tukwegairira nyo okulaba nekisakyo Kabaka wafe *DAUDI*, Namasole, Lubuga, Abalangira, Nabambeja, Katikiro Nabaregenti abalala, Nabakungu bona; obajuze Omwoyowo Omutukuvu, bakirize byoyagala, batambulire mu makubogo, obawe ebirabo bingi ebyomugulu; obawe okuwangāla emirembe nga balamu; ate oluvanyuma batuke ku sanyulyo eritagwawo, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

*Okusabira Abāwule Bekanisa Nabantu.*

AI Katonda Ainza-byona atagwawo, akola weka ebyamagero, obawe Abalabirizi bafe Nabakade Bekanisa nabo bona bewabateresa okubaigiriza Omwoyowo owekisa aleta obulamu. Era obafukengako omusulo ogwomukisagwo basimirwe dala gwe. Otuwe ebyo, ai Mukama, olwekitibwa Kyomuwolereza era Omutabaganya wafe, Isa Masiya. *Amina.*

*Okusaba kwa Kirusositomu.*

AI Katonda Ainza-byona, atuwade ekisa kakano okusaba fena mu masogo nememe emu; eyasubiza, webabanga babiri obanga basatu nga bakung'anye wamu mu Linyalyo, okubawa byebasaba. Ai Mukama wafe, kiriza kakano okutuwa byetwagala nebyetwegairira, nga bwebinatusaniranga; otuwenga munsi muno okumanya amazimago, ne mu bwakabakabwo obugenda okuja otuwe obulamu obutagwawo. *Amina.*

2 *Kol.* xiii.

EKISA kya Mukama wafe Isa Masiya, nokwagala kwa Katonda, nokusekimu Kwomwoyo Omutukuvu, bibere nafe fena, emirembe egitagwawo. *Amina.*

*Wano Okusaba Kwakawungezi okumalako omwaka wekukoma.*

Digitized by Google

# MU KUSABA KWENKYA.

*Ku mbaga zino; Lwokuzalibwa Isa Masiya, Lwokwolesebwa, Matiya Omut., Lwokuzukira, Lwokugenda mu gulu, Pentekote, Yokana Omut. Omubatiza, Yakobo Omut., Batolomayo Omut., Matayo Omut., Simoni Omut. ne Yuda Omut., Andereya Omut., Sabiti Eyobusatu, baimbenga oba bayogerenga mu Kusaba Kwenkya, mu kifo kya Nzikiriza Yabatume, Okwatula kuno Okwenzikiriza yafe eyo Bumasiya, gyebaita Nzikiriza Yasanasio; Omuwereza nabantu nga baimiride.*

## QUICUNQUE VULT.

BULI ayagala okubera mu kulokolebwa: okusoka byona kimugwanide okukwata Nzikiriza Nkatolika.

Nzikiriza eno buli atagikwata bulungi oba agikendezako, oba agikyamya: talirema kubula emirembe nemirembe.

Enzikiriza Nkatolika ye eno: okusinzanga Katonda omu mu Busatu Nobusatu mu Bumu:

Obutatabulatabulanga Baperesona: so obutayawulangamu Okubera.

Kubanga waliwo Peresona omu ye Kitafe, era Peresona omulala ye Mwana: era Peresona omulala ye Mwoyo Omutukuvu.

Naye Obwakatonda obwa Kitafe, Nobwomwana, Nobwomwoyo Omutukuvu, bwe Bwakatonda obumu: mwe muli ekitibwa ekyenkanankana, mwe muli Obukulu obumu obwoluberera.

Kitafe nga bwali, bwatyo Nomwana bwali: bwatyo Nomwoyo Omutukuvu bwali.

Kitafe si mutonde, so Nomwana si mutonde: so Nomwoyo Omutukuvu si mutonde.

Kitafe atakomezeka, so Nomwana atakomezeka: so Nomwoyo Omutukuvu atakomezeka.

Digitized by Google

Kitafe wa luberera, era Nomwana wa luberera: era Nomwoyo Omutukuvu wa luberera.

Naye tebali basatu aboluberera: naye owoluberera ali omu.

Bwekityo era tebali basatu abatakomezeka, newakubade abasatu abatali batonde: naye atali mutonde ali omu, era atakomezeka ali omu.

Era bwatyo Kitafe ye Ainza-byona: era Nomwana ye Ainza-byona: era Nomwoyo Omutukuvu ye Ainza-byona.

Naye tebali basatu Bainza-byona: naye Ainza-byona ali omu.

Era bwatyo Kitafe ye Katonda, era Nomwana ye Katonda: era Nomwoyo Omutukuvu ye Katonda.

Naye tebali Bakatonda basatu: naye Katonda ali omu.

Era bwatyo Kitafe ye Mukama, era Nomwana ye Mukama: era Nomwoyo Omutukuvu ye Mukama.

Naye tebali Bakama basatu: naye Mukama ali omu.

Kuba nga edini eyamazima eya Masiya bwetuwaliriza okwatula buli Peresona kinomu okuba Katonda, era ne Mukama:

Bwekityo era tuganibwa Edini Enkatolika okwogera nti Waliwo Bakatonda basatu oba Bakama basatu.

Kitafe teyakolebwa mulala: so si mutonde, so si muzale.

Omwana ye yava mu Kitafe yeka: so si mubumbe, so si mutonde, naye muzale.

Omwoyo Omutukuvu ye yava mu Kitafe ne mu Mwana: so si mubumbe, so si mutonde, so si muzale, naye avamu.

Bwekityo Kitafe ali omu, so tewali Bakitafe basatu: era Nomwana ali omu, so tewali Bana basatu: era Nomwoyo Omutukuvu ali omu, so tewali Bamwoyo-mutukuvu basatu.

Era mu Busatu buno tewali asoka oba adirira mune: tewali asinga oba asingibwa mune:

Naye Baperesona abo bonsatule balina obwoluberera bumu: era balina Obukulu bumu.

Digitized by Google

Obumu kyebuva businzibwa mu Busatu, era Nobusatu mu Bumu : ensonga nga bwezinyonyola mu byona wa ngulu.

Oyo ayagala okubera mu kulokolebwa : kyekiva kimugwanira okulowozanga bwatyo ku Busatu.

Ate obulokozi obutagwawo buliko ensonga endala : ye eno, okukiriza obulungi Isa Masiya Mukama wafe, Bweyatwala omubiri.

Kubanga Enzikiriza enungi ye eno : fe okukiriza, era okwatula nti Mukama wafe Isa Masiya Omwana wa Katonda ye Katonda, era Nomuntu :

Katonda, eyazalibwa ensi zona nga tezinabawo, ye Katonda Olwokubera kwa Kitafe : era Omuntu eyazalibwa mu nsi, ye Muntu Olwokubera kwa nyina :

Katonda dala, era Nomuntu dala : ngalina obulamu nomubiri nga abantu obuntu bwebalina :

Yenkanankana ne Kitafe Olwobwakatondabwe : naye tatuka ku Kitafe Olwobuntubwe.

Oyo newakubade nga ye Katonda era Nomuntu : tebali babiri, naye Masiya ali omu :

Omu : si kubanga yafula Obwakatonda okuba omubiri : naye kubanga yatwalira omubiri ogwomuntu mu Katonda :

Omu wamu : si kubanga yatabula Okubera : naye olwokuba Peresona omu.

Kubanga nga obulamu nomubiri bwebibera awamu nebiitibwa omuntu omu : bwekityo Katonda era nomuntu awamu ye Masiya omu :

Eyabonyabonyezebwa fe tulyoke tuwebwe obulokozi : era eyaka emagombe : era eyazukira mu bafu ku lunaku olwokusatu.

Yagenda mu gulu, era atude ku mukono ogwa dyo ogwa Kitafe, Katonda Ainza-byona : naye alivayo okukomawo okusala omusango ogwabalamu nabafu.

Oyo bwalija abantu bona balizukira nga balina emibiri gyabwe : era baliwoza byebākolanga.

Nabo abākola obulungi baliingira mu bulamu obu-

Digitized by Google

tagwawo : nabo abākola bubi baligenda mu muliro ogutazikira.

Ebyo ye Nzikiriza Nkatolika : omuntu bwatagikiririza dala, tainza kubera mu kulokolebwa.

Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana : neri Omwoyo Omutukuvu.

Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba : emirembe nemirembe. Amina.

---

# LITANI.

¶ *Wano newabawo* Litani, *kwe kusabira abantu bona; bagiimbenga oba bagyogerenga, Okusaba kwenkya bwekugwanga ku naku za Mukama wafe ne ku lwokuna ne ku lwomukaga, ne mu biro ebirala nga Omulabirizi bwanaragiranga.*

AI Katonda Kitafe, owomugulu : otusasire fe abanaku abalina ebibi.

*Ai Katonda Kitafe, owomugulu : otusasire fe abanaku abalina ebibi.*

Ai Katonda Omwana, Omununuzi Wensi : otusasire fe abanaku abalina ebibi.

*Ai Katonda Omwana, Omununuzi Wensi : otusasire fe abanaku abalina ebibi.*

Ai Katonda Omwoyo Omutukuvu, ava mu Kitafe ne mu Mwana : otusasire fe abanaku abalina ebibi.

*Ai Katonda Omwoyo Omutukuvu, ava mu Kitafe ne mu Mwana : otusasire fe abanaku abalina ebibi.*

Ai Obusatu Obutukuvu, obutenderezebwa obwekitibwa, Baperesona basatu era Katonda omu : otusasire fe abanaku abalina ebibi.

*Ai Obusatu Obutukuvu, obutenderezebwa obwekitibwa, Baperesona basatu era Katonda omu : otusasire fe abanaku abalina ebibi.*

Mukama wafe, tojukiranga byonono byafe newakubade byonono bya bajaja bafe ; so towalananga gwanga

Digitized by Google

lya bibi byafe; otudiremu, Mukama wafe omulungi, odiremu abantubo, bewanunula nomusaigwo ogwomuwendo omungi, so totusunguwaliranga enaku zona.

*Otudiremu, Mukama wafe omulungi.*

Otulokole mu bubi bwona ne mu bwōwe; ne mu kwonona ne munkwe za Setani, nokulumbakwe; ne mu busungubwo, nokukolimirwa okwemirembe nemirembe,

*Mukama wafe omulungi, otulokole.*

Mu butalaba bwona obwomumutima; ne mu malala, nokwenyumiriza, nobunanfusi; nobugya, nokukyawa, netima, nobutayagalana bwona,

*Mukama wafe omulungi, otulokole.*

Mu bwenzi, na buli kyonono ekirala eki'ta : nobulimba bwona obwensi, nobwomubiri, nobwa Setani,

*Mukama wafe omulungi, otulokole.*

Mu njota ne kibuyaga; ne kawumpuli, nolumbe, nenjala; nentalo, noku'tibwa, nokufa kwekikutuko,

*Mukama wafe omulungi, otulokole.*

Mu kusala enkwe kwona; nokwekoba ekyama, nokujema; nokuigiriza kwona okwobulimba, nokukyama, nokuyomba mu Kanisa; nobukakanyavu obwomumutima, nokunyoma Ekigambokyo namatekago,

*Mukama wafe omulungi, otulokole.*

Olwokutwalakwo omubiri okutukuvu okutategerekeka; nolwokuzalibwakwo okutukuvu nokukomolebwa; nolwokubatizibwakwo nokusība nokukemobwa,

*Mukama wafe omulungi, otulokole.*

Olwokubonyabonyezebwakwo nentuyuzo ezomusai; nolwomusalabagwo nolwobulumibwo; nolwokufakwo okwomuwendo omungi nokuzikibwakwo; nolwokuzukirakwo okwekitibwa nokugenda mu gulu; nolwokuja Kwomwoyo Omutukuvu,

*Mukama wafe omulungi, otulokole.*

Mu biro byona mwetunakuwalira : mu biro byona mwetulabira omukisa : mu ntuko ezokufa, ne ku lunaku olwomusango,

*Mukama wafe omulungi, otulokole.*

Fe abalina ebibi tukwegairira otuwulire, ai Mukama

Digitized by Google

Katonda : okirize okulung'amya nokufuga Ekanisayo entukuvu mu kubo eryamazima;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okumukuma nokumuwa amanyi omuduwo kabaka Webungereza, *EDWADI*, akusinze amazima, abere nobutukirivu nobutukuvu;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okufuga omutimagwe, akukirize, akutye, akwagale, akwesige bulijo, agoberere ekitibwakyo netendolyo enakuze zona;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okumulwaniriranga nokumuberanga alioke awangulenga abalabebe bona.

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okutunulira nomukisagwo omuwerezawo *DAUDI* Kabaka wafe, nokumulung'amya, nokumuwa amagezi, era nokumuinzisa nekisakyo okufuganga obulungi abantu bewamuteresa.

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okubawa omukisa Namasole, Lubuga, abalangira, nabambeja, ne baganda ba kabaka bona;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okwākira Abalabirizi, Nabakade, Nabadikoni, bamanyire dala Ekigambokyo, bakitegere; bakyolese nebigambo byebaigiriza era nebyebakola;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okubawa abakungu, nabakulu bona, ekisa namagezi nokutegera;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okuwa omukisa nokukuma Katikiro, Nabaregenti abalala nabamasaza bona, basalenga emisango emirungi egyensonga;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okuwa omukisa nokukuma abantubo bona;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okugawa omukisa amawanga gona, gatabagane, gabere nemirembe, gāgalane;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Digitized by Google

Okirize okutuwa omutima ogukwagala, ogukutya, tunyikire okuwulira amatekago;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okwongera ku bantubo bona ekisakyo, bawulire nobutefu Ekigambokyo, bakikirize nomutima omulongofu, babale ebibala Ebyomwoyo Omutukuvu;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okukomyawo mu kubo eryamazima, bona abakyama, nabalimbibwa;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okubawa amanyi abanyuwevu, nokusanyusa nokubera abanafu mu mwoyo, nokuimusa abagwa, era enkomerero okumega Setani nokumumalamu wansi webigere byafe;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirizeokuzibira,nokubera,nokusanyusa abantu bona abali mu kabi ne mu naku ne mu kubonyabonyezebwa;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okukuma bona abatambula ku lukalu ne ku nyanja, abakazi bona abalumwa okuzala, abalwade nabana abato bona; nokubasasira abasibe nabanyage bona;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okukuma abana abafuzi, ne banamwandu bona, ne bona abafiridwa nabajogebwa;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okusasira abantu bona;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okusonyiwa abatukyawa, nabatuiganya, nabatuwairiza, nokukyusa emitima gyabwe;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okutuwa, nokututerekera emere enungi eyensi, tulyoke tugirye ngeyengede;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okutuwa okubonerera okwamazima; nokutusonyiwa ebyonono byafe byona, nobugayavu bwafe, nobutamanya bwafe; nokutuwa ekisa Ekyomwoyowo Omutukuvu tulongose empisa zafe nga Ekitabokyo Ekitukuvu bwekitulagira

Digitized by Google

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*
Omwana wa Katonda; tukwegairide otuwulire.
*Omwana wa Katonda; tukwegairide otuwulire.*

Ai Omwana wendiga owa Katonda; agyawo ebibi Byensi;

*Oluwe emirembegyo.*

Ai Omwana wendiga owa Katonda; agyawo ebibi Byensi;

*Otusasire.*

Ai Masiya, otuwulire.
*Ai Masiya, otuwulire.*
Ai Mukama, otusasire.
*Ai Mukama, otusasire.*
Ai Masiya, otusasire.
*Ai Masiya, otusasire.*
Ai Mukama, otusasire.
*Ai Mukama, otusasire.*

¶ *Omukade nabantu awamu naye nebalyoka bogera Okusaba kwa Mukama wafe.*

KITAFE ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje. Byoyagala babikole munsi, nga bwebabikola mu gulu. Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafe, nga fe bwetubasonyiwa abatwonona. Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole mu bubi. Amina.

*Omukade.* Ai Mukama, totulanga kwonona kwafe.
*Okudamu.* So totuwa mpera ngebibi byafe bwebiri.

Tusabe.

AI Katonda Kitafe owekisa, atanyoma kusinda kwa mutima ogwenenya, newakubade okusaba kwabantu abalina enaku; otubere olwekisa mu kusaba kwafe kwona kwetukusaba ebiro byona enaku bwezitusanga; otuwulire olwokusasira, ofafaganye enkwe ezo Setani nabantu zebatusalira; era ozisasanye olwokukumakwo okulungi: fe bwetutaiganyizibwa, tukweyanze bulijo mu Kanisayo entukuvu; kubwa **Isa** Masiya Mukama wafe.

*Golokoka, Mukama, otubere, otulokole Olwerinyalyo.*

AI Katonda twawulira namatu, ne bajaja bafe batubulira, ebigambo ebikulu byewakolera mu biro byabwe, ne mu naku ezeda.

*Golokoka, Mukama, otubere, otulokole olwekitibwakyo.*

Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana; neri Omwoyo Omutukuvu.

*Okudamu.* Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba: emirembe nemirembe. Amina.

Otuzibire eri abalabe bafe, ai Masiya.

*Kiriza okutunulira enaku zafe.*

Laba nekisa obunaku obwomumitima gyafe.

*Obasasire, osonyiwe ebibi byabantubo.*

Kiriza nekisa okusaba kwafe.

*Omwana wa Daudi, otudiremu.*

Lero ne bulijo otuwulire, ai Masiya.

*Kiriza okutuwulira, ai Masiya; kiriza okutuwulira, ai Mukama Masiya.*

*Omukade.* Ai Mukama, ekisakyo kitutukeko.

*Okudamu.* Nga fe bwetukwesiga.

## Tusabe.

AI Kitafe, tukwegairira nobuwombefu okutunulira olwekisa obunafu bwafe; nolwekitibwa Kyerinyalyo otugyeko empera eyebibi byafe, kubanga gutusinze nyo; otubere mu naku zafe zona twesige ekisakyo kyoka, tukuwereze bulijo mu butukuvu ne mu bulongofu ne mu kwegendereza, ogulumizibwe, otenderezebwe; Kubwomulokozi wafe era Omuwolereza wafe, Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

## *Okusaba kwa Kirusositomu.*

AI Katonda Ainza-byona, atuwade ekisa kakano okusaba fena mu masogo nememe emu; eyasubiza, webabanga babiri obanga basatu nga bakung'anye wamu mu Linyalyo, okubawa byebasaba. Ai Mukama,

Digitized by Google

wafe, kiriza kakano okutuwa byetwagala nebyetwegairira, nga bwebinatusaniranga; otuwenga munsi muno okumanya amazimago, ne mu bwakabakabwo obugenda okuja otuwe obulamu obutagwawo. *Amina.*

2 *Kol.* xiii.

EKISA kya Mukama wafe Isa Masiya, nokwagala kwa Katonda, nokusekimu Kwomwoyo Omutukuvu, bibere nafe fena, emirembe egitagwawo. *Amina.*

*LITANI ekomye wano.*

---

# OKUSABA NOKWEBAZA OKWOMUBIRO EBIRALA.

¶ *Kusomerwenga mu Litani oba mu Kusaba Kwenkya oba mu Kwakawungezi okusaba kwombiriri okumalirwako nga tekunasomebwa.*

---

## OKUSABA.

*Okusaba enkuba.*

AI Katonda, Kitafe owomugulu, eyasubiriza mu Mwanawo Isa Masiya okubawa bona abanonya obwakabakabwo nobutukirivu bwamu ebintu byona emibiri gyabwe byegyetaga; tukwegairira, otuwereze kakano mu kwetaga kwafe enkuba etusanira, tulyoke tuwebwe ebibala byensi, fe tusanyuke nawe owebwe ekitibwa; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

*Okusaba Omusana.*

AI Mukama Katonda Ainza-byona, eyasanyawo namaži ensi yona olwokwonona kwabantu, wabula abantu omunana, oluvanyuma nosubiza olwokusasirakwo okungi obutakyagizikiriza bwotyo nate: tukwegairide nobuwombefu, newakubade nga tusanide

Digitized by Google

nyo olwokwonona kwafe okubonyabonyezebwa namaži nenkuba, naye bwetubonerera amazima otuwereze omusana ogutusanira, tulyoke tuwebwe ebibala byensi mu ntuko zabyo; era tuigirizibwe olwokubonerezebwa okwedamu okulongosa empisa zafe, nolwokusasirakwo tuige okukutendereza nokukwebaza; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

*Mu biro ebyenjala.*

AI Katonda, Kitafe owomugulu, atuwa enkuba okutonya, abaza etaka, ayaza ensolo nebyenyanja: tukwegairira, tunulira enaku zabantubo; enjala eno gyetusanide enyo olwobubi bwafe, ogifuse ekyengera olwobulungibwo; olwokwagala kwa Isa Masiya Mukama wafe: awerwe wamu nawe Nomwoyo Omutukuvu ekitibwa kyona netendo lyona, lero nemirembe egitagwawo. *Amina.*

*Oba kuno.*

AI Katonda, Kitafe owokusasira, eyafusa amangwago enjala enyingi okuba ekyengera ekingi mu Samaliya mu biro bya Erisa nabi; otusasire, fe ababonerezebwa bwetutyo kakano olwebibi byafe tuberwe bwetutyo nafe nga bwetwetaga enyo: oyaze ebibala byetaka nomukisagwo oguva mu gulu; nafe bwetumala okuwebwa ekirabokyo ekinene, tukugulumize, tubere abo abetaga, era tusanyuke, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

*Mu biro ebyentalo nebyokuyomba.*

AI Katonda Ainza-byona, Kabaka wa bakabaka bona, afuga ebintu byona, atazīzika na kitonde kyona, agwanira okubonereza abalina ebibi, nokubasasira abenenya amazima; otulokole, otuwonye, tukwegairira nobuwombefu, mu mikono gyabalabe bafe; malawo amalala gabwe, gyawo etima lyabwe, tabulatabula enkwe zabwe; fe bwetukumibwa gwe akabi kona



Digitized by Google

kaleme okutubako, tukugulumize gwe, awanguza weka abantu bona; olwobulungi Bwomwanawo omu yeka, Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

*Mu biro bya kawumpuli oba ndwade yona ekwata abangi.*

AI Katonda, Ainza-byona, eyabonyabonya abantubo nolumbe mu lukola olwobusungubwo kubanga bajemera nyo Musa ne Aloni; era ne mu mirembe gya Daudi kabaka eya'sa nolumbe abantu obukumi musanvu, naye nojukira okusasira nolokola abasigalawo; otusasire fe abanaku abalina ebibi, abajirirwa kakano olumbe olungi nokufa; mu biro ebyo nga bwewakiriza omutango nolagira malaika eyazikiriza okuleka okubonyabonya, era ne kakano okirize bwotyo okutugyako olumbe luno nendwade embi; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Okusabira abo abagenda okwāwulibwa okuwereza mu Kanisa; Kusabibwenga buli lunaku mu Sabiti ziri eziitibwa Emba.*

AKATONDA Ainza-byona, Kitafe owomugulu, eyegulira Ekanisa eyomunsi zona nomusai Gwomwanawo omwagalwa ogwomuwendo omungi; ogitunulire olwokusasirakwo, mu biro bino olung'amye ofuge bwotyo amagezi gabadubo Abalabirizi nabasumba bekisibokyo, baleme okwanguiriza okusa emikono ku muntu yena, naye balonde nobwesigwa namagezi abantu abasanide okuwereza omulimu omutukuvu, ogwomu Kanisayo. Era abo abalyāwulibwa okukola omulimu gwona omutukuvu, obawe ekisakyo nomukisa oguva mu gulu; bolese ekitibwakyo olwempisa zebaisa nolwebigambo byebaigiriza, abantu bona beyongere okulokoka; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

*Oba kuno.*

KATONDA Ainza-byona, agaba ebirabo byona ebirungi, eyalagira olwamagezigo aga Katonda

engeri ezitali zimu mu Kanisayo; obawe ekisakyo, tukwegairide nobuwombefu, abo bona abagenda okuitirwa omulimu gwona gwayo; obajuze bwotyo namazima gokuigiriżakwo, obawomese nempisa ezobutayonona, bawerezenga mu masogo nobwesigwa, Erinyalyo ekulu litibwe, Ekanisayo ewebwe omukisa, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amima.*

¶ *Okusaba kuno okusose bwekugwanga okusomebwako.*

AI Katonda, nanyini okusasira nokusonyiwa, kiriza ebyo byetwegairide nobuwombefu; nafe newakubade ngebibi byafe bitusibide dala ngolujegere, naye olwokusasirakwo nekisakyo ekingi otusumululo; olwekitibwa kya Isa Masiya Omutabaganya era Omuwolereza wafe. *Amina.*

¶ *Okusabira Abantu abengeri zona, kusomebwenga Litani bwetelagirwa kusomebwa.*

AI Katonda, Omutonzi era Omukumi wabantu bona, tusabira nobuwombefu abantu bona abali munsi zona; obamanyise amakubogo, amawanga gona gategere obulokozibwo. Era tusabira nate Ekanisa Enkatolika, ebere bulungi, ogirung'amye, ogifuge bwotyo Nomwoyowo omulungi, bona abeita Abamasiya baletebwe mu kubo eryamazima, banyuweze okukiriza nomwoyo gumu, nga batabagana mu mirembe, nga bakwata empisa enungi. Era tubasabira olwobulungibwo obwa Kitafe abo bona abali mu naku ne mu kubenabona mu bigambo ebyomubiri nebyomwoyo; [**era okusingawo abo abetaga fe okubasabira,*] kiriza okubasanyusa, nokubawonya ngokunakuwala kwabwe bwekuli, obawe okugumikiriza mu kubonabona kwabwe, noluvanyuma okulokoka nesanyu mu bubi bwona. Ebyo byona tubisabye kubwa Isa Masiya. *Amina.*

* *Bino bisomebwenga bwewabangawo abagala ekibina okubasabira.*

Digitized by Google

# OKWEBAZA.

## ¶ *Okwebaza okwabantu bona.*

AI Katonda Ainza-byona, Kitafe owekisa kyona, fe abadubo abatasana tukwebaza nobuwombefu namazima, olwobulungibwo bwona nekisakyo kyewatuwa fe nabantu bona; [**era okusingawo olwabo abagala kakano okukuwa sadaka eyokutendereza nokwebaza olwokusasira kwewabalaga.*] Tukutendereza kubanga watutonda, notukuma, nolwemikisa gyona egyomunsi muno; naye okusinga enyo, kubanga wanunula Ensi zona, mu kwagalakwo okutasingika, kubwa Mukama wafe Isa Masiya; tukutendereza olwebyo ebituwesa ekisakyo era nolwokusubira ekitibwakyo. Era tukwegairira otuwe okutegera okusasirakwo kwona bwekuli, emitima gyafe gikwebaze amazima, twolese etendolyo, mu bigambo byafe byetwogera era naye mwebyo byetukola; tweweyo okukuwerezanga, tutambulire mu masogo nobutukuvu nobutukirivu, enaku zafe zona; kubwa Isa Masiya, Mukama wafe; awerwe wamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, ekitibwa kyona netendo lyona, emirembe egitakoma. *Amina.*

* *Bino bisomebwenga abasabirwa nga băgala okubebaliza.*

### *Olwenkuba.*

AI Katonda, Kitafe owomugulu, atonyesa kunsi olwamagezigo amalungi enkuba eya togo neya dumbi, ebale ebibala abantu babirye; tukwebaza nobuwombefu kubanga oyagade okutuwa fe abasikabo enkuba etusanyusiża mu kwetaga kwafe okunene, nokusanyusa etaka eribade likaze, nokutugya fe abadubo abatasana mu naku zafe, nokugulumiza Erinyalyo etukuvu; olwokusasirakwo okuli mu Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

*Olwomusana.*

AI Mukama Katonda, eyatubonyabonya mu naku zino nenkuba namaži amangi nga bwetwasanira enyo, ne mu kusasirakwo otuwonyeža notusanyusa emitima gyafe ngotuwa omusana guno omulungi gwetwali twetaze enyo; tutendereza Erinyalyo etukuvu, tulisuta olwokusasirakwo okwo, era tulitendera bulijo ekisakyo ekirungi emirembe nemirembe; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

*Olwekyengera.*

AI Kitafe asasira enyo, eyawulira olwobulungibwo nekisakyo okusaba Kwekanisayo okwamazima, nofusa enjala enyingi okuba ekyengera ekingi; tukwebaza nobuwombefu olwekirabo ekyo ekya kakano; era tukwegairira otwongereko ekisakyo enaku zona, ensi yafe etubalire ebibala byayo, gwe otībwe nafe tusanyuke; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

*Olwemirembe Nokulokoka eri Abalabe bafe.*

AI Katonda Ainza-byona, ekigo ekyamanyi okubakuma abadubo mu maso gabalabe babwe; tukutendereza tukwebaza olwokulokoka kwafe mu kabi akanene ketwalaba akali katwetolode; twatula ngobulungibwo bwe bwatulobera obutawebwayo okuba abanyage gyebali; era tukwegairira okutwongerako okusasirakwo okwo, abantu bona bategere nga gwe Mulokozi wafe atuwonya namanyi; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

*Olwokukomyawo Emirembe munsi yewafe.*

AI Katonda owemirembe egitagwawo, Kitafe owomugulu, atabaganya weka abantu mu nyumba, akakanya ekyejo kyabantu abajemu abetima; twebaza Erinyalyo etukuvu kubanga oyagade okumalawo enyombo ezobujemu ezaletebwa mufe mu naku zino; era tukwegairira okutuwa fena ekisakyo tutambulire mu

Digitized by Google

matekago amatukuvu nga tugawulira okusoka lero; twegenderezenga empisa ezemirembe nga tukutya gwe, tukuwenga bulijo sadaka yafe eyokutendereza nokwebaza olwokusasira okwo kwotulaze, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

*Olwokuwona mu Kawumpuli, oba mu ndwade endala ekwata abantu abangi.*

AI Mukama Katonda, eyatufumita olwokwonona kwafe, notuzikiriza olwokusobya kwafe nokubonyabonyakwo okwomubiro bino okuzibu okwentisa; ne kakano ojukide okusasira wakati mu kubonyabonya, nonunula obulamu bwafe mu magombe wakati; twewayo feka gyoli, ai Kitafe omulungi, obulamu bwafe nemibiri gyafe byowonyeża, okuba sadaka enamu eri gwe, nga tutendereza nga tugulumiza okusasirakwo wakati mu Kanisayo enaku zona; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

*Oba kuno.*

TWATULA nobuwombefu mu masogo, ai Kitafe asasira enyo, ngokubonereza kwona okuli mu matekago kwandiinziża okutugwako olwobutukirivu, kubanga fe twasobya emirundi mingi netukakanyaza emitima gyafe; naye kubanga oyagade olwokusasirakwo okungi, bwetuboneredeko katono obutamalirira, okukakanya endwade ekwata eyatubonyabonya enyo mu naku zino, nokukomyawo nate edobozi eryesanyu nobulamu mu nyumba zafe; tukuwa gwe, Katonda omukulu, sadaka eyokutendereza nokwebaza, nga tusuta Erinyalyo eryekitibwa nga tuligulumiza okwokutukuma bwotyo nokututunulira; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

Digitized by Google

## ESALA, NEBALUWA, NENJIRI EZOKUSOMA BULI MWAKA.

¶ *Esala eya buli Sabiti eragirwa okusomebwanga, oba Eyolunaku lukulu olulina okutekateka kwalwo, enesomebwanga ne mu Kusaba Kwakawungezi okusoka.*

*Sabiti eyoluberyeberye mu biro Ebyokuja.*

ESALA.

AI Katonda Ainza-byona, otuwe ekisa twambule emirimu egyekizikiza, twambale ebyokulwanyisa ebyomusana, kakano mu bulamu buno obwokufa, omwanawo Isa Masiya bweyajiramu nobuwombefu obungi okutukyalira, era ku lunaku olwenkomerero bwalija mu kitibwa kyobuinzabwe, asale omusango gwabalamu nabafu, tulyoke tuzukire mu bulamu obutagwawo: kubwoyo abera omulamu afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, emirembe nemirembe. *Amina.*

¶ *Esala eyo enesomebwanga bulijo awamu Nesala ziri endala ezomu Byokuja, okutusa ku lunaku olusoka Olwokuzalibwa.*

EBALUWA. *Bal.* xiii. 8.

TEMUBĔRĀNGA na banja lyona eri omuntu yena, wabula okwagalanānga: kubanga ayagala muntu mu'ne, ngatūkiri'za amatēka. Kubanga kino nti Toyendānga, to'tānga, to'bānga, tewegōmbānga, netēka edala lyona, liga'ti'dwa mu kino, nti Yagalānga muntu mu'no nga bweweyagala we'ka. Okwagala tekukola bubi muntu mu'ne: okwagala kyekuva kutūkiriza amatēka. Era (mukolēnga) bwemutyo, kubanga mumanyi ebiro, ngobu'de butūse kakano 'mwe okuzukuka mu tulo: kubanga kakano obulokozi bwa'fe buli kumpi okusinga bwetwa'kiriza. Ekiro kiise, obu'de bunātera (okukya): kale twambule ebikolwa ebyekizikiza, era twambale ebyokulwānyisa ebyomusana. Tutambulēnga nga tuwōmye nga mu musana, si mu binyumu ne mu mbaga ezokutamīrānga, si mu bwenzi nobukaba, si mu kuyōmbānga nobu'gya. Naye mwambale Mukama (wa'fe) Isa Masiya, 'sō temutegekerānga mubiri, olwokwegōmba.

Digitized by Google

### ENJIRI. *Mat.* xxi. 1.

BWEBASEMBERA okumpi Neyerusalemi, nebatūka Ebesufage, ku lusozi olwa Zeituni, awo Isa nātuma abaigirizwa babiri, nābagamba nti Mugende mu mbuga ebali mu maso, amangwāgo munālaba endogoi ngesibi'dwa, nomwāna (gwayo) nayo: muzisumulule, muzindetere. Naye omuntu bwanābagamba ekigambo, munāgamba nti Mukama (wa'fe) yazagala; naye anāziwereza mangwāgo. Kino kyabawo, (ekigambo) kitūkirire na'bi kyeyayogera, ngagamba nti Mubūliro muwala wa Sayuni nti Laba, Kabakawo a'ja gyoli, omutēfu, nga yebaga'de endogoi, nākayana omwāna gwendogoi. Abaigirizwa nebagenda, nebakola nga Isa bweyabalagira, nebaleta endogoi, nomwāna (gwayo), nebazi'sāko engoye zābwe; nāzitūlako. Abantu bangi abomukibīna nebālīra engoye zābwe mu 'kubo; abalala nebatema amatabi ku miti, nebagālīra mu 'kubo. Ebibīna ebyamukulembera, nebyo ebyava enyuma, nebyogerera wa'gulu, nebigamba nti Ozana eri omwāna wa Daudi: Awere'dwa omukisa a'ja mu linya lya Mukama; Ozana wa'gulu mu 'gulu. Awo bweyaingira mu Yerusalemi, ekibuga kyona nekikankanyizibwa nga kigamba nti Ani ono? Ebibīna nebigamba nti Ono na'bi, Isa ava mu Nazalesi Ekyegaliraya. Isa nāingira mu yekalu ya Katonda, nāgobera ebwēru bona abāli batūndira mu yekalu, nāvunika embāwo ezabāli bawanyisa efeza, nentebe ezabāli batūnda amayiba; nābagamba nti Kyawandikibwa nti Enyumba yānge eneitibwānga nyumba ya kusabirāngamu: naye 'mwe mugifūla empuku yabanyazi.

### *Sabiti eyokubiri mu biro Ebyokuja.*

### ESALA.

MUKAMA atenderezebwa, eyatuwandikisa ebyawandikibwa ebitukuvu byona olwokutuigiriza; otubere tubisome, tubirowoze, tubiige, tubitegerere dala mu meme zafe bwetutyo, mu kugumikiriza ne mu kusanyusibwa kwekigambokyo ekitukuvu tulyoke tukwate tunyuwereze dala enaku zona esubi edungi eryobulamu obutagwawo, lyewatuwa mu Mulokozi wafe Isa Masiya. *Amina.*

### EBALUWA. *Bal.* xv. 4.

BYONA ebyawandikibwa e'da, byawandikibwa kutuigiriza 'fe, tulyoke tubērēnga nokusūbira olwokugumīkiriza nolwokusanyusa kwebyawandikibwa. Era Katonda wokugumīkiriza nokusanyusa abawe 'mwe okulowōzānga obumu 'mwe'ka na 'mwe'ka nu ngeri ya Masiya Isa: mulyoke muwēnga ekitībwa Katonda, Kitāwe wa Mukama wa'fe Isa Masiya, nomwoyo ogumu nakamwa akamu. Kale musembezaganyēnga 'mwe'ka na 'mwe'ka, nga Masiya bweyabasembeza 'mwe, olwekitībwa kya Katonda. Kubanga

Digitized by Google

njogera nti Masiya yali muwereza wabakomole olwamazima ga Katonda, okunyweza ebyasūbizibwa eri bajaja, era abamawānga balyoke bawēnga Katonda ekitībwa olwokusāsira; nga bwekyawandikibwa nti Kyenāvānga nkwātula mu bamawānga, era nāimbirānga erinyalyo. Era nate ayogera nti Musanyukēnga, abamawānga, wamu nabantube. Era nate nti Mutenderezēnga Mukama, 'mwe abamawānga 'mwena; era ebika byona bimutenderezēnga. Era nate Isaya ayogera nti Waliba ekikolo kya Yese, era aīmirira okufuga abamawānga; oyo abamawānga gwebalisūbira. Era Katonda owokusūbirwa aba'juze 'mwe esanyu lyona nemirembe olwoku'kiriza, 'mwe musu'kirirēnga mu kusūbira, mu mānyi Gomwoyo Omutukuvu.

ENJIRI. *Luk.* xxi. 25.

ERA walibawo nobubonero ku njuba ne ku mwezi ne ku munyenye; ne kunsi amawānga galinakuwala, nga basamālirira olwokuwūma kwenyanja namayengo; abantu nga baziri'ka olwentīsa nolwokutunulira ebyo ebi'ja kunsi: kubanga amānyi agomu'gulu galikankanyizibwa. Nebalyoka balaba Omwāna womuntu nga'jira mu kire namānyi nekitībwa kineno. Nayo (ebigambo) ebyo bwebitanulānga okubawo mutunulānga wa'gulu, muimusānga emitwe gya'mwe: kubanga okununulibwa kwa'mwe kunātera okutūka. Nābagamba olugero; nti Mulabe omutini nemiti gyona; kale bwegito'jera, mulaba nemutegēra 'mwe'ka, nti kakano okukūngula kuli kumpi. Era na'mwe bwemutyo, bwemulabānga ebyo nga bibawo mumanyānga nti obwakabaka bwa Katonda buli kumpi. Mazima mbagamba nti Emirembe gino tegiri'gwāwo na katono okutūsa ebyo byona webiribawo. E'gulu nensi biri'gwāwo; naye ebigambo byānge tebiri'gwāwo na katono.

*Sabiti eyokusatu mu biro Ebyokuja.*

ESALA.

AI Mukama Isa Masiya, bwewaja oluberyeberyo gweyatuma omubakawo okulongosa ekubolyo mu masogo; kiriza abawereza nabawanika bebyamabyo balongose bateketeke bwebatyo ekubolyo, nga bakyusa emitima gyabatawulira mu magezi gabatukirivu, bwolija omulundi ogwokubiri okusalira ensi omusango, tulyoke tulabike ngabantu abasimibwa mu masogo, gwabera omulamu afugira awamu ne Kitafe Nomwoyo Omutukuvu, Katonda omu enaku zona, emirembe nemirembe. *Amina.*

EBALUWA. 1 *Kol.* iv. 1.

OMUNTU atulowōzēnga bwati, nga tuli bawereza ba Masiya era abawanika bebyāma bya Katonda. Era wano kigwānira abawanika, omuntu okulabikānga nga mwesigwa. Naye ku'nze

Digitized by Google

kigambo kitono nyo 'mwe okunsalira omusāngo, oba omuntu (yena): era nānge 'nze'ka sesalira musāngo. Kubanga semanyiko kigambo; naye ekyo tekimpēsa butūkirivu: naye ansalira omusāngo ye Mukama (wa'fe). Kale temusalānga musāngo gwa (kigambo) kyona, ebiro nga tebinatūka, okutūsa Mukama (wa'fe) lwali'ja, alimulisa ebikwekebwa ebyomukizikiza, era alirabisa okutēsa okwomumitima; buli muntu nālyoka awebwa etendolye eri Katonda.

ENJIRI. *Mat.* xi. 2.

NAYE Yokana bweyawulirira mu komera ebikolwa bya Masiya, nātuma abaigirizwabe, okumugamba nti 'Gwe wuyo a'ja oba tulindirire mulala? Isa na'damu nābagamba nti Mu'deyo mutegēze Yokana byemuwulira nebyemulaba: abazibye amaso balaba, nabalema batambula, nabagēnge balongōsebwa, nabaga'vu bamatu bawulira, nabafu bazūkizibwa, nabanaku babūlirwa enjiri. Naye yena alina omukisa atalinesitalako. Nabo bwebāgenda, Isa nāsoka okwogera nebibīna ku Yokana nti Kiki kyemwagenderera mu 'dūngu okutunulira? olumuli olunyenyezebwa nempewo? Naye kiki kyemwagenderera okulaba? omuntu ayamba'de ezinekaneka? Laba, abambala ezinekaneka baba mu nyumba za bakabaka. Naye kiki kyemwagenderera? okulaba na'bi? Wewawo, mbagamba, era asingira dala na'bi. Oyo ye yawandikirwa nti Laba, ntuma omubaka wānge mu masogo, alikukulembera alirongōsa e'kubolyo.

*Sabiti eyokuna mubiro Ebyokuja.*

ESALA.

AI Mukama, tukwegairide, leta amanyigo, oje otubere, nobuinza obungi; fe olwebyonono byafe nobubi bwafe abazīzibwa enyo mu kutukiriza olugendo Katonda lweyatugerera, tulyoke tulokoke mangu mu kisakyo ne mu kusasirakwo okungi; olwomutango Ogwomwanawo Mukama wafe; awebwe wamu nawe Nomwoyo Omutukuvu ekitibwa kyona netendo lyona, emirembe nemirembe. *Amina.*

EBALUWA. *Baf.* iv. 4.

MUSANYUKIRĒNGA Mukama (wa'fe) enaku zona: nate njogera nti Musanyukēnga. Okuzibikiriza kwa'mwe kumanyibwēnga abantu bona. Mukama (wa'fe) ali kumpi. Temweralikirirānga kigambo kyona kyona; naye mu kigambo kyona mu kusabānga nokwegairirānga awamu nokwebazānga byemwagala bitegēzebwēnga eri Katonda. Nemirembe gya Katonda, egisinga okutegērwa kwona, ginābakūmānga emitima gya'mwe nebirowōzo bya'mwe mu Masiya Isa.

Digitized by Google

ENJIRI. *Yok.* i. 19.

KUNO kwe 'kutegēza kwa Yokana, Abayudaya abāva Eyerusalemi bwebāmutumira bakabona Nabalevi okumubūza nti 'Gwāni? Nāyātula, nātegāna; nāyātula nti 'Nze si 'nze Masiya. Nebamubūza nti Kale lwoli āni? oli Eriya? Nāgamba nti Si 'nze ye. 'Gwe na'bi oli? Na'damu nti Ne'da. Awo nebamugamba nti Lwoli āni? tuba'demu abatutumye. Weita āni? Nāgamba nti 'Nze ndi 'dobozi lyomuntu ayogerera wa'gulu mu 'dūngu nti Mulung'amye olugūdo lwa Mukama, nga na'bi Isaya bweyayogera. Abātumibwa bāli ba mu Bafalisayo. Nebamubūza, nebamugamba nti Oba 'gwe toli Masiya, oba Eriya, oba na'bi oli, kale kiki ekikubatizisa? Yokana nāba'damu, ngagamba nti 'Nze mbatiza nama'zi: wakati mu'mwe aīmiri'de omuntu gwemutamanyi, a'ja enyuma wange, 'sō nānge sisānira kusumulula lukoba lwa ngatoye. Ebyo byakolerwa Besaniya, emitala wa Yoludani, Yokana gyeyabatirizānga.

*Olunaku Olwokuzalibwa Isa Masiya Mukama wafe.*

ESALA.

AI Katonda Ainza-byona, eyatuwa Omwanawo omu yeka okutwala obuzaliranwa bwafe, nokuzalibwa omuwala omulongofu (nga bwetujukira mu biro bino); otuwe fe bwetumala okuzalibwa omulundi ogwokubiri nokufuka abanabo mu kukirizibwa gwe ne mu kisa, bulijo tufusibwe abagya Nomwoyowo Omutukuvu; kubwoyo Mukama wafe Isa Masiya, abera omulamu afugira awamu nawe Nomwoyo oyo, Katonda omu enaku zona, emirembe nemirembe. *Amina.*

EBALUWA. *Baeb.* i. 1.

KATONDA e'da bweyayogererānga mu bitūndu ebingi ne mu ngeri enyingi eri bajaja (ba'fe) mu bana'bi, mu naku zino ezoluvanyuma yayogerera na'fe mu Mwāna, gweya'sāwo okuba omusika wa byona, era gweyatōnza ebintu byona; oyo bwali okumasamasa kwekitībwakye nekifananyikye dala bwali, era bwasitula ebintu byona nekigambo ekyobuīnzabwe, bweyamala okukola ekyokunāza ebibi, nātūla ku mukono ogwadyo ogwobukulu wa'gulu; ngasinga obulūngi bamalaika bwati nga bweyasikira erinya eribakira bo. Kubanga āni ku bamalaika gweyali abūli'deko nti 'Gwoli Mwāna wānge, lero nkuza'de 'gwe? Era nate nti 'Nze nābērānga Kitāwe gyali, naye anābērānga Mwāna gyendi? Era nate bwaleta omuberyeberye munsi, ayogera nti Era bamalaika ba Katonda bona bamusinzēnga. Era ayogera ku bamalaika nti Afūla bamalaikabe empewo, nabawerezabe enimi zomuliro: Naye ku Mwāna (ayogera) nti Entebeyo, ai Katonda, ya lubērera emirembe nemirembe; nomu'go ogwobugolokofu gwe mu'go ogwobwakabaka-

Digitized by Google

bwo. Wayagala obutūkirivu, nokyāwa obujēmu; Katonda, Katondawo, kyavu'de akufukako amafuta agokusanyuka okusinga ba'no. Era nti 'Gwe, Mukama, ku luberyeberye wa'sāwo emisingi gyensi, ne'gulu mulimu gwa mikonogyo: ebyo biri'gwāwo; naye 'gwoli wa lubērera: nebyo byona birika'diwa ngekyambalo; era olibizinga ngesūka, ngekyambalo, nebiwanyisibwa: naye 'gwe oba bumu, nemyākagyo tegiri'gwāwo.

ENJIRI. *Yok.* i. 1.

KU luberyeberye wāliwō Kigambo, Kigambo nāba awali Katonda, Kigambo nāba Katonda. Oyo yāliwo ku luberyeberye awali Katonda. Ebintu byona byakolebwa kubwoyo; era awatali ye tewākolebwa kintu na kimu ekyakolebwa. Obulamu bwali muye; obulamu nebuba omusana gwabantu. Omusana negwāka mu kizikiza, 'sō ekizikiza tekyagutegēra. Wālabika omuntu, Katonda gweyatuma, erinyalye Yokana. Oyo ya'ja olwokutegēza ategēze ebyomusana, bona ba'kirize kububwe. Oyo siye omusana, wabula okutegēza ebyomusana. Waliwo omusana ogwamazima, ogwākira buli muntu, nga gu'ja munsi. Yali munsi, ensi yakolebwa kububwe, era ensi teyamutegēra. Ya'ja mu matwālege, naye abāli mu matwālege tebāmusembeza. Naye bona abāmusembeza yabawa obuīnza okufūka abāna ba Katonda, be ba'kiriza erinyalye: abatāzālibwa musai, newakuba'de okwagala kwomubiri, newakuba'de okwagala kwomuntu, naye (abāzālibwa) Katonda. Kigambo nāfūka omubiri, nābērako gyetuli [netulaba ekitībwakye, ekitībwa ngekyoyo eyazālibwa omu ye'ka Kita'fe], nga'ju'de ekisa namazima.

*Olunaku lwa Sitefano Omutukuvu.*

ESALA.

AI Mukama, otubere fe bwetubonyabonyezebwa munsi muno olwokutegeza amazimago okutunula mu gulu namaso aganyuwera nokulaba olwokukiriza ekitibwa ekigenda okubikulibwa; era otujuze Omwoyo Omutukuvu, otuigirize okwagala abatuiganya nokubasabira nga Sitefano Omutukuvu, eyasoka oku'tibwa olwenjiriyo, bweyabasabira abamu'ta eri gwe, Isa atenderezebwa, aimiride ku mukono ogwadyo ogwa Katonda okubalokola bona ababonyabonyezebwa okubavunanya gwe, Omutangirizi era Omuwolereza wafe omu. *Amina.*

¶ *Esala eyolunaku Olwokuzalibwa neryoka esomebwa; era enesomebwanga bulijo okutusa ku lunaku olwenkomerero olwomwaka.*

EBALUWA. *Bik.* vii. 55.

SITEFANO bweya'jula Omwoyo Omutukuvu, nākaliriza amaso mu 'gulu, nālaba ekitībwa kya Katonda, ne Isa ngaīmiri'de ku mukono ogwadyo ogwa Katonda; nāgamba nti Laba, ntunuli'de

Digitized by Google

e'gulu libi'kuse Nomwāna womuntu ngaīmiri'de ku mukono ogwadyo ogwa Katonda. Nebalekāna ne'dobozi 'dene, nebaziba amatu gābwe, nebamweyiwako nomwoyo gumu, nebamusindikiriza ebwēru wekibuga, nebamukuba amainja. Abajulirwa nebateka engoye zābwe ku bigere byomulenzi, erinyalye Saulo. Nebakuba amainja Sitefano bweyasaba nāgamba nti Mukama wānge Isa, tōla omwoyo gwānge. Nāfukamira nākāba ne'dobozi 'dene nti Mukama wānge, tobabalira kibi kino. Bweyamala okwogera ebyo neyebaka.

ENJIRI. *Mat.* xxiii. 34.

LABA, kyenva mbatumira bana'bi, nabamagezi, nabawandisi: nabamu kubo muliba'ta mulibakomerera; nabalala mulibakuba emi'go mu makung'aniro ga'mwe, mulibai'ganya mu byālo byona: mulyoke mu'jirwe omusai gwona omutūkirivu ogwayika kunsi, okusoka ku musai gwa Abiri oyo omutūkirivu okutūsa ku musai gwa Zakaliya omwāna wa Balakiya, gwemwa'tira wakati weyekalu nekyōto. Mazima mbagamba nti Ebigambo bino byona biritūkirira abemirembe gino. Yerusalemi, Yerusalemi, a'ta bana'bi, akasukirira amainja abantu abatumibwa gyali! emirūndi emeka gyenayagalira okukung'anya abānabo, ngenkoko bwekung'anya obwāna bwayo munda webiwawātiro, nemutayagala! Laba, enyumba ya'mwe ebaleke'dwa kifulukwa. Kubanga mbagamba nti Temulindabako na katono okusoka lero, okutūsa lwemulyogera nti Awebwa omukisa a'ja mu linya lya Mukama.

*O'unaku lwa Yokana Omutukuvu Omubulisi wenjiri.*

ESALA.

AI Mukama owokusasira, tukwegairide oyakire ekanisayo nomusanagwo omungi, emulisibwe okuigiriza kwa Yokana Omutukuvu, Omutume era Omubuliziwo eyawebwa omukisa, eryoke etambule bwetyo mu musana gwamazimago, ku nkomerero etuke ku musana gwobulamu obutagwawo; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. 1 *Yok.* i. 1.

EKYABAWO okuva ku luberyeberye, kyetwawulira, kyetwalaba namaso ga'fe, kyetwatunulira, era engalo za'fe kyezakwatako, ebya Kigambo ekyobulamu [nobulamu bwalabisibwa, netulaba, era tutegēza, era tububūlira 'mwe obulamu obwo obuta'gwāwo, obwabawo awali Kita'fe nebulabisibwa gyetuli]; kyetwalaba netuwulira, kyetubabūlira na'mwe, na'mwe mulyoke mu'sēkimu na'fe; era naye oku'sēkimu kwa'fe kuli ne Kita'fe era Nomwānawe Isa Masiya; nebyo tubiwandika 'fe, esanyu lya'fe liryoke litūkirire. Ne kino kye kigambo kyetwawulira ekyava muye era kyetubūlira 'mwe, nga

Digitized by Google

Katonda gwe musana, 'sō muye ekizikiza temuli na katono. Bwetwogera nga tu'sā kimu naye netutambulirānga mu kizikiza, tulimba netutakola mazima; naye bwetutambulira mu musana, nga ye bwali mu musana, tu'sā kimu 'fe'ka na 'fe'ka, nomusai gwa Isa Omwānawe gutunāzako ekibi kyona. Bwetwogera nga tetulina kibi, twekyāmya 'fe'ka, 'sōnga namazima tegali mu'fe. Bwetwātula ebibi bya'fe, ye wa mazima era omutūkirivu okutusonyiwa ebibi bya'fe, nokutunāzako byona ebitali bya butūkirivu. Bwetwogera nga tetwōnōnānga, tumufūla mulimba, 'sōnga nekigambokye tekiri mu'fe.

ENJIRI. *Yok.* xxi. 19.

ISA nāgamba Petero nti Ngoberera. Petero bweyakyūka, nālaba omuigirizwa Isa gweyayagalānga ngagoberera; era oyo ye yagalamira mu kifubakye ku 'mere eyekyegulo, nāgamba nti Mukama wānge, āni anākulyāmu olukwe? Awo Petero bweyalaba oyo nāgamba Isa nti Mukama wānge, nono (aliba ki)? Isa nāmugamba nti Bwenjagala abērewo okutūsa wendi'jira, ofayo ki? 'gwe goberera 'nze. Awo ekigambo ekyo nekibuna mu boluganda nti omuigirizwa oyo talifa: 'sōnga Isa teyamugamba nga talifa; naye nti Bwenjagala abērewo okutūsa wendi'jira, ofayo ki? Oyo ye muigirizwa eyategēza bino, nāwandika bino; na'fe tumanyi ngokutegēzakwe kwa mazima. Nate waliwo ebirala bingi Isa byeyakola, nabyo bwebiwandikibwa ki'na kimu ndowōza nti nensi zona tezandigi'demu bitabo ebyandiwandiki'dwa.

*Olunaku olwabana abato aba'tibwa Kerode.*

ESALA.

AI Katonda Ainza-byona, gweyanyuwereza amanyigo mu mimwa gyabawere nabayonka, era eyagulumizisa gwe abana abato mu kufa kwabwe; obifise mufe ebitasana byona, era otuwe amanyi bwotyo mu kisakyo, fe mu bulamu obutaliko kabi, ne mu kunyikira mu kukiriza okutagwawo newakubade nga tukufirira, tulyoke tugulumize erinyalyo etukuvu; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Kub.* xiv. 1.

NENDABA, era, laba, Omwāna gwendiga ngaīmiri'de ku lusozi Sayuni, era wamu naye akasirīvu mwobukumi buna mwenkumi nya, nga balina erinyalye nerinya lya Kitāwe nga liwandiki'dwa ku byenyi byābwe. Nempulira e'dobozi eriva mu 'gulu, nge'dobozi lyama'zi amangi, era nge'dobozi lyokubwātuka okuuene: ne'dobozi lyenawulira ngeryabakubi benānga nga bakuba enānga zābwe: nebaīmba ngoluīmba olugya mu maso gentebe eyobwakabaka, ne mu maso gebiramu ebina nabaka'de; 'sō tewali muntu

Digitized by Google

eyaīnza okuiga oluīmba wabula akasirīvu mwobuka'de buna mwenkumi nya, abāgulibwa munsi. Abo be bateyōnōna eri abakazi; kubanga tebamanyānga mukazi. Abo be bagoberera Omwāna gwendiga buli gyagenda. Abo bāgulibwa mu bantu (okuba) ebibala ebyoluberyeberye eri Katonda neri Omwāna gwendiga. Era mu kamwa kābwe temwalabika bulimba: tebaliko bulema.

ENJIRI. *Mat.* ii. 13.

MALAIKA wa Mukama nālabikira Yusufu mu kirōto, ngamugamba nti Golokoka, otwāle omwāna ne nyina, o'dukire Emisiri, obēreyo okutūsa 'nze lwendikugamba, kubanga Kerode a'ja okunonya omwāna okumu'ta. Naye nāzukuka, nātwāla omwāna ne nyina ekiro, nāgenda Emisiri: nābēra eyo, okutūsa Kerode bweyafa; ekigambo kitūkirire Mukama kyeyayogerera mu na'bi, ngagamba nti Naita mwāna wānge okuva mu Misiri. Awo Kerode, bweyalaba ngabalaguzi bāmudūlira, nāsunguwala nyo, nātuma oku'ta abāna abobulenzi bona abāli Ebesirekemu ne ku nsalo zakyo zona, abakamala emyāka ebiri nabatanaba kutūsa egyo, ngebiro byeyabūlirizamu enyo abalaguzi bwebyali. Awo ekigambo na'bi Yeremiya kyeyayogera nekiryoka kitūkirira, bweyagamba nti E'dobozi lyawulirwa mu Lama, okukāba nokukuba ebiwōbe ebingi, Lakeri ngakābira abānabe; 'sō teyayagala kukubagizibwa, kubanga tewakyali.

*Sabati edirira Olwokuzalibwa.*

ESALA.

AI Katonda Ainza-byona, eyatuwa Omwanawo omu yeka okutwala obuzaliranwa bwafe nokuzalibwa omuwala omulongofu (nga bwetujukira mu biro bino); otuwe fe bwetumala okuzalibwa omulundi ogwokubiri nokufuka abanabo mu kukirizibwa gwe ne mu kisa, bulijo tufusibwe abagya Nomwoyowo Omutukuvu; kubwoyo Mukama wafe Isa Masiya, abera omulamu afugira awamu nawe Nomwoyo oyo, Katonda omu enaku zona, emirembe nemirembe. *Amina.*

EBALUWA. *Bag.* iv. 1.

NAYE njogera nti omusika ngakyali muto tayāwulwa na mu'du na katono, newakuba'de nga ye mukama wa byona; naye afugibwa abasigire nabawanika okutūsa entūko kitāwe zeyalagira e'da. Bwetutyo na'fe, bwetwabānga abato, twabānga ba'du nga tufugibwa ebyoluberyeberye ebyomunsi: naye okutūkirira kwebiro bwekwatūka, Katonda nātuma Omwānawe eyazālibwa omukazi, eyazālibwa ngafugibwa amatēka, alyoke abanunule abāfugibwa amatēka, tulyoke tuwebwe okufūka abāna. Era kubanga muli

bāna, Katonda yatuma Omwoyo Womwānawe mu mitima gya'fe, ngakāba nti Aba, Kita'fe. Bwekityo nāwe tokyali mu'du, naye mwāna; obanga oli mwāna, era oli musika kubwa Katonda.

ENJIRI. *Mat.* i. 18.

NOKUZĀLIBWA kwa Isa Masiya kwali bwekutyo. Malyamu nyina bweyali ngakyayogerezebwa Yusufu, bāli nga tebanaba kufumbiriganwa, nālabika ngali lubuto Olwomwoyo Omutukuvu. Awo Yusufu 'bawe, kubanga yali muntu mutūkirivu, nātayagala kumukwasa nsonyi, yali alowōza okumulekayo kyāma. Laba, bweyali alowōza bwatyo, malaika wa Mukama na'ja gyali mu kirōto, nāmugamba nti Yusufu, omwāna wa Daudi, totya kutwāla Malyamu mukaziwo, kubanga olubutolwe lwa Mwoyo Mutukuvu. Naye alizāla omwāna wa bulenzi; nāwe olimutūma erinyalye ISA; kubanga ye yalirokola abantube mu bibi byābwe. Ebyo byona byakolebwa, bitūkirire Mukama byeyayogerera mu na'bi, ngagamba nti Laba, omuwala atamanyi musaja aliba olubuto, era alizāla omwāna wa bulenzi, balimutūma erinyalye E'manueri; eritegēzebwa nti Katonda (ali) na'fe. Yusufu bweyazukuka mu tulo, nākola nga malaika' wa Mukama bweyamulagira, nātwāla mukaziwe, 'sō teyamumanya okutūsa lweyamala okuzāla omwāna: nāmutūma erinyalye ISA.

*Olunaku Olwokukomolebwa kwa Masiya.*

ESALA.

KATONDA Aīnza-byona, gweyakomoza Omwanawo atenderezebwa, era eyamutukirizisa ebyomumateka olwabantu; otuwe fe okukomolebwa okwamazima Okwomwoyo; emitima gyafe nebitundu byafe byona bife ku kwegomba kwona okwensi nokwomubiri, tulyoke tugoberere byoyagala ebirina omukisa mu bigambo byona; kubwoyo Omwanawo Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bal.* iv. 8.

AWERE'DWA omukisa omuntu Mukama gwatalibalira kibi. Kale omukisa ogwo (guli) ku bakomole (bo'ka), era nantiki kwabo abatali bakomole? Kubanga tugambye nti oku'kirizakwe kwabalirwa Ibulaimu okuba obutūkirivu. Kale kwabalwa kutya? bweyali ngakomole'dwa, nantiki bweyali nga tanakomolebwa? si bweyali ngakomole'dwa, naye nga tanakomolebwa: nāwebwa ekyokulabirako ekyokukomolebwa, akabonero kobutūkirivu obwoku'kiriza kweyalina nga tanakomolebwa: alyoke abērēnga jajābwe bona aba'kiriza nga si bakomole, babalirwēnga obutūkirivu; era ne jaja wabakomole, 'sō si wabo abakomole obukomozi, naye abatambulira mu bigere byoku'kiriza kwa jaja wa'fe Ibulaimu kweyalina nga tanakomolebwa. Kubanga okusūbiza tekwawerwa Ibulaimu

Digitized by Google

newakuba'de eza'derye mu matēka, nti alibēra musika wa nsi zona, wabula mu butūkirivu obwoku'kiriza. Kubanga abomumatēka singa be basika, oku'kiriza singa kudibye, era nokusūbiza singa ku'gyi'dwawo.

ENJIRI. *Luk.* ii. 15.

AWO olwātūka, bamalaika bwebāva gyebāli okugenda mu 'gulu, abasūmba nebagambagana nti Kale tugende Ebesirekemu tulabe ekigambo kino ekiba'deyo, Mukama kyatutegēze'za. Neba'ja māngu, nebalaba Malyamu ne Yusufu nomwāna omuwere ngasazi'ki'dwa mu kisibo. Awo bwebālaba, nebategēza ekigambo kyebābūlirwa ku mwāna oyo. Bona abāwulira nebewunya ebyo abasūmba byebābabūlira. Naye Malyamu neyekūmānga ebigambo ebyo byona, ngabirowōza mu mutimagwe. Awo abasūmba neba'dayo, nga bagulumiza nga batendereza Katonda olwebigambo byona byebāwulira, byebālaba, nga bwebābūlirwa. Awo enaku omunāna bwezatūka ezokumukomoleramu, nātūmibwa erinyalye Isa, liri eryayogerwa malaika nga tanaba kuba mu lubuto.

¶ *Esala Ntbaluwa Nenjiri ezo zinabanga za buli lunaku okutusa ku Lwokwolesebwa.*

*Olunaku Olwokwolesebwa kwa Masiya eri Abamawanga.*

ESALA.

AI Katonda, eyakulembesa emunyenye nolabisa Omwanawo eyazalibwa omu yeka eri Abamawanga; kiriza mu kusasirakwo fe abakumanya kakano mu kukiriza kwoka, okutusanyusa, obulamu buno bwebuligwawo, mu kutegerera dala obwakatondabwo obwekitibwa, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bef.* iii. 1.

KALE 'nze Paulo, omusibe wa Isa Masiya kulwa'mwe abamawānga,—oba mwawulira obuwanika obwekisa kya Katonda kyenawebwa eri 'mwe; bwenategēzebwa ekyāma mu kubi'kulirwa, nga bwenawandika e'da mu (bigambo) ebitono, ebīnza okubategēza, bwemubisoma, okumanya kwānge mu kyāma kya Masiya; ekitātegēzebwa mu mirembe egye'da abāna babantu, nga kakano bwekibi'kuli'dwa abatumebe abatukuvu ne bana'bi mu Mwoyo; abamawānga okubēra abasikira awamu, era abomubiri ogumu, era aba'sēkimu ekyasūbizibwa mu Masiya Isa olwenjiri, gyenafūkira omuwereza wayo, ngekirabo ekyekisa kya Katonda bwekiri kyenawebwa ngokukola kwamānyige bwekuli. 'Nze, omuto okusinga abato abomubatukuvu bona, nawebwa ekisa kino, okubūlirānga abamawānga obuga'ga bwa Masiya obutanonyezeka: nokumulisizānga bona (balabe) okugaba kwekyāma bwekuli, ekyakwekebwa okuva e'da ne'da lyona mu Katonda eyatōnda byona; kakano abamasaza nabobuīnza mu (bifo) ebyomu'gulu bategēzebwe



Digitized by Google

**mu kanisa amagezi amangi aga Katonda agengeri enyingi, ngokumalirira bwekuli okwemirembe (nemirembe) kweyatēseza mu Masiya Isa Mukama wa'fe: mwetu'gya obuvumu bwa'fe nokusembera nobugumu olwokumu'kiriza ye.**

ENJIRI. *Mat.* ii. 1.

ISA bweyazālibwa mu Besirekemu Ekyebuyudaya, ku mirembe gya Kerode kabaka, laba, abalaguzi abāva ebuvanjuba neba'ja Eyerusalemi, nga bagamba nti Aliru'dawa oyo eyazālibwa kabaka wa Bayudaya? kubanga twalaba emunyenyeye ebuvanjuba, netu'ja okumusinza. Kerode kabaka bweyawulira neyeralikirira, era Nabeyerusalemi bona. Nākung'anya bakabona abakulu bona, nabawandisi ababantu, nābabūza nti Masiya alizālibwa wa? Nabo nebamugamba nti Mu Besirekemu Ekyebuyudaya: kubanga bwekyawandikibwa na'bi bwekityo nti Nāwe Besirekemu, ensi ya Yuda, toli mutono mu balāngira ba Yuda: kubanga afuga aliva mu'gwe, alirūnda abantu bānge Isiraeri. Awo Kerode nāita abalaguzi kyāma, nābabūliriza nyo ebiro emunyenye byeyakamala okulabika. Nābasindika Ebesirekemu, nābagamba nti Mugende, munonye nyo, mulabe omwāna bwafanana; naye bwemumulabānga, nemu'ja mumbūlira, nānge ndyoke nji'je 'musinze. Bwebāwulira kabaka, nebagenda; laba, emunyenye eyo, gyebālabira ebuvanjuba, nebakulembera, ne'ja neīmirira wa'gulu omwāna wali. Bwebālaba emunyenye, nebasanyuka esanyu lingi nyo. Nebaingira mu nyumba, nebalaba omwāna ne Malyamu nyina; nebavūnamna, nebasinza omwāna; nebasumulula ensawo zābwe, nebamutonera ebirabo (bya) zābu, nobubāne, nomugavu. (Katonda) bweyabalabulira mu kirōto baleme oku'dayo eri Kerode, neba'dayo ewābwe mu 'kubo 'dala.

*Sabiti edirira Olwokwolesebwa.*

ESALA.

AI Mukama, tukwegairide okuwulira mu kusasira okusaba kwabantubo abakukowola; obawe okutegerera dala ebigambo ebibagwanira okukola, era nokuwebwa ekisa namanyi okubitukiriza byona nobwesigwa; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bal.* xii. 1.

KYENVU'DE mbegairira, aboluganda, olwokusāsira kwa Katonda, okuwāngayo emibiri gya'mwe, sadaka enamu, entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuwereza kwa'mwe okwamagezi. 'Sō temufananyizibwānga ngemirembe gino: naye mukyūsibwēnga olwokufūla amagezi ga'mwe amagya, mulyoke mukemēnga bwebiri Katonda byayagala, ebirūngi, ebisanyusa, ebitufu. Kubanga njogera, olwekisa kyenawebwa, eri buli muntu ali mu'mwe,

Digitized by Google

alemēnga okwerowōza okusinga bwekimugwāni'de okulowōza; nayo okulowōzānga nga yegendereza, nga Katonda bweyagabira buli muntu ekigera kyoku'kiriza. Kuba nga bwetulina ebitūndu ebingi mu mubiri ogumu, naye ebitūndu byona tebirina mulimu gumu: bwekityo 'fe abangi tuli omubiri gumu mu Masiya, na buli muntu (tuli) ebitūndu bya ba'na'fe 'fe'ka na 'fe'ka.

ENJIRI. *Luk.* ii. 41.

AWO abaka'debe bāgendānga Eyerusalemi buli mwāka ku mbaga Eyokuitako. Awo bweyali yakamala emyāka kumi nebiri, nebayāmbuka nga bweri empisa yembaga: awo bwebātūsa enaku zābwe, bāli nga ba'dayo, omwāna oyo Isa nāsigala mu Yerusalemi, nabaka'debe nebatamanya: naye bwebālowōza ngali mu kisīnde kyābwe, nebatambula olugendo lwa lunaku lumu, nebamunonya mu baganda bābwe ne mu mikwāno gyābwe: bwebatamulaba neba'dayo Eyerusalemi, nga bamunonya. Awo olwātūka bwewaitawo enaku satu nebamusānga mu yekalu, ngatu'de wakati mu baigiriza, ngabawulira, ngababūza: bona abāmuwulira nebawunīkirira olwamagezige noku'damukwe. Awo bwebāmulaba nebasamālirira: nyina nāmugamba nti Mwāna wānge, kiki ekitukoze'za 'gwe bwotyo? laba, kitāwo nānge twakunonya nga tunakuwa'de. Nābagamba nti Mwa'nonyeza ki? Temwamanya nga kingwāni'de okubēra mu bigambo bya Kitānge? Nebatategēra kigambo ekyo kyeyabagamba. Nāserengeta nabo na'ja Enazalesi, nābagōnderānga: nyina neyekūmānga ebigambo ebyo byona mu mutimagwe. Awo Isa neyeyongerāngako amagezi nokukula, ne mu kisa eri Katonda neri abantu.

*Sabiti eyokubiri Olwokwolesebwa nga luwede.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, atagwawo, afuga ebyomugulu nebyomunsi byona; wulira olwokusasirakwo okwegairira kwabantubo, otuwe emirembegyo enaku zona ezobulamu bwafe, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bal.* xii. 6.

ERA bwetulina ebirabo ebitenkanankana ngekisa kyetwawebwa bwekiri, oba buna'bi, (tubūlirēnga) mu kigera kyoku'kiriza kwa'fe; oba kuwereza, (tunyīkirēnga) mu kuwereza kwa'fe; oba aigiriza, (anyīkirēnga) mu kuigirizakwe; oba abūlirira, mu kubūlirirakwe: agaba, (agabēnga) awatali bukūsa; afuga, (afugēnga) nokunyīkira; asāsira, (asāsirēnga) nesanyu. Okwagala kubērēnga kwa mazima. Mukyāwēnga obubi, mwega'tēnga nobulūngi. Mu kwagala kwaboluganda mwagalanēnga 'mwe'ka na 'mwe'ka; mu

Digitized by Google

kitībwa buli muntu agulumizēnga mu'ne; mu kunyīkira si bagayāvu; abasanyufu mu mwoyo; nga mubērānga ba'du ba Mukama (wa'fe); musanyukēnga mu kusūbira; mugumīkirizēnga mu bunaku; munyīkirēnga mu kusaba; mugabirēnga abatukuvu byebetāga; mugoberērēnga okwāniriza abagenyi. Musabirēnga ababai'ganya; musabirēnga, 'sō temukolimānga. Musanyukirēnga wamu nabo abasanyuka; mukābirēnga wamu nabo abakāba. Mulowōzēnga bumu 'mwe'ka na 'mwe'ka. Temulowōzānga bikulu, naye mugendēnga nabo abatalina bukulu.

ENJIRI. *Yok.* ii. 1.

OLUNAKU olwokusatu, newaba embaga eyobugole mu Kana Ekyegaliraya; ne nyina Isa yaliwo; Isa nebamuita nabaigirizwabe ku mbaga. Naye omwenge bwegwa'gwāwo, nyina Isa nāmugamba nti Tebalina mwenge. Isa nāmugamba nti Omukyāla, nvunāna ki 'nze nāwe? ekisēra kyānge tekinaba kutūka. Nyina nāgamba abawereza nti Kyanābagamba kyona, kyemukola. Wāliwo amasuwa agamainja mukāga, agātekebwawo olwempisa eyokutukuza Kwabayudaya, buli limu nga livamu ensuwa nga biri oba satu. Isa nābagamba nti Amasuwa muga'juze ama'zi. Nebaga'juza okutūsa ku migo. Nābagamba nti Musene kakano, mutwālire omugabuzi wembaga. Nebamutwālira. Awo omugabuzi wembaga bweyalega ku ma'zi agafūse omwenge, nātamanya gyeguvu'de [naye abawereza abāsena ama'zi nebamanya], omugabuzi wembaga nāita awasi'za omugole, nāmugamba nti Buli muntu asoka ku'sāwo mwenge mulūngi; naye abantu bweba'kuta, nālyoka a'sāwo omubi: (naye) 'gwoterese omulūngi okutūsa kakano. Kano ke kabonero Isa keyasokerako okukolera mu Kana Ekyegaliraya, nālabisa ekitībwakye; abaigirizwabe nebamu'kiriza.

*Sabiti eyokusatu O'lwokwolesebwa nga luwede.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, atagwawo, tunulira nokusasira obunafu bwafe, mu kabi kafe ne mu kwetaga kwafe kwona ogolole omukonogwo ogwadyo okutubera nokutukuma, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bal.* xii. 16.

TEMUBĀNGA ba magezi mu (maso) ga'mwe 'mwe'ka. Temuwalanānga muntu kibi olwekibi. Mwetegekēnga ebirūngi mu maso gabantu bona. Obanga kiīnzika, ku lui lwa'mwe, mutabaganēnga nabantu bona. Temuwalanānga 'mwe'ka 'gwānga, abāgalwa, naye wakiri musegulirēnga obusūngu: kubanga kyawandikibwa nti Okuwalana kwānge; 'nze ndisasula, bwayogera Mukama. Naye omulabewo bwalūmwānga enjala, mulīsēnga; bwalūmwānga enyōnta, munywesēnga: kubanga bwokola bwotyo,

Digitized by Google

olimukumira amānda gomuliro ku mutwegwe. Towāngulwānga bubi, naye wāngulānga obubi olwobulūngi.

ENJIRI. *Mat.* viii. 1.

BWEYAVA ku lusozi, ebibīna bingi nebimugoberera. Kale, laba, omugēnge nāmusemberera nāmusinza, nāgamba nti Mukama (wānge), bwoyagala, oīnza oku'nongōsa. Nāgolola omukono, nāmukwatako, ngagamba nti Njagala; longōka. Amangwāgo ebigēngebye nebirongōka. Isa nāmugamba nti Laba tobūlirako muntu; naye 'dayo werage eri kabona, omutwālire ekitone Musa kyeyalagira, kibēre omujulirwa gyebali. Bweyaingira mu Kaperunaumu, omwāmi wekitōngole Omulumi na'ja gyali, nāmwegairira, ngagamba nti Mukama (wānge), mulenzi wānge agalami'de mu nyumba akōzimbye, abonabona kitalo. Nāmugamba nti Na'ja ne'muwonya. Omwāmi wekitōngole Omulumi na'damu nāgamba nti Mukama (wānge), sisānira 'gwe okuingira wansi wakasolya kānge: naye yogera kigambo bugambo, mulenzi wānge anāwona. Kubanga nānge ndi muntu mutwālibwa, nga nina baserikale bentwāla: bweng'amba oyo nti Genda, agenda: nomulala nti 'Jāngu, a'ja; nomu'du wānge nti Kola oti, bwakola. Naye Isa bweyawulira, neyewunya, nāgamba abāita naye nti Dala mbagamba nti Sinalaba ku'kiriza kunene nga kuno, newakuba'de mu Isiraeri. Nānge mbagamba nti Bangi abaliva ebuvanjuba nebugwanjuba, abalitūla awamu ne Ibulaimu, ne Isaka ne Yakobo, mu bwakabaka obwomu'gulu; naye abāna bobwakabaka baligoberwa mu kizikiza ekyebwēru: yeriba okukāba nokuluma obujigi. Isa nāgamba omwāmi wekitōngole Omulumi nti Kale genda; nga bwo'kiri'za, kibēre gyoli (bwekityo). Omulenzi nāwonera mu kisēra ekyo.

*Sabiti eyokuna Olwokwolesebwa nga luwede.*

ESALA.

AI Katonda, gwamanyi nga fe twetololwa obubi obuzibu obungi enyo, obutuzīza obutaimirira bulungi enaku zona; otukume otuwe amanyi agalitumala okutulokola mu kabi kona nokutuwanguza mu kukemebwa kwona; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bal.* xiii. 1.

BULI muntu awulirēnga abakulu abafuga: kubanga tewali bukulu butava eri Katonda; (nabakulu) abaliwo bālagirwa Katonda. Awakanya obukulu kyava awakanya okulagira kwa Katonda: era abawakana bali'za musāngo kubo bo'ka. Kubanga abafuga si ba kutīsa mu kikolwa ekirūngi, wabula mu kibi. Era oyagala obutatya bukulu? kola bulūngi, alikusīma: kubanga ye muwereza wa Katonda eri 'gwe olwobulūngi. Naye bwokola

Digitized by Google

obubi, tya; kubanga takwatira ekitala bwerēre: kubanga ye muwereza wa Katonda, awalana obusūngu kwoyo akola obubi. Kyekivu'de kibagwānira okuwulira, si lwa busūngu bwo'ka, naye era kulwomwoyo (gwa'mwe). Era kyemuva muwa omusolo; kubanga be bawereza ba Katonda, nga banyīkirira mu mulimu ogwo. Musasulēnga bona amabanja gābwe: abomusolo musolo; abempōza mpōza; abokutībwa kutya; abekitībwa kitībwa.

ENJIRI. *Mat.* viii. 23.

NĀSABALA, abaigirizwa nebagenda naye. Omuyaga mungi negu'ja mu nyanja, amayengo negayika mu lyāto: naye yali yebase. Neba'ja gyāli nebamuzukusa, nga bagamba nti Mukama (wa'fe), lokola; tufa. Nābagamba nti Kiki ekibatīsa, abalina oku'kiriza okutono? Nālyoka agolokoka, nākoma ku mpewo nenyanja; netēka nyo. Abantu nebewunya, nga bagamba nti Muntu ki ono, empewo nenyanja okumuwulira? Naye bweyatūka emitala weri munsi Yabagadaleni, nebamusisinkana abantu babiri abāliko emizimu, nga bava mu ntāna, bakāmbwe nyo, nga tewali na muntu aīnza okuita mu 'kubo eryo. Laba, nebogerera wa'gulu nebagamba nti Tuvunāna ki 'fe nāwe, Omwāna wa Katonda? o'ze wano kutubonyabonya ngentūko za'fe tezinaba (kutūka?) Wāliwo walako newebāli ekisibo kyembi'zi nyingi nga zirya. Emizimu negimwegairira negigamba nti Bwonotugoba, tusindike mu kisibo kyembi'zi. Nāgigamba nti Mugende. Negivako, negigenda mu mbi'zi: kale, laba, ekisibo kyona nekifubutuka nekiserengetera ku 'bānga mu nyanja, nezifira mu ma'zi. Nabāli bazirūnda neba'duka, nebagenda mu kibuga, nebababūlira byona, nebigambo byababa'deko emizimu. Laba, ekyālo kyona neki'ja okusisinkana ne Isa: bwebāmulaba, nebamwegairira okuva mu nsalo zābwe.

*Sabiti eyokutano Olwokwolesebwa nga luwede.*

ESALA.

AI Mukama, tukwegairide okukuma ekanisayo, ye nyumbayo, enaku zona ereme okuleka ediniyo eyamazima; abo abatesiga kintu kyona wabula okusubira ekisakyo ekiva mu gulu balyoke bakumibwe bulijo nobuinzabwo obwamanyi; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALŪWA. *Bak.* iii. 12.

KALE mwambalēnga ngabalōnde ba Katonda, abatukuvu era abāgalwa, omwoyo ogwekisa, obulūngi, okwewōmbeka, obutēfu, okugumīkiriza; nga muzibikirizaganānga, era nga musonyiwaganānga 'mwe'ka na 'mwe'ka, omuntu yena bwabērānga nensōnga ku muntu mu'ne; era nga Mukama (wa'fe) bweyabasonyiwa

Digitized by Google

'mwe, era na'mwe bwemutyo: kwebyo byona era (mwambale) okwagalana, kye kintu ekinywēza okutūkirira. Era emirembe gya Katonda giramulēnga mu mitima gya'mwe, era gyemwaitirwa mu mubiri ogumu; era mubērēnga nokwebaza. Ekigambo kya Masiya kibērēnga mu'mwe nobuga'ga mu magezi gona; nga muigirizaganānga era nga mulabulaganānga 'mwe'ka na 'mwe'ka mu zabuli nenyīmba nebiyiye Ebyomwoyo, nga muīmbira Katonda mu kisa mu mitima gya'mwe. Era buli kyemunākolānga, mu kigambo oba mu kikolwa, (mukolerēnga) byona mu linya lya Mukama (wa'fe) Isa, nga mwebaza Katonda Kita'fe kububwe.

ENJIRI. *Mat.* xiii. 24.

OBWAKABAKA obwomu'gulu bufananyizibwa nomuntu eyasiga ensigo enūngi mu nimiroye: naye abantu bwebāli bebase omulabewe na'ja nāsigamu eng'āno eyomunsiko mu ng'āno, nāgenda. Naye bweyameruka, bweyayanya, nerabika neng'āno eyomunsiko. Aba'dube neba'ja nebagamba omwāmi nti Sebo, tewasiga nsigo nūngi mu nimiroyo? kale yali etya okubamu eng'āno eyomunsiko? Nābagamba nti Omulabe ye yakola atyo. Aba'du nebamugamba nti Kale oyagala tugende tugikōlemu? Naye nāgamba nti Ne'da; mpo'zi bwemunāba mukōlamu eng'āno eyomunsiko, muna'gyiramu neng'āno. Muleke bikule byōmbi bitūse amakūngula: mu biro ebyamakūngula ndigamba abakūnguzi nti Musoke mukung'anye eng'āno eyomunsiko, mugisibe emigānda eyōkebwe: naye eng'āno mugikung'anyize mu 'gwanika lyānge.

*Sabiti eyomukaga Olwokwolesebwa nga luwede.*

ESALA.

AI Katonda, eyalabisa Omwanawo atenderezebwa okugyawo emirimu gya Setani nokutufula abana ba Katonda nabasika bobulamu obutagwawo; otulwanirire, tukwegairide, mu kusubira okwo okwerongosa emitima gyafe nga ye bwali omulongofu; bwalirabika nate namanyi nekitibwa ekingi, tulyoke tufananyizibwe nga ye mu bwakabakabwe obutagwawo obwekitibwa, bwafugiramu omulamu awamu nawe, Kitafe, era nawe, Omwoyo Omutukuvu, Katonda omu enaku zona, emirembe egitagwawo. *Amina.*

EBALUWA. 1 *Yok.* iii. 1.

MULABE okwagala bwekuli okunene Kita'fe kweyatuwa, 'fe okuitibwānga abāna ba Katonda; era bwetuli. Ensi kyeva erema okututegēra, kubanga teyamutegēra ye. Abāgalwa, kakano tuli bāna ba Katonda, 'sō tekinalabisibwa kyetuliba. Tumanyi nti bwalirabisibwa tulifanana nga ye; kubanga tulimulaba nga bwali.

Digitized by Google

Era buli muntu yena alina e'sūbi eryo muye yetukuza ngoyo bwali omutukuvu. Buli muntu yena akola ekibi, akola nobujēmu; era ekibi bwe bujēmu. Era mumanyi ngoyo yalabisibwa era a'gyewo ebibi; ne muye temuli kibi. Buli muntu yena abēra muye takola kibi: buli muntu yena akola ekibi nga tamulabāngako, 'sō tamutegēra. Abāna abato, omuntu yena tabakyāmyānga; akola obutūkirivu ye mutūkirivu, nga ye bwali omutūkirivu; akola ekibi wa Setani; kubanga okuva ku luberyeberye Setani akola ebibi. Omwāna wa Katonda kyeyava alabisibwa amalewo ebikolwa bya Setani.

ENJIRI. *Mat.* xxiv. 23.

MU biro ebyo omuntu bwabagambānga nti Laba, Masiya ali wano, oba nti Wano; temu'kirizānga. Kubanga wali'ja Bamasiya abobulimba, ne bana'bi abobulimba, nabo balikola obubonero obukulu nebyamagero; nokukyāmya bakyāmye nabalōnde, obanga kiīnzika. Laba, mbalabu'de. Kale bwebabagambānga nti Laba, ali mu 'dūngu; temufulumānga: laba, (ali) mu bisenge munda; temu'kirizānga. Kubanga ngokumyānsa bwekuva ebuvanjuba, nekulabikira ebugwanjuba; bwekutyo bwekuliba oku'ja Kwomwāna womuntu. Awaba omulāmbo wona, eyo ensega wezirikung'anira. Nayo amangwāgo, oluvanyuma lwekibonyobonyo ekyomunaku ezo enjuba erifūka ekizikiza, nomwezi tegulyolesa musana gwagwo, nemunyenye zirigwa (okuva) mu 'gulu, namānyi agomu'gulu galinyenyezebwa: awo lwekalirabika akabonero Akomwāna womuntu mu 'gulu: nebika byona Ebyensi lwebirikuba ebiwōbe, biriraba Omwāna womuntu nga'ja ku bire ebye'gulu namānyi nekitībwa ekinene. Era alituma bamalaikabe ne'dobozi 'dene eryekondēre, nabo balikung'anya abalōndebe mu mpewo enya, okuva ku nkomerero ye'gulu nokutūsa ku nkomerero yalyo.

*Sabiti eitibwa Seputuagesima, ye Sabiti ebawo ngekyasigadeyo sabiti biri okutusa ku Zokusība.*

ESALA.

AI Mukama, tukwegairira okuwulira nekisa okusaba kwabantubo; fe abasanira okubulirirwa olwebyonono byafe, tulyoke tuwone mu kusasirwa olwobulungibwo, erinyalyo ligulumizibwe; kubwa Isa Masiya Omulokozi wafe, abera omulamu, afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, Katonda omu enaku zona, emirembe egitagwawo. *Amina.*

EBALUWA. 1 *Kol.* ix. 24.

TEMUMANYI ngaba'dukana mu kuwakana ba'dukanira dala bona, naye awebwako empēra omu? Mu'dukanēnga bwemutyo mulyoke muwebwe. Era buli muntu awakana yegendereza mu

Digitized by Google

byona. Kale bo (bakola bwebatyo) balyoke bawebwe engule eryōnōneka, naye 'fe etayōnōneka. 'Nze kyenva nzirukana bwenti, si ngatamanyi; 'nwāna bwenti si ngakuba e'bānga: naye nebonereza omubiri gwānge era ngufuga: mpo'zi, nga 'maze okubūlira abalala, 'nze 'nze'ka 'neme okubēra atasīmibwa.

ENJIRI. *Mat.* xx. 1.

OBWAKABAKA obwomu'gulu bufanana omuntu alina enyumbaye, eyakēra enkya okugulirira abalīmi (balīme) mu lusukulwe olwemizabibu. Bweyamala okulagāna nabalīmi edinali eyolunaku olumu, nābasindika mu lusukulwe olwemizabibu. Nāfuluma esawa nga ziri satu, nālaba abalala nga baīmiri'de mu katāle nga tebaliko kyebakola; nabo nābagamba nti Na'mwe mugende mu lusuku olwemizabibu, nānge nābawēra ekinātūka. Nebagenda. Nāfuluma nate esawa nga ziri mukāga, era nomwenda, nākola bwatyo. Nāfuluma (esawa) nga ziri kumi nemu, nāsānga abalala nga baīmiri'de; nābagamba nti Kiki ekibaīmiriza wano obu'de okuziba nga temuliko kyemukola? Nebamugamba nti Kubanga tewali muntu eyatuguliri'de. Nābagamba nti Na'mwe mugende mu lusuku olwemizabibu. Obu'de bwebwawungēra, omwāmi wolusuku olwemizabibu nāgamba omukozawe nti Baite abalīmi, obawēre empēra, osokere ku boluvanyuma, okutūsa ku boluberyeberye. Nabomusawa ekumi nemu bweba'ja, nebawebwa buli muntu edinali emu. Nabo abāsoka bweba'ja, nebalowōza nti banāwebwa okukirawo; naye nabo nebawebwa buli muntu edinali emu. Bwebāgiwebwa, nebemulugunyiza omwāmi, nga bagamba nti Bano aboluvanyuma bakole'de esawa emu, nobenkanya na'fe, abateganye enkya nesana nga litwōkya. Naye na'damu nāgamba omu kwabo nti Mu'nānge, sikukoze bubi: tewalagānye nānge edinali emu? Twāla eyiyo, ogende; njagala okuwa ono owoluvanyuma nga 'gwe. Siīnza kukola byānge nga bwenjagala? oba erisolyo bi kubanga 'nze ndi mulūngi? Bwebatyo aboluvanyuma baliba aboluberyeberye, naboluberyeberye baliba aboluvanyuma.

*Sabiti eitibwa Sekesagesima, ye Sabiti ebawo ngekyasigadeyo sabiti emu okutusa ku Zokusība.*

ESALA.

AI Katonda Mukama gwalaba nga tetwesiga kigambo kyona kyona kyetukola; kiriza mu kusasirakwo okutukuma namanyigo mu kabi kona; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. 2 *Kol.* xi. 19.

MUGUMĪKIRIZA nesanyu abasirusiru, kubanga ('mwe muli) bagezigezi. Kubanga mugumīkiriza omuntu, bwabafūla aba'du, bwabamira, bwabawāmba, bweyegulumiza, bwabakuba

Digitized by Google

amaso. Njoge'de olwokweswāza, ngabanafuwala. Naye omuntu yena kyagumira [njogera mu busirusiru], nānge nguma. Bo Baebulaniya? nānge. Bo Baisiraeri? nānge. Bo za'de lya Ibulaimu? nānge. Bo bawereza ba Masiya? [njogera ngomulalu] 'nze mbasinga; mu kufuba mbasu'kirira, mu kusibibwa mbasu'kirira, mu kukubibwa okuingirira enyo, mu kufa emirūndi emingi. Eri Abayudaya nakubibwa emirūndi etāno (emi'go) amakumi asatu mu mwenda. Emirūndi esatu nakubibwa enga, omulūndi gumu nakasukirirwa amainja, emirūndi esatu eryāto lyamenyeka, nasula nensība mu buziba; mu kūtambulānga emirūndi emingi, mu bubi obwemi'ga, mu bubi obwabanyazi, mu bubi obuva eri e'gwānga (lyānge), mu bubi obuva eri abamawānga, mu bubi obwomukibuga, mu bubi obwomu'dūngu, mu bubi obwomunyanja, mu bubi obwaboluganda abobulimba; mu kufuba nokukōwa, mu kutunulānga emirūndi emingi, mu njala nenyōnta, mu kusībānga emirūndi emingi, mu mpewo nokubēra obwerēre. Obuta'sāko bya bwēru, waliwo ekinzitowerera bulijo bulijo, okweralikirirānga olwekanisa zona. Ani omunafu, nānge bwesiba munafu? āni eyesitazibwa, nānge bwesāka? Obanga kingwāni'de okwenyumiriza, nenyumirizānga olwebyobunafu bwānge. Katonda Kitāwe wa Mukama (wa'fe) Isa, eyebazibwa emirembe gyona, amanyi nga sirimba.

ENJIRI. *Luk.* viii. 4.

AWO ekibīna kinene bwekyakung'ana nabāvānga mu buli kibuga bweba'ja wali, nāgera olugero nti Omusizi yafuluma okusiga ensigoze; bweyali ngasiga, endala nezigwa ku ma'bali ge'kubo; nezirinyirirwa, enyonyi ezomu'bānga nezizirya. Endala nezigwa ku lwāzi; bwezamala okumera neziwotōkerera, olwobutaba na ma'zi. Endala nezigwa wakati mu ma'gwa; ama'gwa negamerera wamu nazo negazizisa. Endala nezigwa ku 'taka edūngi, nezimera, nezibalako e'mere buli mpeke kikumi. Bweyamala okwogera ebigambo ebyo, nāyogerera wa'gulu nti Alina amatu agokuwulira awulire. Awo abaigirizwabe nebamubūza nti Olugero olwo kiki? Nāgamba nti 'Mwe muwere'dwa okumanya ebyāma ebyobwakabaka bwa Katonda: naye abalala mu ngero; era bwebalaba baleme okulaba, era bwebawulira baleme okutegēra. Era olugero lwe luno: Ensigo kye kigambo kya Katonda. Bali abokuma'bali ge'kubo be bawulira; awo Setani na'ja nākwakula ekigambo mu mitima gyābwe baleme oku'kiriza nokulokolebwa. Nabokulwāzi be bawulira ekigambo nebalyoka baki'kiriza nesanyu; nabo tebalina mizi, ba'kirizako kasēra, era mu biro ebyokukemebwa beyāwula. Nazo ezagwa mu ma'gwa, abo be bawulira, awo bwebagenda nebazīzibwa nokweralikirira nobuga'ga nesanyu eryomubulamu (buno) nebatatūkiriza kukuza 'mere. Nazo ezomu'taka edūngi, abo be bawulira ekigambo mu mutima omugolokofu, omulūngi, nebakinywēza, nebabala e'mere nokugumīkiriza.

Digitized by Google

*Sabiti eitibwa Kwinkwagesima, ye Sabiti esoka Ezokusiba.*

ESALA.

AI Mukama, eyatuigiriza nga awatali kwagalana ebikolwa byafe byona tebirimu; tuma Omwoyowo Omutukuvu, otufukire mu mitima gyafe ekirabo kino ekiwoma enyo, okwagalana, ekinyuwereza dala emirembe nebirungi byona, kubanga omuntu yena atalina kwagalana, newakubade nga mulamu, mu masogo ali nganga afude; ekyo okituwe Kubwomwanawo omu yeka Isa Masiya. *Amina.*

EBALUWA. 1 *Kol.* xiii. 1.

BWENJOGERA nenimi zabantu neza bamalaika, naye nesiba na kwagala, nga nfūse ekikomo ekivuga nebitāsa ebisāla. Era bwemba nobuna'bi nentegēra ebyāma byona nokutegēra kwona; era bwemba noku'kiriza kwona, noku'gyawo nenziyawo ensozi; naye nesiba na kwagala, nga siri kintu. Era bwengabira (abāvu) byenina byona okubalīsānga, era bwempayo omubiri gwānge okwōkebwa, naye nesiba na kwagala, nga siriko kyengasi'za. Okwagala kugumīkiriza, kulina ekisa; okwagala tekuba na bu'gya; okwagala tekwekulūmbaza, tekwegulumiza, tekukola bitasāna, tekunonya byakwo, tekunyīga, teku'sā bubi ku mwoyo; tekusanyukira bitali bya butūkirivu, naye kusanyukira wamu namazima; kugumīkiriza byona, ku'kiriza byona, kusūbira byona, kuzibikiriza byona. Okwagala teku'gwāwo emirembe gyona: naye oba buna'bi, bulivawo; oba enimi, zirikoma; oba okutegēra, kulivawo. Kubanga tutegērako kitūndu, era tulagulako kitūndu: naye ebitūkirivu bwebiri'ja, ebyekitūndu birivawo. Bwenali omuto, nayogerānga ngomuto, nategērānga ngomuto, nalowōzānga ngomuto: bwenakula, nendeka ebyobuto. Kubanga kakano tulabira mu ndabirwamu ebitalabika bulūngi; naye mu biro biri tulitunulagana namaso: kakano ntegērako kitūndu; naye mu biro biri nditegērera dala era nga bwenategērerwa dala. Naye kakano wabērawo oku'kiriza, okusūbira, okwagala, ebyo byonsatule; naye kwebyo ekisinga obukulu kwagala.

ENJIRI. *Luk.* xviii. 31.

AWO Isa yātwāla abo ekumi nababiri nābagamba nti Laba, tulinya Eyerusalemi, nebyo byona ebyawandikibwa bana'bi biritūkirira ku Mwāna womuntu. Kubanga aliwebwayo mu bamawānga, alidūlirwa, aligirirwa ekye'jo, aliwāndirwa amalusu: balimukuba enkoba balimu'ta: era ku lunaku olwokusatu alizūkira. Nabo nebatategērawo kwebyo nekimu; nekigambo ekyo kyali kibakweke'dwa, nebatategēra ebyayogerwa. Awo olwātūka bweyali nganātera okutūka Eyeriko, omuzibe wamaso yali ngatu'de ku 'kubo ngasabiriza; awo bweyawulira ekibīna nga kiita, nābūza

Digitized by Google

nti kiki ekyo. Nebamubūlira nti Isa Omunazalesi aita. Nāyogerera wa'gulu ngagamba nti Isa, omwāna wa Daudi, onsāsire. Nabo abāli bakulembe'de nebamubogolera okusirika; naye ye neyeyongera nyo okwogerera wa'gulu nti 'Gwe omwāna wa Daudi, onsāsire. Isa nāīmirira, nālagira okumuleta wāli; awo bweyasembera okumpi, nāmubūza nti Oyagala nkukolere ki? Nāgamba nti Mukama wānge, njagala okuzibula. Isa nāmugamba nti Zibula: oku'kirizakwo kukuloko'de. Amangwāgo nāzibula, nāmugoberera ngagulumiza Katonda: nabantu bona bwebālaba nebatendereza Katonda.

*Olunaku olwoluberyeberye mu Zokusība.*

ESALA.

AI Katonda Ainza-byona, atagwawo, atakyawa kintu kyona kyewakola, era asonyiwa ebibi byabo bona ababonerede; otutondere mufe emitima emigya egibonerede, tunakuwalire dala olwebibi byafe nga bwekitusanira, twatule bwetuli abanafu, tulyoke tuwebwe gwe, ai Katonda owokusasira kwona, okusonyibwa okutukirivu okwebibi byafe byona; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Esala eyo enesomebwanga buli lunaku mu Zokusība Esala eragirwu Olunaku lwe nyini ngegwanga okusomebwa.*

MU KIFO KYEBALUWA. *Yo.* ii. 12.

ERA naye ne kakano, ayogera Mukama, munkyūkire nomutima gwa'mwe gwona, nokusība nokukāba amaziga nokuwubāla: era muyuze omutima gwa'mwe 'sō si byambalo bya'mwe, mukyukire Mukama Katonda wa'mwe: kubanga wa kisa, ere a'ju'de okusāsira, alwāwo okusunguwala, era akwatirwa nyo ekisa, era yejusa obutaleta bubi. Ani amanyi obanga takyūke neyejusa nāleka omukisa enyumawe, kye kiwebwayo ekyobu'ta nekiwebwayo ekyokunywa eri Mukama Katonda wa'mwe? Mufūire ekondēre mu Sayuni, mutukuze okusība, muite okukung'ana okutukuvu: mukung'anye abantu, mutukuze ekibīna, mukung'anye abaka'de, mulete abāna abato nabo abayōnka amabēre: awasa omugole avo mu kisengekye, nomugole mu njuye. Bakabona, abawereza ba Mukama, bakābire amaziga wakati wekisasi nekyōto, era bogere nti Sāsira abantubo, ai Mukama, 'sō towayo busikābwo okuvumibwa, amawānga okubafuga: kiki ekināba kibōge'za mu mawānga nti Katonda wābwe aliru'dawa?

ENJIRI. *Mat.* vi. 16.

BWEMUSĪBANGA, temubērānga nga banānfusi, abalina amaso agenaku: kubanga beyōnōna amaso gābwe, era abantu babalabe nga basība. Mazima mbagamba nti Bamaze okuwebwa

Digitized by Google

empēra yābwe. Naye 'gwe bwosībānga, osābānga amafuta ku mutwe, onābānga ne mu maso; abantu balemēnga okulaba ngosība, naye Kitāwo ali mu kyāma: kale Kitāwo alaba mu kyāma alikuwa empēra. Temweterekerānga bintu kunsi, kwebyōnōnekera nenyenje nobutala'ge, naba'bi kwebasimira neba'ba: naye mweterekerēnga ebintu mu 'gulu, mwebitayōnōnekera nenyenjo newakuba'de obutala'ge, 'sō naba'bi mwebatasimira, 'sō teba'ba: kubanga ebintubyo webibēra, omutimagwo nagwo gunābēra eyo.

*Sabiti eyoluberyeberye mu Zokusība.*

ESALA.

AI Mukama, eyasība kulwafe enaku amakumi ana emisana nekiro; otuwe ekisa twegendereze bwetutyo, Omwoyo afuge omubiri gwafe, tulyoke tuwulire bulijo edoboziryo edungi mu butukirivu ne mu butukuvu obwamazima, gwe ogulumizibwo otenderezebwe, abera omulamu, afugira awamu ne Kitafe Nomwoyo Omutukuvu, Katonda omu, emirembe egitagwawo. *Amina.*

EBALUWA. 2 *Kol.* vi. 1.

ERA nafe bwetukolera emirimu awamu naye tubegairira obutawerwa bwerēre kisa kya Katonda [kubanga ayogera nti Mu biro ebyoku'kirizibwamu nakuwulira, ne ku lunaku olwobulokozi nakubēra: laba, kakano bye biro ebyoku'kirizibwamu; laba, kakano lwe lunaku olwobulokozi]: nga tetuleta nkōnge yona mu kigambo kyona, okuwereza kwa'fe kulemēnga okunenyezebwa; naye mu byona nga twetendereza ngabawereza ba Katonda, mu kugumīkiriza okungi, mu bibonobono, mu kwetāga, mu naku, mu kukubibwa, mu kusibibwa, mu kukayāna, mu kufuba, mu kutunula, mu kusība; mu bulongōfu, mu kutegēra, mu kugumīkiriza, mu kisa, mu Mwoyo Omutukuvu, mu kwagala okutalimu bunanfusi, mu kigambo ekyamazima, mu mānyi ga Katonda; olwebyokulwānyisa ebyobutūkirivu ku mukono ogwadyo nogwa kono, olwekitībwa nolwokunyōmebwa, olwokuvumibwa nolwokusīmibwa; ngabalimba, era (naye) abamazima; ngabatategērebwa, era (naye) abategērebwa enyo; ngabafa, era, laba, tuli balamu; ngababonerezebwa, era netuta'tibwa; ngabanakuwala, naye abasanyuka bulijo; ngabāvu, naye abaga'gawaza abangi; ngabatalina kintu, era (naye) abalina dala byona.

ENJIRI. *Mat.* iv. 1.

AWO Isa yātwālibwa Omwoyo mu 'dūngu okukemebwa Setani. Bweyamala okusība enaku amakumi ana, emisana nekiro, enjala neryoka emulūma. Omukemi na'ja nāmugamba nti Oboli Mwāna wa Katonda, gamba amainja gano gafūke e'mere. Naye na'damu nāgamba nti Kyawandikibwa nti Omuntu tabānga mulamu

Digitized by Google

na 'mere yo'ka, wabula na buli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda. Awo Setani nāmutwāla ku kibuga ekitukuvu; nāmuteka ku kiti'kiro kyeyekalu, nāmugamba nti Oboli Mwāna wa Katonda, būka ogwe wansi: kubanga kyawandikibwa nti Alikulagiririza bamalaikabe: mu mikono gyābwe balikuwanirira, olemo okwesitala ekigerekyo ku 'jinja. Isa nāmugamba nti Kyawandikibwa nate nti Tokemānga Mukama Katondawo. Ate Setani nāmutwāla ku lusozi oluwānvu enyo, nāmulaga ensi za bakabaka bona abali munsi, nekitībwa kyazo; nāmugamba nti Ebyo byona nākuwa bwonovūnama okunsinza. Awo Isa nāmugamba nti Vawo genda, Setani: kubanga kyawandikibwa nti Osinzānga Mukama Katondawo, omuwerezānga ye'ka. Awo Setani nāmuleka; laba, bamalaika neba'ja, nebamuwereza.

*Sabiti eyokubiri mu Zokusība.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, alaba nga feka tetulina manyi ga kwerwanirira; otukume emibiri gyafe kungulu, era nobulamu bwafe munda; tulyoke tulokoke mu kabi kona akainza okutulumba emibiri gyafe, ne mu birowozo ebibi byona ebiinza okutwonona mu bulamu bwafe; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. 1 *Bas.* iv. 1.

KALE, aboluganda, tubegairira tubabūlirira mu Mukama (wa'fe) Isa, nga bwemwawebwa 'fe bwekibagwānira okutambulānga nokusīmibwānga Katonda, era nga bwemutambula, —okweyongerāngako nate. Kubanga mumanyi ebiragiro bwebiri byetwabalagira kubwa Mukama (wa'fe) Isa. Kubanga ekyo Katonda kyayagala, okutukuzibwa kwa'mwe, okwewalānga obwenzi; buli muntu ku'mwe okumanyānga okufuga omubirigwe ye mu butukuvu nekitībwa, si mu mululu ogwokwegōmba, era ngamawānga agatamanyi Katonda; alemēnga okuitirira mugandawe newakuba'de okumusobyako mu kigambo ekyo: kubanga Mukama (wa'fe) awalana e'gwānga eryebyo byona, era nga bwetwasoka okubabūlira nokutegēreza dala. Kubanga Katonda teyatuitira bugwagwa, wabula mu butukuvu. Kale agāna tagāna muntu, wabula Katonda, abawa Omwoyowe Omutukuvu.

ENJIRI. *Mat.* xv. 21.

ISA yāvayo, nāgenda ku njui Zetulo Nesidoni. Kale, laba, omukazi Omukanani nāva ku mbibi eyo, nāyogerera wa'gulu ngagamba nti Onsāsire, Mukama (wānge), omwāna wa Daudi; muwala wānge alwa'de nyo omuzimu. Naye nātamu'damu kigambo. Abaigirizwabe neba'ja nebamwegairira, nga bagamba nti Musībule; kubanga atulekānira emabega. Naye na'damu nāgamba

nti Satumibwa wabula eri endiga ezabula ezomunyumba ya Isiraeri. Naye na'ja nāmusinza, ngagamba nti Mukama (wānge), mbēra. Na'damu nāgamba nti Si kirūngi oku'dira e'mere yabāna nokugisūlira obubwa. Naye nāgamba nti Wewawo, Mukama (wānge): kubanga nobubwa bulya obukunkumuka obugwa ku meza ya bakama babwo. Isa nālyoka a'damu nāmugamba nti 'Gwe omukazi, oku'kirizakwo kunene: kibēre gyoli nga bwoyagala. Muwalawe nāwona okuva mu kisēra ekyo.

*Sabiti eyokusatu mu Zokusība.*

ESALA.

TUKWEGAIRIDE, Katonda Ainza-byona, otunulire okwagala kwomumitima gyafe abadubo abawombefu, ogolole omukono ogwadyo ogwobukulubwo, okubera engabo yafe eri abalabe bafe bona; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bef.* v. 1.

KALE mugobererēnga Katonda, ngabāna abāgalwa; era mutambulirēnga mu kwagala, era nga Masiya bweyabagala 'mwe, neyewayo kulwa'fe (okubēra) ekirabo era sadaka eri Katonda okubēra e'vūmbe eriwunya obulūngi. Naye obwenzi nobugwagwa bwona nokwegōmba nokwogerebwa tebyogerebwāngako mu'mwe, nga bwekigwānira abatukuvu; newakuba'de ebyesonyi, newakuba'de ebinyumizibwa ebyobusiru, newakuba'de okubalāta, ebitasāna: naye wakiri okwebazānga. Kubanga ekyo mukitegērera dala nga tewali mwenzi, oba mugwagwa, oba eyegōmba, yasinza ebifananyi, alina obusika mu bwakabaka bwa Masiya ne Katonda. Omuntu yena tabalimbānga nebigambo ebitalimu: kubanga olwebyo obusūngu bwa Katonda bu'ja ku bāna abatawulira. Kale temu'sānga kimu nabo; kubanga e'da mwali kizikiza, naye kakano (muli) musana mu Mukama (wa'fe): mutambulēnga ngabāna bomusana [kubanga ebibala byomusana biri mu bulūngi bwona nobutūkirivu namazima], nga mukeberānga Mukama (wa'fe) kyayagala bwekiri; 'sō temu'sānga kimu nebikolwa ebitabala ebyekizikiza, naye wakiri mubibūlirirēnga bubūlirizi; kubanga kya nsonyi nokubyogerako ebyo byebakola mu kyāmā. Naye (ebigambo) byona, bwebibūlirirwa, omusana gubirabisa: kubanga buli ekirabisibwa gwe musana. Kyava ayogera nti Zukuka, 'gwe eyebase, ozūkire mu bafu, Masiya anākwākira.

ENJIRI. *Luk.* xi. 14.

ISA yali ngagoba omuzimu omusiru. Awo omuzimu bwegwamuvako, kasiru nāyogera, ebibina nebyewunya. Naye abamu nebagamba nti Agoba emizimu kubwa Beeruzebuli omukulu wemizimu. Nabalala, nebamwagaza akabonero akava mu 'gulu, nga

Digitized by Google

bamukema. Naye ye, bweyamanya byebālowōza, nābagamba nti Buli bwakabaka bwona bwebwāwukanamu bwo bwo'ka buzikirira; nenyumba bweyāwukanamu nenyumba egwa. Ne Setani bwayāwukanamu ye ye'ka, obwakabakabwe buliīmirirawo butya? kubanga mugamba nti ngoba emizimu kubwa Beeruzebuli. Era obanga 'nze ngoba emizimu kubwa Beeruzebuli, abāna ba'mwe bagigoba kubwāni? kyebaliva baba abalamuzi ba'mwe. Naye bwemba ngobesa emizimu engalo ya Katonda, kale obwakabaka bwa Katonda buba'ji'de. (Omuntu) owamānyi ngalina ebyokulwānyisa bwakūma olu'gyalwe, ebintubye bibēra mirembe: naye amusinga amānyi bwamu'jira nāmuwāngula, amunyagako ebyokulwānyisabye byona byeyesiga, nāgaba ebintubye. Ataba nānge ye mulabe wānge; era atakung'anyiza wamu nānge asāsānya. Omuzimu omubi bweguva ku muntu, guita mu bifo ebitalimu ma'zi nga gunonya awokuwu'mulira; bwegubulwa gugamba nti Kanzireyo mu nyumba yānge mwenava. Bwegu'ja, gugiraba ngeyere'dwa etīmbi'dwa. Kale gugenda, neguleta emizimu emirala omusānvu emibi okugusinga gwo, negiingira negibēra omwo: kale ebyoluvanyuma ebyomuntu oyo bibēra bibi okusinga ebyoluberyeberye. Awo olwātūka ngayogera ebyo, omukazi owomukibīna nāimusa e'dobozirye nāmugamba nti Lulina omukisa olubuto olwakuzāla namabēre gewayōnkako. Naye ye nāgamba nti Ekisinga, balina omukisa abawulira ekigambo kya Katonda, nebakyekūma.

*Sabiti eyokuna mu Zokusiba.*

ESALA.

KIRIZA, Katonda Ainza-byona, fe abasanira enyo okubulirirwa olwebikolwa byafe ebibi, okutusonyiwa nokutusanyusa nekisakyo olwokusasirakwo kubwa Mukama wafe era Omulokozi wafe Isa Masiya. *Amina.*

EBALUWA. *Bag.* iv. 21.

MUMBŪLIRE 'mwe abagala okufugibwa amatēka, temuwulira matēka? Kubanga kyawandikibwa nti Ibulaimu yalina abāna babiri, omu wa muzāna, omu wa wa 'dembe. Naye owomuzāna yazālibwa lwa mubiri; naye owowe'dembe lwa kusūbiza. Ebyo bya lugero: kubanga (abakazi) abo ze ndagāno biri; emu eva ku lusozi Sinai, ezāla olwobu'du, eyo ye Agali. Agali oyo lwe lusozi Sinai oluli mu Buwalabu, era yenkanankana ne Yerusalemi ekya kakano: kubanga mu'du wamu nabānabe. Naye Yerusalemi ekyomu'gulu kye kye'dembe, ye nya'fe. Kubanga kyawandikibwa nti Sanyuka, omugumba atazāla; baguka okwogerera wa'gulu, atalūmwa: kubanga abāna boyo eyalekebwayo bangi okusinga aboyo alina omusaja. Naye 'fe, aboluganda, tuli bāna ba kusūbiza nga Isaka bweyali. Naye nga mu biro biri

Digitized by Google

cyazālibwa olwomubiri nga bweyai'ganya (cyazālibwa) olwomwoyo, bwekityo ne kakano. Naye ebyawandikibwa byogera bitya? nti Goba omuzāna nomwānawe: kubanga omwāna womuzāna talisikira wamu nomwāna wowe'dembe. Kale, aboluganda, 'fe tetuli ba muzāna, naye ba wa 'dembe.

ENJIRI. *Yok.* vi. 1.

ISA yāgenda emitala wenyanja Eyegaliraya Eyetiberiya. Ekibīna ekinene nekimugoberera kubanga bālaba obubonero bweyakola ku balwa'de. Isa nālinya ku lusozi nātūla eyo nabaigirizwabe. Nokuitako, embaga Yabayudaya, kwali kunātera okutūka. Awo Isa nāimusa amaso, nālaba ekibīna ekinene nga ki'ja gyāli, nāgamba Firipo nti Tunāgula wa e'mere, bano gyebanālya? Yayogera atyo kumukema, ngamanyi ye'ka kyagenda okukola. Firipo nāmu'damu nti E'mere (egulibwa) dinali ebikumi ebibiri tebabune, buli muntu okulyako akatono. Omu ku baigirizwabe, ye Andereya muganda wa Simoni Petero, nāmugamba nti Waliwo omulenzi wano alina emigāti etāno egya sayiri nebyenyanja bibiri; naye bino bināgagasa ki abenkani'de awo obungi? Isa nāgamba nti Mutūze abantu. Era wāliwo esubi lingi mu kifo ekyo. Awo abasaja nebatūla, omuwendo ngenkumi tāno. Awo Isa nātōla emigāti; neyebaza; nāgabira bali abatu'de; nebyenyanja bwatyo nga bwebāyagala. Bweba'kuta nāgamba abaigirizwabe nti Mukung'anye obukunkumuka obusiga'dewo, waleme okubula ekintu. Awo nebabukung'anya neba'juza ebi'bo kumi na bibiri nobukunkumuka obwemigāti etāno egya sayiri, bali abālya bwebālemwa. Awo abantu bwebālaba akabonero keyakola, nebagamba nti Mazima ono ye na'bi oyo a'ja munsi.

*Sabiti eyokutano mu Zokusiba.*

ESALA.

TUKWEGAIRIDE, Katonda Ainza-byona, okubatunulira abantubo nokusaasira; balyoke bafugibwe bakumibwe mu bulungibwo obungi emibiri nobulamu bwabwo enaku zona; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Baeb.* ix. 11.

MASIYA bweya'ja kabona asinga obukulu owebigambo ebirūngi ebigenda oku'ja, nāita mu wema esinga obukulu nokutūkirira, etakolebwa na mikono, amakulu, etali ya munsi muno, 'sō si lwa musai gwa mbuzi nenyana, naye lwa musaigwe ye, nāingirira dala omulūndi gumu mu watukuvu, bweyamala okufuna okununula okuta'gwāwo. Kuba obanga omusai gwembuzi nente enumo



Digitized by Google

ne'vu lyente endūsi, ebimānsirwa kwabo abalina empitambi, bitukuza okunāza omubiri; omusai gwa Masiya, eyewayo ye'ka Olwomwoyo ata'gwāwo eri Katonda nga taliko bulema, tegulisinga nyo okunāza omwoyo gwa'mwe mu bikolwa ebifu okuwereza Katonda omulamu? Era ye kyava abēra omubaka wendagāno empya, okufa bwekwabērawo olwokununula mu byōnōno ebyomundagāno eyoluberyeberyo, abaitibwa balyoke bawebwe okusūbiza kwobusika obuta'gwāwo.

ENJIRI. *Yok.* viii. 46.

ISA yagamba nti Ani ku'mwe a'numiriza ekibi? Bwenjogera amazima kiki ekibalobe'de okunzi'kiriza? Owa Katonda awulira ebigambo bya Katonda: 'mwe kyemuva mulema okuwulira, kubanga temuli ba Katonda. Abayudaya neba'damu nebamugamba nti Tetwogera bulūngi 'fe nti 'Gwoli Musamaliya, era oliko omuzimu? Isa na'damu nti Siriko muzimu; naye 'nze nzi'sāmu ekitībwa Kitānge, na'mwe temunzi'sāmu kitībwa. Naye 'nze sinonya kitībwa kyānge: wali anonya era asala omusāngo. Dala dala mbagamba nti Omuntu bwakwata ekigambo kyānge, taliraba kufa emirembe nemirembe. Abayudaya nebamugamba nti Kakano tutege'de ngoliko omuzimu. Ibulaimu yafa ne bana'bi; nāwe ogamba nti Omuntu bwakwata ekigambo kyānge, talirega ku kufa emirembe nemirembe. 'Gwe mukulu okukira jaja'fe Ibulaimu eyafa? ne bana'bi bāfa: weita āni? Isa na'damu nti Bwenegulumiza 'nze'ka, okugulumira kwānge kuba kwa busa: angulumiza ye Kitānge: 'mwe gwemwogera nti ye Katonda wa'mwe: 'sō temumutegērānga: naye 'nze 'mumanyi; bwenāgamba nti Simumanyi, nāfanana nga 'mwe, mulimba: naye 'mumanyi, era nkwata ekigambokye. Ibulaimu jaja'mwe yasanyuka okulaba olunaku lwānge: nālulaba nāsanyuka. Awo Abayudaya nebamugamba nti Tonaba kumala myāka makumi atāno, ne Ibulaimu wamulaba? Isa nābagamba nti Dala dala mbagamba nti Ibulaimu nga tanaba kuzālibwa, 'nze nga wendi. Awo neba'dira amainja okumukuba; naye Isa neyekweka, nāfuluma mu yekalu.

## *Sabiti esoka Olwokuzukira.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, atagwawo, gweyatuma olwokwagalakwo okuwombefu eri abantu Omwanawo Omulokozi wafe Isa Masiya, okwambala omubiri gwafe, nokufira ku musalaba abantu bona balyoke bamugoberere mu kwewombekakwe okungi; otuwe mu kusasirakwo fe bwetulimala okugumikiriza ngoyo bweyagumikiriza tulyoke tusekimu naye mu kuzukirakwe; kubwoyo Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

Digitized by Google

EBALUWA. *Baf.* ii. 5.

MWE mubērēngamu okulowōza kuli, era okwali mu Masiya Isa: oyo bwoyasoka okubēra mu kifananyi kya Katonda, teyalowōza kintu ekyegōmbebwa okwenkanankana ne Katonda, naye ye'gyako (ekitībwa), bweyatwāla engeri yomu'du nābēra mu kifananyi kyabantu; era bweyalabika omutīndo ngomuntu, neyetōwaza, ngawulira okutūsa okufa, era okufa okwokumusalaba. Era Katonda kyeyava amugulumiza enyo nāmuwa erinya liri erisinga amanya gona; buli vivi lifukamirirēnga erinya lya Isa, eryebyomu'gulu nebyokunsi nebyawansi wensi, era buli lulimi lwātulēnga nga Isa Masiya ye Mukama (wa'fe), Katonda Kita'fe awebwe ekitībwa.

ENJIRI. *Mat.* xxvii. 1.

OBU'DE bwebwakya, bakabona abakulu bona nabaka'de babantu nebatēsa wamu ebya Isa okumu'ta: nebamusiba, nebamutwāla, nebamuwayo eri Pirato owesaza. Awo Yuda, eyamulyamu olukwe, bweyalaba ngomusāngo gumusinze, neyejusa, na'diza bakabona abakulu nabaka'de ebitūndu ebyo amakumi asatu ebya feza, ngagamba nti Nayōnōna okulyamu olukwe omusai ogutalina kabi. Naye bo nebamugamba nti Guno (guli) ku'fe? musāngogwo. Efeza nāzisūla mu yekalu, nāfuluma, nāgenda neyetuga. Naye bakabona abakulu nebatwāla ebitūndu biri ebya feza, nebagamba nti Kya muzizo okubiteka mu gwanika lya Katonda, kubanga muwendo gwomusai. Nebatēsa, nebazigulamu olusuku lwomubūmbi, okuzīkāngamu abagenyi. Olusuku luli kyeruva luitibwa olusuku lwomusai, ne kakano. Awo lwekyatūkirira ekyayogererwa mu na'bi Yeremiya, ngagamba nti Nebatwāla ebitūndu ebya feza amakumi asatu, omuwendo gwoyo gwebālamula omuwendo, (abamu) ku bāna ba Isiraeri gwebālamula; nebabi'gyamu olusuku lwomubūmbi, nga Mukama bweyandagira. Naye Isa nāīmirira mu maso gowesaza: owesaza nāmubūza ngagamba nti 'Gwe Kabaka Wabayudaya? naye Isa nāmugamba nti Oyoge'de. Bakabona abakulu nabaka'de bwebāmulopa, nāta'damu na katono. Awo Pirato nāmugamba nti Towulira bigambo bino byebakulumiriza bwebiri? Naye teyamu'damu na kigambo na kimu: owesaza nokwewunya neyewunya nyo. Naye ku mbaga owesaza yalina empisa okusumululirānga ekibīna omusibe omu, gwebāyagalānga. Era mu biro ebyo bālina omusibe omumanyi, aitibwa Bala'ba. Awo bwebākung'ana, Pirato nābagamba nti Aluwa gwemwagala 'mubasumululire? Bala'ba, oba Isa aitibwa Masiya? Kubanga yamanya nga bamuwesezayo bu'gya. Naye bweyatūla ku ntebe eyemisāngo, mukaziwe nāmutumira, ngagamba nti Omuntu oyo omutūkirivu tomukola kintu na katono: kubanga nalūmi'dwa lero bingi mu kirōto kululwe. Naye bakabona abakulu nabaka'de nebabūlirira ebibīna okusaba Bala'ba, bazikirize Isa.

Digitized by Google

Naye owesaza na'damu nābagamba nti Kwabo bōmbi aluwa gwemwagala 'mubasumululire? Nebagamba nti Bala'ba. Pirato nābagamba nti Kale nākola ntya Isa aitibwa Masiya? Bona nebagamba nti Akomererwe. Naye nāgamba nti Lwaki? ekibi kyakoze kiruwa? Naye nebakayāna nyo, nebagamba nti Akomererwe. Naye Pirato bweyalaba nga tasobole na katono, era nga bainze kukayāna, nātōla ama'zi, nānāba mu ngalo mu maso gekibīna ngagamba nti 'Nze siriko kabi olwomusai gwomuntu ono omutūkirivu: musāngo gwa'mwe. Abantu bona neba'damu nebagamba nti Omusaigwe (gubēre) ku'fe, ne ku bāna ba'fe. Awo nābasumululira Bala'ba: naye Isa nāmukuba enkoba nālyoka amuwayo okukomererwa. Awo baserikale bowesaza nebatwāla Isa mu kigāngo ekyemisāngo, nebamukung'anyizako ekitōngole kyona. Nebamwambula, nebamwambaza olugoye olumyufu. Nebaluka engule eyama'gwa, nebagi'sā ku mutwegwe, nolumuli mu mukonogwe ogwadyo; nebafukamira mu masoge, nebamudūlira, nga bagamba nti Mirembe, Kabaka Wabayudaya! Nebamuwāndira amalusu, nebatōla olumuli luli nebamukuba mu mutwe. Awo bwebāmala okumudūlira, nebamwambulako olugoye, nebamwambaza ebyambalobye, nebamutwāla okumukomerera. Naye bwebāli bafuluma, nebasisinkana omuntu Omukulene, erinyalye Simoni: nebamuwaliriza oyo yetike omusalabagwe. Bwebātūka mu kifo ekiitibwa Gologosa, amakulu gakyo kifo kya kiwānga, nebamuwa omwenge okunywa ogutabu'dwamu omusūsa: naye bweyalegako, nātayagala kunywa. Bwebāmala okumukomerera, nebagabana ebyambalobye, nga bakuba akalulu; nebatūla awo nebamutunulira. Neba'sā wa'gulu ku mutwegwe omusāngogwe oguwandiki'dwa nti ONO YE ISA KABAKA WABAYUDAYA. Awo abanyazi babiri nebakomererwa naye, omu ku mukono ogwadyo, omulala ku gwa kono. Nabāli baita nebamuvuma, nga banyenya emitwe gyābwe, nga bagamba nti 'Gwamenya yekalu, agizīmbira enaku esatu, werokole: obanga oli Mwāna wa Katonda, va ku musalaba o'ke. Bakabona abakulu nabawandisi nabaka'de nebadūla bwebatyo, nga bagamba nti Yalokola balala; taīnza kwerokola ye'ka. Ye Kabaka wa Isiraeri; ave kakano ku musalaba, na'fe tunāmu'kiriza. Yesiga Katonda; amulokole kakano, oba amwagala: kubanga yagamba nti Ndi Mwāna wa Katonda. Abanyazi abākomererwa naye era nabo nebamuvuma bwebatyo. Naye okuva ku sawa eyomukāga kyali kizikiza kunsi yona okutūka ku sawa eyomwenda. Obu'de bwebwātūka ngesawa eyomwenda Isa nāyogerera wa'gulu ne'dobozi 'dene, ngagamba nti Eri, Eri, lama sabakusani? amakulu gakyo nti Katonda wānge, Katonda wānge, kiki ekikundese'za? Naye abalala abāli baīmiri'dewo bwebāwulira, nebagamba nti Ono aita Eriya. Amangwāgo mu'nābwe omu na'dukana, nātōla ekisūmwa, nāki'juza omwenge omukātufu, nāki'sā ku lumuli, nāmunywesa. Naye abalala nebagamba nti Leka; tulabe nga Eriya ana'ja okumulokola. Naye

Isa nāyogerera nate ne'dobozi 'dene, nāta omwoyogwe. Laba, e'gigi lyeyekalu neriyulikamu wabiri okuva wa'gulu okutūka wansi; ensi nekankana; enjāzi nezatika: entāna nezibi'kuka; emirāmbo mingi egyabatukuvu abāli bebase negizūkizibwa; nebava mu ntāna bweyamala okuzūkira, nebaingira mu kibuga ekitukuvu, abantu bangi nebabalaba. Naye omwāmi wekitōngole, na bali abāli naye nga batunulira Isa, bwebālaba ekikankano, nebigambo ebiba'dewo, nebatya nyo, nebagamba nti Mazima ono aba'de Mwāna wa Katonda.

## *Lwokubiri Olwokuzukira nga terunatuka.*

### MU KIFO KYEBALUWA. *Is.* lxiii. 1.

ANI ono ava mu Edomu, ngalina ebyambalo ebikakātike ngava Ebozula? ono alina engoye ezekitībwa, ngatambuza amānyige amangi? 'Nzayogeza obutūkirivu, owamānyi okulokola. Obere'de ki omumyufu mu byambalobyo, engoyezo nezifanana oyo asāmbira mu so'golero? Nsāmbye eso'golero omu 'nze'ka; 'sō ku mawānga tekwali nomu eyali awamu nānge: wewawo, nabasāmba mu busūngu bwānge nembalinyirira mu kiruwi kyānge; nomusai ogwobulamu bwābwe gumānsi'dwa ku byambalo byānge era nyinyise engoye zānge zona. Kubanga olunaku olwokuwalanirwako e'gwānga lwali mu mutima gwānge, nomwāka ogwabanunule bānge gutūse. Ne'magamaga newataba wa kubēra; ninewunya obutabawo wa kuwanirira: omukono gwānge 'nze kyegwava gundetera obulokozi; nekiruwi kyānge kye kyampanirira. Ne'nyiririra amawānga wansi mu busūngu bwānge, nembatamīza mu kiruwi kyānge, nenfuka ku 'taka omusai ogwobulamu bwābwe. Nāyogera ku (bikolwa) bya Mukama ebyekisa ekingi namatendo ga Mukama, nga byona bwebiri byatuwa'de Mukama; nobulūngi obungi obuli eri enyumba ya Isiraeri, bwabawa'de ngokusāsirakwe bwekuli era ngolufulube bweruli olwebikolwabye ebyekisa ekingi. Kubanga yayogera nti Mazima be bantu bānge, abāna abatalikūsakūsa: kale nāba mulokozi wābwe. Yabonyabonyezebwa mu kubonyabonyezebwa kwābwe kwona, ne malaika ali mu masoge yabalokolānga: mu kwagalakwe ne mu kusāsirakwe yabanunula; nābasitulānga nābetikirānga enaku zona eze'da. Naye nebajēma nebanakuwaza omwoyowe omutukuvu: kyeyava akyūka okuba omulabe wābwe, nālwāna nabo ye ye nyini. Awo nālyoka a'jukira enaku eze'da, Musa nabantube, (ngayogera nti) Aliru'dawa oyo eyabalinyisa ngaba'gya mu nyanja wamu nabasūmba bendigaze? aliru'dawa oyo eyateka omwoyowe omutukuvu wakati mubo? eyatambuzānga omukonogwe ogwekitībwa awali omukono ogwadyo ogwa Musa? eyayāwulamu amaži mu maso gābwe okwekolera erinya eritali'gwāwo? eyabaisa mu buziba, ngembalāsi mu 'dūngu, obutesitala? Ngente bweziba ezi'ka mu kiwōnvu, omwoyo wa Mukama yabawu'muzānga bwatyo: bwewatwāla bwotyo abantubo

Digitized by Google

okwekolera erinya eryekitībwa. Tunula ngoima mu 'gulu, olabo ngoima mu nyumba eyobutukuvubwo nekitībwakyo: buliru'dawa obunyīkivubwo nebikolwabyo ebyamānyi? okwagala kwememeyo nokusāsirakwo kuzīzibwa gyendi. Kubanga 'gwe Kita'fe, newakuba'de nga Ibulaimu tatumanyi 'sō ne Isiraeri nga tatu'kiriza: 'gwe, ai Mukama, 'gwo Kita'fe; omununuzi wa'fe okuva emirembe nemirembe lye linyalyo. Ai Mukama, lwaki 'gwe okutukyāmya mu makubogo noka'kanyaza omutima gwa'fe obutakutya? Komawo kulwaba'dubo, ebika ebyobusikābwo. Abantubo abatukuvu bābulīra akasēra obusēra: abalabe ba'fe balinyiri'de awatukuvuwo. Tufūse ngābo botofugānga; ngābo abatatūmibwānga linyalyo.

ENJIRI. *Ma'k.* xiv. 1.

AWO enaku ebiri bwezaitawo, newabawo Okuitako nemigāti egitazimbulukuswa: awo bakabona abakulu nabawandisi nebasala amagezi bwebanāmukwata mu lukwe nokumu'ta: kubanga bāgamba nti Si ku lunaku lwa mbaga, mpo'zi waleme okubawo okukayana mu bantu. Awo bweyali mu Besaniya mu nyumba ya Simoni omugēnge, ngatu'de ku 'mere, omukazi eyalina ecupa eyamafuta agomugavu ogwomuwendo omungi enyo na'ja, nāyasa ecupa, amafuta nāgafuka ku mutwegwe. Nayo wāliwo abamu abāsunguwala bo'ka nga bagamba nti Amafuta gafu'de ki bwegatyo? Kubanga amafuta gano bandiīnzi'za okugatūndamu edinali ebikumi bisatu nokusingawo nokugabira abāvu. Nebamwemulugunyiza. Naye Isa nāgamba nti Mumuleke; mumunakuwaliza ki? ankole'de ekikolwa ekirūngi. Kubanga abāvu bemulinabo bulijo; na buli lwemwagala muīnza okubakola obulūngi: naye 'nze temuli nānge bulijo. Akoze nga bwaīnzi'za: asose okufuka amafuta ku mubiri gwānge okunzīka. Mazima mbagamba nti Enjiri buli gyenebūlirwānga munsi zona, nekyo omukazi ono kyakoze kināyogerwāngako okumu'jukira. Awo Yuda Isukalyoti eyali omu ku kumi nababiri nāgenda eri bakabona abakulu, okumuwayo gyebali. Awo bwebāwulira, nebasanyuka, nebasūbiza okumuwa efeza. Nāsala amagezi bwanālaba e'bānga okumuwayo. Awo ku lunaku olwasoka olwemigāti egitazimbulukuswa lweba'ta Okuitako, abaigirizwabo nebamugamba nti Oyagala tugende wa tutegeke gyonolīra Okuitako. Nātuma abokubaigirizwabe babiri, nābagamba nti Mugende mu kibuga, anāsisinkana na'mwe omusaja nga yetise ensuwa yama'zi: mumugoberere; yona yona mwanāingira mugambe nanyini nyumba nti Omuigiriza agambye nti Enyumba eriru'dawa mwenālīra Okuitako nabaigirizwa bānge? Anābalaga ye ye nyini enyumba nene eyawa'gulu eyālīri'dwa etegeke'dwa: mututegekere omwo. Awo abaigirizwa nebagenda neba'ja ku kibuga, nebalaba nga bweyabagambye; nebategeka Okuitako. Awo bwebwawungēra na'ja nekumi nababiri. Awo bwebāli batu'de ku 'mere, Isa nāgamba nti Mazima mbagamba nti Omu ku'mwe alya nānge anāndyāmu

Digitized by Google

olukwe; nebatanula okunakuwala nokumugamba ki'nomu nti Ye 'nze? Nābagamba nti Omu ku kumi nababiri akoza nānge mu kibya ye wuyo. Kubanga Omwāna womuntu agenda nga bwekyamuwandikirwa: naye zirimusānga omuntu oyo alyāmu olukwe Omwāna womuntu! kyandiba'de kirūngi eri oyo singa teyazālibwa omuntu oyo. Awo bwebāli balya, nātōla omugāti, awo bweyamala okwebaza nāgumenyamu, nābawa, nāgamba nti Mutōle; guno gwe mubiri gwānge. Na'dira ekikōmpe, awo bweyamala okweyanza, nābawa: nebakinywako bona. Nābagamba nti Guno gwe musai gwānge ogwendagāno, oguyika olwabangi. Mazima mbagamba nti Sirinywa nate ku bibala ku muzabibu, okutūsa ku lunaku luli lwendigunywa omugya mu bwakabaka bwa Katonda. Awo bwebāmala okuīmba oluīmba, nebafuluma nebagenda ku lusozi olwa Zeituni. Awo Isa nābagamba nti Munesitala 'mwena: kubanga kyawandikibwa nti Ndikuba omusūmba, nendiga zirisāsāna. Naye bwendimala okuzūkizibwa, ndibakulembera (okugenda) mu Galiraya. Naye Petero nāmugamba nti Newakuba'de nga bona banesitala, naye si'nze. Isa nāmugamba nti Mazima nkugamba nti 'gwe lero, ekiro kino, enkoko eneba tenakokolima emirūndi ebiri, ononegāna emirūndi esatu. Naye neyeyongera nyo okwogera nti Newakuba'de nga kingwānira okufira awamu nāwe, sikwegāne na katono. Era bona nebagamba bwebatyo. Awo neba'ja mu kifo erinya lyakyo Gesusemane: nāgamba abaigirizwabe nti Mutūle wano 'male okusaba. Nātwāla Petero ne Yakobo ne Yokana wamu naye, nātanula okuwunīkirira nokweralikirira enyo. Nābagamba nti Ememe yānge eriko enaku nyingi, zigenda kunzi'ta: mubēre wano, mutunule. Nātambulako katono, nāvūnama wansi nāsaba, obanga kiīnzika, ekisēra kimuiteko. Nāgamba nti Aba, Kitānge, byona biīnzika gyoli; nziyako ekikōmpe kino; naye si nga 'nze bwenjagala, wabula nga 'gwe bwoyagala. Awo na'ja, nābasānga nga bebase, nāgamba Petero nti Simoni, webase? toba'de na mānyi agokutunula nesawa emu? Mutunule, musabe, muleme okuingira mu kukemebwa: omwoyo gwe gwagala, naye omubiri gwe munafu. Nate na'dayo, nāsaba, nāyogera ebigambo bimu na biri. Nākomawo nate, nābasānga nga bebase, kubanga amaso gābwe gali gakāmbaga nyo; 'sō tebāmanya bwebanāmu'damu. Na'ja omulūndi ogwokusatu, nābagamba nti Mwebakire dala kakano, muwu'mule: kināmala; ekisēra kitūse; laba, Omwāna womuntu awebwāyo mu mikono gyabalina ebibi. Muimuke, tugende; laba, andyāmu olukwe anātera okutūka. Awo amangwāgo, bweyali akyayogera, Yuda, omu ku kumi nababiri na'ja nekibīna wamu naye abīlina ebitala nemi'go, nga bāva eri bakabona abakulu, nabawandisi nabaka'de. Era oyo eyamulyāmu olukwe yali abawa'de akabonero ngagamba nti Gwenānywegera, nga ye wuyo; mumukwate, mumutwāle nga mumunywēze'za. Awo bweyatūka, amangwāgo na'ja gyāli nāgamba nti Labi;

Digitized by Google

nāmunywegera nyo. Nebamu'sāko emikono gyābwe, nebamukwata. Naye omu kwabo abāli baīmiri'de awo nāsôwola ekitala, nātema omu'du wa kabona asinga obukulu nāmusalako okutu. Awo Isa na'damu nābagamba nti Munji'jiri'de nga bwemu'jira omunyazi nebitala nemi'go okunkwata? Buli lunaku nabērānga na'mwe mu yekalu nga njigiriza, nga temwankwata: naye kino kikole'dwa, ebyawandikibwa bitūkirire. Awo bona nebamwabulira neba'duka. Awo omulenzi omu nāmugoberera, eyali yebi'kiri'de olugoye olwekitani lwo'ka ku (mubiri): nebamukwata; naye nābalekera olugoye olwekitani, na'duka bwerēre. Awo nebatwāla Isa eri kabona asinga obukulu: nebamukung'anirako bakabona abakulu bona nabaka'de nabawandisi. Awo Petero nāmugoberera wala, okutūka munda mu lu'gya lwa kabona asinga obukulu; yali atu'de nabawereza ngayota omuliro. Awo bakabona abakulu nabomulukīko bona nebanonyeza Isa abajulirwa abokumu'sa, 'sō nebatabalaba. Kubanga abāmuwāiriza ebyobulimba bangi, 'sō nokuwāiriza kwābwe tekwali kumu. Awo abamu nebaimuka nebamuwāiriza, nga bagamba nti 'Fe twamuwulira ngagamba nti Ndimenya yekalu eno eyakolebwa nemikono, ne mu naku esatu ndizīmba endala etalikolebwa na mikono. 'Sō nokuwāiriza kwābwe okwonakwo tekwali kumu. Awo kabona asinga obukulu nāīmirira wakati, nābūza Isa, ngagamba nti 'Gwe toyanukula na katono? kiki kyebakulumiriza bano? Naye nāsirika busirisi, nātayanukula na katono. Nate kabona asinga obukulu nāmubūza, nāmugamba nti 'Gwe Masiya, Omwāna woyo eyebazibwa? Isa nāgamba nti 'Nze 'nzuno; na'mwe muliraba Omwāna womuntu ngatu'de ku mukono ogwadyo ogwamānyi, nga'ja nebire ebye'gulu. Awo kabona asinga obukulu nāyuza engoyeze, nāgamba nti Twetāgira ki nate abajulirwa? Muwuli'de obuvōzibwe: mulowōza mutya? Bona nebamusalira omusāngo ngasānira okufa. Awo abamu nebatanula okumuwāndira amalusu, nokumubi'ka mu maso, nokumukuba ebikōnde nokumugamba nti Lagula: abawereza nebamutwāla nga bamukuba empi. Awo Petero bweyali wansi mu lu'gya, omu ku bazāna ba kabona asinga obukulu na'ja: awo bweyalaba Petero ngayota omuliro, nāmutunulira, nāgamba nti Nāwe wali Nomunazalesi, Isa. Naye ye neyegāna ngagamba nti Simanyi, 'sō sitegēra kyoyogera: nāgenda ebwēru mu kisasi; enkoko nekokolima. Awo omuzāna nāmulaba, nātanula nate okubagamba abāli baīmiri'de awo nti Ono wewābwe. Naye neyegāna nate. Awo bwewaitawo ekisēra kitono, abāli baīmiri'de awo nebagamba Petero nate nti Mazima oli wewābwe; kubanga oli Mugaliraya. Naye nātanula okukolima nokulāira nti Simanyi muntu ono gwemwogerako. Amangwāgo enkoko nekokolima omulūndi ogwokubiri. Awo Petero na'jukira ekigambo Isa bweyamugambye nti Enkoko eneba tenakokolima emirūndi ebiri, ononegāna emirundi esatu. Kale bweyalowōza, nākāba amaziga.

Digitized by Google

## *Lwokusatu Olwokuzukira nga terunatuka.*

### Mu kifo Kyebaluwa. *Is.* l. 5.

MUKAMA Katonda a'gu'de okutu kwānge, nesiba mujēmu nesikyūka ku'da nyuma. Nawayo amabega gānge eri abakuba, namatama gānge eri abo abākunyūla enviri: sakweka maso gānge nsonyi na kuwānda malusu. Kubanga Mukama Katonda alimbēra; kyenava 'nema okuswāla: kyenvu'de nteka amaso gānge nge'jinja eryembālebāle, era 'manyi nga sirikwatibwa nsonyi. Ali kumpi ampesa obutūkirivu; āni aliyōmba nānge? tuīmirire 'fembi: omulabe wānge yāni? ansemberere. Laba, Mukama Katonda yalimbēra; āni oyo alinsalira omusāngo? laba, bona balika'diwa ngekyambalo; enyenje eribalīra dala. Ani ku'mwe atya Mukama, agōndera e'dobozi lyomuwerezawe? atambulira mu kizikiza, nga talina musana, yesige erinya lya Mukama, era yesigame ku Katondawe. Laba, 'mwe 'mwena abakuma omuliro, abesiba emimuli enjuwi zona: mutambulire mu nimi zomuliro gwa'mwe, ne mu mimuli gyemukolēzeża. Ekyo kyemuliwebwa mu mukono gwānge; muligalamira nga munakuwa'de.

### Enjiri. *Ma'k.* xv. 1.

AWO amangwāgo bwebwakya enkya, bakabona abakulu nabaka'de nabawandisi nabomulukīko bona nebatēsa, nebasiba Isa, nebamutwāla, nebamuwayo eri Pirato. Awo Pirato nāmubūza nti 'Gwe Kabaka wa Bayudaya? Bweya'damu nāmugamba nti 'Gwoyoge'de. Awo bakabona abakulu nebamulōpa ebigambo bingi. Awo Pirato nāmubūza nate, ngagamba nti Toyanukula na katono? laba ebigambo bingi byebakulōpa. Naye Isa nāta'damu nateki gambo; Pirato nokwewunya neyewunya. Awo ku mbaga yabatērānga omusibe omu gwebāmusaba. Awo wāliwo omu aitibwa Bala'ba, eyasibibwa nabo abājēma, aba'ta abantu mu kujēma okwo. Awo ekibīna nekirinya nekitanula okumusaba (okubakola) nga bweyabakolānga. Awo Pirato nāba'damu, ngagamba nti Mwagala mbatēre Kabaka Wabayudaya? Kubanga yategēra nga bakabona abakulu bāmuwesezayo bu'gya. Naye bakabona abakulu nebawērera ekibīna nti Bala'ba gwaba abatēra. Awo Pirato na'damu nate nābagamba nti Kale nāmukola ntya gwemuita Kabaka Wabayudaya? Awo nebogerera wa'gulu nate nti Mukomerere. Awo Pirato nābagamba nti Ka'zi kibi ki kyakoze? Naye nebeyongera nyo okwogerera wa'gulu nti Mukomerere. Awo Pirato bweyali ayagala okusanyusa ekibīna, nābatēra Bala'ba, nāwāyo Isa, ngamaze okumukuba, okukomererwa. Awo baserikale nebamutwāla munda mu lu'gya oluitibwa Pulaitolio; nebaita ekitōngolo kyona okukung'ana. Nebamwambaza olugoye olwefulūngu nebaluka engule eyama'gwa nebagimuti'kira; nebatanula okumulamusa nti Mirembe, Kabaka Wabayudaya! Nebamukuba olumuli

mu mutwe, nebamuwāndira amalusu, nebafukamira, nebamusinza. Awo bwebāmala okumudūlira, nebamwambulamu olugoye olwefulūngu, nebamwambaza engoyeze, nebamutwāla nebamufulumya okumukomerera. Nebawaliriza omuntu eyali aita, Simoni Owekulene, ngava mu kyālo, kitāwe wa Alegezanda ne Lufo, okugenda (nabo) okwetika emusalabagwe. Nebamuleta mu kifo Gologosa, okutegēzebwa kwakyo nti Kifo kya kiwānga. Nebamuwa omwenge ogutabu'dwamu envūmbo: naye ye nātagu'kiriza. Awo nebamukomerera, nebagabana ebyambalobye, nga babikubirako obululu, buli muntu kyanātwāla. Awo esawa zali ziri satu, nebamukomerera. Awo ebaluwa eyomusāngogwe newandikibwa wa'gulu nti KABAKA WABAYUDAYA. Era nabanyazi babiri nebabakomerera wamu naye; omu ku mukonogwe ogwadyo, nomulala ku gwa kono. Awo abāli baita nebamuvuma nga banyenya emitwe gyābwe, nga bagamba nti 'Sō, 'gwe amenya yekalu nogizīmbira enaku esatu, werokole, ove ku musalaba. Era bakabona abakulu nebadūla bwebatyo nabawandisi bo'ka na bo'ka nebagamba nti Yalokola balala; taīnza kwerokola ye'ka. Masiya Kabaka wa Isiraeri ave kakano ku musalaba, tulyoke tulabe, tu'kirize. Ne bali abākomererwa naye nebamuvuma. Awo esawa bwezali ziri mukāga newaba ekizikiza kunsi yona okutūsa ku sawa eyomwenda. Awo mu sawa eyomwenda Isa nākāba ne'dobozi 'dene nti Eroi, Eroi, lama sabakusani? okutegēzebwa kwakyo nti Katonda wānge, Katonda wānge, kiki ekikundese'za? Awo abamu kwabo abāli baīmiri'de awo bwebāwulira nebagamba nti Laba, aita Eriya. Awo omu na'dukana, nānyika ekisūmwa mu mwenge omukātufu, nāki'sā ku lumuli, nāmuwa okunywa, ngagamba nti Leka; tulabe nga Eriya ana'ja okumuwanula. Awo Isa nākāba ne'dobozi 'dene nāwāyo obulamu. Awo ne'gigi lyomuyekalu neriyulikamu wabiri, okuva wa'gulu okutūka wansi. Awo omwāmi wekitōngole eyali aīmiri'de awo ngamwoleke'de bweyalaba ngawa'deyo obulamu bwatyo, nāgamba nti Mazima omuntu ono aba'de Mwāna wa Katonda.

## *Lwokuna Olwokuzukira nga terunatuka.*

EBALUWA. *Baeb.* ix. 16.

AWABA endagāno (eyobusika), kigwāna okubawo okufa oyo eyagiragāna. Kubanga endagāno (eyobusika) enywērera awaba okufa: kubanga yali eīnzi'za eyagiragāna ngakyali mulamu? Era (nendagāno) eyoluberyeberye kyeyava erema okusokebwa awatali musai. Kubanga buli kiragiro bwekyamalānga okwogerwa Musa eri abantu bona ngamatēka bwegāli, nātwālānga omusai gwenyana nembuzi, wamu nama'zi nebyōya byendiga ebimyufu nezobu, nāmānsirānga ku kitabo kye nyini, era ne ku bantu bona, ngayogera nti Guno gwe musai gwendagāno Katonda gyeyabalagira. Era nate ewema nebintu byona ebyokuwereza nābimānsi-

Digitized by Google

rāngako omusai bwatyo. Era mu matēka kubulako katono ebintu byona okunāzibwa omusai, era awataba kuyiwa musai tewabawo kusonyībwa. Kale ebifananyi byebyo ebyomu'gulu kyabigwānira okunāzibwa nebyo, naye ebyomu'gulu bye nyini (okunāzibwa) nesadaka ezisinga ezo. Kubanga Masiya teyaingira mu kifo ekitukuvu ekyakolebwa nemikono, ekyafanana ngekyo ekyamazima; naye mu 'gulu mwe nyini, okulabika kakano mu maso ga Katonda kulwa'fe: 'sō si kwewāngayo mirūndi mingi; nga kabona asinga obukulu bwaingira mu kifo ekitukuvu buli mwāka nomusai ogutali gugwe; kubanga kyandimugwāni'de okubonabonānga emirūndi emingi okuva ku kutōndebwa kwensi: nayo kakano omulūndi gumu ku nkomerero yemirembe alabise oku'gyawo ekibi olwokwewayo ye nyini. Era ngabantu bwebaterekerwa okufa omulūndi ogumu, oluvanyuma lwokwo musāngo; era ne Masiya bwatyo, bweyamala okuwebwayo omulūndi ogumu okwetika ebibi byabangi, alirabika omulūndi ogwokubiri awatali kibi eri abo abamulindirira, olwobulokozi.

ENJIRI. *Luk.* xxii. 1.

AWO embaga eyemigāti egitazimbulukuswa eitibwa Okuitako yali enātera okutūka. Bakabona abakulu nabawandisi nebasala amagezi bwebanāmu'ta; kubanga bāli batya abantu. Awo Setani nāingira mu Yuda aitibwa Isukalyoti eyali ku muwendo gwābo ekumi nababiri. Nāvayo nāgenda, nātēsa ne bakabona abakulu nabāmi baserikale bwanāmuwayo gyebāli. Nebasanyuka nebalagāna okumuwa efeza. Na'kiriza nānonya e'bānga mwanāmuwerayo gyebāli awatali kibīna. Awo olunaku olwemigāti egitazimbulukuswa nerutūka, olugwāni'de okusalirwako Okuitako. Nātuma Petero ne Yokana ngagamba nti Mugende mututegekere Okuitako tugirye. Nebamugamba nti Oyagala tugitegekere wa? Nābagamba nti Laba, bwemunāba muingi'de mu kibuga omuntu anāsisinkana na'mwe eyetise ensuwa yama'zi; mumugoberere mu nyumba mwanāingira. Nemugamba nanyini nyumba nti Omuigiriza akugambye nti Enyumba yabagenyi eruwa, mwenālīra Okuitako awamu nabaigirizwa bānge? Era oyo anābalaga enyumba enene eyawa'gulu etīmbi'dwa: mutegekere omwo. Nebagenda, nebalaba nga bwabagambye: nebategeka Okuitako. Awo ekisēra bwekyatūka, nātūla ku 'mere, nabatume awamu naye. Nābagamba nti Negōmbye nyo okulīra awamu na'mwe Okuitako kuno nga sinabonyabonyezebwa: kubanga mbagamba nti Sirikulya na katono, okutūsa lwekulitūkirira mu bwakabaka bwa Katonda. Na'dira ekikōmpe, neyebaza nāgamba nti Mutōle kino mugabane 'mwe'ka na 'mwe'ka: kubanga mbagamba nti Sirinywa okusoka kakano ku bibala ku muzabibu, okutūsa obwakabaka bwa Katonda lwebuli'ja. Na'dira omugāti neyebaza, nāgumenyamu, nābawa ngagamba nti Guno gwe mubiri gwānge oguwebwayo kulwa'mwe: mukolēnga bwemutyo okunji'jukirānga 'nze. Era nekikōmpe

Digitized by Google

bwatyo bwebāmala okulya, ngagamba nti Ekikōmpe kino ye ndagāno empya mu musai gwānge, oguyika kulwa'mwe. Naye, laba, omukono gwoyo andyāmu olukwe guli wamu nānge ku meza. Kubanga Omwāna womuntu okugenda agenda, nga bwekyalagirwa: naye zimusānze omuntu oyo amulyāmu olukwe! Nebatanula okwebūzaganya bo'ka nti anāba āni kubo agenda okukola ekyo. Newabāwo nempaka mubo, nti āni kubo alowōzebwa okuba omukulu. Nābagamba nti Bakabaka babamawānga babafuga; nābo abalina obuīnza kubo baitibwa abakola obulūngi. Naye 'mwe si bwemutyo; naye omukulu mu'mwe abēre ngomuto; noyo akulembera, abe ngawereza. Kubanga omukulu āni, atūla ku 'mere, oba awereza? si oyo atūla ku 'mere? Naye 'nze wakati mu'mwe ninga awereza. Naye 'mwe mumuno abagumīkirizānga awamu nānge mu kukemebwa kwānge; nānge mbaterekera obwakabaka, nga Kitānge bweyanterekera 'nze, mulyoke mulye era munywere ku meza yānge mu bwakabaka bwānge; era mulitūla ku ntebe ezekitībwa, nga musalira emisāngo ebika ekumi nebibiri Ebyabaisiraeri. Simoni, Simoni, laba, Setani yegairi'de okubawewa 'mwe ngeng'āno: naye 'nze nkusabi'de, oku'kirizakwo kuleme oku'dirira: nāwe bwomalānga okukyūka, onywēzānga bagandabo. Nāmugamba nti Mukama wānge, netesetese okugenda nāwe ne mu komera ne mu kufa. Nāgamba nti Nkubūlira 'gwe, Petero, enkoko lero te'ja kukokolima, nga tononegāna emirūndi esatu nti to'manyi. Nābagamba nti Bwenabatuma nga temulina nsawo, newakuba'de olukoba, newakuba'de engato, mwaliko kyemwetāga? Nebagamba nti Ne'da. Nābagamba nti Naye kakano, alina ensawo, agitwāle, nowolukoba bwatyo: naye atalina kitala atūnde olugoyerwe akigule. Kubanga mbagamba nti kino ekyawandikibwa kigwāni'de okutūkirizibwa ku'nze nti Yabalirwa wamu nabasobya: kubanga ekingwānira kirina okutūkirira. Nebagamba nti Mukama wa'fe, laba, ebitala bibiri bibino. Nābagamba nti Bināmala. Nāfuluma nāgenda ku lusozi olwa Zeituni, ngempisaye bweyali; nabaigirizwabe nabo nebamugoberera. Awo bweyatūka mu kifo awo, nābagamba nti Musabe muleme okuingira mu kukemebwa. Ye nābāwukanako e'bānga ngawakasukibwa e'jinja; nāfukamira nāsaba, ngagamba nti Kitānge, bwoyagala, nziyako ekikōmpe kino: naye si nga 'nze bwenjagala, naye kyoyagala 'gwe kikolebwe. Malaika nāmulabikira ngava mu 'gulu ngamu'sāmu amānyi. Nāfuba ngalūmwa neyeyongera okusaba enyo: entuyoze neziba ngamatōndo gomusai, nga gatonya wansi. Bweyagolokoka mu kusaba, na'ja eri abaigirizwabe, nābasānga nga bebase olwenaku, nābagamba nti Ekibebasi'za ki? mugolokoke musabe, mulemo okuingira mu kukemebwa. Yali akyayogera, laba, ekibīna noyo aitibwa Yuda, omu kwabo ekumi nababiri, ngabakulembe'de; nāsemberera Isa okumunywegera. Naye Isa nāmugamba nti Yuda, Omwāna womuntu omulyāmu olukwe ngomunywegera? Nabo beyali nabo bwebālaba ekigenda okubāwo, nebagamba

Digitized by Google

nti Mukama wa'fe, tuteme nebitala? Nomu kwabo nātema omu'du wa kabona asinga obukulu nāmusalako okutukwe okwadyo. Naye Isa na'damu nāgamba nti Muleke olwekyo kyo'ka. Nākoma ku kutukwe nāmuwonya. Isa nāgamba bakabona abakulu, nabāmi bomuyekalu, nabaka'de, abāmu'jirira nti Munji'jiri'de ngomunyazi, nebitala nemi'go? Bwenabānga na'mwe bulijo mu yekalu, temwangololerānga mikono gya'mwe: naye kino kye kisēra kya'mwe nobuīnza bwekizikiza. Nebamukwata, nebamutwāla, nebamuingiza mu nyumba ya kabona asinga obukulu. Naye Petero nāgoberera ngava wala. Awo bwebāli nga bamaze okukuma omuliro wakati mu lu'gya, nga batu'de wamu, Petero nātūla wakati mubo. Awo omuwala omu bweyamulaba ngatu'de awalaba, nāmwekaliriza, nāgamba nti Nono yaba'de naye. Neyegāna ngagamba nti Omukazi, simumanyi. Ekisēra bwekyaitawo, omulala nāmulaba nāgamba nti Nāwe oli kubo. Naye Petero nāgamba nti Omuntu, si 'nze. Wāli waisewo ekisēra ngesawa emu, omulala nākaliririza ngagamba nti Mazima nono yaba'de wamu naye; kubanga Mugaliraya. Naye Petero nāgamba nti Omuntu, simanyi kyoyogera. Awo amangwāgo, bweyali ngakyayogera, enkoko nekokolima. Awo Mukama wa'fe nākyūka, nātunulira Petero. Petero na'jukira ekigambo kya Mukama wa'fe, bweyamugambye nti Lero enkoko eneba tenakokolima, ononegāna emirūndi esatu. Nāfuluma ebwēru, nākāba nyo amaziga. Nabantu abāli baku'te (Isa) nebamudūlira nga bamukuba. Nebamubi'ka mu maso, nebamubūza, nga bagamba nti Lagula: āni akukubye? Nebirala bingi nebabimwogerako nga bamuvuma. Awo obu'de bwebwakya, abaka'de babantu nebakung'ana, bakabona abakulu era nabawandisi; nebamutwāla mu lukīko lwābwe, nga bagamba nti Obanga 'gwe Masiya, tubūlire. Naye nābagamba nti Nebwenābabūlira, temu'kirize na katono; nebwenābabūza, temu'demu na katono. Naye okusoka kakano Omwāna womuntu agenda kutūla ku mukono ogwadyo ogwamānyi ga Katonda. Bona nebagamba nti Kale 'gwoli Mwāna wa Katonda? Nābagamba nti Nga bwemwoge'de 'nze 'nzuyo. Nebagamba nti Twetāgira ki ate abajulirwa? Kubanga 'fe twewuliri'de mu kamwāke ye.

## *Lwokutano Olwokuzukira nga terunatuka.*

EBALUWA. 1 *Kol.* xi. 17.

NAYE bwembalagira kino sibatendereza, kubanga temukung'ana lwa bulūngi wabula olwobubi. Kubanga ekyoluberyeberye, bwemukung'anira mu kanisa, mpulira nga waliwo okwāwukana mu'mwe; era nki'kirizamu. Kubanga era nokwesalamu kikugwānira okubānga mu'mwe, abasīmibwa balyoke balabikēnga mu'mwe. Kale bwemukung'anira awamu, tekiīnzika kulya 'mere ya Mukáma (wa'fe): kubanga mu kulya kwa'mwe buli muntu asoka mu'ne okutōla emereye ye'ka; nomulala alūmwa enjala, nomulala

Digitized by Google

atamīra. Kiki ekyo? temulina nyumba za kulīrāngamu nokunywerāngamu? oba munyōma ekanisa ya Katonda, nemuswāza abatalina (nyumba)? Nābagamba ntya? ṇābatendereza olwekyo? Sibatendereza. Kubanga 'nze nawebwa eri Mukama (wa'fe) era kyenabawa 'mwe, nga Mukama (wa'fe) Isa mu kiro kiri kyeyalirwamu olukwe yatōla omugāti; neyebaza, nāgumenyamu, nāyogera nti Guno gwe mubiri gwānge oguli kulwa'mwe: mukolēnga bwemutyo olwokunji'jukirānga 'nze. Era nekikōmpe bwatyo bwebāmala okulya, ngayogera nti Ekikōmpe kino ye ndagāno empya mu musai gwānge: mukolēnga bwemutyo buli lwemunānywāngako, olwokunji'jukirānga 'nze. Kubanga buli lwemunālyānga ku mugāti guno ne lwemunānywānga ku kikōmpe, munāyolesānga okufa kwa Mukama (wa'fe) okutūsa lwali'ja. Kyanāvānga a'za omusāngo ogwomubiri nomusai gwa Mukama (wa'fe) buli anālyānga ku mugāti oba anānywānga ku kikōmpe kya Mukama (wa'fe) ngatasāni'de. Naye omuntu yekeberēnga ye'ka alyoke alyēnga ku mugāti bwatyo, era anywēnga ne ku kikōmpe. Kubanga alya era anywa, alya era anywa musāngogwe ye, bwatayāwula mubiri. Mu'mwe kyemuvu'de mubēramu abangi abanafu nabalwa'de, era bangiko abebaka. Naye singa twesalira omusāngo 'fe'ka, tetwandisali'dwa musāngo. Naye bwetusalirwa omusāngo, tubūlirirwa Mukama (wa'fe), tuleme okusingibwa omusāngo awamu nensi. Kale, baganda bānge, bwemukung'anānga okulya, mulindaganēnga. Omuntu bwalūmwānga enjala, alyēnga e'ka; okukung'ana kwa-'mwe kulemēnga oku'za omusāngo. Nebirala ndibirongōsa, wendi'jira wona.

ENJIRI. *Luk.* xxiii. 1.

EKIBĪNA kyona nekigolokoka, nekimutwāla ewa Pirato. Nebasoka okumulōpa nga bagamba nti Ono twamulaba ngakyāmya e'gwānga lya'fe, ngabagāna okuwa Kaisali omusolo, ngayogera ye nyini okuba Masiya, kabaka. Pirato nāmubūza, ngagamba nti 'Gwe Kabaka Wabayudaya? Nāmu'damu nāgamba nti Oyoge'de. Pirato nāgamba bakabona abakulu nebibīna nti Siraba nsōnga yona ku muntu ono. Naye bo nebeyongera okutāirira nga bagamba nti Asasamaza abantu, ngaigiriza mu Buyudaya bwona, yasokera Egaliraya okutūka ne wano. Naye Pirato bweyawulira, nābūza obanga omuntu oyo Mugaliraya. Bweyategēra nga wa mu matwāle ga Kerode, nāmuwereza ewa Kerode, kubanga naye yali mu Yerusalemi mu naku ezo. Awo Kerode bweyalaba Isa, nāsanyuka nyo: kubanga okuva e'da yayagalānga okumulaba kubanga yawulira ebigambobye; nāsūbira okulaba ngakola akabonero. Nāmubūliriza ebigambo bingi, naye ye nātamu'damu kigambo. Bakabona abakulu nabawandisi nebaīmirira, nebanywēza nyo okumulōpa. Awo Kerode ne baserikalebe nebamunyōma, nebamudūlira, nebamwambaza ekyambalo ekinekaneka nebamu'zayo ewa Pirato. Kerode ne Pirato nebalyoka batabagana ku lunaku olwo;

Digitized by Google

kubanga oluberyeberye bāli bakyāwaganye. Pirato nāita bakabona abakulu nabakūngu nabantu, nābagamba nti Mundete'de omuntu ono, nti yakyāmya abantu; era, laba, 'nze bwe'mukemerereza mu maso ga'mwe, sirabye nsōnga ku muntu ono mwebyo byemumulōpye; era, newakuba'de Kerode, kubanga amuzi'za gyetuli; era, laba, tewali kigambo kyakoze ekisāni'de okumu'sa: kale bwenāmala okumubonereza, nāmuta. Era kyamugwānirānga okubatērānga omusibe omu ku mbaga. Naye nebakāyana bona wamu, nga bagamba nti Twāla ono, otutēre Bala'ba: ye muntu gweba'sā mu komera olwobujēmu obwali mu kibuga, nolwobu'si. Pirato nāyogera nabo nate, ngayagala okuta Isa; naye bo nebogerera wa'gulu nga bagamba nti Mukomerere, mukomerere. Nābagamba omulūndi ogwokusatu nti Lwāki, ono akoze kibi ki? Sirabye kuye nsōnga emu'sa: kale lwenāmala okumubonereza, nāmuta. Naye bo nebamuzitowerera namalobozi amanene, nga begairira okumukomerera. Amalobozi gābwe negasinga okukola. Pirato nāsalawo ebigambo byebegairi'de. Nāta oyo eyasūlibwa mu komera olwobujēmu nobu'si gwebamwegairi'de; naye nāwayo Isa okumukola nga bwebaga'de. Awo bāli nga bamutwāla, nebakwata Omukulene Simoni, eyali ava mu kyālo, nebamutika omusalaba, okugwetika ngava enyuma Isa. Ekibīna kinene nekimugoberera ekyabantu nekyabakazi abāmukābira, nebamulirira. Naye Isa nābakyūkira nāgamba nti Abawala Abeyerusalemi, temukābira 'nze, naye mukābire 'mwe'ka, nabāna ba'mwe. Kubanga, laba, enaku zi'ja, mwebaligambira nti Balina omukisa abagumba, nembuto ezitazāla namabēre agatayōnsa. Nebalyoka batanula okugamba ensozi nti Mutugweko; nobusozi nti Mutuvunikire. Kubanga bwebakola bino ku muti omubisi, ku mukalu kiriba kitya? Era batwālibwa nabalala babiri, abākola obubi, oku'tirwa awamu naye. Awo bwebātūka mu kifo ekiitibwa kiwānga, nebamukomerererawo, na bali abākola obubi, emu ku mukono ogwadyo, nomulala ku gwa kono. Awo Isa nāgamba nti Kitānge, basonyiwe; kubanga tebamanyi kyebakola. Nebagabana ebyambalobye, nga bakuba akalulu. Abantu nebaīmirira nga batunulira. Abakūngu nabo nebamusekerera nga bagamba nti Yalokolānga balala; yerokole ye'ka, obanga oyo ye Masiya wa Katonda, omulōndewe. Baserikale nabo nebamudūlira nga ba'ja wāli, nga bamuwa omwengo omukātufu, nga bagamba nti Obanga 'gwe Kabaka wa Bayudaya, werokole wo'ka. Newabawo nebaluwa wa'guluwe nti ONO YE KABAKA WABAYUDAYA. Omu kwabo abākola obubi abāwanikibwa nāmuvuma ngagamba nti Si 'gwe Masiya? Werokole we'ka na'fe. Naye owokubiri na'damu nāmunenya, nāgamba nti Nokutya totya Katonda, kubanga oli ku musāngo gumu naye? Era 'fe twalāngibwa nsōnga; kubanga ebisāni'de byetwakola byetusasulibwa: naye ono takolānga kigambo ekitasāna. Nāgamba nti Isa, onji'jukirānga bwoli'jira mu bwakabakabwo. (Isa) nāmugamba nti

Mazima nkugamba nti Lero onoba nānge mu Lusuku lwa Katonda. Awo obu'de bwali butūse esawa nga mukāga, newaba ekizikiza kunsi yona okutūsa esawa mwenda, enjuba obutayāka: ne'gigi eryomuyekalu neriyulikamu wakati. Awo Isa nāyogera ne'dobozi 'dene, nāgamba nti Kitānge, nteka omwoyo gwānge mu mikonogyo: bweyamala okwogera ekyo, nāwayo obulamu. Awo omwāmi wekitōngole bweyalaba ekiba'dewo, nātendereza Katonda, ngagamba nti Mazima ono aba'de muntu mutūkirivu. Nebibīna byona ebyali bikung'anye okwerolera, bwebālaba ebiba'dewo neba'dayo nga bekuba mu bifuba. Nemikwānogye gyona, nabakazi abāva naye Egaliraya, nebaīmirira wala nga balaba ebyo.

## *Olunaku Olwokufa kwa Mukama wafe.*

### ESALA.

KATONDA Ainza-byona, tukwegairide okutunulira nekisa fe abanabo, kubanga kulwafe Mukama wafe Isa Masiya yakiriza okulibwamu olukwe, nokuwebwayo mu mikono gyabantu ababi; nokufira ku musalaba, abera omulamu, afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, Katonda omu enaku zona, emirembe nemirembe. *Amina.*

KATONDA Ainza-byona 'atagwawo, Omwoyowo afuga, atukuza omubiri gwona Ogwekanisa; wulira okwegairira nokusaba kwafe, kwetuleta gyoli olwabantu bona abali mu Kanisayo entukuvu, buli muntu bwaba ekitundu kyayo, akole omulimu gweyaitirwa, awereze okuwereza kweyawebwa namazima nokwegendereza; kubwa Mukama wafe era Omulokozi wafe Isa Masiya. *Amina.*

AI Katonda owekisa, gweyatonda abantu bona, era atakyawa kintu kyona kyewatonda, so toyagala alina ebibi okufa wabula aleke okwononakwe abere omulamu; sasira Abayudaya, Nabaisiramu, nabatakiriza, nabakyama bona, obagyeko ku mitima gyabwe obutamanya bwona, nobukakanyavu bwemitima nokunyoma ekigambokyo; obakomyewo bwotyo, Mukama wafe eyebazibwa, mu kisibokyo, balyoke balokoke mu Baisiraeri abamazima abalisigalawo, bafuke ekisibo ekimu, balundibwe omusumba omu, Isa Masiya Mukama wafe, abera omulamu afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, Katonda omu, emirembe egitagwawo. *Amina.*

### EBALUWA. *Baeb.* x. 1.

AMATEKA bwegalina ekisīkirize ekyebirūngi ebyali bigenda oku'ja, 'sō si kifananyi kye nyini ekyebigambo, nesadaka ezita'julukuka, zebawayo obutayosa buli mwāka buli mwāka, tebaīnza enaku zona kutūkiriza abo abazisemberera. Kubanga tezandireke'dwayo kuwebwayo? kubanga abasinza, bwebamala

okunāzibwa dala omulūndi ogumu, tebandiba'de na kwetegērako ebibi nate. Naye mwezo mulimu oku'jukizānga ebibi buli mwāka buli mwāka. Kubanga tekiīnzika omusai gwente enume nembuzi oku'gyako ebibi. Nga'ja munsi, kyava ayogera nti Sadaka nebiwebwayo tewabyagala, naye wantekeratekera omubiri; tewasīma ebyōkebwa ebirāmba (nebiwebwayo) olwebibi; nendyoka njogera nti Laba, nzize [mu muzīngo gwekitabo kyampandikirwamu] okukola byoyagala, at Katonda. Bwayogera wa'gulu nti Sadaka nebiwebwayo nebyōkebwa ebirāmba (nebiwebwayo) olwebibi tewabyagala 'sō tewabisīma [ebyo bye biwebwayo ngamatēka bwegali], nālyoka ayogera nti Laba, nzize okukola byoyagala. A'gyawo ekyoluberyeberye, alyoke anywēze ekyokubiri. Mwebyo byayagala twatukuzibwa olwokuwayo omubiri gwa Isa Masiya omulūndi ogumu. Na buli kabona aīmirira buli lunaku ngawereza ngawayo emirūndi emingi sadaka ezita'julukuka, ezitaīnza ku'gyako bibi emirembe gyona: naye oyo bweyamala okuwayo sadaka emu olwebibi okutūsa emirembe gyona, nālyoka atūla ku mukono ogwadyo ogwa Katonda; ngalindirira oluvanyuma abalabebe okufūsibwa entebe eyebigerebye. Kubanga olwokuwayo sadaka emu yatūkiriza okutūsa emirembe gyona abatukuzibwa. Era Nomwoyo Omutukuvu ye mujulirwa gyetuli: kubanga bwamala okwogera nti Eno ye ndagāno gyendiragāna nabo oluvanyuma lwenaku ziri, bwayogera Mukama; nditeka amatēka gānge ku mutima gwābwe, era ne ku magezi gābwe ndigawandika; (nālyoka ayogera nti) nebibi byābwe nobujēmu bwābwe siribi'jukira nate. Naye awali oku'gyibwako ebyo, tewakyali kuwāngayo sadaka olwekibi. Kale, aboluganda, bwetulina obugumu okuingira mu kifo ekitukuvu olwomusai gwa Isa, mu 'kubo lyeyatukubira, erigya era e'damu, eriita mu 'gigi, gwe mubirigwe; era (bwetulina) kabona omunene afuga enyumba ya Katonda; tusemberēnga nomwoyo ogwamazima olwoku'kiriza okutūkirira, emitima gya'fe nga gimānsirwako oku'gyamu omwoyo omubi, nemibiri gya'fe nga gināzibwa nama'zi amalūngi: tunywēze okwātulānga e'sūbi lya'fe obutasagasagana; kubanga eyasūbiza mwesigwa: era tulowōzaganēnga 'fe'ka na 'fe'ka okukubirizānga okwagala nebikolwa ebirūngi; obutalekānga kukung'ana wamu, ngabalala bwebaisa, naye nga tubūlirira; era nga tweyongerānga (okukola ebyo) bwetuti, nga bwemulaba olunaku luli nga lunātera okutūka.

## ENJIRI. *Yok.* xix. 1.

AWO Pirato nālyoka atwāla Isa nāmukuba emi'go. Baserikale nebaluka engule yama'gwa, nebamutikira ku mutwe, nebamwambaza olugoye olwefulūngu; neba'ja wāli nebagamba nti Mirembe, Kabaka Wabayudaya! nebamukuba empi. Pirato nāfuluma nate ebwēru, nābagamba nti Laba 'mufulumya ebwēru wemuli, mutegēre nga siraba musāngo kuye. Awo Isa nāfuluma,



Digitized by Google

ngayamba'de engule yama'gwa nolugoye olwefulūngu. (Pirato) nābagamba nti Laba omuntu oyo! Awo bakabona abakulu nabawereza bwebāmulaba, nebogerera wa'gulu nga bagamba nti Komerera, komerera. Pirato nābagamba nti Mumutwāle 'mwe mumukomerere: kubanga 'nze siraba musāngo kuye. Abayudaya nebamu'damu nti 'Fe tulina etēka nolwetēka eryo agwāni'de okufa, kubanga yefūla Omwāna wa Katonda. Awo Pirato bweyawulira ekigambo ekyo, neyeyongera okutya; nāingira nate mu kigāngo, nāgamba Isa nti Oli wa wa? Naye Isa nātamu'damu. Awo Pirato nāmugamba nti Toyogera nānge? tomanyi nga nina obuīnza obwokukuta, era nina obuīnza obwokukukomerera? Isa nāmu'damu nti Tewandiba'de na buīnza bwona ku'nze, singa tebwakuwebwa okuva wa'gulu; ampa'deyo gyoli kyavu'de abēra nekibi ekisinga. Okusokera awo Pirato nāsala amagezi okumuta: nayo Abayudaya nebogerera wa'gulu nga bagamba nti Bwonomuta oyo nga toli mukwāno gwa Kaisali: buli muntu yena eyefūla kabaka awakanya Kaisali. Awo Pirato bweyawulira ebigambo ebyo nāfulumya Isa ebwēru, nātūla ku ntebe eyemisāngo mu kifo ekiitibwa Amainja Amālīre naye mu Lwebulaniya Ga'basa. Lwali lunaku lwa Kutegeka Okuitako: zali nga ziri esawa mukāga. Nāgamba Abayudaya nti Laba Kabaka wa'mwe! Awo bo nebogerera wa'gulu nti Mu'gyewo, mu'gyewo mukomerere. Pirato nābagamba nti Nākomerera Kabaka wa'mwe? Bakabona abakulu neba'damu nti Tetulina kabaka wabula Kaisali. Awo nālyoka amubawa okukomererwa. Awo nebatwāla Isa: nāfuluma, nga yetise ye'ka omusalabagwe, (nātūka) mu kifo ekiitibwa Ekyekiwānga, ekiitibwa mu Lwebulaniya Gologosa: nebamukomererawo, era nabalala babiri wamu naye, erui nerui, ne Isa wakati. Ne Pirato nāwandika ebaluwa nāgi'sā ku musalaba, ngewandiki'dwa nti ISA OMUNAZALESI KABAKA WABAYUDAYA. Awo ebaluwa eyo bangi ku Bayudaya nebagisoma: kubanga ekifo kyebāmukomereramu Isa kyali kumpi nekibuga: era yawandikibwa mu Lwebulaniya, ne mu Luyonani, ne mu Lulumi. Awo bakabona abakulu Babayudaya nebamugamba Pirato nti Towandika nti Kabaka Wabayudaya; naye nti oyo yayogera nti 'Nze Kabaka Wabayudaya. Pirato na'damu nti Kyempandise kyempandise. Awo baserikale bwebāmala okukomerera Isa, nebatwāla ebyambalobye, nebatēka emitēko ena, buli serikale mutēko; nekānzuye; nekānzuye teyatūngwa, yalukibwa bulukibwa yona okuva wa'gulu. Nebagamba bo'ka na bo'ka nti Tuleme okugiyuzamu, naye tugikubire akalulu, (tulabe) anāba nyīniyo: ekyawandikibwa kitūkirire, ekyogera nti Bāgabana ebyambalo byānge, era bākubira akalulu ekyokwambala kyānge. Awo baserikale nebakola ebyo. Naye bāli baīmiri'de āwo awali omusalaba gwa Isa, nyina, ne muganda wa nyina, Malyamu muka Kulopa, ne Malyamu Magudalene. Awo Isa bweyalaba nyina, nomuigirizwa gweyali ayagala ngaīmiri'de kumpi, nāgamba nyina nti Omukyāla, laba,

Digitized by Google

omwānawo! Oluvanyuma nāgamba omuigirizwa nti Laba, nyoko! Awo okuva mu sawa eyo omuigirizwa oyo nāmutwāla e'ka ewuwe. Oluvanyuma lwebyo, Isa bweyamanya nti kakano ebigambo byona bimaze okutūkirira, ekyawandikibwa kitūkirizibwe, nāgamba nti Nina enyōnta. Wāli wateke'dwawo ekibya eki'ju'de omwenge omukātufu: awo neba'sā ku ezobu ekisumwa eki'ju'de omwenge omukātufu, nebakitwāla ku mumwagwe. Awo Isa bweyamala okuwebwa omwenge, nāgamba nti Kiwe'de: nākutamya omutwegwe, nāwayo omwoyogwe. Awo Abayudaya, kubanga lwali lunaku lwa Kutegeka, emirāmbo gireme okubēra ku musalaba ku lunaku lwa sabiti [kubanga olunaku lwa sabiti eyo lwali lukulu], nebasaba Pirato okubamenya amagulu gābwe, balyoke ba'gyibweko. Awo baserikale neba'ja, nebasokera kwomu nebamumenya amagulu, nomulala eyakomererwa naye: naye bweba'ja eri Isa, nebalaba ngamaze okufa, nebatamumenya magulu: nayo serikale omu nāmufumita mu mbirīzize ne'fumu, amangwāgo nemuvamu omusai nama'zi. Naye eyalaba nātegēza nokutegēzakwe kwa mazima: era oyo amanyi ngayogera amazima, na'mwe mulyoke mu'kirize. Kubanga ebyo byabawo, ekyawandikibwa kitūkirire nti Talimenyebwa 'gūmba. Era nate ekyawandikibwa ekirala kigamba nti Balimulaba gwebāfumita.

### *Olunaku olusoka Olwokuzukira.*

#### Esala.

OTUWE, ai Mukama, fe nga bwetwabatizibwa okuingira mu kufa Kwomwanawo atenderezebwa Omulokozi wafe Isa Masiya, tufise bwetutyo okwegomba kwafe okutasana, tulyoke tuzikibwe wamu naye; era bwetulimala okuita mu ntana ne mu kufa, gwe mulyango ogwobulamu, tulyoke tutuke ku kuzukira nesanyu eringi; olwobulungi bwoyo, eyafa nazikibwa nazukira mu bafu kulwafe, Omwanawo Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

#### Ebaluwa. 1 *Pet.* iii. 17.

KUBANGA kye kisinga obulūngi, Katonda bwayagala mu kwagalakwe, 'mwe okubonyabonyezebwa nga mukola obulūngi okusinga nga mukola obubi. Kubanga era ne Masiya yabonyabonyezebwa olwebibi emulūndi gumu, omutūkirivu olwabatali batūkirivu, atulete eri Katonda; bweya'tibwa omubiri, naye nāzūkizibwa omwoyo; era gweyagenderamu nābūlira emyoyo (egiri) mu komera, e'da abatāgōnda okugumīkiriza kwa Katonda bwekwali nga kulindirira mu naku za Nuwa, eryāto bweryali nga likyasibibwa, ama'zi mwegālokolera (abantu) si bangi, gye myoyo omunāna: era kakano ge gābalokola 'mwe mu kifananyi ekyamazima, kwe kubatizibwa, si ku'gyawo mpitambi za mubiri, wabula oku'damu okwomwoyo omulūngi eri Katonda, olwokuzūkira

Digitized by Google

kwa Isa Masiya, ali ku mukono ogwadyo ogwa Katonda, bweyamala okugenda mu 'gulu; bamalaika nabalina obuīnza nabamasaza bwebatekebwa wansiwe.

ENJIRI. *Mat.* xxvii. 57.

NAYE obu'de bwali buwungēra, na'ja omuntu omuga'ga, eyava Alimasaya, erinyalye Yusufu, era naye yali muigirizwa wa Isa: oyo nāgenda eri Pirato, nāsaba omulāmbo gwa Isa. Awo Pirato nālagira okugumuwa. Yusufu nātwāla omulāmbo, nāguzīnga mu bafuta enjeru, nāguteka mu ntānaye empya, gyeyasima mu lwāzi: nāyiringisa e'jinja 'dene (nāli'sā) ku mulyāngo gwentāna, nāgenda. Wāliwo Malyamu Magudalene, ne Malyamu owokubiri, nga batu'de mu maso gentāna. Naye enkya, lwe (lunaku)olwa'dirira Olwokutekateka, bakabona abakulu Nabafalisayo nebakung'anira ewa Pirato, nebagamba nti Omwāmi, tu'juki'de omulimba oyo nti yagamba ngakyali mulamu nti Enaku bweziriitawo esatu ndizūkira. Kale lagira bakūmire dala amalālo okutūsa ku lunaku olwokusatu, abaigirizwabe batera oku'ja okumu'ba, bagambe abantu nti Azūki'de mu bafu: era okukyāma okwoluvanyuma kulisinga kuli okwasoka. Pirato nābagamba nti Mulina abakūmi: mugende, mugakūmire dala nga bwemuīnza. Nabo nebagenda, nebagakūmira dala amalālo, e'jinja nebali'sāko akabonero, nabakūmi nga webali.

*OLUNAKU OLWOKUZUKIRA.*

¶ *Mu kusaba kwenkya baimbenga oba bogerenga bino mu kifo kyoluimba olwo Muje tumuimbire Mukama.*

MASIYA okuitako kwafe yawebwayo kulwafe; kale tukwate embaga;

Si na kizimbulukusa ekyeda newakuba'de nekizimbulukusa ekyetima nobubi: naye nemere etezimbulukuswa eyamazima awatali bukusa. 1 *Kol.* v. 7.

MASIYA ngamaze okuzukira mu bafu nga takyafa nate; okufa tekukyamufuga. Kubanga okufa kweyafa yafa ku kibi omulundi gumu; naye obulamu bwalina, alinabwo eri Katonda. Bwemutyo namwe mwerowoze okubera abafa ku kibi, naye abalamu eri Katonda mu Masiya Isa. *Bal.* vi. 9-12.

MASIYA yazukizibwa mu bafu, gwe mwaka omuberyeberye ogwabo abebaka.

Kubanga okufa bwekwabawo kubwomuntu, era nokuzukira kwabafu kwabawo kubwa muntu.

Kuba bona nga bwebafa mu Adamu, era bwebatyo mu Masiya bona mwebalifukira abalamu. 1 *Kol.* xv. 20-23.

Digitized by Google

Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana; neri Omwoyo Omutukuvu.
Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba emirembe nemirembe. Amina.

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, mu Mwanawo eyazalibwa omu yeka Isa Masiya eyawangula okufa, natugulirawo olugi olwobulamu obutagwawo; tukwegairide nobuwombefu, nga mu kisakyo ekitukulembera fe abalondebo bwosa mu mitima gyafe ebirowozo ebiwoma, okutubera bulijo okubitukiriza obulungi mu bikolwa byafe; kubwa Isa Masiya Mukama wafe, abera omulamu afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, Katonda omu enaku zona, emirembe egitagwawo. *Amina.*

EBALUWA. *Bak.* iii. 1.

KALE obanga mwazūkirira wamu ne Masiya, munonyēnga ebiri wa'gulu, Masiya gyali ngatu'de ku mukono ogwadyo ogwa Katonda. Mulowōzēnga ebiri wa'gulu, 'sō si ebiri kunsi. Kubanga mwafa, nobulamu bwa'mwe bukweke'dwa wamu ne Masiya mu Katonda. Masiya, obulamu bwa'fe, bwalirabisibwa, era na'mwe nemulyoka mulabisibwa wamu naye mu kitībwa. Kale mufise ebitūndu bya'mwe ebiri kunsi; obwenzi, obugwagwa, okwegōmba okwensonyi, omululu omubi, nokuyayāna, kwe kusinza ebifananyi; olwebyo obusūngu bwa Katonda bu'ja ku bāna abatawulira; era na'mwe mwebyo mwemwatambulirānga e'da, bwemwali abalamu mubyo.

ENJIRI. *Yok.* xx. 1.

AWO ku lunaku olusoka mu naku omusānvu, Malyamu Magudalene na'ja mu matulutulu, nga tebunalaba, eri entāna, nālaba nge'jinja li'gyi'dwa ku ntāna. Awo na'dukana, na'ja eri Simoni Petero, neri omuigirizwa oli omulala Isa gweyayagalānga, nābagamba nti Ba'gyemu Mukama wa'fe mu ntāna, 'sō tetumanyi gyebamuta'de. Awo Petero nāfuluma, nomuigirizwa oyo omulala, nebagenda ku ntāna. Neba'dukana bōmbi wamu; nomuigirizwa oyo omulala nāisa Petero, nāsoka okutūka ku ntāna: nākutama nālingizamu, nālaba engoye zekitāni nga ziteke'dwa awo; naye nātaingira. Awo ne Simoni Petero na'ja ngamugoberera, nāingira mu ntāna; nālaba engoye zekitāni nga ziteke'dwa awo, nekiremba ekyali ku mutwegwe nga tekiteke'dwa wamu na ngoye zekitāni, naye nga kizīngi'dwa nga kiri kyo'ka ku 'bali. Awo nomuigirizwa oyo omulala eyasoka oku'ja ku ntāna, nāingira, nālaba na'kiriza. Kubanga bāli tebanategēra ekyawandikibwa nti kimugwānira okuzūkira mu bafu. Awo nate abaigirizwa neba'dayo ewābwe e'ka.

Digitized by Google

## *Lwokubiri oludirira Olwokuzukira.*

### ESALA.

KATONDA Ainza-byona, mu Mwanawo eyazalibwa omu yeka Ĭsa Masiya eyawangula okufa, natugulirawo olugi olwobulamu obutagwawo; tukwegairide nobuwombefu, nga mu kisakyo ekitukulembera fe abalondebo bwosa mu mitima gyafe ebirowozo ebiwoma, okutubera bulijo okubitukiriza obulungi mu bikolwa byafe; kubwa Isa Masiya Mukama wafe, abera omulamu afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, Katonda omu enaku zona, emirembe egitagwawo. *Amina.*

### MU KIFO KYEBALUWA. *Bik.* x. 34.

AWO Petero nāyasamya akamwāke nāgamba nti Mazima ntege'de nga Katonda tasosola mu bantu: naye mu 'gwānga lyona lyona amutya nākola obutūkirivu amu'kiriza. Ekigambo kyeyatumira abāna ba Isiraeri, ngabūlirira emirembe mu Isa Masiya [ye Mukama webintu byona]—'mwe mukimanyi, ekyayogerwa ekyali mu Buyudaya bwona, ekyasokera mu Galiraya oluvanyuma lwokubatiza kweyabūlira Yokana, Isa Omunazalesi Katonda bweyamufukako amafuta Nomwoyo Omutukuvu namānyi: eyatambulānga ngakola bulūngi, ngawonya bona abājōgebwānga Setani; kubanga Katonda yali naye. Na'fe tuli bajulirwa bebigambo byona byeyakola munsi Yabayudaya ne mu Yerusalemi ; oyo nebamu'ta bwebāmuwanika ku muti. Oyo Katonda nāmuzūkiriza ku lunaku olwokusatu nāmulaga mu lwātu, si mu bantu bona naye mu bajulirwa Katonda beyalōnda oluberyeberye, be 'fe abālya netunywa naye bweyamala okuzūkira mu bafu. Nātulagira okubūlira abantu nokutegēza ngoyo Katonda gweyalagira (okubēra) omusazi womusāngo wabalamu nabafu. Oyo bana'bi bona bamutegēza nga buli amu'kiriza a'gyibwako ebibi olwerinyalye.

### ENJIRI. *Luk.* xxiv. 13.

LABA, ku lunaku olwo, babiri kubo bāli nga bagenda mu mbuga erinya lyayo Emawo, eyali ewalako Neyerusalemi, sutadyo nkāga. Nebanyumya bo'ka na bo'ka ebyo byona ebiba'dewo. Awo olwātūka bāli nga banyumya nga bebūzaganya, Isa ye nyini nābasemberera, nāgenda wamu nabo. Naye amaso gābwe negazibwa baleme okumutegēra. Nābagamba nti Bigambo ki byemubūzaganya nga mutambula? Nebaīmirira nga bawōte'de. Omu kubo erinyalye Kuleopa na'damu nāmugamba nti 'Gwosula we'ka mu Yerusalemi atamanyi ebyabamu mu naku zino? Nābagamba nti Bigambo ki? Nebamugamba nti Ebya Isa Omunazalesi, eyali na'bi owamānyi mu byeyakolerānga nebyeyayogererānga mu maso ga Katonda ne mu gabantu bona; ne bakabona abakulu nabakūngu ba'fe bwebāmuwayo okumusalira omusāngo ogwo-

Digitized by Google

kumu'ta, nebamukomerera. Naye 'fe twali tusūbira nti yalinunula Isiraeri. Ate ne ku bino byona, lero zino enaku satu ebigambo bino kasoke'de bibawo. Era nabakazi abamu abewa'fe batuwunīkiri'za, abāke'de okugenda ku ntāna; nebatasānga mulāmbogwe, neba'ja nebagamba nti balabye okwolesebwa kwa bamalaika abagambye nti mulamu. Nabamu kwabo abāba'de na'fe bagenze ku ntāna, nebasānga bwebatyo ngabakazi bwebagambye, naye ye nebatamulaba. Kale ye nābagamba nti 'Mwe abasirusiru, abagayāvu mu mutima oku'kiriza byona bana'bi byebāyogerānga; tekyagwānira Masiya okubonyabonyezebwa ebyo, alyoke aingire mu kitībwakye? Nāsokera ku Musa ne ku bana'bi bona, nābategēza mu byawandikibwa ebyo byona ebyamuwandikirwa ye. Nebasembera kumpi nembuga gyebāli bagendamu: ye nāba ngabaisa okugenda mu maso. Nebamuwaliriza nga bagamba nti Tūla na'fe: kubanga obu'de bugenda okuwungēra, nenjuba egolobye kakano. Nāingira okutūla nabo. Awo olwātūka yali atu'de nabo ku 'mere, nātōla omugāti nāgwebaza, nāgumenyamu nābawa. Amaso gābwe negazibuka nebamutegēra; nābulirawo bo obutamulaba. Nebebūzaganya nti Emitima gya'fe tegyaba'de gitutyemuka munda ya'fe, bweyaba'de ayogera na'fe mu 'kubo, ngatubi'kulira ebyawandikibwa? Nebaimuka mu kisēra ekyo nebakomawo Eyerusalemi, nebasānga bali ekumi nomu, nabo bebali nabo, nga bakung'anye nga bagamba nti Mazima Mukama wa'fe azūki'de era alabiki'de Simoni. Nabo nebabanyonyola biri ebyomu'kubo, ne bweyategērekese gyebāli olwokumenyamu omugāti.

## *Lwokusatu oludirira Olwokuzukira.*

### Esala.

KATONDA Ainza-byona, mu Mwanawo eyazalibwa omu yeka Isa Masiya eyawangula okufa, natugulirawo olugi olwobulamu obutagwawo; tukwegairide nobuwombefu, nga mu kisakyo ekitukulembera fe abalondebo bwosa mu mitima gyafe ebirowozo ebiwoma, okutubera bulijo okubitukiriza obulungi mu bikolwa byafe; kubwa Isa Masiya Mukama wafe, abera omulamu afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, Katonda omu enaku zona, emirembe egitagwawo. *Amina.*

### Mu kifo Kyebaluwa. *Bik.* xiii. 26.

ABOLUGANDA, abāna bekika kya Ibulaimu, na'mwe 'mwena abatya Katonda, ekigambo ekyobulokozi buno kyawerezebwa wa'fe. Kubanga abatūla mu Yerusalemi nabakulu bābwe bwebatāmumanya oyo newakuba'de amalobozi ga bana'bi agasomebwa buli sabiti, kyebāva babitūkiriza bwebāmusalira omusāngo. Bwebatālaba nsōnga ya kumu'ta, nebasaba Pirato okumu'ta. Awo bwebāmala okutūkiriza byona ebyamuwandikirwa nebamuwanula

Digitized by Google

ku muti nebamuteka mu ntāna. Naye Katonda nāmuzūkiza mu bafu: nābalabikira enaku nyingi abāyāmbuka naye okuva Egaliraya okutūka Eyerusalemi, be bajulirwabe kakano eri abantu. 'Fe tubabūlira ebigambo ebirūngi, ebyokusūbiza okwasūbizibwa bajaja nti Katonda akutūkiri'za eri abāna ba'fe bweyazūkiza Isa; era nga bwekyawandikibwa mu Zabuli eyokubiri nti 'Gwe mwāna wānge, nkuza'de lero. Era kubanga yamuzūkiza mu bafu nga tagenda nate ku'dayo mu kuvūnda, yagamba bwati nti Ndibawa (emikisa) emitukuvu era egyenkala'kalira egya Daudi. Kubanga yayogera ne mu (Zabuli) endala nti Toliwayo Mutukuvuwo okuvūnda. Kubanga Daudi bweyamala okuwereza mu birobye nga Katonda bweyatēsa, neyebaka nātekebwa eri bajajabe, nāvūnda: naye oyo Katonda gweyazūkiza teyavūnda. Kale, abasaja abolugandа, mutegēre nti kubwoyo oku'gyibwako ebibi kubūli'dwa; byona byemutaīnzika ku'gyibwako mu matēka ga Musa, kubwoyo buli a'kiriza abi'gyibwako. Kale mwekūme kireme oku'ja ku'mwe ekyayogerwa bana'bi nti Laba, 'mwe abanyōma, mwewunye, mubule; kubanga 'nze nkola omulimu mu naku za'mwe omulimu gwemutali'kiriza newakuba'de omuntu ngagubabūli'de nyo.

ENJIRI. *Luk.* xxiv. 36.

ISA ye nyini nāīmirira wakati wābwe, nābagamba nti Emirembe gibe mu'mwe. Naye nebekānga nebatya, nebalowōza nga bālaba muzimu. Nābagamba nti Ekiberalikiriza kiki? Nokubūsabūsa ku'jira ki mu mitima gya'mwe? Mulabe engalo zānge nebigere byānge, nga 'nze 'nzuno mwēne: munkwateko mulabe; kubanga omuzimu tegulina nyama na magūmba, nga bwemulaba 'nze bweninabyo. Bweyamala okwogera ekyo, nābalaga engaloze nebigerebye. Awo bwebāli tebanaba ku'kiriza olwesanyu, nga bewunya, nābagamba nti Mulina ekirībwa wano? Nebamuwa ekitūndu ekyekyenyanja ekyōkye. Nākitōla nākirīra mu maso gābwe. Nābagamba nti Bino bye bigambo byānge byenababūlira, nga nkyali na'mwe, bwekigwānira byona okutūkirizibwa, ebyawandikirwa 'nze mu matēka ga Musa, ne mu bana'bi ne mu zabuli. Nālyoka abi'kula amagezi gābwe, basegēre ebyawandikibwa; nābagamba nti Bwekityo bwekyawandikibwa, Masiya okubonyabonyezebwa nokuzūkira mu bafu ku lunaku olwokusatu; era amawānga gona okubūlirwānga okwenenya noku'gyibwako ebibi mu linyalye, okusokera ku Yerusalemi. 'Mwe bajulirwa bebyo.

*Sabiti edirira Olwokuzukira.*

ESALA.

KITAFE Ainza-byona, eyawayo Omwanawo omu yeka okufa olwebibi byafe, nokuzukira mu bafu fe tuwebwe obutukirivu; otuwe fe tusule bwetutyo ekizimbulukusa ekyetima nobubi, tulyoke

tukuwereze bulijo mu mpisa enongofu namazima; olwobulungi bwoyo Omwanawo Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. 1 *Yok.* v. 4.

BULI ekyazālibwa Katonda kiwāngula Ensi ; era kuno kwo kuwāngula okwawāngula Ensi, oku'kiriza kwa'fe. Era awāngula Ensi yāni, wabula a'kiriza nga Isa ye Mwāna wa Katonda? Oyo ye ya'ja nama'zi nomusai, Isa Masiya; si na ma'zi gali go'ka, naye nama'zi gali nomusai guli. Era Omwoyo yategēza, kubanga Omwoyo ge mazima. Kubanga abategēza basatu, Omwoyo nama'zi nomusai: era abasatu abo bagendera wamu. Bwetu'kiriza okutegēza kwabantu, okutegēza kwa Katonda kwe kusinga obukulu: kubanga okutegēza kwa Katonda kwe kuno nti ategēze'za Ebyomwānawe. A'kiriza Omwāna wa Katonda alina okutegēza muye; ata'kiriza Katonda ngamufu'de mulimba; kubanga ta'kiriza kutegēza Katonda kwategēze'za Ebyomwānawe. Era okutegēza kwe kuno nti Katonda yatuwa obulamu obuta-'gwāwo, era obulamu obwo buli mu Mwānawe. Alina Omwāna alina obulamu; atalina Mwāna wa Katonda talina bulamu.

ENJIRI. *Yok.* xx. 19.

KU lunaku luli bwebwali akawungēzi, ku lunaku olusoka mu naku omusānvu, enzigi bwezali nga zi'ga'dwawo abaigirizwa mwebāli, olwokutya Abayudaya, Isa na'ja, nāimirira wakati mubo, nābagamba nti Emirembe gibe mu'mwe. Awo bweyamala okwogera bwatyo, nābalaga engaloze nembirīzize. Abaigirizwa nebasanyuka, bwebālaba Mukama (wābwe). Awo Isa nābagamba nate nti Emirembe gibe mu'mwe: nga Kitāngo bweyantuma 'nze, nānge bwentyo mbasindika 'mwe. Bweyamala okwogera ekyo, nāba'siza omu'ka, nābagamba nti Mutōle Omwoyo Omutukuvu: bemunāgyāngako ebibi bona, ba'gyibwako; bemunāsibirānga ebibi bona, basibirwa.

*Sabiti eyokubiri Olwokuzukira nga luwede.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, eyawayo Omwanawo eyazalibwa omu yeka okubera sadaka eyebibi kulwafe, era nekyokulabirako ekyempisa enungi Katonda zasima, otuwe ekisa okukiriza enaku zona nokwebaza okungi ekirabo ekyo ekya Mukama wafe ekitagereka, era nokufubanga bulijo okukwata ekubo edungi lyeyatulaga mu kutambulakwe okutukuvu okutukirivu; kubwoyo Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. 1 *Pet.* ii. 19.

KINO kye kisīmibwa, omuntu bwagumīkiriza okulūmwa olwoku'jukira Katonda, ngabonyabonyezebwa awatali nsōnga.

Digitized by Google

Kubanga bwemukola obubi nemukubibwa empi, bwemuligumīkiriza, tendo ki? naye bwemukola obulūngi nemubonyabonyezebwa, bwemuligumīkiriza, ekyo kye kisīmibwa eri Katonda. Kubanga ekyo kyemwaitirwa, kubanga era Masiya yabonyabonyezebwa kulwa'mwe, ngabalekera ekyokulabirako, mulyoke mugobererēnga ebigerebye: atākola kibi, newakuba'de obukūsa tebwalabika mu kamwāke: bweyavumibwa, atāvuma nate; bweyabonyabonyezebwa, atākānga; naye yewayo eri oyo asala omusāngo ogwensōnga: eyetika ye nyini ebibi bya'fe mu mubirigwe ku muti, 'fe nga tumaze okufa ku bibi, tulyoke tubērēnga abalamu eri obutūkirivu; okukubibwa kwoyo kwe kwabawonya. Kubanga mwali mukyāma ngendiga; naye kakano mukomyewo eri omusūmba era omulabirizi wobulamu bwa'mwe.

ENJIRI. *Yok.* x. 11.

ISA yagamba nti 'nze musūmba omulūngi: omusūmba omulūngi awayo obulamubwe olwendiga. Alūndirira empēra, atali musūmba, endiga nga si zize ye, bwalaba omusege nga gu'ja, aleka endiga na'duka, nomusege guzisikula guzisāsānya. (A'duka) kubanga wa mpēra, 'sō endiga tazi'sāko mwoyo. 'Nze musūmba omulūngi: era ntegēra ezānge, nezānge zintegēra nga Kitānge bwantegēra, nānge bwentegēra Kitānge; nānge mpayo obulamu bwānge olwendiga. Era nina nendiga endala ezitali za mu kisibo kino: nazo kingwānira okuzireta, ziriwulira e'dobozi lyānge; era ziriba ekisibo kimu, omusūmba omu.

*Sabiti eyokusatu Olwokuzukira nga luwede.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, gwabalaga abo abakyama omusana ogwamazimago; balyoke bade mu kubo lyobutukirivu; obawe abo bona abaingizibwa mu kukanya kwedini ya Masiya, okuleka ebigambo byona ebitatabagana nokwatula kwabwe, nokugoberera ebikusanira byona; kubwa Mukama wafe Isa Masiya. *Amina.*

EBALUWA. 1 *Pet.* ii. 11.

ABĀGALWA, mbegairira ngabaise nabatambuze, okwewalānga eri okwegōmba kwomubiri okulwāna nobulamu; nga mulina empisa za'mwe mu bamawānga enūngi, nga bwebabogerako ngabakola obubi, olwebikolwa (bya'mwe) ebirūngi byebalaba balyoke bagulumize Katonda ku lunaku olwokulabirwamu. Mugōnderēnga buli kiragiro kyabantu kubwa Mukama (wa'fe): oba kabaka nga yasinga bona; oba abamasaza, nga ye bātuma olwokukanga'vulānga abakola obubi, nolwokusīmānga abakola obulūngi. Kubanga Katonda bwayagala bwatyo, 'mwe okusirisānga obutamanya bwa bantu abasirusiru nga mukola obulūngi: ngabe'dembe, 'sō si ngabalina e'dembe (lya'mwe) olwokukisa obubi, naye ngaba'du ba Katonda.

Digitized by Google

Mu'sĕngamu ekitībwa abantu bona. Mwagalĕnga abolugandа. Mutyēnga Katonda. Mu'sēngamu ekitībwa kabaka.

ENJIRI. *Yok.* xvi. 16.

ISA yagamba abaigirizwabe nti Esiga'de ekisēra kitono, nemutandaba nate; era nate walibawo ekisēra kitono, nemundaba. Abaigirizwabe abamu kyebāva bogera bo'ka na bo'ka nti Kiki kino kyatugamba nti Esiga'de ekisēra kitono, nemutandaba; nate walibawo ekisēra kitono, nemundaba; era nti Kubanga ng'enda eri Kitānge? Kyebāva bagamba nti Kiki kino kyagamba nti Ekisēra kitōno? Tetumanyi kyagamba. Isa nātegēra nga bagala okumubūza, nābagamba nti Mwebūzaganya 'mwe'ka olwekyo kyembagambye nti Esiga'de ekisēra kitono, nemutandaba, era nate walibawo ekisera kitono nemundaba? Dala dala mbagamba nti 'mwe mulikāba mulikuba ebiwōbe, naye ensi erisanyuka: 'mwe mulinakuwala, naye enaku za'mwe zirifūka sanyu. Omukazi bwazāla alaba enaku, kubanga ekisērakye kitūse: naye omwāna bwamala okuzālibwa nga takya'jukira kulūmwa, olwesanyu eryokuzālibwa omuntu munsi. Kale na'mwe kakano munakuwala: naye ndibalaba nate, nemitima gya'mwe girisanyuka, nesanyu lya'mwe tewali muntu aliba'gyako.

*Sabiti eyokuna Olwokuzukira nga luwede.*

ESALA.

AI Katonda Ainza-byona, gwainza weka okufuga emitima emijemu egyabantu abalina ebibi; tuwe fe abantubo gwe byewalagira okubyagala, nebyewasubiza okubinonya; ebintu ebyomunsi bwebikyukakyuka, bwebituvako, bwebigwawo, emitima gyafe ginyuwerere dala mwebyo ebireta esanyu eryamazima; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Yak.* i. 17.

BULI kirabo kirūngi na buli kitone kitūkirivu kiva wa'gulu, nga ki'ka okuva eri Kita'fe owebyāka, ataīnza kuba na kufūkafūka newakuba'de ekisīkirize ekyokukyūka. Olwokutēsakwo yatuzāla nekigambo ekyamazima, tulyoke tubēre ngomwāka omuberyeberye ogwebitōndebye. (Ekyo) mukimanyi, baganda bānge abāgalwa. Naye buli muntu abērēnga mwāngu wa kuwulira, alwēngawo okwogera, alwēngawo okusunguwala: kubanga obusūngu bwomuntu tebukola butūkirivu bwa Katonda. Kale mutekēnga wala obugwagwa bwona nobubi obusu'kiri'de, mutōlēnga nobuwōmbefu ekigambo ekisigibwa ekiīnza okulokola obulamu bwa'mwe.

ENJIRI. *Yok.* xvi. 5.

ISA yagamba abaigirizwabe nti kakano ng'enda eri oli eyantuma; era tewali ku'mwe ambūza nti Ogenda wa? Naye kubanga

Digitized by Google

mbabūli'de ebyo, emitima gya'mwe gi'ju'de enaku. Naye 'nze mbagamba amazima; kibasānira 'mwe 'nze okugenda; kubanga 'nze bwesirigenda, Omubezi taliba'jira; naye bwendigenda ndimutuma gyemuli. Ye bwali'ja, alirumiriza ensi olwekibi, nolwobutūkirivu, nolwomusāngo; olwekibi, kubanga tebanzikiriza 'nze; olwobutūkirivu, kubanga ng'enda eri Kitānge, 'sō na'mwe temukyandaba nate; olwomusāngo, kubanga omukulu Wensi eno asali'dwa omusāngo. Nkyalina bingi okubabūlira, naye temuīnza kubigumīkiriza kakano. Naye bwali'ja oyo Omwoyo owamazima, anābalung'amyānga mu mazima gona: kubanga tayogerenga kububwo ye'ka; naye byona byanāwulirānga byanāyogerānga: ye anābabūlirānga ebigenda oku'ja. Oyo anāngulumizānga 'nze: kubanga anātōlānga ku byānge nābūlira 'mwe. Byona byona Kitānge byali nabyo bye byānge: kyenvu'de ng'amba nti Anātōlānga ku byānge nābūlira 'mwe.

*Sabiti eyokutano Olwokuzukira nga luwede.*

ESALA.

AI Mukama, omuva ebigambo ebirungi byona; otuwe fe abadubo abawombefu okusa mu mitima gyafe ebirowozo ebirungi, era nokutubera mu kusasirakwo okubitukiriza ebyo; kubwa Mukama wafe Isa Masiya. *Amina.*

EBALUWA. *Yak.* i. 22.

MUBĒRĒNGA bakozi ba kigambo, 'sō si bawulizi buwulizi, nga mwerimbalimba. Kubanga omuntu yena bwaba omuwulizi wekigambo, 'sōnga si mukozi, oyo afanana ngomuntu eyeraba amaso agobuzāliranwabwe mu ndabirwamu: kubanga yeraba nāgenda, amangwāgo neyerabira bwafananye. Naye atunula mu matēka amatūkirivu age'dembe nānyīkiriramu, nga si muwulizi eyerabira naye mukozi akola, oyo anāwebwānga omukisa mu kukolakwe. Omuntu yena bweyerowōza nga wa dini, bwataziiza lulimirwe, naye nga yerimba omutimagwe, edini yoyo teriko kyegasa. Edini enongōfu eterimu 'ko mu maso ga Katonda Kita'fe yeno, okulambulānga abafuzi ne ba'na'mwāndu mu bunaku bwābwe, nokwekūmānga obutaba na mabala agomunsi.

ENJIRI. *Yok.* xvi. 23.

DALA dala mbagamba nti Buli kyemulisaba Kitānge, alikibawa mu linya lyānge. Okutūsa lero temusabānga kigambo mu linya lyānge: musabe, muliwebwa, esanyu lya'mwe litūkirire. Ebyo mbibabūliri'de mu ngero: naye obu'de bugenda oku'ja, mwesiryogerera na'mwe mu ngero, naye ndibibabūlira ebya Kitānge mu lwātu. Ku lunaku luli mulisaba mu linya lyānge: 'sō sibagamba nti ndibasabira eri Kitānge; kubanga Kitānge ye nyini

abagala, kubanga munjaga'de 'nze, mu'kiri'za nga nava eri Kitānge. Nava eri Kitānge, nenjija munsi: nate ensi ngireka, ng'enda eri Kitānge. Abaigirizwabe nebamugamba nti Laba, kakano oyogera lwātu, toyogera lugero. Kakano tumanyi ngomanyi byona, 'sō tewetāga muntu yena okukubūza; kyetuva tu'kiriza nga wava eri Katonda. Isa nāba'damu nti Kakano mu'kiri'za? Laba, ekisēra ki'ja, era kitūse, mwemunāsāsānira, buli muntu mu bibye, munāndeka 'nze 'nze'ka: 'sō si 'nze'ka, kubanga Kitānge ali wamu nānge. Ebyo mbibabūli'de, mube nemirembe mu'nze. Munsi mulina enaku: naye mugume; 'nze mpāngu'de ensi.

## *Olunaku Olwokugenda-mu-gulu.*

### Esala.

KATONDA Ainza-byona, nga bwetukiriza nga Omwanawo eyazalibwa omu yeka Mukama wafe Isa Masiya yagenda mu gulu; era nafe otubere tulinyise bwetutyo mu gulu emitima nebirowozo byafe, biryoke bitule bulijo wamu naye, abera omulamu afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, Katonda omu, emirembe egitagwawo. *Amina.*

### Mu kifo Kyebaluwa. *Bik.* i. 1.

EKITABO ekyoluberyeberye nakikola, mu'nānge Te'firo, ekya byona Isa byeyasoka okukola nokuigiriza, okutūsa ku lunaku luli bweyamala okulagira Kubwomwoyo Omutukuvu abatume beyalōnda nātwālibwa mu 'gulu. Bweyamala okubonyabonyezebwa neyeraga mubo nga mulamu, mu bubonero bungi, ngabalabikira e'bānga lyenaku amakumi ana, ngayogera ebyobwakabaka bwa Katonda. Awo bweyakung'ana nabo nābalagira baleme okuva mu Yerusalemi, naye balindirire okusūbiza kwa Kitānge kwemwawulira gyendi: kubanga Yokana yabatiza nama'zi; naye 'mwe mulibatizibwa Nomwoyo Omutukuvu mu naku si nyingi. Awo bwebākung'ana nebamubūza nga bagamba nti Mukama wa'fe, mu biro bino mwonokomezawo obwakabaka eri Isiraeri? Nābagamba nti Si kwa'mwe okumanya entūko newakuba'de ebiro, Kita'fe byeyateka mu buīnzabwe ye. Naye muliwebwa amānyi, Omwoyo Omutukuvu bwalimala oku'ja ku'mwe, na'mwe munābānga bajulirwa bānge mu Yerusalemi ne mu Buyudaya bwona ne mu Samaliya, nokutūsa ku nkomerero yensi. Bweyamala okwogera ebyo, nga batunulira, nāsitulibwa, ekire nekimutōla okumu'gya mu maso gābwe. Bwebāli bekaliriza amaso mu 'gulu bwagenda, laba, abantu babiri nebaīmirira kumpi nabo nga bamba'de engoye ezitukula; abāyogera nti Abantu Begaliraya kiki ekibaīmiri'za nga mulaba mu 'gulu? Oyo Isa aba'gyi'dwako okutwālibwa mu 'gulu ali'ja bwatyo nga bwemumulabye ngagenda mu 'gulu.

Digitized by Google

ENJIRI. *Mak.* xvi. 14.

ISA yālabikira ekumi nomu nga batu'de ku 'mere; nābanenya olwobuta'kiriza nobuka'kanyavu bwemitima gyābwe, kubanga teba'kiriza abāmulaba ngamazo okuzūkira. Nābagamba nti Mugende munsi zona, mubūlire enjiri eri ebitōnde byona. A'kiriza nābatizibwa, alirokoka, naye ata'kiriza omusāngo gulimusinga. Era obubonero buno bunāgendānga nabo aba'kiriza: banāgobānga emizimu mu linya lyānge; banāyogerānga enimi empya; banākwatānga ku misota, bwebanānywānga ekintu eki'ta, tekibakolenga kabi na katono, banāsāngako emikono abalwa'de, nabo banāwonānga. Awo Mukama (wa'fe) Isa bweyamala okwogera nabo, nātwālibwa mu 'gulu, nātūla ku mukono ogwadyo ogwa Katonda. Bali nebafuluma, nebabūlira wonawona, Mukama (wa'fe) ngakolerānga wamu nabo era nganywēza ekigambo mu bubonero obwaki'dirirānga.

*Sabiti edirira Olwokugenda-mu-gulu.*

ESALA.

AI Katonda Kabaka owekitibwa, eyalinyisa Omwanawo eyazalibwa omu yeka mu bwakabakabwo obwomugulu nokuwangula okungi; tukwegairide obutatuleka nga tetulina anatusanyusanga; naye otume Omwoyowo Omutukuvu atusanyuse, atulinyise nafe eri Omulokozi wafe Masiya gyeyatusoka okugenda, abera omulamu afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, Katonda omu, emirembe egitagwawo. *Amina.*

EBALUWA. 1 *Pet.* iv. 7.

ENKOMERERO ya byona eri kumpi: kale mwegenderezēnga mutamirukukēnga olwokusaba: okusinga byona nga mulina okwagalanānga okungi enyo 'mwe'ka na 'mwe'ka: kubanga okwagala kubi'ka ku bibi ebingi: nga musembezaganyānga awatali kwemulugunya: nga buli muntu bweyawebwa ekirabo, nga mukiwereza 'mwe'ka na 'mwe'ka bwemutyo, ngabawanika abalūngi abekisa kya Katonda ekitali kimu; omuntu yena bwayogerānga, (ayogerēnga) ngebiragiro bya Katonda bwebiri; omuntu yena bwawerezānga, (awerezēnga) ngamānyi Katonda gamuwa bwegali: mu byona Katonda agulumizibwēnga kubwa Isa Masiya, alina ekitībwa nobuīnza emirembe nemirembe. Amina.

ENJIRI. *Yok.* xv. 26, *era nekitundu Ekyesula* xvi.

NAYE Omubezi bwali'ja, gwendibatumira ava eri Kitānge, Omwoyo owamazima, ava eri Kitānge, oyo alitegēza ebyānge: era na'mwe mutegēza ebyānge kubanga okuva ku luberyeberye mwali nānge. Ebyo mbibabūli'de muleme okusitazibwānga. Banābagobānga mu makung'aniro; wewawo, ekisēra ki'ja, buli

Digitized by Google

anāba'tānga anālowōzānga ngawereza Katonda. Nebyo banābikolānga, kubanga Kitānge tebamutegēra newakuba'de 'nze. Naye obyo mbibabūli'de, era ekisēra kyabyo wekitūkānga mu'jukire nga 'nze nababūlira.

## *SABITI EITIBWA PENTEKOTE.*

### Esala.

KATONDA, gweyaigiriza emitima gyabantubo abakiriza mu kubawa omusana Ogwomwoyowo Omutukuvu, nga bwetujukira lero; Omwoyo oyo atuwe nafe amagezi mu bigambo byona, era atusanyuse bulijo nesanyulye etukuvu; olwobulungi bwa Isa Masiya Omulokozi wafe, abera omulamu afugira awamu nawe, mu bumu Bwomwoyo oyo, Katonda omu emirembe egitagwawo. *Amina.*

### Mu kifo Kyebaluwa. *Bik.* ii. 1.

AWO olunaku lwa Pentekote bwerwātūka, bona bāli wamu mu kifo kimu. Amangwāgo okuwūma nekuba mu 'gulu ngempewo ewūma namānyi, neku'juza enyumba yona mwebāli batu'de. Nekulabika kubo enimi ngezomuliro nga zeyāwu'demu : buli lulimi nerutūla ku buli muntu. Bona neba'jula Omwoyo Omutukuvu, nebatanula okwogera enimi endala, nga Omwoyo bweyabawa okuzogera. Wāliwo mu Yerusalemi Abayudaya nga batu'de, abantu abegendereza, abāva mu buli 'gwānga lyabantu wansi we'gulu. Okuwūma okwo bwekwabawo, ekibīna nekikung'ana nekisamālirira, kubanga bāwulira buli muntu nga bogera mu lulimi lwewābwe. Nebawunīkirira bona, nebewunya, nga bogera nti Laba, bano bona abogera si Bagaliraya? Era kiki 'fe buli muntu okuwulira olulimi lwewa'fe gyetwazālibwa? Abapazi Nabamedi, Naberamiti, nabali mu Mesopotamiya, mu Buyudaya ne Kapadokiya, mu Ponto ne mu Asiya, mu Fulugiya ne mu Panfuliya, mu Misiri ne munsi Ezeribua ezirirānye Kulene, Nabalumi abagenyi, Abayudaya nabakyūfu, Abakulete Nabawalabu, tuwulira bano nga bogera mu nimi za'fe ebyekitalo ebya Katonda.

### Enjiri. *Yok.* xiv. 15.

ISA yagamba abaigirizwabe nti Obanga munjagala, munākwatānga ebiragiro byānge. Nānge ndisaba Kitānge, naye alibawa Omubezi omulala, abērēnga na'mwe emirembe nemirembe, Omwoyo owamazima: ensi gweteīnza ku'kiriza; kubanga temulaba, 'sō temutegēra: 'mwe mumutegēra; kubanga abēra gyemuli, era anābānga mu'mwe. Siribaleka bamulekwa: nkomawo gyemuli. Esiga'de ekisēra kitono, Ensi obutandaba nate; naye 'mwe mundaba: kubanga 'nze ndi mulamu, na'mwe muliba balamu. Ku lunaku olwo mulitegēra 'mwe nga 'nze ndi mu Kitānge, na'mwe

Digitized by Google

mu'nze, nānge mu'mwe. Alina ebiragiro byānge, nābikwata, oyo nga yanjagala: anjagala anāyagalibwānga Kitānge, nānge nāmwagalānga nāmulabikirānga. Yuda [atali Isukalyoti] nāmugamba nti Mukama wa'fe, kiba'de kitya 'gwe okugenda okutulabikira 'fe, 'sō si eri Ensi? Isa na'damu nāmugamba nti Omuntu bwanjagala, anākwatānga ekigambo kyānge: ne Kitānge anāmwagalānga, era tuna'jānga gyali, tunātūlānga gyali. Atanjagala takwata bigambo byānge: nekigambo kyemuwulira si kyānge, naye kya Kitānge eyantuma. Ebigambo ebyo mbabūli'de nga nkyali na'mwe. Naye Omubezi, Omwoyo Omutukuvu, Kitānge gwalituma mu linya lyānge, oyo alibaigiriza byona, aliba'jukiza byona byenabagamba. Emirembe mbalekera; emirembe gyānge ngibawa: si ngensi bwewa, 'nze bwembawa. Omutima gwa'mwe tegweralikirirānga 'sō tegutyānga. Muwuli'de bwembagambye nti Ng'enda, era nkomawo gyemuli. Singa munjagala, mwandisanyuse kubanga ng'enda eri Kitānge: kubanga Kitānge ansinga obukulu. Kakano mbagambye nga tekinaba kubawo, lwekiribawo mulyoke mu'kirize. Sikyayogera nyo nate na'mwe; kubanga afuga Ensi a'ja: naye tandiko kigambo; naye Ensi etegēre nga njagala Kitānge, era Kitānge bweyandagira, bwentyo bwenkola.

### *Lwokubiri oludirira Pentekote.*

#### Esala.

KATONDA, gweyaigiriza emitima gyabantubo abakiriza mu kubawa omusana Ogwomwoyowo Omutukuvu, nga bwetujukira lero; Omwoyo oyo atuwe nafe amagezi mu bigambo byona, era atusanyuse bulijo nesanyulye etukuvu; olwobulungi bwa Isa Masiya Omulokozi wafe, abera omulamu afugira awamu nawe, mu bumu Bwomwoyo oyo, Katonda omu emirembe egitagwawo. *Amina.*

#### Mu kifo Kyebaluwa. *Bik.* x. 34.

AWO Petero nāyasamya akamwāke nāgamba nti. Mazima ntege'de nga Katonda tasosola mu bantu: naye mu 'gwānga lyona lyona amutya nākola obutūkirivu amu'kiriza. Ekigambo kyeyatumira abāna ba Isiraeri, ngabūlirira emirembe mu Isa Masiya [ye Mukama webintu byona]—'mwe mukimanyi, ekyayogerwa ekyali mu Buyudaya bwona, ekyasokera mu Galiraya oluvanyuma lwokubatiza kweyabūlira Yokana, Isa Omunazalesi Katonda bweyamufukako amafuta Nomwoyo Omutukuvu namānyi: eyatambulānga ngakola bulūngi, ngawonya bona abājōgebwānga Setani; kubanga Katonda yali naye. Na'fe tuli bajulirwa bebigambo byona byeyakola munsi Yabayudaya ne mu Yerusalemi; oyo nebamu'ta bwebāmuwanika ku muti. Oyo Katonda nāmuzūkiriza ku lunaku olwokusatu nāmulaga mu lwātu, si mu bantu bona naye

Digitized by Google

mu bajulirwa Katonda beyalōnda oluberyeberye, be 'fe abālya netunywa naye bweyamala okuzūkira mu bafu. Nātulagira okubūlira abantu nokutegēza ngoyo Katonda gweyalagira (okubēra) omusazi womusāngo wabalamu nabafu. Oyo bana'bi bona bamutegēza nga buli amu'kiriza a'gyibwako ebibi olwerinyalye. Awo Petero bweyali akyayogera ebigambo ebyo, Omwoyo Omutukuvu nābagwako bona abāwulira ekigambo. Nebasamālirira aba'kiriza abakomole, bona aba'ja ne Petero, kubanga ne ku mawānga ekirabo Ekyomwoyo Omutukuvu kifuki'dwa. Kubanga bābawulira nga bogera enimi nebagulumiza Katonda. Awo Petero na'damu nti Omuntu aīnza okugāna ama'zi bano obutabatizibwa, bano abawere'dwa Omwoyo Omutukuvu nga 'fe? Nālagira babatizibwe okuingira mu linya lya Isa Masiya. Oluvanyuma nebamwegairira okulwāyo enaku nyingiko.

ENJIRI. *Yok.* iii. 16.

KUBANGA Katonda bweyayagala ensi bwati, nokuwayo nāwayo Omwānawe eyazālibwa omu ye'ka, buli muntu yena amu'kiriza aleme okubula, naye abēre nobulamu obuta'gwāwo. Kubanga Katonda teyatuma Mwānawe munsi, okusalira ensi omusāngo; naye ensi erokokere kuye. Amu'kiriza tegumusinga: atamu'kiriza gumaze okumusinga, kubanga ta'kiri'za linya lya Mwāna eyazālibwa omu ye'ka owa Katonda. Guno gwe musāngo kubanga omusana gu'ze munsi, abantu nebagala enzikiza okukira omusana; kubanga ebikolwa byābwe byali bibi. Kubanga buli muntu yena akola ebitasāna akyāwa omusana, 'sō ta'ja eri omusana, ebikolwabyo bireme okunenyezebwa. Naye akola amazima a'ja eri omusana ebikolwabyo birabike nga byakolerwa mu Katonda.

## *Lwokusatu oludirira Pentekote.*

ESALA.

KATONDA, gweyaigiriza emitima gyabantubo abakiriza mu kubawa omusana Ogwomwoyowo Omutukuvu, nga bwetujukira lero; Omwoyo oyo atuwe nafe amagezi mu bigambo byona, era atusanyuse bulijo nesanyulye etukuvu; olwobulungi bwa Isa Masiya Omulokozi wafe, abera omulamu afugira awamu nawe, mu bumu Bwomwoyo oyo, Katonda omu emirembe egitagwawo. *Amina.*

MU KIFO KYEBALUWA. *Bik.* viii. 14.

ABATUME abāli mu Yerusalemi bwebāwulira nga Esamaliya ba'kiri'za ekigambo kya Katonda, nebabatumira Petero ne Yokana. Nabo bwebātūka nebabasabira okuwebwa Omwoyo Omutukuvu: kubanga tanaba kuba'kako nomu kubo: naye bābatizwa



Digitized by Google

bubatizwa okuingira mu linya lya Mukama (wa'fe) Isa. Awo nebaba'sāko emikono, nebawebwa Omwoyo Omutukuvu.

ENJIRI. *Yok.* x. 1.

DALA dala mbagamba nti Ataita mu mulyāngo (ngaingira) mu kisibo kyendiga, naye bwalinyira awalala, oyo ye mu'bi era omunyazi. Naye aita mu mulyāngo, ye musūmba wendiga. Oyo omu'gazi amu'gulirawo; nendiga zimuwulira e'dobozi: aziita endigaze amanya; azifulumya ebwēru. Bwamala okufulumya ezize zona, azikulembera, nendiga zimugoberera: kubanga zimumanyi e'dobozi. Omulala tezirimugoberera, naye zirimu'duka bu'dusi: kubanga tezimanyi 'dobozi lya balala. Isa nābagamba olugero luno, naye bo tebātegēra bigambo bwebiri byeyabagamba. Awo Isa nābagamba nate nti Dala dala mbagamba nti 'Nze mulyāngo gwendiga. Bona abānsoka bāli ba'bi era abanyazi: naye endiga tezabawulira. Nze mulyāngo: omuntu bwaingirira mu'nze alirokoka, aliingira, alifuluma, aliraba e'dūndiro. Omu'bi ta'ja wabula oku'ba, noku'ta, nokuzikiriza. 'Nze na'ja zibe nobulamu, era zibe nabwo obungi.

## *SABITI EYOBUSATU.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, atagwawo, eyatuwa fe abadubo ekisa okwatula ekitibwa Ekyobusatu obutagwawo, era ne mu buinza bwobukulu bwa Katonda okusinza Obumu; tukwegairide okutunyuweza mu kukiriza okwo, nokutukuma enaku zona mu bubi bwona, gwabera omulamu afuga, Katonda omu emirembe egitagwawo. *Amina.*

MU KIFO KYEBALUWA. *Kub.* iv. 1.

OLUVANYUMA lwebyo nendaba, era, laba, olu'gi olu'gu'dwawo mu 'gulu, ne'dobozi lyenasoka okuwulira, ngeryakagōmbe, nga kogera nānge, ngayogera nti Linya okutūka wano, nānge nākulaga ebigwānira okubērawo oluvanyuma lwebyo. Amangwāgo nali mu Mwoyo: era, laba, entebe eyobwakabaka yali ngeteke'dwawo mu 'gulu, era eyali atu'de ku ntebe; naye eyali atu'de yali afanana nge'jinja erya yasepi nerya sadio okulabika: ne musoke okwetōlōla entebe eyali afanana nga zumalidi okulabika. Entebe eyobwakabaka yali etōlo'dwa entebe ezobwakabaka amakumi abiri mu nya: ne ku ntebe (kwaliko) abaka'de amakumi abiri mu bana nga batu'de, nga bamba'de engoye enjeru; ne ku mitwe gyābwe engule eza zābu. Ne ku ntebe nga kuvako okumyānsa namalobozi nokubwātuka. Netabāza omusānvu ezomuliro nga zāka mu maso gentebe, gye myoyo omusānvu egya Katonda; ne mu maso gentebe

ngenjanja eyendabirwamu, efanana nga kulusitalo; ne wakati wentebe nokwetōlōla entebe ebiramu bina ebi'ju'de amaso mu bwenyi nenyuma. Nekiramu ekyoluberyeberye kyali kifanana ngempologoma, nekiramu ekyokubiri ngenyana, nekiramu ekyokusatu kyalina amaso ngagomuntu, nekiramu ekyokuna kyali kifanana ngempūngu ebūka. Nebiramu ebina, nga birina buli kimu ebiwawātiro mukāga, bi'ju'de amaso enjui zona ne munda: 'so tebiriko kuwu'mula emisana nekiro nga byogera nti Omutukuvu, Omutukūvu, Omutukuvu, Mukama Katonda Ainza-byona, eyabawo era abawo era a'ja (okubawo). Era ebiramu bwebirimuwa ekitībwa netendo nokwebaza oyo atu'de ku ntebe, omulamu emirembe nemirembe, abaka'de amakumi abiri mu bana balivūnama mu maso goyo atu'de ku ntebe, era balisinza oyo omulamu emirembe nemirembe, era balisūla engulc zābwe mu maso gentebe, nga bogera nti Osāni'de 'gwe, Mukama wa'fe, Katonda wa'fe, okuwebwānga ekitībwa netendo nobuīnza: kubanga 'gwe wabitōnda byona, era byabawo lwa kusīmakwo, era byatōndebwa.

ENJIRI. *Yok.* iii. 1.

WĀLIWO omuntu owomu Bafalisayo, erinyalye Nikodemo, mwāmi mu Bayudaya: oyo na'ja gyali ekiro, nāmugamba nti Labi, tumanyi nti oli muigiriza eyava eri Katonda: kubanga tewali muntu aīnza okukola obubonero buno bwokola 'gwe, wabula Katonda ngali naye. Isa na'damu nāmugamba nti Dala dala nkugamba nti Omuntu bwatazālibwa mulūndi gwa kubiri taīnza kulaba bwakabaka bwa Katonda. Nikodemo nāmugamba nti Omuntu aīnza atya okuzālibwa bwaba nga muka'de? aīnza okuingira mu lubuto lwa nyina omulūndi ogwokubiri, nāzālibwa? Isa na'damu nti Dala dala nkugamba nti Omuntu bwatazālibwa ma'zi na Mwoyo, taīnza kuingira mu bwakabaka bwa Katonda. Ekizālibwa omubiri kiba mubiri; nekizālibwa Omwoyo kiba mwoyo. Tewewunya kubanga nkugambye nti Kibagwānira okuzālibwa omulūndi ogwokubiri. Empewo ekūntira gyeyagala, nowulira okuwūma kwayo, naye tomanyi gyeva, newakuba'de gyegenda: bwatyo bwabēra buli muntu yena azālibwa Omwoyo. Nikodemo na'damu nāmugamba nti Ebyo biīnza bitya okubāwo? Isa na'damu nāmugamba nti 'Gwe omuigiriza wa Isiraeri, nototegēra ebyo? Dala dala nkugamba nti Twogera kyetumanyi, tutegēza kyetwalaba; 'sō temu'kiriza kutegēza kwa'fe. Bwembabūli'de ebyensi, nemuta'kiriza, muli'kiriza mutya bwenābabūlira ebyomu'gulu? Tewali muntu eyali alinye mu 'gulu, wabula eyava mu 'gulu, (ye) Mwāna womuntu ali mu 'gulu. Nga Musa bweyawanika omusota mu 'dūngu, bwekityo Nomwāna womuntu kimugwānira okuwanikibwa: buli muntu yena amu'kiriza abēre nobulamu obuta'gwāwo muye.

Digitized by Google

*Sabiti edirira Eyobusatu.*

ESALA.

AI Katonda, okigo kyabwe bona abesiga gwe, wulira nokusasira okusaba kwafe; era kubanga olwobunafu obwobuzaliranwa bwafe obwokufa tetuinza kukola kigambo kyona ekirungi awatali gwe, kiriza okutubera nekisakyo, tukwate amatekago, tulyoke tusimibwe gwe mu kwagala era ne mu kukola kwafe; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. 1 *Yok.* iv. 7.

ABĀGALWA, twagalanēnga: kubanga okwagala kuva eri Katonda; na buli muntu yena ayagala yazālibwa Katonda era ategēra Katonda. Atayagala Tategēra Katonda; kubanga Katonda kwagala. Ku kino okwagala kwa Katonda kwekwalabisibwa gyetuli, kubanga Katonda yatuma munsi Omwānawe eyazālibwa omu tulyoke tube abalamu kubwoyo. Mu kino mwe muli okwagala, si nga 'fe twayagala Katonda, naye nga ye yatwagala 'fe, nātuma Omwānawe (okuba) omutāngo olwebibi bya'fe. Abāgalwa, Katonda bweyatwagala bwatyo, na'fe kitugwānira okwagalanānga. Tewali eyali alabyo ku Katonda wonawona: bwetwagalana, Katonda abēra mu'fe, nokwagalakwe nga kutūkiri'de mu'fe: ku kino kwetutegērera nga tubēra muye, naye mu'fe, kubanga yatuwa ku Mwoyogwe. Na'fe twalaba era tutegēza nga Kita'fe yatuma Omwānawe (okuba) Omulokozi Wensi. Buli ayātula nga Isa ye Mwāna wa Katonda, Katonda abēra muye, naye mu Katonda. Nate twategēra era twa'kiriza okwagala Katonda kwalina gyetuli. Katonda kwagala; naye abēra mu kwagala abēra mu Katonda, ne Katonda abēra muye. Mwekyo okwagala mwekutūkirizibwa gyetuli, tubēre nobugumu ku lunaku olwomusāngo; kuba ye nga bwali, na'fe bwetuli munsi muno. Temuli kutya mu kwagala, naye okwagala okutūkirivu kugobera ebwēru okutya, kubanga okutya kulimu okubonerezebwa; noyo atya tanatūkirizibwa mu kwagala. 'Fe twagala, kubanga ye yasoka okutwagala 'fe. Omuntu bwayogera nti Njagala Katonda, nākyāwa mugandawe, mulimba; kubanga atayagala mugandawo gweyali alabyeko, Katonda gwatalabāngako taīnza kumwagala. Era tulina ekiragiro kino ekyava gyali, ayagala Katonda ayagalēnga ne mugandawe.

ENJIRI. *Luk.* xvi. 19.

WĀLIWO omuntu omuga'ga eyayambalānga olugoye olwefulūngu ne bafuta enūngi, ngasanyukānga bulijo mu kwesīma: era wāliwo nomwāvu erinyalye Lazalo eyagalamizibwānga ku mulyāngogwe, eyali awu'musewu'muse amabwa, nga yegōmba oku'kuta ebyagwānga okuva ku meza yomuga'ga; era embwa nazo

Digitized by Google

za'jānga nezimukomberērānga amabwage. Awo olwātūka omwāvu nāfa, nāsitulibwa bamalaika na'sibwa mu kifuba kya Ibulaimu. Nomuga'ga nāfa, nāzīkibwa. Nāimusiza amasoge mu Magōmbe ngali mu kulūmizibwa, nālengera Ibulaimu wala, ne Lazalo ngali mu kifubakye. Nāyogerera wa'gulu nāgamba nti Kitānge Ibulaimu, nsāsira, otume Lazalo, anyike ensōnda yolunwerwe mu ma'zi, ampozewoze olulimi lwānge; kubanga 'nūmwa mu muliro guno. Naye Ibulaimu nāmugamba nti Mwāna wānge, 'jukira nga wawebwānga ebirūngibyo mu bulamubwo, era ne Lazalo bwatyo ebibi; naye kakano yasanyusibwa, 'gwolūmwa. Era kwebyo byona, wakati wa'fe na'mwe waliwo olukōnko oluwānvu olwatekebwawo, abagala okuva eno oku'ja gyemuli balemēnga okuīnza, era balemēnga okuvayo okuitawo oku'ja gyetuli. Nāgamba nti Kale, nkwegairi'de, kitānge, omutume mu nyumba ya kitānge; kubanga nina aboluganda batāno; abategēze baleme oku'ja nabo mu kifo kino ekirimu okulūmwa. Naye Ibulaimu nāgamba nti Balina Musa ne bana'bi; babawulirēnga abo. Nāgamba nti Ne'da, kitānge Ibulaimu; naye omu ku bafu bwaligenda gyebali balyenenya. Nāmugamba nti Bwebatawulira Musa ne bana'bi, era newakuba'de omu ku bafu bwalizūkira, taliba'kirizisa.

*Sabiti eyokubiri Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

AI Mukama, gwatalemanga kubera nokufuga abo boigiriza mu kutya nokwagala gwe; tukwegairide, otukume mu mirembe olwokutegerakwo okulungi, otuigirize okutya enaku zona Erinyalyo etukuvu nokulyagala, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. 1 *Yok.* iii. 13.

TEMWEWUNYĀNGA, aboluganda, Ensi bwebakyāwānga. 'Fe tumanyi nga twava mu kufa netuingira mu bulamu, kubanga twagala aboluganda. Atayagala abēra mu kufa. Buli muntu yena akyāwa mugandawe ye mu'si; era mumanyi nga tewali mu'si alina obulamu obuta'gwāwo nga bubēra muye. Ku kino kwetutegērera okwagala, kubanga oyo yawayo obulamubwe kulwa'fe: na'fe kitugwānira okuwāngayo obulamu bwa'fe kulwaboluganda. Naye buli alina ebintu ebyomunsi, nātunulira mugandawe nga yetāga, nāmu'galirawo ememeye, okwagala kwa Katonda kubēra kutya muye? Abāna abato, tuleme okwagalānga mu kigambo ne mu lulimi, wabula mu kikolwa ne mu mazima. Ku kino kwetunātegērerānga nga tuli ba mazima netukakanya omutima gwa'fe mu masoge, mu buli kigambo omutima gwa'fe kyegutusalira okusinga; kubanga Katonda asinga obukulu omutima gwa'fe, era ategēra byona. Abāgalwa, omutima bwegutatusalira kutusinga, tuba nobugumu eri Katonda; era buli kyetusaba tukiwebwa ye,

Digitized by Google

kubanga tukwata ebiragirobye era tukola ebisīmibwa mu masgoe. Na kino kye kiragirokye, tu'kirize erinya Lyomwānawe Isa Masiya, era twagalanēnga, nga bweyatuwa ekiragiro. Era akwata ebiragirobye abēra muye, naye muye. Era ku kino kwetutegērera ngabēra mu'fe, Olwomwoyo gweyatuwa.

ENJIRI. *Luk.* xiv. 16.

WĀLIWO omuntu eyafumba embaga enene; nāita bangi: nātuma omu'duwe obu'de obwembaga nga butūse okugamba bali abaiti'dwa, nti Mu'je; kubanga bimaze okutegekebwa. Bona nebatanula okwegairira okusonyībwa nememe emu. Owoluberyeberye nāmugamba nti Nguze olusuku, kingwāni'de okuimuka okugenda okululaba; nkwegairi'de, nsonyiwa. Nomulala nāgamba nti Nguze emigogo gyente etāno, ng'enda kuzikema; nkwegairi'de, nsonyiwa. Nomulala nāgamba nti Mpasi'za omukazi, kyenāva 'nema okuīnza oku'ja. Awo omu'du oyo na'ja nābūlira mukamawe ebyo. Awo nanyini nyumba nālyoka asunguwala nāgamba omu'duwe nti Fuluma māngu ogende mu ngūdo ne mu makubo agekibuga, olete wano abāvu nabalema nabazibe bamaso nabawenyera. Omu'du nāgamba nti Mukama (wānge), kyolagi'de kikole'dwa, naye wakyaliwo e'bānga. Mukamawe nāgamba omu'du nti Fuluma ogende mu makubo ne mu nkomera, obawalirize okuingira, enyumba yānge e'jule. Kubanga mbagamba nti Bali abāitibwa, tewali nomu alirega ku mbaga yānge.

*Sabiti eyokusatu Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

AI Mukama, tukwegairide okutuwulira mu kusasira; okirize fe boyagaziža enyo emitima gyafe okusaba, okutukuma nokutusanyusa namanyigo amangi mu bubi bwona nenaku byetulaba; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. 1 *Pet.* v. 5.

MWENA mwesibēnga obuwōmbefu, okuwerezaganānga 'mwe'ka na 'mwe'ka: kubanga Katonda aziiza abamalala, naye abawōmbefu abawa ekisa. Kale mwewōmbekēnga wansi womukono ogwamānyi ogwa Katonda, alyoke abagulumize ngobu'de butūse; nga mumusindikiririzānga ye okweralikirira kwa'mwe kwona, kubanga ye ateka ku mwoyo ebigambo byā'mwe. Mutamirukukēnga, mutunulēnga: omulabe wa'mwe Setani atambulatambula, ngempologoma ewuluguma, nganonya gwanālya: oyo mumuziizēnga (nga muli) banywēvu mu ku'kiriza (kwa'mwe), nga mumanyi ngebibonobono ebyo bitūkirira eri baganda ba'mwe abali munsi. Era Katonda owekisa kyona, eyabaitira ekitībwakye ekita'gwāwo mu

Digitized by Google

Masiya, bwemulimala okubonyabonyezebwako akasēra akatono, ye nyini alibatūkiriza, alibanywēza, alibawa amānyi. Oyo awebwēnga obuīnza emirembe nemirembe. Amina.

ENJIRI. *Luk.* xv. 1.

AWO abawōza bona nabalina ebibi bāli nga bamusemberera okumuwulira. Abafalisayo era nabawandisi nebemulugunya, nga bagamba nti Ono asembeza abalina ebibi, era alya nabo. Nābagerera olugero luno, ngagamba nti Muntu ki ku'mwe alina endiga ekikumi, bwabulwako emu, ataleka ziri ekyenda mu mwenda ku 'tale, nāgoberera eri eyabuze, okutūsa lwaligiraba? Kale bwagiraba, agi'sā ku kibegabegakye ngasanyuka. Bwatūka e'ka, aita mikwānogye ne balirānwabe, nābagamba nti Munsanyukireko, kubanga ndabye endiga yānge eyaba'de ebuze. Mbagamba nti Bwekityo linābānga sanyu mu 'gulu olwoyo alina ebibi omu eyenenya, okusinga abatūkirivu ekyenda mu mwenda, abatetāga kwenenya. Oba mukazi ki alina erupiya ekumi, bwabulwako erupiya emu, atakolēza tabāza nāyera enyumba, nānyīkira okunonya okutūsa bwaligiraba? Bwagiraba, aita mikwānogye ne balirānwabe nāgamba nti Munsanyukireko, kubanga ndabye erupiya eyaba'de embuze. Mbagamba nti Bwekityo liba sanyu mu maso ga bamalaika ba Katonda olwoyo alina ebibi omu eyenenya.

*Sabiti eyokuna Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

AI Katonda, akakuma bona abakweyuna, so awatali gwe siwali kintu kya manyi, siwali kitukuvu; otwongereko ekisakyo; gwe bwobera omukulu wafe nomusalo wafe, tuite bwetutyo mu bintu ebigwawo, oluvanyuma ebitagwawo bireme okutubula; ekyo kituwe, ai Kitafe owomugulu, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bal.* viii. 18.

NGERA ngokubonabona okwomubiro bya kakati nga tekutūka kwenkanyankanya nekitībwa ekigenda okutubi'kulirwa 'fe. Kubanga okutunulira enyo okwebitōnde kulindirira okubi'kulirwa kwabāna ba Katonda. Kubanga ebitōnde byatekebwa okufugibwa obutalimu, si lwa kwagala kwabyo wabula kubwoyo eyabifugisa, mu kusūbira nga era nebitōnde bye nyini biriwebwa e'dembe okuva mu kufugibwa okuvūnda okuingira mu 'dembe eryekitībwa kyabāna ba Katonda. Kubanga tumanyi ngebitōnde byona bisīnda era birūmirwa wamu okutūsa kakano. Era si ekyo kyo'ka, naye era na'fe, abalina ebibala ebiberyeberye Ebyomwoyo, era na'fe tusīnda munda ya'fe, nga tulindirira okufūka abāna, kwe kununulibwa kwomubiri gwa'fe.

Digitized by Google

ENJIRI. *Luk.* vi. 36.

KALE mube nekisa, nga Kita'mwe bwalina ekisa. Era temusalānga musāngo, na'mwe temulisalirwa: era temusinzānga musāngo, na'mwe temulisinzibwa musāngo: musonyiwēnga, na'mwe mulisonyībwa: mugabēnga, na'mwe muligabirwa; ekigera ekirūngi, ekikati'dwa, ekisukūndi'dwa, ekyomuyīka, kyebalibawera mu kifuba. Kubanga ekigera ekyo kyemugera, na'mwe kyemuligererwa. Era nābagamba nolugero, nti Omuzibe wamaso aīnza okukulembera muzibe mu'ne? tebagwa bōmbi mu bunya? Omuigirizwa tasinga amuigiriza: naye buli muntu bwalitūkirizibwa aliba ngamuigiriza. Kiki ekikutunuliza akantu akali ku liso lya mugandawo, 'sō tolowōza njalīro eri ku lisolyo 'gwe? Oba oīnza otya okugamba mugandawo nti Muganda wānge, ndeka nku'gyeko akantu akali ku lisolyo, 'sōnga tolaba njalīro eri ku lisolyo 'gwe? Munānfusi 'gwe, soka o'gyeko njalīro ku lisolyo 'gwe; olyoke olabe bulūngi oku'gyako akantu akali ku liso lya mugandawo.

*Sabiti eyokutano Eyo'busatu ngewede.*

ESALA.

KIRIZA, ai Mukama, okulongosa bwoti mu mirembe ebigambo byona ebyomunsi zona mu kufugakwo, ekanisayo eryoke ekuwereze nesanyu mu kuterera kwona kwosima; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. 1 *Pet.* iii. 8.

'MWENA mubērēnga nememe emu, abasāsiragana abāgalana ngaboluganda, abekisa, abawōmbefu: abatatwalanānga kibi olwekibi, oba ekivume olwekivume; naye ekitafanana ngebyo, abasabira omukisa; kubanga ekyo kyemwaitirwa, mulyoke musikire omukisa. Kubanga ayagala okwegōmba obulamu, nokulaba enaku enūngi, aziizēnga olulimirwe mu bubi, nemimwagye giremēnga okwogera obukūsa: era yewalēnga obubi, akolēnga obulūngi; anonyēnga emirembe, agigobererēnga. Kubanga amaso gā Mukama (gali) ku batūkirivu, namatuge (gali) eri okusaba kwābwe: naye obwenyi bwa Mukama (buli) kwabo abakola obubi. Era āni anābakolānga obubi, bwemunānyīkirirānga obulūngi? Naye newakuba'de nga mubonyabonyezebwa olwobutūkirivu, mulina omukisa: era temutyānga kutīsa kwābwe, 'sō temweralikirirānga; naye mutukuzēnga Masiya mu mitima gya'mwe okubēra Mukama (wa'mwe).

ENJIRI. *Luk.* v. 1.

AWO olwātūka ebibīna bwebyamunyigiriza nebawulira ekigambo kya Katonda, ye yali ngaīmiri'de ku nyanja Eyegenesaleti; nālaba amāto abiri nga gali ku nyanja: naye abavubi bāli baga-

Digitized by Google

vu'demu nga bayoza emigōnjo gyābwe. Nāsābalako eryāto erimu, eryali erya Simoni; nāmugamba okulisembezayo katono okuva ku 'tale. Nātūla nāigiririza ebibīna mu lyāto. Bweyali ngamaze okwogera, nāgamba Simoni nti Sembera ebuziba, musūle emigōnjo gya'mwe, muvube. Simoni na'damu nāgamba nti Omwāmi, twateganye okukēsa obu'de netutakwasa kintu: naye olwekigambokyo nāsūla emigōnjo. Awo bwebākola bwebatyo, nebakwasa ebyenyanja bingi nyo nyini; emigōnjo gyābwe negyagala okukutuka; nebawenya ba'nābwe mu lyāto edala, ba'je bababēre. Neba'ja neba'juza amāto gōmbi, noku'ka negagala oku'ka. Naye Simoni Petero, bweyalaba, nāvūnama ku bigere bya Isa, nāgamba nti Ndeka; kubanga ndi muntu alina ebibi, Mukama (wānge). Kubanga yawunīkirira ne bona abāli naye olwebyenyanja ebingi byebākwasa; ne Yakobo ne Yokana nabo bwebatyo, abāna ba Zebedayo, abāli ba'si'za ekimu ne Simoni. Isa nāgamba Simoni nti Totya: okusoka kakano onovubānga abantu. Awo bwebāgobya amāto gābwe e'tale, nebaleka byona, nebagenda naye.

### *Sabiti eyomukaga Eyobusatu ngewede.*

### ESALA.

AI Katonda, eyabalongosereza abakwagala ebintu ebirungi ebisinga amagezi gabantu okutegera; ofuke mu mitima gyafe okukwagala enyo, fe tukwagale okukira ebintu byona, tulyoke tuwebwe byewasubiza ebisinga ebirungi byona byetuinza okwe gomba; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

### EBALUWA. *Bal.* vi. 3.

TEMUMANYI nga 'fe 'fena, abābatizibwa okuingira mu Masiya Isa, nga twabatizibwa kuingira mu kufākwe? Kyetwava tuzīkibwa awamu naye mu kubatizibwa okuingira mu kufa: nga Masiya bweyazūkizibwa mu bafu olwekitībwa kya Kitāwe, bwetutyo na'fe tutambulirēnga mu bulamu obugya. Kuba obanga twaga'tibwa wamu (naye) mu kifananyi kyokufākwe, era (tuliga'tibwa) ne (mu kifananyi) kyokuzūkirakwe; bwetumanya kino ngomuntu wa'fe owe'da yakomererwa wamu (naye), omubiri gwekibi gulyoke gu'gyibwewo, tuleme okubērānga nate aba'du bekibi; kubanga afa nga takyaliko musāngo eri ekibi. Naye obanga twafira wamu ne Masiya, era tu'kiriza nga tulibēra balamu wamu naye; bwetumanyi nga Masiya yamala okuzūkizibwa mu bafu takyafa nate; okufa tekukyamufuga. Kubanga okufa kweyafa yafa ku kibi omulūndi gumu: naye obulamu bwalina, alinabwo eri Katonda. Bwemutyo na'mwe mwerowōzēnga okubēra abafa ku kibi, naye abalamu eri Katonda mu Masiya Isa.

Digitized by Google

ENJIRI. *Mat.* v. 20.

ISA yagamba abaigirizwabe nti, obutūkirivu bwa'mwe bwebutasingenga (butūkirivu) bwa bawandisi Nabafalisayo, temuliingira na katono mu bwakabaka obwomu'gulu. Mwawulira abe'da bwebāgambibwa nti To'tānga; naye omuntu bwana'tānga, ana'zānga omusāngo: naye nānge mbagamba nti buli muntu asunguwalira mugandawe, ali'za omusāngo; naye anāgambānga mugandawe nti Laka, asāni'de (okutwālibwa) mu lukiko, naye anāgambānga nti Musirusiru, asāni'de (okusūlibwa) mu Geyena eyomuliro. Kale, bwobānga olēse sadakayo ku kyōto, bwoima eyo nomala o'jukira nga mugandawo akuliko ekigambo, lekawo sadakayo mu maso gekyōto, o'deyo, osoke omale okutabagana ne mugandawo, olyoke okomewo oweyo sadakayo. Yagalanānga māngu, noyo akuwawābira ngokyali naye mu 'kubo; akuwawābira alemēnga okukutwāla eri kati'kiro, 'sō ne kati'kiro alemēnga okukuwa omumbowa, era olemēnga okutekebwa mu komera. Mazima nkugamba nti Tolivamu, okutūsa lwolimala okukeme'kereza ne pesa limu.

*Sabiti eyomusanvu Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

MUKAMA owamānyi gona era owobuinza bwona, gwe omuva ebirungi byona, bye birabobyo; siga mu mitima gyafe okwagala erinyalyo, otwongeremu edini eyamazima, otulise nobulungi bwona, era olwokusasirakwo okungi otubere tuleme okuva mu bigambo byosīma, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bal.* vi. 19.

NJOGERA mu buntu olwobunafu bwomubiri gwa'mwe: kuba nga bwemwawāngayo ebitūndu bya'mwe (okuba) aba'du eri obugwagwa neri obujēmu okujēmānga, bwemutyo kakano muwēngayo ebitūndu bya'mwe (okubānga) aba'du eri obutūkirivu okutukuzibwa. Kubanga bwemwabānga aba'du bekibi, mwabānga ba 'dembe eri obutūkirivu. Kale bibala ki byemwalina mu biro biri ebyebigambo ebibakwasa ensonyi kakano? kubanga enkomerero yabyo kufa. Naye kakano bwemwawebwa e'dembe okuva mu kibi, nemufūka aba'du ba Katonda, mulina ebibala bya'mwe olwo kutukuzibwa, nenkomerero bulamu obuta'gwāwo. Kubanga empēra yekibi kwe kufa; naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu obuta'gwāwo mu Masiya Isa Mukama wa'fe.

ENJIRI. *Mak.* viii. 1.

MU naku ezo, ebibīna bwebyainga obungi nate, nebataba na 'mere, nāita abaigirizwabe, nābagamba nti Nsāsira ebibīna, kubanga lero enaku esatu nga bali nānge, 'sō tebalina 'mere; bwe-

Digitized by Google

mbasībula oku'dayo nga basībye enjala, banāziri'kira mu 'kubo; nabamu bava wala. Abaigirizwabe nebamu'damu nti Omuntu anāīnza atya oku'kusa abantu bano emigāti wano mu 'dūngu? Nābabūza nti Mulina migāti emeka? Nebagamba nti Musānvu. Nālagira ebibīna okutūla wansi: na'dira emigāti omusānvu, neyebaza, nāmenyamu, nāwa abaigirizwabe, okugi'sā mu maso gābwe; nebagi'sā mu maso gekibīna. Era bāli balina obwenyanja butono: nābwebaza, nālagira nobwo okubu'sā mu maso gābwe. Nebalya neba'kuta, nebakung'anya obukunkumuka obwasigalawo ebisero musānvu. Bāli ngenkumi nya: nābasibula.

*Sabiti eyomunana Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

AI Katonda, gwalongosa mu kutegerakwo okutakyamanga ebyomugulu nebyomunsi byona; tukwegairide nobuwombefu okutugyako byona ebigenda okutwonona, nokutuwa ebyo ebinatugasanga; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bal.* viii. 12.

KALE 'no, aboluganda, tulina ebanja; omubiri sigwe gutubanja, okugobererānga omubiri: kubanga bwemunāgoberērānga omubiri, mugenda kufa; naye bwemunāfisānga ebikolwa byomubiri Olwomwoyo, muliba balamu. Kubanga bona abakulemberwa Omwoyo gwa Katonda, abo be bāna ba Katonda. Kubanga temwawebwa nate mwoyo gwa bu'du okutya, naye mwawebwa Omwoyo owokufūka abāna, atukābya nti Aba, Kita'fe. Omwoyo ye nyini wamu nomwoyo gwa'fe ategēza nga tuli bāna ba Katonda: naye bwetuli abāna, era (tuli) basika; abasika ba Katonda, era abasikira awamu ne Masiya; bwetubonabonera awamu, era tulyoke tuwerwe wamu ekitībwa.

ENJIRI. *Mat.* vii. 15.

MWEKŪME bana'bi abobulimba, aba'jira mu byambalo byendiga gyemuli, naye munda gye misege egisikula. Mulibategērera ku bibala byābwe. Abantu banoga batya ezabibu ku busāna oba etini ku mwenyāngo? Bwekityo buli muti omulūngi gubala ebibala birūngi; naye omuti omubi gubala ebibala bibi. Omuti omulūngi teguīnza kubala bibala bibi, 'sō nomuti omubi teguīnza kubala bibala birūngi. Buli muti ogutabala kibala kirūngi bagutema bagusūla mu muliro. Kale mulibategērera ku bibala byābwe. Buli muntu ang'amba nti Mukama (wānge), Mukama (wānge), siyaliingira mu bwakabaka obwomu'gulu, wabula akola Kitānge ali mu 'gulu byayagala.

Digitized by Google

*Sabiti eyomwenda Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

OTUWE, Mukama, tukwegairide, omwoyo ogulowoza era ogukola bulijo ebigambo ebisana; fe abatainza kukola kigambo kyona ekirungi wabula bwotubera, tulyoke tuwebwe gyoli amanyi okutukiriza byosima gwe; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. 1 *Kol.* x. 1.

KUBANGA sagala 'mwe obutategēra, abaluganda, bajaja ba'fe bona bwebāli wansi wekire, era bona bwebāita mu nyanja; era bona bwebābatizibwa eri Musa mu kire no mu nyanja; era bona nebalyā nga e'mere emu eyomwoyo; era bona nebanywānga ekyokunywa ekimu ekyomwoyo: kubanga bānywānga mu lwāzi olwomwoyo olwabagobererānga: nolwāzi olwo lwali Masiya. Naye bangi kubo Katonda teyabasīma: kubanga bāzikiririzibwa mu 'dūngu. Naye ebyo byali bya kulabirako gyetulī, tulemēnga okwegōmba ebibi, era nga bo bwebegōmba. 'Sō temubānga basinza ba bifananyi, ngabamu kubo: nga bwekyawandikibwa nti Abantu nebatūla okulya nokunywa, nebagolokoka okuzanya. Era tetwendānga, ngabamu kubo bwebāyenda, nebagwa ku lunaku olumu obukumi bubiri mwenkumi satu. Era tetukemānga Mukama (wa'fe), ngabamu kubo bwebākema, emisota egyo negiba'ta. Era temwemulugunyānga, ngabamu kubo bwebemulugunya, nebazikirizibwa omuzikiriza. Naye ebyo byababako abo okubērānga ebyokulabirako; era byawandikibwa olwokutulabulānga 'fe abatūki'dwako enkomerero zemirembe. Kale alowōza ngaīmiri'de yekūmēnga aleme okugwa. Siwali kukema okwabakwata okutali kwa bantu: naye Katonda mwesigwa, atābaganyenga kukemebwa okusinga bwemuīnza; naye awamu nokukemebwa era ana'sāngawo nobu'dukiro, mulyoke muīnzēnga okugumīkiriza.

ENJIRI. *Luk.* xvi. 1.

ISA yagamba abaigirizwabe nti Wāliwo omuntu omuga'ga eyalina omuwanikawe; oyo nebamulōpa gyāli ngasāsānya ebintubye. Nāmuita nāmugamba nti Kiki kino kyempulira ku'gwe? bala omuwendo ogwobuwanikabwo; kubanga toīnza nate kubēra muwanika. Oyo omuwanika nāyogera mundaye nti Nākola ntya, kubanga mukama wānge. anziyako obuwanika bwānge? sirina galīma; nokusaba nkwatibwa ensonyi. 'Manyi kyenākola, bwenāgobebwa mu buwanika, bansembeze mu nyumba zābwe. Nāita buli alina e'banja lya mukamawe, nāgamba owoluberyeberye nti Mukama wānge akubanja ki? Nāgamba nti Ebigera byamafuta kikumi. Nāmugamba nti Twāla ebaluwayo, otūle māngu owandike amakumi atāno. Ate nāgamba omulala nti Nāwe obanjibwa

Digitized by Google

ki? Nāgamba nti Emitwālo gyeng'āno kikumi. Nāmugamba nti Twāla ebaluwayo, owandike kināna. Awo mukamawe nātendereza oyo omuwanika omulyazamānyi kubanga akoze bya magezi: kubanga abāna abebiro bino bagezigezi mu mirembe gyābwe okusinga abāna bomusana. Nānge mbagamba nti Mwekwānirēnga emikwāno mu mamona atali mutūkirivu; bwali'gwāwo, babasembeze mu wema ziri ezita'gwāwo.

*Sabiti eyekumi Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

AI Mukama, amatugo agekisa gawulire okusaba kwabantubo abawombefu; era balyoke bawebwe byebasaba obasabise gwe byosima: kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. I *Kol.* xii. 1.

KALE 'no, aboluganda, ebye (birabo) ebyomwoyo sagala 'mwe obutabitegēra. Mumanyi bwemwali abamawānga nga mwakyāmizibwānga eri ebifananyi ebitogera, nga bwemwakyāmizibwānga bwona. Kyenva mbategēza nga siwali muntu bwayogera mu Mwoyo wa Katonda agamba nti Isa akolimi'dwa; 'sō siwali muntu aīnza okwogera nti Isa ye Mukama (wa'fe), wabula mu Mwoyo Omutukuvu. Naye waliwo enjāwulo zebirabo, naye Omwoyo (ali) omu. Era waliwo enjāwulo zokuwereza, era Mukama (wa'fe ali) omu. Era waliwo enjāwulo zokukola, naye Katonda (ali) omu, akola byona mu bona. Naye buli muntu awebwa okulagibwa Kwomwoyo olwokugasa. Kubanga omulala Omwoyo amuwēsa ekigambo ekyamagezi: nomulala (awebwa) ekigambo ekyokutegērānga,' Kubwomwoyo oyo: omulala oku'kiriza Kubwomwoyo oyo; nomulala ebirabo ebyokuwonyānga, Kubwomwoyo omu; nomulala okukolānga ebyamagero; nomulala okubūlirānga; nomulala okwāwulānga emyoyo: omulala engeri zenimi; nomulala okutegēzānga enimi: naye ebyo byona Omwoyo oyo omu yabikola, ngagabira buli muntu ki'na omu nga ye bwayagala.

ENJIRI. *Luk.* xix. 41.

AWO bweyasembera okumpi, nālaba ekibuga nākikābira, ngagamba nti Singa omanyi ku lunaku luno, 'gwe, ebigambo ebyemirembe! naye kakano bikweke'dwa amasogo. Kubanga enaku ziriku'jira, abalabebo lwebalikuzīmbako ekigo, balikwetōlōla, balikuziiza enjui zona, balikusūla wansi, nabānabo abali mundayo; 'sō tebalikulekamu 'jinja (eriri) kungulu ku 'jinja; kubanga tewamanya biro bya kukyālirwakwo. Nāingira mu yekalu, nāsoka okugobamu abāli batūnda ngabagamba nti Kya-

Digitized by Google

wandikibwa nti Era enyumba yānge enebānga nyumba ya kusabirāngamu: naye 'mwe mugifu'de mpuku ya banyazi. Awo nāigirizānga mu yekalu buli lunaku.

*Sabiti eyekumi nemu Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

AI Katonda, alaga enyo obuinzabwo obufuga ebintu byona mu kusonyiwa nokusasira; olwokusasirakwo tuwe ku kisakyo bwoti, fe tutambule mu kubo lyamatekago, tulyoke tuwebwe byewasubiza mu kisakyo, era tusekimu obugagabwo obwomugulu; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. 1 *Kol.* xv. 1.

MBATEGĒZA, aboluganda, enjiri gyenababūlira, era gyemwawebwa, era gyemunywēreramu, era gyemulokokeramu; (mbategēza) ebigambo byenagibūliriramu, obanga muginywēza, wabula nga mwa'kiririza bwerēre. Kubanga nasoka okubawa 'mwe era kyenawebwa, nga Masiya yafa olwebibi bya'fe ngebyawandikibwa bwebyogera; era nga yazīkibwa; era nga yazūkizibwa ku lunaku olwokusatu ngebyawandikibwa bwebyogera: era nga yalabikira Kefa; nālyoka (alabikira) ekumi nababiri: nālyoka alabikira aboluganda abasingawo ebitāno omulūndi gumu, kwabo bangi abakyali abalamu okutūsa kakano, naye abamu bebaka; nālyoka alabikira Yakobo; nālyoka alabikira abatume bona; era oluvanyuma lwa bona nālabikira nānge ngomwāna omusowole. Kubanga 'nze ndi muto mu batume, atasānira kuitibwa mutume, kubanga nai'ganyānga ekanisa ya Katonda. Naye olwekisa kya Katonda bwendi bwendi: nekisakye ekyali gyendi tekyali kya bwerēre; naye nakola emirimu mingi okusinga bona: naye si 'nze, wabula ekisa kya Katonda ekyali nānge. Kale oba 'nze oba bo, bwetutyo bwetubūlira, era bwemutyo bwemwa'kiriza.

ENJIRI. *Luk.* xviii. 9.

ISA yagerera olugero luno abantu abāli berowōza kubwābwe okuba abatūkirivu nga banyōma abalala bona, nti Abantu babiri bālinya mu yekalu okusaba, omu Mufalisayo, omulala muwōza. Omufalisayo nāīmirira nāsaba ye'ka ebigambo bino nti Ai Katonda, nkwebaza kubanga siri nga bantu balala bona, abanyazi, abalyazamānyi, abenzi, newakuba'de ngono omuwōza. Nsība emirūndi ebiri mu sabiti; mpayo ekitūndu ekyekumi ku byona byenfuna. Naye omuwōza nāīmirira wala, nātayagala na kuimusa masoge mu 'gulu, naye neyekuba mu kifuba ngagamba nti Ai Katonda, onsāsire 'nze alina ebibi. Mbagamba nti Oyo ya'ka oku'dayo mu nyumbaye ngawere'dwa obutūkirivu okusinga oli; kubanga buli eyegulumiza alitōwazibwa; naye eyetōwaza aligulumizibwa.

Digitized by Google

*Sabiti eyekumi nebiri Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, atagwawo, gwayanguwa bulijo okuwulira okusinga fe okusaba, era ayagala okutuwa ebisinga byetwagala nebyetusanira; otufukeko okusasirakwo okungi; ngotugyako ebigambo ememe zafe byezitya, era ngotuwa ebirungi ebyo byetutasanira kusaba wabula olwobulungi nomutango gwa Isa Masiya, Omwanawo, Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. 2 *Kol.* iii. 4.

ERA bwetutyo bwetwesiga Katonda kubwa Masiya: si kubanga 'fe'ka tulina obuīnza, okulowōza ekigambo kyona ngekiva gyetuli; naye obuīnza bwa'fe buva eri Katonda; era eyatuīnzisa ngabawereza bendagāno empya; si bawereza ba nukuta, wabula abomwoyo: kubanga enukuta e'ta, naye omwoyo guleta obulamu. Naye obanga okuwereza okwokufa (okwali) mu nukuta, okwasalibwa ku mainja, kwa'jira mu kitībwa, abāna ba Isiraeri nokuīnza nebataīnza kwekaliriza maso ga Musa olwekitībwa kyamasoge; ekyali kigenda oku'gwāwo: okuwereza okwomwoyo tekulisinga kuba na kitībwa? Kuba obanga okuwereza okwomusāngo kyo kitībwa, okuwereza okwobutūkirivu kweyongera nyo okusu'kiriza ekitībwa.

ENJIRI. *Ma'k.* vii. 31.

ISA yāva mu mbibi Ezetulo, na'ja nāita mu Sidoni ne wakati mu mbibi Ezedekapoli nātūka ku nyanja Eyegaliraya. Nebamuletera omuga'vu wamatu, atayogera bulūngi; nebamwegairira okumu'sāko omukonogwe. Nāmu'gya mu kibīna kyāma, nāmu'sā engalo mu matuge, nāwānda amalusu, nāmukoma ku lulimi; nātunulira wa'gulu mu 'gulu, 'nāsīnda, nāmugamba nti Efasa, kwe kugamba nti Zibuka. Amatuge negazibuka nenkolo yolulimirwo nesumulukuka nāyogera bulūngi. Nābakūtira, baleme okubūlirako muntu: naye nga bweyeyongera okubakūtira, bwebeyongera enyo nyini okukibunya. Nebawunīkirira nyo nyini kitalo nga bagamba nti Byona akoze bulūngi: a'gula abaga'vu bamatu, era ayogeza abasiru.

*Sabiti eyekumi nesatu Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, owokusasira gwainzisa weka nekirabokyo abantubo abakukiriza okukuwereza okwamazima okusimibwa; otuwe, tukwegairide, okukuwereza bwetuti nobwesigwa mu bulamu buno, oluvanyuma tulyoke tutuke ku byomugulu byewasubiza; olwobulungi bwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

Digitized by Google

### EBAŁUWA. *Bag.* iii. 16.

EBYASŪBIZIBWA byagambibwa Ibulaimu nomu'zukuluwe. Tayogera nti Neri aba'zukulu, nga bangi, naye ngomu nti Neri omu'zukuluwo, ye Masiya. Kino kyenjogera nti Endagāno eyasoka okunywēzebwa Katonda, amatēka aga'ja nga waisewo emyāka ebikumi bina mwasatu tegagi'gyawo nokudibya ekyasūbizibwa. Kuba obanga obusika buva mu matēka, nga tebuva nate mu kusūbiza: naye Katonda yabuwa Ibulaimu olwokusūbiza. Kale amatēka kiki? Ga'sibwawo lwa kwōnōna okutūsa wali'jira omu'zukulu eyasūbizibwa, gālagirwa bamalaika mu mikono gyomutabaganya. Naye omutabaganya si womu; naye Katonda yomu. Kale amatēka tegatabagana nebyasūbizibwa Katonda? Kitalo: kuba singa amatēka gāwebwa nga ge gaīnza okuleta obulamu, dala obutūkirivu bwandiba'de mu matēka. Naye ebyawandikibwa byabisiba byona mu bufuge bwekibi, aba'kiriza balyoke bawebwe ekyasūbizibwa ekiva mu ku'kiriza Isa Masiya.

### ENJIRI. *Luk.* x. 23.

GALINA omukisa amaso agalaba byemulaba: kubanga mbagamba nti Bana'bi bangi ne bakabaka bāyagalānga okulaba byemulaba 'mwe, nebatabiraba; nokuwulira byemuwulira nebatabiwulira. Kale, laba, omuigiriza wamatēka nāīmirira ngamukema ngagamba nti Omuigiriza, nkolēnga ki okusikira obulamu obuta'gwāwo? Nāmugamba nti Kyawandikibwa kitya mu matēka? Osoma otya? Na'damu nāgamba nti Yagalānga Mukama Katondawo nomutimagwo, gwona, nememeyo yona, namānyigo gona, namagezigo gona; ne mulirānwawo nga 'gwe we'ka. Nāmugamba nti O'zemu bulūngi; kola bwotyo, 'onobānga nobulamu. Naye ye bweyali ayagala okwewa obutūkirivu, nāgamba Isa nti Mulirānwa wānge yāni? Isa na'damu nāgamba nti Wāliwo omuntu eyali ava Eyerusalemi ngaserengeta Eyeriko; nāgwa mu batēmu, nebamwambula, nebamukuba emi'go, nebegendera nebamuleka ngabulako katono okufa. Awo kabona yali ngaserengetera mu 'kubo eryo nga tamanyiri'de; kale bweyamulaba, nāmwebalama nāitawo. Nomulevi bwatyo bweyatūka mu kifo ekyo, nāmulaba, nāmwebalama nāitawo. Naye Omusamaliya bweyali ngatambula, na'ja wāli: awo bweyamulaba nāmukwatirwa ekisa, nāmusemberera, nāmusiba ebiwūndubye, ngafukamu amafuta nomwenge; nāmu'sā ku nsoloye, nāmuleta mu kisulo kyabagenyi, nāmujanjaba. Awo bwebwakya enkya nātōla edinali ŧiri, nāziwa nanyini nyumba nāmugamba nti Mujanjabe; nekintu kyona kyoliwayo okusu'kawo, bwendikomawo ndikusasula. Kale olowōza otya, aluwa kwabo abasatu, eyali mulirānwa woyo eyagwa mu batēmu? Nāgamba nti Oli eyamukolera ebyekisa. Isa nāmugamba nti Nāwe genda okole bwotyo.

Digitized by Google

*Sabiti eyekumi nenya Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, atagwawo, otuwe ekyengera kyokukiriza, nokusubira, nokwagalana; era tulyoke tufune byewasubiza, otwagaze byewalagira; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bag.* v. 16.

NAYE njogera nti Mutambulirēnga mu Mwoyo, kale temutūkirizenga kwegōmba kwa mubiri. Kubanga omubiri gwegōmba nga guwakana Nomwoyo, Nomwoyo nga guwakana nomubiri; kubanga ebyo byolekanye, mulemēnga okukola ebyo byemwagala. Naye bwemulung'amizibwa Omwoyo, nga temufugibwa matēka. Naye ebikolwa byomubiri bya lwātu, bye bino, obwenzi, empitambi, obukaba, okusinza ebifananyi, okuloga, obulabe, okuyōmba, obu'gya, obusūngu, empaka, okweyāwula, okwesalamu, e'tima, obutamīvu, ebinyumu, nebiri ngebyo: nsoka okubabūlira kwebyo, nga bwenasoka okubabūlira, nti bali abakola ebiri ngebyo tebalisikira bwakabaka bwa Katonda. Naye ebibala Byomwoyo kwe kwagala, okusanyuka, emirembe, okugumīkiriza, ekisa, obulūngi, oku'kiriza, obuwōmbefu, okwegendereza: ku biri ngebyo tewali matēka. Nabo aba Masiya Isa bākomerera omubiri wamu nokukwatibwa nokwegōmba kwagwo.

ENJIRI. *Luk.* xvii. 11.

AWO olwātūka bwebāli mu 'kubo nga bagenda Eyerusalemi yali ngaita wakati wa Samaliya ne Galiraya. Awo bweyaingira mu mbuga emu nebamusisinkana abantu kumi abagēnge, abāimirira ewala: nebogerera wa'gulu nebagamba nti Isa, Mukama wa'fe, otusāsire. Bweyabalaba nābagamba nti Mugende mwerage eri bakabona. Awo olwātūka bwebāli nga bagenda nebalongōsebwa. Awo omu kubo, bweyalaba ngawonye, nākomawo nātendereza Katonda ne'dobozi 'dene; nāvūnama awali ebigerebye, ngamwebaza: era oyo yali Musamaliya. Isa na'damu nāgamba nti Ekumi bona tebalongōsebwa? naye bali omwenda baliru'dawa? Tebalabise abakomawo okutendereza Katonda, wabula omugenyi ono? Nāmugamba nti Imuka, wegendere: oku'kirizakwo kukuwonye'za.

*Sabiti eyekumi netano Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

TUKWEGAIRIDE, ai Mukama, okumo Ekanisayo nokusasirakwo okutagwawo; era kubanga awatali gwe obunafu bwabantu tebulema kugwa, otukume enaku zona nokuberakwo mu

bigambo byona ebiinza okutwonona, otuleto mu byona ebisanira obulokozi bwafe; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bag.* vi. 11.

MULABE bwembawandiki'de mu nukuta enene nomukono gwānge 'nze. Bona abagala okwewōmereza mu mubiri be babawaliriza okukomolebwānga; kyo'ka balemēnga okui'ganyizibwa olwomusalaba gwa Masiya. Kubanga era nabo abakomolebwa tebakwata amatēka be nyini: naye bagala 'mwe okukomolebwānga, balyoke benyumiririzēnga ku mubiri gwa'mwe. Nayo 'nze sagala kwenyumirizānga, wabula ku musalaba gwa Mukama wa'fe Isa Masiya; olwogwo Ensi ekomere'dwa gyendi, nānge eri Ensi. Kubanga okukomolebwa si kintu, newakuba'de obutakomolebwa, wabula ekitōnde ekigya. Nabo bona abanātambulirānga mu tēka eryo, emirembe (gibēnga) kubo, nokusāsirwa, ne ku Isiraeri wa Katonda. Okutanula kakano, omuntu yena aleme okunteganyānga; kubanga ntwāla enkovu za Isa nga zisali'dwa ku mubiri gwānge. Ekisa kya Mukama wa'fe Isa Masiya kibērēnga wamu nomwoyo gwa'mwe, aboluganda. Amina.

ENJIRI. *Mat.* vi. 24.

TEWALI muntu aīnza okuwereza abāmi ababiri: kuba obanga anākyāwānga omu, anāyagalānga omulala; obanga anānywērerānga dala kwomu, anāyōmānga omulala. Temuīnza kuwereza Katonda ne mamona. Kyenva mbagamba nti Temweralikirirānga bulamu bwa'mwe, nga mulirya ki, mulinywa ki; newakuba'de omubiri gwa'mwe, nga mulyambala kī. Obulamu tebukira 'mere, nomubiri tegukira bya kwambala? Mulabe enyonyi ezomu'bānga, nga tezisiga, 'sō tezikūngula, tezikung'anyiza mu mawanika; era Kita'mwe ali mu 'gulu azirīsa ezo. 'Mwe temusinga nyo ezo? Ani mu'mwe bweyeralikirira, aīnza okweyongerako ku bukulubwo nakasēra akamu? Naye ekiberalikiriza ki ebyokwambala? Mutunulire amalānga agomu'tale, bwegamera; tegakola mulimu, 'sō tegalānga lugōye: naye mbagamba nga ne Sulemani mu kitībwakye kyona, teyayambalānga ngerimu kugo. Naye Katonda bwayambaza bwatyo omu'do ogwomu'tale, oguliwo lero, ne jo bagusūla mu kyōto, talisinga nyo (okwambaza) 'mwe, abalina oku'kiriza okutono? Kale temweralikirirānga nga mwogera nti Tulirya ki? oba tulinywa ki? oba tulyambala ki? Kubanga ebyo byona amawānga byeganonya; kubanga Kita'mwe ali mu 'gulu amanyi nga mwetāga ebyo byona. Naye musoke munonye obwakabakabwe nobutūkirivubwe; era ebyo byona mulibyongerwako. Kale temweralikirirānga (bya) jo: kubanga olunaku olwajo lulyeralikirira ebyalwo. Olunaku olumu ekibi kyalwo kirumala.

Digitized by Google

*Sabiti eyekumi nomukaga Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

AI Mukama, tukwegairide, olwokusasirakwo otukuze okume enaku zona Ekanisayo; era kubanga wabula bwonogiberanga teinza kubera mu mirembe, ogirwanirire ogiwonye bulijo mu bulungibwo; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bef.* iii. 13.

NSABA 'mwe mulemēnga oku'dirira olwebibonobono byānge kulwa'mwe, ebyo kye kitībwa kya'mwe. Kyenva nfukamirira Kita'fe, buli kika ekyomu'gulu nekyokunsi kweki'gya erinya, abawe 'mwe, ngobuga'ga bwekitībwakye bwebuli, okunywēzebwa namānyi mu Mwoyogwe mu muntu owomunda; Masiya atūlēnga mu mitima gya'mwe olwoku'kiriza; mubērēnga nemizi munywēzebwēnga mu kwagala, mulyoke muwebwe amānyi okukwatānga namagezi awamu nabatukuvu bona obugazi nobuwānvu nobugulumivu nokugenda wansi bwebiri, nokutegēra okwagala kwa Masiya okusinga okutegērwa, mulyoke mutūkirire okutūsa okutūkirira kwona okwa Katonda. Kale oyo aīnza okukola enyo okusingira dala byona byetusaba oba byetulowōza, ngamānyi bwegali agakolera mu'fe, awebwēnga ekitībwa mu kanisa ne mu Masiya Isa okutūsa emirembe nemirembe egita'gwāwo. Amina.

ENJIRI. *Luk.* vii. 11.

AWO olwātūka bwewaitawo e'bānga tono nāgenda ku kibuga ekiitibwa Naini; abaigirizwabe nekibīna kinene nebagenda naye. Awo bweyasembera ku wankaki wekibuga, laba, omulāmbo nga gufulumizibwa ebwēru, gwa mwāna nyina gweyazāla omu, naye 'na'mwāndu; nabantu bangi abomukibuga omwo nga bāli naye. Awo Mukama (wa'fe) bweyamulaba nāmusāsira, nāmugamba nti Tokāba. Nāsembera nākoma ku lunyo: bali abāli betiso nebaīmirira. Nāgamba nti Omulenzi, nkugamba nti Golokoka. Oyo eyali afu'de nāgolokoka, (nātūla) nātanula okwogera. Nāmuwa nyina. Obuti nebubakwata bona, nebagulumiza Katonda; nga bagamba nti Na'bi omukulu aimuki'de mu'fe: era Katonda akyāli'de abantube. Nekigambokye ekyo nekibuna mu Bududaya bwona ne munsi yona erirānyewo.

*Sabiti eyekumi nomusanvu Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

AI Mukama, tukwegairide ekisakyo kitukulembere mu makubo gafe, kigoberere bulijo, tulyoke tunyikire enaku zona mu bikolwa byobutukirivu byona; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina,*

Digitized by Google

EBALUWA. *Bef.* iv. 1.

KYENVA mbegairira 'nze omusibe mu Mukama (wa'fe) okutambulānga nga bwekusānira okuitibwa kwemwaitibwa, nobukakamu bwona nobuwōmbefu, nokugumīkiriza, nga muzibikirizaganānga mu kwagalana, nga munyīkirānga okwekūma obumu Bwomwoyo mu kusibibwa nemirembe. Omubiri (guli) gumu, Nomwoyo omu, era nga na'mwe bwemwaitibwa mu kusūbira okumu okwo kuitibwa kwa'mwe; Mukama (wa'fe) omu, oku'kiriza kumu, okubatiza kumu, Katonda omu, Kitāwe wa bona, afuga byona, aita mu byona, era ali mu byona.

ENJIRI. *Luk.* xiv. 1.

AWO olwātūka bweyaingira ku sabiti mu nyumba yomukulu Wabafalisayo omu okulya e'mere nebamulabirira. Era, laba, wāliwo omuntu mu masoge, eyali alwa'de entumbi. Isa na'damu nāyogera nabaigiriza bamatēka Nabafalisayo ngagamba nti Kirūngi okuwonyeza ku sabiti, nantiki siwewawo? Naye nebasirika. Nāmukwatako nāmuwonya, nāmusībula. Nābagamba nti Ani ku'mwe alina endogoiye oba nteye ngegu'de mu lu'zi atagi'gyamu mangwāgo ku sabiti? Nebataīnza ate kumu'damu ebyo. Nāgerera olugero abo abāitibwa bweyalaba bweberoboza ebifo ebyokumānjo; nābagamba nti Omuntu bwakuitānga ku mbaga eyobugole, totūlānga mu kifo kya ku mānjo, mpo'zi waleme okubawo akusinga ekitībwa gwaise, noli eyakuise 'gwe naye na'ja nākugamba nti Segulira ono; nolyoka otanula nensonyi okukwata ekifo ekyenyuma. Naye bwoitibwānga ogendānga notūla mu kifo ekyenyuma, eyakuise bwa'jānga, akugambēnga nti Mukwāno gwānge, sembera eno ku mānjo; nolyoka obēra nekitībwa mu maso gābo bona botu'de nabo ku 'mere. Kubanga buli muntu yena eyegulumiza alitōwazibwa; noyo eyetōwaza aligulumizibwa.

*Sabiti eyekumi nomunana Eyobusata ngewede.*

ESALA.

MUKAMA, otuwe fe abantubo ekisa ekinatuwanguzanga okusendasenda kwensi nokwomubiri nokwa Setani, tulyoke tukugoberere gwe Katonda omu weka nemitima namagezi ebirongofu; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. 1 *Kol.* i. 4.

NEBAZA Katonda wānge bulijo kulwa'mwe, olwekisa kya Katonda kyemwawerwa mu Masiya Isa; kubanga mu buli kigambo mwaga'gawalira muye, mu kwogera kwona ne mu kutegēra kwona; ngokutegēza kwa Masiya bwekwanywēzebwa mu'mwe: 'mwe obutawēbuka mu kirabo kyona; nga mulindirira okubi'kulibwa kwa Mukama wa'fe Isa Masiya; era alibanywēza

ōkutūsa ku nkomerero, obutabako kya kunenyezebwa ku lunaku lwa Mukama wa'fe Isa Masiya. Katonda mwesigwa, eyabaisa okuingira mu ku'sēkimu Kwomwānawe Isa Masiya Mukama wa'fe.

ENJIRI. *Mat.* xxii. 34.

ABAFALISAYO bwebāwulira nti abuni'za Abasadukayo, nebakung'anira wamu. Omu kubo, owamatēka, nāmubūza ngamukema nti Omuigiriza, ekiragiro ekikulu mu matēka kiruwa? Naye nāmugamba nti Yagalānga Mukama Katondawo nomutimagwo gwona, nobulamubwo bwona, namagezigo gona. Kino kye kiragiro ekikulu ekyoluberyeberye. Nekyokubiri ekikifanana kye kino nti Yagalānga mulirānwawo nga bweweyagala we'ka. Mu biragiro bino byōmbi amatēka gona mwegasinzīra, era ne bana'bi. Abafalisayo webākung'ana, Isa nābabūza, ngagamba nti Masiya mumulowōza mutya? ye mwāna wāni? Nebamugamba nti Wa Daudi. Nābagamba nti Kale, Daudi mu Mwoyo kiki ekimuisa Mukamawe, ngagamba nti Mukama yagamba Mukama wānge nti Tūla ku mukono gwānge ogwadyo, Okutūsa lwendi'sā abalabebo wansi webigerebyo? Kale obanga Daudi amuita Mukamawe, ali atya omwānawe? Newataba muntu eyaīnza okumu'damu ekigambo, era okuva ku lunaku olwo tewali muntu eyayang'anga okumubūza ekigambo nate.

*Sabiti eyekumi nomwenda Eyobusata ngewede.*

ESALA.

AI Katonda, kubanga tetuinza kusimibwa gwe wabula nga gwotubede: okirize olwekisakyo Omwoyowo Omutukuvu alung'amye emitima gyafe agifuge mu bigambo byona; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bef.* iv. 17.

KYENVA njogera kino nentegēza mu Mukama (wa'fe), 'mwo mulemēnga okutambula nate, era ngabamawānga bwebatambula mu birowōzo byābwe ebitalimu, nga bazikizibwa amagezi gābwe, nga bāwulibwa mu bulamu bwa Katonda olwobutategēra obuli mubo, olwokuka'kanyala okwomutima gwābwe; kubanga berabira okulūmwa, nebewayo mu bwenzi, okukolānga ebyobugwagwa bwona mu kwegōmba. Naye 'mwe temwaiga bwemutyo Masiya; obanga mwamuwulira, nemuigirizibwa muye ngamazima bwegali mu Isa; mu bigambo byempisa ezoluberyeberye, 'mwe okwambula omuntu owe'da avūnda olwokwegōmba okwobulimba; era okufūka abagya mu mwoyo ogwebirowōzo bya'mwe, okwambala omuntu omugya, eyatōndebwa mu kifananyi kya Katonda mu butūkirivu ne mu butukuvu obwamazima. Kale mwambule obulimba, mwogerēnga amazima buli muntu ne mu'ne: kubanga tuli

Digitized by Google

bitūndu bya ba'na'fe 'fe'ka na 'fe'ka. Musunguwalēnga 'sô temwōnōnānga: enjuba eremēnga okugwa ku busūngu bwa'mwe: 'sō temuwānga 'bānga Setani. Eya'bānga alemēnga oku'ba nate: naye wakiri afubēnga, ngakola ebirūngi nemikonogye, alyoke abērēnga nekyokumuwa eyetāga. Buli kigambo ekivūndu kireme okuvānga mu kamwa ka'mwe, naye ekirūngi bwekinabāngawo olwokuzīmba nga (omuntu) bweyetāga, abawulira kibawēnga ekisa. 'Sō temunakuwazānga Mwoyo Mutukuvu owa Katonda, eyabatesako akabonero okutūsa olunaku olwokununulibwa. Okukāwa kwona nobusūngu nobukāmbwe nokukayāna nokuvuma bibavēngako, awamu ne'tima lyona: era mubērēnga nobulūngi 'mwe'ka na 'mwe'ka, abakwatibwa ekisa, nga musonyiwaganānga, era nga Katonda bweyabasonyiwa mu Masiya.

ENJIRI. *Mat.* ix. 1.

ISA yāsabala, nāwunguka, nātūka mu kibuga kyewābwe. Awo nebamuletera omulwa'de akōzimbye, ngagalamizibwa ku kitanda: naye Isa bweyalaba oku'kiriza kwābwe, nāgamba oyo akōzimbye nti Mwāna wānge, guma omwoyo, ebibibyo biku'gyi'dwako. Kale, laba, abawandisi abalala nebogera mu myoyo nti Ono avōla Katonda. Naye Isa bweyamanya ebirowōzo byābwe, nāgamba nti Kiki ekibalowōzesa obubi mu mitima gya'mwe? Kubanga ekyāngu kiruwa okugamba nti Ebibibyo biku'gyi'dwako, oba okugamba nti Golokoka otambule? Naye mutegēre nga Omwāna womuntu alina obuīnza kunsi oku'gyako ebibi [nāgamba oyo akōzimbye nti] Imirira ositule ekitandakyo, o'deyo mu nyumbayo. Nāgolokoka, nāgenda ewuwe. Naye ebibina bwebyalaba nebitya, nebigulumiza Katonda, eyawa abantu obuīnza obwenkani'de awo.

*Sabiti eyamakumi abiri Eyobusata ngewede.*

ESALA.

AI Katonda Ainza-byona owokusasira okungi, mu bulungibwo obutasingika, tukwegairide, otukume mu bigambo byona ebiinza okutwonona; tweteketeke mu byomubiri ne mu byomwoyo tulyoke tutukirize nesanyu byotulagira okukola; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bef.* v. 15.

KALE mulabe nyo bwemutambulānga, si ngabatalina magezi, naye ngabalina amagezi; nga mwegulirānga e'bānga, kubanga enaku zino mbi. Kale temubērānga basirusiru, naye mutegērēnga Mukama (wa'fe) kyayagala bwekiri. 'Sō temutamīrānga mwenge, ogulimu okukayāna, naye mu'julēnga Omwoyo; nga mwogeraganānga mu zabuli nenyīmba nebiyiye Ebyomwoyo, nga muīmbānga, nga mumukubirānga enānga mu mutima gwa'mwe

Digitized by Google

Mukama (wa'fe); nga mwebazānga enaku zona olwa byona Katonda Kita'fe mu linya lya Mukama wa'fe Isa Masiya; nga muwuliraganānga mu kutya Masiya.

ENJIRI. *Mat.* xxii. 1.

ISA yagamba nti Obwakabaka obwomu'gulu bufananyizibwa nomuntu (eyali) kabaka eyamufumbira omwānawe embaga eyobugole, nātuma aba'dube okuita abāitirwa embaga eyobugole: nebatayagala ku'ja. Nātuma nate aba'du abalala, ngagamba nti Mubūlire abantu abāitibwa nti Laba, nfumbye embaga yānge; ente zānge neza sa'va zi'ti'dwa, ne byona byetesetese: mu'je ku mbaga eyobugole. Naye bo nebata'sāyo mwoyo nebagenda, omulala mu kyālokye, omulala mu buguzibwe: abāsigalawo nebakwata aba'dube, nebabagirira ekye'jo, nebaba'ta. Naye kabaka nākwatibwa obusūngu; nāgaba e'gyerye, nāzikiriza aba'si abo, nāyōkya ekibuga kyābwe. Awo nāgamba aba'dube nti Obugole bwetesetese, naye abo abāitibwa tebasānira. Kale mugende mu masang'anzira gengūdo, bona bemunālabayo mubaite ku mbaga eyobugole. Aba'du bali nebagenda mu ngūdo, nebakung'anya bona bebālaba, ababi nabalūngi: obugole nebu'jula abagenyi. Naye kabaka bweyaingira okulaba abagenyi, nālabamu omuntu atayamba'de kyambalo kya bugole: nāmugamba nti Mu'nānge, oingi'de otya wano nga tolina kyambalo kya bugole? nābunira. Awo kabaka nāgamba abasajabe nti Mumusibe emikono namagulu, mumusūle mu kizikiza ekyebwēru; mwe muliba okukāba nokuluma obujigi. Kubanga bangi abaitibwa, naye abalōndemu batono.

*Sabiti eyamakumi abiri mwemu Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

OBAWE, tukwegairide, Mukama owokusasira, abantubo abakukiriza okusonyibwa nemirembe, balongosebwe mu bibi byabwe byona, balyoke bakuwereze nomwoyo oguterera; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bef.* vi. 10.

BAGANDA bange. mubēnga namānyi mu Mukama (wa'fe) ne mu buīnza obwamānyige. Mwambalēnga ebyokulwānyisa byona ebya Katonda, mulyoke muīnzēnga okuīmirira eri enkwe za Setani. Kubanga tetume'gana na musai na mubiri, wabula nabamasaza, nabobuīnza, nabafuga ensi abomukizikiza kino, nemyoyo egyobubi mu (bifo) ebya wa'gulu. Kale mutwālēnga ebyokulwānyisa byona ebya Katonda, mulyoke muīnzēnga okuguma ku lunaku olubi, era bwemulimala okukola byona okuīmirira. Kale muīmirirēnga, nga mwesibye mu kiwato kya'mwe

Digitized by Google

amazima, era nga mwamba'de ekyomukifuba obutūkirivu, era nga munānise mu bigere okwetekateka okwenjiri eyemirembe; era kwebyo byona nga mukwati'deko engabo eyoku'kiriza, enebaīnzisānga okuzikiza obusāle bwona obwomuliro obwomubi. Muwebwe ne sepewo eyobulokovu, nekitala Ekyomwoyo, kye kigambo kya Katonda: nga musabānga buli kisēra mu Mwoyo nokusaba nokwegairirānga kwona, era nga mutunulānga olwo (kusaba) okwo mu kunyīkirānga kwona nokwegairirirānga abatukuvu bona, era nānge ndyoke mpebwe okwogerānga okwasamyānga akamwa kānge, okutegēzānga nobuvumu ekyāma ekyenjiri, gyembērera omubaka wayo mu lujegere; njogerēnga nobuvumu muyo, nga bwekingwānira okwogerānga.

ENJIRI. *Yok.* iv. 46.

YALIYO omukūngu wa kabaka, eyalina omwānawe omulenzi yali alwāli'de mu Kaperunaumu. Oyo bweyawulira nti Isa avu'de Ebuyadaya ngatūse Egaliraya, na'ja gyāli, nāmwegairira aserengete awonye omwānawe; kubanga yali ngagenda kufa. Awo Isa nāmugamba nti Bwemutaliraba bubonero nebyamagero temuli'kiriza na katono. Omukūngu nāmugamba nti Sebo, serengeta akāna kānge nga tekanaba kufa. Isa nāmugamba nti Genda: Omwānawo mulamu. Omuntu oyo na'kiriza ekigambo Isa kyamugambye, nāgenda. Bweyali ngakyaserengeta, aba'dubo nebamusisinkana nebogera nti omwānawe mulama. Awo nābabūliriza esawa mweyasūki'de. Awo nebamugamba nti Jo obu'de nga sawa ya musānvu omusu'ja negumuwonako. Awo kitāwe nātegēra nti mu sawa eyo Isa mweyamugambira nti Omwānawo mulamu: ye na'kiriza nenyumbaye yona. Kano ke kabonero akokubiri nate Isa keyakola bweyava Ebuyudava oku'ja Egaliraya.

*Sabiti eyamakumi abiri mwebiri Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

MUKAMA, tukwegairira okukuma Ekanisa, ye nyumbayo, mu kwegendereza okutagwawo; gwe bwogibera, ereme okuingira mu kabi kona kona, eryoke enyikire okukuwereza mu bikolwa ebirungi, erinyalyo ligulumizibwe; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Baf.* i. 3.

NEBAZA Katonda wānge buli lwemba'jukira, enaku zona mu buli lwembasabira 'mwena nga nsaba nesanyu, olwoku'sēkimu kwa'mwe okwokubunya enjiri okuva ku lunaku olwoluberyeberye okutūsa kakano; nga ntegēre'de dala kino ngoyo eyatandika omulimu omulūngi mu'mwe aligutūkiriza okutūsa ku lunaku lwa Isa Masiya: nga bwekiri ekirūngi' nze okulowōzānga ekyo gyemuli

Digitized by Google

'mwena, kubanga ndi ña'mwe mu mutima gwānge, bwemu'sēkimu 'mwena awamu nānge mu kisa, mu kusibibwa kwānge era ne mu kuwolerezānga enjiri nokuginywēzānga. Kubanga Katonda ye mujulirwa wānge, bwembalūmirwa omwoyo 'mwena mu kusāsira kwa Masiya Isa. Era kino kyensaba okwagala kwa'mwe kweyongereyongerēnga kusu'kirirēnga mu kutegēra nokwāwula kwona; mulyoke musimēnga ebisinga obulūngi; mubērēnga abatalina bukūsa era abatalina kabi okutūsa ku lunaku lwa Masiya; nga mu'ju'de ebibala ebyobutūkirivu, ebiriwo kubwa Isa Masiya, Katonda awebwe ekitībwa, atenderezebwe.

ENJIRI. *Mat.* xviii. 21.

PETERO nāgamba Isa nti Mukama (wānge), muganda wānge bwanyōnōnānga, nāmusonyiwānga emirūndi emeka? okutūsa emirūndi musānvu? Isa nāmugamba nti Sikugamba nti Okutūsa emirūndi musānvu; naye nti Okutūsa emirūndi ensānvu emirūndi omusānvu. Obwakabaka obwomu'gulu kyebuva bufananyizibwa nomuntu (eyali) kabaka, eyayagala ekubala omuwendo naba'dube. Bweyasoka okubala, nebamuletera omu, gwabanja etalanta akakumi. Naye kubanga teyalina kya kusasula, mukamawe nālagira okumutūnda, ne mukaziwe, nabānabe, nebintu byona byalinabyo, ebanja ligwe. Awo omu'du nāgwa wansi nāmusinza, ngagamba nti Mukama (wānge), manja mpola, nānge ndikusasula byona. Mukama womu'du oyo nāmusāsira, nāmuta, nāmusonyiwa ebanja. Naye omu'du oyo nāfuluma, nāsānga mu'du mu'ne, gweyali abanja edinali ekikumi: nāmukwata, nāmugwa mu bulago, ngagamba nti Sasula ebanja lyānge. Awo mu'du mu'ne nāgwa wansi nāmwegairira, ngagamba nti Manja mpola, nānge ndikusasula. Nātayagala: naye nāgenda nāmuteka mu komera, amale okusasula ebanja. Awo ba'du ba'ne bwebālaba bwebiba'de, nebanakuwala nyo, nebagenda nebabūlira mukama wābwe ebigambo byona ebiba'deyo. Awo mukamawe nāmuita nāmugamba nti 'Gwe omu'du omubi, nakusonyiwa ebanja liri lyona, kubanga wa'negairira: nāwe tekikugwāni'de kusāsira mu'du mu'no, nga 'nze bwenakusāsira 'gwe? Mukamawe nāsunguwala, nāmuwa mu bambowa, amale okusasula ebanja lyona. Bwatyo Kitāngo ali mu 'gulu bwalibakola, bwemutasonyiwa mu mitima gya'mwe buli muntu mugandawe.

*Sabiti eyamakumi abiri mwesatu Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

AI Katonda, ekigo kyafe era amanyi gafe; omuva okwegendereza kwona; kiriza, tukwegairide, okuwulira okusaba okwamazima Okwekanisayo; fe byetusaba mu kukiriza tubiwebwe mu kusanyuka; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

Digitized by Google

EBALUWA. *Baf.* iii. 17.

ABOLUGANDA, mugoberernga wamu nānge, era mulabirēnga kwabo abatambula nga bwemulina 'fe okuba ekyokulabirako. Kubanga bangi abatambula benababūlirako, emirūndi emingi, no kakano mbabūlira nga nkāba amaziga, nga be balabe abomusalaba gwa Masiya: enkomerero yābwe kwe kuzikirira, Katonda wābwe lwe lubuto, era ekitibwa kyābwe kiri mu nsonyi zā bwe, balowōza bya munsi. Kubanga 'fe ewa'fe mu 'gulu; era gyetulindiririra Omulokozi okuvayo, Mukama (wa'fe) Isa Masiya: aliwanyisa omubiri ogwokutōwazibwa kwa'fe okufananyizibwa ngomubiri ogwekitībwakye, ngokukola okwo bwekuli okumuīnzisa noku'εā ebintu byona wansiwe.

ENJIRI. *Mat.* xxii. 15.

AWO Abafalisayo nebagenda, nebatēsa wamu bwebanāmutēga mu bigambo. Nebamutumira abaigirizwa bābwe, wamu Nabakerodiani, nebagamba nti Omuigiriza, tumanyi ngoli wa mazima, era ngoigiriza mu mazima e'kubo lya Katonda, 'sō ebigambo byomuntu yena tobi'sāko mwoyo: kubanga tososola mu bantu. Kale tubūlire, olowōza otya? Kirūngi okuwa Kaisali omusolo, oba siwewawo? Naye Isa nātegēra obubi bwābwe, nāgamba nti Munkemera ki, 'mwe banānfusi? Munjolese efeza eyomusolo. Nebamuletera edinali. Nābagamba nti Ekifananyi kino nobuwandikeko byāni? Nebamugamba nti Bya Kaisali. Awo nābagamba nti Kale musasule Kaisali ebya Kaisali; ne Katonda ebya Katonda. Bwebāwulira, nebewunya, nebamuleka, nebagenda.

*Sabiti eyamakumi abiri mwenya Eyobusatu ngewde.*

ESALA.

AI Mukama, tukwegairide, ogyeko ku bantubo ebibi byabwe; mu bulungibwo obungi fena tulyoke tutebwe mu manyi gebibi byetwakola mu bunafu bwafe; ekyo otuwe, ai Kitafe owomugulu, kubwa Isa Masiya, Mukama wafe era Omulokozi wafe atenderezebwa. *Amina.*

EBALUWA. *Bak.* i. 3.

TWEBAZA Katonda Kitāwe wa Makama wa'fe Isa Masiya, nga tubasabira enaku zona, bwetwawulira oku'kiriza kwa'mwe mu Masiya Isa, nokwagala kwemulina eri abatukuvu bona, olwe'sūbi eryabaterekerwa mu 'gulu, lyemwawulira e'da mu kigambo ekyamazima agenjiri, eya'ja gyemuli; era nga (bweri) munsi zona, ngebala ebibala era ngekula, era nga ne mu'mwe, okuva ku lunaku bwemwawulira nemutegēra ekisa kya Katonda mu mazima; nga bwemwaigirizibwa Epafula mu'du mu'na'fe omwāgalwa, ye muwereza omwesigwa owa Masiya kulwa'fe, era eyatubūlira okwagala

Digitized by Google

kwa'mwe mu Mwoyo. Na'fe kyetuva tutalekayo, okuva ku lunaku bwetwawulira, okubasabira nokubegairirira mulyoke mu'juzibwe okutegērānga byayagala mu magezi gona nokutegēra Ebyomwoyo, okutambulānga nga bwekisānira Mukama (wa'fe) olwokusīmibwa kwona, nga mubalānga ebibala mu buli kikolwa ekirūngi, era nga mukulirānga mu kutegēra Katonda; nga muīnzisibwānga nobuīnza bwona, ngamānyi agekitībwakye bwegali, olwokugumīkiriza kwona nokuzibikiriza awamu nokusanyuka; nga mwebaza Kita'fe, eyatusānyiza 'fe omugabo ogwobusika obwabatukuvu mu musana.

ENJIRI. *Mat.* ix. 18.

BWEYALI ngakyabagamba ebigambo ebyo, newa'ja omwāmi omu, nāmusinza, nāgamba nti Muwala wānge kakano afu'de: naye 'jāngu omutekeko omukono, anālamuka. Isa nāgolokoka nāmugoberera, nabaigirizwabe. Awo omukazi eyali alwāli'de ekikulukuto kyomusai emyāka kumi nebiri, na'ja enyumawe, nākoma ku lukugiro lwekyambalokye: kubanga yayogera mu mwoyogwe nti Bwenākoma obukomi ku kyambalokye nāwona. Naye Isa bweyakyūka nāmulaba, nāgamba nti Mwāna wānge, guma omwoyo; oku'kirizakwo kukuwonye'za. Omukazi nāwona okuva mu kisēra ekyo. Isa bweyatūka munju yomwami oyo, nālaba abafūwa endere, nekibīna nga bakuba ebiwōbe, nāgamba nti Muvewo: kubanga omuwala tafu'de, yebase bwebasi. Nebamusekerera nyo. Ekibīna bwekyamala okugobebwawo, nāingira, nāmukwata ku mukono; omuwala nāgolokoka. Ebigambo ebyo nebibuna munsi eri yona.

*Sabiti eyamakumi abiri mwetano Eyobusatu ngewede.*

ESALA.

OKUBIRIZE, tukwegairide, ai Mukama, emitima gyabantubo abakiriza; babale ebibala ebyebikolwa ebirungi bingi, balyoke bawebwe gwe empera nyingi; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

MU KIFO KYEBALUWA. *Yer.* xxiii. 5.

LABA, enaku zi'ja, bwayogera Mukama, lwendirosa eri Daudi E'tabi etūkirivu, era alifuga nga ye kabaka, era alikola ebyamagezi, era alitūkiriza emisāngo nebyensōnga munsi. Mu mirembegye Yuda alirokoka ne Isiraeri alibēra mirembe: era lino lyo linyalyo lyalitūmibwa nti Mukama bwe butūkirivu bwa'fe. Laba, enaku kyeziva zi'ja, bwayogera Mukama, lwebatakyayogera nate nti Nga Mukama bwali omulamu eya'gya abāna ba Isiraeri munsi Yemisiri; naye nti Nga Mukama bwali omulamu eya'gya eza'de eryenyumba ya Isiraeri munsi eyebukika obwa kono ne munsi zona gyenabagobera nābalinyisa nābatwāla; era balibēra munsi yābwe bo.

Digitized by Google

ENJIRI. *Yok.* vi. 5.

AWO Isa nāimusa amaso, nālaba ekibīna ekinene ngā ki'ja gyāli, nagamba Firipo nti Tunāgula wa e'mere, bano gyebanālya? Yayogera atyo kumukema, ngamanyi ye'ka kyagenda okukola. Firipo nāmu'damu nti E'mere (egulibwa) dinali ebikumi ebibiri tebabune, buli muntu okulyako akatono. Omu ku baigirizwabe, ye Andereya muganda wa Simoni Petero, nāmugamba nti Waliwo omulenzi wano alina emigāti etāno egya sayiri,nebyenyanja bibiri; naye bino binābagasa ki abenkani'de awo obungi? Isa nāgamba nti Mutūze abantu. Era wāliwo esubi lingi mu kifo ekyo. Awo abasaja nebatūla, omuwendo ngenkumi tāno. Awo Isa nātōla emigāti; neyebaza; nāgabira bali abatu'de; nebyenyanja bwatyo nga bwebāyagala. Bweba'kuta nāgamba abaigirizwabe nti Mukung'anye obukunkumuka obusiga'dewo, waleme okubula ekintu. Awo nebabukung'anya neba'juza ebi'bo kumi na bibiri nobukunkumuka obwemigāti etāno egya sayiri, bali abālya bwebālemwa. Awo abantu bwebālaba akābonero keyakola, nebagamba nti Mazima ono ye na' bi oyo a'ja munsi.

¶ *Bwewabawo nate Sabiti endala okutusa ku Sabiti esoka mu biro Ebyokuja Ebyalagirwa okusomebwa ku Sabiti ziri ezidirira Olwokwolesebwa, naye ebitasomebwa, biriingizibwa wano okutukiriza omuwendo. Ate bwezitaweza abiri mu tano, ezifikawo tezisomebwenga: naya Esala eno ekomeredeyo, awamu Nebaluwa Nenjiri zayo, teremenga kusomebwa ku Sabiti esoka mu biro Ebyokuja.*

*Olunaku lwa Andereya Omutukuvu.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, eyamuwa ekisa Omutumewo Omutukuvu Andereya, eyamuwuliza nesanyu okuita Kwomwanawo Isa Masiya, amangwago nagenda naye; otuwe fe fena bwetuitibwa Ekigambokyo ekitukuvu, twewyo mangu nomwoyo oguwulira okutukiriza amatekago amatukuvu; kubwoyo Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bal.* x. 9.

BWOYĀTULA Isa (nga ye) Mukama nakamwāko, no'kiriza mu mutimagwo nti Katonda yamuzūkiza mu bafu, olirokoka: kubanga omuntu a'kiriza na mutima okuwebwa obutūkirivu, era ayātula na kamwa okulokoka. Kubanga ebyawandikibwa byogera nti Buli amu'kiriza talikwasibwa nsonyi. Kubanga tewali njāwulo ya Muyudaya na Muyonani: kubanga omu ye Mukama wābwe bona, ye muga'ga eri abo bona abamukābirira: kubanga, Buli alikābirira erinya lya Mukama alirokoka. Kale balikābirira batya gwebatana'kiriza? era bali'kiriza batya gwebatanawulirako?

Digitized by Google

era baliwulira batya awatali abūlira? era balibūlira batya nga tebatumi'dwa? nga bwekyawandikibwa nti Ebigere byābwe nga birūngi nyo ababūlira enjiri eyebirūngi! Naye tebāgōndera njiri bona. Kubanga Isaya ayogera nti Mukama, āni eya'kiriza ekigambo kya'fe? Kale oku'kiriza kuva mu kuwulira, nokuwulira mu kigambo kya Masiya. Naye njogera nti Tebawulirānga? Wewawo, dala, E'dobozi lyabyo lyabuna munsi zona, Nebigambo byabyo okutūka ku nkomerero ze'taka. Naye njogera nti Isiraeri tamanyānga? Musa ye yasoka okwogera nti Ndibakwasa obu'gya eri abatali ba 'gwānga, Eri e'gwānga eritalina magezi ndibasūnguwaza. Era Isaya aguma nyo nāyogera nti Navumbulibwa abo abata'nonyānga, Nalagibwa eri abo abatambūlirizāngako. Naye eri Isiraeri ayogera nti Obu'de okuziba nagololera emikono gyānge abantu abatawulira era abagāna.

ENJIRI. *Mat.* iv. 18.

ISA bweyali ngatambula ku 'tale lyenyanja Yegaliraya, nālaba aboluganda babiri, Simoni gwebaita Petero, ne Andereya mugandawe, nga basūla omugonjo mu nyanjo, kubanga bāli bavubi. Nābagamba nti Mu'je, muite nānge, nānge ndibafūla abavubi babantu. Amangwāgo nebaleka emigonjo, nebaita naye. Nātambulako mu maso nālaba aboluganda babiri abalala, Yakobo (omwāna) wa Zebedayo, ne Yokana mugandawe, (nga bali) mu lyāto wamu ne kitābwe Zebedayo, nga bayunga emigonjo gyābwe; nābaita. Amangwāgo nebalekawo eryāto ne kitābwe, nebaita naye.

*Tomasi Omutukuvu Omutume.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, atagwawo, eyaganya Omutumewo Omutukuvu Tomasi okubusabusa okuzukira Kwomwanawo, amazima agebigambobyo galyoke geyongere okunyuwera; otuwe okumukiririza dala Omwanawo Isa Masiya, awatali kubusabusa kwona, okukiriza kwafe kuleme okunenyezebwa mu masogo enaku zona. Otuwulire, ai Mukama wafe, kubwoyo Isa Masiya, awebwe wamu nawe Nomwoyo Omutukuvu ekitibwa kyona netendo lyona lero nemirembe egitagwawo. *Amina.*

EBALUWA. *Bef.* ii. 19.

KALE bwemutyo temukyali ba'na'gwānga na baise, naye muli ba kika kimu nabatukuvu, era ba mu nyumba ya Katonda, kubanga mwazīmbibwa ku musingi be batume ne bana'bi Masiya Isa ye nyini bwali e'jinja edene eryokunsōnda; mwoyo buli nyumba yona, bwega'tibwa obulūngi, ekula okubērānga yekalu entukuvu mu Mukama (wa'fe); mwoyo era na'mwe muzīmbibwa wamu okubērānga ekisulo kya Katonda mu Mwoyo,

Digitized by Google

ENJIRI. *Yok.* xx. 24.

TOMASI, omu ku kumi nababiri, eyaitibwanga Didumo, teyali nabo Isa bweya'ja. Awo abaigirizwa abalala nebamubūlira nti Tulabye Mukama wa'fe. Naye nābagamba nti Bwesiriraba mu bibatubye enkovu zenīnga, nenzi'sāko olunwe lwānge ku nkovu zenīnga, nenzi'sāmu omukono gwānge mu mbirīzize, siri'kiriza na katono. Oluvanyuma nga waisewo enaku munāna, ate abaigirizwabe bāli munda, ne Tomasi ngali nabo, Isa na'ja, enzi'gi nga zi'ga'dwawo, nāīmirira wakati (mubo) nāgamba nti Emirembe gibe mu'mwe. Awo nāgamba Tomasi nti Leta wano olunwerwo olabe ebibatu byānge; era olete nomukonogwo, ogu'sē mu mbirīzi zānge; oleme okuba ata'kiriza nāye a'kiriza. Tomasi na'damu nāmugamba nti 'Gwe Mukama wānge, era Katonda wānge. Isa nāmugamba nti Kubanga ondabye, kyovu'de o'kiriza; balina omukisa aba'kiriza nga tebaliko kyebālaba. Waliwo obubonero obulala bungi Isa bweyakolera mu maso gabaigirizwa, obutawandikibwa mu kitabo kino; naye buno bwawandikibwa, mulyoke mu'kirize nti Isa ye Masiya, Omwāna wa Katonda; era bwemu'kiriza mube nobulamu mu linyalye.

*Okukyuka kwa Paulo Omutukuvu.*

ESALA.

AI Katonda, eyabunya omusana ogwenjiri okwaka munsi zona olwokubulira kwa Paulo Omutume Omutukuvu eyawębwa omukisa, otubere, tukwegairide, bwetujukira okukyukakwe okwekitalo, okulaga bwetukwebaza olwekyo mu kugoberera eligambo ebitukuvu byeyaigiriza; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

MU KIFO KYEBALUWA. *Bik.* ix. 1.

NAYE Saulo bweyali akyayogera ebigambo ebyokukānga nebyoku'ta abaigirizwa ba Mukama wa'fe, nāgenda eri kabona asinga obukulu, nāmusaba ebaluwa ezokugenda Edamasiko, eri amakung'aniro, bwalirabayo abantu Abe'kubo, obanga basaja oba bakazi, abasibe abalete Eyerusalemi. Awo bweyali ngatambula, nganātera okutūka Edamasiko, amangwāgo omusana oguva mu 'gulu negumwākira okumwetōlōla, nāgwa wansi, nāwulira e'dobozi nga limugamba nti Saulo, Saulo, onji'ganyiza ki? Nāgamba nti Ani 'gwe, Mukama wānge? Ye (nāgamba) nti 'Nze Isa, gwoi'ganya 'gwe: naye golokoka oingire mu kibuga; onobūlirwa ebikugwāni'de okukola. Naye abāli batambula nāye nebaīmirira nga basamāliri'de, kubanga bawuli'de e'dobozi naye nebatalaba muntu. Saulo nāgolokoka wansi, amasoge bwegāzibuka, nātalaba kintu: nebamukwata ku mukono nebamuleta Edamasiko. Nāmala enaku satu nga talaba, 'sōnga talya, 'sōnga tanywa. Yaliyo omuigirizwa mu Damasiko, erinyalye Ananiya; Mukama wa'fe nāmugamba mu

Digitized by Google

kwolesebwa nti Ananiya. Nāmugamba nti Laba, 'nze 'nzuno, Mukama wānge. Mukama wa'fe nāmugamba nti Golokoka ogende mu 'kubo eriitibwa Egolokofu, obūlirize mu nyumba ya Yuda omuntu erinyalye Sāulo, Owetaluso; kubanga, laba, asaba; era alabye omuntu, erinyalye Ananiya, ngaingira, ngamu'sāko emikono azibule. Naye Ananiya na'damu nti Mukama wānge, omuntu oyo nawulira ebigambobye mu bangi, obubi bweyakolānga abatukuvubo abali Eyerusalemi bwebuli obungi: ne wano alina obuīnza obuva eri bakabona abakulu okubasiba bona abakusaba erinyalyo. Naye Mukama wa'fe nāmugamba nti Genda; kubanga oyo kye kibya ekirōnde gyendi okutwālānga erinya lyāngo mu maso gamawānga ne bakabaka nabāna ba Isiraeri. Kubanga ndimulaga ebigambo bwebiri ebingi ebimugwāni'de okubonyabonyezebwa olwerinya lyānge. Ananiya nāgenda nāingira mu nyumba, nāyogera bweyamu'sāko emikono nti Owoluganda Saulo, Mukama wa'fe antumye, Isa eyakulabikira mu 'kubo lyewafulumamu, ozibule, o'juzibwe Omwoyo Omutukuvu. Amangwāgo nebigwa okuva ku masoge ngamagāmba, nāzibula, nāīmirira nābatizibwa: bweyatōla e'mere nāfuna amānyi. Nābēra nabaigirizwa abāli mu Damasiko enaku nyingikō. Amangwāgo nābūlira Isa mu makung'aniro ngoyo ye Mwāna wa Katonda. Bona abāmuwulira nebewunya nebagamba nti Siye wuno eyanyagānga mu Yerusalemi abāsabānga erinya eryo? kye kyamuleta ne wano abasibe abatwālo eri bakabona abakulu. Naye Saulo neyeyongerānga okuba namānyi nākwasānga ensonyi Abayudaya abāli batūla Edamasiko, ngategērcza dala nti oyo ye Masiya.

ENJIRI. *Mat.* xix. 27.

PETERO na'damu nāmugamba nti Laba, 'fe twaleka byona, netukugoberera; kale tuliba naki? Isa nābagamba nti Mazima mbagamba nti 'Mwe abāngoberera, mu mazālibwa agokubiri Omwāna womuntu bwalitūla ku ntebe eyekitībwakye, na'mwe mulitūla ku ntebe ekumi nebiri, nga musalira omusāngo ebika ekumi nebibiri ebya Isiraeri. Na buli muntu yena eyaleka enyumba, oba boluganda, oba banyina, oba kitāwe, oba nyina, oba bāna, oba byālo, olwerinya lyāngo' aliwebwa emirūndi kikumi, era alisikira obulamu obuta'gwāwo. Naye bangi aboluberyeberye abaliba aboluvanyuma; naboluvanyuma abaliba aboluberyeberye.

*Okulagibwa kwa Masiya mu Yekalu, kwebaita, Okulongosebwa kwa Malyamu Omutukuvu Omuwala.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, atafa, tukwegairira nobuwombefu, ai Omukulu, Omwanawo eyazalibwa omu yeka nga bweyalagibwa mu yekalu nga lero ngalina omubiri gwafe, era nafe bwetutyo

Digitized by Google

oyo Omwanawo Isa Masiya Mukama wafe atulage eri gwe nga tulina emitima emirungi emirongofu. *Amina.*

### Mu kifo Kyebaluwa. *Mal.* iii. 1.

LABA, ntuma omubaka wāngc, naye alirongōsa e'kubo mu maso gānge: era Mukama gwemunonya ali'ja mu yekaluye nga tebamanyiri'de; nomubaka wendagāno gwemusanyukira, laba, a'ja, bwayogera Mukama we'gye. Naye āni ainza okugumīkiriza olunaku olwoku'jakwe? era āni aliīmirira ye bwalirabika? kubanga ali ng'anga omuliro gwoyo alongōsa efeza, era nga subuni owabōzi: era alitūla ngoyo alongōsa efeza nāgimalamu amasengere, era alirongōsa batabani ba Levi, era alibasengeja ngezābu nefeza; awo baliwayo eri Mukama ebiwebwayo mu butūkirivu. Awo ekiwebwayo ekya Yuda ne Yerusalemi nekiryoka kisanyusa Mukama nga mu naku eze'da era nga mu myāka egyaitawo. Era ndibasembcrera okusala omusāngo; era ndiba mujulirwa mwāngu eri abalo'go neri abenzi neri abalāira ebyobulimba; neri abo abalyazamānya omupakasi empēraye, 'na'mwandu natalina kitāwe, era abagoba mu'na'gwānga obutamuwa bibye, 'so tebatya 'nze, bwayogera Mukama we'gye.

### Enjiri. *Luk.* ii. 22.

AWO enaku bwezatūka ezokulongōka kwābwe ngamatēka ga Musa bwegali, nebamutwāla nebamwāmbusa Eyerusalemi, okumwānjulira Mukama [nga bwekyawandikibwa mu matēka ga Mukama nti Buli kisaja eki'gulanda kināitibwānga kitukuvu eri Mukama], nokuwāyo sadaka nga bwekyayogerwa mu matēka ga Mukama, bukamukukulu bubiri, oba obuyiba obuto bubiri. Era, laba, wāliwo omuntu mu Yerusalemi erinyalye Simeoni, omuntu oyo yali mutūkirivu, era atya Katonda, ngalindirira okusanyusibwa kwa Isiraeri: era Omwoyo Omutukuvu yali kuye. Oyo yabi'kulirwa Omwoyo Omutukuvu nti taliraba kufa nga tanalaba ku Masiya wa Mukama. Na'jira mu Mwoyo mu yekalu: abaka'debe bwebāingiza omwāna Isa okumukola nga bweri empisa yamatēka, awo ye nāmukwata mu mikonogye, neyebaza Katonda nāgamba nti Mukama (wāngc), kakano osībula omu'duwo Emirembe, ngekigambokyo bwekyali; Kubanga amaso gānge galabye obulokozibwo, Bwewatekateka mu maso gabantu bona: Okuba omusana ogwokumulisa amawānga, Nokuba ekitībwa kyabantubo Isiraeri. Kitāwe ne nyina nebewunyānga ebigambo ebyo ebyamwogerwako; awo Simeoni nābasabira omukisa, nāgamba Malyamu nyina nti Laba, ono ateke'dwāwo bangi mu Isiraeri bagwēnga baīmirirēnga, nokuba akabonero akavumibwa; era 'gwe ekitala kirikufumita mu meme; ebirowōzo ebyemitima emingi biryoke bibi'kulwe. Awo wāliwo Ana, na'bi omukazi, omuwala wa Fanueri, owomukika kya Ageri [yali yakamala emyāka mingi, yabēra ne 'bāwe emyāka

Digitized by Google

musānvu okuva mu butobwe, nayo yali 'na'mwāndu nga yakamala emyāka kināna mwena], atāvānga mu yekalu, ngasinza nokusībānga nokwegairirānga ekiro nemisana. Oyo bweya'ja mu kisēra ekyo neyebaza Katonda, nābūlira ebigambobye eri bona abāli balindirira okununulibwa kwa Yerusalemi. Awo bwebāmala okutūkiriza byona ebiri mu matēka ga Mukama, neba'dayo Egaliraya, mu kibuga kyewābwe Enazalesi. Awo omwāna nākula, nāyongerwako amānyi, na'jjuzibwa amagezi: ekisa kya Katonda nekibānga kuye.

*Olunaku lwa Matiya Omutukuvu.*

ESALA.

AI Katonda Ainza-byona, eyalonda omuduwo omwesigwa Matiya okuingira mu kifo kya Yuda eyamulyamu olukwe Mukama wafe, nokubalibwa mu muwendo Gwabatume ekumi nababiri; owonye Ekanisayo enaku zona mu Batume abobulimba, abasumba abamazima abesigwa balyoke bagifuge bagirung'amye; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

MU KIFO KYEBALUWA. *Bik.* i. 15.

MU naku ezo Petero nāīmirira wakati mu boluganda nāyogera [ekibīna kyabantu (abākung'ana) bāli nga kikumi mwabiri] nti Abasaja aboluganda, kyagwāna ekyawandikibwa kitūkirizibwe, Omwoyo Omutukuvu kyeyayogera e'da mu kamwa ka Daudi, ku Yuda, eyali omusālo wābwe abākwata Isa; kubanga yabalirwa wamu na'fe, nāwebwa omugabo gwokuwereza kuno. [Oyo nāgula enimiro nempēra eyobubibwe; nāgwa mu maso, nāyabika wakati, ebyenda byona nebiika. Nekitegērekeka eri abo bona abāli mu Yerusalemi; enimiro eyo mu lulimi lwābwe nokuitibwa neitibwa Akerudama, ye nimiro eyomusai.] Kubanga kyawandikibwa mu kitabo kya Zabuli nti Ekibanjakye kizike, 'sō kireme okubērāngamu omuntu: era nti Obulabirizibwe buwebwe omulala. Kale kigwānye mu bantu abāitānga na'fe mu biro byona bweyaingirānga nāvānga gyetuli Mukama wa'fe Isa, okuva ku kubatiza kwa Yokana okutūsa ku lunaku lweyatu'gyibwako, omu kwabo abēro omujulirwa wokuzūkirakwe awamu na'fe. Nebalōnda babiri, Yusufu aitibwa Balusaba, nātūmibwa nate erinya Yusito, ne Matiya. Nebasaba, nebagamba nti 'Gwe, Mukama wa'fe, amanyi emitima gyabantu bona, lagako omu gwolōnze ku bano bōmbi, awebwe ekifo kyokuwereza okwo nobutume, Yuda byeyasubwa agende mu kifokye ye. Nebabakubira obululu; akalulu nekagwa ku Matiya; nābalirwa wamu nabatume ekumi nomu.

ENJIRI. *Mat.* xi. 25.

MU biro ebyo Isa ya'damu nāgamba nti Nkwebaza, Kitānge, Mukama we'gulu nensi, kubanga wakisa ebigambo bino abamagezi nabakabakaba nobibi'kulira abāna abato: wewawo, Kitānge,



Digitized by Google

kubanga bwekityo bwekyasīmibwa mu masogo. Ebintu byona byankwasibwa Kitānge: 'sō tewali muntu amanyi Omwāna wabula Kitāwe; sō tewali muntu amanyi Kitāwe wabula Omwāna, na buli muntu Omwāna gwayagala okumubi'kulira. Mu'je gyendi, 'mwe 'mwena abakōye era abazitowere'dwa, nānge nābawu'muza. Mwetike ekikoligo kyānge, muigire ku'nze; kubanga ndi mutēfu era omuwōmbefu mu mutima: na'mwe muliraba ekiwu'mulo ekyomumyoyo gya'mwe. Kubanga ekikoligo kyānge si kizibu, momugugu gwānge mwāngu.

*Okubulirwa Kwomuwala eyawebwa omukisa Malyamu.*

ESALA.

TUKWEGAIRIDE, ai Mukama, okufuka ekisakyo mu mitima gyafe; ngebigambo bya malaika bwebitutegeza Omwanawo Isa Masiya bweyatwala omubiri, okufa nokubonyabonyezebwakwe bwebityo biryoke bitulete mu kitibwa kyokuzukirakwe; kubwoyo Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

MU KIFO KYEBALUWA. *Is.* vii. 10.

AWO Mukama nāgamba nate Akazi nti Wesabire Mukama Katondawo akabonero; kasabe oba mu buziba oba mu 'bānga wa'gulu. Naye Akazi nāyogera nti Sisabe 'so sikeme Mukama. Nāyogera nti Muwulire kakano, 'mwe enyumba ya Daudi; kigambo kitono gyemuli 'mwe okukōya abantu nokwagala nemwagala okukōya ne Katonda wānge era? Mukama ye nyini kyaliva n'bawa akabonero; laba, omuwala atamanyi musaja aliba lubuto, alizāla omwāna wa bulenzi, era alitūma erinyalye Imanueri. Omuzigo nomubisi gwenjuki alibirya, bwamanya okugāna ebibi, nokweroboza ebirungi.

ENJIRI. *Luk.* i. 26.

AWO mu mwezi ogwomukāga malaika Gabulieri nātumibwa Katonda mu kibuga Ekyegaliraya erinya lyakyo Nazalesi, eri omuwala atamanyi musaja eyali ayogerezebwa omusaja erinyalye Yusufu owomunyumba ya Daudi; nerinya lyomuwala Malyamu. Awo nāingira omumwe, nāgamba nti Mirembe 'gwe awere'dwa enyo ekisa, Mukama (ali) nāwe. Naye ye neyeralikirira ekigambo ekyo, nālowōza okulamusa okwo bwekuli. Awo malaika nāmugamba nti Totya, Malyamu; kubanga olabye ekisa eri Katonda. Era, laba, oliba olubuto, olizāla omwāna owobulenzi, olimutūma erinya Isa. Oyo aliba mukulu, aliitibwa Mwāna woyo ali wa'gulu enyo. Era Mukama Katonda alimuwa entebe ya Daudi jajawe: era anāfugānga enyumba ya Yakobo emirembe nemirembe,

Digitized by Google

'sō obwakabakabwe tebuli'gwāwo. Awo Malyamu nāgamba malaika nti Kiriba kitya ekyo, kubanga simanyi musaja? Ne malaika na'damu nāmugamba nti Omwoyo Omutukuvu aliku'jira, namānyi Goyo Ali wa'gulu enyo galikusīkiriza: era ekyo ekirizālibwa kyekiriva kiitibwa ekitukuvu, Omwāna wa Katonda. Laba, Erisabesi mugandawo, era ye ali lubuto lwa mwāna wa bulenzi mu buka'debwe; guno gwe mwezigwe ogwomukāga eyaitibwānga omugumba. Kubanga tewali kigambo ekiva eri Katonda kiribulwa mānyi. Malyamu nāgamba nti Laba, 'nze nti muzāna wa Mukama; kibe ku'nze nga bwogambye. Awo malaika nāva gyali.

*Olunaku lwa Ma'ko Omutukuvu.*

ESALA.

AI Katonda Ainza-byona, eyaigiriza Ekanisayo entukuvu ebigambo ebiva mu gulu ebya Ma'ko Omutukuvu Omuwandisiwo Owenjiri; otuwe ekisa tuleme okufanana ngabana abato abatwalibwa buli mpewo eyokuigiriza okutalimu, naye tunyuwere mu mazima Genjiriyo entukuvu; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Bef.* iv. 7.

BULI muntu mu'fe yawebwa ekisa ngekigera kyekirabo kya Masiya bwekiri. Kyava ayogera nti Bweyalinya wa'gula, nānyaga okunyaga, Nāwa abantu ebirabo. [Nayo (ekigambo) ekyo nti Yalinya, kiki wabula (okugamba) nti era ya'ka mu njui eza wansi ezensi? Eya'ka era ye wuyo eyalinya wa'gulu enyo okusinga e'gulu lyona, alyoke atūkirize byona.] Era oyo nāwa abalala (okubēra) abatume, nabalala bana'bi, nabalala ababūlizi, nabalala abalūnda nabaigiriza; olwokutūkiriza abatukuvu, olwomulimu ogwokuwereza, olwokuzīmba omubiri gwa Masiya: okutūsa lwetulitūka 'fena mu bumu obwoku'kiriza, nobwokutegēra Omwāna wa Katonda, (lwetulitūka) okuba omuntu omukulu okutūka mu kigera ekyobukulu obwokutūkirira kwa Masiya: tulemēnga okubēra nate abāna abato, nga tuyūgana nga tutwālibwānga buli mpewo eyokuigiriza, mu bukūsa bwabantu, munkwe, olwokugoberera okutēsa okwobulimba; naye bwetwogerānga amazima mu kwagalana, tulyoke tukule okutūka muye mu byona, gwe mutwe, Masiya; mwoyo omubiri gwona bweguga'tibwa obulūngi negunywēzebwa awamu buli nyingo ngereta ebyayo, ngokukola mu kigera okwa buli kitūndu bwekuli, omubiri gweyongera okukula olwokwezīmba mu kwagalana.

ENJIRI. *Yok.* xv. 1.

'NZE muzabibu ogwamazima, ne Kitānge ye mulīmi. Buli 'tabi eriri mu'nze eritabala bibala, ali'gyawo: na buli eribala ebibala alirongōsa, lyeyongerēnga okubala. 'Mwe kakano mumaze

Digitized by Google

okuba abalongōfu olwekigambo kyembagambye. Mubēre mu'nze, nānge mu'mwe. Nge'tabi bweritaīnza kubala bibala lyo'ka, bweritabēra mu muzabibu, bwekityo na'mwe temuīnza, bwemutabēra mu'nze. 'Nze muzabibu, 'mwe matabi: abēra mu'nze, nānge muye, oyo abala ebibala bingi: kubanga awatali 'nze temuliko kyemuīnza kukola. Omuntu bwatabēra mu'nze, asūlibwa ebwēru nge'tabi, akala; bagakung'anya, bagasūla mu muliro, negagya. Bwemubēra mu'nze, nebigambo byānge bwebibēra mu'mwe musabēnga kyemwagala kyona, munākikolerwānga. Mu kino Kitānge agulumizibwa, mubalēnga ebibala bingi; era munābānga abaigirizwa bānge. Nga Kitānge bweyanjagala, nānge mbaga'de 'mwe: mubērēnga mu kwagala kwānge. Bwemukwata ebiragiro byānge, munābērānga mu kwagala kwānge; nga 'nze bwenakwata ebiragiro bya Kitānge, nembēra mu kwagalakwe. Ebyo mbibagambye, esanyu lyānge libērēnga mu'mwe, era esanyu lya'mwe litūkirire.

*Olunaku lwa Firipo ne Yakobo Abatukuvu.*

ESALA.

AI Katonda Ainza-byona, okukumanya gwe mu mazima bwe bulamu obutagwawo; otuwe okumanyira dala Omwanawo Isa Masiya ngoyo lye kubo, namazima, nobulamu; tulyoke tugoberere ebigere Byabatumebo abatukuvu, Firipo ne Yakobo, tutambulire enaku zona mu kubo erireta eri obulamu obutagwawo; kubwoyo Omwanawo Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Yak.* i. 1.

YAKOBO, omu'du wa Katonda ne Mukama (wa'fe) Isa Masiya, eri ebika ekumi nebibiri ebyasāsāna, mbalamusi'za. Mulowōzēnga byona okuba esanyu, baganda, bānge, bwemunāgwānga mu kukemebwa okutali kumu; nga mutegēra ngokugezebwa kwoku'kirīza kwa'mwe kuleta okugumīkiriza. Era omulimu gwokugumīkiriza gutūkirirēnga, mulyoke mubēre abātūkirira, abalina byona, abatawēbuka mu kigambo kyona. Naye obanga omuntu yena ku'mwe awēbuka mu magezi, asabēnga Katonda awa bona obuta'ma 'sō takayuka; naye aliwebwa. Naye asabēnga mu ku'kiriza, nga taliko kyabūsabūsa: kubanga abūsabūsa afanana nge'jengo eryenyanja eritwālibwa nempewo nerisūkūndibwa. Kubanga omuntu oyo talowōzānga ngaliwebwa ekintu kyona eri Mukama (wa'fe); omuntu owemyoyo ebiri, atanywēra mu makuboge gona. Naye owoluganda omukopi yenyumirizēnga olwobukulubwe: era nomuga'ga (yenyumirizēnga) olwokukopiwalakwe: kubanga ali'gwāwo ngekimuli kyomu'do. Kubanga enjuba evayo nomusana omungi newotōsa omu'do; nekimuli kyagwo nekigwa nobulūngi

Digitized by Google

bwekifananyi kyagwo nebubula: era nomuga'ga bwatyo bwaliwotōka mu kutambulakwe. Alina omukisa omuntu agumīkiriza okukemebwa: kubanga bwalimala okusīmibwa aliwebwa engule eyobulamu, (Mukama wa'fe) gyeyasūbiza abamwagala.

ENJIRI. *Yok.* xiv. 1.

ISA yagamba abaigirizwabe nti Omutima gwa'mwe tegweralikirirānga: mu'kiriza Katonda, era nānge munzi'kirize. Mu nyumba ya Kitānge mulimu ebifo bingi ebyokubēramu. Singa tekiri bwekityo, nandibagambye; kubanga ng'enda okubatekeratekera ekifo. Era obanga ng'enda okubatekeratekera ekifo, ndikomawo nate nembatwāla gyendi; 'nze gyendi, na'mwe mubēre eyo. Era gyeng'enda, e'kubo mulimanyi. Tomasi nāmugamba nti Mukama wa'fe, tetumanyi gyogenda; e'kubo tulimanyi tutya? Isa nāmugamba nti 'Nze 'kubo, namazima, nobulamu: tewali a'ja eri Kitānge, wabula ngaita mu'nze. Singa muntege'de, ne Kitānge mwandimumanye: okusoka kakano mumutegēra era mumulabye. Firipo nāmugamba nti Mukama wa'fe, tulage Kita'fe, kale kinātumala. Isa nāmugamba nti Kasoke'de mbēra na'mwe, ebiro. ebingi bwebityo, era tontegērānga, Firipo? Alabye ku'nze, ngalabye ku Kitānge; kiki ekikwogeza 'gwe nti Tulage Kita'fe? To'kiriza nga 'nze ndi mu Kitānge, ne Kitānge ali mu'nze? Ebigambo byembagamba 'nze, sibyogera kubwānge 'nze'ka; naye Kitānge bwabēra mu'nze akola emirimugye. Munzi'kirize nga 'nze ndi mu Kitānge, ne Kitānge mu'nze: oba munzi'kirize olwemirimu gyo'ka. Dala dala mbagamba nti A'kiriza 'nze emirimu gyenkola 'nze, naye aligikola; era alikola egisinga egyo obunene; kubanga 'nze ng'enda eri Kitānge. Na buli kyemunāsabānga mu linya lyānge, ekyo nākikolānga, Kitānge agulumirizibwēnga mu Mwāna. Bwemunānsabānga ekigambo mu linya lyānge, ekyo nākikolānga.

*Balanaba Omutukuvu Omutume.*

ESALA.

AI Mukama Katonda Ainza-byona, eyamuwa Omutumewo omutukuvu Balanaba ebirabo Ebyomwoyo Omutukuvu, okusinga bane; totuleka, tukwegairide, ngebirabobyo ebingi bitubuze, newakubade ekisa ekirituinzisa okubiwereza ebyo obulungi enaku zona, ogulumizibwe, otenderezebwe: kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

MU KIFO KYEBALUWA. *Bik.* xi. 22.

EKIGAMBO ekyo nekiwulirwa okutūka mu matu gekanisa eyali mu Yerusalemi; nebatuma Balunaba okutūka mu Antiokiya: nayo bweyamala okutūka nālaba ekisa kya Katonda nāsanyuka,

nābabūlirira bona nti Mumalirire mu mutima okwekwata ku Mukama wa'fe: kubanga yali muntu mulūngi, na'jula Omwoyo Omutukuvu noku'kiriza. Ekibīna kinene nekiretebwa eri Mukama wa'fe. Nāvayo okugenda Etaluso okunonya Saulo: bweyamala okumulaba nāmuleta mu Antiokiya. Awo olwātūka nebamala mwāka mulāmba nga bakung'ana nekanisa nebaigiriza ekibīna kinene: abaigirizwa nebasoka okuitibwa Abamasiya mu Antiokiya. Mu naku ezo bana'bi nebava Eyerusalemi okutūka Antiokiya. Nāimirira omu kubo, erinyalye Agabo, nābūlira Kubwomwoyo nti Waliba enjala nyingi munsi zona: nayo yabawo ku mirembe gya Kulaudio. Abaigirizwa, buli muntu nga bweyalina ebintu, nebatēsa okuwereza abolugauda abāli batūla Ebuyudaya: nokukola nebakola bwebatyo nebawereza abaka'de mu mukono gwa Balunaba ne Saulo.

ENJIRI. *Yok.* xv. 12.

KINO kye kiragiro kyānge, mwagalanēnga, nga bwenabagala 'mwe. Tewali alina kwagala kunene okusinga kuno omuntu okuwayo obulamubwe olwa mikwānogye. 'Mwe muli mikwāno gyānge, bwemukola byembalagira. Sikyabaita ba'du; kubanga omu'du tamanyi mukamawe byakola; naye mbaise ba mukwāno; kubanga byona byenawulira eri Kitānge mbibabūli'de 'mwe. Si 'mwe mwa'nōnda 'nze, naye 'nze nabalōnda 'mwe, nembatekawo, mugende mubalēnga ebibala, nebibala bya'mwe bibērēngawo: kyona kyemunāsabānga Kitānge mu linya lyānge, akibawēnga.

*Olunaku lwa Yokana Omubatiza Omutukuvu.*

KATONDA Ainza-byona, eyalagira okuzalibwa okwekitalo okwomuduwo Yokana Omubatiza, nomutuma okutekateka ekubo Eryomwanawo Omulokozi wafe, ngabulira okwenenya: otukwase bwoti byeyaigiriza, otugobereze empisaze entukuvu, twenenye mazima nga bweyabulira; era nga bweyakola twogerenga ebyamazima enaku zona, tunenye ebibi nobugumu, tugumukirize bwetuiganyizibwa olwamazima; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

MU KIFO KYEBALUWA. *Is.* xl. 1.

MUSANYUSE, musanyuse abantu bānge, bwayogera Katonda wa'mwe. Mwogere ebyokusanyusa Yerusalemi, mumukōwolere ngentaloze zitūkiri'de, ngobutali butūkirivubwe busonyi'dwa: ngawere'dwa mu mukono gwa Mukama emirūndi ebiri olwebibibye byona. E'dobozi lyayogerera wa'gulu nti Mulongōse mu lukola e'kubo lya Mukama, mugololere mu 'dūngu Katonda wa'fe olugūdo. Buli kiwōnvu kirigulumizibwa, na buli lusozi nakasozi zirika'kanyizibwa: nobukyāmu buligololwa, nebifo ebitali

Digitized by Google

bisende biriterēzebwa: nekitībwa kya Mukama kiribi'kulibwa, ne bona abalina omubiri balikirabira wamu: kubanga akamwa ka Mukama ke kakyoge'de. E'dobozi lyayogera nti Yogerera wa'gulu. Newabawo eyayogera nti Nāyogerera ki wa'gulu? Omubiri gwonā mu'do, nobulūngi bwagwo bwona buli ng'anga ekimuli ekyomunimiro: omu'do guwotōka, ekimuli kiyōngobera; kubanga omu'ka gwa Mukama gugufūwako: mazima abantu mu'do. Omu'do guwotōka, ekimuli kiyōngobera: naye ekigambo kya Katonda wa'fe kinānywērānga enaku zona. 'Gwabūlira Sayuni ebigambo ebirūngi, werinyire ku lusozi oluwānvu; 'gwabūlira Yerusalemi Ebigambo ebirūngi, imusa e'doboziryo namānyi; liimuse, totya: gamba ebibuga bya Yuda nti Laba, Katonda wa'mwe! Laba, Mukama Katonda ali'ja ngowamānyi, nomukonogwe gulimufugira: laba empēraye eri naye, nokusasulakwe kuli mu masoge. Alirīsa ekisibokye ngomusūmba, alikung'anya abāna bendiga mu mukonogwe, nābasitula mu kifubakye, aliitiriza mpola ezo eziyōnsa.

ENJIRI. *Luk.* i. 57.

AWO ebiro bya Erisabesi nebitūka okuzāla: nāzāla omwāna wa bulenzi. Balirānwābe nabekikākye nebawulira nga Mukama amugulumiriri'za ekisākye, nebasanyukira wamu naye. Awo olwātūka ku lunaku olwomunāna, neba'ja okukomola omwāna; bāli bagala okumutūma erinya lya kitāwe Zakaliya. Nyina na'damu nāgamba nti Ne'da, naye anātūmibwa Yokana. Nebamugamba nti Tewali wa mu kikākyo aitibwa erinya eryo. Nebawenya kitāwe, bwayagala okumutūma. Nāyagala ekipānde ekyokuwandikako, nāwandika, nāgamba nti Erinyalye Yokana. Nebewunya bona. Amangwāgo akamwāke nekazibuka, nolulimirwe (nerusumulukuka), nāyogera ngayebaza Katonda. Bona abāli balirānyewo nebatya. Nebigambo ebyo byona nebibuna munsi yona eyensozi Eyebuyudaya. Ne bona abābiwulira nebabi'sā mu mitima gyābwe, nebagamba nti Kale omwāna oyo aliba ki? kubanga omukono gwa Mukama gwali wamu naye, Kitāwe Zakaliya na'juzibwa Omwoyo Omutukuvu, nālagula, ngagamba nti.

Atenderezebwe Mukama, Katonda wa Isiraeri; kubanga akyāli'de abantube, era abanunu'de, era atuimusiri'za e'jembe eryobulokozi mu nyumba yomu'duwe Daudi. [Nga bweyayogerera mu kamwa ka bana'bibe abatukuvu, abāliwo kasoke'de ensi ebawo], okulokolebwa mu balabe ba'fe, ne mu mikono gyabo bona abatukyāwa; Okutūkiriza ekisa kyeyasūbiza bajaja ba'fe, noku'jukira endagānoye entukuvu; (okutūkiriza) ekirāiro kyeyalāirira jaja wa'fe Ibulaimu; okukituwa 'fe; 'fe bwetulokolebwa mu mikono gyabalabe ba'fe, tulyoke tumuwereze nga tetuliko kyetutya, mu butukuvu ne mu butūkirivu mu masoge enaku za'fe zona. Nāwe, omwāna, oliitibwa na'bi woyo asinga bona obukulu: kubanga olikulembera Mukama okulongōsa amakuboge; okumanyisa

Digitized by Google

abantube obulokozi, ebibi byābwe biba'gyibweko, olwekisa kya Katonda wa'fe ekirūngi, emambya kyevu'de etusalira eva mu 'gulu, okwākira abatūla mu nzikiza, ne mu kisīkirize kyolūmbe, okulung'amya ebigere bya'fe mu 'kubo eryemirembe. Omwāna nākula, nāyongerwako amānyi mu mwoyo, nābēra mu malūngu okutūsa ku lunaku lweyayolesebwa eri Isiraeri.

*Olunaku lwa Petero Omutukuvu.*

ESALA.

AI Katonda Ainza-byona, eyamuwa Omutumewo Petero Omutukuvu ebirabo ebirungi bingi mu Mwanawo Isa Masiya, nomukūtira okulisa ekisibokyo; obakubirize, tukwegairide, Abalabirizi Nabasumba bona, babulire nyo Ekigambokyo ekitukuvu, era nabantu bakikwate nobuwombefu, balyoke bawebwe engule eyekitibwa ekitagwawo; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

MU KIFO KYEBALUWA. *Bik.* xii. 1.

MU biro ebyo kabaka Kerode nāgolola emikono okukola obubi abamu abomukanisa. Na'ta nekitala Yakobo muganda wa Yokana. Awo bweyalaba nga Abayudaya bakisīmye, neyeyongera okukwata ne Petero. Ze naku ezemigāti egitazimbulukuswa. Bweyamala okumukwata, nāmu'sā mu komera, nāmuwayo eri baserikale kumi na mukāga okumukūma ki'na bana, ngayagala okumutwālo mu maso gabantu Okuitako nga kuwe'de. Awo Petero nākūmirwa mu komera: naye abekanisa nebanyīkirānga okumusabira eri Katonda. Ku lunaku Kerode lweyali ayagala okumutwālayo, mu kiro ekyo Petero yali nga yebase wakati wa baserikale babiri, ngasibi'dwa nenjegere biri, abakūmi bāli ku lu'gi nga bakūma ekomera. Laba, malaika wa Mukama nāīmirira wāli, okutangāla nekumasamasa mu kisenge, nākuba Petero mu mbirīzi nāmuzukusa ngagamba nti Imuku māngu. Enjegere neziva ku mikono nezigwa. Malaika nāmugamba nti Wesibe, oyambale engatozo. Nākola bwatyo. Nāmugamba nti Yambala ekyambalokyo, ongoberere. Nāfuluma nāmugoberera; 'sō teyamanya nga bya mazima malaika byakoze, naye yalowōza nti alabye okwolesebwa. Bwebāita ku bakūmi abāsokerwako nabokubiri nebatūka ku lu'gi olwekyūma oluitibwako okutūka mu kibuga: neruba'gukirawo lwo'ka: nebafuluma nebaita mu 'kubo limu; amangwāgo malaika nāmuleka. Petero bweye'damu nāgamba nti Kakano ntege'de mazima nga Mukama wa'fe atumye malaika nānziya mu mukono gwa Kerode ne mu kusūbira kwona okwe'gwānga Lyabayudaya.

Digitized by Google

ENJIRI. *Mat.* xvi. 13.

ISA bweya'ja ku njui Zekaisaliya ekya Firipo, nābūza abaigirizwabe, ngagamba nti Omwāna womuntu abantu bamuita batya? Nebagamba nti Abalala bamuita Yokana Omubatiza; abalala nti Eriya: abalala nti Yeremiya obanga omu ku bana'bi. Nābagamba nti Naye 'mwe mumpita mutya? Simoni Petero na'damu nāgamba nti 'Gwe Masiya, Omwāna wa Katonda omulamu. Isa na'damu nāmugamba nti Olina omukisa, Simoni Ba-Yona: kubanga omubiri nomusai tebyakubi'kulira ekyo, wabula Kitānge ali mu 'gulu. Nānge nkugamba nti 'Gwe Petero, nānge ndizīmba ekanisa yānge ku lwāzi luno: 'sō nemiryāngo Egyemagōmbe tegirigiīnza. Ndikuwa ebisumuluzo byobwakabaka obwomu'gulu: kyona kyona kyolisiba kunsi kirisibibwa mu 'gulu: kyona kyona kyolisumulula kunsi kirisumululibwa mu 'gulu.

*Yakobo Omutume Omutukuvu.*

ESALA.

OTUBERE, ai Katonda owokusasira, nga Omutumewo Omutukuvu Yakobo bweyawulira amangu edobozi Lyomwanawo Isa Masiya, naleka kitawe nebyeyalina byona, namugoberera; era nafe bwetutyo tuleke ebyensi nebyomubiri byona tweteketeke enaku zona okugoberera amatekago amatukuvu; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

MU KIFO KYEBALUWA. *Bik.* xi. 27, *ne kitundu Ekyesula* xii.

MU naku ezo bana'bi nebava Eyerusalemi okutūka Antiokiya. Nāīmirira omu kubo, erinyalye Agabo, nābūlira Kubwomwoyo nti Waliba enjala nyingi munsi zona: nayo yabawo ku mirembe gya Kulaudio. Abaigirizwa, buli muntu nga bweyalina ebintu, nebatēsa okuwereza aboluganda abāli batūla Ebuyudaya: nokukola nebakola bwebatyo nebawereza abaka'de mu mukono gwa Balunaba ne Saulo. Mu biro ebyo kabaka Kerode nāgolola emikono okukola obubi abamu abomukanisa. Na'ta nekitala Yakobo muganda wa Yokana. Awo bweyalaba nga Abayudaya bakisīmye, neyeyongera okukwata ne Petero.

ENJIRI. *Mat.* xx. 20.

AWO nyina wabāna ba Zebedayo na'ja gyali, nabānabe, nāmusinza, nāmusaba ekigambo. Nāmugamba nti Oyagala ki? Nāmugamba nti Lagira abāna bānge bano bōmbi batūle, omulala ku mukonogwo ogwadyo, nomulala ku mukonogwo ogwa kono, mu bwakabakabwo. Naye Isa na'damu nāgamba nti Temumanyi

Digitized by Google

kyemusaba. Muīnza okunywa ku kikōmpe 'nze kyeng'enda okunywako? Nebamugamba nti Tuīnza. Nābagamba nti Ku kikōmpe kyāngo mulinywerako dala: naye okutūla ku mukono gwānge ogwadyo, ne ku mukono ogwa kono, si 'nze nkugaba, wabula eri abo Kitānge beyakuterekera. Na bali ekumi bwebāwulira, nebanyīgira aboluganda ababiri. Naye Isa nābaita gyali, nāgamba nti Mumanyi ngabāmi Bamawānga babafuga, nabakulu bābwe babatwāla namānyi. Tekibenga bwekityo mu'mwe: naye buli ayagala okuba omukulu mu'mwe anābānga muwereza wa'mwe: na buli ayagala okuba owoluberyeberye mu'mwe anābānga mu'du wa'mwe: nga Omwāna womuntu bwata'ja kuwerezebwa, wabula okuwereza, nokuwayo obulamubwe ekinunulo ekyabangi.

*Batolomayo Omutume Omutukuvu.*

ESALA.

AI Katonda Ainza-byona, atagwawo, eyamuwa Omutumewo Batolomayo ekisa okukiririza dala Ekigambokyo nokukibulira; ogiwe Ekanisayo, tukwegairide, okwagala Ekigambo ekyo kyeyakiriza nokukibulira nokukikiriza; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

MU KIFO KYEBALUWA. *Bik.* v. 12.

OBUBONERO nebyamagero bingi nebikolebwānga nemikono gyabatume mu bantu; bona bāli mu kisasi kya Sulemani nomwoyo gumu. 'Sō nabalala tewali nomu eyayang'anga okwega'ta nabo; naye abantu nebabagulumizānga; aba'kiriza nebeyongerānga okwega'ta ne Mukama wa'fe, bangi abasaja nabakazi; nokuleta nebaletānga mu makubo abalwa'de nebabatekānga ku mikeka ne ku bitānda, Petero bwana'ja nekisīkirizekye kitūke ku bamu. Era ebibīna nebikung'anānga nga biva mu bibuga ebirirānye ne Yerusalemi, nga baletānga abalwa'de nabāli babonyabonyezebwa emizimu emibi; nebawonyezebwānga bona.

ENJIRI. *Luk.* xxii. 24.

NEWABĀWO nempaka mubo, nti āni kubo alowōzebwa okuba omukulu. Nābagamba nti Bakabaka babamawānga babafuga; nābo abalina obuīnza kubo baitibwa abakola obulūngi. Naye 'mwe si bwemutyo; naye omukulu mu'mwe abēre ngomuto; noyo akulembera, abe ngawereza. Kubanga omukulu āni, atūla ku 'mere, oba awereza? si oyo atūla ku 'mere? Naye 'nze wakati mu'mwe ninga awereza. Naye 'mwe mumuno abagumīkirizānga awamu nānge mu kukemebwa kwānge; nānge mbaterekera obwakabaka, nga Kitānge bweyanterekera 'nze, mulyoke mulye era

Digitized by Google

munywere ku meza yānge mu bwakabaka bwānge; ere mulitūla ku ntebe ezekitībwa, nga musalira emisāngo ebika ekumi nebibiri Ebyabaisiraeri.

*Matayo Omutume Omutukuvu.*

ESALA.

AI Katonda Ainza-byona mu Mwanawo atenderezebwa gweyaita Matayo okuva mu gwolezo okubera Omutume Nomuwandisi Wenjiri; otuwe fe ekisa tuleke okuyayana kwona nokwegomba ebintu okutusana, tugoberere oyo Omwanawo Isa Masiya, abera omulamu afugira awamu nawe Nemwoyo Omutukuvu, Katonda omu, emirembe egitagwawo. *Amina.*

EBALUWA. 2 *Kol.* iv. 1.

KALE, kubanga tulina okuwereza okwo, nga bwetwasāsirwa, tetu'dirira: naye twagāna ebyensonyi ebikisibwa, nga tetutambula mu bukūsa, 'sō tetukyāmya kigambo kya Katonda; naye olwokulabisa amazima nga twetendereza eri omwoya gwa buli muntu mu maso ga Katonda. Naye okubi'kibwako obanga enjiri ya'fe ebi'kibwako, ebi'kibwako mwabo ababula: katonda owemirembe gino beyaziba amaso gamagezi gābwe abata'kiriza, omusana gwenjiri eyekitībwa eya Masiya, oyo kye kifananyi kya Katonda, gulemēnga okubākifa. Kubanga tetwebūlira 'fe'ka, wabula Masiya Isa nga ye Mukama (wa'fe), na'fe nga tuli ba'du ba'mwe kulwa Isa. Kubanga Katonda ye yayogera nti Omusana gulyāka mu kizikiza, eyayāka mu mitima gya'fe, okuleta omusana ogwokutegēra ekitībwa kya Katonda mu maso ga Isa Masiya.

ENJIRI. *Mat.* ix. 9.

ISA bweyavayo nālaba omuntu, aitibwa Matayo, ngatu'de mu gwōlezo: nāmugamba nti Ita nānge. Nāgolokoka, nāita naye. Awo olwātūka bweyali ngatu'de munju ngalya, laba, newa'ja abawōza bangi, nabantu ababi bangi, nebatūla wamu ne Isa nabaigirizwabe. Abafalisayo bwebālaba, nebagamba abaigirizwabe nti Omuigiriza wa'mwe kiki ekimulīsa nabawōza nabantu ababi? Naye bweyawulira, nāgamba nti Abalamu tebetāga musawo, wabula abalwa'de. Naye mugende muige amakulu gekigambo (kino) nti Njagala kisa, 'sō si sadaka: kubanga sa'ja kuita abatūkirivu, wabula abantu ababi.

*Mikaeri Omutukuvu ne Bamalaika bona.*

ESALA.

AI Katonda atagwawo, eyalagira Bamalaika nabantu okuwereza kwabwe mu kutekateka okulungi okwekitalo; olwokusasirakwo otuwe bamalaikabo abatukuvu nga bwebakuwerereza bulijo

mu gulu, bwebatyo mu kiragirokyo batulwanirire batukume kunsi; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

MU KIFO KYEBALUWA. *Kub.* xii. 7.

NEWABA olutalo mu 'gulu: Mikaeri ne bamalaikabe (nga batabāla) okulwāna nomusota; omusota negulwāna ne bamalaika bagwo; nebataīnza, 'sō newatalabika kifo kyābwe nate mu 'gulu. Nogusota ogunene negusūlibwa, omusota ogwe'da, oguitibwa Omulyolyomi era Setani, omulimba wensi zona; negusūlibwa kunsi, ne bamalaika bagwo nebasūlibwa nagwo. Nempulira e'dobozi 'dene mu 'gulu, nga lyogera nti Kakano obulokovu bu'ze namānyi nobwakabaka bwa Katonda wa'fe, nobuīnza bwa Masiyawe: kubanga alōpa baganda ba'fe yasūlibwa, abalōpa mu maso ga Katonda wa'fe emisana nekiro. Nabo bāmuwāngula olwomusai Gwomwāna gwendiga, nolwekigambo ekyokutegēza kwābwe; nebatayagala bulamu bwābwe okutūsa okufa. Kale musanyuke, e'gulu nabatūlamu. Zisānze ensi nenyanja: kubanga Omulyolyomi a'se gyemuli ngalina obusūngu bungi, ngamanyi ngalina akasēra katono.

ENJIRI. *Mat.* xviii. 1.

MU kisēra ekyo abaigirizwa neba'ja eri Isa, nebagamba nti Kale āni omukulu mu bwakabaka obwomu'gulu? Nāita omwāna omuto, nāmuīmiriza wakati wābwe, nāgamba nti Mazima mbagamba nti Bwemutakyūka, okufūka ngabāna abato, temuliingira na katono mu bwakabaka obwomu'gulu. Kale buli eyewōmbeka ngomwāna ono omuto, ye mukulu mu bwakabaka obwomu'gulu. Na buli alisembeza omwāna omuto omu ngono mu linya lyānge ngasembeze'za 'nze: naye alyesitaza kwabo abato bano abanzi'kiriza, wakiri asibibwe mu bulago olubengo olunene, balyoke bamusūle mu buziba bwenyanja. Zirisānga Ensi olwebigambo ebisitaza! Kubanga ebisitaza tebiriremа ku'ja; naye zirisānga omuntu oyo aleta ekisitaza! Obanga omukonogwo oba kugulukwo nga kukwesitaza, kutemeko, okusūle wala: kye kirūngi oingire mu bulamu ngobuzeko omukono oba kugulu, okusinga okusūlibwa mu muliro ogwemirembe nemirembe, ngolina emikono gyōmbi oba magulu gōmbi. Era obanga erisolyo nga likwesitaza, li'gyemu, olisūle wala: kye kirūngi oingire mu bulamu ngoli wa tulu, okusinga okusūlibwa mu geyena eyomuliro, ngolina amaso gōmbi. Mulabe temunyōmānga omu kwabo abato bano; kubanga mbagamba nti mu 'gulu bamalaika bābwe batunulira enaku zona amaso ga Kitānge ali mu 'gulu.

Digitized by Google

*Luka Omutukuvu Omuwandisi Wenjiri.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, eyaita Luka Omusawo, atenderezebwa mu Njiri, okubera Omuwandisi Wenjiri nomusawo wobulamu; kiriza okutuwonyeza nedagala edungi eryebigambo byeyaigiriza endwade zona ezobulamu bwafe; olwobulungi Obwomwanawo Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. 2 *Tim.* iv. 5.

NAYE 'gwe tamirukukānga mu byona, bonabonānga, kolānga omulimu ogwomubūlizi wenjiri, tūkirizānga okuwerezakwo. Kubanga 'nze kakano nfukibwa, nebiro ebyokutēbwa kwāngo bitūse. 'Nwānye okulwāna okulūngi, olugendo ndutūsi'za, oku-'kiriza nkukūmye: ekisiga'deyo, entereke'dwa engule eyobutū-kirivu, Mukama (wa'fe) gyalimpēra ku lunaku luli, asala emisāngo egyensōnga: 'sō si 'nze 'nze'ka, naye era ne bona abagala okulabi-kakwe. Fuba oku'ja gyendi māngu: kubanga Dema yandekawo, ngayagala emirembe egya kakano, nāgenda Esesalonika; Kulesuke Egalatiya, Tito Edalumatiya. Luka yali awamu nānge ye'ka. Twāla Ma'ko, omulete wamu nāwe; kubanga angasa olwoku-wereza. Naye Tukiko namutuma mu Efeso. Ekyambalo kye-naleka mu Tuloa ewa Ka'po, bwoliba ngo'ja, leta, nebitabo, naye, okusinga, biri ebyamaliba. Alegezanda omuwēsi webikomo ya-nkola obubi bungi: Mukama (wa'fe) alimusasula ngebikolwabye bwebyali: oyo nāwe omwekūmānga; kubanga yaziiza nyo ebiga-mbo bya'fe.

ENJIRI. *Luk.* x. 1.

MUKAMA wa'fe nālōnda abalala nsānvu, nābatuma ki'na babi rye mu masoge okugenda mu buli kibuga na buli kifo gya-genda oku'ja ye. Nābagamba nti Okukūngula kwe kungi, naye abakūnguzi be batono: kale musabe Mukama wokukūngula oku-tuma abakūnguzi mu kukūngulakwe. Mugende: laba, mbatuma 'mwe ngabāna bendiga wakati mu misege. Temutwāla nsawo, newakuba'de olukoba, newakuba'de engato; 'sō temulamusa muntu mu 'kubo. Na buli nyumba gyemuingirāngamu musokēnga oku-gamba nti Emirembe gibe mu nyumba muno. Obanga mulimu omwāna wemirembe, emirembe gya'mwe ginābērānga kuye; naye obanga si bwekityo, ate gina'dānga gyemuli. Mubērēnga mu nyumba omwo nga mulya nga munywa ebyewābwe, kubanga omukozi womulimu asānira empēraye.

Digitized by Google

### *Simoni ne Yuda Abatume Abatukuvu.*

### ESALA.

AI Katonda Ainza-byona, eyazimba ekanisayo ku Batume ne Banabi, bye byokunyuweza, Isa Masiya ye nyini nga lye jinja edene eryokunsonda; otuwe fe tugatibwe bwetutyo mu mwoyo gumu olwokuigiriza kwabwe, tulyoke tufuke yekalu entukuvu gyosima; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

### EBALUWA. *Yud.* 1.

YUDA, omu'du wa Isa Masiya, era muganda wa Yakobo, eri abo abaitibwa, abāgalwa mu Katonda Kita'fe, era abakūmirwa Isa Masiya: okusāsira nemirembe nokwagala byongerwēngako gyemuli. Abāgalwa, bwenali nga nfuba okubawandikira ebyobulokovu bwa'fe 'fena, nawalirizibwa okubawandikira okubabūlirira okuwakanirānga enyo oku'kiriza abatukuvu kwebāwebwa omulūndi ogumu. Kubanga waliwo abantu abaingira nga basēnsera abāwandikirwa e'da omusāngo guno, abatatya Katonda, abakyūsa ekisa kya Katonda wa'fe okuba obukaba nebegāna Isa Masiya, ye Mwāmi ye Mukama wa'fe omu ye'ka. Naye njagala okuba'jukiza, newakuba'de nga byona mwabimanya omulūndi gumu, nga Mukama, bweyamala okulokola abantu munsi Yemisiri, oluvanyuma nāzikiriza abāta'kiriza. Ne bamalaika abatākūma bukulu bwābwe bo, naye nebaleka ekifo kyābwe bo be nyini, abakūmira mu njegere ezenaku zona wansi wekizikiza olwomusāngo ogwokulunaku olukulu. Nga Sodomu ne Gomola nebibuga ebyalirānawo, bwebyayendera dala okwenkana nabo nebikyāma okugobererānga omubiri omulala, byatekebwawo okuba ekyokulabirako, nga biboncrezebwa nomusāngo ogwomuliro oguta'gwāwo. Naye era benkana nabo mu kulōtalōta kwābwe nga basīga omubiri empitambi era bagāna obukulu, era bavuma abekitībwa.

### ENJIRI. *Yok.* XV. 17.

MBALAGI'DE bino, mwagalanenga. Ensi bwebakyāwānga, mutegēra nga yasoka kukyāwa 'nze nga tenaba kukyāwa 'mwe. Singa muba'de ba nsi, ensi yandyaga'de ekyayo; naye kubanga temuli ba nsi, naye 'nze nabalōnda munsi, ensi kyeva ebakyāwa. Mu'jukire ekigambo kyenabagamba nti Omu'du tasinga mukamawe. Obanga bānji'ganya 'nze, na'mwe banābai'ganyānga; obanga bākwata ekigambo kyānge, nekya'mwe banākikwatānga. Naye ebyo byona banābibakolānga olwerinya lyānge, kubanga tebamumanyi eyantuma. Singa sa'ja nenjogera nabo, tebandiba'de na kibi; naye kakano tebalina kya kuwoza olwekibi kyābwe. Ankyāwa 'nze akyāwa ne Kitānge. Singa sakolera

Digitized by Google

mubo mirimu egitakolebwānga mulala, tebandiba'de na kibi; naye kakano balabye nebakyāwa 'nze ne Kitānge. Naye ekigambo kitūkirire ekyawandikibwa mu matēka gābwe nti Bānkyāira bwerēre. Naye Omubezi bwali'ja, gwendibatumira ava eri Kitānge, Omwoyo owamazima, ava eri Kitānge, oyo alitegēza ebyānge: era na'mwe mutegēza ebyānge kubanga okuva ku luberyeberye mwali nānge.

*Olunaku Olwabatukuvu bona.*

ESALA.

AI Katonda Ainza-byona, eyaluka awamu abalondebo okubera ekibina ekimu ekisekimu, mu mubiri Gwomwanawo Masiya Mukama wafe mu kifananyi; otuwe ekisa tugoberere bwetutyo Abatukuvubo abatenderezebwa mu mpisa zona enungi zosima, tulyoke tutuke ku sanyu eritayogerekeka lyewatekeratekera abo abakwagala amazima; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

MU KIFO KYI BALUWA. *Kub.* vii. 2.

NENDABA malaika omulala ngalinya okuva ebuvanjuba, ngalina akabonero ka Katonda omulamu: nāyogerera wa'gulu ne'dobozi 'dene ngagamba bamalaika abana, abāwebwa okwōnōna ensi nenyanja, ngayogera nti Temwōnōna nsi, newakuba'de enyanja, newakuba'de emiti, okutūsa lwetulimala okutekako akabonero aba'du ba Katonda wa'fe ku byenyi byābwe. Nempulira omuwendo gwābwe abātekebwako akabonero, (bāli) kasirīvu mwobukumi buna mwenkumi nya, abātakebwako akabonero mu buli kika kyabāna ba Isiraeri.

Abomukika kya Yuda abātekebwako akabonero kakumi mwenkumi biri:
Abomukika kya Leubeni kakumi mwenkumi biri:
Abomukika kya Gadi kakumi mwenkumi biri:
Abomukika kya Aseri kakumi mwenkumi biri:
Abomukika kya Nafutali kakumi mwenkumi biri:
Abomukika kya Manase kakumi mwenkumi biri:
Abomukika kya Simeoni kakumi mwenkumi biri:
Abomukika kya Levi kakumi mwenkumi biri:
Abomukika kya Isakali kakumi mwenkumi biri:
Abomukika kya Zebuluni kakumi mwenkumi biri:
Abomukika kya Yusufu kakumi mwenkumi biri:
Abomukika kya Benyamini abātekebwako akabonero kakumi mwenkumi biri.

Oluvanyuma lwebyo nendaba, era, laba, ekibīna kinene omuntu yena kyataīnza kubala, mu buli 'gwānga nebika nabantu nenimi, nga baīmiri'de mu maso gentebe ne mu maso Gomwāna gwendiga,

Digitized by Google

nga bamba'de ebyambalo ebyeru, namatabi genkīndu mu mikono gyābwe; nebogerera wa'gulu ne'dobozi 'dene, nga bogera nti Obulokovu (buba) bwa Katonda wa'fe atu'de ku ntebe, neri Omwāna gwendiga. Ne bamalaika bona bāli baīmiri'de nga betōlo'de entebe nabaka'de nebiramu ebina; nebavūnama amaso gābwe mu maso gentebe, nebasinza Katonda, nga bogera nti Amina: omukisa nekitībwa namagezi nokwebaza netendo nobuīnza namānyi (bibēnga) eri Katonda wa'fe emirembe nemirembe. Amina.

ENJIRI. *Mat.* v. 1.

ISA bweyalaba ebibīna, nālinya ku lusozi: nātūla wansi, abaigirizwabe neba'ja gyali: nāyasamya akamwāke, nābaigiriza ngagamba nti Balina omukisa abāvu mu mwoyo: kubanga abo obwakabaka obwomu'gulu bwe bwābwe. Balina omukisa abali mu naku: kubanga abo balisanyusibwa. Balina omukisa abatēfu: kubanga abo balisikira Ensi. Balina omukisa abalūmwa enjala nenyōnta olwobutūkirivu: kubanga abo bali'kusibwa. Balina omukisa abekisa: kubanga abo balikwatirwa ekisa. Balina omukisa abalina omutima omulongōfu; kubanga abo baliraba Katonda. Balina omukisa abatabaganya: kubanga abo baliitibwa bāna ba Katonda. Balina omukisa abai'ganyizibwa olwobutūkirivu: kubanga abo obwakabaka obwomu'gulu bwe bwābwe. Mwe mulina omukisa bwebanābavumānga, bwebanābai'ganyānga, bwebanābawairānga buli kigambo kibi, okubavūnanya 'nze. Musanyuke, mujaguze nyo: kubanga empēra ya'mwe nyingi mu 'gulu: kubanga bwebatyo bwebāi'ganya bana'bi abāsoka 'mwe.

Digitized by Google

# EBIGAMBO EBIRAGIRWA EBYOKUGABA EMERE YA MUKAMA WAFE,

OBA

# KUSA KIMU OKUTUKUVU.

¶ *Bona abagala okugabirwa Okusekimu Okutukuvu, banabuliranga Omuwereza amanya gabwe waitewo ebanga lya lunaku lumu oba kusingawo.*

¶ *Era kwabo bwekubangako abamanyibwa nga baisa bubi mu lwatu, oba eyasobya ku mu'ne ekigambo oba kikolwa, nanyiza Ekibina, Omuwereza bwaba ngawulide ebyo, amuitenga amubulirire aleme okugezako na katono okuja eri Emeza ya Mukama wafe, okutusa lwalyatula mu lwatu ngamaze okwenenya amazima nokuleka empisaze embi ezeda, Ekibina kyeyanyiza kiryoke kimukirize; era ngagase abantu beyasobyako; oba ayatule ngayagalira dala okukola bwatyo, bwaliinza amangu.*

¶ *Era bwati Omuwereza bwanakolanga eri abo bālaba nga bakyawagana; tabakirizenga kusa kimu ku Meza ya Mukama wafe, okutusa lwalitegera nga batabaganye. Era omu kwabo abayomba bwakirizanga okusonyira dala mu memeye byona oyo byeyamusobyako nokumugata olwebyo byeyasobya ye nyini; naye mu'ne bwaganaanga okutabagana nga Katonda bwayagala, naye bwalemeranga mu bukyamu nokukyawa; Omuwereza kimugwanira okumusembeza oyo eyenenye'za eri Okusekimu Okutukuvu; naye obutamusembeza omukakanyavu. Naye kyoka buli agoba omuntu bwatyo nga bwekiragidwa mu*



Digitized by Google

*bigambo bino oba mu biri ebisose ebirirana bino, kimugwanira okubulirako Omulabirizi oba musigirewe bwakoze nga tewanaitawo naku kumi nenya. Nomulabirizi alimukola oyo eyasobya nga bwekiragirwa mu Bikanoni.*

¶ *Emeza bwebabanga bagenda Okusekimu ebikibwengako olugoye olwa bafuta enjeru enungi: etekebwenga wakati mu kanisa, oba ku nkomerero awalagirwa okuima okwogera Okusaba Kwenkya Nokwakawungezi. Omukade bwaimirira ku luwi lwemeza olwobukika obwa kono ayogerenga Okusaba kwa Mukama wafe, nokusaba kuno okudirira, abantu nga bafukamide.*

KITAFE ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje. Byoyagala babikole munsi, nga bwebabikola mu gulu. Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafe, nga fe bwetubasonyiwa abatwonona. Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole mu bubi. Amina.

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, gwamanyi emitima gyabantu bona, nebigambo byebagala, era atakisibwa byama byona; Longosa okulowoza kwomumitima gyafe, ngosamu Omwoyowo Omutukuvu, tukwagalire dala, tutendereze Erinyalyo etukuvu nga bwekitugwanira; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Omukade nalyoka ayatula Amateka Ekumi gona nedobozi eriwulikika, ngakyukide eri abantu; abantu nga bakyafukamide, buli teka bwerimalibwanga okusomebwa, basabenga Katonda okubasasira olwokulisobya okweda, nokubawa ekisa okulikwatanga ebiro ebigenda okuja, bwebati.*

OMUWEREZA.

KATONDA yayogera ebigambo bino nagamba nti Nze Mukama Katondawa; Tobanga na Bakatonda balala wendi.

Digitized by Google

*Abantu.* Ai Mukama, otusasire, okyuse emitima gyafe tuwulire eteka eryo.

*Omuwereza.* Tewekoleranga kifananyi kibaje kyona, newakubade ekifananyi kyekintu kyona, ekiri wagulu mu gulu, newakubade wansi ku taka, newakubade mu mażi agali wansi wetaka. Tobivunamiranga ebyo; tobisinzanga; kubanga Nze Mukama Katondawo ndi Katonda wa bugya, era mbiwalana ku bana ebibi bya bajaja babwe, okutusa ku mugigi ogwabantu abankyawa ogwabanakasatwe nogwabanakana, era mbadiramu (emigigi) egyabantu nkumi na nkumi abanjagala, abakwata amateka gange.

*Abantu.* Ai Mukama, otusasire, okyuse emitima gyafe tuwulire eteka eryo.

*Omuwereza.* Tolairiranga bwerere linya lya Mukama Katondawo; kubanga Mukama talirema kumusako omusango omuntu alairira obwerere erinyalye.

*Abantu.* Ai Mukama, otusasire, okyuse emitima gyafe tuwulire eteka eryo.

*Omuwereza.* Jukira okutukuza olunaku lwa Sabiti. Enaku omukaga okolanga nomala emirimugyo gyona; naye olunaku olwomusanvu ye Sabiti ya Mukama Katondawo. Olunaku olwo tolukolerangako mirimu gyona; ke gwe nyini, newakubade mwanawo omulenzi, newakubade muwalawo, newakubade muduwo, newakubade mukaziwo, newakubade bisolobyo, newakubade munagwanga ali ewuwo. Kubanga mu naku omukaga Mukama mweyatondera egulu, nensi, nenyanja, nebintu byona ebirimu, nawumulira ku lunaku olwomusanvu; Mukama kyeyava aluwa omukisa olunaku lwa Sabiti nalutukuza.

*Abantu.* Ai Mukama, otusasire, okyuse emitima gyafe tuwulire eteka eryo.

*Omuwereza.* Kitawo ne nyoko obasangamu ekitibwa; enakuzo zibe nyingi munsi gyeyakuwa Mukama Katondawo.

*Abantu.* Ai Mukama, otusasire, okyuse emitima gyafe tuwulire eteka eryo.

*Omuwereza.* To'tanga.

Digitized by Google

*Abantu.* Ai Mukama, otusasire, okyuse emitima gyafe tuwulire eteka eryo.

*Omuwereza.* Toyendanga.

*Abantu.* Ai Mukama, otusasire, okyuse emitima gyafe tuwulire eteka eryo.

*Omuwereza.* To'banga.

*Abantu.* Ai Mukama, otusasire, okyuse emitima gyafe tuwulire eteka eryo.

*Omuwereza.* Towairizanga muntu mu'no.

*Abanta.* Ai Mukama, otusasire, okyuse emitima gyafe tuwulire eteka eryo.

*Omuwereza.* Tewegombanga nyumba ya muntu mu'no tewegombanga mukazi wa muntu mu'no, newakubade muduwe, newakubade muzanawe, newakubade nteye, newakubade ndogoiye, newakubade ekintu kyona ekya muntu mu'no.

*Abantu.* Ai Mukama, otusasire, tukwegairide owandike amatekago ago gona mu mitima gyafe.

¶ *Okusaba okumu ku kuno kwombi okwa Kabaka nekulyoka kusomebwa, Omukade ngaimiride ngoluberyeberye, era ngayogera nti*

Tusabe.

KATONDA Ainza-byona, alina obwakabaka obutaligwawo, namanyi agatagereka; Sasira Ekanisa yona; ofuge bwotyo omutima gwomuduwo omulonde *DAUDI* kabaka wafe atufuga, ategere bwali omuwerezawo, agoberere etendolyo nekitibwayo okusinga byona; nafe nabantube bona tujukire obuinzabwe bwebuva gyoli tumuwerezenga nobwesigwa, tumusengamu ekitibwa, tumuwulirenga nobuwombefu, mugwe era kububwo, nga Ekigambokyo ekyomukisa nekiragirokyo bwebiri; kubwa Isa Masiya Mukama wafe, abera omulamu afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, Katonda omu enaku zona, emirembe nemirembe. *Amina.*

Digitized by Google

*Oba,*

KATONDA Ainza-byona atagwawo, Ekigambokyo ekitukuvu kituigiriza ngemitima gya Bakabaka gwogifuga; era gwogirung'amya gwogikyusa nga bwosima obulungi mu magezigo aga Katonda; tukwegairira nobuwombefu okulung'amya nokufuga bwotyo omutima gwa *DAUDI* omuduwo, Kabaka wafe atufuga, mu byona byalowoza, byayogera, byakola, alyoke agoberere etendolyo nekitibwakyo, anyikire okubera abantubo bewamuteresa, babe nomukisa, nemirembe, nokutya Katonda; tuwe ebyo, ai Kitafe owokusasira, Kubwomwanawo omwagalwa, Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Okusaba okwokulunaku nekulyoka kwogerwa. Okusaba bwekugwa Omukade nalyoka asoma Ebaluwa, ngayogera nti* Ebaluwa (*oba nti* Ekitundu Kyebyawandikibwa ekyalagirwa mu kifo Kyebaluwa) yawandikibwa mu sula *gundi* eya *gundi* okusokera ku lunyiriri *gundi*. *Era Ebaluwa bwegwa nayogera nti* Ebaluwa ekomye wano. *Nalyoka asoma Enjiri* (*abantu bona nga baimiride*) *ngayogera nti* Enjiri entukuvu yawandikibwa mu sula *gundi* eya *gundi* okusokera ku lunyiriri *gundi*. *Enjiri bwegwa Nzikiriza eno nebagiimba oba nebagyogera, abantu nga bakyaimiride, ngoluberyeberye.*

NZIKIRIZA Katonda omu Kitafe Ainza-byona, Omutonzi wegulu Nensi, era webintu byona ebirabika nebitalabika;

Era ne Mukama omu Isa Masiya, Omwana eyazalibwa omu yeka Katonda, Eyazalibwa Kitawe Ensi zona nga tezinabawo, Katonda ava mu Katonda, Omusana oguva mu Musana, Katonda dala ava mu Katonda dala. Eyazalibwa, teyatondebwa, alina okubera okumu ne Kitafe; Ye yatonda ebintu byona; Ye yava mu gulu na'ka kulwafe abantu nolwobulokozi bwafe, natwalira omubiri Kubwomwoyo Omutukuvu mu muwala atamanyi musaja Malyamu, Nafuka omuntu nakomererwa

Digitized by Google

ku musalaba ku mirembe gya Pontio Pirato kulwafe, Na'tibwa, nazikibwa, Olunaku olwokusatu nazukira mu bafu nga bwekyawandikibwa, Nagenda mu gulu. Era atude ku mukono ogwadyo ogwa Kitafe. Era alivayo okukomawo nekitibwa okusala omusango gwabalamu nabafu; Obwakabakabwe tebuligwawo.

Era nzikiriza Omwoyo Omutukuvu, Mukama, era Omugabi wobulamu, Ava mu Kitafe ne mu Mwana, Asinzibwa, atendererezebwa awamu ne Kitafe Nomwana, Eyayogera mu Banabi. Nzikiriza Nekanisa emu Enkatolika Eyabatume. Njatula okubatizibwa okumu okugyako ebibi, Era nsubira Okuzukira kwabafu, Nobulamu obwomumirembe egigenda okuja. Amina.

¶ *Omuwereza nalyoka abulira abantu enaku enkulu bweziri oba za kusība ezokwekumibwa mu naku omusanvu ezigenda okuja. Era alalike Okusekimu obanga bagenda okukugaba; era ebyemisango nebyokugoba abantu mu Kusekimu bisomebwe. Era ekigambo tekirangirirwanga muntu mu Kanisa, mu kisera ekyokusinza Katonda, wabula Omuwereza; era naye talangiranga kigambo kyona wabula ekiragirwa mu Kitabo kino, oba Kabaka kyalagira, oba Omulabirizi oba musigirewe.*

¶ *Okubulira nekulyoka kutuka, oba ekimu kwebyo ebisomebwa ebyalagirwa, oba ebiriragirwa eda abalina obuinza.*

¶ *Omukade nalyoka akomawo eri Emeza ya Mukama wafe, nakung'anyisa ebiwebwa eri Katonda, ngayogera ku bigambo bino oba kimu oba bingi, nga bwasima obulungi yeka.*

OMUSANA gwamwe gwakenga bwegutyo mu maso gabantu, balabe ebigambo ebirungi byemukola, balyoke bagulumize Kitamwe ali mu gulu. *Mat.* v.

Temweterekeranga bintu Kunsi, kwebyononekera nenyenje nobutalage, nababi kwebasimira neba'ba; naye mweterekerenga ebintu mu gulu, mwebitayono-

Digitized by Google

nekera nenyenje newakubade obutalage, so naba'bi mwebatasimira, so teba'ba. *Mat.* vi.

Kale byona byemwagala abantu okubakolanga mwe, namwe mubakolenga bo bwemutyo: kubanga ekyo ge Mateka ne Banabi. *Mat.* vii.

Buli muntu angamba nti Mukama wange, Mukama wange, siyaliingira mu bwakabaka obwomugulu, wabula akola Kitange ali mu gulu byayagala. *Mat.* vii.

Zakayo naimirira nagamba Mukama wafe nti Laba, Mukama wange, ekitundu kyebintu byange mbawa abavu; obanga nalyazamanyanga omuntu yena ekintukye, muliira emirundi ena. *Luk.* xix.

Ani agenda okutabala yona yona natabaza ebintubye ye? ani asimba olusuku natalya ku mere yamu? oba ani alunda ekisibo natanywa ku mata gekisibo? 1 *Kol.* ix.

Obanga fe twabasigamu ebyomwoyo, kya kitalo fe bwetulikungula ebyamwe ebyomubiri? 1 *Kol.* ix.

Temumanyi ngabo abawereza ebitukuvu balya ku byomuyekalu, nabo abawereza ku kyoto bagabana nekyoto? Era ne Mukama wafe bwatyo yalagira ababulira enjiri balisibwenga olwenjiri. 1 *Kol.* ix.

Asiga entono, alikungula ntono; era asiga enyingi, alikungula nyingi. Buli muntu akolenga nga bwamaliride mu mutimagwe; si lwa naku, newakubade olwokuwalirizibwa: kubanga Katonda ayagala oyo agaba nesanyu. 2 *Kol.* ix.

Aigirizibwa ekigambo asenga ekimu noyo aigiriza mu birungi byona. Temulimbibwanga; Katonda tasekererwa: kubanga omuntu kyona kyasiga era kyalikungula. *Bag.* vi.

Kale, bwetunalabanga ebanga, tubakolenga obulungi bona, naye okusinga abo abali mu nyumba eyokukiriza, *Bag.* v.

Okutya Katonda wamu nobutayayana ge magoba amangi: kubanga tetwaleta kintu munsi, kubanga era tetuinza kugyamu kintu. 1 *Tim.* vi.

Obalagire abagaga abomumirembe gya kakano babere

Digitized by Google

bagabi, basenga kimu; nga beterekera ekyobugaga ekyokuimako ekyomubiro ebigenda okuja, balyoke banyuweze obulamu obutagwawo. 1 *Tim.* vi.

Katonda si atali mutukirivu okwerabira omulimu gwamwe nokwagala kwemwalaga eri erinyalye, bwemwawereza abatukuvu, era mukyawereza. *Beb.* vi.

Okukola obulungi nokukanya temwerabiranga: kubanga sadaka eziri ngezo zimusanyusa nyo Katonda. *Beb.* xiii.

Buli alina ebintu ebyomunsi, natunulira mugandawe nga yetaga, namugalirawo ememeye, okwagala kwa Katonda kubera kutya muye? 1 *Yok.* iii.

Gabanga ku bintubyo, so tokubanga nkona mwavu yena; bwatyo ne Mukama talikuba gwe nkona. *Tobiti* iv.

Sasira nga bwoinza. Bwoba nebingi, gabanga bingi; bwoba nebitono, fubanga okugaba ku bitono ebyo nesanyu; kubanga wekunganyiza bwotyo empera nungi eyokulunaku olwokwetagirako. *Tobiti* iv.

Asasira omwavu awola Mukama, era alimusasula nate ekikolwakye ekirungi. *Nge.* xix.

Aweredwa omukisa oyo ajukira omwavu: Mukama alimulokola ku lunaku olwakabi. *Zab.* xli.

¶ *Bwebaba nga bakyasoma ebigambo ebyo, Abadikoni oba Bakumi be kanisa, oba balala abalagirwa emirimu gino, bakung'anyizenga ebiwebwayo ebyabavu, nebirala abantu byebawayo, mu kintu ekirungi ekyomulimu ogwo; babiretenga nobuwombefu eri Omukade, naye abiwengayo nobuwombefu ngabiteka ku Meza entukuvu.*

¶ *Era bwewabangawo Okusekimu, Omukade, nalyoka ateka ku Meza Omugati Nomwenge nga bwalowoza ebinamala. Bwanamalanga okukola bwatyo, Omukade nalyoka ayogera nti*

Tusabire Ekanisa ya Masiya yona erwana olutalo munsi muno.

AI Katonda Ainza - byona atafa, eyatuigirizisa Omutumewo omutukuvu okusabiranga

Digitized by Google

abantu bona nokubegaiririranga nokubebalizanga; tukwegairide nobuwombefu olwokusasirakwo (* *okukiriza byetukuwade era*) okuwulira byetusabye bino byetuletede gwe, Katonda omukulu; nga tukwegairira okufuka ku Kanisa eri munsi zona omwoyo ogwamazima nogwokukanya nogwokutabagana; era tuwe bona abātula erinyalyo etukuvu, batabagane mu mazima Gekigambokyo ekitukuvu, babere mu kukanya nokwagalana okuva eri Katonda. Tukwegairide nate okulokola nokukuma Bakabaka Abamasiya bona Nabalangira Nabamasaza; era okusinga bona Omuduwo *DAUDI* Kabaka wafe; atufuge emirembe awatali kuyomba; era obawe abakungube bona, nabo bona bawa obwami, basalenga emisango egyensonga awatali kusaliriza, babonereze abakola obubi, banyuweze ediniyo eyamazima nempisa enungi. Ai Kitafe owomugulu, bawe ekisa Abalabirizi bona Nabawereza, bolese Ekigambokyo ekyamazima ekyobulamu mu mpisa zebaisa era ne mu kuigiriza kwabwe, era bagabenga bulungi Esakalamentozo entukuvu nga bwekibagwanira; era nabantubo bona bawe ekisakyo ekiva mu gulu; era okusoka ekibina kino ekiri wano; bawulire Ekigambokyo. ekitukuvu nomutima ogwobuwombefu ogukutya obulungi bakikirize; nga bakuwereza nobutukuvu nobutukirivu enaku zona ezobulamu bwabwe. Era tukwegairide, ai Mukama, nobuwombefu obungi, olwobulungibwo okusanyusa nokubera abo bona abakwatibwa enaku zona zona, abetaga, abalwade, munsi muno eyokugwawo. Era twebaza Erinyalyo etukuvu olwabadubo bona abava mu bulamu buno nga bakukiriza nga bakutya; nga tukwegairira okutuwa nafe ekisa tugoberere engeri zabwe enungi, tulyoke tusekimu wamu nabo mu bwakabakabwo obwomugulu; tuwe ebyo, ai Kitafe, kubwa Isa Masiya, Omutabaganya wafe omu yeka era Omuwolereza wafe. *Amina.*

* *Buewatabangawo kukung'anya ebiwebwayo, ebigambo bino nti* (okukiriza byetukuwade era) *birekebwenga.*

¶ *Omuwereza bwalalikanga okugaba Okusekimu okutukuvu (era akolenga bwatyo ku Sabiti oba ku lunaku olukulu*

*olulala olusoka lwaligabirako) okubulirwa bwekugwanga, nalyoka asoma okubulirira kuno.*

ABAGALWA enyo, ku lunaku *gundi* oluja njagala, Katonda bwalimbera, okugabira bona abaliba benenyeża era nga bewombese Esakalamento Eyomubiri Nomusai gwa Masiya esanyusa enyo; bagitole nga bajukira okukomererwakwe nokufakwe okwatutangirira; okutuwesa kwoka okusonyibwa ebibi byafe, nokusekimu mu bwakabaka obwomugulu. Kyekivude kitugwanira okwebaliza dala nobuwombefu Katonda Ainza-byona Kitafe owomugulu, kubanga yatuwa Omwanawe Omulokozi wafe Isa Masiya okutufirira, era naye nokutulisa nokuba emere yafe eyomwoyo mu Sakalamento eyo entukuvu. Era kubanga kye kigambo ekyesanyu eringi era ekyavira dala eri Katonda eri abo abakitola nga bwekibagwanira, era kya kabi kanene eri abo abayang'anga okukitola nga tebakisanira; kyekiva kingwanira okubabulirira okulowoza mu naku ezikyasigadeyo akabonero ako akatukuvu bwekali akakulu, era akabi bwekali akanene eri abo abakatola nga tebakasanira; era mukeberere dala emitima gyamwe, so si nga mwanguiriza so si nga mukusakusa Katonda, naye mu mazima, mulyoke muje eri Embaga eyomugulu eyenkanide awo obukulu nga batukuvu era balongofu, nga mwambade ekyambalo ekyobugole, Katonda kyalagira mu Byawandikibwa ebitukuvu, mwānirizibwe ngabagenyi abalungi ku Meza eyo entukuvu.

Bwemwagala okukola bwemutyo, okutegeza kukuno; musoke okukebera empisa zamwe zemuisa nga muzigerera ku mateka ga Katonda; era bwemunalaba ekigambo kyona kyemusobeża, mu kwagala oba mu kwogera oba mu kukola, amangwago munakuwalire okwonona kwamwe, mwatule eri Katonda Ainza-byona, nga mumaliride dala okuisa empisa empya. Era bwemunalaba nga temusobeża Katonda yeka, era naye ne banamwe; mumale okutabagana nabo; nga mukiriza okubagata nokubanyigulula, mu

Digitized by Google

byona dala byemuinza, olwokwonona kwona nokusobya kwemwasobya omuntu yena; era nga mukiriza okubasonyiwa ababayonona mwe, nga bwemwagala Katonda okubasonyiwa mwe okwonona kwamwe; bwemutalikola bwemutyo, okugabirwa Okusekimu okutukuvu kulyongerako bwongezi omusango gwamwe. Kale obanga waliwo mumwe avola Katonda, aziiza oba awairiza Ekigambokye, omwenzi, omukyai oba wa bugya oba alina okwonona okulala okunene, mwenenye ebibi byamwe, oba mulekeyo okuja eri Emeza eyo entukuvu; bwemulimala okugabirwa Esakalamento eyo entukuvu Setani aleme okuingira mumwe, nga bweyaingira mu Yuda, okubajuza obutali butukirivu bwona, okubazikiriza emibiri gyamwe era nobulamu bwamwe.

Era kubanga kirungi omuntu yena alemenga okuja eri Okusekimu okutukuvu, nga teyesigira dala kusasira kwa Katonda, nga nomwoyogwe si muterevu; kale obanga waliwo mumwe atainza kutereza mwoyogwe bwatyo mu kigambo kino, naye ngakyabulako okusanyusibwa nokumuwa amagezi, aje gyendi, oba eri Omuwereza omulala Owekigambo kya Katonda, owamagezi omuizi, amutegeze ekimunakuwaziża; olwokuwereza Kwekigambo kya Katonda ekitukuvu awebwe okusonyibwa ebibi, era awebwe amagezi mu bigambo bya Katonda, omwoyogwe guterere, okutya kwona nokubusabusa kwona kugwewo.

¶ *Oba, bwalaba abantu nga bagayala okuja eri Okusekimu okutukuvu, alekenga okusoma okubulirira okusose, asomenga kuno.*

ABOLUGANDA abagalwa enyo, ku lunaku *gundi* njagala mu kisa kya Katonda okugaba Emere ya Mukama wafe; gyembaitira mwena abali wano mu linya lya Katonda; era mbegairira kubwa Mukama wafe Isa Masiya muleme okugana okuja, Katonda ye nyini ngabaita nokwagala okwenkanide awo. Mumanyi bwekiri ekigambo ekizibu ekyetima, omuntu ngamaze okutegeka

Digitized by Google

embaga enungi, edirolye nga lijude ebyokulya ebyengeri zona, nga tewaliwo kintu kibuzewo wabula abagenyi abokutula ku mere; naye abo abaitibwa nebagana okuja songa tebalina nsonga ebaganyisa naye bakambaga bukambazi. Ani mumwe atandinyigide abakola bwebatyo? Ani atandirowozeża nga bamusobeża nyo bamwononye nyo? Kale, abagalwa enyo nyini mu Masiya, mwekume nyo muleme okweretera obusungu bwa Katonda bwemuligana okuja eri Emere eno entukuvu. Omuntu ainza okwogera nti Sija kusa kimu kubanga nina emitawana egyomuunsi, gye gindobede; naye Katonda takiriza mangu bigambo ebifanana bwebityo. Omuntu yena bwayogera nti Nina ebibi bingi, kyenvude ntya okuja; kale kiki ekibalobera okubyenenya nokubireka? Katonda bwabaita, ensonyi tezibakwata okwogera nti Tetuje? Bwekibagwanira okukomawo eri Katonda, mwagala okwetawanya, nga mwogera nti Tetunetekateka? Mulowoleze dala mu meme zamwe ebigambo ebyobulimba ebiri bwebityo bwebitagenda kuinza mu maso ga Katonda. Abagana okuja eri embaga mu Njiri, kubanga bali baguze ekyalo, oba bagala okukema ente zabwe, oba kubanga bali bawasiża, tebasinga musango bwebatyo, naye babalibwa nga tebasanide mbaga eyomugulu. Nze kubwange ndyetekateka; era, nga omulimu gwange bweguli, mbalagira mu linya lya Katonda, nyima mu kifo kya Masiya okubaita, mbabulirira, nga bwemwagala okulokoka mweka, okugabirwa Okusekimu kuno okutukuvu. Nga Omwana wa Katonda bweyakiriza okuwayo obulamubwe mu kufira ku musalaba okubalokola; era namwe kibagwanira bwekityo okugabirwa Okusekimu okujukiza sadaka eyokufakwe, nga bweyalagira ye nyini; bwemulireka okukola bwemutyo, mulowoze mu meme zamwe bwemumusobya enyo Katonda, nokubonerezebwa bwekuli okunene okuja okugwa ku mitwe gyamwe olwekyo; bwemugana obuganyi okuja eri Emeza ya Mukama wafe, nemwawukana ne baganda bamwe, abaja okulya ku mbaga eyemere eyo eyomugulu dala.

Digitized by Google

Bwemunalowoza enyo ebigambo ebyo, ekisa kya Katonda kinabakomyawo mu magezi aga'kira obulungi; nafe tetulirekayo kwegairira nobuwombefu Katonda Ainza-byona Kitafe owomugulu muwebwe ekisakyo ekyo.

¶ *Bwebaba nga banatera okugaba Okusekimu, abagenda okugabirwa nga bategekedwa bulungi okuwebwa Esakalamento eno entukuvu, Omukade nayogera okubulirira kuno.*

ABAGALWA enyo mu Mukama wafe, mwe abăgala okuja eri Okusekimu okutukuvu Okwomubiri Nomusai Ogwomulokozi wafe Masiya, kibagwanide okujukira Paulo omutukuvu bweyabulira abantu bona okwekebera nokwebuza nga tebanagezako kulya ku Mugati ogwo, nokunywa ku Kikompe ekyo. Kuba omukisa nga bweguli omungi, bwetutola Esakalamento eyo entukuvu nomutima ogwenenyeża amazima era nga tulina nokukiriza okulamu, (kubanga tulira bwetutyo mu myoyo gyafe omubiri gwa Masiya, tunywa bwetutyo omusaigwe; tubera bwetutyo mu Masiya, ne Masiya mufe; tuli omu ne Masiya, ne Masiya nafe); era nomusango bweguli omunene bwegutyo, bwetugitola nga tetusanide. Kubanga tuża musango Gwomubiri Nomusai gwa Masiya Omulokozi wafe; tulya era tunywa musango gwafe, bwetutalowoza Mubiri gwa Mukama wafe; tumusunguwaza Katonda; tumukabiriza okutulwaza endwade enyingi nolumbe olungi. Kale, aboluganda, mwesalire omusango, Mukama wafe aleme okusala omusango gwamwe; mwenenyeze dala ebibi byamwe byemwakola eda; mube nokukiriza okulamu okunyuwevu eri Masiya Omulokozi wafe; mulongose empisa zamwe, mwagalanire dala nabantu bona; bwemunakola bwemutyo munasekimu nga musanide obubonero buno obutukuvu. Era okusinga byona kibagwanide okumweyanziza dala nobukakamu namazima Katonda, Kitafe Nomwana Nomwoyo Omutukuvu, kubanga yanunula Ensi olwokufa nokulumwa Kwomulokozi wafe Masiya, ye Katonda era omuntu; eyeto-

Digitized by Google

waza bwatyo nokukiriza nakiriza okufira ku musalaba kulwafe, abanaku abalina ebibi, abali mu kizikiza ne mu kisikirize kyolumbe; atufule abana ba Katonda, atugulumize mu bulamu obutagwawo. Nafe tulyoke tujukire bulijo okwagala okungi enyo okwa Mukama wafe Isa Masiya eyatulokola yeka, bweyatufirira, nebirungi ebitabalika byeyatugulira bweyayiwa omusaigwe ogwomuwendo omungi; kyeyava alagira natekawo obubonero obutukuvu okuba omusingo gwokwagalakwe, nokujukizanga enaku zona okufakwe, tusanyuke nyo obutamala. Kale, tumweyanze bulijo, awamu ne Kitafe Nomwoyo Omutukuvu, nga bwekitugwanira enyo; nga tugonderera dala ebigambo ebitukuvu byona byayagala byasīma, era nga tunyikira okumuwerezanga mu butukuvu obwamazima ne mu butukirivu enaku zona ezobulamu bwafe. *Amina.*

¶ *Omukade nalyoka agamba abo abaja okuwebwa Okusekimu okutukuvu nti*

MWE abenenyereża dala amazima ebibi byamwe, era abāgalana ne banamwe, era abamaliride okukwata empisa empya, nga muwulira amateka ga Katonda, nokutambulira mu makuboge amatukuvu kakano nenaku zona; musembere nga mukiriza, mutole Esakalamento eno entukuvu ebasanyuse; mwatulire ebibi byamwe Katonda Ainza-byona nemyoyo emikakamu, nga mufukamide amavivi gamwe nobuwombefu.

¶ *Omu ku Bawereza nalyoka ayogera okwatula kuno okwabantu bona, kubwabwe bona abāgala okuwebwa Okusekimu Okutukuvu; ye nabantu bona nga bafukamide amavivi gabwe, nga bogera nti*

KATONDA Ainza-byona, Kitawe wa Mukama wafe Isa Masiya, Omutonzi webintu byona, asala omusango gwabantu bona; twatula tunakuwalira ebibi byafe nokwonona kwafe okungi bwetwakakoze obubi enyo mu bigambo byetwakalowozeża, ne byetwakogede, ne byetwakakoze, nga tunyoma ekitibwa

Digitized by Google

Kyobwakatondabwo; kyetuvude tusanira enyo obusungubwo nekiruwikyo. Twenenyereża dala, tunakuwade nyo olwebibi byafe ebyo; bwetubijukira emyoyo gyafe gituluma; obuzito bwabyo butulemye. Otudiremu, Otudiremu, Ai Kitafe owekisa kyona; Kubwomwanawo Mukama wafe Isa Masiya otusonyiwe byona byetwakakoze; Otuwe omukisa tukuwerezenga, tukusanyusenga mu mpisa empya kakano nenaku zona, Erinyalyo ligulumizibwe, litenderezebwe; Kubwa Isa Masiya Mukama wafe. Amina.

¶ *Omukade (oba Omulabirizi, bwabawo) nalyoka aimirira, nakyukira eri abantu, nayogera Okusonyibwa kuno.*

KATONDA Ainza-byona, Kitafe owomugulu, eyasubiza olwekisakye ekingi okubasonyiwa bona aba'da gyali nga benenyereża dala era nga bakiriza mazima; Abasasire mwe; abasonyiwe abalokole mu bibi byamwe byona; abanyuweze abawe amanyi mu birungi byona; abatuse mu bulamu obutagwawo; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Omukade nalyoka ayogera nti,*

Muwulire ebigambo ebyesanyu Omulokozi wafe Masiya byagamba bona abamukyukira amazima.

MUJE gyendi, mwe mwena abakoye era abazitoweredwa, nange nabawumuza. *Mat.* xi. 28.

Katonda yayagala Ensi bwati nokuwayo nawayo Omwanawe eyazalibwa omu yeka, buli muntu yena amukiriza aleme okubula, naye abere nobulamu obutagwawo. *Yok.* iii. 16.

Muwulire nate Paulo Omutukuvu bwayogera nti

Ekigambo kyesigwa, era ekisanira okukikiriza kwona nti Masiya Isa yaja munsi okulokola abalina ebibi. 1 *Tim.* i. 15.

Muwulire nate Yokana Omutukuvu bwayogera nti

Omuntu yena bwakola ekibi, tulina Omuwolereza eri Kitafe, Isa Masiya Omutukirivu; noyo gwe mutango olwebibi byafe. 1 *Yok.* ii. 1.

Digitized by Google

¶ *Omukade nalyoka yeyongera okwogera nti*

Muimuse emitima gyamwe.
*Okudamu.* Tugiimusa eri Mukama.
*Omukade.* Tweyanze Mukama Katonda.
*Okudamu.* Okukola bwekutyo kulungi, kusana.

¶ *Omukade nalyoka akyukira eri Emeza ya Mukama wafe, nayogera nti*

KIRUNGI, kisana nyo, kitugwaniride dala okukweyanza ebiro byona ne mu bifo byona, ai Mukama, [* Kitafe Omutukuvu], Katonda Ainza-byona atagwawo.

* *Ebigambo ebyo* [Kitafe Omutukuvu] *tebisomebwanga ku lunaku* Olwobusatu.

¶ *Ebisokerwako bino nebiryoka bisomebwa ebyolunaku nga bweruli, obanga lulina ebyalwo ; obanga terulina, bino nebisomebwa amangwago.*

NAFE awamu ne Bamalaika ne Bamalaika abakulu, nekibina ekyomugulu kyona, kyetuva tusuta, tugulumiza Erinyalyo eryekitibwa ; nga tukutendereza obutamala, nga tugamba nti Omutukuvu, Omutukuvu, Omutukuvu, Mukama Katonda owegye, egulu nensi bijude ekitibwakyo ; Owebwe ekitibwa, ai Mukama ali wagulu enyo. *Amina.*

## EBISOKERWAKO EBYALAGIRWA.

*Ku lunaku* Olwokuzalibwa kwa Mukama wafe, *ne ku naku omusanvu ezirudirira.*

KUBANGA wawayo Isa Masiya Omwanawo omu yeka okuzalibwa kulwafe nga mu biro bino ; eyawebwa obuntu dala mu manyi Gomwoyo Omutukuvu ngabugya mu mubiri Gwomuwala Malyamu nyina ; era nga taliko bala lya kibi, okutunaliza dala fe mu bibi byona. Nafe awamu ne Bamalaika, *nebirala.*

*Ku lunaku* Olwokuzukira kwa Mukama wafe, *ne ku naku omusanvu ezirudirira.*

NAYE okusinga byona kitugwanira okukutendereza olwokuzukira Kwomwanawo Isa Masiya Mukama

Digitized by Google

wafe okwekitibwa; kubanga oyo ye mwana wendiga daladala Owokuitako, eyawebwayo kulwafe, era eyagyawo ekibi kyensi zona; eyazikiriza okufa mu kufakwe, era eyatukomezawo obulamu obutagwawo mu kuzukirakwe. Nafe awamu ne Bamalaika, *nebirala.*

*Ku lunaku* Olwokugenda mu gulu kwa Mukama wafe, *ne ku naku omusanvu ezirudirira.*

KUBWOMWANAWO omwagalwa enyo Isa Masiya Mukama wafe; bweyamala okuzukira nekitibwa ekingi eyalabikirira dala mu lwatu Abatumebo bona, era bo nga bamutunulira nalinya mu gulu okutulongoseza ekifo; tulyoke tulinye nafe gyali, tufugire wamu naye mu kitibwa. Nafe awamu ne Bamalaika, *nebirala.*

*Ku lunaku lwa* Pentekote, *ne ku naku omusanvu ezirudirira.*

KUBWA Isa Masiya Mukama wafe; eyasubiza ekyamazima dala nti Omwoyo Omutukuvu alija, naye naja nga'ka okuva mu gulu, nga mu biro bino, amangwago nokuwuma okunene, okwali ng'anga kibuyaga omungi, ngafanana ngenimi .zomuliro, ezagwa ku Batume, okubaigiriza nokubalung'amiza mu mazima gona; ngabawa okwogera enimi endala, era nobugumu nobunyikivu obungi okubulira amawanga gona Enjiri obutamala; eyatugya mu nzikiza nokukyama okuingira mu musana ogwaka nokumanya gwe amazima Nomwanawo Isa Masiya. Nafe awamu ne Bamalaika, *nebirala.*

*Ku lunaku* Olwobusatu *lwoka.*

GWE Katonda omu, Mukama omu, si Peresona omu yeka, naye Baperesona basatu mu kubera okumu. Kuba nga bwetukiriza Kitafe ngalina ekitibwa, era tukiriza bwetutyo nekitibwa Ekyomwana, Nekyomwoyo Omutukuvu, awatali kwawulibwa newakubade obutenkana. Nafe awamu ne Bamalaika, *nebirala*



Digitized by Google

¶ *Buli kitundu kwebyo bwekigwa bino nebiryoka biimbibwa oba nebyogerwa, nti*

NAFE awamu ne Bamalaika ne Bamalaika abakulu, nekibina ekyomugulu kyona, kyetuva tusuta, tugulumiza Erinyalyo eryekitibwa; nga tukutendereza obutamala, nga tugamba nti Omutukuvu, Omutukuvu, Omutukuvu, Mukama Katonda owegye, egulu nensi bijude ekitibwakyo; Owebwe ekitibwa, ai Mukama ali wagulu enyo. *Amina.*

¶ *Omukade nalyoka afukamira awali Emeza ya Mukama wafe nayogera kubwabwe bona abagenda okuwebwa Okusekimu okutukuvu okusaba kuno.*

AI Mukama owekisa, tetwang'anga kusembera awali Emezayo eno nga twesiga obutukirivu bwafe, wabula okusasirakwo okunene okungi. Tetusanira na kukung'anya bukunkumuka obuli wansi Wemezayo. Naye gwe Mukama atajululajulula alina ekisa bulijo nebiro byona; ai Mukama amuli owekisa, tuwe omukisa tulye bwetutyo Omubiri Gwomwanawo omwagalwa Isa Masiya, tunywe bwetutyo Omusaigwe, emibiri gyafe egirina ebibi girongosebwe Omubirigwe, nobulamu bwafe bunazibwe Omusaigwe ogwomuwendo omungi enyo, tubere muye, naye abere mufe emirembe nemirembe. *Amina.*

¶ *Omukade, bwaimirira mu maso Gemeza, bwamala okutegeka bwatyo Omugati Nomwenge ainze okumenyeramenyera Omugati mu maso gabantu, nakwata Ekikompe mu ngaloze obulungi awatali kutegana, nalyoka ayogera Okusaba Okwokwawula bwati.*

KATONDA Ainza-byona, Kitafe owomugulu, olwekisakyo ekingi eyawayo Omwanawo omu yeka Isa Masiya okutununula ngafira ku musalaba, kweyawera omulundi ogumu sadaka emu enamba, entufu, etābulako, eyamalira dala, okutangirira ebibi byensi zona nokubigyawo; natekawo ekijukizo ekyokufakwe okwo okwomuwendo omungi ekitaligwawo okutusa lwalikomawo, nalagira mu njiriye entukuvu

okukikwatanga; ai Kitafe owekisa, tukwegairide nobuwombefu otuwulire; tuwe fe bwetunatola ebitondebyo bino omugati nomwenge, Omwanawo Omulokozi wafe Isa Masiya nga bweyalagira, nga tujukira okufakwe, bwebamu'ta, tugabirwe Omubirigwe ogulina omukisa omungi Nomusaigwe; ekiro kiri kyebamuliramu olukwe, * yadira omugati; bweyamala okwebaza, † nagumenyamenya, nagabira abaigirizwabe, nagamba nti Mutole, mulye, ‡ guno gwe Mubiri gwange oguweredwayo kulwamwe; mukolenga bwemutyo okujukira nze. Era bwebamala okulya § nadira bwatyo ekikompe; bweyamala okwebaza, nabagabira, nagamba nti Munywe mwena ku guno; kubanga ‖ guno gwe Musai gwange Ogwondagano Empya, oguyise kulwamwe ne kulwabantu abangi okugyawo ebibi; Mukolenga bwemutyo, buli lwemunagunywangako okujukira nze. *Amina.*

* *Wano Omukade akwate mu ngalo Akabo.*

† *Era wano amenyemenye Omugati.*

‡ *Era wano ateke engalo ku Mugati gwona.*

§ *Wano akwate ekikompe mu ngalo.*

‖ *Wano ateke engalo ku buli kintu (oba ku kikompe oba ku mudumu) omuli omwenge ogwokwawulibwa.*

¶ *Omuwereza nalyoka atola Okusekimu ku ngeri zombi yeka, nalyoka akugabira bwatyo Abalabirizi, Abakade, Nabadikoni (bwebabawo), nalyoka agabira nabantu kinomu, mu ngalo zabwe, bona nga bafukamide nobuwombefu. Bwagabira omuntu yena Omugati, nayogera nti*

OMUBIRI gwa Mukama wafe Isa Masiya, ogwawebwayo kululwo, gukukume omubirigwo nobulamubwo otuke mu bulamu obutagwawo. Tola olye guno ngojukira nga Masiya yakufirira, mulire mu mutimagwo nokukiriza nokwebaza.

¶ *Era Omuwereza bwawa omuntu yena ekikompe nayogera nti*

OMUSAI gwa Mukama wafe Isa Masiya, ogwayika kululwo, gukukume omubirigwo nobulamubwo otuke mu bulamu obutagwawo. Nywa ku guno, ngojukira nga Omusai gwa Masiya gwayika kululwo, era webaze.

Digitized by Google

¶ *Omugati oba Mwenge ebyawulidwa bwebigwawo bona nga tebanasa kimu, Omukade ayongerenga okwawula ebirala ngasoma ebigambo ebiragidwa ebisose; ngasokera ku bino nti* (Omulokozi wafe Masiya ekiro kiri) *okusabira Omugati omukisa; era ngasokera ku bino nti* (Era bwebamala okulya) *okusabina Ekikompe omukisa.*

¶ *Bona bwebamala okusekimu, Omuwereza nadayo awali Emeza ya Mukama wafe, nagisako nobuwombefu ebisigadewo ku byayawulidwa, nabibikako olugoye olutukula olwa bafuta.*

¶ *Omukade nalyoka ayogera Okusaba kwa Mukama wafe, abantu nga bamudamu buli kitundu.*

KITAFE ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje. Byoyagala babikole munsi, nga bwebabikola mu gulu. Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafe, nga fe bwetubasonyiwa abatwonona. Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole mu bubi. Kubanga obwakabaka, nobuinza, nekitibwa, bibyo, Emirembe nemirembe. Amina.

¶ *Na kuno nekulyoka kwogerwa.*

AI Mukama Kitafe owomugulu, fe abadubo abawombefu tukusaba nyo, kubanga gwe Kitafe omulungi, okukiriza nekisa sadaka yafe eno eyokutendereza nokwebaza, nga tukwegairira nobutefu fe awamu Nekanisayo yona, tusonyibwe ebibi byafe olwobulungi nokufa Ebyomwanawo Isa Masiya, kubanga twesiga omusaigwe, era tuwebwe nate ebirungi byona ebirala ebiva mu ku'tibwakwe. Ne kakano, ai Mukama, twewadeyo obulamu bwafe nemibiri gyafe gyoli, bibere mu masogo sadaka etugwanira, entukuvu, enamu; era tukwegairira nobutefu, fe fena abaweredwa okusekimu kuno okutukuvu, tujule ekisakyo nomukisagwo oguva mu gulu. Era newakubado nga tetusanide, olwebibi

Digitized by Google

byafe ebingi, okukuwa sadaka yona, naye tukwegairira okirize okuwereza kuno okutugwanirira dala; nga togera bulungi bwafe, naye ngotusonyiwa ebibi byafe, kubwa Isa Masiya Mukama wafe; kubwoyo era wamu noyo, mu bumu Bwomwoyo Omutukuvu, ekitibwa kyona netendo lyona bibe eri gwe, ai Kitafe Ainza-byona, emirembe nemirembe. *Amina.*

*Obakuno,*

KATONDA Ainza-byona, atafa, tukwebaliza dala mazima, kubanga okiriza okutulisa fe abaweredwa obulungi obubonero buno obutukuvu, nemere eyomwoyo gwe mubiri ogwomuwendo omungi nomusai Gwomwanawo Omulokozi wafe Isa Masiya; era otutegeza bwotyo bwotwagala bwotulaba nekisa; era nga tuli bitundu dala ebigatibwa mu mubiri ogwomwoyo Ogwomwanawo, kye kibina ekirina omukisa ekyabantu bona abakiriza, era nga tuli basika mu kusubira, abobwakabakabwo obutaligwawo, olwobulungi obwokufa Kwomwanawo omwagalwa okwomuwendo omungi. Era tukwegairira nobuwombefu, ai Kitafe owomugulu, okutubera bwotyo nekisakyo, tunyikire okubera mu kukanya okwo okutukuvu, era tukole ebikolwa ebirungi byona byewatutekeratekera okubitambuliramu; kubwa Isa Masiya Mukama wafe; awebwe wamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, ekitibwa kyona netendo lyona, emirembe nemirembe. *Amina.*

¶ *Nebalyoka bogera oba nebaimba,*

EKITIBWA kibe wagulu eri Katonda, nemirembe gibe munsi, nekisa kibe eri abantu. Tukutendereza, tukusuta, tukusinza, tukugulumiza, tukweyanza olwekitibwakyo ekinene, ai Mukama Katonda, Kabaka owomugulu, Katonda Kitafe Ainza-byona.

Ai Mukama, Omwana eyazalibwa omu yeka, Isa Masiya; ai Mukama Katonda, Omwana wendiga wa Katonda, Omwana wa Kitafe, agyawo ebibi byensi,

Digitized by Google

tusasire. Gwagyawo ebibi byensi, tusasire. Gwagya wo ebibi byensi, kiriza okusaba kwafe. Gwatude ku mukono ogwadyo ogwa Katonda Kitafe, tusasire.

Kubanga gwe weka gwe mutukuvu; gwe weka gwe Mukama; gwe weka, ai Masiya, wamu Nomwoyo Omutukuvu, oli wagulu nyo mu kitibwa kya Katonda Kitafe. *Amina.*

¶ *Omukade (oba Omulabirizi, bwabawo) nalyoka abasibula ngabasabira omukisa bwati.*

EMIREMBE gya Katonda, egisinga okutegerwa kwona, gibakume emitima gyamwe namagezi gamwe bireme okuva mu kumanya nokwagala Katonda Nomwanawe Isa Masiya Mukama wafe; nomukisa gwa Katonda Ainza-byona, Kitafe Nomwana Nomwoyo Omutukuvu, gube kumwe, guleme okubavako emirembe nemirembe. *Amina.*

¶ *Esala zino zisomebwenga ebintu ebiwebwayo bwebigwanga okukung'anyizibwa, bwewatabangawo Kusa kimu, oba emu oba kusingawo; era zino zisomebwenga, ngebanga bwerinabanga, Esala eziri mu Kusaba Kwenkya ne mu Kusaba Kwakawungezi ne mukusekimu ne mu Litani bwezigwanga, nga Omuwereza bwanalowozanga obulungi.*

TUBERE nokusasira, ai Mukama, mu kusaba kwafe kuno nokwegairira, otulung'amye abadubo mu kubo eritutusa mu bulokozi obutagwawo; mu bulamu buno obwokufa obulimu okukyusakyusa okungi, tukumibwenga gwe bulijo eyetesetese olwekisakyo ekingi okutuberanga; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

AI Mukama wafe Ainza-byona, era Katonda atagwawo, kiriza, tukwegairide, okulung'amya nokutukuza nokufuga emitima gyafe era ne mibiri gyafe mu makubo gewalagira ne mu bikolwa ebiri mu matekago; otukume namanyigo agatasingika, mu mirembe gino nemirembe egigenda okuja, otuwonye

Digitized by Google

emibiri gyafe nobulamu bwafe; kubwa Mukama wafe era Omulokozi wafe Isa Masiya. *Amina.*

TUWE, tukwegairide, Katonda Ainza-byona, ebigambo byetuwulide lero namatu gafe kungulu bisigibwe bwebityo mu mitima gyafe munda olwekisakyo, bibalire mufe ebibala ebyempisa enungi, Erinyalyo ligulumizibwe litenderezebwe; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

AI Katonda, tukwegairira otukulembere mu kulowoza otubere mu kukola, byetukola byona bisoke gyoli bitukirizibwe gwe, tutendereze bulijo Erinyalyo etukuvu, tuwebwe olwomukisagwo obulamu obwemirembe nemirembe kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

KATONDA Ainza-byona, omuva amagezi gona, amanyi byetwetaga fe nga tetunasaba, era bwetusaba amanyi obutategera bwafe; tukwegairide okusasira obunafu bwafe; nebyo byetutang'anga kusaba olwobuzibe bwafe, kiriza okubituwa olwobulungi Bwomwanawo Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

KATONDA Ainza-byona eyasubiza okuwulira abo abasaba mu linya Lyomwanawo; tukwegairira olwokusasirakwo okutega eri fe amatugo abakusabye abakwegairide kakano; era byetusabye nokukiriza nga bwoyagala, kiriza okubituwera dala, tuberwe mwebyo byetwetaga, nekitibwakyo kirabike, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Ku Sabiti ne ku naku endala enkulu (bwewatabangawo Kusa kimu) byona ebiragirwa mu Kusekimu okutusa ku nkomerero eyokusabira* Ekanisa ya Masiya yona erwana olutalo munsi muno *bisomebwenga, esala ezo ezisose oba emu oba nyingiko nezidirira, okusabira omukisa kwe kunamalirwangako.*

¶ *Era tewabangawo kugaba Mere ya Mukama wafe, nga tewaliwo muwendo gwa bantu oguwera okusekimu Nomukade, nga bwalowoza.*

¶ *Era newakubade ngabantu abomukifo abalina amagezi okugabirwa Okusekimu tebasukawo makumi abiri; naye tewabangawo Kusa kimu, abantu abana oba basatu bwebatasanga kimu na Mukade.*

¶ *Era mu Kanisa awabanga Abakade Nabadikoni abangi, bona bagabirwenga Okusekimu awamu Nomukade buli Sabiti, oba kusingawo, obanga tebalina nsonga ebalobera.*

¶ *Era okugyawo ebanga lyona eryokuwakana neryokulowoza ebyobusirusiru mu bigambo Ebyomugati Nomwenge, Omugati, guberenga ogwo gwebalyako bulijo; naye kyoka guberenga Omugati ogweng'ano enungi enongofu nga bwebanainzanga okugufuna.*

¶ *Era bwewasigalangawo ku Mugati Nomwenge ebitayawulibwa, Omuwereza yabitwalanga; naye bwewasigalangawo kwebyo ebyawulibwa, tebigyibwanga mu Kanisa, naye Omukade nabo abalala abasiza ekimu banaitanga, bwamalanga okusoma Ebyomukisa, babiryenga babinywenga nga bewombese.*

¶ *Omugati Nomwenge ebyokusekimu Omuwereza Nabakumi Bekanisa be babyetegekanga nga bagya ku nsimbi ezomukanisa.*

¶ *Era kimugwanira buli muntu okusanga ekimu emirundi esatu oba kusingawo buli mwaka; omulundi ogwokusatu gunabanga ku lunaku Olwokuzukira.*

¶ *Okusaba bwekugwanga, ebintu ebikung'anyizibwa mu Kanisa bigabibwenga mu mirimu emirungi, nga Omuwereza Nabakumi Bekanisa bwebanalowozanga obulungi. Bwebawakananga, Omulabirizi yanalagiranga bwebinabera.*

---

"KUBANGA *kiragirwa mu bigambo Ebyokugabanga*
"*Emere ya Mukama wafe abagabirwa okugitola-*
"*nga nga bafukamide; (ekiragiro ekyo kirungi, kubanga*
"*kiraga bwetukiriza nobuwombefu nokwebaza ebigambo*
"*ebirungi ebiva eri Masiya ebigabirwa abo bwebityo abagi-*
"*webwanga nga bagisanide; era kubanga kigyawo ebyekyejo*

Digitized by Google

"*nebitali birungi byona ebyandibadewo ;) era naye omuntu*
"*yena aleme okukyusa nokubigyisa okufukamira okwo olwo-*
"*butamanya oba olwobusirusiru, oba olwetima nobukaka-*
"*nyavu ; kyekiva kitegezebwa wano ngokufukamira okwo*
"*si lwa kusinza Mugati Nomwenge Ebyomusakalamento*
"*byetutola muyo, newakubade olwokusinza Omubiri gwa*
"*Masiya gwe nyini Nomusaigwe ngebiriwo, so nokusinza*
"*okwo si kulungi. Kubanga Omugati Nomwenge Ebyo-*
"*musakalamento biberera dala nga bwebyali oluberyeberye,*
"*era kyebiva birema okusinzibwa ; (kubanga okwo kwa-*
"*ndibade kusinza bifananyi, ekigambo ekitama Abamasiya*
"*bona abesigwa ;) era Omubiri gwe nyini Ogwomulokozi*
"*wafe Masiya Nomusaigwe biri mu gulu, so si wano ; kuba-*
"*nga Omubiri gwe nyini ogwa Masiya teguinza kubera mu*
"*bifo bibiri mu kisera ekimu.*"

Digitized by Google

## OKUBATIRIZA ABANA ABATO MU KANISA.

¶ *Abantu babulirirwenga nga kisana okubatiza ku Sabiti kwoka ne ku naku enkulu, abantu lwebasinga okukung'ana abangi; ekibina ekiriwo kitegere ngabo abakaja babatizibwe bakirizibwa mu muwendo Gwekanisa ya Masiya; era abana nga babatizibwa buli muntu aliwo ajukizibwe byeyayatula eri Katonda mu kubatizibwakwe. Era kyekiva kisana okubatiza mu lulimi lwabantu abali awo. Naye, obanga waliwo ensonga enene, kiinzika okubatiza abana ku lunaku olulala lwona.*

¶ *Era buli mwana owobulenzi abatizibwa abanga nabaima abasaja babiri nomukazi omu; na buli wa buwala abaima abakazi babiri nomusaja omu.*

¶ *Abana bwebaba nga bagenda okubatizibwa, ababazala babuliranga Omuwereza kiro oba enkya nga tebanasaba Kusaba kwa nkya. Era abaima abasaja nabakazi nabo abalina abana beteketekenga awali amaži, ekitundu ekisomebwa ekyenkomerero nga kiwede mu Kusaba Kwenkya oba Kwakawungezi, nga Omuwereza bwasima obulungi. Awo Omukade bwaja awali amaži (nga bafusemu amaži amalungi) bwaimirirawo, nayogera nti*

OMWANA ono amaze okubatizibwa, oba tanaba?

¶ *Bwebadangamu nti Tanaba; Omukade nalyoka asoma nti*

ABAGALWA, abantu bona kubanga bazalibwa mu kibi; era Omulokozi wafe Masiya ayogera nti Tewali muntu ainza okuingira mu bwakabaka bwa

Katonda atazalibwa mulundi gwa kubiri amaži Nomwoyo Omutukuvu; mbegairira musabe Katonda Kitafe kubwa Mukama wafe Isa Masiya *aba*we *aba*na *ba*no olwokusasirakwe okungi ekigambo kino kye*ba*tainza kubera nakyo mu buzaliranwa; *ba*batizibwe amaži Nomwoyo Omutukuvu *ba*letebwe mu Kanisa entukuvu eya Masiya, *ba*fuke e*bi*tundu e*bi*ramu e*byo*mubirigwe.

¶ *Omukade nalyoka ayogera nti*

Tusabe.

AI Katonda Ainza-byona atagwawo, Gweyalokola Nuwa nabanabe mu kyombo, olwokusasirakwo okungi, baleme okufa amaži; era eyabaisa emirembe mu Nyanja Emyufu abana ba Isiraeri abantubo, ngolaga ekifananyi ekyokubatizakwo okutukuvu; era nokubatizibwa Kwomwanawo omwagalwa Isa Masiya mu muga Yolidani, gweyatukuza amaži okunazanga ebibi mu kifananyi; Tukwegairira, olwokusasirakwo okutategerekeka, otunulire *aba*na *ba*no nekisa o*ba*naze o*ba*tukuze Nomwoyo Omutukuvu; *ba*lokoke mu busungubwo, *ba*ingire mu kyombo Kyekanisa ya Masiya; *ba*nyuwere mu kukiriza, *ba*sanyuke olwokusubira, *ba*simbibwe mu kwagalana, *ba*lyoke *ba*wunguke *bwebatyo* mu mayengo agensi eno erimu enaku, enkomerero *ba*lyoke *ba*tuke ku lukalu olwobulamu obutagwawo, *ba*fugireyo wamu nawe, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

AI Katonda Ainza-byona atafa, abera abanaku bona, alokola abakweyuna bona, gwe bulamu bwabo abakiriza era gwe kuzukira kwabafu; Tusabira *aba*na *ba*no *ba*gyibweko ebibi *byabwe*, nga *ba*že eri okubatizakwo okutukuvu, olwokuzalibwa Omwoyo. Ai Mukama o*ba*kirize nga bwewasubiriza mu Mwanawo omwagalwa, bweyayogera nti Musabe, muliwebwa; mononye, muliraba; mweyanjule, muligulirwawo; Nafe tuwe kakano bwotyo abasaba; fe abanonya tulabe; fe abeyanjula otugulirewo, *aba*na *ba*no *ba*webwe omukisa oguta-

Digitized by Google

gwawo ogwokunazakwo okwomugulu, *ba*lyoke *ba*tuke mu bwakabaka obutakoma, bwewasubiza kubwa Masiya Mukama wa*f*e. *Amina.*

¶ *Abantu nebalyoka baimirira, Omukade nayogera nti*

Muwulire ebigambo Ebyenjiri Ma'ko Omutukuvu byeyawandika, mu sula eyekumi, mu lunyiriri olwekumi nesatu.

AWO nebamuletera abana abato, okubakomako: abaigirizwabe nebabajunga ababaleta. Naye Isa bweyalaba nasunguwala, nabagamba nti Mukirize abana abato baje gyendi; so temubagana; kubanga abafananaŋga bano obwakabaka bwa Katonda bwe bwabwe. Mazima mbagamba nti Buli atalikiriza bwakabaka bwa Katonda ngomwana omuto, talibuingiramu na katono. Nabawambatira, nabawa omukisa, ngabasako emikono.

¶ *Enjiri bwegwa okusomebwa, Omuwereza abulirire ebiga mbo bino ebitono ku bigambo Ebyomunjiri.*

ABAGALWA, muwulide mu njiri eyo ebigambo Ebyomulokozi wafe Masiya, nga yalagira okumuletera abana abato; nga yabajunga abo abali bagala okubaziiza obutaja gyali; nga yalagira abantu bona okugoberera obutayonona bwabwe. Mulabye bweyalaga mu kikolwakye bwabagala; kubanga yabawambatira mu mikonogye nabatekako ebibatu, nabawa omukisa. Kale temubusabusa, naye mukiririze dala nganakiriza nekisa *ab*ana *ba*no; ngana*ba*wambatira mu mikono egyokusasirakwe, era ali*ba*wa omukisa ogwobulamu obutagwawo, nomugabo mu bwakabakabwe obwemirembe nemirembe. Kale kubanga tutegerede dala obulungi bwa Kitafe owomugulu eri *ab*ana *ba*no nga Omwanawe Isa Masiya bweyatutegeza; era tumanyi nga tetubusabusa ngatukiriza nekisa bwetuleta *ab*ana *ba*no mu kwagala eri okubatizakwe okutukuvu; tumwebaze nokukiriza namazima, nga twogera nti

Digitized by Google

KATONDA Ainza-byona atagwawo, Kitafe owomugulu, tukwebaza nobuwombefu kubanga oyagade okuita fe okumanya ekisakyo nokukiriza gwe; otwongereko okumanya okwo, onyuwereze mufe okukiriza okwo enaku zona. O*ba*we *aba*na *ba*no Omwoyowo Omutukuvu *ba*zalibwe omulundi ogwokubiri, *ba*fuke *aba*sika *abo*bulokozi obutagwawo; kubwa Mukama wafe Isa Masiya, abera omulamu afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, kakano nemirembe egitagwawo. *Amina.*

¶ *Omukade nalyoka abulira Abaima bwati nti*

ABAGALWA enyo, mulese wano *aba*na *ba*no okubatizibwa, musabye Mukama wafe Isa Masiya ayagale oku*ba*kiriza oku*ba*sumulula mu bibi *byabwe*, oku*ba*tukuza Nomwoyo Omutukuvu, oku*ba*wa obwakabaka obwomugulu nobulamu obutagwawo. Muwulide nate nga Mukama wafe Isa Masiya yasubiza mu Njiriye okugaba ebigambo ebyo byona byemusabye; ebyo byeyasubiza ye kububwe talirema kubikola nokubitukiririza dala. Kale Masiya bweyamala okusubiza bwatyo *aba*na *ba*no, kibagwanide mwe abaima *babwe* oku*ba*subiriza okutusa lwe*ba*limala okukula okwesubiriza *bo be* nyini nga *ba*ligana Setani nemirimugye gyona, *ba*linyikira okukiriza ekigambo ekitukuvu ekya Katonda, era *ba*likwata nobuwombefu amatekage.

Kyenva mbabuza nti

OMWANA ono gwomuganide Setani nemirimugye gyona, nokugulumizibwa nekitibwa ebyensi eno ebitalimu, nokwegomba kwayo kwona, era nokuyayana okwomululu omubi; oleme okubigoberera, newakubade okufugibwa ebyo?

*Okudamu.* Ebyo byona mbiganyi.

*Omuwereza.*

OKIRIŻA Katonda Kitafe Ainza-byona, Omutonzi wegulu nensi?

Ne Isa Masiya omwanawe omu yeka Mukama wafe?

Nga yazalibwa omuwala atamanyi musaja Malyamu, eyali olubuto Olwomwoyo Omutukuvu; nabonyabonyezebwa ku mirembe gya Pontio Pirato; nakomererwa ku musalaba, nafa, nazikibwa; naka emagombe mu bafu; era nga yazukira mu bafu ku lunaku olwokusatu, nagenda mu gulu; era ngatude ku mukono ogwadyo ogwa Katonda Kitafe Omuinza webintu byona; era ngalivayo okukomawo ku nkomerero yemirembe gino okusala omusango gwabalamu nabafu?

Era okiriża Nomwoyo Omutukuvu; Nekanisa entukuvu Enkatolika; Nokusekimu Okwabatukuvu; Nokusonyibwa ebibi; Nokuzukira kwomubiri; nobulamu obutagwawo bwetulimala okufa?

*Okudamu.* Ebyo byona mbikiririża dala.

*Omuwereza.*

OYAGALA okubatizibwa mu kukiriza okwo?

*Okudamu.* Wewawo, wenjagala.

*Omuwereza.*

OYAGALA okukwata nobuwombefu ebigambo ebitukuvu Katonda byayagala namatekage nokubitambulirangamu enaku zona ezobulamubwo?

*Okudamu.* Njagala.

¶ *Omukade nalyoka ayogera nti*

AI Katonda owekisa, *oba*we *aba*na *ba*no, omuntu oweda mu*bo* azikibwe bwati, omuntu omugya alyoke azukirire mu*bo*. *Amina.*

*Oba*we okwegomba kwona okwomubiri kufire mu*bo*, ebigambo byona Ebyomwoyo biryoke bimere, era bikulire mu*bo*. *Amina.*

*Oba*we okuba namanyi nobuinza, okugoba nokuwangula Setani Nensi nomubiri. *Amina.*

Obawe bona, betukuletera wano okuba abadubo, ngomulimu nokuwereza kwafe bwebiri, era bawebwe ebirungi ebiva mu gulu, bagabirwe empera eyemirembe, owlokusasirakwo, ai Mukama Katonda eyebazi-

bwa, abera omulamu, afuga byona, emirembe egitagwawo. *Amina.*

KATONDA Ainza-byona, abera omulamu emirembe gyona, Omwanawo omwagalwa enyo Isa Masiya yayiwa amaži nomusai mu mbirizize ezomuwendo omungi, olwokutugyako ebibi byafe, nalagira abaigirizwabe bagende baigirize amawanga gona bagabatize okuingira mu Linya lya Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu; tukwegairide owulire abantu abali wano byebasabye; amaži gano ogatukuze, ganaze ebibi mu kifananyi; era *obawe abana bano abaja* okubatizibwamu kakano, *ba*jule ekisakyo, era *ba*bere mu muwendo gwabanabo abakiriza abalonde enaku zona, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Omukade nalyoka akwata abana kinomu mu ngaloze, nagamba Abaima nti*

Mutume omwana ono erinya.

¶ *Nalyoka amutuma bo nga bwebogede, namunyika mu maži bulungi nga yegendereza (obanga bamutegeza nganagainza nyo) ngayogera nti*

*GUNDI*, nkubatiza okuingira mu Linya lya Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu. Amina.

¶ *Naye bwebamutegeza nga omwana munafu, kunamalanga okumufukako obufusi amaži, ngayogera ebigambo ebyo nti*

*GUNDI*, nkubatiza okuingira mu Linya lya Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu. Amina.

¶ *Omukade nalyoka ayogera nti*

OMWANA ono tumukiriza aingire mu kibina kyekisibo kya Masiya; * era tumutekako akabonero Akomusalaba, amakulu gagwo eda aleme okukwatibwa ensonyi okwatula nti akiriza Masiya eyakomererwa, era alwane nga omuzira, wansi webenderaye, nebibi, Nensi, ne Setani; era anyikire okuba omulwanyi era *omudu* omwesigwa owa Masiya, enaku zona ezobulamubwe. Amina.

* *Wano Omukade akoloboze omusalaba mu kyenyi.*

Digitized by Google

¶ *Omukade nalyoka ayogera nti*

KALE, aboluganda abagalwa enyo, kubanga mulabye nga *ab*ana *b*ano *ba*maze okuzalibwa omulundi ogwokubiri, era nga *ba*letedwa mu mubiri Gwekanisa ya Masiya, tumwebaze Katonda Ainza-byona olwebirungi ebyo, era tumusabe nememe emu, obulamu *bwabwe* obusigadeyo bubere bulungi nga bwebutanude lero.

¶ *Nebalyoka bogera Okusaba kwa Mukama wafe, bona nga bafukamide.*

KITAFE ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje. Byoyagala babikole munsi, nga bwebabikola mu gulu. Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafe, nga fe bwetubasonyiwa abatwonona. Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole mu bubi. Amina.

¶ *Omukade nalyoka ayogera nti*

TUKWEBAZA nyo Kitafe owekisa ekingi, kubanga okiriża okuzalisa omulundi ogwokubiri *ab*ana *b*ano Nomwoyowo Omutukuvu, oku*ba*fula *ab*ana*bo*, noku*ba*ingiza mu Kanisayo entukuvu. Tukwegairide nobuwombefu bw*eba*mala okufa ku bibi n*eb*a*b*a *aba*lamu eri obutukirivu, era bw*eba*ba nga *ba*zikidwa ne Masiya mu kufakwe, *ba*lyoke *aba*komerere omuntu oweda, *ba*gyirewo dala omubiri gwona ogwekibi; era nga bw*eba*maze okusekimu mu kufa Kwomwanawo, era *ba*sekimu ne mu kuzukirakwe: enkomerero awamu nabo abasigadeyo Abomukanisayo entukuvu *ba*lyoke *ba*sikire obwakabakabwo obutagwawo; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Bona bwebaimirira Omukade nabulirira Abaima bwati nti*

KUBANGA *ab*ana *b*ano mu*ba*subiriża mwe abaima *babwe* okugana Setani nemirimugye gyone, okukiriza Katonda nokumuwereza; mwe kibagwanira okujukira nga gye mirimu gyamwe egibagwanira oku*ba*igirizisa

*aba*na *ba*no, bw*eba*liinza okuiga, okulaira nokusubiza nokwatula bwebiri ebikulu byemu*ba*kolede mwe wano. Era *ba*lyoke *bayo*ngere okubitegera ebyo muli*ba*wulizisa ebyokubulira; naye okusinga byona muli*ba*igirizisa Nzikiriza, Nokusaba kwa Mukama wafe, Namateka ekumi, mu lulimi lwensi Oluganda, nebirala byona ebigwanira Omumasiya okumanya nokukiriza olwobulamu obwomwoyogwe; era *aba*na *ba*no *ba*igirizibwe bulungi okugoberera empisa enungi Ezobumasiya ng*aba*tya Katonda, ng*aba*jukira enaku zona ngokubatiza kutulaga byetwatula; kwe kugoberera Omulokozi wafe Masiya, nga bweyakola, nokufanana nga ye; nga bweyafa nazukira nate kulwafe, bwetutyo nafe ababatizibwa nga kitugwanira okufa ku kibi, nokuzukira eri obutukirivu, nga tufisa bulijo okwegomba kwafe kwona okubi okutasana, nga tweyongerako bulijo mu mpisa zona enungi ne mu kutya Katonda.

¶ *Nalyoka yeyongera nayogera nti*

MUTUNULIRE *aba*na *ba*no *ba*letebwanga eri Omulabirizi oku*ba* sako emikono, ng*aba*maze okuiga mu mwoyo Nzikiriza, Nokusaba kwa Mukama wafe, Namateka ekumi, mu lulimi lwensi Oluganda, era ng*aba*maze okuigirizibwa nate mu Katekisimu Eyekanisa, eyawandikibwa olwekigambo ekyo.

*EKIGAMBO kya Katonda kitutegereza dala ngabana ababatize bwebafa nga tebanakola kibi tebalema kulokoka.*

*Okugyawo okubusabusa kwona mu kukoloboza akabonero akomusalaba mu Kubatiza; amakulu gako nensonga enungi ezokuba nako bisomebwa mu Kikanoni ekyamakumi asatu ekyakubibwa ekyapa mu mwaka ogwolukumi mu lukaga mwena.*

# OKUBATIRIZA ABANA ABATO EKA MU NYUMBA.

¶ *Abawereza abomu buli kyalo babulirenga abantu emirundi mingi okuletanga abana babwe okubatizibwa: nga waisewo Sabiti emu oba biri kasoka nga bazala omwana bamulete, oba olunaku olutukuvu nga lutuse, bamuletere okwo, Sabiti eyo nga tenatuka: wabulanga Omuwereza awulide ensonga etuka okubaziiza nagikiriza.*

¶ *Ate babalabulenga nti baleke okwegairira abana babwe okubatirizibwa eka mu nyumba, nga tebaliko nsonga nene bwetyo. Naye bwebabangako ensonga ebawaliriza babatirizibwe eka bwebati:*

¶ *Omuwereza owomu kyalo (oba ye nga taliwo, omuwereza omulala gwebainza okuita, era amateka gwegakiriza) asokenga okusaba Katonda awamu nabo abaliwo, ayogere Okusaba kwa Mukama wafe, era Nesala eziragirwa okusomebwa mu Kyokubatiriza abana mu Kanisa bingiko, nga bwanainzanga, omwana nga tanafa: kwabo abali awo batumenga omwana erinya: Omuwereza nalyoka amufukako ama'zi ngayogera ebigambo bino.*

GUNDI, nkubatiza okuingira mu Linya lya Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu. Amina.

¶ *Awo bona nga bafukamide, Omuwereza yebaze Katonda, ayogere nti*

TUKWEBAZA nyo Kitafe owekisa ekingi, kubanga okiriza okuzalisa omulundi ogwokubiri *omwana* ono Nomwoyowo Omutukuvu, oku*mu*fula *omwanawo*, noku*mu*ingiza mu Kanisayo entukuvu. Tukwegairide nobuwombefu nga bw*a*maze okusekimu mu kufa Kwomwanawo, era *a*sekimu ne mu kuzukirakwe: enkomerero awamu nabo abasigadeyo Abomukanisayo entukuvu *a*lyoke *a*sikire obwakabakabwo obutagwawo kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

Digitized by Google

¶ *Ate baleme okubusabusa nti Omwana abatizibwa bwatyo ye amaze okubatirizwa dala, nga amateka bwegali: era tewali nsonga ya kumubatiza omulundi ogwokubiri. Naye Omwana gwabatiza bwatyo bwawona oluvanyuma, kye kirungi bamulete mu kanisa, abantu abomu kyalo balyoke bategezebwe nti Omwana yabatizibwa bulungi Omuwereza owewafe mu nyumba eka ewabwe. Omuwereza oyo bwabanga ye yamubatiza ye nyini: era ayogere bwati,*

MBATEGEZA nti Nabatiza omwana ono nga nkwata empisa ezekanisa nebigambo byeragira mu kisera *gundi*, era mu kifo *gindi.*

¶ *Naye Omuwereza omulala, amateka gwegakiriza, bwabanga amubatiza. Omuwereza owomu kyalo mwebazalira omwana oyo oba mwebamubatiriza anabulirizanga, era anakeberezanga, alyoke ategere nga Omwana yabatizibwa nga amateka bwegali oba si wewawo. Awo bali abaleta omwana mu kanisa nga badamu nti Omwana ono amaze okubatizibwa, Omuwereza anayongeranga okubabuliriza nti*

EYABATIZA Omwana ono yani?
Eyali aliwo Omwana ono lweyabatizibwa yani?
Ate mu Sakalamento eno mulimu ebigambo byetutainza kujulula: mpoži babireka ebimu nga batya oba bayanguiriza, kubanga bali mu naku nyingi. Kyemva nyongera okubabuliriza nti
Omwana ono yabatizibwa na ki?
Omwana ono bwebamubatiza, bayogera bigambo ki?

¶ *Awo Omuwereza bwabanga ategede nti byona babikola bulungi, abaleta omwana nga bamaze okudamu, aleke okumutuma erinya omulundi ogwokubiri, naye amukirize okuba owomu kisibo ekya Bamasiya abamazima: ngayogera nti*

MBATEGEZA nti Omwana ono yabatizibwa bulungi nga empisa zafe bweziri; yazalibwa mu bibi ebyobuzaliranwa, era mu busungu bwa Katonda; naye

Digitized by Google

kakano amaze okuingizibwa mu muwendo gwabana ba Katonda, era ogwabasika abobulamu obutagwawo, nganazibwa, ngazalibwa omugya mu kubatizibwa; kubanga Mukama wafe Isa Masiya tagana kuwa omukisagwe nokusasirakwe abana abato nga abagala nyo, ngabaita okuja gyali, Enjiri entukuvu nga bwetutegeza, tube nesanyu; bweti.

*Ma'ko* x. 13.

MASIYA nebamuletera abana abato alyoke abakwateko; abaigirizwabe nebababogolera abo ababaleta. Naye Isa bweyalaba, nasunguwala nyo, nabagamba nti Muleke abana abato baje gyendi, so temubagana; kubanga abafanana nga bano obwakabaka bwa Katonda bwe bwabwe. Mazima mbagamba nti Buli atalikiriza bwakabaka bwa Katonda ngomwana omuto talibuingiramu. Nabawambatira mu mikonogye, nabatekako ebibatu, nabawa omukisa.

¶ *Enjiri bwegwa okusomebwa, Omuwereza abulirire ebigambo bino ebitono ku bigambo Ebyomunjiri.*

ABAGALWA, muwulide mu njiri eyo ebigambo Ebyomulokozi wafe Masiya, nga yalagira okumuletera abana abato; nga yabajunga abo abali bagala okubaziiza obutaja gyali; nga yalagira abantu bona okugoberera obutayonona bwabwe. Mulabye bweyalaga mu kikolwakye bwabagala; kubanga yabawambatira mu mikonogye nabatekako ebibatu, nabawa omukisa. Kale temubusabusa, naye mukiririze dala ngamaze okukiriza nekisa *omwa*na *o*no: ngamaze oku*mw*ambatira mu mikono egyokusasirakwe, era (nga bweyasubiza mu kigambokye ekitukuvu), ali*mu*wa omukisa ogwobulamu obutagwawo, nomugabo mu bwakabakabwe obwemirembe nemirembe. Kale kubanga tutegerede dala obulungi bwa Kitafe owomugulu eri *omwa*na *o*no nga Omwanawe Isa Masiya bweyatutegeza; tumwebaze nokukiriza namazima, nga twogera Okusaba kweyatuigiriza Mukama wafe ye nyini;

Digitized by Google

KITAFE ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje. Byoyagala babikole munsi, nga bwebabikola mu gulu. Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafe, nga fe bwetubasonyiwa abatwonona. Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole mu bubi. Amina.

KATONDA Ainza-byona atagwawo, Kitafe owomugulu, tukwebaza nobuwombefu kubanga oyagade okuita fe okumanya ekisakyo nokukiriza gwe; otwongereko okumanya okwo, onyuwereze mufe okukiriza okwo enaku zona. O*mu*we *omwa*na *o*no Omwoyowo Omutukuvu *a*zalibwe omulundi ogwokubiri, *a*fuke *omu*sika *owo*bulokozi obutagwawo, kubwa Mukama wafe Isa Masiya, abere omuduwo, era awebwe byewasubiza; kubwa Mukama wafe Isa Masiya, abera omulamu afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, kakano nemirembe egitagwawo. *Amina.*

¶ *Awo Omukade nalyoka abuza Erinya lyomwana: Abaimabe abasaja nabakazi bwebamala okulyatula, omuwereza nayogera nti*

OMWANA ono gwomuganide Setani nemirimugye gyona, nokugulumizibwa nekitibwa ebyensi eno ebitalimu, nokwegomba kwayo kwona, era nokuyayana okwomululu omubi; oleme okubigoberera, newakubade okufugibwa ebyo?

*Okudamu.* Ebyo byona mbiganyi.

*Omuwereza.*

OKIRIZA Katonda Kitafe Ainza-byona, Omutonzi wegulu nensi?

Ne Isa Masiya omwanawe omu yeka Mukama wafe? Nga yazalibwa omuwala atamanyi musaja Malyamu, eyali olubuto Olwomwoyo Omutukuvu; nabonyabonyezebwa ku mirembe gya Pontio Pirato; nakomererwa ku musalaba, nafa, nazikibwa; naka emagombe mu bafu; era nga yazukira mu bafu ku lunaku olwokusatu, nagenda mu gulu; era ngatude ku

Digitized by Google

mukono ogwadyo ogwa Katonda Kitafe Omuinza webintu byona; era ngalivayo okukomawo ku nkomerero yemirembe gino okusala omusango gwabalamu nabafu?

Era okiriża Nomwoyo Omutukuvu; Nekanisa entukuvu Enkatolika; Nokusekimu Okwabatukuvu; Nokusonyibwa ebibi; Nokuzukira kwomubiri; nobulamu obutagwawo bwetulimala okufa?

*Okudamu.* Ebyo byona mbikiririża dala.

*Omuwereza.*

OYAGALA okukwata nobuwombefu ebigambo ebitukuvu Katonda byayagala namatekage nokubitambulirangamu enaku zona ezobulamubwo?

*Okudamu.* Njagala.

¶ *Omukade nalyoka ayogera nti*

OMWANA ono tumukiriza aingire mu kibina kyekisibo kya Masiya; * era tumutekako akabonero Akomusalaba, amakulu gagwo eda aleme okukwatibwa ensonyi okwatula nti akiriza Masiya eyakomererwa, era alwane nga omuzira, wansi webenderaye, nebibi, Nensi, ne Setani; era anyikire okuba omulwanyi era *omudu* omwesigwa owa Masiya, enaku zona ezobulamubwe. Amina.

* *Wano Omukade akolobnze omusalaba mu kyenyi.*

¶ *Omukade nalyoka ayogera nti*

KALE, aboluganda abagalwa enyo, kubanga mulabye nga *omwa*na *o*no *a*maze okuzalibwa omulundi ogwokubiri, era nga *a*letedwa mu mubiri Gwekanisa ya Masiya, tumwebaze Katonda Ainza-byona olwebirungi ebyo, era tumusabe nememe emu, obulamu*bwe* obusigadeyo bubere bulungi nga bwebutanude lero.

¶ *Omukade nalyoka ayogera nti*

TUKWEBAZA nyo nyini Kitafe owekisa ekingi, kubanga okiriża okuzalisa omulundi ogwokubiri *omwa*na *o*no Nomwoyowo Omutukuvu, oku*mu*fula

*omwa*na*wo*, noku*mu*ingiza mu Kanisayo entukuvu. Tukwegairide nobuwombefu bw*a*mala okufa ku bibi n*a*ba *omu*lamu eri obutukirivu, era bw*a*ba ng*a*zikidwa ne Masiya mu kufakwe, *a*lyoke *a*komerere omuntu oweda, *a*gyirewo dala omubiri gwona ogwekibi; era nga bw*a*maze okusekimu mu kufa Kwomwanawo, era *a*sekimu ne mu kuzukirakwe: enkomerero awamu nabo abasigadeyo Abomukanisayo entukuvu, *a*lyoke *a*sikire obwakabakabwo obutagwawo kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Bona bwebaimirira Omuwereza nabulirira Abaima bwati nti*

KUBANGA *omwa*na *o*no mu*mu*subiriża mwe abaimabe okugana Setani nemirimugye gyona, okukiriza Katonda nokumuwereza; mwe kibagwanira okujukira nga gye mirimu gyamwe egibagwanira oku*mu*'girizisa *omwa*na *o*no, bw*a*liinza okuiga, okulaira nokusubiza nokwatula bwebiri ebikulu byemu*mu*kolede mwe wano. Era *a*lyoke *ayo*ngere okubitegera ebyo muli*mu*wulizisa ebyokubulira; naye okusinga byona muli*mu*igirizisa Nzikiriza, Nokusaba kwa Mukama wafe, Namateka ekumi, mu lulimi lwensi Oluganda, nebirala byona ebigwanira Omumasiya okumanya nokukiriza olwobulamu obwomwoyogwe; era *omwa*na *o*no *a*igirizibwe bulungi okugoberera empisa enungi Ezobumasiya ng*a*tya Katonda, ng*a*jukira enaku zona ngokubatiza kutulaga byetwatula; kwe kugoberera Omulokozi wafe Masiya, nga bweyakola, nokufanana nga ye; nga bweyafa nazukira nate kulwafe, bwetutyo nafe ababatizibwa nga kitugwanira okufa ku kibi, nokuzukira eri obutukirivu, nga tufisa bulijo okwegomba kwafe kwona okubi okutasana, nga tweyongerako bulijo mu mpisa zona enungi ne mu kutya Katonda.

¶ *Naye abaleta omwana mu kanisa bwebabanga badamu bubi, nokutegera natategera Omukade, obanga Omwana yabatizibwa namażi okuingira mu Linya lya Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu, (ebyo bye bitajulu-*

Digitized by Google

*kuka mu kubatiza): bwekinabanga bwekityo, Omukade anamubatizanga bwekiragirwa mu Byokubatiza Abana mu Kanisa: naye bwanyika Omwana ku lutiba, anayogeranga ebigambo bwebiti.*

OBANGA tonaba kubatizibwa, *Gundi*, nkubatiza okuingira mu Linya lya Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu. Amina.

---

## OKUBATIZA ABANTU ABAKULU ERA ABAINZA OKWEDIRAMU BE NYINI.

¶ *Omuntu omukulu bwaba ngagenda okubatizibwa, Omulabirizi, oba mulala gwaliragira emirimu egyo, abulirwenga Abazade oba balala abamagezi, waitewo ebanga deneko, enaku musanvu oba kusingawo; balyoke bakemebwe bulungi, obanga baigirizibwa ebigambo ebikulu Ebyedini ya Masiya nga bwekibagwanira Ababatizibwa; era babulirirwe okwetekeratekera okuwebwa Esakalamento eyo entukuvu nokusaba nokusiba.*

¶ *Awo bwebalirabika nga basanye, (abantu nga bakung'anye ku Sabiti oba ku lunaku olukulu olwalagirwa) Abajulirwa abasaja nabakazi beteketekenga okubaleta awali amazi, ekitundu ekisomebwa ekyokubiri nga kiwede, mu Kusaba Kwenkya oba Kwakawungezi, nga Omuwereza bwanasimanga.*

¶ *Awo Omukade bwaba ngaimiride awo anabuzanga obanga ku bantu abaletedwa kakano waliwo abamala okubatizibwa obanga siwewawo; bwebalidamu nti Neda; Omukade nalyoka ayogera bwati nti*

ABAGALWA enyo, abantu bona kubanga bazalibwa mu kibi, (nekyo ekizalibwa omubiri kiba mubiri,) era nabo abazalibwa omubiri tebainza kusanyusa Katonda, naye babera mu kibi, era nokwonona nga bonona emirundi mingi; era kubanga Omulokozi wafe ayogera

Digitized by Google

nti Tewali muntu ainza okuingira mu bwakabaka bwa Katonda, atazalidwa mulundi gwa kubiri amaži Nomwoyo Omutukuvu: Mbegairira musabe Katonda Kitafe, kubwa Mukama wafe Isa Masiya, *aba*we *aba*ntu *ba*no olwekisakye ekingi ekigambo kye*ba*tainza kuba nakyo okuva mu buzaliranwa: *ba*batizibwe amaži Nomwoyo Omutukuvu, *ba*letebwe mu Kanisa entukuvu eya Masiya, *ba*fuke e*bi*tundu *by*ayo e*bi*ramu.

¶ *Omukade nalyoka ayogera nti*

**Tusabe.**

(¶ *Abantu bona nebalyoka bafukamira.*)

AI Katonda Ainza-byona atagwawo, mu kusasirakwo okungi gweyalokola Nuwa nabanabe mu kyombo baleme okufa amaži; era eyabaisa emirembe mu Nyanja Emyufu abana ba Isiraeri abantubo, ngolaga ekifananyi Ekyokubatizakwo okutukuvu; era nokubatiza Okwomwanawo omwagalwa Isa Masiya, mu muga Yolidani, gweyatukuza amaži okunazanga ebibi mu kifananyi, tukwegairira olwokusasirakwo okutagereka otunulire *aba*ntu *ba*no nokusasira; o*ba*naze, o*ba*tukuze Nomwoyo Omutukuvu, *ba*lokoke mu busungubwo, *ba*letebwe mu kyombo Kyekanisa ya Masiya; *ba*nyuwerere mu kukiriza, *ba*sanyuke olwokusubira, *ba*simbibwe mu kwagalana, *ba*lyoke *ba*wunguke bw*ebat*yo mu mayengo agensi eno, erimu enaku, enkomerero *ba*lyoke *ba*tuke ku lukalu olwobulamu obutagwawo, *ba*fugire eyo wamu nawe emirembe egitagwawo; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

AI Katonda Ainza-byona, atafa, abera abanaku bona, alokola abakweyuna bona, gwe bulamu bwabo abakiriza, era gwe kuzukira kwabafu; tu*ba*sabira *aba*ntu *ba*no, *aba*že eri okubatizakwo okutukuvu, *ba*lyoke *ba*gyibweko ebibi *byabwe*, nga *ba*zalibwa Omwoyo. Ai Mukama, o*ba*kirize nga bwewasubiriza mu Mwanawo omwagalwa, bweyayogera nti Musabe, muliwebwa; munonye, muliraba; mweyanjule, muligulirwawo; nafe tuwe kakano bwotyo, abasaba; fe

Digitized by Google

abanonya tulabe; otugulirewo fe abeyanjula: *aba*ntu *ba*no *ba*webwe omukisa ogutagwawo ogwokunazakwo okuva mu gulu, *ba*lyoke *ba*tuke mu bwakabakabwo obutakoma, bwewasubiza kubwa Masiya Isa Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Abantu nebalyoka baimirira, Omukade nayogera nti*

Muwulire ebigambo Ebyenjiri, Yokana Omutukuvu byeyawandika, mu sula eyokusatu, okusokera ku lunyiriri olwoluberyeberye.

WALIWO Omuntu owomu Bafalisayo, erinyalye Nikodemu, mwami mu Bayudaya. Ono naja eri Isa ekiro, namugamba nti Labi, tumanyi nti oli muigiriza eyava eri Katonda; kubanga tewali muntu ainza okukola obubonero buno bwokola, wabula Katonda ngali naye. Isa nadamu namugamba nti Dala, dala, nkugamba nti Omuntu bwatazalibwa mulundi gwa kubiri, tainza kulaba bwakabaka bwa Katonda. Nikodemu namugamba nti Omuntu ainza atya okuzalibwa bwaba nga mukade? ainza okuingira mu lubuto lwa nyina omulundi ogwokubiri, nazalibwa? Isa nadamu nti Dala, dala, nkugamba nti Omuntu atazalibwa maži na Mwoyo, tainza kuingira mu bwakabaka bwa Katonda. Ekizalibwa omubiri kiba mubiri; nekyo ekizalibwa Omwoyo kiba mwoyo. Tewewunya kubanga nkugambye nti Kibagwanira okuzalibwa omulundi ogwokubiri. Empewo ekuntira gyeyagala, nowulira okuwuma kwayo, naye tomanyi gyeva, newakubade gyegenda; bwatyo bwabera buli muntu azalibwa Omwoyo.

¶ *Nalyoka ayogera ebigambo bino ebyokubulirira.*

ABAGALWA, muwulide mu Njiri eyo ebigambo bye nyini Ebyomulokozi wafe Masiya, nti omuntu atazalibwa maži na Mwoyo, tainza kuingira mu bwakabaka bwa Katonda. Ebigambo ebyo bitulaga Esakalamento eno bwetugwanira enyo, bwetuinza okugifuna. Era nga bwetusoma mu sula yenkomerero

Digitized by Google

Eyomunjiri ya Ma'ko, Omulokozi wafe bweyali anatera okulinya mu gulu, nalagira abaigirizwabe, nti Mugende munsi zona, mubulire Enjiri amawanga gona. Buli akiriza nabatizibwa alirokoka; naye atakiriza, omusango gulimusinga. Ebigambo ebyo bitwolesa okubatizibwa bwekutugasa enyo. Naye Petero omutume, bweyasoka okubulira Enjiri, nabantu bangi emitima gyabwe negibaluma, nebamugamba ye nabatume abalala, nti Abasaja aboluganda, tunakola tutya? kyeyava adamu nabagamba nti Mwenenye, mubatizibwe buli muntu mumwe, ebibi byamwe bibagyibweko, namwe munawebwa ekirabo Ekyomwoyo Omutukuvu. Kubanga endagano ye yamwe, era nabana bamwe, nabantu abali ewala, bona Mukama wafe Katonda baliita. Era nababulirira nebigambo ebirala bingi ngayogera nti Mulokolebwe mu mirembe gino egyakyama. Kuba (nga Omutume oyo bwategeza awalala) okubatizibwa kakano kutulokola, olwokuzukira kwa Isa Masiya, so si kugyako mpitambi ya mubiri, wabula okudamu kwomwoyo omulungi eri Katonda. Kale temubusabusa, naye mukiririze dala, nti ana*bā*niriza *aba*ntu *ba*no, *abe*nenyeża amazima nga *baja* gyali nokukiriza; ana*ba*gyako ebibi *byabwe*, ana*ba*wa Omwoyo Omutukuvu, era nomukisa ogwobulamu obutagwawo; era ana*ba*gabira obwakabakabwe obwemirembe.

Kale nafe bwetutegerera dala Katonda Kitafe owomugulu bwayagala enyo *aba*ntu *ba*no, nga Omwanawe Isa Masiya bweyabulira; tumwebaze nokukiriza nobuwombefu, nga twogera bwetuti,

KATONDA Ainza-byona atagwawo, Kitafe owomugulu, tukwebaza nobuwombefu kubanga oyagade okuita fe tumanye ekisakyo nokukiriza gwe; otwongereko okumanya okwo, nyuweza okukiriza okwo mufe bulijo. O*ba*we *aba*ntu *ba*no Omwoyowo Omutukuvu, *ba*lyoke *ba*zalibwe omulundi ogwokubiri, era *ba*fuke *aba*sika *bo*bulokozi obutagwawo; kubwa Mukama wafe Isa Masiya, abera omulamu afugira awamu nawe

Digitized by Google

Nomwoyo Omutukuvu, lero nemirembe egitakoma. *Amina.*

¶ *Omukade nalyoka agamba* abantu aba*genda okubatizibwa bwati:*

ABAGALWA enyo, *abaže* wano nga *mwa*gala okuwebwa okubatizibwa okutukuvu, *mu*wulide abantu abali wano bwebasabye Mukama wafe Isa Masiya oku*bā*niriza *mwe*, noku*ba*wa omukisa, noku*ba*sumulula mu bibi *byamwe*, noku*ba*wa obwakabaka obwomugulu, nobulamu obutakoma. Era *mu*wulide nti Mukama wafe Isa Masiya yasubiza mu Kigambokye ekitukuvu okugaba ebigambo bino byona bye*mu*sabye; naye ye byeyasubiza talirema kubikola nokubitukiririza dala.

Kale, Masiya bweyasubiza bwatyo, era *namwe* kyekiva ki*ba*gwanira okusubiza amazima mu maso gabajulirwa *bamwe* bano, ne mu maso gabantu bona abali wano, nga *mu*ligana Setani nemirimugye gyona, *mu*linyikira okukiriza Ekigambo kya Katonda ekitukuvu, era nga *mu*liwulira amatekage nokugonda.

¶ *Omukade nalyoka abuza abantu abagenda okubatizibwa kinomu ebigambo bino:*

*Okubuza.*

GWOGANYI Setani nemirimugye gyona, nokugulumizibwa nekitibwa ebyensi eno ebitalimu, nokwegomba kwayo, era nokuyayana okwomululu omubi; oleme okubigoberera, newakubade okufugibwa ebyo?

*Okudamu.* Ebyo byona mbiganyi.

*Okubuza.*

OKIRIŻA Katonda Kitafe Ainza-byona, Omutonzi wegulu nensi?

Ne Isa Masiya Omwanawe omu yeka Mukama wafe? Nga yazalibwa omuwala atamanyi musaja Malyamu, eyali olubuto Olwomwoyo Omutukuvu; nabonyabonyezebwa ku mirembe gya Pontio Pirato; nakomererwa ku musalaba, nafa, nazikibwa; naka emagombe mu

Digitized by Google

bafu; era nga yazukira mu bafu ku lunaku olwokusatu, nagenda mu gulu; era ngatude ku mukono ogwadyo ogwa Katonda Kitafe Omuinza webintu byona; era ngalivayo okukomawo ku nkomerero yemirembe gino okusala omusango gwabantu abalamu nabafu?

Era okiriża Nomwoyo Omutukuvu; Nekanisa entukuvu Enkatolika; Nokusekimu Okwabatukuvu; Nokusonyibwa ebibi; Nokuzukira kwomubiri; nobulamu obutagwawo bwetulimala okufa?

*Okudamu.* Ebyo byona mbikiririża dala.

*Okubuza.*

OYAGALA okubatizibwa mu kukiriza okwo?

*Okudamu.* Wewawo, wenjagala.

*Okubuza.*

ERA oyagala onyikire okuwulira amateka amatukuvu aga Katonda nebyo byayagala enaku zona ezobulamubwo?

*Okudamu.* Nanyikiranga okugawulira, Katonda nga ye mubezi wange.

¶ *Omukade nalyoka ayogera nti*

AI Katonda owekisa, o*ba*we *aba*ntu *ba*no, omuntu oweda ali mu*bo* azikibwe bwati, omuntu omugya alyoke azukirire mu*bo*. *Amina.*

O*ba*we okwegomba kwona okwomubiri kufire mu*bo*, ebigambo byona Ebyomwoyo biryoke bimere, era bikulire mu*bo*. *Amina.*

O*ba*we okuba namanyi nobuinza, okugoba nokuwangula Setani Nensi nomubiri. *Amina.*

O*ba*we *ba*no, *be*tukuletera wano okuba *abadubo*, nga omulimu nokuwereza kwafe bwebiri, era *ba*webwe ebirungi ebiva mu gulu, *ba*gabirwe empera eyemirembe, olwokusasirakwo, ai Mukama Katonda eyebazibwa, abera omulamu, afuga byona, emirembe egitagwawo. *Amina.*

KATONDA Ainza-byona, abera omulamu emirembe gyona, Omwanawo omwagalwa enyo Isa Masiya

yayiwa amaži nomusai mu mbirizize ezomuwendo omungi, olwokutugyako ebibi byafe, nalagira abaigirizwabe bagende baigirize amawanga gona, bagabatize okuingira mu Linya lya Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu; tukwegairide owulire abantu abali wano byebasabye; amaži gano ogatukuze, galyoke ganaze ebibi mu kifananyi; era *oba*we *aba*ntu *aba*ja okubatizibwamu kakano, *ba*lyoke *ba*jule ekisakyo era *ba*bere mu muwendo gwabanabo abakiriza abalonde, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Omukade nalyoka akwata ku mukano ogwadyo buli muntu agenda okubatizibwa, amuteke kumpi namaži nga bwalaba obulungi, alyoke abuze Abajulirwabe erinyalye; amunyike mu maži oba amufukeko amaži, ngagamba nti*

G*UNDI*, nkubatiza okuingira mu Linya lya Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu. Amina.

¶ *Omukade nalyoka ayogera nti*

OMUNTU ono tumukiriza aingire mu kibina kyekisibo kya Masiya;* era tumutekako akabonero Akomusalaba, amakulu gagwo eda aleme okukwatibwa ensonyi okwatula nti akiriza Masiya eyakomererwa, era alwane nga omuzira, wansi webenderaye, nebibi, Nensi, ne Setani; era anyikire okuba omulwanyi era *omudu* omwesigwa wa Masiya, enaku zona ezobulamubwe. Amina.

* *Wano Omukade akoloboze omusalaba mu kyenyi.*

¶ *Omukade nalyoka ayogera nti*

KALE, aboluganda abagalwa enyo, kubanga mulabye nga *aba*ntu *ba*no *ba*maze okuzalibwa omulundi ogwokubiri, era nga *ba*letedwa mu mubiri Gwekanisa ya Masiya, tumwebaze Katonda Ainza-byona olwebirungi ebyo, era tumusabe nememe emu, obulamu *bwabwe* obusigadeyo bubere bulungi nga bwebutanude lero.

Digitized by Google

¶ *Nebalyoka bogera Okusaba kwa Mukama wafe, bona nga bafukamide.*

KITAFE ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje. Byoyagala babikole munsi, nga bwebabikola mu gulu. Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafe, nga fe bwetubasonyiwa abatwonona. Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole mu bibi. Amina.

TUKWEBAZA nobuwombefu, ai Kitafe owomugulu, kubanga wakiriza okutuita tumanye ekisakyo, nokukiriza gwe: otwongereko okumanya kuno, onyuwereze okukiriza kuno mufe bulijo. N*aba*ntu *ba*no o*ba*we Omwoyowo Omutukuvu; kakano bwe*ba*maze okuzalibwa omulundi ogwokubiri, nokufuka *aba*sika *bo*bulokozi obutagwawo, kubwa Mukama wafe Isa Masiya; *ba*nyikire okuba *abadubo*, era *ba*tuke kwebyo byewasubiza; kubwoyo Mukama wafe Isa Masiya, Omwanawo, abera omulamu era afugira awamu nawe mu bumu Obwomwoyo Omutukuvu, emirembe egitagwawo. *Amina.*

¶ *Bona bwebaimirira, Omukade nalyoka ayogera okubulirira kuno; ngagamba abajulirwa era naye nabalala.*

KUBANGA *aba*ntu *ba*no *ba*subiriza mu maso gamwe okugana Setani nemirimugye gyona, nokukiriza Katonda era nokumuwereza; namwe mujukire nga kibagwanira mwe oku*ba*jukizanga ebigambo bwebiri ebikulu enyo bye*ba*laide bye*ba*subiza bye*bā*tude mu maso gekibina kino kyona, era naye okusinga mu maso gamwe, abajulirwa *babwe* be*ba*lonze. Era kibagwanira oku*ba*kubirizanga okunyikira enyo okuigirizibwa Ekigambo kya Katonda Ekitukuvu; *ba*lyoke *ba*kulire mu kisa, ne mu kumanya Mukama wafe Isa Masiya, era *ba*kwatenga empisa ezokutya Katonda nezobutukirivu nezokwegendereza munsi muno.

Digitized by Google

(¶ *Nalyoka abagamba abo abakaja babatizibwe nti*)

NAMWE abambade Masiya kakano mu Kubatizibwa, era namwe kibagwanira, kubanga mufuse bana ba Katonda era abomusana olwokukiriza Isa Masiya, okutambulanga nga Abamasiya bwebaitibwa, era nga bwekibagwanira abana bomusana: nga mujukira nti Okubatizibwa kutulaga byetwatula; kwe kugoberera engeri Yomulokozi wafe Masiya, nokufananyizibwa nga ye; ye nga bweyafa nazukira kulwafe; nafe ababatizibwa nga kitugwanira okufa ku kibi nokuzukira eri obutukirivu bwetutyo; nga tufisa bulijo okwegomba kwafe kwona okubi okuvundu, era nga tweyongera buli lunaku mu birungi byona nempisa czokwegendereza.

¶ *Kirungi buli muntu abatizibwa bwalyo okusibwako emikono Omulabirizi bwekiriinzika amangu ngamaze okubatizibwa; alyoke asembezebwe eri Okusekimu Okutukuvu.*

¶ *Abantu abatabatizibwa mu buto bwebaletebwanga okubatizibwa nga tebanamala kukula kutegera okwediramu be nyini; ebigambo ebyokubatiriza Abana abato mu kanisa binamalanga, oba (akabi bwekaba akanene) ebigambo ebyokubatiriza mu nyumba.*

---

# KATEKISIMU,

## BYE BIGAMBO EBIGWANIRA BULI MUNTU OKUIGIRIZIBWA NGA TANALETEBWA KUSIBWAKO EMIKONO OMULABIRIZI.

---

*Okubuza.*

ERINYALYO gwani?

*Okudamu.* Nze *Gundi.*

*Okubuza.* Bani abakutuma erinya eryo?

*Okudamu.* Abaima bange mu Kubatizibwa kwange;

Digitized by Google

mwenafukira ekitundu kya Masiya, omwana wa Katonda, era omusika wobwakabaka obwomugulu.

*Okubuza.* Abaimabo bakukolera ki ku lunaku luli?

*Okudamu.* Bansubiriza era bandaganira ebigambo bisatu. Ekyoluberyeberye nti naganunga Setani nemirimugye gyona, namalala agatalimu agensi eno embi, nokwegomba kwona okubi okwomubiri. Ekyokubiri nti nakirizanga ebigambo byona Ebyenzikiriza eya Bumasiya. Ekyokusatu nti nakwatanga Katonda byayagala ebitukuvu Namatekage, era nabyegenderezanga enaku zona ezobulamu bwange.

*Okubuza.* Olowoza nti kikugwanira okukirizanga nokukolanga nga bwebakusubiriza?

*Okudamu.* Wewawo dala; nakolanga bwentyo olwokubera kwa Katonda. Era mwebaza nyo Kitafe owomugulu kubanga yampita okubera mu kulokolebwa kuno, kubwa Isa Masiya Omulokozi wafe. Ate mwegairira Katonda ampe ekisakye ndyoke nyikirenga okubera mu kulokolebwa okwo enaku zange zona.

*Abuza.*

Menyera enyingo ezomu Nzikirizayo bweziri.

*Okudamu.*

NZIKIRIZA Katonda Kitafe Ainza-byona, Omutonzi wegulu Nensi; Ne Isa Masiya Omwanawe omuyeka Mukama wafe, Eyazalibwa omuwala atamanyi musaja Malyamu, eyali olubuto Olwomwoyo Omutukuvu. Nabonyabonyezebwa ku mirembe gya Pontio Pirato; Nakomererwa ku musalaba; Nafa; Nazikibwa; Naka emagombe mu bafu; Olunaku olwokusatu nazukira mu bafu, Nagenda mu gulu; Atude ku mukono ogwadyo ogwa Katonda Kitafe Omuinza webintu byona; Naye alivayo okukomawo okusala omusango gwabalamu nabafu.

Nzikiriza Omwoyo Omutukuvu; Nekanisa entukuvu Enkatolika; Nokusekimu Okwabatukuvu; Nokusonyibwa ebibi; Nokuzukira kwomubiri: Nobulamu obuta gwawo. Amina.



Digitized by Google

*Okubuza.* Bigambo ki ebikulu byoiga mu bigambo ebyo ebyenzikirizayo?

*Okudamu.* Ekyoluberyeberye, njiga okukiriza Katonda Kitafe, eyantonda nze, nabantu bona. Nekyokubiri kukiriza Katonda Omwana, eyanunula nze nabantu bona. Nekyokusatu kukiriza Katonda Omwoyo Omutukuvu, atukuza nze nabantu bona abalondebwa Katonda.

*Okubuza.*

Oyogede nti Abaimabo basubiza nti olikwata Amateka ga Katonda: kale mbulira gali ameka?

*Okudamu.* Kumi.

*Okubuza.* Galuwa?

*Okudamu.*

GE gali Katonda geyayogera mu sula eyabiri eyomukitabo Ekyokuva, ngayogera nti Nze Mukama Katondawo, eyakugya munsi Yemisiri, mu nyumba yobudu.

I. Tobanga na Bakatonda balala wendi.

II. Tewekoleranga kifananyi kibaje kyona, newakubade ekifananyi kyekintu kyona, ekiri wagulu mu gulu, newakubade wansi ku taka, newakubade mu mażi agali wansi wetaka. Tobivunamiranga ebyo; tobisinzanga; kubanga Nze Mukama Katondawo ndi Katonda wa bugya, era mbiwalana ku bana ebibi bya bajaja babwe, okutusa ku mugigi ogwabantu abankyawa ogwabanakasatwe nogwabanakana, era mbadiramu (emigigi) egy abantu nkumi na nkumi abanjagala, abakwata amateka gange.

III. Tolairiranga bwerere linya lya Mukama Katondawo; kubanga Mukama tali rema kumusako omusango omuntu alairira obwerere erinyalye.

IV. Jukira okutukuza olunaku lwa Sabiti. Enaku omukaga okolanga nomala emirimugyo gyona; naye olunaku olwomusanvu ye Sabiti ya Mukama Katondawo. Olunaku olwo tolukolerangako mirimu gyona; ke nyini gwe, newakubade mwanawo omulenzi, newakubade muwalawo, newakubade muduwo, newakubade

Digitized by Google

mukaziwo, newakubade bisolobyo, newakubade munagwanga ali ewuwo. Kubanga mu naku omukaga Mukama mweyatondera egulu, nensi, nenyanja, nebintu byona ebirimu, nawumulira ku lunaku olwomusanvu; Mukama kyeyava aluwa omukisa olunaku lwa Sabiti nalutukuza.

V. Kitawo ne nyoko obasangamu ekitibwa; enakuzo zibe nyingi munsi gyeyakuwa Mukama Katondawo.

VI. To'tanga.

VII. Toyendanga.

VIII. To'banga.

IX. Towairizanga muntu mu'no.

X. Tewegombanga nyumba ya muntu mu'no, tewegombanga mukazi wa muntu mu'no, newakubade muduwe, newakubade muzanawe, newakubade nteye, newakubade ndogoiye, newakubade ekintu kyona ekya muntu mu'no.

*Okubuza.*

Bigambo ki ebikulu byoiga mu mateka ago?

*Okudamu.* Njiga ebigambo bibiri, ekingwanira eri Katonda, era nekingwanira eri muntu munange.

*Okubuza.* Kikugwanira kitya eri Katonda?

*Okudamu.* Ebingwanira eri Katonda bye bino, okumukirizanga nokumutyanga, nokumwagalanga nomutima gwange gwona, namagezi gange gona, nobulamu bwange bwona, namanyi gange gona, era nokumusinzanga nokumwebazanga, nokumwesigira dala ye yeka, nokumusabanga, nokusangamu ekitibwa Erinyalye etukuvu, Nekigambokye, nokumuwerezanga namazima enaku zona ezobulamu bwange.

*Okubuza.* Kikugwanira kitya eri muntu mu'no?

*Okudamu.* Ebingwanira eri muntu munange bino, okumwagalanga nga bweneyagala nzeka, era nokubakolanga abantu bona, nga bwenjagala okunkola nze: Okubagalanga, nokubasangamu ekitibwa, nokubaberanga kitange ne mange: Era nokusangamu ekitibwa, nokumuwuliranga Kabaka, nabakungubе bona: Era nokubagonderanga abantwala bona, nabaigiriza, naba-

Digitized by Google

kulu bange abekanisa: Nokuberanga nobutefu mu maso gabantu bona abansinga obukulu: Obutasobyanga ku muntu mu kigambo oba mu kikolwa: Nokukonga ebyamazima nebyobutukirivu byerere: Okulekanga etima nenge mu mitima gwange: Era nokwekumanga engalo zange ziremenga oku'ba ekintu na katono, nokwekumanga olulimi lwange lulemenga okuvuma, newakubade okulimba, newakubade okuwairiza: Nokwekumanga omubiri gwange negenderezenga nemenga okutamira, newakubade okwenda: Obutegombanga newakubade okwagalanga ebintu byabantu balala; njige nkolenga emirimu bulungi ndyoke nfunenga byenalyanga, era nkolenga ebingwanira mu kifo Katonda kyanayagalanga okuntekamu.

*Abuza.*

Mwana wange omulungi, tegera nga gwe weka toinza kukola bigambo ebyo, newakubade okwegenderez a amateka ga Katonda, newakubade okumuwereza, wabula ngakuwade ekisakye, nawe kikugwanira okuiga okukisaba mu biro byona nokunyikira. Kale kampulire ngoinza okwatula Okusaba kwa Mukama wafe.

*Okudamu.*

KITAFE ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje. Byoyagala babikole munsi, nga bwebabikola mu gulu. Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafe, nga fe bwetubasonyiwa abatwonona. Tototwala mu kukemebwa, naye otulokole mu bubi. Amina.

*Okubuza.* Kiki kyosaba Katonda mu kusaba okwo?

*Okudamu.* Nsaba Mukama wange Katonda Kitafe owomugulu, agaba ebirungi byona, ampereze nze nabantu bona ekisakye: tumusinzenga, tumuwerezenga, tumuwulirenga nga bwekitugwanira. Nate mwegairira Katonda atuwereze ebintu byona ebisanira obulamu bwafe nemibiri gyafe: atudiremu, atusonyiwenga ebibi byafe: ate akirize okutulokola nokutukumanga mu kabi kona akobulamu nakemibiri: ate atu-

Digitized by Google

kumenga ne mu bibi nebyonono byona, neri Omulabe wafe owomwoyo, ne mu kufa okutagwawo. Era nsubira nganabitukirizanga ebyo olwekisakye nobulungibwe, kubwa Mukama wafe Isa Masiya. Kyenva njogera nti Amina, amakulu gakyo, bibere bwebityo.

*Okubuza.*

ESAKALAMENTO Masiya zeyalagira mu Kanisaye, ziri meka?

*Okudamu.* Biri zoka, ezetagibwa olwokulokoka, bwetuinza, okuzifuna, ze zino, Okubatizibwa Nemere ya Mukama wafe.

*Okubuza.* Ekigambo kino Esakalamento, amakulu kiki?

*Okudamu.* Amakulu gakyo, kabonero akokungulu akalabika, akekisa ekyomunda ekyomwoyo kyetuwebwa, akalagirwa Masiya ye nyini ekyokutuwesa ekisa ekyo, era okuba omusingo ogukitutegereza dala.

*Okubuza.* Ebitundu ebiri mu Sakalamento biri bimeka?

*Okudamu.* Bibiri; akabonero akokungulu akalabika, era nekisa ekyomunda ekyomwoyo.

*Okubuza.* Akabonero akokungulu abalabika oba kifananyi mu kubatiza kiki?

*Okudamu.* Amazi; omuntu gabatizibwamu okuingira mu linya lya Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu.

*Okubuza.* Ekisa ekyomunda ekyomwoyo kiki?

*Okudamu.* Okufa ku kibi, nokuzalibwa omulundi ogwokubiri eri obutukirivu, kubanga okuva mu buwangwa bwafe bwetwazalibwa mu kibi, nga tuli bana ba busungu, tufusibwa bwetutyo abana bekisa.

*Okubuza.* Abantu abagala okubatizibwa, ebibagwanira ki?

*Okudamu.* Okwenenya, okubalesayo ebibi, era nokukiriza okubakirizisa obutabusabusa Katonda byeyasubiza mu Sakalamento eno.

*Okubuza.* Kale, abana abato bababatiriza ki, abatanaba kutuka kukola ebyo?

*Okudamu.* Kubanga abaima babwe babasubiriza:

Digitized by Google

nabo be nyini bwebalimala okukula kibagwanira okutukiriza byebasubiza.

*Okubuza.* Nsonga ki eyalagiza Sakalamento Eyemere ya Mukama wafe?

*Okudamu.* Olwokujukizanga enaku zona Sadaka yokufa kwa Masiya, nebirabo byetufuna lwa Sadaka eyo.

*Okubuza.* Ekitundu ekyokungulu oba kabonero mu Mere ya Mukama wafe kiki?

*Okudamu.* Omugati Nomwenge, Mukama wafe byeyalagira okubitolanga.

*Okubuza.* Ekitundu ekyomunda oba makulu kiki?

*Okudamu.* Omubiri Nomusai gwa Masiya, ebitolebwa, ebiwerwa dala mazima abakiriza mu Mere ya Mukama wafe.

*Okubuza.* Bitufunyisa birabo ki?

*Okudamu.* Tufuna amanyi nokwesima mu bulamu bwafe Olwomubiri Nomusai gwa Masiya, ngemibiri gyafe bwegigafuna olwemere nomwenge.

*Okubuza.* Abaja eri Emere ya Mukama wafe kiki ekibagwanira?

*Okudamu.* Okwekeberanga obanga benenyereża dala ebibi byabwe ebyeda, nga bamaliride dala okukwata empisa empya: nga balina okukiriza okulamu nga besiga okusasira kwa Katonda kubwa Masiya, nga bajukira okufakwe nokwebaza: era nga bāgalana nabantu bona.

¶ *Omuwereza wa buli kanisa ananyikiranga ku Sabiti ne ku naku enkulu, ekitundu ekyokubiri Ekyomukusaba Kwakawungezi bwekigwanga okusoma, okuigiririza mu kanisa mu lwatu nokubabuza abana abato abomukifokye abanawerezebwanga gyali, omuwendo gwabwe nga bwanasimanga, ngabaigiriza ku Katekisimu eno.*

¶ *Era bona abalina abana, bakitabwe ne banyabwe ne bakama babwe ne bagole babwe banawerezanga abana babwe nabadu babwe (abatanaiga Katekisimu), mu kanisa mu kisera ekitekebwawo, bawulirenga nokugonda,*

Digitized by Google

*balagirwenga Omuwereza, okutusa lwebaliiga byona ebiragidwa wano.*

¶ *Abana bwebalikula okuba namagezi, era nga bainza okwatula mu lulimi lwewabwe Nzikiriza, Nokusaba kwa Mukama wafe, Namateka Ekumi; era nga bainza okudamu ebirala ebiri mu Katekisimu eno enyimpi; baletebwenga eri Omulabirizi. Era buli muntu anabanga nomuima, oba musaja oba mukazi, okuba omujulirwawe, bwasibwako emikono.*

¶ *Era Omulabirizi bwanalalikanga okuleta abana gyali okusibwako emikono, Omuwereza wa buli kanisa analetanga, oba anawerezanga mu kiwandiko ngatadeko neringalye, amanya gabo bona abomukifokye balowoza nga basanide okuletebwa eri Omulabirizi okusibwako emikono. Awo, Omulabirizi bwanabasanyizanga, anabasangako emikono bwati.*

## KONFAMASIO, OBA KUSAKO EMIKONO KWABO ABABATIZIBWA, NGA BAMAZE OKUKULA OKUTEGERA.

¶ *Ku lunaku olulagirwa, bona abagenda okusibwako emikono, bwebategekebwa nga baimiride bulungi mu maso Gomulabirizi; oyo (oba Omuwereza omulala gwalagira) asome ebigambo bino ebisokerwako.*

KONFAMASIO elyoke ebagase abo abagiwebwa, Ekanisa kyeyava eragira obutaletanga muntu okusibwako emikono wabula abo abainza okwatula Nzikiriza, Nokusaba kwa Mukama wafe, Namatoka Ekumi; era abainza okudamu bwebabuzibwa ebigambo ebiri mu Katekisimu entono; empisa eyo nungi okugikwatanga; abana abato nga bamaze okukula okutegera, era nga baize abaima babwe byebabasubiriza mu Kubatizibwa, balyoke babinyuweze ebyo babikirize nga

babyatula nakamwa kabwe be nyini mu maso Gekanisa mu lwatu nga tebawalirizibwa; era basubize okugezangako enaku zona, ekisa kya Katonda nga kibabera, okwekumanga ebyo byona byebakiriza mu kwatula kwabwe be nyini.

¶ *Omulabirizi nalyoka ayogera nti*

MWE abali wano mu maso ga Katonda ne mu maso gekibina kino, musubiza kakano olwokubiri era mulaira olwokubiri byebabasubiriza era byebabalairira mu kubatizibwa kwamwe; nga mubikiriza, era nga mubinyuweza kubwamwe be nyini, era nga mwatula nga kibagwanira okukirizanga nokukolanga ebyo byona abaima bamwe byebabasubiriża mu kubatizibwa kwamwe?

¶ *Buli muntu ademu nedobozi eriwulikika nti*

Nsubiza bwentyo.

*Omulabirizi.*

OKUBERWA kwafe kuli mu linya lya Mukama;
*Okudamu.* Eyakola egulu nensi.
*Omulabirizi.* Erinya lya Mukama litenderezebwe.
*Okudamu.* Okusoka lero, nemirembe egitaligwawo.
*Omulabirizi.* Mukama, wulira okusaba kwafe.
*Okudamu.* Nokukowola kwafe kutuke gyoli.

*Omulabirizi.* Tusabe.

AI Katonda Ainza-byona atafa, eyabawa abadubo bano okuzalibwa omulundi ogwokubiri namaźi Nomwoyo Omutukuvu, era eyabawa okusonyibwa ebibi byabwe byona, obawenga amanyi, tukwegairide, ai Mukama, Nomwoyo Omutukuvu Omusanyusa, era bulijo oyongereyongere mubo ebirabobyo ebingi ebyekisa; omwoyo ogwamagezi nokutegera, omwoyo ogwokutesa era ogwamanyi agomunda; omwoyo ogwokumanya era ogwokwegendereza mu mazima; era obajuze, ai Mukama, nomwoyo ogwokukutya gwe mu butukuvu, kakano nemirembe gyona. *Amina.*

Digitized by Google

¶ *Bona nebalyoka bafukamira mu maso Gomulabirizi, aseko omukonogwe ku mitwe gyabwe bona kinomu, ngayogera nti*

KUMA, ai Mukama, Omwanawo ono [oba *Omuduwo ono*] nekisakyo ekiva mu gulu, anyikire okuba owuwo emirembe gyona; era bulijo ayongerweyongerwe mu Mwoyowo Omutukuvu, okutusa lwalituka mu bwakabakabwo obutaligwawo. Amina.

¶ *Omulabirizi nalyoka ayogera nti*

Mukama abere namwe.
*Okudamu.* Era abere nomwoyogwo.

¶ *Bona nga bafukamide Omulabirizi neyeyongera nayogera nti*

Tusabe.

KITAFE ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje. Byoyagala babikole munsi, nga bwebabikola mu gulu. Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafe, nga fe bwetubasonyiwa abatwonona. Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole mu bubi. Amina.

¶ *Nesala eno.*

AI Katonda Ainza-byona atafa, gwatwagaza era atukoza ebyo byoyagala byosima gwe, Katonda wafe owekitibwa; tusabira abadubo bano nobuwombefu, betusiżako kakano emikono gyafe (nga tugoberera empisa Eyabatumebo abatukuvu) okubategeza (nakabonero ako) ekisakyo nobulungibwo ebiri gyebali. Omukonogwo ogwa Kitafe gubenga kubo enaku zona; Omwoyowo Omutukuvu abenga nabo enaku zona, era obalung'amye bwotyo mu kutegera nokuwulira Ekigambokyo, enkomerero balyoke bawebwe obulamu abutagwawo; kubwa Mukama wafe Isa Masiya, abera omulamu afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, Katonda omu enaku zona, emirembe egitagwawo. *Amina.*

Digitized by Google

AI Mukama Ainza-byona, Katonda atagwawo, kiriza, tukwegairide, okulung'amya, nokutukuza, nokufuga emitima gyafe nemibiri gyafe, mu makubo gamatekago ne mu bikolwa byebiragirobyo; fe nga tukumibwa amanyigo amangi enyo kakano nenaku zona, tulyoke tuwonyezebwe emibiri nobulamu; kubwa Mukama wafe era Omulokozi wafe Isa Masiya. *Amina.*

¶ *Omulabirizi nalyoka abasabira omukisa, ngayogera nti*

OMUKISA gwa Katonda Ainza-byona, Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu, gubere kumwe, era guleme okubavako emirembe gyona. *Amina.*

¶ *Era tewabangawo muntu asembezebwa eri Okusekimu Okutukuvu, wabula ngasibwako emikono oba nga yetesetese okusibwako emikono era ngayagade bwatyo.*

---

## EBIGAMBO EBYOKUFUMBIRIGANWA.

¶ *Basokenga okulalika mu Kanisa amanya gabwe bona abagenda okufumbiriganwa ku Sabiti satu, mu Kusaba Kwenkya, oba mu Kwakawungezi (bwewatabangawo Kusaba kwa nkya), ekitundu ekisomebwa ekyokubiri bwekigwanga: Omuwereza ngayogera, ngempisa bweri, nti*

MBULIRA ebigambo ebyokufumbiriganwa *gundi* owe*gindi* ne *gundi* owe*gindi*. Obanga omuntu yena mumwe amanyi ensonga eyamazima ebalobera abo bombi okugatibwa mu kufumbiriganwa okutukuvu, mugyatule.

Guno gwe mulundi ogwoluberyeberye [*ogwokubiri*, oba *ogwokusatu*] ogwokubuza.

¶ *Abantu abagenda okufumbiriganwa bwebatulanga buli muntu awawe nga tebaja mu Kanisa emu, balalikenga*

*mu Kanisa zombi; era Omuwereza Wekanisa emu tabagatanga mu Kufumbiriganwa, Omuwereza Wekanisa endala nga tanawandika okumutegeza ngamaze okulalika emirundi esatu.*

¶ *Ku lunaku ne mu biro ebyalagirwa okugatirangamu mu Kufumbiriganwa, abagenda okufumbiriganwa bajenga wakati mu Kanisa awamu nemikwano gyabwe ne baliranwa babwe; bwebaimirira awamu, omusaja ku mukono ogwadyo, nomukazi ku mukono ogwa kono, Omukade nayogera nti*

ABAGALWA enyo, tukung'anide wano mu maso ga Katonda, ne mu maso gekibina kino, okugata awamu omusaja ono nomukazi ono mu kufumbiriganwa okutukuvu. Kye kigambo ekyekitibwa, Katonda kyeyalagira abantu nga tebanaba kwonona, ekitulaga okugatibwa kwa Masiya Nekanisaye okwomwoyo. Ekigambo kino ekitukuvu Masiya yakisima, era yakisamu ekitibwa bweyali mu Kana Ekyegaliraya gyeyasokera okukola ekyamagero; ekigambo kino Paulo omutukuvu yakisima nga kya kitibwa eri abantu bona; era kyekiva kitugwanira omuntu yena obutakikwata, nga tamaze kulowoza, ngakyanguiriza olwokwegomba kwabantu, ngebisolo obusolo ebitalina magezi; naye akikwate ngatya, ngalowoza, ngateseża bulungi, nga yegendereza, ngatya Katonda; bwategera okufumbiriganwa kyekwava kulagirwa.

Ekyoluberyeberye, kwalagirwa, abana bazalibwenga, balerwenga mu kutya Katonda, Erinyalye etukuvu litenderezebwe.

Ekyokubiri, kwalagirwa, okuwonya obwenzi, abantu abatainza kuberera awo, bawasenga, begenderezenga ngebitundu ebirongofu ebyomubiri gwa Masiya.

Ekyokusatu, kwalagirwa, bombi babere wamu, basanyukaganenga, baberaganenga, nga bwekibagwanira bombi mu bulungi ne mu bubi. Kale abantu bano bombi baże okugatibwa mu kigambo kino ekitukuvu. Kale obanga waliwo omuntu yena amanyi ensonga eyamazima ebalobera abantu bano okugatibwa wamu,

Digitized by Google

agyatule kakano, oba oluvanyuma asirike busirisi enaku zona.

¶ *Era abulire nabo abagenda okufumbiriganwa, ngayogera nti*

MBAGAMBA era mbalagira mwe mwembi, nga bwemulidamu ku lunaku olwentisa olwomusango ebigambo ebyekyama ebyomumitima gyona lwebirirabika. Omu kumwe obanga amanyi ensonga yona ebalobera obutagatibwa bulungi mu kufumbiriganwa, mugyatule kakano. Kubanga mutegerere dala nti abantu abagatibwa nga Ekigambo kya Katonda bwekitalagira, tebagatibwa Katonda, nokufumbiriganwa kwabwe kwa nsobi.

¶ *Bwewabawo omuntu aleta ensonga ebalobera obutagata mu Kufumbiriganwa eva mu Mateka ga Katonda oba mu Mateka Agomubwakabaka buno; kibagwanira okusoka okulekera awo okutusa amazima bwegalirabika.*

¶ *Bwewatabangawo nsonga, Omuwereza nagamba omusaja nti*

GUNDI [*Onowasa,*] omukazi ono okuba mukaziwo, okubera naye nga Katonda bweyalagira mu Kufumbiriganwa okutukuvu? Onomwagalanga, onomusanyusanga, onomusangamu ekitibwa, onomukumanga nga mulwade era nga mulamu; onolekanga abakazi bona abalala, nobera naye yeka, enaku zona zemulimala nga muli balamu mwembi?

¶ *Omusaja ademu nti*

Nakolanga bwentyo.

¶ *Omukade nalyoka agamba omukazi nti*

GUNDI [*Onofumbirwa,*] omusaja ono okuba omusajawo, okubera naye nga Katonda bweyalagira mu Kufumbiriganwa okutukuvu? Onomuwuliranga, onomuwerezanga, onomwagalanga, onomusangamu ekitibwa, onomukumanga nga mulwade era nga mulamu;

Digitized by Google

onolekanga abasaja abalala bona, nobera naye yeka, enaku zona zemulimala nga muli balamu mwembi?

¶ *Omukazi ademu nti*

Nakolanga bwentyo.

¶ *Omuwereza nalyoka ayogera nti*

Ani agabye omukazi ono okufumbirwa omusaja ono?

¶ *Nebalyoka balairagana bwebati; Omuwereza agye omukazi mu mikono gya kitawe oba mukwanogwe, akwase omusaja nomukonogwe ogwadyo mu mukono gwomukazi ogwadyo, omusaja ayogere bwati ngada mu bigambobye nti*

NZE [*Gundi*] nkuwasa gwe [*Gundi*] okuba mukazi wange gwempasiża, okubera nawe okusoka lero, mu bubi ne mu bulungi, mu bugaga ne mu bwavu, mu bulwade ne mu bulamu, okukwagalanga, nokukukumanga okutusa okufa lwekulitwawukanya, nga Katonda bweyalagira. Era nkulairide bwentyo.

¶ *Batang'ane emikono; omukazi nomukonogwe ogwadyo akwate omusaja mu mukono ogwadyo, naye ayogere bwati ngada mu bigambo Byomuwereza nti*

NZE [*Gundi*] nkufumbirwa gwe [*Gundi*] okuba baze wange gwenfumbidwa, okubera nawe okusoka lero, mu bubi ne mu bulungi, mu bugaga ne mu bwavu, mu bulwade ne mu bulamu, okukwagalanga, nokukukumanga, nokukuwuliranga, okutusa okufa lwekulitwawukanya, nga Katonda bweyalagira. Era nkulairide bwentyo.

¶ *Nebalyoka batang'ana nate emikono; omusaja namuwa omukazi empeta, ngagitade ku kitabo. Omukade natola empeta nagiwa omusaja okuginanika ku ngalo eyokuna eyokumukono ogwa kono ogwomukazi. Nomusaja bwakwata ku mpeta, ngeri ku ngalo, nayogera ngada mu bigambo Byomukade nti*

Digitized by Google

NKUWASA nempeta eno, nkusamu ekitibwa nomubiri gwange, nkuwa ebintu byange byona ebyomunsi, mu Linya lya Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu. Amina.

¶ *Omusaja bwaleka empeta ku ngalo yomukazi eyokuna, bombi nebalyoka bafukamira, Omuwereza nayogera nti*

Tusabe.

AI Katonda owemirembe egitagwawo, Omutonzi era Omukumi wabantu bona, agaba ekisa kyona Ekyomwoyo, olukolo lwobulamu obutagwawo, bawe omukisagwo abadubo bano, omusaja ono nomukazi ono, betuwa omukisa mu Linyalyo; nga Isaka ne Lebeka bwebabera awamu nga besigwa, bwebatyo na bano, batukirize bakwatire dala endagano gyebalaganye gyebalaide (empeta eno eweredwa nekirizibwa ye mujulirwa, era ke kabonero kayo) babere enaku zona mu kwagalana okutukirivu nemirembe, bakwate empisa zewalagira; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Omukade nalyoka agata wamu emikono gyabwe egyadyo, ngayogera nti*

Katonda beyagata awamu omuntu yena tabāwukanyanga.

¶ *Omuwereza nalyoka abulira abantu nti*

KUBANGA *Gundi* ne *Gundi* bakiriza okufumbiriganwa mu butukuvu, era bategezeza bwebatyo mu maso ga Katonda nekibina kino, era balairaganye bwebatyo, era balaze bwebatyo nokuwa nokutola empeta, nokukwatagana mu mikono; mbogerako nti bano ye musaja nomukazi awamu abafumbiriganye, mu Linya lya Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu. Amina.

¶ *Omuwereza neyeyongera okuleta ebyomukisa bino.*

KATONDA Kitafe, Katonda Omwana, Katonda Omwoyo Omutukuvu, abawe omukisa, abawonye, abakume, Mukama abasasire, abatunulire nekisakye;

Digitized by Google

abajuze bwatyo nomukisa gwona Ogwomwoyo, nekisa, muberenga bwemutyo wamu mu bulamu obwa kakano, mu biro ebigenda okuja mubere nobulamu obutagwawo. *Amina.*

¶ *Omuwereza oba Abawereza bona nebalyoka bagenda awali Emeza ya Mukama wafe, nebogera oba nebaimba Zabuli eno.*

BEATI OMNES. *Zab.* cxxviii.

ALINA omukisa buli atya Mukama : atambulira mu makuboge.

Kubanga olirya emirimu gyengalozo : olisanyuka, oliraba ebirungi.

Mukaziwo aliba ngomuzabibu ogubala enyo : munda munjuyo;

Abanabo baliba ngemizeituni : nga betolola ediro]yo.

Laba, bwatyo bwalina omukisa omuntu : atya Mukama.

Mukama alikuwa omukisa okuva mu Sayuni : nawe oliraba Yerusalemi nga kirina ebirungi enaku zona ezobulamubwo.

Wewawo, oliraba abana babanabo : emirembe gibe ku Isiraeri.

Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana : neri Omwoyo Omutukuvu.

Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba : emirembe nemirembe. Amina.

¶ *Oba Zabuli eno.*

DEUS MISEREATUR. *Zab.* lxvii.

¶ *Zabuli bwegwa, omusaja nomukazi bwebafukamira awali Emeza ya Mukama wafe, Omukade ngaimiride awali Emeza, ngakyukide gyebali, nayogera nti*

Ai Mukama, otudiremu.
*Okudamu.* Ai Masiya, otudiremu.
*Omuwereza.* Ai Mukama, otudiremu.

Digitized by Google

KITAFE ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje. Byoyagala babikole munsi, nga bwebabikola mu gulu. Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafe, nga fe bwetubasonyiwa abatwonona. Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole mu bubi. Amina.

*Omuwereza.* Ai Mukama, lokola omuduwo nomuzanawo.

*Okudamu.* Abakwesiga gwe.

*Omuwereza.* Ai Mukama, obawereze okuberwa okuva mu kifokyo ekitukuvu.

*Okudamu.* Obakumenga enaku zona.

*Omuwereza.* Bera ekigo kyabwe ekinyuwevu.

*Okudamu.* Mu maso gabalabe babwe.

*Omuwereza.* Ai Mukama, wulira okusaba kwafe.

*Okudamu.* Okukowola kwafe kutuke gyoli.

*Omuwereza.*

AI Katonda wa Ibulaimu, Katonda wa Isaka, Katonda wa Yakobo, obawe omukisa abadubo bano, osige ensigo eyobulamu obutagwawo mu mitima gyabwe, byona byebanaiganga obulungi mu Kigambokyo ekitukuvu, babitukiririzenga dala mu bikolwa byabwe. Ai Mukama, obawe omukisa. Era nga bwewawa omukisa Ibulaimu ne Sala nobasanyusa nyo, kiriza okubawa bwotyo abadubo bano omukisagwo, bawulirenga byolagira, batule emirembe mu mukonogwo, babere mu kwagalakwo enaku zabwe zona, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Okusaba kuno bakulekenga omukazi ngaitiride ebiro ebyokuzaliramu abana.*

AI Mukama owekisa, Kitafe owomugulu, ayaza abantu olwomukisagwo; tukwegairide okubera nomukisagwo abantu bano bombi, bazale abana, bawangālire wamu mu kwagalana okuva eri gwe ne mu kwegendereza bwebatyo, balerenga abana babwe nga Abamasiya mu mpisa nungi, Erinyalyo litenderezebwe,

Digitized by Google

ligulumizibwe, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

AI Katonda, eyatonda ebintu byona namanyigo amangi nga tewanabawo kintu kiriwo; era (bwewamala okutekateka ebirala) eyalagira omukazi okuva mu musaja gwewatondera mu kifananyikyo gwe; nobagata wamu, noigiriza nga kya muzizo okwawula abo bewagata mu kufumbiriganwa; ai Katonda, eyatukuza okufumbiriganwa okuba ekyama ekirungi, nokulaga nolaga bwotyo mu kifananyi okufumbiriganwa okwomumwoyo nokukanya kwa Masiya Nekanisaye bwekuli; tunulira abadubo bano nokusasira, omusaja ono ayagalenga mukaziwe, nga Ekigambokyo bwekiri, (nga Masiya bweyayagala omugolewe ye Kanisa, neyewayo kulwayo, ngagyagala ngagikuma ngomubirigwe), era nomukazi ono aberenga nokwagala nekisa, nobwesigwa, awulirenga bawe; agoberenga abakazi abatukuvu abatyanga Katonda mu kwegendereza, ne mu bukakamu, ne mu mirembe, basikire obwakabakabwo obutaligwawo; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Omukude nalyoka ayogera nti*

KATONDA Ainza-byona, oluberyeberye eyatonda bajaja bafe Adamu ne Kawa, eyabatukuza nobagata wamu mu kufumbiriganwa; abafukeko obugaga obwekisakye, abatukuze, abawe omukisa. Mulyoke mumusanyuse nomubiri nomwoyo, mubere wamu mu kwagalana okutukuvu enaku zona ezobulamu bwamwe. *Amina.*

¶ *Bwewatabangawo kubulira okutegeza ebigwanira omusaja nomukazi, Omuwereza nalyoka asoma bwati,*

MWE mwena abafumbiriganye oba abagala okwetwalira okufumbiriganwa okutukuvu, muwulire Ebyawandikibwa ebitukuvu bwebyogera ku bigwanira abasaja eri abakazi babwe, nabakazi eri abasaja babwe.

Paulo Omutukuvu mu Baluwa gyeyawandikira

Abaefeso, mu sula eyokutano yalagira abasaja bona abafumbirwa bwati nti Abasaja, mwagalenga bakazi bamwe, era nga ne Masiya bweyayagala Ekanisa neyewayo kulwayo, agitukuze aginaze namaźi Olwekigambo; agyeretere Ekanisa eyekitibwa nga teriko bala, newakubade olufunyiro, newakubade ekintu kyona ekifanana bwekityo; naye ebere ntukuvu, nga teriko kabi. Abasaja kibagwanira okwagalanga bakazi babwe ngemibiri gyabwe bo. Ayagala mukaziwe yeyagala yeka; kubanga tewabangawo muntu eyali akyaye omubirigwe, naye agulisa agujanjaba, era nga Mukama wafe bwajanjaba Ekanisa: kubanga tuli bitundu bya mubirigwe, bya nyamaye, era bya magumbage. Omusaja kyanavanga aleka kitawe ne nyina neyegata ne mukaziwe; nabo bombi baliba mubiri gumu. Ekyo kyama kikulu; naye njogera ku Masiya Nekanisa. Naye buli muntu mumwe kinomu ayagalenga bwati mukaziwe nga bweyeyagala yeka.

Era Paulo oyo omutukuvu, bweyabawandikira Abakolosai abulira bwati abasaja bona abafumbirwa nti Abasaja, mwagalenga bakazi bamwe, so temubakayukiranga.

Era muwulire Petero omutukuvu, Omutume wa Masiya, naye eyafumbirwa ye nyini, bweyabulira abafumbirwa, nti Mwe abasaja, muberenga ne bakazi bamwe namagezi; nga musangamu ekitibwa omukazi, ngekibya ekitali kigumu; era ngabasikira awamu ekisa kyobulamu, okusaba kwamwe kuleme okuziizibwa.

Okutusa kakano muwulide ebigwanira omusaja eri omukazi. Namwe kakano bwemutyo, mwe abakazi, muwulire muige ebibagwanira eri abasaja bamwe, nga bwebiigirizibwa mu Byawandikibwa ebitukuvu obutabibusabusa.

Paulo omutukuvu mu Baluwa eya gyeyawandikira Abaefeso yabaigiriza bwati nti Abakazi, mugonderenga babamwe mwe, nga bwemugondera Mukama wafe. Kubanga omusaja gwe mutwe gwomukazi, era nga Masiya bwali omutwe Gwekanisa; era ye Mulokozi womubiri. Kale Ekanisa nga bwefugibwa Masiya,

nabakazi bwebatyo bafugibwenga bababwe bo mu bigambo byona. Era nate yayogera nti Omukazi yegenderezenga okutya bawe.

Ne mu Baluwa Paulo omutukuvu gyeyawandikira Abakolosai, aigiriza bwati mu bigambo si bingi, nti Abakazi, mugonderenga babamwe mwe, nga bwekisana mu Mukama wafe.

Era ne Petero omutukuvu abaigiriza bulungi nyo, ngayogera nti Mwe abakazi, mugonderenga babamwe mwe; obanga waliwo abatawulira Kigambo, nabo bafunibwe olwempisa za bakazi babwe awatali Kigambo; bwebalaba empisa zamwe enongofu ezigatibwa nokutya. Nokweyonja kwamwe tekubanga kwa kungulu okwokusunsula enviri, nokunanika zabu, newakubade okwambala ebyambalo; wabula omuntu owomukyama owomumutima, mu kweyonja okutavunda; gwe mwoyo omuwombefu omukakamu, ogulina omuwendo omungi mu maso ga Katonda. Kubanga bwebatyo nabakazi abatukuvu abeda, abesiganga Katonda, bwebeyonjanga, nga bagondera bababwe bo; era nga Sala bweyawuliranga Ibulaimu, ngamuita omwami; namwe muli banabe bwemunakolanga obulungi, songa temukankana olwokwekanga kwona.

¶ *Kirungi abakajanga bafumbiriganwe okugabirwanga Okusekimu okutukuvu nga kyebaje bafumbiriganwe, oba webanainzizanga nga bamaze okufumbiriganwa.*

---

## EBIGAMBO EBYOKULAMBULA ABALWADE.

¶ *Omuntu yena bwabanga alwade, bagendenga bategeze Omuwereza, owayo; oyo aje aingire mu nyumba yomulwade, ayogere nti*

EMIREMBE gibere ku nyumba eno, era kwabo bona abasulamu.

¶ *Ate bwaingira omulwade gyasiba afukamire, ayogere nti*

MUKAMA wafe, tojukiranga byonono byafe, newakubade ebyonono bya bajaja bafo: tudiremu, Mukama wafe omulungi,

Digitized by Google

odiremu abantubo, bewanunula nomusaigwo ogwomuwendo mungi, so totusunguwaliranga enaku zona.

*Okudamu.* Tudiremu, Mukama wafe omulungi.

¶ *Omuwereza nalyoka ayogera nti*

Tusabe.

Ai Mukama, otusasire.
*Ai Masiya, otusasire.*
Ai Mukama, otusasire.

KITAFE, ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje. Byoyagala babikole mu nsi, nga bwebabikola mu gulu. Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafe, Nga fe bwetubasonyiwa abatwonona. Totutwala mu kukemebwa. Naye otulokole mu bubi. Amina.

*Omuwereza.* Ai Mukama, lokola omuduwo.
*Okudamu.* Akwesiga gwe.
*Omuwereza.* Omubere, ngoima mu kifokyo ekitukuvu.
*Okudamu.* Era omukume nyo nyini.
*Omuwereza.* Toganya mulabe oyo okumukola ekibi.
*Okudamu.* Era nomubi tomuganya kumutukako okumulumba.
*Omuwereza.* Ai Mnkama, omuberere ekigo ekyamanyi.
*Okudamu.* Okumuwonya eri Omulabewe.
*Omuwereza.* Ai Mukama, wulira byetusabye.
*Okudamu.* Okukaba kwafe kutuke gyoli.

*Omuwereza.*

AI Mukama, gwe aima mu gulu, otunulire wansi, olabe omuduwo ono omujire, omubere. Omukyusizeko amasogo agekisa, omusanyuse, akwesige gwe weka, omuwonye mu kabi akomulabe oyo, era omukume, atule emirembe, aterere enaku zona; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

TUWULIRE, Ai Katonda Ainza-byona, owekisa ekingi; sasira omuduwo ono alumwa obulwade, omusasire, nga bwoisa: okubonereza kuno okutukuze, tukwegairide, ayongere okutegera bwoli Kitawe; era bwalowoza amanyige bwegali amatono, okukirizakwe kudemu amanyi, nokwenenyakwe kube kwa mazima dala: bwoyagala okumuwonya abe mulamu ate, amale enakuze zona ezikyasigadeyo ngakutya gwe, ngakugulumiza: bwoyagala awone, muwe ekisa okukugondera mu kulumwa okwa kakano, alyoke abere nawe mu bulamu obutaligwawo; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Omuwereza nalyoka abulira omulwade ebigambo bino oba ebigambo ebirala.*

OMWAGALWA enyo, wetegereze nga Katonda Ainza-byona, ye Mukama omuva obulamu nokufa, era ne byona ebibibako, bye

bino; obuvubuka, amanyi, okuba omulamu, obukade, obunafu, obulwade. Obulwadebwo kyebuva buva eri Katonda; wetegereze ensonga eno: omulwade gwe oboli awo; mpoẑi obulwade buẑe okukema okugumikirizakwo, abalala baigireko; era mpoẑi Katonda ayagala okukirizakwo okulabika ku lunaku lwa Mukama wafe nga kulungi, nga kusanide etendo nekitibwa, ekitibwakye kyeyongere, nawe osanyuke emirembe gyona; tetumanyi: mpoẑi obulwade buno buẑe okukyusa nokulongosa empisa ezitalabika nga nungi mu maso ga Kitawo ali mu gulu. Naye wetegereze nga obulwade buno bugenda okukuletera obulungi, bwokiriza okwenenya ebibibyo, era nokugumikiriza obulwadebwo. Ate kikugwanide okwesiga ekisa kya Katonda, Kubwomwanawe omwagalwa, ye Isa Masiya, era nokwebaza nobuwombefu Kitawo akuboneréẑa, nga wegonza okumuwulira nokukola kyayagala. Bwebutyo bwebugenda okukutwala mu kubo edungi erigenda mu bulamu obutagwawo.

¶ *Omuntu ngalwade nyo nyini, Omuwereza alekerenga wano okubulira oba atwalenga butwazi bwati*

KALE wulira bulungi okubonereza okwa Mukama: kubanga Paulo ayogera bwati mu Baebulaniya, esula ekumi nebiri, nti Mukama gwayagala amukangavula, era akuba buli mwana gwakiriza. Olwokukangavulwa kyemunavanga mugumikiriza, Katonda abakola nga bana; kuba mwana ki kitawe gwatakangavula? Naye bwemunaberanga awatali kukangavulwa, bona kwebasekimu, muli bebolereze, so si bana. Nate twalina bakitafe abomubiri gwafe abatukangavulanga, netubasamu ekitibwa: tetulisinga nyo kugondera kitawe wemyoyo, netuba abalamu? Kubanga bo batukangavulira enaku si nyingi nga bwebayagalanga; naye oyo atukangavula olwokutugasa, tulyoke tusekimu obutukuvubwe. Munange, ebigambo bino byawandikibwa mu Kitabo Ekitukuvu olwokutuigirizanga; tulyoke tugumikirizenga okubonereza okwa Kitafe ali mu gulu, nga tumwebaza, buli lwatuwereza obunaku olwobulungibwe obungi. Ate waliwo ekisanyusa enyo Abamasiya, kwe kufananyizibwa Masiya nga bagumikiriza nyo obwinike, nobunaku, nendwade. Kubanga oyo Masiya ye nyini esanyulye teryasoka kumubako, naye okulumwa kwe kwasoka; teyaingira mu kitibwakye nga tanaba kukomererwa ku musalaba. Nafe bwetutyo; esanyu eritagwawo tuligya mu kulumwa awamu ne Masiya; omulyango ogulituisa mu bulamu obutagwawo gwe guno; bwe butagana kufa awamu ne Masiya. Kale gumikiriza bwotyo obulwade obuinza okukola obulungi obwenkanawo; era nkwegairira mu linya lya Katonda okujukira bwewayatulira Katonda ngobatizibwa. Ate bwetuba nga tumaze okufa, tuliwoza mu maso goyo asala emisango egyensonga; tasaliriza. Kyemva nkwegairira okwekebera nokulowoza ngomaze okukola byona ebikugwanide eri Katonda neri abantu; werope kakano byokoze obubi, bikusinge,

olyoke osasirwe Katonda Kitafe kubwa Masiya; era olemo okusalirwa omusango okukusinga ku lunaku luli olwentisa olwomusango. Kale nange kankwatulire ebigambo ebyenzikiriza yafe, olyoke otegere nga okiriza ebyo ebisanide Omumasiya oba si wewawo.

¶ *Omuwereza nalyoka ayatula Ebigambo Ebyenzikiriza, ngayogera nti*

OKIRIŻA Katonda Kitafe Ainza-byona, Omutonzi wegulu nensi?

Ne Isa Masiya Omwanawe omu yeka Mukama wafe? Nga yazalibwa omuwala atamanyi musaja Malyamu, eyali olubuto Olwomwoyo Omutukuvu; nabonyabonyezebwa ku mirembe gya Pontio Pirato; nakomererwa ku musalaba; nafa, nazikibwa; naka emagombe mu bafu; era nga yazukira mu bafu ku lunaku olwokusatu, nagenda mu gulu; era ngatude ku mukono ogwadyo ogwa Katonda Kitafe Omuinza webintu byona; era ngalivayo okukomawo ku nkomerero yemirembe gino okusala omusango gwabalamu nabafu?

Era okiriża Nomwoyo Omutukuvu; Nekanisa entukuvu Enkatolika; Nokusekimu Okwabatukuvu: Nokusonyibwa ebibi; Nokuzukira kwomubiri; nobulamu obutagwawo bwetulimala okufa?

¶ *Omulwade nalyoka ademu nti*

Ebyo byona mbikiririża dala.

¶ *Omumereza nalyoka amubuza nga yenenyereża dala ebibibye; nga tewabawo gwakyawa; era amukutire okusonyiwa bona abali bayombye naye, obutakyusakyusa; oba ngakoze bubi muntu yena, amusasule bulungi nga bwainza. Ate amugambe okutesa bwayagala ebintubye okugabibwa, obanga tanatesa; era nokutegeza amabanjage gabanja bwegali, era nago galina bwegali; omwoyogwe guleme okumuluma, era ne bātikira okugaba ebintubye baleme okuteganyizibwa. Naye kirungi abantu bajukizibwenga emirundi mingi okutesa ebyabwe nga bakyali balamu.*

¶ *Ebigambo bino bitesebwe nga Omuwereża tanaba kutandika okusabakwe; akole nga bwayagala.*

¶ *Kimugwanide Omuwereza okutegeza balwade abalina ebintu nti ye mpisa nungi nyo okujukira abo abatalina bintu.*

¶ *Bino nga biwede, abulire omulwade okwatula ebibibye, omwoyogwe nga gumuluma nyo olwensonga yena emuzitowerede. Okwatula nga kuwede, era omulwade ngasaba nobuwombefu okusonyibwa, ebigambobye nga biva mu mwoyo, Omukade amusonyiwe bwati.*

MUKAMA wafe Isa Masiya eyawa ekanisaye obuinza obwokusonyiwa abalina ebibi bona abenenyereża dala, era abamwe-

Digitized by Google

siga, ye akusonyiwe gwe ebibibyo byona olwekisakyo ekingi; era olwobuinzabwo bwenawebwa, nkusonyiwa gwe ebibibyo; mu linya lya Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu. *Amina.*

¶ *Omukade nalyoka ayogera Esala eno edirira.*

Tusabo.

AI Katonda owekisa ekingi, gwoli wa kusasira kwerere, era ogyawo ebibi byabwe abenenyereża dala, nokubigyawo tobijukira nate: Erisolyo eryekisa lizibuke, litunulire omuduwo ono ayagala enyo okusonyibwa nokugyibwako ebibibye. Ai Kitafe atwagala enyo, mużemu ate kyona kyona Setani kyayononye nenkweze nekyejokye; kyona kyona ekiyononese okwagala okwomubirigwe ye nobunafubwe ye, ekyo kiżemu ate; kuma ekitundu kino ekirwade, kiberewo mu kanisa, ekanisa emu; lowoza bweyenenyeża, kiriza amazigago, susa obulwadebwe, nga bwolowoza bwekinamusanira; era kubanga yesiga ekisakyo kyoka, kyova tomusako bibi byeyakola eda, naye muwe amanyi Agomwoyowo gwetutendereza; era bwolisima okumugyawo, musembeze gyoli mu kwagalibwa; kubwobulungi Bwomwanawo omwagalwa enyo, Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Omuwereza nalyoka ayogera Zabuli eno.*

IN TE, DOMINE, SPERAVI. *Zab.* lxxi.

GWE, ai Mukama, gwenesiga; nemo okukwatibwa ensonyi enaku zona: ondokole mu butukirivubwo, omponye; ontegere okutu, ondokole.

Obere gyendi olwazi olwokutulako, wenainzanga okwoyuna bulijo: walagira okundokola; kubanga gwoli lwazi lwange era ekigo kyange.

Omponye, ai Katonda wange, mu mukono gwomubi, mu mukono gwomuntu atali mutukirivu, omukambwe.

Kubanga gwoli subi lyange, ai Mukama Katonda: gwe gwenesiga okuva mu buto bwange.

Gwe wampanirira okuva mu lubuto: gwe wanziya mu byenda bya mange: gwe gwenatenderezanga enaku zona.

Ninga ekitalo eri abantu abangi; Naye gwoli kidukiro kyange ekyamānyi.

Akamwa kange kanajulanga etendolyo, nekitibwakyo okuzibya obude.

Tonsula mu biro ebyobukade; tondeka amānyi gange bwegalimbula.

Kubanga abalabe bange banjogerąko: nabo abatega ememe yange batesa wamu, nga bogera nti Katonda amuleso: mugoberere mumukwate; kubanga tewali anamuwonya.

Ai Katonda, tombera wala: ai Katonda mange, yanguwa okumbera.

Digitized by Google

Bakwatibwe ensonyi bazikirire abakyawa ememe yange; baswazibwe banyomebwe abagala okunkola obubi.

Naye ndisubira enaku zona, era nayongeranga okukutendereza bulijo.

Akamwa kange kalitendera obutukirivubwo, nobulokozibwo okuzibya obude; kubanga omuwendo gwabyo sigumanyi.

Ndija nebikolwa ebyamanyi ebya Mukama Katonda: ndyogera ku butukirivubwo, kububwo bwoka.

Ai Katonda, gwe wanjigiriza okuva ku buto bwange: era okutusa lero nabuliranga ebikolwabyo ebyekitalo.

Wewawo, bwendiba nkadiye era 'meze envi, ai Katonda, tondekanga: okutusa lwendibulira amanyigo emirembe egija okubawo, nobuinzabwo buli muntu agenda okuja.

Era nobutukirivubwo, ai Katonda, bugulumivu nyo: Gweyakola ebikulu, ai Katonda, afanana nga gwe ani?

Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana: neri Omwoyo Omutukuvu:

Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba: emirembe nemirembe. Amina.

¶ *Era aseko ebigambo bino.*

GWE Omulokozi wensi, eyalokola abantu bona abomu nsi, gwe eyatununula nomusalabagwo, era nomusaigwo, tulokole, tubere, tukwegairide, ai Mukama.

¶ *Omuwereza nalyoka ayogera nti*

MUKAMA Ainza-byona abera ekigo kyabwe ekyamanyi bona abakwesiga, gwebivunamira, gwebiwulira byona ebiri mu gulu, ne mu nsi ne wansi wensi, ye akukume kakano nenaku zona: era akuwe okumanya, era nokutegera nti tewali na Linya edala wansi wegulu eryawebwa abantu eriinza okutuwa, era nokutuletera obulamu nobulokozi, wabula Erinya lya Mukama wafe Isa Masiya lyoka. Amina.

¶ *Nalyoka ayogera nti*

ERI ekisa ekingi ekya Katonda, tukuwayo akukume, Mukama akuwe omukisa, akukume; Mukama akwakize amasoge akukwatirwe ekisa. Mukama akuimusize obwenyibwe, akuwe emirembe, kakano nemirembe gyona. *Amina.*

---

*Okusabira omwana omulwade.*

KATONDA Ainza-byona, era Kitafe owekisa kyona, gwe weka Gwoinza okufuga ebireta obulamu nebireta okufa; tunulira namaso agekisa ngoima mu gulu omwana ono omulwade; Omujire, Ai Mukama, nobulokozibwo: omuwonye mu kulumwa okwomubiri

Digitized by Google

nga kyewatesa kitukiride, era kulwekisakyo wonya obulamubwe: Nga osīmye okumuwangāza enaku ku nsi, muwe okubera omulamu mu masogo, akugulumizenga, ngakuwereza nobwesigwa, era ngakola bulungi mu mirembegye: oba nga tosīmye bwotyo, mukirize okuingira mu nyumba ziri ezomu gulu mwegibera emyoyo gyabwe abebaka mu Mukama Isa, nga gitula emirembe, era nga gisanyuka emirembe gyona: Tuwe ebyo, ai Mukama, olwekisakyo, Kubwomwanawo oyo, Mukama wafe Isa Masiya, abera omulamu, afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, Katonda omu, emirembe gyona. *Amina.*

*Okusabira omulwade atainza kuwona.*

AI Kitafe owokusasira, era Katonda owokusanyusa kwona, omubezi wafe omu bwetulabye enaku: Tudukira gyoli otubere: omuduwo agalamide wano wansi womukonogwo, amanyi gona nga gamuvudemu. Mulabeko, Ai Mukama, musasire: omuntu owokungulu nga bwayongera okugwawo, yongera bwotyo, tukwegairide, okumuwa amanyi, buli kasera amanyi agekisakyo, era Agomwoyo Omutukuvu munda mu muntu owomunda: Muwe okwenenya okutalimu bunanfusi: yenenye ebibi byona byeyakola eda: era muwe okukiriza okunyuwevu mu Mwanawo Isa: ebibibyo bigyibwewo olwekisakyo: okusonyibwakwe kutekebweko akabonero mu gulu, nga tanava muno obutakyalabika. Tumanyi, ai Mukama, nti tewali kigambo nekimu kyotoinza kukola: era bwoyagala, oinza kakati okumugolokosa nokumuwangāza okulwawo nafe. Naye kubanga alabika nganatera okufa olumbe, mutegeke, mulongose, tukwegairide, ekisera ekyokufiramu nga kituse, ave muno emirembe, nga awebwa omukisagwo, era obulamubwe buingizibwe mu bwakabakabwo obutaligwawo: olwobulungi bwa Isa Masiya, nokutangirirakwe, Omwanawo omu, Mukama wafe, era Omulokozi wafe. *Amina.*

*Okusabira omukisa omulwade ngaja okufa.*

KATONDA Ainza-byona, emyoyo egyabatukuvu abamaze okutukirizibwa gibera ewuwo, nga gimaze okutēbwa okuva mu komera, gwe mubiri gwabwe: Tusaba nobutefu omukisagwo okuba ku bulamu bwomuduwo ono, owoluganda gwetwagala: tumuwayo mu mikono Egyomutonzi omwesigwa, era Omulokozi owekisa ekingi. Bunaze, tukwegairira, mu musai ogwomwana wendiga oli ataliko kamogo, eya'tibwa okugyawo ebibi byensi: obulamu bubade buyononese mu nsi eno eyebibi nenaku, olwokwegomba okwomubiri nolwenkwe eza Setani: longosa okwonona okwo, kugyewo, obulamubwe bulyoke buletebwe gyoli nga bulongofu, nga tebuliko kamogo. Era otuigirize fe abasigadewo, abalaba olumbe nga bwerukwata abantu, okutegera bwetuli abanafu, abokugwawo: tubale enaku zafe nokubala, nga tukyali

Digitized by Google

muno, tulyoke tufune omutima ogulimu amagezi amatukuvu agava mu gulu, againza okututusa mu bulamu obutagwawo, bwetubanga tufude: olwobulungi bwa Isa Masiya Omwanawo omu yeka Mukama wafe. *Amina.*

*Okusabira abantu abalumwa omwoyo olwekibi kyebakola.*

AI Mukama gwetutendereza, Kitafe owokusasira, Katonda owokusanyusa kwona: Tukwegairira, tuunlira nekisa omuduwo ono alabye enaku enyingi, musasire: Owandise ku ye ebigambo ebimuzitowerera: ebibi byeyakola eda tainza kubyerabira: obusungubwo bumunyigiride nyo: omwoyogwe negumuluma nyini: naye, ai Katonda owokusasira, eyawandisa Ekitabo Ekitukuvu olwokutuigirizanga, fe tulyoke tubemu esubi nga tugumikiriza era nga tusanyusibwa Ebyawandikibwabyo Ebitukuvu: muwe okutegera bulungi ebibibye bwebiri, era nebigambobyo ebyokutisa bwebiri, era ebyokusubiza; aleme okuvamu omwoyo nokukuvako, naye yesige gwe weka. Muwe amanyi buli lwakemebwa, awangule; era wonya obulwade bwona obwomu mwoyo. Olumuli olwatifu tolumenya, so nenfusi ezinyoka tozizikiza. Tosiba okusasirakwo okulungi nga osunguwade: naye muwulize esanyu nokwesima, amagumba gewamenya gasanyuke. Muwonye aleme okutya omulabe oyo; mwākize omusana ogwobwenyibwo, muwe emirembe: olwobulungi bwa Isa Masiya Mukama wafe, era Omuwolereza wafe. *Amina.*

---

## OKUSEKIMU OKWABALWADE.

¶ *Kubanga abantu bona abafa bajirwa mangwago nga tebamanyiride akabi kangi nendwade nolumbe, era bulijo tebamanyi ekisera bwekiriba mwebalivira mu bulamu buno; kale abantu babere enaku zona nga betesetese okufa, Katonda Omuinza webintu byona buli lwalyagala okubaita, Abawereza kyebanavanga banyikira buli kasera (naye okusinga mu biro bya kawumpuli oba endwade endala ekwata abangi) okubulirira abo bebaigiriza okutolanga emirundi mingi Okusekimu okutukuvu Okwomubiri Nomusai Gwomulokozi wafe Masiya, bwekunagabirwanga mu lwatu mu Kanisa; bwebakola bwebatyo baleme okuba nensonga eyokweralikirira, bwebalijirwa nga tebamanyiride, olwobutaba nakwo. Naye omulwade bwaliba nga tainza kuja mu Kanisa, naye ngayagala okuwerwa Okusekimu mu nyumbaye; awo amutegezenga Omuwereza ebanga deneko nga weriri, era nganyonyola bwebenkana abagenda okusekimu naye, (era baliwera basatu, oba babiri obanga batono,) natekateka ekifo ekisana mu nyumba yomu-*

*lwade, nebintu byona ebigwanye nga bitegekedwa bwebityo Omuwereza awereze bulungi, awererezenga eyo Okusekimu okutukuvu, ngasokera ku Sāla, Nebaluwa, Nenjiri, bibino.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, abera omulamu emirembe gyona, Omutonzi wabantu, akangavula abo boyagala, nobonereza buli gwokiriza; tukwegairide okusasira omuduwo ono ajiridwa omukonogwo, nokumuwa agumikirize endwadeye, era omubirigwe guwonyezebwe, (obanga bwoyagala bwotyo olwekisakyo:) era obulamubwe bwebuliva mu mubiri, buletebwe gyoli nga tebuliko kamogo; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EBALUWA. *Beb.* xii. 5.

MWANA wange, tonyomanga kukangavula kwa Mukama, so todiriranga bwakunenyanga; kubanga Mukama gwayagala amukangavula, era akuba buli mwana gwakiriza.

ENJIRI. *Yok.* v. 24.

DALA dala mbagamba nti Awulira ekigambo kyange, nakiriza oyo eyantuma, alina obulamu obutagwawo, so taliingira mu kusalirwa omusango; naye ngavude mu kufa ngaingide mu bulamu.

¶ *Awo Omukade nalyoka asoma ebimaze okulagirwa Ebyokusekimu okutukuvu, ngasokera ku bigambo ebyo nti* Mwe abenenyereża dala.

¶ *Mu biro ebyokugaba Esakalamento entukuvu, Omukade anasokanga okutola Okusekimu ye ye nyini, nalyoka agabira abo abatekedwawo okuwerwa awamu nomulwade, namalira ku mulwade.*

¶ *Naye omuntu bwatawebwa Sakalamento ya Mubiri na Musai gwa Masiya, kubanga endwadeye enyikide nyo, oba kubanga tabulide Muwereza ebanga nga weriri, oba abantu nga babuze abokusiza ekimu awamu naye, oba olwensonga endala yona eyamazima, awo Omuwereza anamuigirizanga nti obanga yenenyereża dala ebibibye nakiririza dala nga Isa Masiya ya'tirwa ku Musalaba kululwe nayiwa Omusaigwe olwokumununula, ngajukira nyo ebirungi byawerwa mwebyo, era ngamubyebaza nomwoyo, okulya alya nanywa bulungi Omubiri Nomusai Gwomulokozi wafe Masiya Obulamubwe nebufuna amanyi, newakubade nga tatola Sakalamento nakamwake.*

¶ *Omulwade bwalambulwa nawebwa Okusekimu okutukuvu, byombiriri mulundi gumu, awo Omukade, aleme okulabirirwa*

Digitized by Google

*enyo, anasalanga ebigambo ebyokulambula ngatuse ku Zabuli nti* Gwe, ai Mukama, gwenesiga, *nasomera awo Okusekimu.*

¶ *Mu biro ebya kawumpuli oba endwade eyentuyo oba mu biro ebifanana bwebityo endwade ekwata abangi nga weri, abomukifo bona ne bane nga baganyi okusiza ekimu awamu nomulwade mu nyumba zabwe, nga batide endwade okubakwata, omulwade bwanegairiranga kububwe, Omuwereza yeka omuntu omu ainza okusiza ekimu awamu naye.*

---

## EBYOKUZIKA ABAFU.

¶ *Ebigambo bino si bya kuzika abo abafu nga tebanabatizibwa oba ngá bagobebwa mu Kanisa, oba nga be'ta boka.*

¶ *Omukade Nabawereza bwebasisinkana omulambo mu muzigo gwekifo kyebazikamu, bagukulembere, nga baingira mu Kanisa oba awali entana, nga bogera oba baimba nti*

NZE kuzukira, nobulamu: akiriza nze, newakubade ngafude, aliba mulamu: na buli muntu mulamu akiriza nze talifa emirembe nemirembe. *Yok.* xi. 25, 26.

MANYI nga Omununuzi wange aba mulamu, era ngaliimirira kunsi enkomerero: era ediba lyomubiri gwange bweririmala okuzikirizibwa bwerityo, naye mu mubiri gwange ndiraba Katonda: gwendiraba nze mwene, namaso gange galimutunulira, so si mulala. *Yobu* xix. 25–27.

TETWALETA kintu munsi, kubanga era tetuinza kugyamu kintu. Mukama ye yawa, era Mukama yagyewo; erinya lya Mukama lyebazibwe. *Yobu* i. 21; 1 *Tim.* vi. 7.

¶ *Bwebamala okuingira mu Kanisa basome Zabuli zino, oba zombi oba emu.*

DIXI, CUSTODIAM. *Zab.* xxxix.

NAYOGERA nti Ndyekuma amakubo gange, neme okwononya olulimi lwange:

Ndisiba akamwa kange nolukoba, omubi ngali mu maso gange.

Nasiruwala obutayogera, nasirika, newakubade ebirungi sabyogera; okunakuwala kwange nekweyongera.

Omutima gwange negwaka munda yange; bwenali ndowoza, omuliro negukolera: nendyoka njogera nolulimi lwange:

Mukama, ontegeze enkomerero yange, nekigero ekyenaku zange bwekiri; ntegere bwendi omumenyefu.

Digitized by Google

Laba, enaku zange wazikola ngenta; nobulamu bwange buli nga si kintu gyoli: mazima, buli muntu, bwanyuwerera dala, muka buka.

Mazima, buli muntu atambula mu kifananyi ekitalimu. Mazima, beralikiririra bwerere: akuma obugaga, so tamanya agenda okubutwala.

Ne kakano, Mukama, nindirira ki? Eri gwe gyensubira.

Onziye mu byonono byange byona: tonfula kivumo kya basirusiru.

Nasiruwala, sayasama kamwa kange; kubanga wakikola.

Onziyeko omugogwo: malidwamu amanyi olwokukuba kwomukonogwo.

Bwobuliriranga omuntu nokunenya olwobutali butukirivu, ommaliramu dala obulungibwe, ngenyenje: mazima, buli muntu muka.

Wulira okusaba kwange, ai Mukama, okirize okukaba kwange; tosirikira maziga gange:

Kubanga nze ndi mugenyi gyoli, omutambuze, nga bajaja bange bona bwebali.

Onsasire, ndyoke nziremu amanyi, nga sinava muno nesiborawo.

Ekitibwa kibe eri Kitafe neri Omwana: neri Omwoyo Omutukuvu;

Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba: emirembe nemirembe. Amina.

## DOMINE, REFUGIUM. *Zab.* xc.

MUKAMA, gwe wali kifo kyafe ekyokutulamu mu mirembe gyona.

Ensozi nga tezinazalibwa, era nga tonabumba nsi nebintu, okuva mu mirembe gyona okutusa mu mirembe gyona, gwe Katonda.

Osindika abantu mu kuzikirira; era oyogera nti Mudeyo, mwo abana babantu.

Kubanga emyaka olukumi mu masogo giri ngolwajo olwaita, era ngekisisimuka kyekiro.

Obatwalira dala nga mukoka; bali ngotulo: enkya bali ngomudo ogumera.

Enkya guloka, gumera; akawungezi nga gusalidwa, era nga guwotose.

Kubanga obusungubwo butumalawo, era bwonyiga netweralikirira.

Otade obutali butukirivu bwafe mu masogo, ebibi byafe ebyekyama mu musana gwamasogo.

Kubanga enaku zafe zona ziita mu busungubwo; emyaka gyafe gigwawo ngekirowozo.

Enaku zemyaka gyafe gye myaka nsanvu, era naye amanyi

gaweza emyaka ekinana; naye amalala gabwe kwe kutegana nokunakuwala kwerere; kubanga gaita mangu, nafe netubula.

Ani amanyi obuinza obwobusungubwo, nokunyiga nga bwogwanira okutibwa?

Otuigirize tubale bwetutyo enaku zafe, tulyoke tufune omutima omugezigezi.

Okomewo, ai Mukama; olitusa wa? Era wejuse mu bigambo ebyabadubo.

Otu'kuse enkya nokusasirakwo; tusanyuke, tujaguze enaku zafe zona.

Otusanyuse ngenaku bweziri zewatubonyabonyezamu, era ngemyaka bwegiri gyetwalabiramu obubi.

Omulimugwo gulabikire abadubo, nekitibwakyo kirabike ku bana babwe.

Era nobulungi bwa Mukama Katonda wafe bubere kufe: era otunyuwereze emirimu gyemikono gyafe; wewawo, emirimu gyemikono gyafe oginyuweze.

Ekitibwa kibe eri Kitafe neri Omwana: neri Omwoyo Omutukuvu;

Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba: emirembe nemirembe. Amina.

¶ *Nebalyoka basoma ekitundu ekisomebwa ekigyibwa mu sula eyekumi netano Eyomubaluwa eyoluberyeberye Paulo omutukuvu gyeyawandikira Abakolinso.*

1 *Kol.* xv. 20.

NAYE kakano Masiya yazūkizibwa mu bafu, gwe mwāka omuberyeberye ogwabo abebaka. Kubanga okufa (bwekwabawo) kubwomuntu, era nokuzūkira kwabafu (kwabawo) kubwa muntu. Kuba bona nga bwebāfa mu Adamu, era bwebatyo mu Masiya bona mwebalifūkira abalamu. Naye buli muntu mu kifokye ye: Masiya gwe mwāka omuberyeberye; oluvanyuma aba Masiya mu ku'jakwe. Enkomerero neryoka (etūka) bwaliwayo obwakabaka eri Katonda ye Kitāwe; bwaliba ngamaze oku'gyawo okufuga kwona namānyi gona nobuīnza. Kubanga kimugwānira okufugānga okutūsa lwali'sā abalabebe bona wansi webigerebye. Omulabe owenkomerero ali'gyibwawo kwe kufa. Kubanga (kyawandikibwa nti) Ya'sā byona wansi webigerebye. Naye bwayogera nti Byona bya'sibwa wansi, kitegērekeka ngoyo teya'sibwa wansi eya'sā byona wansiwe. Naye byona bwebirimala oku'sibwa wansiwe, era Nomwāna ye nyini nālyoka a'sibwa wansi woyo eya'sā byona wansiwe, Katonda alyoke abērēnga byona mu byona. Kubanga balikola batya ababatizibwa kulwabafu? obanga abafu tebazūkizibwa dala, kiki ekibabatizisa kulwabo? Na'fe lwa ki okubēra mu kabi buli kasēra? Nfa bulijo, ndāi'de okwenyumiriza

Digitized by Google

okwo kulwa'mwe, okweninakwo mu Masiya Isa Mukama wa'fe. Obanga nalwāna nensolo mu Efeso ngomuntu obuntu, ngasibwa ntya? Obanga abafu tebazūkizibwa, tulye tunywe, kubanga tufa enkya. Temulimbwānga: Okukwāna nababi kwōnōna empisa enūngi. Mutamīrukukēnga mu butūkirivu, 'sō temwōnōnānga; kubanga abalala tebategēra Katonda: njoge'de kubakwasa nsonyi. Naye omuntu alyogera nti Abafu bazūkizibwa batya? era mubiri ki gweba'ja nagwo? Musirusiru, 'gwe egyosiga teba namu wabula ngefa: negyosiga, tosiga mubiri oguliba, wabula mpeke njerēre, mpo'zi ya ng'āno, oba ya ngeri ndala; naye Katonda agiwa omubiri nga bwayagala, era buli nsigo (agiwa) omubiri gwayo yo'ka. Enyama yona si nyama emu: naye endala ya bantu, nendala ya nsolo, nendala ya nyonyi, nendala ya bya nyanja. Era (waliwo) emibiri egyomu'gulu nemibiri egyomunsi: naye ekitībwa ekyegyomu'gulu kirala, nekyegyomunsi kirala. Ekitībwa kyenjuba kirala, nekitībwa kyomwezi kirala, nekitibwa kyemunyenye kirala: kubanga emunyenye teyenkana na gi'nayo ekitībwa. Era nokuzūkira kwabafu bwekutyo. Gusigibwa mu kuvūnda; guzūkizibwa mu butavūnda: gusigibwa awatali kitībwa; guzūkizibwa mu kitībwa: gusigibwa mu bunafu; guzūkizibwa mu mānyi: gusigibwa mubiri gwa mu'ka; guzūkizibwa mubiri gwa mwoyo. Obanga waliwo omubiri gwomu'ka, era waliwo nogwomwoyo. Era bwekityo kyawandikibwa nti Omuntu owoluberyeberye Adamu yafūka mu'ka mulamu. Adamu owoluvanyuma (yafūka) mwoyo oguleta obulamu. Naye ekyomwoyo tekisoka, wabula ekyomu'ka; oluvanyuma kya mwoyo. Omuntu owoluberyeberye yava munsi, wa 'taka: omuntu owokubiri yava mu 'gulu. Ngoli owe'taka (bweyali), era nabe'taka (bwebali) bwebatyo: era ngoli owomu-'gulu (bwali), era nabomu'gulu (bwebali) batyo. Era nga bwetwatwāla ekifananyi kyoli owe'taka, era tulitwāla nekifananyi kyoli owomu'gulu. Naye kino kyenjogera, aboluganda, ngomubiri nomusai tebiīnza kusikira bwakabaka bwa Katonda; 'sō okuvūnda tekusikira butavūnda. Laba, mbabūlira ekyāma: tetulyebaka 'fena, naye 'fena tulifūsibwa, mangwāgo, nga kutemya kikowe, akagōmbe akenkomerero bwekalivuga: kubanga kalivuga, nabafu balizūkizibwa obutavūnda, na'fe tulifūsibwa. Kubanga oguvūnda guno kigugwānira okwambala obutavūnda, nogufa guno okwambala obutafa. Naye oguvūnda guno bweguliba nga gumaze okwambala obutavūnda, nogufa guno okwambala obutafa, ekigambo ekyawandikibwa nekiryoka kitūkirira nti Okufa kumiri'dwa mu kuwāngula. 'Gwe okufa, okuwāngulakwo kuliruiwa? 'Gwe okufa, okulūmakwo kuliruiwa? Okulūma kwokufa kye kibi; namānyi gekibi ge matēka: naye Katonda yebazibwe, atuwānguza 'fe kubwa Mukama wa'fe Isa Masiya. Kale, baganda bāuge abāgalwa, munywērēnga obutasagasagana, nga mweyongerānga bulijo mu mulimu gwa Mukama (wa'fe), kubanga mumanyi ngokufuba kwa-'mwe si kwa bwerēre mu Mukama (wa'fe).

Digitized by Google

¶ *Webatuka ku ntana, bwebaba nga banatera okuteka omulambo mu taka, Omukade ayogere oba Omukade Nabawereza baimbe:*

OMUNTU azalibwa omukazi abera mulamu akasera katono, era ajula kutegana. Aloka era asalibwa ngomudo; abula ngekisikirize, so tabera mu kifo kimu.

Wakati mu bulamu, tuli mu kufa; tunadukira eri ani okutubera wabula eri gwe, ai Mukama alina obusungu obwensonga olwebibi byafe?

Naye, ai Mukama, Katonda omutukuvu enyo, era asinga bona obuinza, ai Omulokozi omutukuvu era asinga bona ekisa, totuwayo mu bulumi obungi obwokufa okutakoma.

Gwomanyi, Mukama, ebyama ebyomumitima gyafe; toziba matugo agekisa olwokusaba kwafe: naye otusasire, Mukama omutukuvu enyo, ai Katonda asinga bona obuinza, ai Omulokozi omutukuvu alina okusasira, gwe Omulamuzi omulungi owemirembe nemirembe, entuko zafe bweziritaka ezokufa, totuleka kuva mu mukonogwo, olwobulumi bwona obwokufa.

¶ *Awo, abaimiride okumpi bwebafuka etaka ku mulambo, Omukade nayogera nti*

KUBANGA Katonda Ainza-byona ayagade olwekisakye ekingi okutwala ewuwe obulamu bwa owoluganda oyo omwagalwa afude, kyetuva tuteka omubirigwe mu taka; etaka mu taka, evu muvu, nfufu mu nfufu; nga tusubira, nga tetubusabusa, nga tutegerede dala nga tuliraba okuzukizibwa eri obulamu obutakoma, kubwa Mukama wafe Isa Masiya; aliwanyisa emibiri gyafe egitali gya kitibwa, giryoke gifanane nomubirigwe ogwekitibwa, ngamanyige amangi agakola bwegali, agalimuinzisa okwejemulira ebintu byona.

¶ *Nebalyoka bogera oba nebaimba nti*

NAWULIRA edobozi eriva mu gulu nga ling'amba nti Wandika nti Bawcredwa omukisa abafu, abafira mu Mukama wafe okutanula lero; wewawo, bwayogera Omwoyo, balyoke bawa'mule mu kutegana kwabwe.

¶ *Omukade nalyoka ayogera nti*

Ai Mukama, tudiremu.
*Ai Masiya, tudiremu.*
Ai Mukama, tudiremu.

KITAFE ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje. Byoyagala babikole munsi, nga bwebabikola mu gulu. Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafe, nga fe bwetubasonyiwa abatwonona. Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole mu bibi. Amina.

*Omukade.*

AI Katonda Ainza-byona, emyoyo gyabo abafira wano mu Mukama wafe, gyoli baba balamu era emyoyo gyabo abakiriza bwegimala okuva mu mugugu gwomubiri guno gibera nawe nga gisanyuka; tukwebaza nyo, kubanga oyagade okulokola owoluganda ono mu naku ezomunsi eno eyebibi; tukwegairira, oyagale olwekisakyo ekirungi, okutukiriza amangu omuwendo gwabalondebo; nokwanguyako obwakabakabwo; fe wamu nabo bona abafa nga bakiriza namazima Erinyalyo etukuvu, tulyoke tufune esanyu lyafe eritukirira eritabulako, eryomumubiri neryomumwoyo, mu kitibwakyo ekitakoma ekitagwawo; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

ESALA.

AI Katonda owokusasira, Kitawe wa Mukama wafe Isa Masiya, ye kwe kuzukira nobulamu; buli akiriza oyo aliba mulamu newakubade ngafude; na buli mulamu amukiriza, talifa emirembe nemirembe; era eyatuigirizisa Omutumewe omutukuva Paulo, obutanakuwaliranga abo abebakira muye, ngabatalina subi; tukwegairira nobuwombefu, ai Kitafe, okutuzukiza fe mu kufa okwebibi eri obulamu obwobutukirivu; bwetuliva mu bulamu buno, tuwumulire bwetutyo muye, nga bwetusubira nti owoluganda ono bwawumude; era mu kuzukira kwabantu bona ku lunaku olwenkomerero, tulabike ngabasimibwa mu masogo; tuwebwe omukisa ogwo, Omwanawo omwagalwa gwalibawa bona ku lunaku luli abamwagala era abamutya, ngagamba nti Muje, abana Kitange beyawa omukisa, musikire obwakabaka obwabatekerwatekerwa ensi zona nga tezinabawo; otuwe ebyo, tukwegairide, ai Kitafe owokusasira kwona, kubwa Isa Masiya, Omuwolereza wafe era Omununuzi wafe. *Amina.*

EKISA kya Mukama wafe Isa Masiya, nokwagala kwa Katonda, nokusekimu Okwomwoyo Omutukuvu, bibere nafe fena, emirembe egitagwawo. *Amina.*

---

# OKWEBAZA KWABAKAZI NGA BAMAZE OKUZALA.

¶ *Omukazi bwamalanga okuzala, ekisera nga kiisewo ngempisa bweri, anaingiranga mu Kanisa ngayambade ebisana, nafukamira omwo mu kifo ekisana, ngempisa bweri, oba ngomulabirizi bwanalagiranga: Omukade nalyoka amugamba nti*

KUBANGA Katonda Ainza-byona asimye olwekisakye okukuzaza obulungi, era akuwonyeża mu kabi akangi akokuzala; kyonova omwebaliza dala Katonda noyogera nti

¶ (*Awo Omukade nalyoka ayogera Zabuli eyekikumi mu kumi nomukaga.*)

*Zab.* cxvi. DILEXI QUONIAM.

MWAGALA Mukama : kubanga awulide edobozi lyange nokwegairira kwange.

Kubanga antegede okutu : kyenava mukowolanga nga nkyali mulamu.

Emigwa egyokufa gyansiba : nokulumwa kwamagombe kwankwata : nindaba enaku nokutegana.

Nindyoka nkowola erinya lya Mukama : nti Ai Mukama, nkwegairide, omponye ememe yange.

Mukama wa kisa, era mutukirivu : wewawo, Katonda wafe alina okusasira.

Mukama akuma abo abatalina nkwe : najezebwa, nandokola.

Komawo mu kiwumulokyo, gwe ememe yange : kubanga Mukama akukolede ebyekisa ekingi.

Kubanga omponyeźa ememe yange okufa : amaso gange obutakaba maziga : nebigere byange obutagwa.

Natambuliranga mu maso ga Mukama : munsi yabalamu.

Nzikiriza, kubanga ndyogera : nabonyabonyezebwa nyo : ninjogera nga nyanguwa : nti Abantu bona bulimba.

Kiki kyendisasula Mukama : olwebirungibye byona eri nze ?

Nditola akaleku akobulokozi : era ndikowola erinya lya Mukama.

Ndisasula obweyamo bwange eri Mukama : wewawo, mu maso gabantube bona.

Okufa kwabatukuvube : kwa muwendo mungi mu maso ga Mukama.

Ai Mukama, mazima nze muduwo : nze muduwo, era omwana womuzanawo ; osumulude ebyansiba.

Ndikuwa sadaka eyokwebaza : era ndikowola erinya lya Mukama.

Ndisasula obweyamo bwange eri Mukama : wewawo, mu maso gabantube bona ;

Mumpya zenyumba ya Mukama : wakati mugwe gwe Yerusalemi. Mumutendereze Mukama.

Ekitibwa kibe eri Kitafe neri Omwana : neri Omwoyo Omutukuvu ;

Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba : emirembe nemirembe. Amina.

*Oba Zabuli eyekikumi mwabiri mu musanvu.*

*Zab.* cxxvii. NISI DOMINUS.

MUKAMA bwatazimba nyumba, abagizimba bakolera bwerere : Mukama bwatakuma kibuga, omukumi atunulira bwerere.

Mukolera bwerere bwemukera okugolokoka, era bwemulwawo

Digitized by Google

enyo okwebaka, era bwemulya emere eyokutegana : kubanga bwabawa bwatyo otulo abagalwabe.

Laba, abana bwe busika bwa Mukama : nebibala ebyolubuto ye mperaye.

Ngobusale bwebuli mu mukono gwomuzira : abana abomubuvubuka bwebali bwebatyo.

Alina omukisa omuntu omufukogwe bwegujula abo : tebalikwatibwa nsonyi, bwebalyogerera nabalabe babwe mu mulyango.

Ekitibwa kibe eri Kitafe neri Omwana : neri Omwoyo Omutukuvu ;

Nga bwekyali oluberyeberyo bwekiri ne kakano, bwekiriba : emirembe nemirembe. Amina.

¶ *Awo Omukade nalyoka ayogera nti*

Tusabe.

Mukama, tusasire.
*Masiya, tusasire.*
Mukama, tusasire.

KITAFE, ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje Byoyagala babikole munsi, Nga bwebabikola mu gulu. Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafe, Nga fe bwetubasonyiwa abatwonona. Totutwala mu kukemebwa; Naye otulokole mu bubi: Kubanga obwakabaka, nobuinza neki tibwa bibyo, Emirembe nemirembe. Amina.

*Omuwereza.* Ai Mukama, lokola omukazi ono omuzanawo;
*Okudamu.* Akwesiga gwe.
*Omuwereza.* Bera gyali ekigo ekiwanvu;
*Okudamu.* Eri amaso gomulabewe.
*Omuwereza.* Mukama, wulira okusaba kwafe.
*Okudamu.* Nokukaba kwafe kutuke gyoli.

*Omuwereza.* Tusabe.

AI Katonda Ainza-byona, tukwebaza nobuwombefu kubanga okiriza okuwonya omukazi ono omuzanawo mu bulumi obungi nakabi akokuzala; tukwegairide okumuwa Kitafe asasira enyo, aberewo nobwesigwa olwokuberakwo, era atambulenga nga bwosima mu bulamu buno obuliwo kakano; era asekimu ekitibwa ekitaligwawo mu bulamu obugenda okuja; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Omukazi aja okwebaza awengayo ebiwebwayo ngempisa bweri; era bwewanabangawo Okusekimu, kirungi atole Okusekimu okutukuvu.*

Digitized by Google

# OKUKANGA,

CBA

OKUTEGEREZA DALA OBUSUNGU BWA KATONDA BWEBULI KU BALINA EBIBI NEMISANGO GYEBAZIZA.

Awamu nokusaba si kungi okusomebwa ku lunaku olusoka mu Zokusiba, era ne ku naku endala, Omulabirizi nga bwanalagiranga.

¶ *Okusaba Kwenkya nga kuwede, era ne Litani nga ewede nga empisa bweri, Omukade nagenda ku Kituli oba Awabulirirwa nayogera nti*

ABOLUGANDA, mu Kanisa eyeda, bafuganga bulungi bwebati: enaku Ezokusiba nga zituse, abantu abāyatikirira okusingibwa omusango omunene balagirwa okwejusa mu lwatu, era nebabonerezebwa mu nsi muno, obulamu bwabwe bulōkoke ku lunaku lwa Mukama: abalala nga babalaba balabulwe, bayongere okutyanga okukola obubi.

Okufuga okwo tekukyabawo, songa kwetagibwa nyo: naye okutusa lwekulidawo nate, busimye mu naku eza kakano okusoma mu maso gamwe mwena ebigambo ebyokukolimira kwa Katonda ebiri ku babi abagana okwenenya: bye biva mu Kyamateka esula abiri mu musanvu, era ne mu bitundu ebirala ebyomu Byawandikibwa: era namwe mudemu buli lunyiriri nti Amina: Mulyoke mwekange, era mulyoke munyikire okwenenya amazima: nokuwurali nga muwulide obusungu bwa Katonda bwebubukira ku babi. Era mutambule nga mwegendereza mu naku zino ezirimu obubi obungi: nga muduka ebibi byemwātula na kamwa okusanira ekikolimo kya Katonda.

AKOLIMIDWA omuntu akola ekifananyi ekyole oba ekifumbe, alyoke akisinze.

¶ *Awo abantu nebalyoka badamu nebogera nti* Amina.

*Omuwereza.* Akolimidwa oyo akolimira kitawe oba nyina.

*Okudamu.* Amina.

*Omuwereza.* Akolimidwa oyo ajulula ensalo ya muliranwawe.

*Okudamu.* Amina.

*Omuwereza.* Akolimidwa oyo akyamya omuzibe wamaso okuva mu kubo.

*Okudamu.* Amina.

*Omuwereza.* Akolimidwa oyo akyamya ensonga eyomunagwanga, natalina kitawe, ne namwandu,

*Okudamu.* Amina,

Digitized by Google

*Omuwereza* Akolimidwa oyo akuba muliranwawe mu kyama.
*Okudamu.* Amina.
*Omuwereza.* Akolimidwa oyo asula ne mukazi wa muliranwawe.
*Okudamu.* Amina.
*Omuwereza.* Akolimidwa oyo alya empera eyoku'sa omuntu ataliko musango.
*Okudamu.* Amina.
*Omuwereza.* Akolimidwa oyo eyesiga omuntu obuntu, nakiriza omuntu okumuzibira, omwoyogwe neguva ku Mukama.
*Okudamu.* Amina.
*Omuwereza.* Bakolimidwa abo abatalina kusasira nabakaba, nabenzi, nabo abasinza ebifananyi, nabo abawairiza, nabatamivu, nabanyazi.
*Okudamu.* Amina.

*Omuwereza.*

KALE kubanga bona bakolimidwa abakyama okuva mu mateka ga Katonda nga nabi Daudi bwategeza: tude eri Mukama Katonda wafe, nga tujukira omusango bweguli omunene ogubera wagulu ku mitwe gyafe, ogwagala okutusinga: tudeyo eri Mukama Katonda wafe nemyoyo egiboneredc, era egirimu obukakamu: nga tukaba, nga tukungubagira enaku zafe zetuisiżamu obubi, nga tukiriza, nga twatula ebibi byafe, era nga tunonya okubala ebibala ebisanide okwenenya. Kubanga kakano embazi etekedwa ku kikolo kyemiti, buli muti ogutabala mere nungi guja kutemebwa nokusulibwa mu muliro. Kye kyentisa okugwa mu mikono gya Katonda omulamu: oyo alitonyesa ku babi emitego, omuliro, era ne kiberiti, nempewo, nekibuyaga, nekikunta: ebyo bye biribera gyebali omugabo ogwokunywa. Kubanga, laba, Mukama avude mu kifokye okuwalana obubi bwabwe abatula ku nsi. Naye ani aligumikiriza olunaku olwokujakwe? ani alisobola okuimirirawo ye bwalirabika? Olugalirwe luli mu mukonogwe, alirongosa egulirolye: alikunganyiza engano mu gwanika: naye ebisusunku alibyokya nomuliro ogutazikira. Olunaku lwa Mukama luja nga omu'bi ekiro: abantu bwebaliba nga bagamba nti Mirembe byona biterede, awo okuzikiriza okwamangu nekulyoka kubajira, nga okulumwa bwekujira omukazi ali olubuto: so tebaliwona na katono. Awo obusungu bwa Katonda nebulyoka bwāka ku lunaku olwokuwalana okuterekerwa ababi abamawagali, abakakanyaza emyoyo gyabwe: abanyoma obulugi, nobuwombefu, nokugumikiriza ebya Katonda, bweyabaitanga buli kasera okwenenya. Balinkowolera ku lunaku olwo (bwayogera Mukama) naye ndigana okuwulira: balikera okunonya nze, naye tebalindaba: ekyo kiribawo, kubanga bagana okukiriza okutya okwa Mukama, naye batamwa okutesa kwange, nebanyoma okubonereza kwange. Ku lunaku olwo obude obwokuita ku lugi buliba nga buise, olugï nga bamaze okulugala: obude obwokukabira ekisa bulibanga buise bwe bwo kusaliramu emisango. Edo-

Digitized by Google

bezi nga lya ntisa eryogera emisango emirungi enyo egyensonga egiribasalirwa: lwegulibasinga bweguti nti Mugende, mwe abakolimirwa, mu muliro ogutagwawo, ogwatekerwatekerwa Setani ne bamalaikabe. Kale banange, twerabulenga nga tegunatuka, olunaku olwobulokozi nga lukyaliwo: kubanga obude obwekiro bulija, omuntu mwatainziza okukola omulimugwe. Naye fe tukirize omusana, omusana nga gukyali nafe, era tutambulenga abana abomusana: tuleme okusulibwa mu kizikiza ekyebweru, omuliba okukaba nokuluma obujigi. Tuleme okukoleza dala ekisa kya Katonda, atuita nekisa okulongosa empisa zafe: era olwokusasirakwe okutakoma asubiza okusonyiwa ebibi ebyeda, fe nga tuda gyali nomwoyo ogwamazima ogutalimu obukusa. Kubanga ebibi byafe newebiriba nga olugoye olumyufu, binaba byeru nga omuzira: newebitwākāla nga ebendera, binaba nga ebyoya byendiga enjeru. Kale mukyuke, (bwayogera Mukama) muve mu bibi byamwe byona, ebibi byamwe bireme okubaberera ekyokubazikiriza: Musule wala byona byemukoze nga temutya Katonda: Mwedemu emitima emigya era nomwoyo omugya: Mwagalira ki okufa, ai enyumba ya Isiraeli, sirina sanyu lyenasanyukira okufa kwomubi, bwayogera Mukama Katonda: kale mukyuke, mulyoke mubere balamu. Tubade twononye, naye tulina Omuwolereza eri Kitafe, ye Isa Masiya Omutukirivu: era gwe mutango olwokwonona kwafe. Kubanga yafumitibwa olwokusobya kwafe, yabetentebwa olwokwonona kwafe. Kale tude gyali: yè akiriza nekisa ababi bona abenenyereza dala: twekakanye nti yetesetese okutukiriza era nti ayagala nyo okutusonyiwa nga tuże gyali nokwenenya okwamazima: nga twewayo eri ye, era okuva ku lunaku lwa lero nga tutambulira mu makuboge: nga tukiriza okwetika ekikoligokye ekyangu, nomutwalogwe ogutazitowa, okumugoberera mu buwombefu nokugumikiriza nokwagala, era nga tukiriza Omwoyowe Omutukuvu okututwala: tunonye ekitibwakye, nga tumuwereza bulungi mu kuitibwa kwafe nga twebaza: Bwetukola ebyo, Masiya anatuwonya mu kikolimo ekyamateka, era mu kukolimirwa okwekitalo okulibabako abo bateka ku mukono ogwa kono: era alituteka fe ku mukonogwe ogwa dyo natuwa omukisa omulungi ogwa Kitawe, ngatulagira okulya obwakabakabwe obwekitibwa: tumusabe okututusa fena eri olwekisakye ekitaliko kukoma. *Amina.*

¶ *Bona bwebafukamira ka mavivi, Omukade Nabawereza era nga bafukamide (mu kifo mwebasomera Litani) bayogere Zabuli eno.*

MISERERE MEI, DEUS. *Zab.* li.

ONSASIRE, ai Katonda, mu kisakyo; mu bungi obwokusasirakwo sangula ebyonono byange byona.

Onalize dala mu bubi bwange, onongose mu kwonona kwange.

Kubanga njatula ebyonono byange; nekibi kyange kiri mu maso gange bulijo.

Gwo, gwo woka, gwonayonona, nonkola okibi mu masogo : oboro omutukirivu bwoyogera, osingo omusango bwosala.
Laba, nzo natondebwa mu bubi; no mu kwonona mango mwoyanzalira.
Laba, gwoyagala obyomunda bya mazima; era mu mwoyo omutalabika ono'manyisa amagezi.
Ontukuzo nezobu, nango naba mulungi : onazo, nango naba mutukuvu okusinga omuzira.
Ompulizo osanyu nokwesima : amagumba gowamonya gasanyuko.
Okiso amasogo mu bibi byange, osangule obyonono byango byona.
Ontondemu omutima omulongofu, ai Katonda : onziżomu omwoyo omulungi munda yango.
Tongoba woli : so tonziyako omwoyogwo omutukuvu.
Onkomezowo osanyu oryobulokozibwo : onyuwezo nomwoyo ogwodombo.
Nondyoka njigiriza amakubogo abononyi : nabalina obibi balikyuka gyoli.
Omponyo mu musango gwomusai, ai Katonda, gwo Katonda owobulokozi bwango; olulimi lwango luliimba nyo obutukirivubwo.
Ai Mukama, yasamya emimwa gyango; nakamwa kango kalyolosa otondolyo.
Kubanga tosanyukira saduka; nakukuwade : obiwobwayo obyokobwa tobikuwomera.
Saduka za Katonda yo momo emonyeso : omutima ogumonyeso era ogubonoredo, ai Katonda, toligugaya.
Ogikole bulungi Sayuni, nga bwoyagala : okoloro Yerusalemi bugwe.
Nolyoka osanyukira sadaka ozobutukirivu, nobyokwokya nebyokwokya obiramba : nobalyoka bawayo ente ku kyotokyo.
Ekitibwa kibo ori Kitafe, nori Omwana : nori Omwoyo Omutukuvu.
Nga bwokyali oluberyoberyo, bwokiri ne kakano, bwekiriba: emirembo nomirembo. *Amina.*

Ai Mukama otusasiro.
*Ai Masiya otusasire.*
Ai Mukama otusasiro.

KITAFE ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwo. Obwakabakabwo bujo. Byoyagala babikolo munsi, nga bwebabikola mu gulu. Otuwo lero omero yafo eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafo, nga fo bwotubasonyiwa abatwonona. Tototwala mu kukemebwa, nayo otulokolo mu bubi. Amina.
*Omuwereza.* Ai Mukama, lokola abadubo:
*Okudamu.* Abakwosiga gwe.

Digitized by Google

*Omuwereza.* Obabere nga oima mu gulu.
*Okudamu.* Era nokukuma obakume enaku zona.
*Omuwereza,* Otubere, ai Katonda Omulokozi wafe.
*Okudamu.* Era olwekitibwa ekyerinyalyo tuwonye: tusasire fe ababi, Olwerinyalyo.
*Omuwereza.* Ai Mukama, wulira okusaba kwafe.
*Okudamu.* Nokukowola kwafe kutuke gyoli.

*Omuwereza.* Tusabe.

AI Mukama, tukwegairira olwekisa okuwulira byetusabye, era badiremu abo bona abakwatulira ebibi byabwe: abo abalumwa emyoyo olwebibi balyoke basonyirwe dala olwekisakyo, ebibi bibagyibweko: kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

AI Katonda owamanyi amangi enyo, era Kitafe owekisa, asasira abantu bona, era atakyawa kintu kyona kyewatonda; atayagala omubi okufa, naye okukyuka ave mu bibibye, alokoke; otusasire, otusonyiwe ebyonono byafe: otukirize, otusanyuse fe abalina enaku, era abakoye olwebibi byafe ebizitowa enyo. Wesīmye bulijo okuba nekisa: gwe kyoliko weka kwe kusonyiwa ebibi. Tudiremu, olwekyo tudiremu fe abantubo bewanunula: tosalanga musango gwabadubo, kubanga lye taka obutaka era abanaku abalina ebibi: naye tugyeko obusungubwo fe abātula obunaku bwafe, nga tuli bakakamu, abenenyereza dala okusobya kwafe: yanguwa okutubera mu nsi muno: tulyoke tubere balamu wamu nawe enaku zona mu mirembe egigenda okubawo: kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Abantu nebalyoka bayogera eno edirira, nga bagoberera Omuwereza.*

OTUKYUSE, ai Mukama omulungi, nafe tulikyusibwa. Tulabe nekisa, ai Mukama, laba nekisa abantubo abakukyukira nga bakaba amaziga, nga basiba, nga basaba. Kubanga gwe oli Katonda owekisa, ajude okusasira, agumikiriza enyo, era owekisa ekingi. Gwe okiriza okutudiramu nga bwetusanide okuboneregebwa. Era mu busungu osako omwoyo ku kisa. Badiremu abantubo Mukama omulungi, badiremu, Obusikabwo buleme okukwatibwa ensonyi. Tuwulire, ai Mukama, kubanga ekisakyo kye kingi, Era olwokusasirakwo okungi tutunulire: Olwobulungi Bwomwanawo gwetutendereza, Omuwolereza wafe, Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Awo Omuwereza nalyoka ayogera omu yeka nti*

MUKAMA atuwe omukisa, atukume: Mukama akwākize omusana ogwomu masoge, atuwe emirembe, kakano nemirembe gyona. *Amina.*

Digitized by Google

# ZABULI ZA DAUDI.

## OLUNAKU 1. ENKYA.

### 1.

ALINA omukisa omuntu atatambulira mu kutēsa
kwababi, newakuba'de okuīmirira mu 'kubo
lyabo abalina ebibi, newakuba'de okutūla ku ntebe
yabanyōma.
2 Naye amatēka ga Mukama ge gamusanyusa; era
mu matēkage mwalowōza emisana nekiro.
3 Naye alifanana ngomuti ogwasimbibwa okumpi
nensulo ezama'zi, ogubala e'mere yagwo mu ntūko zayo,
4 Era amalagala gagwo tegawotōka; na buli kyakola,
akiwerwako omukisa.
5 Ababi si bwebatyo; naye bali ngebisusūnku,
empewo byezifumūla.
6 Ababi kyebaliva balema okuīmirira mu musāngo,
newakuba'de abalina ebibi mu kung'aniro lyabatūki-
rivu.
7 Kubanga Mukama amanyi e'kubo lyabatūkirivu:
naye e'kubo lyababi liribula.

### 2.

KIKI ekibagugumusi'za abamawānga, nabantu kiki
ekibalowōzese'za ekitalimu?
2 Bakabaka abensi betēsetēse, nabafuga batēse'za
ebigambo wamu, ku Mukama ne ku Masiyawe, (nga
bogera nti)

Digitized by Google

3 Katumenyemenye enjegere zābwe, tusūle wala
emigwa gyābwe.
4 Atūla mu 'gulu aliseka, Mukama alibadūlira.
5 Mu biro biri alibagamba mu busūngubwe, aliba-
teganya mu kiruikye ekingi :
6 Naye nateka kabaka wānge ku lusozi lwānge olu-
tukuvu Sayuni.
7 Ekiragiro ndikibūlira : Mukama yang'amba nti
Gwoli mwāna wānge; lero nkuza'de.
8 Onsabe 'nze, nānge ndikuwa amawānga okubēra
obusikābwo, nensōnda ezensi okubēra omatwālego.
9 Olibimenya nomu'go ogwekyūma; olibyasayasa
ngentamu eyomubūmbi.
10 Kale kakano mubēre namagezi, 'mwe bakabaka :
muige, 'mwe abasala omusāngo gwensi.
11 Muwereze Mukama nokutya, era musanyuke
nokukankana.
12 Munywegere omwāna, aleme okusunguwala, na-
'mwe nemubula mu 'kubo, kubanga obusūngubwe buli-
būbūka māngu. Balina omukisa bona abamweyuna ye.

## 3.

MUKAMA, abalabe bānge nga beyonge'de! Abago-
lokoka oku'nūmba bangi.
2 Bangi abogera ku meme yānge, nti Talina kubērwa
mu Katonda.
3 Naye 'gwe, Mukama, oli ngabo enkūma; ekitībwa
kyānge, era aīmiriza omutwe gwānge.
4 Ne'dobozi lyānge nkōwola Mukama, naye anziramu
okuva ku lusozirwe olutukuvu.
5 Nāgalamira ninebaka; nenzukuka; kubanga Mu-
kama yankūma.
6 Siritya bukumi bwabantu, abanetōlōla oku'nūmba.
7 Golokoka, ai Mukama : ondokole, ai Katonda
wānge : kubanga wakuba abalabe bānge bona ku 'tama;
wamenya amanyo gababi.
8 Obulokozi buli eri Mukama : omukisagwo gubēre
ku bantubo.

Digitized by Google

## 4.

ONZIREMU bwenkukābira, ai Katonda owobutūkirivu bwānge; wansumulula (bwenali) mu naku: onsāsire, ompulire okusaba kwānge.

2 'Mwe abāna babantu, mulitūsa wa okukyūsa ekitībwa kyānge mu nsonyi? (mulitūsa wa) okwagala ebitalimu, nokugoberera ebyobulimba?

3 Naye mutegēre nga Mukama yetereke'de atya Katonda: Mukama anāwulirānga bwenāmukōwolānga.

4 Muīmirire nga mutya, muleme okwōnōna: mulowōze mu mutima gwa'mwe ku kitanda kya'mwe musirikirire.

5 Muweyo esadaka ezobutūkirivu, era mwesige Mukama.

6 Waliwo bangi abogera nti Ani alitulaga ekintu ekirūngi?

7 Mukama, 'gwe oimuse omusana ogwamasogo ku'fe.

8 Ota'de esanyu mu mutima gwānge, okusinga eryomukyengera kye'mere nomwenge gwābwe.

9 Mu butatya nāgalamirānga ninebaka: kubanga 'gwe we'ka, Mukama, ontūza mu mirembe.

## 5.

WULIRA ebigambo byānge, ai Mukama, o'sēyo emwoyo eri ebirowōzo byānge.

2 Wulira e'dobozi lyokukāba kwānge, Kabaka wānge, era Katonda wānge: kubanga nkusaba 'gwe.

3 Ai Mukama, (buli) nkya onowulirānga e'dobozi lyānge; (buli) nkya nālongōsānga okusaba kwānge gyoli, nentunula.

4 Kubanga toli Katonda asanyusibwa obubi: ebitasāna tebitūlenga gyoli.

5 Abenyumiriza tebaīmirirenga mu masogo: okyāwa bona abakola ebitali bitūkirivu.

6 Olizikiriza abogera ebyobulimba: Mukama akyāwa omuntu a'ta nālimbalimba.

7 Naye kulwānge mu bungi bwekisakyo nāingirānga

Digitized by Google

mu nyumbayo : mu kukutya nāsinzānga nga njolekera yekaluyo entukuvu.

8 Ontwāle, ai Mukama, mu butūkirivubwo olwabalabe bānge; ongololere e'kubolyo mu maso gānge.

9 Kubanga tewali bwesigwa mu mimwa gyābwe : omwoyo gwābwe bubi busa :

10 Omumiro gwābwe ye ntāna eyasāmiri'de; begōnza nolulimi lwābwe.

11 Oba'seko omusāngo, ai Katonda; bagwe olwokutēsa kwābwe bo : obasindike mu kwōnōna kwābwe okungi; kubanga bukujēme'de 'gwe.

12 Naye bona abesiga 'gwe basanyukēnga, bayogānēnga mu sanyu bulijo, kubanga 'gwobakūma : era abagala erinyalyo basanyukirēnga mugwe.

13 Kubanga oliwa omutūkirivu omukisa; ai Mukama, olimwetōlōza ekisa ngengabo.

## Akawungezi.

## 6.

Ai Mukama, to'nenya mu busūngubwo, 'sō tombūlirira mu kiruikyo ekibūbūka.

2 Onsāsire, ai Mukama; kubanga mpotōke'de dala : ai Mukama, omponye; kubanga amagūmba gānge geralikiri'de.

3 Era nememe yānge yeralikiri'de nyo : nāwe, ai Mukama, olitūsa wa?

4 Komawo, ai Mukama, ondokole ememe yānge : omponye olwekisakyo.

5 Kubanga siwali aku'jukirira mu kufa: ani alikwebaliza mu magōmbe?

6 Okusinda kwānge kunkōye'za; buli kiro nkulukusa ekiriri kyānge; ekitanda kyānge nkitobya namaziga.

7 Eriso lyānge likulukuse olwokunakuwala; lika'diye olwabalabe bānge bona.

8 Muvewo wendi, 'mwena abakola ebitali bitūkirivu; kubanga Mukama awuli'de e'dobozi lyokukāba kwānge.

Digitized by Google

9 Mukama awuli'de okwegairira kwānge; Mukama anākirizānga okusaba kwānge.
10 Abalabe bānge bona baliswāzibwa, balyeralikirira nyo: bali'da enyuma, baliswāzibwa māngu.

## 7.

AI Mukama, Katonda wānge, nesiga 'gwe: ondokole eri abo bona abangoba, omponye:
2 Aleme okutāgula ememe yānge ngempologoma, okugitāgulatāgula, nga tewali anāmponya.
3 Ai Mukama, Katonda wānge, obanga nakola bwentyo; obanga obutali butūkirivu buli mu mikono gyānge;
4 Obanga namuwalana obubi eyali nemirembe gyendi; [ne'da, naye nawonya eyali omulabe wānge obwerēre:]
5 Ankyāwa ai'ganye ememe yānge, agitūkeko: a'ninyirire obulamu bwānge wansi mu 'taka, a'sē ekitībwa kyānge mu nfūfu.
6 Golokoka, ai Mukama, mu busūngubwo, wesimbe ku bukāmbwe obwabalabe bānge: era onzukukire; walagira omusāngo.
7 Era ekung'aniro eryamawānga likwetōlōle: okomewo wa'gulu okubafuga.
8 Mukama awereza omusāngo amawānga: osale omusāngo gwānge, ai Mukama, olwobutūkirivu bwānge namazima gānge agali mu'nze.
9 Singa obubi obwababi buwe'dewo, naye abatūkirivu 'gwobanywēze:
10 Kubanga Katonda owobutūkirivu agezako emitima nememe.
11 Engabo yānge eri ne Katonda, alokola abalina omutima ogwamazima.
12 Katonda ye musazi wemisāngo omutūkirivu, era ye Katonda alina obusūngu buli lunaku.
13 Omuntu bwatakyūka, aliwa'gala ekitalakye; alēze omutegogwe, agutesetese.

Digitized by Google

14 Era amuteke'deteke'de ebintu ebi'ta; emisālegyo
agitekako omuliro.
15 Laba, alina olubuto olwobubi; wewawo, egwa-
kolye lye 'tima, era aza'de obulimba.
16 Yakola obunya, yabusima, era agu'de mu lusalo-
salo lweyakola.
17 E'timalye liri'dira ku mutwegwe ye, nekye'jokye
kiritūka ku bwēzingebwe.
18 Nebazānga Mukama olwobutūkirivubwe : nāī-
mbānga okutendereza erinya lya Mukama ali wa'gulu
enyo.

## 8.

AI Mukama, Mukama wa'fe, erinyalyo nga 'dungi
nyo munsi zona! Gweyateka ekitībwakyo ku
'gulu.
2 Mu kamwa kabawere nabayōnka wanywēza amā-
nyi, olwabalabebo, olyoke osirise omulabe noyo awalana
e'gwānga.
3 Bwendowōza e'gululyo, omulimu gwengalozo,
omwezi nemunyenyo, byewalagira;
4 Omuntu kye kiki, 'gwe okumu'jukira, oba omwāna
womuntu, 'gwe okumu'jira?
5 Kubanga wamukola okubulako akatono okuba nga
Katonda, era omu'sāko engule eyekitībwa netendo.
6 Wamufuza emirimu egyemikonogyo; wateka ebi-
ntu byona wansi webigerebye:
7 Endiga zona nente, era nensolo ezomunsiko;
8 Enyonyi eza wa'gulu, nebyenyanja ebiri mu nya-
nja, buli kintu ekiita mu makubo agenyanja.
9 Ai Mukama, Mukama wa'fe, erinyalyo nga 'dungi
nyo munsi zona!

## OLUNAKU 2. ENKYA.

## 9.

NEBAZĀNGA Mukama nomutima gwānge gwona;
nāyolesānga ebikolwabyo ebyekitalo byona.

Digitized by Google

2 Nāsanyukānga nājagulizānga mu'gwo: nāīmbānga
okutenderoza erinyalyo, 'gwali wa'gulu enyo.
3 Abalabo bānge bwoba'da enyuma, bositala nobazi-
kirira mu masogo.
4 Kubanga 'gwo wabōra ensōnga yānge nobigambo
byānge; watūla ku ntebe, ngosala omusāngo ogwensō-
nga.
5 Wabogolera amawānga, wazikiriza ababi, wasā-
ngula erinya lyābwe emirembe nemirembe.
6 Abalabe bawe'dewo, bavibwamu emirembe egita-
'gwāwo: nobibuga byewamenya, era neki'jukiro kyabyo
kizikiri'de.
7 Nayo Mukama atūla (kabaka) emirembe egita-
'gwāwo: atesetese entebeye okusala omusāngo.
8 Naye alisala omusāngo ogwensi zona mu butūkirivu,
aliwa omusāngo amawānga mu mazima.
9 Era Mukama anāberānga kigo ekiwānvu eri
abai'ganyizibwa, ekigo ekiwānvu mu biro ebye-
naku;
10 Nabo abamanyi erinyalyo banesigānga 'gwe;
kubanga 'gwo, Mukama, tonabaleka abakunonya.
11 Muīmbe okutenderoza Mukama, atūla mu Sayuni:
mubūlire ebikolwabye mu bantu.
12 Kubanga oyo avunāna omusai aba'jukira: teye-
rabira kukāba kwabāvu.
13 Onsāsire, ai Mukama; laba okubonabona kwā-
nge (kwebankola) abankyāye, 'gwe anyimusa ku
miryāngo egyolūmbe;
14 Ndyoke njolesōnga etendolyo lyona: mu miryā-
ngo egyomuwala wa Sayuni nāsanyukirānga obuloko-
zibwo.
15 Amawānga gagu'de mu bunya bwebāsima: mu
kyambika kyebātōga kikwatibwa ekigere kyābwe bo.
16 Mukama yetegēze'za, atūkiri'za omusāngo: omubi
akwatibwa mu mirimu gyemikonogye.
17 Ababi bali'da mu magōmbe, ge mawānga gona
agerabira Katonda.
18 Kubanga abāvu teberabirwenga enaku zona, 'sō
e'sūbi eyabawōmbefu teribulenga emirembe gyona.

Digitized by Google

19 Golokoka, ai Mukama; abantu balemēnga oku-
wāngula: amawānga gasalirwe omusāngo mu masogo.
20 Obatīse, ai Mukama: amawānga getegēre nga
bantu buntu.

## 10.

KIKI ekikuīmirizi'za ewala, ai Mukama? Kiki ekikwekwese'za mu biro ebyenaku?
2 Mu malala agomubi omwāvu ai'ganyizibwa nyo;
bakwatibwe munkwe zebātēsa.
3 Kubanga omubi yenyumiriza olwokwegōmba kwo-
mutimagwe, nomuko'do yegāna, era anyōma Mukama.
4 Omubi mu malala agamasoge (ayogera) nti Tali-
vunāna. Ebirowōzobye byona nti Tewali Katonda.
5 Amakuboge maka'kanyavu enaku zona: emisā-
ngogyo giri wa'gulu nyo gyataīnza kugiraba: abala-
bebe bona abasōza.
6 Ayogera mu mutimagwe nti Sirisagasagana: oku-
tūsa emirembe gyona siriraba naku.
7 Akamwāke kaju'de okukolima nokulimba noku-
jōga: wansi wolulimirwe waliwo e'tima nobutali butū-
kirivu:
8 Atūla mu matēgero agebyālo: mu bwekweko a'ta
abatalina misāngo: amasoge agatunuliza ku munafu
mu kyāma.
9 Yekweka mu tēgero ngempologoma mu mpuku
yayo: yekisa okukwata omwāvu;
10 Akwatira dala omwāvu, ngamuwalulira mu kya-
mbikakye.
11 Akutama, akōtakōta, (abasajabe) abamānyi neba-
sūla abanafu.
12 Ayogera mu mutimagwe nti Katonda yerabi'de:
akweka amasoge; tagenda kukiraba.
13 Golokoka, ai Mukama; ai Katonda, oimuse omu-
konogwo: tewerabira mwāvu.
14 Lwaki omūbi okunyōmānga Katonda, nokwogera
mu mutimagwe nti Tolivunāna?
15 Walaba; kubanga otunulira e'tima nobukyāyi,

Digitized by Google

16 Oku'sāko omukonogwo : omunafu yewayo gyoli ; wabānga omubezi wabo abataliko kitābwe.
17 Menya omukono gwomubi ; omuntu omubi ononyeze dala obubibwe okutūsa obutabusāngamu.
18 Mukama yo kabaka emirembe nemirembo : amawānga gazikiri'de mu nsiye.
19 Mukama, wawulira abawōmbefu kyobayagala : onotekatekānga omutima gwābwe, onowulizānga oku tukwo :
20 Okusalira omusāngo abataliko kitābwe nabajōgebwa. Omuntu, ye womunsi, aleko okubōra nentīsa.

## 11.

MUKAMA gwenesiga : mugamba mutya ememe yānge nti 'Dukira ku lusozi lwa'mwe ngenyonyi ?
2 Kubanga, laba, ababi batega ōmutego, batekateka akasāle ku lugoye, balasize mu nzikiza abalina omutima ogwamazima.
3 Obanga emisingi girizikirizibwa, kiki omutūkirivu kyaīnza okukola ?
4 Mukama ali mu yekaluye entukuvu, Mukama, entebeye eri mu 'gulu ;
5 Amasoge galaba abāna babantu, ebikowebye bibakema.
6 Mukama akema abatūkirivu : naye omubi noyo ayagala ebyamānyi ememeye ebakyāwa.
7 Ku babi anātonyesānga ebyambika ; omuliro nekiberiti nempewo ezōkya binābōrānga omugabo ogwekikōmpe kyābwe.
8 Kubanga Mukama mutūkirivu ; ayagala ebyobutūkirivu : abalina omwoyo ogwamazima baliraba amasoge.

AKAWUNGEZI.

## 12.

BĒRA, Mukama ; kubanga atya Katonda a'gwāwo ; kubanga aba'kiriza bakendōra mu bāna babantu.



Digitized by Google

2 Bogera ebitalimu buli muntu ne mu'ne: bogera nemimwa eginyumiriza nemitima ebiri.
3 Mukama alimalawo emimwa gyona eginyumiriza, nolulimi olwogera ebikulu:
4 Aboge'de nti Nolulimi lwa'fe tuliwāngula; emimwa gya'fe gye gya'fe: atufuga yāni?
5 Olwokunyagibwa kwabāvu, olwokusīnda kwabanafu,
6 Kakano nāgolokoka, Mukama bwayogera; nāmuteka mu mirembe gwebasōza.
7 Ebigambo bya Mukama byo bigambo ebirongōfu; nga feza egezebwa mu kyōto kunsi, erongōsebwa emirūndi omusānvu.
8 Onobakūmānga, ai Mukama, onobawonyānga mu mirembe gino enaku zona.
9 Ababi batambula ku njui zona, obugwagwa bwebugulumizibwānga mu bāna babantu.

## 13.

OLITŪSA wa, ai Mukama, okunerabirānga emirembe gyona? Olitūsa wa okunkisānga amasogo?
2 Nditūsa wa okutēsānga mu meme yānge, nga ndaba enaku mu mutima gwānge obu'de okuziba? Alitūsa wa omulabe wānge okugulumizibwānga ku'nze?
3 Lowōza onziremu, ai Mukama Katonda wānge: yākira amaso gānge, 'neme okwebaka okufa;
4 Omulabe wānge alemēnga okwogera nti 'Muwāngu'de: abankyāwa balemēnga okujaguza nga nsagasagana.
5 Naye nesize okusāsirakwo; omutima gwānge gunāsanyukirānga obulokozibwo:
6 Nāīmbirānga Mukama, kubanga ankole'de obulūngi obungi.

## 14.

OMUSIRUSIRU ayoge'de mu mutimagwe nti Siwali Katonda.

Digitized by Google

2 Bavūnze, bakoze ebikolwa ebyobugwagwa; siwali
akola obulūngi.
3 Mukama yatunulira ngaima mu 'gulu abāna ba-
bantu, okulaba nga waliwo abātegēra, abānonya Ka-
tonda.
4 Bona bakyāmye; bōnōnese empitambi wamu; si-
wali akola obulūngi, nekakuba'de nomu.
5 Bona abakola obutali butūkirivu tebalina magezi?
abalya abantu bānge nga bwebalya e'mere, 'sō tebakō-
wola Mukama.
6 Eri bālina obuti bungi: kubanga Katonda ali mu
mirembe gyabatūkirivu.
7 Mukwasa ensonyi okutēsa kwomwāvu, kubanga
Mukama kye ki'dukirokye.
8 Singa obulokozi bwa Isiraeri buvu'de mu Sayuni!
Mukama bwali'zayo obusibe obwabantube, Yakobo nā-
lyoka asanyuka, Isiraeri alijaguza.

## OLUNAKU 3. ENKYA.

## 15.

MUKAMA anātūlānga mu wemayo yāni? Anābērā-
nga ku lusozirwo olutukuvu yāni?
2 Oyo atambulira mu bugolokofu, era akola obutū-
kirivu, era ayogera ebyamazima mu mutimagwe.
3 Atawairiza nolulimirwe, 'sō mukwānogwe tamu-
kola bubi, 'sō ta'kiriza kibi ku mulirānwawe.
4 Amasoge ganyōma omubi; naye abatya Mukama
aba'sāmu ekitībwa.
5 Bwalāira nebwafirwa, takyūka.
6 Atawolera bintubye amagoba, 'sō tawebwa mpēra
ku atalina musāngo.
7 Oyo akola ebyo tasagasaganenga emirembe gyona.

## 16.

ONKŪME, ai Katonda: kubanga nkwesiga 'gwe.
2 Ng'ambye Mukama nti Gwoli Mukama
wānge: sirina bulūngi bwona awatali 'gwe.

Digitized by Google

3 Abatukuvu abali munsi, abo be basinga obulūngi,
bensanyukira esanyu lyānge lyona.
4 Okunakuwala kwābwe kunāyongorwāngako abo
abawanyisa (Mukama) olwa (katonda) omulala :
5 Esadaka zābwe ezokunywa ezomusai siziwengayo.
'Sō sitwālenga manya gābwe mu mimwa gyānge.
6 Mukama gwe mugabo ogwobusika bwānge nog-
wokikōmpe kyānge : 'gwokūma ebyānge.
7 Emigwa gingu'deko mu bifo ebirūngi; mazima
nina obusika obulūngi.
8 Nebazānga Mukama, antesere'za ebigambo : ma-
zima, ememe yānge enjigiriza mu bisēra ebyekiro.
9 Mukama 'muta'de mu maso gānge bulijo. Kubanga
yali ku mukono gwānge ogwadyo, sirisagasagana.
10 Omutima gwānge kyeguva gusanyuka nekitībwa
kyānge kijaguza : 'era nomubiri gwānge gunābērānga
mu mirembe.
11 Kubanga tolireka meme yānge mu magōmbe;
'sō toliganya Omutukuvuwo okulaba okuvūnda.
12 Onondagānga e'kubo eryobulamu : egyoli waliwo
esanyu eritūkirira; mu mukonogwo ogwadyo mwe
muli ebisanyusa emirembe nemirembe.

## 17.

WULIRA ensōnga eyobutūkirivu, ai Mukama, lo-
wōza okukāba kwānge; tega okutu (owulire)
okusaba kwānge, okutava mu mimwa egyobukūsa.
2 Omusāngo gwānge guve woli; amasogo gatunulire
obutūkirivu.
3 Wagezako omutima gwānge; wa'ja gyendi ekiro;
wankema, notolaba kigambo; 'maliri'de akamwa kānge
obutayōnōnānga.
4 Mu bikolwa byabantu, olwekigambo ekyemimwa-
gyo nekūmānga mu makubo agabantu abalina ekyo'jo.
5 Olugendo lwānge lwanywēra mu makubogo, ebi-
gere byānge tebisērerānga.
6 Nkukōwo'de, kubanga gwononziramu, ai Katonda :
ontegere okutukwo, ompulire byenjogera.

Digitized by Google

7 Laga ekisakyo ekyekitalo, 'gwalokola abakwesiga,
mwabo ababagolokokera, nomukonogwo ogwadyo.
8 Onkūme ngemunyi eyeriso, onkise mu kisīkirize
ekyebiwawātirobyo,
9 Mu babi aba'nyaga, mu balabe bānge abagala oku-
nzi'ta, abanzingiza:
10 Babi'ki'dwa amasavu gābwe : nakamwa kābwe
bogera ebyamalala.
11 Kakano batuzingizi'za mu bigere bya'fe : bakali-
riza amaso gābwe okutusūla wansi.
12 Afanana ngempologoma eyayānira omui'go gwa-
yo, era ngomwāna gwempologoma ogwekisa wegutē-
gera.
13 Golokoka, ai Mukama, omuīmirire mu maso,
omume'ge wansi : omponye ememe yānge eri omubi
nekitalakyo;
14 Eri abantu nomukonogwo, ai Mukama, eri abantu
abensi, abalina omugabo gwābwe mu bulamu (buno),
nolubuto lwābwe olu'juza obuga'gabwo:
15 Banyiye abāna, nebintu byābwe ebisigalawo
babirekera abāna bābwe.
16 'Nze amasogo ndigalaba mu butūkirivu ndinyi-
wa bwendizukuka nekifananyikyo.

AKAWUNGEZI.

## 18.

NKWAGALA 'gwe, ai Mukama, amānyi gānge.
Mukama lwe lwāzi lwānge, era kye kigo kyānge,
era yandokola; Katonda wānge, olwāzi lwānge oluny-
wēvu, oyo gweng'enda okwesigānga; engabo yānge,
ne'jembe eryobulokozi bwānge, ekigo kyānge ekigu-
lumivu.
2 Nākōwolānga Mukama, asānira okutenderezebwa :
bwenālokokānga bwentyo mu balabe bānge.
3 Emigwa egyokufa gyansiba, nebitaba ebyobutatya
Katonda byantīsa.

Digitized by Google

4 Emigwa egyemagōmbe gyanetōlōla : emitego egyolūmbe gyankwāsa.

5 Mu naku zānge nenkōwola Mukama, nempita Katonda wānge :

6 Nāwulira e'dobozi lyānge mu yekaluye, nebyenakābira mu masoge nebitūka mu matuge.

7 Ensi neryoka ekankana nesagasagana, era nemisingi gyensozi negikankana neginyenyezebwa, kubanga asunguwa'de.

8 Omu'ka negunyōka mu nyindoze, nomuliro neguva mu kamwāke negulya : negukolēza amānda.

9 Era ne'gulu nālikutamya, na'ka ; nekizikiza ekinene nekiba wansi webigerebye.

10 Neyebagala kerubi nābūka : era nābūka māngu ku biwawātiro ebyempewo.

11 Ekizikiza nākifūla ekyokwekwekamu, ewemaye emwetōlo'de ; ekizikiza ekyama'zi, ebire ebiku'te ebyomu'gulu.

12 Mu kumasamasa (okuli) mu masoge ebirebye ebiku'te nebiita, (newaba) amainja agomuzira namānda agomuliro.

13 Era Mukama nābwātuka mu 'gulu, noyo ali wa'gulu enyo nāleta e'doboziryo ; (newaba) amainja agomuzira namānda agomuliro.

14 Nālasa obusālebwe nābasāsānya ; nālasa enjota nyingi nāberalikiriza.

15 Ensalosalo ezama'zi neziryoka zirabika, emisingi gyensi negyeruka, mu kunenyakwo, ai Mukama, mu kibuyaga owomu'ka ogwenyindozo.

16 Yatuma okuva wa'gulu, nāntwāla ; nāmpalula mu ma'zi amāngi.

17 Yamponya eri mulabe wānge owamānyi, neri abo abankyāwa, kubanga bānsinza amānyi 'nze.

18 Bānji'jira ku lunaku olwakabi kānge : naye Mukama ye ya'nywēza.

19 Era nānfulumya mu kifo ekigazi ; yamponya kubanga yansanyukira.

20 Mukama yampa empēra ngobutūkirivu bwānge bwebwali ; ngemikono gyānge bwegiri emirūngi bwansasu'de.

Digitized by Google

21 Kubanga nakwata amakubo ga Mukama, nesi-
reka Katonda wānge nobubi.
22 Kubanga emisāngogye gyona gyali mu maso
gānge, sō amatēkage saga'gyawo gyendi.
23 Era nali eyatūkirira gyali, ninekūma mu bubi
bwānge.
24 Mukama kyavu'de ansasula, ngobutūkirivu bwā-
nge bwebuli, emikono gyānge nga bwegiri emirūngi
mu masoge.
25 Eri owekisa oneraga owekisa; eri eyatūkirira
oneragānga eyatūkirira;
26 Eri omulongōfu oneragānga omulongōfu; neri
omuka'kanyavu oneragānga aiziiza.
27 Kubanga onolokolānga abantu abajōgebwa; naye
amaso agamalala onogatōwazānga.
28 Kubanga 'gwolikolēza etabāza yānge. Mukama
Katonda wānge alimulisa (mu) kizikiza kyānge;
29 Kubanga mu (kubērakwo) ne'nūmba ekibīna; era
mu (kubēra kwa) Katonda wānge mbūka ekigo.
30 Katonda, e'kubolye lyatūkirira: ekigambo kya
Mukama kyake'tebwa; oyo ye ngabo yabo bona aba-
mwesiga.
31 Kubanga āni Katonda, wabula Mukama; era āni
olwāzi, wabula Katonda wa'fe?
32 Katonda ansibya amānyi, era atūkiriza e'kubo
lyānge.
33 Afūla ebigēre byange ngebyempewō: era angu-
lumiza mu bifo byānge ebya wa'gulu.
34 Anjigiriza engalo zānge okulwāna; emikono
gyānge negirēga omutego ogwekikomo.
35 Era ompa'de engabo eyobulokozibwo: nomuko-
nogwo ogwadyo gumpaniri'de, nobuwōmbefubwo bu-
ngulumizi'za.
36 Ongaziiri'za (e'kubo) eryebigere byānge, nebi-
sinzīro byānge tebisērerānga.
37 Ndigoberera abalabe bānge, nembatūkako: sō
sirikomawo nga tebanazikirizibwa.
38 Ndibafumitira dala nebataīnza kuimuka: balig-
wa wansi webigere byānge.

Digitized by Google

39 Kubanga onsibye amānyi agokulwāna : obafuka-
mi'za mu maso gānge abānyimukirako.
40 Era abalabe bānge obakyūsi'za amabega gābwe
gyendi, ndyoke nzikirize abankyāwa.
41 Bākōwola, naye tewali mulokozi : (bākōwola)
Mukama, naye nātaba'damu.
42 Nendyoka mbasekulasekula ngenfūfu etwālibwa
empewo : nembasūla ngebitōsi ebyomungūdo.
43 Omponye'za mu kuyōmba kwabantu; onfu'de
omutwe gwamawānga;
44 Abantu besamanyānga balimpereza.
45 Bwebaliwulira ebigambo byānge, nebalyoka ba-
ng'ōndera : ba'na'gwānga balinjēmulukukira.
46 Ba'na'gwānga bali'gwāwo, baliva mu bifo byābwe
ebyokwekwekamu nga bakankana.
47 Mukama mulamu; olwāzi lwānge atenderezebwe;
era agulumizibwe Katonda owobulokozi bwānge:
48 Ye Katonda ampalanira e'gwānga, era awāngula
amawānga ngafuga.
49 Amponya eri abalabe bānge: wewawo, ongulu-
miza kwabo abanyimukirako : ondokola eri omuntu
owekye'jo.
50 Kyenāvānga nkwebaza 'gwe, ai Mukama, mu
mawānga, nāīmbānga okutendereza erinyalyo.
51 Obulokozi bukulu bwawa kabakawe; era amu-
kolera ebyekisa oyo gweyasīga amafuta, Daudi ne-
za'derye, emirembe nemirembe.

## OLUNAKU 4. ENKYA.

## 19.

E'GULU lyogera ekitibwa kya Katonda; ne'bānga
libūlira omirimu gyemikonogye.
2 Omusana gugamba ebigambo omusana, nekiro
kiraga amagezi ekiro.
3 Siwali bigambo newakuba'de olulimi; e'dobozi
lyabyo teriwulikika.

Digitized by Google

4 Okuigiriza kwabyo kubunye munsi zona, nebigambo byabyo okutūka ku nkomerero yensi.
5 Abiteke'demu enjuba ewema, eri ngawasa omugole ngava mu njuye, era esanyuka ngowamānyi okuita mu lugendo lwayo.
6 Evayo ku nkomerero ye'gulu, neyetōlōla okutūka ku nkomerero yalyo : 'sō siwali kintu ekikwekebwa mu kwōkya kwayo.
7 Etēka lya Mukama lyatūkirira, erikomyawo ememe : okutegēza kwa Mukama kunywēvu, okuwa abasirusiru amagezi.
8 Okuigiriza kwa Mukama kwa butūkirivu, okusanyusa omutima : ekiragiro kya Mukama kirongōfu, ekyākira amaso.
9 Entīsa ya Mukama nūngi, ya lutērera emirembe gyona : emisāngo gya Mukama gya mazima, gya butūkirivu dala.
10 Bisānira okubiyayānira okusinga ezābu, era nezābu enyingi enūngi : biwōmerera okusinga omubisi gwenjuki nebisenge byagwo.
11 Era ebyo bye birabula omu'duwo : mu kubyekūma mulimu empēra enene.
12 Ani ainza okukebera ebyōnōnobye? O'nongōse mu (bibi) ebikisibwa.
13 Era ne mu byamalala oziize omu'duwo; bireme okumpāngula : bwentyo bwenābānga eyatūkirira, 'sō omusāngo ogwokwōnōna okunene tegulinsinga.
14 Ebigambo ebyomukamwa kānge nokulowōza okwomumutima gwānge bisīmibwe mu masogo,
15 Ai Mukama, olwāzi lwānge, era omununuzi wānge.

## 20.

MUKAMA aku'demu ku lunaku olwokunakuwala; erinya lya Katonda wa Yakobo likugulumizēnga wa'gulu;
2 Akuwerezēnga okubērwa mu kifo ekitukuvu, akuwēnga amānyi agava mu Sayuni;

Digitized by Google

3 A'jukirēnga byewawayo byona, a'kirizēnga sadakayo enjōkye;
4 Akuwēnga omutimagwo kyegwagala, atūkirizēnga okutēsakwo kwona.
5 Tunāwāngulānga mu bulokozibwo, ne mu linya lya Katonda wa'fe tunāwanikānga ebendera za'fe: Mukama atūkirizēnga ebyosaba byona.
6 Kakano 'manyi nga Mukama alokola oyo gweyasīga amafuta; alimu'damu ngaima mu 'gululye etukuvu nobulokozi obuwonya obwomukonogwe ogwadyo.
7 Abalala (besiga) amagāli, nabalala (besiga) embalāsi : naye 'fe tunāyogerānga erinya lya Mukama Katonda wa'fe.
8 Bakutamye bo nebagwa : naye 'fe tugolokose, netuīmirira.
9 Lokola, Mukama ; kabaka atu'demu bwetukōwola.

## 21.

KABAKA anāsanyukirānga amānyigo, ai Mukama; nobulokozibwo nganābujagulizānga nyo!
2 Omuwa'de omutimagwe kyegwagala, 'sō tomu'mye emimwagye kyegisabye.
3 Kubanga omusisinkanye nebyomukisa ebyobulūngi : omutekako ku mutwegwe engule eyezābu enūngi.
4 Yakusaba obulamu, nobumuwa; era nenaku enyingi ezemirembe nemirembe.
5 Ekitībwakye kingi mu bulokozibwo : ekitībwa nobukulu obimu'sāko.
6 Kubanga omutekawo okuba omukisa omungi emirembe gyona : omusanyusa esanyu mu masogo.
7 Kubanga kabaka yesiga Mukama, nolwekisa kyoyo ali wa'gulu enyo tasagasaganenga.
8 Omukonogwo gulitūka ku balabebo bona : omukonogwo ogwadyo gulitūka kwabo abakukyāwa.
9 Olibafananya ngekikōmi ekyāka mu biro ebyobusūngubwo. Mukama alibamira mu kiruikye, nomuliro gulibalya.

Digitized by Google

10 Ebibala byābwe olibizikiriza kunsi, neza'do lyābwe mu bāna babantu.
11 Kubanga bākutōsoza obubi : bāsala olukwo, lwebataīnza kukola.
12 Kubanga oliba'za onyuma, olitekatoka engoyezo ezomutego ku maso gābwe.
13 Ogulumizibwēnga, ai Mukama, mu mānyigo : tulyoke tuīmbēnga tutenderezōnga obuīnzabwo.

## Akawungezi.

## 22.

KATONDA wānge, Katonda wānge, kiki okikundese'za? (Lwa ki okubēra) ewala obutanzibira, (obutawulira) bigambo ebyokukāba kwānge?
2 Ai Katonda wānge, nkōwola emisana, nāwe noto'damu; era nekiro, 'sō sisirika.
3 Nayo 'gwoli mutukuvu, 'gwatūla mu matendo ga Isiraeri.
4 Bajaja ba'fe bākwesigānga 'gwe : besigānga, nāwe nobawonya.
5 Bākukōwolānga 'gwe, nebawonyezebwānga : bākwesigānga 'gwe, nebatakwasibwānga nsonyi.
6 Nayo 'nze ndi lusiring'anyi, 'sō siri muntu; abasaja gwebavuma, nabantu gwebanyōma.
7 Bona abandaba basekerera nebandūlira: bansōza nemimwa gyābwe, banyenya omutwe, nga bogera nti
8 Weweyo eri Mukama; ye amulokole : amuwonye, kubanga amusanyukira.
9 Naye 'gwe wanziya mu lubuto lwa māngo: 'gwe wanesiza (bwenali nga nkyali) ku mabēre ga māngo.
10 Neyuna 'gwe okuva mu kuzālibwa kwāngo : 'gwoli Katonda wānge okuva mu lubuto lwa mānge.
11 Tombēra wala; kubanga akabi kali kumpi; kubanga tewali anāmbēra.
12 Zise'dume nyingi zinetōlo'de : zise'dume ezamānyi Ezebasani zinzingizi'za.
13 Banjasami'de akamwa kābwe, ngempologo gulatāgula ewuluguma.

Digitized by Google

14 Nfukibwa ngama'zi, namagūmba gānge gona
gasowose. Omutima gwāngo guli ngobubāne; gusā-
nūse wakati mu byenda byānge.
15 Amānyi gānge gakaliri'de ngolugyo; nolulimi
lwānge lwega'ta nomba zānge; era ondēse mu nfūfu
eyokufa.
16 Kubanga embwa zinetōlo'de : ekibīna kyabo
abakola obubi bantaizi'za;
17 Bampu'mu'de engalo zānge nebigere byānge.
Nyīnza okubala amagūmba gānge gona; bantunulira,
banvulumulira amaso:
18 Bagabana ebyambalo byānge, nebakuba akalulu
ku lugoye lwāngo.
19 Naye tobēra wala, ai Mukama : ai 'gwambēra,
yānguya okunzibira.
20 Wonya emome yānge eri ekitala; ne kaganzi
kānge eri amānyi gembwa.
21 Ondokole mu kamwa kempologoma; era ne mu
mayembe gembogo wanziramu.
22 Nābūlirānga erinyalyo eri baganda bānge : wa-
kati mu kibīna nākutenderezānga.
23 'Mwe abatya Mukama, mumutenderezēnga; 'mwe
'mwena eza'de lya Yakobo, mumugulumizēnga; mu-
mutyēnga 'mwe 'mwena eza'de lya Isiraeri.
24 Kubanga teyanyōma 'sō teyakyāwa naku zoyo
anakuwala; 'sō teyamukisa amasoge; naye bweya-
mukōwola, nāwulira.
25 Mu'gwe mwe muva etendo lyānge mu kibīna
ekinene : ndisasula obweyamo bwānge mu maso gabo
abamutya.
26 Abawōmbefu balirya neba'kuta : balitendereza
Mukama abamunonya : omutima gwa'mwe gubērēnga
mulamu emirembe gyona.
27 Enkomerero zona ezensi ziri'jukira nezikyūkira
Mukama : nebika byona ebyamawānga birisinza mu
masogo.
28 Kubanga obwakabaka bwa Mukama : naye ya-
fuga amawānga.
29 Abage'vu bona abensi balirya nebasinza :

Digitized by Google

30 Nabo aba'ka mu nfūfu balimufukamirira, yo ataī-
nza kuwonya memeye okufa.
31 Eza'de lirimuworeza; kiribūlirwa ku Mukama
okutūsa ku mirembe (ogigenda oku'ja).
32 Bali'ja nebabūlira obutūkirivubwo eri abantu
abalizālibwa, nga yabukola.

## 23.

MUKAMA yo musūmba wānge; sotāgenga.
2 Angalamiza mu 'dūndiro eryomu'do omuto:
antwāla ku ma'bali agama'zi amatōfu.
3 Akomyawo ememe yānge: a'nung'amya mu ma-
kubo agobutūkirivu kulworinyalyo.
4 Era newakuba'de nga ntambula mu kiwōnvu
ekyokisīkirizo ekyolūmbe, siritya kabi kona; kubanga
'gwoli nānge: olugalwo nomu'gogwo bye binsanyusa.
5 Ontekoratekora emeza mu maso gabalabe bānge:
onsīze amafuta ku mutwe; ekikōmpo kyānge kiyiwa.
6 Obulūngi nekisa tebiremenga kugonda nānge
enaku zona ezobulamu bwānge: nānge nātūlānga mu
nyumba ya Mukama okutūsa ku naku nyingi.

OLUNAKU 5. ENKYA.

## 24.

ENSI ya Mukama, noku'jula kwayo; ensi zona, nabo
abazitūlamu.
2 Kubanga yagisimba ku nyanja, yaginywōza ku
ma'zi amangi.
3 Ani alirinya ku lusozi lwa Mukama? Era āni
aliīmirira mu kifokye ekitukuvu?
4 Oyo alina emikono emirūngi, nomutima omulo-
ngōfu; ataimusānga memeye eri ebitalimu, 'sō teyalāi-
rirānga bwerōre.
5 Oyo anāwebwānga Mukama omukisa, era nobutū-
kirivu (anābuwebwānga) Katonda owobulokozibwe.
6 Egyo gye mirombo gyabo abamunonya, abanonya
amasogo, ai (Katonda wa) Yakobo.

Digitized by Google

7 Muimuse emitwe gya'mwe, 'mwe enzigi; na'mwe muimuke, 'mwe bawankaki abata'gwāwo : ne Kabaka owekitībwa anāingira.
8 Kabaka owekitībwa yāni? Mukama owamānyi owobuīnza, Mukama owobuīnza mu kulwāna.
9 Muimuse emitwe gya'mwe, 'mwe enzi'gi; kale, mugiimuse, 'mwe bawankaki abata'gwāwo : ne Kabaka owekitībwa anāingira.
10 Kabaka oyo owekitībwa yāni? Mukama owe-'gye, oyo ye Kabaka owekitībwa.

## 25.

EGYOLI, ai Mukama, nyimusa ememe yānge. Ai Katonda wānge, nākwesigānga 'gwe, tong'anya kukwatibwa nsonyi; abalabe bānge tobaganya kumpāngula.
2 Era siwali akulindirira anākwatibwānga ensonyi : abo banākwatibwānga ensonyi abasala enkwe ezobwerēre.
3 Ondage amakubogo, ai Mukama; onjigirize empendazo.
4 O'nung'amye mu mazimago, onjigirize; kubanga gwoli Katonda owobulokozi bwānge; 'gwe gwe'nindirira obu'de okuziba.
5 'Jukira, ai Mukama, okusāsirakwo okulūngi nekisakyo; kubanga byaliwo e'da ne'da lyona.
6 To'jukira bibi bya buvubuka bwānge, newakuba-'de ebyōnōno byānge : onji'jukire ngekisakyo bwekiri, olwobulūngibwo, ai Mukama.
7 Mukama ye mulūngi era wa mazima : kyanāvānga aigiriza mu 'kubo abalina ebibi.
8 Abawōmbefu anābalung'amyānga mu musāngo : era abawōmbefu anābaigirizānga e'kubolye.
9 Amakubo gona aga Mukama kye kisa namazima eri abo abekūma endagānoye nokutegēzakwe.
10 Olwerinyalyo, ai Mukama, onsonyiwe obubi bwānge, kubanga bunene.
11 Omuntu atya Mukama aluwa? Oyo gwanāigirizānga mu 'kubo lyanāsīmānga.

Digitized by Google

12 Ememeye enetūlānga mu mirembe; neza'deryo lināsikirānga ensi.
13 Ekyāma kya Mukama kiri mwabo abamutya; era anābalagānga endagānoye.
14 Amaso gānge gatunulira Mukama enaku zona; kubanga yana'gyānga ebigere byānge mu kyambika.
15 Onkyūkire, onsāsire; kubanga ndeke'dwa omu nembonabona.
16 Enaku ezomutima gwānge zeyonge'de : kale onziye mu bibonobono byānge.
17 Lowōza enaku zānge nokutegana kwānge; era onsonyiwe ebibi byānge byona.
18 Lowōza abalabe bānge, kubanga bangi; era bankyāwa obukyāyi obukāmbwe.
19 Kale onkūmēnga ememe yānge, omponyēnga : tong'anyānga kukwatibwa nsonyi, kubanga nkwesiga 'gwe.
20 Obutūkirivu namazima binkūmēnga, kubanga 'nindirira 'gwe.
21 Nunula Isiraeri, ai Katonda, mu bibonobonobye byona.

## 26.

ONSALIRE omusāngo, ai Mukama, kubanga natambulānga mu butūkirivu bwānge : era nesigānga Mukama obutabusabusa.
2 Onkebere, ai Mukama, onkeme; ongezeko ememe yānge nomutima gwānge.
3 Kubanga ekisakyo kiri mu maso gānge; era natambulirānga mu mazimago.
4 Satūlānga wamu nabantu abatalimu; 'sō siingirenga wamu nabakusakusa.
5 Ekibīna kyabo abakola obubi nkikyāwo, 'sō sitūlenga wamu nababi.
6 Nānābānga mu ngalo zānge mu butayōnōna; bwenetōlōlānga bwentyo ekyōtokyo, ai Mukama :
7 Ndyoke mpulirizēnga e'dobozi eryokwebaza, njogerēnga ku bikolwabyo byona ebyekitalo.

Digitized by Google

8 Mukama, njagala ekisulo ekyomunyumbayo, ne-
kifo ekitībwakyo kyekitūlamu.
9 Tonoga meme yānge wamu nabalina ebibi, newa-
kuba'de obulamu bwānge wamu nabantu abomusai :
10 Emikono gyābwe girimu e'tima, nomukono gwā-
bwe ogwadyo gu'ju'de enguzi.
11 Naye 'nze nātambulirānga mu butūkirivu bwā-
nge : o'nunule, era onsāsire.
12 Ekigere kyānge kiīmiri'de mu kifo ekiterōvu ;
mu bibīna nēbazānga Mukama.

AKAWUNGEZI.

## 27.

MUKAMA gwe musana gwānge nobulokozi bwānge;
gwenātyānga yāni? Mukama ge mānyi agobu-
lamu bwānge; anānkankanyānga yāni?
2 Abakola obubi bweba'nūmba okulya omubiri gwā-
nge, be balabe bānge era abankyāwa, nebesitala ne-
bagwa.
3 Newakuba'de nge'gye lisīsi'de oku'nwānyisa, omu-
tima gwānge tegutyenga : newakuba'de ngentalo zi-
mba'deko, era ne mwezo nāgumānga omwoyo.
4 Ekigambo kimu nkisabye Mukama, kyenāno-
nyānga ; okutūlānga mu nyumba ya Mukama enaku
zona ezobulamu bwānge, okutunulirānga obulūngi bwa
Mukama nokubūzānga mu yekaluye.
5 Kubanga ku lunaku olwokunakuwala alinkūma
mu kyāma mu nyumbaye : awakwekerwa mu wemaye
walinkisa; alinyimusa ku lwāzi.
6 Ne kakano omutwe gwānge gunāimusibwa ku
balabe bānge abanetōlo'de;
7 Era nāwayo mu wemaye sadaka ezokusanyuka ;
nāīmbānga, wewawo, nāīmbānga okutendereza Mu-
kama.
8 Wulira, ai Mukama, bwenkāba ne'dobozi lyānge :
era onsāsire, onziremu.
9 (Bwewagamba nti) Munonye amaso gānge; omu-

Digitized by Google

tima gwānge gwakugamba nti Amasogo, Mukama, nāganonyānga.

10 Tonkisa amasogo; togoba mu'duwo mu busūngu :

11 'Gwe wabōrānga omubezi wānge; tonsūla, 'sō tondeka, ai Katonda owobulokozi bwānge.

12 Kubanga kitāngo ne mānge bandese, nayo Mukama anānjijanjabānga.

13 Onjigirizōnga e'kubolyo, ai Mukama; era o'nung'amyōnga mu luwenda olulabika, olwabalabe bāngo.

14 Tompayo eri abalabe bānge (okunkola) byebagala : kubanga abawāiriza bangolokoke'doko, nabo aba'sa omu'ka ogwobukāmbwe.

15 Nandiziri'se, singa sa'kiriza okulaba obulāngi bwa Mukama munsi eyabalamu.

16 Lindirira Mukama : 'damu amānyi, ogume omwoyogwo; wewawo, lindirira Mukama.

## 28.

'GWE, ai Mukama, nākukōwolānga; olwāzi lwānge, togāna kumpulira : 'neme okuba ngabo aba'ka mu bunya, obanga ononsirikirira.

2 Wulira e'dobozi eryokwegairira kwānge, bwenkukābirira, bwenyimusa omikono gyānge eri ekifo ekitukuvu ekyoyogereramu.

3 Tompalulira wamu nababi, nabo abakola obutali butūkirivu; abogera ebyomirembe no ba'nābwo, nayo o'tima nga liri mu mitima gyābwe.

4 Obawe ngemirimu gyābwe bwogiri era ngobubi obwebikolwa byābwe :

5 Obawe ngemikono gyābwe bwogikola; obasasule byebasāni'de.

6 Kubanga tebalowōza mirimu gya Mukama, newakuba'de emikonogye byegikola, alibamenyamenya 'sō talibazīmba.

7 Atendorezebwe Mukama, kubanga awuli'de e'dobozi eryokwegairira kwānge.

8 Mukama ge mānyi gānge era ye ngabo yānge; omutima gwānge gwamwesigānga oyo, nembōrwa :



Digitized by Google

omutima gwāngo kyeguva gusanyuka enyo; era
nāmutenderezānga noluīmba lwange.
9 Mukama ge mānyi gābwe, era kye ki'dukiro ekyo-
bulokozi eri oyo gweyasīga amafuta.
10 Lokola abantubo, owēnga omukisa abobusikābwo:
obalīsēnga, obawanirirēnga emirembe gyona.

## 29.

MUMUWE Mukama, 'mwe abāna babazira, mumuwe
Mukama ekitībwa namānyi.
2 Mumuwe Mukama ekitībwa erinyalye kyerisānira;
mumusinze Mukama mu butūkirivu obuwoma.
3 E'dobozi lya Mukama liri ku ma'zi: Katonda owe-
kitībwa abwātuka,
4 Ye Mukama, ku ma'zi amangi. E'dobozi lya
Mukama lya mānyi; e'dobozi lya Mukama li'ju'de eki-
tībwa.
5 E'dobozi lya Mukama limenya emivule; wewawo,
Mukama amenyamenya emivule gya Lebanoni.
6 Era agizinyisa ngenyana; Lebanoni ne Sirioni
ngenyana yembogo.
7 E'dobozi lya Mukama lyāwula enimi ezomuliro.
E'dobozi lya Mukama likankanya e'dūngu; Mukama
akankanya e'dūngu lya Kadesi.
8 E'dobozi lya Mukama lizāza empewō, eru likunku-
mulira dala amabira, era mu yekaluye buli kintu
kyogera nti Ekitībwa.
9 Mukama yatūla (nga kabaka) ku Mataba; wewa-
wo, Mukama atūla nga kabaka emirembe gyona.
10 Mukama aliwa amānyi abantube; Mukama omu-
kisa gwaliwa abantube gye mirembe.

## OLUNAKU 6. ENKYA.

## 30.

NAKUGULUMIZĀNGA, ai Mukama; kubanga onyi-
musi'za, notobampānguza abalabe bānge.

Digitized by Google

2 Ai Mukama Katonda wānge, nakukōwola, nāwo
nomponya.
3 Ai Mukama, walinyisa ememe yānge okuva mu
magōmbe : omponye'za okufa, neme oku'ka mu bunya.
4 Mumuīmbirēnga Mukama nga mumutendereza,
'mwe abatukuvube, nerinyalye etukuvu mulyebazēnga.
5 Kubanga obusūngubwe buita māngu; mu kisa-
kye mwebuli obulamu : amaziga wo'zi gaīnza oku-
bērawo ekiro, naye esanyu li'ja obu'de nga buke'de.
6 'Nze bwenawebwa omukisa, nenjogera nti Sirisa-
ga'agana emirembe gyona.
7 'Gwe, Mukama, mu kisakyo wali onywēze'za olu-
sozi lwānge : nokisa amasogo; nineralikirira.
8 Nenkukōwola 'gwe, ai Mukama; era Mukama
nemwegairira;
9 Omusai gwānge guligasa gutya, bwendi'ka mu
bunya?
10 Enfūfu enekutenderezānga? enebūlirānga ama-
zimago?
11 Wulira, ai Mukama, onsāsire : Mukama, 'gwe
bēra omubezi wānge.
12 Onfūli'de okunakuwala kwānge okuzina; onzi-
yeko ebibukutu byānge, onyambazi'za esanyu :
13 Ekitībwa kyānge kiroyoke kikuīmbirēnga oku-
kutendereza, 'sō kiremēnga okusirika. Ai Mukama
Katonda wānge, nākwebazānga emirembe gyona.

## 31.

AI Mukama, nkwesiga 'gwe; 'neme okuswāzibwānga
emirembe gyona : ondokole mu butūkirivubwo.
2 Ontegere okutukwo; yānguya okundokola :
3 Obērēnga gyendi olwāzi olwamānyi, enyumba
enkomere okumponya.
4 Kubanga 'gwoli lwāzi lwānge era ekigo kyānge;
kale kulwerinyalyo onkulembere o'nung'amye.
5 Onziye mu kyambika kyebantēze enkiso; kubanga
'gwoli bugwe wānge.
6 Mpayo omwoyo gwānge mu mukonogwo : 'gwe
wa'nunula, ai Mukama, 'gwe Katonda owamazima.

Digitized by Google

7 Nkyāwa abo abalowōza ebigambo ebyobulimba
ebitalimu : naye nesiga Mukama.
8 Nāsanyukānga, nājaguzānga olwokusāsirakwo :
kubanga walaba ebibonobono byānge; wamanya eme-
me yānge mu kulaba enaku :
9 'Sō tewanziiza kukwatibwa mukono ogwomulabe;
ebigere byānge wabi'sa mu kifo ekigazi.
10 Onsāsire, ai Mukama, kubanga zinsānze : eriso
lyānge liwe'demu olwokunakuwala ememe yānge no-
mubiri gwānge.
11 Kubanga obulamu bwānge buita nokutegana,
nemyāka gyānge (giita) nokusīnda.
12 Amānyi gānge gampwe'deko olwokwōnōna kwā-
nge, namagūmba gānge gako'ze.
13 Kulwabalabe bānge bona nfūse ekivume, wewawo,
eri abalirānwa bānge enyo, era (nfūse) entīsa eri emi-
kwāno gyānge : abandaba mu 'kubo nebanziruka.
14 Nerabi'dwa ngomufu atalowōzebwa : nfanana
ngekibya ekyatise.
15 Kubanga nawulira okuwairiza kwabangi, ensīsi
yanetōlōla : bwebāli batēsa ebigambo awamu ku'nze,
nebasala amagezi okunziyako obulamu bwānge.
16 Naye nakwesiga 'gwe, ai Mukama : nayogera nti
'Gwe Katonda wānge.
17 Entūko zānge ziri mu mukonogwo : ondokole mu
mukono gwabalabe bānge nabo abanji'ganya.
18 Amasogo gākire omu'duwo : ondokole mu kisa-
kyo.
19 'Nemēnga okukwatibwa ensonyi, ai Mukama;
kubanga nkukōwo'de 'gwe : ababi bakwatibwēnga
ensonyi, basirikēnga mu magōmbe.
20 Emimwa egyobulimba gisiruwalēnga; egyogera
ku batūkirivu nekye'jo, namalala nokunyōma.
21 Obulūngibwo nga bungi bwewaterekera abo aba-
kutya, bwewakolera abakwesiga, mu maso gabāna
babantu!
22 Egyoli awakwekebwa wonobakisānga munkwe
ezabantu : onobakūmirānga mu wema mu kyāma eri
enimi eziyōmba.

Digitized by Google

23 Atenderezebwōnga Mukama : kubanga andaze
ekisakye akyekitalo mu kibuga ekiriko ekigo.
24 Nze nayogera nga nyānguiriza nti Nzikiri'de mu
masogo :
25 Naye wawulira e'dobozi eryokwegairira kwāngo
bwenakukōwola.
26 Kale mumwagalōnga Mukama, 'mwena abatu-
kuvube : Mukama awonya abesigwa, era asasulira dala
obungi akola ebyamalala.
27 Mu'dōngamu amānyi, mugumōnga omwoyo gwa-
'mwe, 'mwena abasūbira mu Mukama.

## Akawungezi.

## 32.

AWERE'DWA omukisa asonyi'dwa ekyonōnōkye ne-
kibikye kikweke'dwa.
2 Awere'dwa omukisa Mukama gwatabalira butali
butūkirivu, ne mu mwoyogwe temuli bukūsa.
3 Bwenasirikānga, amagūmba gānge gāka'diwānga,
olwokukāba kwānge obu'de okuziba.
4 Kubanga emisana nekiro omukonogwo gwanzi-
towererānga : ama'zi gānge negakalirānga ngolwomu-
sana ogwekyōya.
5 Nenkwātulira ekibi kyānge, nobutali butūkirivu
bwānge nesibukweka :
6 Nayogera nti Mukama nāmwātulira ebyōnōno
byānge; nāwo nonsonyiwa obutali butūkirivu obwe-
kibi kyānge.
7 Kulwekyo buli atya Katonda akusabōnga mu biro
byoinza okulabikiramu : mazima mu ntaba ezama'zi
amangi tebalitūka gyali.
8 Oli bwekweko bwānge; ononkūmānga mu kulaba
enaku ; ononetōlōzānga enyimba ezobulokozi.
9 Nākuigirizānga nākulagānga mu 'kubo lyonoitā-
ngamu : nākutōsezānga ebigambo eriso lyānge nga
liri ku'gwe.
10 Temuba nga mbalāsi, nenyumbu, ezitalina ma-

gezi : ezigwānira okusibibwa ekyūma nolukoba okuziiiza, (awatali ebyo,) teziri'ja gyoli.

11 Ababi banālabānga enaku nyingi : naye oyo eyesiga Mukama okusāsirwa kunāmwetōlōlānga.

12 Musanyukire Mukama, mujaguze, 'mwe abatūkirivu : mwogerere wa'gulu olwesanyu, 'mwena abalina omutima ogwamazima.

## 33.

MUSANYUKIRE Mukama, 'mwe abatūkirivu : okutendereza kusānira abalina omwoyo ogwamazima.

2 Mumwebaze Mukama nenānga : muīmbe okumutendereza nenānga eyengoye kumi.

3 Mumuīmbire oluīmba olugya; mukube enānga namagezi ne'dobozi 'dene.

4 Kubanga ekigambo kya Mukama kigolokofu; nomulimugwe gwona (agukola) mu bwesigwa.

5 Ayagala obutūkirivu nemisāngo : ensi e'ju'de ekisa kya Mukama.

6 Mu kigambo kya Mukama e'gulu lyakolebwa; ne'gye lyamu lyona (lyakolebwa) nomu'ka, ogwakamwāke.

7 Ama'zi agomunyanja agakung'anya ngentūmo : atereka ama'dubi mu mawanika.

8 Ensi zona zityēnga Mukama : bona abali munsi zona bamukankanirēnga.

9 Kubanga yayogera nekikolebwa; yalagira nekinywēra.

10 Mukama a'gyawo okutēsa kwamawānga : adibya ebirowōzo byabantu.

11 Okutēsa kwa Mukama kunywēra enaku zona, nebirowōzo byomutimagwe okutūsa emirembe gyona.

12 E'gwānga eririna Mukama okuba Katonda walyo liwere'dwa omukisa; abantu beyalōnda okuba obusikābwe ye.

13 Mukama alengera ngaima mu 'gulu; atunulira abāna babantu bona; ngaima mu kifo ekyekisulokye alaba kwabo abali munsi bona;

Digitized by Google

14 Abūmba emitima gyābwe bona, alowōza ebikolwa byābwe byona.
15 Tewali kabaka alokoka olwe'gye okuba eringi : omuzira tawonyezebwa mānyi mangi.
16 Embalāsi kye kintu ekitalimu ku bulokozi : 'sō tewonyenga muntu olwamānyi gayo amangi.
17 Laba, eriso lya Mukama liri kwabo abamutya, kwabo abasūbira mu kusāsirakwe;
18 Okuwonyānga ememe yābwe okufa, nokubakūmānga abalamu ma njala.
19 Ememe ya'fe erindiri'de Mukama : oyo ye mubezi wa'fe, era ye ngabo ya'fe.
20 Kubanga omutima gwa'fe gunāsanyukirānga oyo, kubanga twesize erinyalye etukuvu.
21 Okusāsirakwo, ai Mukama, kubērēnga ku'fe, nga 'fe bwetusūbira mu'gwe.

## 34.

NEBAZĀNGA Mukama mu biro byona : etendolye liri mu kamwa kānge bulijo.
2 Ememe yānge enenyumirizānga mu Mukama : abawōmbefu baliwulira, balisanyuka.
3 Mumukuze Mukama wamu nānge, tugulumize erinyalye 'fena.
4 Nanonya Mukama, nānziramu, nāndokola mu kutya kwānge kwona.
5 Bāmutunulira, nebalaba omusana : era amaso gābwe tegakwatibwenga nsonyi emirembe gyona.
6 Omunaku ono yakōwola, Mukama nāmuwulira, nāmulokola mu nakuze zona.
7 Malaika wa Mukama asīsira okwetōlōla abo abamutya, nābalokola.
8 Mulege mutegēre Mukama nga mulūngi : awere'dwa omukisa oyo amwesiga.
9 Mutyēnga Mukama, 'mwe abatukuvube : kubanga tebabulwa kintu abamutya,
10 Obwāna bwempologoma bubulwa nebulūmwa enjala : naye abanonya Mukama tebabulwenga kintu kirūngi kyona.

Digitized by Google

11 Mu'je, 'mwe abāna abato, mumpulire : nâbaigirizānga okutya Mukama.
12 Muntu ki ayagala obulamu, era eyegōmba enaku (enyingi), alyoke alabe obulūngi ?
13 Ziizānga olulimirwo mu bubi, nemimwagyo obutogerānga bukūsa.
14 Va mu bubi, okolēnga obulūngi; nonyānga emirembe, ogigobererēnga.
15 Amaso ga Mukama galaba abatūkirivu, namatuge gawulira okukāba kwābwe.
16 Obwenyi bwa Mukama buba kwabo abakola obubi, amalemu oku'jukirwa kwābwe munsi.
17 (Abatūkirivu) bākōwola, Mukama nāwulira, nābalokola mu naku zābwe zona.
18 Mukama ali kumpi nabo abalina omutima ogumenyese. Era awonya abalina omwoyo ogubonere'de.
19 Ebibonobono ebyomutūkirivu bye bingi : naye Mukama amulokola mu byona.
20 Akūma amagūmbage gona : li'nago erimu terimenyeka.
21 Obubi buli'ta omubi : nabo abakyāwa omutūkirivu balisingibwa omusāngo.
22 Mukama anunula ememe yaba'dube : 'sō tewali mubo abamwesiga alisingibwa omusāngo.

## OLUNAKU 7. ENKYA.

## 35.

WAKANA, ai Mukama, nabo abawakana nānge : lwāna nabo abalwāna nānge.
2 Kwata engabo nakagabo, oīmirire okumbēra.
3 Era sōwola ne'fumu, ozibire e'kubo abo abanji'ganya : ogambe ememe yānge nti 'Nze bulokozibwo.
4 Bakwatibwe ensonyi baswāzibwe abanji'ganya ememe yānge : ba'zibwe enyuma beralikirizibwe abatēsa okunkola obubi.
5 Babēre ngebisusūnku ebitwālibwa nempewo, era malaika wa Mukama ngabagoba.

Digitized by Google

6 E'kubo lyābwe libēre ekizikiza nobuserezi. Era
malaika wa Mukama ngabai'ganya.
7 Kubanga awatali nsōnga bankisi'za mu bunya
ekyambika kyābwe, awatali nsōnga basimi'de ememe
yānge.
8 Okuzikirira kumu'jeko nga talaba; nekyambika
kye kyeyakisa kimukwate ye ye nyini : akigwemu no-
kuzikirira.
9 Nememe yānge erisanyukira Mukama : erijaguliza
obulokozibwe.
10 Amagūmba gānge gona galyogera nti Mukama,
āni afanana nga 'gwe, awonya omwāvu eri oyo amu-
singa amānyi, awonya omwāvu nomunafu eri oyo
amunyaga?
11 Aba'julirwa abatali batūkirivu bagolokose; bā-
mbūza ebigambo byesimanyi.
12 Bānsasula obubi kulwobulūngi, okweralikiriza
ememe yānge.
13 Naye 'nze, bwebālwāla, nenyambala ebibukutu :
nenteganya ememe yānge nokusība; nokusaba kwānge
neku'da mu kifuba kyānge.
14 Nemba nga bwenakuba'de singa yali mukwāno
gwānge oba muganda wānge : nenkutama ne'nakuwala
ngafiri'dwa nyina.
15 Naye bwenawenyera 'nze, nebasanyuka, nebaku-
ng'ana : abagwagwa nebankung'anirako, nesimanya;
nebanjuza nebatalekayo :
16 Ngabo abatatya Katonda abadūla mu mbaga,
bwebāluma obujigi bwebatyo, nga bansunguwalira.
17 Mukama, olitūsa wa okutunula obutunuzi? wonya
ememe yānge mu kuzikiriza kwābwe, kaganzi kānge
mu mpologoma.
18 Ndikwebaliza mu kibīna ekinene : ndikutendere-
reza mu bantu abangi.
19 Abo abalabe bānge baleme okunsanyukirako no-
bulimba : era abankyāwa awatali nsōnga baleme oku-
temya ekikowe.
20 Kubanga tebogera mirembe : naye batēsa ebiga-
mbo ebyobulimba kwabo abaterēra munsi.

Digitized by Google

21 Era banjasamirira dala akamwa kābwe; nebogera
nti 'Gwe, 'gwe, eriso lya'fe lyakiraba.
22 'Gwe wakiraba, ai Mukama; tosirika: ai Mukama,
tombēra wala.
23 Golokoka, ozukuke okunsalira omusāngo, era
olwensōnga yānge, Katonda wānge era Mukama wānge.
24 Onsalire omusāngo, ai Mukama Katonda wānge,
ngobutūkirivubwo bwebuli; 'sō tobaganya kunsanyu-
kirako;
25 Baleme okwogera mu mutima gwābwe nti Bwo-
tyo! bwetwagala bwetutyo: baleme okwogera nti Tu-
mumize bugobo.
26 Bakwatibwe ensonyi baswāzibwe bona abasa-
nyukira 'nze okulaba akabi: bambale ensonyi noku-
nyomebwa abanegulumirizako.
27 Bogerere wa'gulu olwesanyu, bajaguze, ababēra
ensōnga yānge eyobutūkirivu: era bogerēnga bulijo nti
Mukama agulumizibwe, asanyukira omukisa ogwomu-
'duwe.
28 Nolulimi lwānge lunāyogerānga ku butūkirivu-
bwo (ne) ku tendolyo obu'de okuziba.

## 36.

EKYŌNŌNO kyomubi kyogerera mu mutima gwānge
nti tewali kutya Katonda mu masoge.
2 Kubanga yenyumiririza mu masoge ye, ngobutali
butūkirivubwe tebulirabika nebukyāyibwa.
3 Ebigambo ebyakamwāke bwe butali butūkirivu
nobulimba: Alese okuba namagezi nokukola obulūngi.
4 Atēsa obutali butūkirivu ku kitandakye; yeteka
mu kubo eritali 'dungi; takyāwa bubi.
5 Ekisakyo, ai Mukama, kiri mu 'gulu; obwesigebwo
bubuna e'bānga.
6 Obutūkirivubwo buli ngensozi za Katonda; emi-
sāngogyo bwe buziba obunene:
7 Ai Mukama, gwowonya abantu nebisolo. Eki-
sakyo, ai Katonda, nga kya muwendo mungi! Era
abāna babantu ba'dukira wansi wekisīkirize ekyebi-
wawātirobyo

Digitized by Google

8 Bana'kusibwānga dala obuge'vu obwenyumbayo. Era onobanywesānga ku mu'ga ogwesanyulyo.
9 Kubanga woli we wali olu'zi olwobulamu : mu musanagwo na'fe mwetunālabirānga omusana.
10 Kale yongera ekisakyo eri abo abakumanya; nobutūkirivubwo eri abo abalina omutima ogwamazima.
11 Toganya kigere kya malala okunji'jirako, newakuba'de omukono gwomubi okungoba.
12 Eri gyebagu'de abakola obutali butūkirivu : bamo'ge'dwa wansi, 'sō tebaīnzenga kuimuka.

AKAWUNGEZI.

## 37.

TEWERALIKIRIRĀNGA lwabo abakola obubi, 'sō tokwatibwānga bu'gya kwabo abakola ebitali bya butūkirivu.
2 Kubanga balisalwa māngu ngesubi, baliwotōka ngomu'do ogumera.
3 Wesigōnga Mukama, okolēnga obulūngi; bērānga munsi, ogobererōnga obwesigwa.
4 Era sanyukirānga Mukama : naye anākuwānga omutimagwo byegusaba.
5 Olugendolwo oluiringisizōnga ku Mukuma; era wesigēnga oyo, naye anākitūkirizānga.
6 Era anāyolesānga obutūkirivubwo ngomusana, nomusāngogwo ngetuntu.
7 Sirika eri Mukama, omulindirirēnga nokugumīkiriza : teweralikirirānga lwoyo alaba ebirūngi mu 'kubolye, olwomuntu atūkiriza enkwe ezobubi.
8 Lekānga obusūngu, ovēnga mu kirui : teweralikirirānga; kwagala bwagazi okuleta obubi.
9 Kubanga abakola obubi balizikirizibwa : naye abalindirira Mukama abo be balisikira ensi.
10 Kubanga waliba akasēra katono, nomubi talibērawo. Wewawo, ekifokye olikitunulira dala, naye talibērawo.

Digitized by Google

11 Naye abawōmbefu balisikira ensi; era banāsanyu-
kirānga emirembe emingi.
12 Omubi yekoba ku mutūkirivu, era aluma bujigi
ngamusunguwali'de.
13 Mukama alimusekerera: kubanga alaba ngoluna-
kulwe lu'ja.
14 Ababi basōwo'de ekitala, baleze omutego gwābwe;
okusūla omwāvu nomunafu, oku'ta abo (abatambula)
mu 'kubo namazima.
15 Ekitala kyābwe kirifumita omutima gwābwe bo,
nemitego gyābwe girimenyeka.
16 Ebitono omutūkirivu byalina bisinga obuga'ga
obwababi abangi.
17 Kubanga emikono gyababi girimenyeka: naye
Mukama anywēza abatūkirivu.
18 Mukama amanyi enaku zabo abatūkiri'de: nobu-
sika bwābwe bunābērānga bwa mirembe gyona.
19 Tebakwatibwenga nsonyi mu biro ebyakabi: ne
mu naku ezenjala bana'kutānga.
20 Naye ababi balibula, nabalabe ba Mukama baliba
ngekisinga amasavu mu birūndibwa: balibula, balibu-
lira dala mu mu'ka.
21 Omubi yewola, nātasasula nāte: naye omutūkirivu
akola ebyekisa, agaba.
22 Kubanga abawebwa omukisagwe balisikira ensi;
nabo abakolimirwa ye balizikirizibwa.
23 Olugendo olwomuntu lunywēzebwa Mukama;
era asanyukira e'kubolye.
24 Newakuba'de ngagwa, talisūlirwa dala wansi:
kubanga Mukama amunywēza nomukonogwe.
25 Nali muto, kakano nka'diye; naye sirabānga mu-
tūkirivu ngaleke'dwa, newakuba'de eza'derye nga ba-
saba e'mere.
26 Obu'de okuziba akola ebyekisa, nāwola; neza'-
derye liwebwa omukisa.
27 Ovēnga mu bubi, okolēnga obulūngi; obērēngawo
emirembe nemirembe.
28 Kubanga Mukama ayagala ensōnga, era taleka
batukuvube; bakūmibwa emirembe gyona:

Digitized by Google

29 Naye eza'de eryomubi lirizikirizibwa.
30 Abatūkirivu balisikira ensi, banāgibōrāngamu
emirembe gyona.
31 Akamwa komutūkirivu kogera ebyamagezi, nolu-
limirwo lubūlira ensōnga.
32 Amatēka ga Katondawe gabēra mu mutimagwo;
mu lugendolwe lwona tasērerenga.
33 Omubi atunulira omutūkirivu, ngayagala oku-
mu'ta.
34 Mukama talimuleka mu mukonogwe, 'sō talimu-
sinza bwalisalirwa omusāngo.
35 Lindirirānga Mukama, okwatēnga e'kubolye, naye
alikugulumiza okusikira ensi: ababi bwebalizikirizibwa
oliraba.
36 Nalaba omubi ngalina obuïnza obungi, era nga-
gulumi'de ngomuti ogumeze ku'taka lyagwo.
37 Naye bwebāita, laba, taliwo: era namunonya,
naye teyalabika.
38 Wekalirizōnga oyo atūkiri'de, olabēnga owama-
zima: kubanga enkomerero eyomuntu (oyo) mirembe.
39 Abōnōnyi, bo balizikirizibwa bona: enkomerero
dala eyomubi erizikirizibwa.
40 Naye obulokozi obwabatūkirivu buva eri Mu-
kama: Oyo kye kigo kyābwe mu biro ebyokulabiramu
enaku.
41 Era Mukama ababēra, nābawonya: abawonya eri
ababi, nābalokola, kubanga beyunye oyo.

## Olunaku 8. Enkya.

## 38.

AI Mukama, to'nenya mu busūngubwo: 'sō tombū-
kirira mu kiruikyo ekibūbūka.
2 Kubanga obusālebwo buunkwati'de dala, nomukono-
gwo gunyigiriza nyo.
3 Temuli bulamu mu mubiri gwāngo olwokunyīga-
kwo; 'sō temuli, kuwona mu magūmba gānge olwokwō-
nōna kwāngo.

Digitized by Google

4 Kubanga obutali butūkirivu bwānge buise ku
mutwe gwānge. Ngomugugu omunene bunzitowere'de
bu'nemye.
5 Ebiwūndu byānge biwunya era bivūnze, olwobu-
sirusiru bwānge.
6 'Numi'dwa, nkutamizibwa nyo; ntambula nga
nkāba obu'de okuziba.
7 Kubanga ekiwato kyānge ki'ju'de okwōkya; 'sō
temuli bulamu mu mubiri gwānge.
8 Nyōngobora, 'menyesemenyese: mpulugumye olwo-
kweralikirira kwomutima gwānge.
9 Mukama, byenjagala byona biri mu masogo; noku-
sīnda kwānge tekukukisibwa.
10 Omutima gwānge guntundu'ga, amānyi gānge
gampwe'demu: omusana ogwamaso gānge, era nagwo
gumbuze.
11 Abanjagala ne mikwāno gyānge bewala ekibono-
bono byānge; ne baganda bānga baīmirira wala.
12 Era nabo abanji'ganya obulamu bwānge bantēga;
nabo abagala 'nze okulaba akabi bogera ebye'tima, era
balowōza ebyobulimba obu'de okuziba.
13 Naye 'nze ngomuzibe wamatu, siwulira; era
ninga omusiru atayasama kamwāke.
14 Mazima, ninga omuntu atawulira, ne mu ka-
mwāke temuli kunenya.
15 Kubanga eri 'gwe, ai Mukama gyensūbira: oli-
'damu, ai Mukama Katonda wānge.
16 Kubanga nayogera nti Baleme okunsanyukirako:
ekigere kyānge bwekisērera, ba'negulumirizako.
17 Kubanga 'nze ndi kumpi nokuwenyera, nenaku
zānge ziri mu muso gānge bulijo.
18 Kubanga nāyātulānga obutali butūkirivu bwānge;
nānakuwalānga olwokwōnōna kwānge.
19 Naye abalabe bānge balamu, balina amānyi: nabo
abankyāwa olwobulimba beyonge'de.
20 Era nabo abasasula obubi olwobulūngi be balabe
bānge, kubanga ngoberera ebigambo ebirūngi.
21 Tondeka, ai Mukama: ai Katonda wānge, to-
mbēra wala.

Digitized by Google

22 Yānguwa okumbōra, ai Mukama, obulokozi
bwānge.

## 39.

NAYOGERA nti Nekūmānga amakubo gānge, 'nemēnga okwōnōnya olulimi lwānge:
2 Nāsibānga akamwa kānge nolukoba, omubi ngali
mu maso gānge.
3 Nasiruwala obutayogera, nasirika, newakuba'do
ebirūngi (sabyogera); okunakuwala kwānge nekweyongera.
4 Omutima gwānge negwāka munda yānge; bwenali ndowōza, omuliro negukolēra: (nendyoka) njogera
nolulimi lwānge:
5 Mukama, ontegēze enkomerero yānge, nekigera
ekyenaku zānge bwekiri; ntegēre bwendi omumenyefu.
6 Laba, enaku zānge wazikola ngenta; nobulamu
bwānge buli nga si kintu gyoli : mazima, buli muntu,
bwanywērera dala, mu'ka bu'ka.
7 Mazima, buli muntu atambula mu kifananyi ekitalimu. Mazima, beralikiririra bwerōre : akūma (obuga'ga), 'sō tamanya agenda okubutwāla.
8 Ne kakano, Mukama, 'nindirira ki? Eri 'gwe
gyensūbira.
9 Onziye mu byōnōno byānge byona; tonfūla kivume kya basirusiru.
10 Nasiruwala, sayasama kamwa kānge; kubanga
wakikola.
11 Onziyeko omu'gogwo : 'mali'dwamu amānyi olwokukuba kwomukonogwo.
12 Bwobūlirirānga omuntu nokunenga olwobutali
butūkirivu, omumaliramu dala obulūngibwe, ngenyenje : mazima, buli muntu mu'ka.
13 Wulira okusaba kwānge, ai Mukama, o'kirize
okukāba kwānge; tosirikira maziga gānge:
14 Kubanga 'nze ndi mugenyi gyoli, omutambuze,
nga bajaja bānge bona bwebāli.
15 Onsāsire, ndyoke nziremu amānyi, nga sinava
muno nesibērawo.

Digitized by Google

## 40.

NALINDIRIRA Mukama nokugumīkiriza; nāntegera (okutu), nāmpulira okukāba kwānge.
2 Era nānziya mu bunya obwokuzikirira, mu bitōsitōsi; nāteka ebigere byānge ku lwāzi, nānywēza okugenda kwānge.
3 Era noluīmba olugya alu'si'za mu kamwa kānge, kwe kutendereza Katonda wa'fe:
4 Bangi abanālabānga, nebatya, nebesiga Mukama.
5 Awere'dwa omukisa omuntu eyesiga Mukama, nātaba'sāmu ekitībwa abamalala newakuba'de abakyāmira mu bulimba.
6 Ebikolwa ebyekitalo byewakola, ai Mukama Katonda wānge, bingi, nebirowōzōbyo ebiri gyetuli: tebiīnzika kukulongokera ki'na kimu;
7 Singa mba'de njagala okubibūlira nokubyogerako, tebibalika obungi.
8 Sadaka nebiwebwayo tobisanyukira; amatu gānge ogawuli'za:
9 Ebyōkebwa nebiwebwayo olwebibi tewabyagala. Nendyoka njogera nti Laba, nzi'ze;
10 Mu muzingo ogwekitabo kyampandikirwamu: nsanyuka okukola byoyagala, ai Katonda wānge; wewawo, amatēkago gali mu mutima gwānge munda.
11 Mbūli'de obutūkirivu mu kibīna ekinene; laba, sibunizenga mimwa gyānge, ai Mukama, 'gwomanyi.
12 Sikwekānga butūkirivubwo mu mutima gwānge munda; mbūli'de obwesigebwo nobulokozibwo:
13 Ekisakyo namazimago sibikisānga ekibīna ekinene.
14 Nāwe, ai Mukama, tonyi'ma kusāsirakwo okulūngi: ekisakyo namazimago binkūmēnga enaku zona.
15 Kubanga obubi obutabalika bu'netōlo'de, obutali butūkirivu bwānge buntūseko nokuīnza nesiīnza kutunula wa'gulu; businga enviri ezokumutwe gwānge obungi, era omutima gwānge gundese.
16 'Kiriza, ai Mukama, okumponya: yānguwa okumbēra, ai Mukama.

Digitized by Google

17 Bakwatibwe ensonyi baswāzibwe bona abanonya
ememe yānge okugizikiriza : ba'zibwe enyuma banyō-
mebwe abo abasanyukira 'nze okulaba akabi.
18 Balekebwe olwensonyi zābwe abo abansōza.
19 Bona abakunonya bakusanyukire bajaguze : abo
abagala obulokozibwo bogerēnga bulijo nti Mukama
agulumizibwe.
20 Naye 'nze ndi mwāvu, netāga; Mukama ando-
wōza :
21 Gwoli mubezi wānge era omulokozi wānge; tol-
wāwo, ai Katonda wānge.

AKAWUNGEZI.

## 41.

AWERE'DWA omukisa oyo a'jukira omwāvu : Mu-
kama alimulokola ku lunaku olwakabi.
2 Mukama anāmukūmānga, anāmuwonyānga, era
anāwebwānga omukisa munsi; 'sō tumuwāngayo eri
abalabebe (okumukola) byebagala.
3 Mukama anāmujanjabānga ngayōngobera ku ki-
tanda : 'Gwe olongōseza dala ekiririkye bwalwāla.
4 Nayogera nti Ai Mukama, onsāsire : Omponye
ememe yānge; kubanga nyōnōnye 'gwe.
5 Abalabe bānge banjogerako obubi nti Alifa di,
erinyalye neribula?
6 Era nebwa'ja okundaba, ayogera ebitalimu; omu-
timagwe gwekung'anyiza obutali butūkirivu : bwava
mu nyumba, abubūlira.
7 Bona abankyāwa bangēyera wamu : batesa ebi-
gambo okunkola akabi.
8 (Bogera nti) Endwa'de embi emuku'te : kakano
bwagalami'de, tagenda kugolokoka nate.
9 Era ne mu'nānge mukwāno gwānge 'nze, gwe-
nesiga, eyalyānga ku 'mere yānge, ansituli'de ekisinzī-
rokye.
10 Naye 'gwe, ai Mukama, onsāsire, ongolokose,
ndyoke mbawalanire e'gwānga,

11 Kyenvu'de 'manya ngonsanyukira, kubanga omulabe wānge tampāngula.

12 Naye 'nze, onywēza 'nze mu butūkirivu bwānge, era onteka mu masogo enaku zona.

13 Atenderezebwēnga Mukama, Katonda wa Isiraeri, okuva mu mirembe gyona okutūsa emirembo nemirembe. Amina, era Amina.

## 42.

NGEMPEWŌ bwewejaweja olwama'zi, bwetyo nememe yānge bwewejaweja kululwo, ai Katonda.

2 Ememe yānge erūmwa enjala kulwa Katonda, kulwa Katonda omulamu : nditūka di nendabika mu maso ga Katonda?

3 Amaziga gānge ye 'mere yānge emisana nekiro, bwebang'amba obu'de okuziba nti Katondawo aliru'dawa?

4 Bino mbi'jukira, nenfūka ememe yānge munda yānge, bwenagenda nekibīna, nembatwāla mu nyumba ya Katonda,

5 Ne'dobozi eryesanyu neryokutendereza, ekibīna ekyegendereza olunaku.

6 Kiki ekikukutami'za, ememe yānge? Kiki ekikweralikiriza munda yānge?

7 Sūbira eri Katonda : kubanga e'da ndimutendereza olwobulamu obwamasoge.

8 Ai Katonda wānge, ememe yānge ekutamye munda yānge : Kyenva nku'jukirira munsi ya Yoludani, ne ku nsozi Kerumoni, ne ku kasozi Mizali,

9 Obuziba bukōwola obuziba ama'zigo agefūkūla bwegayira : amayengogo gona namasingīsirago gampiseko.

10 Naye Mukama anālagirānga ekisakye emisana, nekiro oluīmbalwe lunābērānga nānge. Kwe kusaba Katonda owobulamu bwānge.

11 Ndigamba Katonda olwāzi lwānge nti Kiki ekikwerabizi'za 'nze? Lwaki 'nze okugenda nga nkāba olwokujōga kwomulabe?

Digitized by Google

12 Ngokitala mu magūmba gānge, abalabe bānge
banvuma;
13 Nga bang'amba obutayosa nti Katondawo ali-
ru'dawa?
14 Kiki ekikukutami'za, ememe yānge? Kiki eki-
kweralikiriza munda yānge?
15 Sūbira eri Katonda : kubanga e'da ndimutende-
reza, bwe bulamu obwamaso gānge, era Katonda wānge.

## 43.

ONSALIRE omusāngo, ai Katonda, era ompolereze ensōnga eri e'gwānga eritatya Katonda : ondokole eri omuntu owobulimba atali mutūkirivu.
2 Kubanga 'gwoli Katonda wa mānyi gānge; kiki
ekikunsūzi'za ewala? Lwaki 'nze okugenda nga nkūba
olwokujōga kwomulabe?
3 Kale otume omusanagwo namazimago; ebyo bi-
'nung'amye : bindete ku lusozirwo olutukuvu, ne mu
wemazo.
4 Nendyoka ng'enda ku kyōto kya Katonda, eri
Katonda esanyu lyānge eritasingika : ne ku nānga
ndikutendereza, ai Katonda, Katonda wānge.
5 Kiki ekikukutami'za, ememe yānge? Kiki eki-
kweralikiriza munda yānge?
6 Sūbira eri Katonda : kubanga e'da ndimutende-
reza, bwe bulamu obwamaso gānge, era Katonda
wange.

OLUNAKU 9. ENKYA.

## 44.

TWAWULIRĀNGA namatu ga'fe, ai Katonda, bajaja ba'fe bātubūlirānga, emirimu gyewakolānga mu naku zābwe, mu naku eze'da.
2 Amawānga wagagobamu nomukonogwo, nobasi-
gamu bo; wabonyabonya, amawānga nogasāsānyiza
dala.
3 Kubanga tebālya nsi olwekitala kyābwe, newaku-
ba'de omukono gwābwe si gwe gwabālokola:

Digitized by Google

4 Wabula omukonogwo ogwadyo nengalozo, nomusana ogwamasogo, kubanga bālaba ekisa eri 'gwe.
5 'Gwoli kabaka wānge, ai Katonda : lagira obulokozi eri Yakobo.
6 Kububwo tulisindika abalabe ba'fe wansi : olwerinyalyo tulirinyirira abo abatugolokokerako 'fe.
7 Kubanga siryesiga mutego gwānge, 'sō ekitala kyānge sikye kirindokola.
8 Naye 'gwe watulokola eri abalabe ba'fe, era wabaswāza abatukyāwa.
9 Mu Katonda mwetwenyumiririza obu'de okuziba, era tunebazānga erinyalyo emirembe gyona.
10 Naye kakano otusu'de wala, otukwasi'za ensonyi; 'sō totabāla ne'gye lya'fe.
11 Otu'za nyuma eri abalabe : nabo abatukyāwa benyagira.
12 Watuwayo ngendiga okuba enyama; watusāsānya mu mawānga.
13 Abantubo obatūndira bwerēre, 'sō nomuwendo gwābwe togwongeze'za (ku buga'gabwo).
14 Otufūla ekivume eri abalirānwa ba'fe, ekinyōmebwa, ekisekererwa eri abo abatwetōlo'de.
15 Otufūla olugero mu mawānga, okunyenyezebwa kwomutwe mu bantu.
16 Obu'de okuziba okunyōmebwa kwānge kunjoleke'de, nensonyi ezamaso gānge zinsāniki'de,
17 Olwe'dobozi lyoyo abogola, avuma; olwomulabe nolwoyo awalana e'gwānga.
18 Ebyo byona bitutūseko; naye tetukwerabi'de, 'sō tetukoze bya bulimba mu ndagānoyo.
19 Omutima gwa'fe tegu'ze nyuma, 'sō ebigere bya'fe tebikyāmye kuva mu 'kubolyo;
20 Newewatumenyamenya enyo mu kifo ekyebibe, notusānikiza ekisīkirize ekyokufa.
21 Obanga twerabi'de erinya lya Katonda wa'fe, oba tugolo'de emikono gya'fe eri Katonda omugya, ekyo Katonda talikikenēnya? Kubanga ebyāma ebyomumutimà abimanyi.
22 Era tu'tibwa obu'de okuziba okulāngibwa 'gwe; tuli ngendiga ezokusalibwa.

Digitized by Google

23 Zukuka, kiki ekikwebasa, ai Mukama? Golo-
koka, totusūlānga wala emirembe gyona.
24 Kiki ekikukwese'za amasogo, nebibonobono bya'fe
nokujōgebwa nobyerabira?
25 Kubanga ememe ya'fe ekutamye mu nfūfu: olu-
buto lwa'fe lwega'se ne'taka.
26 Golokoka okutubēra, otununule olwekisakyo.

## 45.

OMUTIMA gwānge gu'ju'de musera ekigambo eki-
rūngi: njogera ebigambo byempandise bya ka-
baka:
2 Olulimi lwānge ye kalamu eyomuwandisi omwā-
ngu.
3 'Gwosinga abāna babantu obulūngi; ekisa kifu-
ki'dwa ku mimwagyo: Katonda kyeyava akuwa omu-
kisa emirembe gyona.
4 Wesibe ekitalakyo mu kiwatokyo, 'gwe owamānyi,
(kye) kitībwakyo nobukulubwo.
5 Ne mu bukulubwo webagale owāngule, olwama-
zima nobuwōmbefu nobutūkirivu: nomukonogwo ogwa-
dyo gulikuigiriza ebyentīsa.
6 Obusālebwo bwa bwōgi; amawānga gagwa wansi
mu masogo; (buli) mu mutima gwabalabe ba kabaka.
7 Entebeyo, ai Katonda, ya lubērera emirembe gyo-
na: omu'go ogwobutūkirivu gwe mu'go ogwobwaka-
bakabwo.
8 Wayagala obutūkirivu, wakyāwa obubi: Katonda,
Katondawo, kyavu'de akutekako amafuta agesanyu
okusinga ba'no.
9 Ebyambalobyo byona biwunya kalōsa moli ne
akalosi ne kasiya; mu mayumba agamasānga enānga
zikusanyusi'za.
10 Mu bakyālobo mulimu abambeja: ku mukonogwo
ogwadyo kadulubale aīmirira ngayamba'de zabu ya
Ofiri.
11 Wulira, omuwala, olowōze, otege okutukwo; era
werabire ekika kya'mwe, nenyumba ya kitāwo;

Digitized by Google

12 Bwatyo kabaka anāyagalānga obulūngibwo : kubanga ye Mukamawo; era omusinze.
13 Nomuwala wa Tulo (ali'ja) nekirabo; era nabaga'ga abomubantu balikwegairira ekisakyo.
14 Omuwala wa kabaka munda (mu lubiri) wa kitībwa kyerēre : olugoyerwe lukole'dwamu ne zābu.
15 Anāletebwa eri kabaka ngayamba'de ebyamabala: bawala ba'ne abamugoberera banāletebwa gyoli.
16 Banāletebwa nokusanyuka nokujaguza : banāingira mu nyumba ya kabaka.
17 Awali bakitāwo wanābērānga abānabo, bolifūla abalāngira munsi zona.
18 Na'jukizānga erinyalyo emirembe gyona : amawānga kyeganāvānga gakwebaza emirembe nemirembe.

## 46.

KATONDA kye ki'dukiro namānyi ga'fe, omubezi dala atabula mu kulaba enaku.
2 Kyetunāvānga tulema okutya, ensi neweuekyūkānga, nensozi newezināsigukānga mu buziba obwenyanja;
3 Ama'zi gayo neweganāirānga neweganekulumululānga, nensozi newezinākankanānga nokwetabula kwayo.
4 Waliwo omu'ga, emyāla gyagwo gisanyusa ekibuga kya Katonda, ekifo ekitukuvu ekyewema zoyo ali wa'gulu enyo.
5 Katonda ali wakati wakyo; tekisagasaganenga : Katonda anākibērānga, anākibērānga enkya mu matulutulu.
6 Amawānga gāyogāna, obwakabaka nebwetabula : yaleta e'dobozirye, ensi nesānūka.
7 Mukama we'gye ali wamu na'fe; Katonda wa Yakobo kye ki'dukiro kya'fe.
8 Mu'je, mulabe ebikolwa bya Mukama, okuzikiriza kweyaleta munsi.
9 A'gyawo entalo okutūsa ku nkomerero yensi; amenya omutego, ne'fumu alikutula; namagāli agōkya omuliro.

Digitized by Google

10 Musirike mumanye nga 'nze Katonda : nāgulumizibwānga mu mawānga, nāgulumizibwānga munsi.
11 Mukama we'gyo ali wamu na'fe; Katonda wa Yakobo kye ki'dukiro kya'fe.

### AKAWUNGEZI.

## 47.

MUKALE mukube mu ngalo, 'mwe amawānga gona; mwogerere wa'gulu eri Katonda ne'dobozi eryokuwāngula.
2 Kubanga Mukama ali wa'gulu enyo wa ntīsa : ye kabaka omukulu afuga ensi zona.
3 Alijẹmula abantu netubafuga, namawānga (aliga'sā) wansi webigere bya'fe.
4 Alitulōndera obusika bwa'fe, okuwōma kwa Yakobo gweyaya'gala.
5 Katonda alinye nokwogerera wa'gulu, Mukama (alinye) ne'dobozi eryakagōmbe.
6 Muīmbe okutendereza Katonda, muīmbe okumutendereza : muīmbe okutendereza Kabaka wa'fe, muīmbe okumutendereza.
7 Kubanga Katonda ye Kabaka wensi zona : muīmbe okumutendereza namagezi.
8 Katonda afuga amawānga : Katonda atūla ku ntebeye entukuvu.
9 Abalāngira abamawānga bakung'anye. (Okubēra) abantu ba Katonda wa Ibulaimu : kubanga engabo ezensi za Katonda ; agulumizibwa nyo.

## 48.

MUKAMA mukulu, agwānira okutenderezebwa enyo, mu kibuga kya Katonda wa'fe, ku lusozirwe olutukuvu.
2 Olusozī Sayuni lulūngi mu kugulumira kwalwo, lye sanyu eryensi yona, ku njui ezobukika obwa kono, ēkibuga kya kabaka omukulu. Katonda yetegeze'za mu mayumba gakyo nga kye ki'dukiro.
3 Kubanga, laba, bakabaka bākung'ana, nebaitamu wamu.

Digitized by Google

4 Nebakiraba, nebalyoka bewunya; nebatya, nebānguwa okugenda.

5 Ensisi nebakwatira omwo; nokulūmwa, ngomukazi azāla.

6 Omuyaga oguva ebuvanjuba ogumenyesa amāto Agetalusisi.

7 Nga bwetwawulirānga, bwetwalaba bwetutyo mu kibuga kya Mukama we'gye, mu kibuga kya Katonda wa'fe : Katonda anākinywēzānga emirembe gyona.

8 Twa'jukirira ekisakyo, ai Katonda, wakati mu yekaluyo.

9 Ngerinyalyo bweriri, ai Katonda, etendolyo bweriri bwerityo okutūsa enkomerero yensi : omukonogwo ogwadyo gu'ju'de obutūkirivu.

10 Olusozi Sayuni lusanyuke, abawala ba Yuda bajaguze, olwemisāngogyo.

11 Mutambule okwetōlōla Sayuni, mukibunye : mubale ebigo byakyo.

12 Mwekalirize enkomera zakyo, mulowōze amayumba gakyo; mulyoke mubibūlire emirembe egigenda oku'ja.

13 Kubanga Katonda oyo ye Katonda wa'fe emirembe nemirembe : yanābērānga omusālo wa'fe okutūsa ku kufa.

## 49.

KINO mukiwulire, 'mwe amawānga gona; mutege okutu, 'mwe 'mwena abali munsi :

2 Abakopi era nabakulu, abaga'ga nabāvu awamu.

3 Akamwa kānge kanāyogera amagezi; nomutima gwānge gunālowōza ebyokumanya.

4 Okutu kwānge nākutegera olugero : nābi'kula ekigambo kyānge ekizibu nenānga.

5 Lwaki 'nze okutya mu naku ezakabi, obutali butūkirivu bwebunetōlōla ku bisinzīro byānge ?

6 Abesiga obuga'ga bwābwe, nebenyumiriza olwebintu byābwe ebingi;

7 Mwabo siwali aīnza okununula mugandawe na katono, newakuba'de okuwa Katonda omuwendogwe :

Digitized by Google

8 [Kubanga ekinunulo ekyememe yābwe kizibu, era
ekigwānira okulekebwānga nemirembe gyona:]
9 Alyoke awangālênga enaku zona, alemōnga oku-
laba okuvūnda,
10 Kubanga alaba ngabamagezi bafa, atamanyi no-
musirusiru bazikirira wamu, nobuga'ga bwābwe neba-
bulekera abalala.
11 Balowōza munda ngenyumba zābwe za naku
zona, ebifo byābwe bya mirembe gyona; batūma ensi
zābwe amanya gābwe bo.
12 Naye omuntu taberera mu kitībwa: ali ngensolo
ezizikirira.
13 E'kubo lyābwe eryo bwe busirusiru bwābwe:
naye abantu ababa'dirira basīma ebigambo byābwe:
14 Batekerwawo magōmbe ngekisibo; okufa kunā-
bōrānga omusūmba wābwe: abamazima banābafugānga
obu'de bwebulikya; nobulūngi bwābwe buliba obwe-
magōmbe, okubulya, buleme okubōra nekifo ekyoku-
tūlamu.
15 Naye Katonda alinunula ememe yānge mu mānyi
agemagōmbe: kubanga yalinzi'kiriza.
16 Totyānga 'gwe omuntu bwaga'gawala, ekitībwa
ekyenyumbaye bwekyeyongera:
17 Kubanga bwalifa talitwāla kintu naye; ekitī-
bwakye tekiri'ka kumugoberera:
18 Newakuba'de nga yaita ememeye eyomukisa bwe-
yali ngakyali mulamu, era abantu bakutendereza bwe-
wekolera we'ka obulūngi,
19 Ali'ka mu mirembe gya bajajabe; tebaliraba
musana nate.
20 Omuntu alina ekitībwa nātategōra, ali ngensolo
ezizikirira.

OLUNAKU 10. ENKYA.

50.

KATONDA, Katonda, Mukama, ayogo'de, nāita ensi
okuva mu buvanjuba okutūka mu bugwanjuba

Digitized by Google

2 Okuva mu Sayuni, obulūngi obutūkiri'de, Katonda
amasamasi'za.
3 Katonda wa'fe ali'ja, 'sō talisirika : omuliro guli-
rya mu masoge, omuyaga omungi gulimwetōlōla.
4 Alikōwola e'gulu wa'gulu, nensi alyoke asalire
abantube omusāngo :
5 Mukung'anye abatukuvu bānge awamu wendi;
abālagāna nānge endagāno nesadaka.
6 Ne'gulu liribūlira obutūkirivubwe; kubanga Ka-
tonda ye mulamuzi ye nyini.
7 Muwulire, abantu bānge, nānge nāyogera; 'gwe
Isiraeri, nānge nākutegēza; 'nze Katonda, Katondawo.
8 Sikunenye lwa sadakazo; nebyōkebwabyo biri
mu maso gānge bulijo.
9 Siri'gya sedume mu nyumbayo, newakuba'de
embuzi enume mu bisibobyo.
10 Kubanga buli nsolo eyomukibira yānge, nente
ezokunsozi lukumi.
11 Enyonyi zona ezokunsozi nzimanyi : nensolo
ezomunsiko zānge.
12 Singa 'nūmwa enjala, sandikubūli'de : kubanga
ensi yānge, noku'jula kwayo.
13 'Nze nālyānga enyama eya sedume, oba nānywā-
nga omusai gwembuzi?
14 Owēnga Katonda sadaka eyokwebaza; osasu-
lēnga obweyamobwo ali wa'gulu enyo :
15 Era onkōwolēnga ku lunaku olwokulaba enaku;
ndikuwonya, nāwe olingulumiza 'nze,
16 Naye omubi Katonda amugamba nti Ofayo ki
okubūlira amatēka gānge, noingiza endagāno yānge
mu kamwāko?
17 Kubanga okyāwa okuigirizibwa, nebigambo byā-
nge obisūla enyumawo.
18 Bwewalaba omu'bi walagāna naye, era wa'sē-
kimu nabenzi.
19 Owayo akamwāko eri obubi, nolulimirwo lukola
ebyobulimba.
20 Otūla ngovuma mugandawo; era owairiza omwā-
na wa nyoko.

Digitized by Google

21 Ebyo wabikola, nänge nensirika; nolowōza nga
nenkanankanira dala näwe: (naye) ndikunenya, ne-
mbiteka mu masogo.
22 Kale mulowōze kino, 'mwe aberabira Katonda,
'neme okubatāgulatāgula, okubulawo alibawonya:
23 Buli ampa sadaka eyokwebaza angulumiza; nayo
alongōsa (obulüngi) e'kubolye ndimulaga obulokozi
bwa Katonda.

## 51.

ONSĀSIRE, ai Katonda, mu kisakyo; mu bungi
obwokusäsirakwo süngula ebyōnōno byänge byona.
2 O'nälize dala mu bubi bwänge, o'nongōse mu
kwōnōna kwänge.
3 Kubanga njätula ebyōnōno byänge; nekibi kyä-
nge kiri mu maso gänge bulijo.
4 'Gwe, 'gwe we'ka, 'gwenayōnōna, nenkola ekibi
mu masogo: obēre omutūkirivu bwoyogera, osinge
omusängo bwosala.
5 Laba, 'nze natōndebwa mu bubi; ne mu kwōnōna
mänge mweyanzälira.
6 Laba, gwoyagala ebyomunda bya mazima: era
mu mwoyo ogutalabika ono'manyisa amagezi.
7 Ontukuze nezobu, nänge näba mulüngi: o'näzo
nänge näba mutukuvu okusinga omuzira.
8 Ompulize esanyu nokwesīma; amagümba gewa-
menya gasanyuke.
9 Okise amasogo mu bibi byänge, osängule ebyōnōno
byänge byona.
10 Ontōndemu omutima omulongōfu, ai Katonda;
onzi'zemu omwoyo omulüngi muuda yänge.
11 Tongoba woli; 'sō tonziyako omwoyogwo omutu-
kuvu.
12 Onkomezewo esanyu eryobulokozibwo: o'nywēze
nomwoyo ogwe'dembe.
13 Nendyoka njigiriza amakubogo abōnōnyi; naba-
lina ebibi balikyüka gyoli.
14 Omponye mu musängo gwomusai, ai Katonda,

Digitized by Google

'gwe Katonda owobulokozi bwānge; olulimi lwānge
luliīmba nyo obutūkirivubwo.
15 Ai Mukama, yasamya emimwa gyānge; naka-
mwa kānge kalyolesa etendolyo.
16 Kubanga tosanyukira sadaka; nakukuwa'de: ebi-
webwayo ebyōkebwa tebikuwōmera.
17 Sadaka za Katonda ye meme emenyese: omutima
ogumenyese era ogubonere'de, ai Katonda, togugā-
yenga.
18 Okole bulūngi Sayuni, nga bwoyagala: okolere
Yerusalemi bugwe.
19 Nolyoka osanyukira sadaka ezobutūkirivu, ebyo-
kwōkya nebyokwōkya ebirāmba: nebalyoka bawayo
ente ku kyōtokyo.

## 52.

LWAKI okwenyumiriza mu 'tima, 'gwe omuzira?
2 Okusāsira kwa Katonda kwa lubērera.
3 Olulimirwo lutēsa ebyobubi obwerēre; ngaka-
mwāno akobwōgi, lukola nobulimba.
4 Oyagala ebibi okusinga ebirūngi, nokulimba oku-
singa okwātula amazima.
5 Oyagala ebigambo byona ebirūma, 'gwe olulimi
olwobulimba.
6 Era ne Katonda bwatyo anākuzikirizānga emire-
mbe gyona, alikusitula, alikukwākula, aliku'gya mu
wemayo, alikusigula okuva munsi eyabalamu.
7 Era nabatūkirivu baliraba, balitya, balimusekerera,
nga bogera nti
8 Laba, ye wuyo atāfūla Katonda amānyige; naye
neyesiga obuga'gabwe obungi, neyenywēza mu bu-
bibwe.
9 Naye 'nza nfanana ngomuzeituni oguloka enyo mu
nyumba ya Katonda: nesiga okusāsira kwa Katonda
emirembe nemirembe.
10 Nākwebazānga enaku zona, kubanga 'gwe wakola
bwotyo: era nālindirirānga erinyalyo kubanga 'dungi,
mu maso gabatukuvubo.

Digitized by Google

## Akawungezi.

### 53.

OMUSIRUSIRU ayoge'de mu mutimagwe nti Tewali Katonda.
2 Bavūnze, bakozc obubi obwomuzizo; tewali akola bulūngi.
3 Katonda yatunula ku bāna babantu ngaima mu 'gulu, alabe nga waliwo abategēra, abanonya Katonda.
4 Buli muntu mwabo a'ze enyuma; bona bagwagwawa'de wamu; tewali akola bulūngi, tewali nomu.
5 Abakola obubi tebalina magezi? Abalya abantu bānge, nga bwebalya e'mere, nebatakābiia Katonda.
6 Awatali kya kutya webatīra enyo : kubanga Katonda asāsāuyi'za amagūmba goyo akukolako olusīsira; obakwasi'za ensonyi, bubanga Katonda yabagoba.
7 Singa obulokovu bwa Isiraeri (bulabise) nga buvu'de mu Sayuni! Katonda bwalikomyawo abantube abānyagibwa,
8 Yakobo nālyoka asanyuka, Isiraeri alijaguza.

### 54.

NDOKOLA, ai Katonda, nerinyalyo, onsalire omusāngo mu mānyigo.
2 Wulira okusaba kwānge, ai Katonda; otege okutu eri ebigambo ebyakamwa kānge.
3 Kubanga ba'na'gwānga bangolokoke'deko, nabekye'jo banonye'za ememe yānge : tebatese Katonda mu maso gābwe.
4 Laba, Katonda ye mubezi wānge : Mukama ali wamu nabo abanywēza ememe yānge.
5 Aliwalana obubi obwo ku balabe bānge : bazi kirize mu mazimago.
6 Sadaka eyomwoyo ogwe'dembe gyendikuwa 'gwe : nebazānga erinyalyo, ai Mukama, kubanga 'dungi.
7 Kubanga anziye mu kweralikirira kwona; neriso lyānge lirabye (ebyenjagala nga bitūse) ku balabe bānge,

Digitized by Google

## 55.

TEGA okutu eri okusaba kwānge, ai Katonda; sō tewekweka (obutawulira) kwegairira kwānge.

2 Mpulira, onziremu : okwemulugunya kwānge kuntegaւya, nensīnda ;

3 Olwe'dobozi lyomulabe, olwokujōga kwababi; kubanga bansūlako ebikolwa ebibi, era banji'ganya mu busūngu.

4 Omwoyo gu'nūma nyo munda yānge : nentīsa eyokufa engu'deko.

5 Okutya nokukankana kuntūseko, nokwekānga ku'nūmbye.

6 Nenjogera nti Singa mba'de nebiwawātiro nge'jiba! nandibu'se, neng'enda nempu'mula.

7 Laba, nandikyāmi'de wala, nandisuze mu 'dūngu.

8 Nandyānguye oku'duka mu ki'dukiro okuva mu muyaga nempewo enyingi.

9 Bazikirize, ai Mukama, oyāwule enimi zābwe : kubanga ndabye e'tima nokuyōmba mu kibuga.

10 Emisana nekiro batambulatambula ku bugwe wakyo : era obubi ne'tima biri wakati mukyo.

11 Okwōnōna kuli wakati mukyo : okujōga nobukūsa tebiva mu ngūdo zakyo.

12 Kubanga omulabe siye yanvuma; nandiīnzi'za okugumīkiriza :

13 'Sō si oyo eyankyāwa eya'negulumirizako; nandyekwese mu masoge :

14 Wabula 'gwe, muntu mu'nānge, eyatambula nānge, mukwāno gwānge gwenamanyira enyo.

15 Twatęsānga ebigambo nesanyu 'fembi, twatambulānga mu nyumba ya Katonda nekibīna.

16 Okufa kubatūkeko nga tebalowōza, ba'ke mu bunya nga bakyali balamu : kubanga obubi buli mu nyumba yābwe, mubo wakati.

17 'Nze nākābirirānga Katonda; era Mukama anāndokolānga.

18 Akawungēzi nenkya ne mu tuntu nemulugunyāgna nensīndānga : naye anāwulirānga e'dobozi lyānge.

Digitized by Google

19 Yanunula ememe yānge mu mirembe 'mu lutalo olwali lugenda okunsinga : kubanga abāli balwāna nānge bangi.
20 Katonda yaliwulira, aliba'damu, yoyo abērera e'da neda lyona, (aliba'damu) abo abatalaba bigya, abatatya Katonda.
21 Yagolola emikonogye kwabo abāli batabaganye naye : yanyōma endagānoye.
22 Akamwāke kali kagōnvu ngomuzigo, naye omutimagwe kulwāna : ebigambobye byagōnda okusinga amafuta, naye byali bitala ebisōwo'dwamu.
23 Gu'sēnga omugugugwo ku Mukama, naye anākuwanirirānga : taganyenga abatūkirivu oku'julukuka enaku zona.
24 Naye 'gwe, ai Katonda, oliba'sā mu bunya obwokuzikirira :
25 Abantu abagala omusai nabobulimba tebalimala kitūndu kya naku zābwe; naye 'nze nesigānga 'gwe.

## OLUNAKU 11. ENKYA.

## 56.

ONSĀSIRE, ai Katonda; kubanga abantu bagala' okumira 'nze : bazibya obu'de nga balwāna nga banjōga.
2 Abalabe bānge bagala oku'mira obu'de okuziba : kubanga abalwāna nānge namalala bangi.
3 Buli lwenātyānga, nesigānga 'gwe.
4 Mu Katonda ndyebaza ekigambokye : Katonda gwenesize, siritya ; abomubiri baīnza kunkola ki?
5 Bakyūsa ebigambo byānge okuzibya obu'de : ebirowōzo byābwe byona bimbako olwobubi.
6 Bekung'anya, bekweka, bakebera ebisīnde byānge, nga bwebātēga ememe yānge.
7 Baliwona olwobutali butūkirivu? Mu busūngu sūla amawānga, ai Katonda.
8 Gwobala okutambulatambula kwānge : oteke amaziga gānge mu kasūmbiko; tegawandikibwa mu kitabokyo?

Digitized by Google

9 Abalabe bānge nebalyoka. ba'da enyuma ku lunaku lwendikābiriramu : kino kye'manyi, nga Katonda ali kulwānge.

10 Mu Katonda nditendereza ekigambokye : mu Mukama nditendereza ekigambokye.

11 Katonda gwenesize, siritya; abantu baīnza okunkola ki?

12 Ebirāirobyo biri ku'nze, ai Katonda : ndisasula sadaka ezokwebaza eri 'gwe.

13 Kukanga wawonya ememe yānge okufa : tewawonya bigere byānge okwesitala? Ndyoke ntambule mu maso ga Katonda mu musana ogwabantu abalamu.

## 57.

ONSĀSIRE, ai Katonda, onsāsire; kubanga ememe yānge yeyuna 'gwe: wewawo, mu kisīkirize ekyebiwawātirobyo mweneyunānga, okutūsa ebibonobono ebyo lwebiri'gwāwo.

2 Ndikōwola Katonda ali wa'gulu enyo; Katonda ankolera (byona).

3 Alituma ngaima mu 'gulu, nāndokola, oyo ayagala okumira 'nze bwavuma;

4 Katonda alituma okusāsirakwe namazimage. Ememe yānge eri mu mpologoma;

5 Ngalami'de mwabo abāka nomuliro, be bāna babantu, amanyo gabwe ge mafumu nobusāle, nolulimi lwābwe kye kitala ekyobwōgi.

6 Bakugulumize, ai Katonda, okusinga e'gulu; ekitībwakyo kibēre kunsi zona.

7 Bateke'deteke'de akatimba ebigere byānge; ememe yānge ekutamye : bansimi'de obunya mu 'kubo lyānge; babugu'demu wakati bo be nyini.

8 Omutima gwānge gunywe'de, ai Katonda, omutima gwānge gunywe'de : ndiīmba, wewawo, ndiīmba ebyokutendereza.

9 Zukuka, 'gwe ekitībwa kyānge; zukuka, entongōli nenānga : nze 'nze'ka nāzukuka enkya mu matulutulu.

Digitized by Google

10 Ndikwebaliza 'gwe, ai Mukama, mu bantu : ndiīmba beyokukutendereza 'gwe mu mawānga.

11 Kubanga ekisakyo kingi, kitūka mu gulu, namazimago gatūka mu 'bānga.

12 Bakugulumize, ai Katonda, okusinga e'gulu; ekitībwakyo kibēre kunsi zona.

## 58.

OKWOGERA mwogera ebyobutūkirivu nga musirika? Musala omusāngo ogwamazima, 'mwe abāna ba bantu?

2 Naye mu mitima (gya'mwe) mukola ebyobubi; e'tima eryemikono gya'mwe gwe musāngo gwemusala munsi.

3 Ababi bakyāma okuva mu lubuto : bwebazālibwa, amangwāgo nebekolobya, nga bogera ebyobulimba.

4 Obusa'gwa bwābwe buli ngobusa'gwa obwomusota : bali nga salāmbwa eritawulira erizibikira amatu galyo;

5 Eritawulira 'dobozi lya balozi, newakuba'de nga baloga namagezi mangi gatya.

6 Ai Katonda, omenye amanyo gābwe mu bumwa bwābwe : omenyere dala amasongezo gempologoma ento, ai Mukama. Basānūke ngama'zi agakulukuta amāngu : bwatēba nobusālebwe, babe ngabazikirizibwa.

7 (Babe) ngekovu erisānūka eri'gwāwo : (era) ngomwāna omukazi gwatāsa, atalabānga ku musana.

8 Entamu za'mwe nga tezinabuguma nama'gwa, aliga'gyirawo dala nembuyaga, amabisi nago agāka gona.

9 Omutūkirivu alisanyuka, bwaliraba okuwalana okwo : alināba ebigerebye mu musai gwababi.

10 Abantu nebalyoka bogera nti Mazima waliwo empēra omutūkirivu gyaliwebwa : mazima waliwo Katonda asala omusāngo munsi.



Digitized by Google

## Akawungezi.

### 59.

ONDOKOLE mu balabe bāngo, ai Katonda wāngo : ongulumize eri abo abangolokokerako.
2 Ondokole eri abo abakola obutali butūkirivu, omponye eri abo abagala omusai.
3 Kubanga, laba, batēga ememe yānge; abamānyi bakung'ana oku'nūmba : si lwa kyōnōno kyānge, 'sō si lwa kibi kyānge ai Mukama.
4 Ba'dukana, betekateka nga sikoze bubi : ozukuke ombēre, olabe.
5 'Gwe, ai Mukama Katonda owe'gye, Katonda wa Isiraeri, ogolokokoke obūlirire amawānga gona : tosāsirānga muntu yena omwōnōnyi omubi.
6 Bakomawo akawungēzi, bakāba ngembwa, betōlōla ekibuga.
7 Laba, beba'jagala nakamwa kābwe; ebitala biri mu mimwa gyābwe : kubanga (bogera nti) Ani awulira ?
8 Naye 'gwe, Mukama, olibasekerera; olidūlira amawānga gona.
9 Ai amānyi gānge, nākulindirirānga 'gwe : kubanga Katonda kye kigo kyānge ekiwānvu.
10 Katonda owokusāsirwa kwānge anānkulembērānga : Katonda anāndabyānga ebyenjagala (nga bitūse) ku balabe bānge.
11 Toba'ta, abantu bānge baleme okwerabira : obasāsānye namānyigo, obatōwaze, ai Mukama engabo ya'fe.
12 Olwokwōnōna kwakamwa kābwe, olwebigambo byemimwa gyābwe, bakwatibwe nga benyumiriza, era nolwokukolima nobulimba byebogera.
13 Obazikirize mu busūngu, obazikirize, balemēnga okubawo nate : era bategērēnga nga Katonda afugira mu Yakobo, okutūka ku nkomerero zensi.
14 Era akawungēzi bakomewo, bakābe ngembwa, betōlōle ekibuga.
15 Balitambulatambula nga banonya e'mere, balikēsa obu'de bwebatali'kuta.

Digitized by Google

16 Naye 'nze nāīmbānga ku mānyigo; wewawo, nāīmb'rānga dala ku kusāsirakwo enkya : kubanga wali kigo kyānge ekiwānvu, neki'dukiro ku lunaku olwokutegana kwānge.

17 'Gwe, ai amānyi gānge, gwonāīmbirānga okukutendereza : kubanga Katonda kye kigo kyānge ekiwānvu, Katonda wa kusāsirwa kwānge.

## 60.

AI Katonda, otusu'de, otumenyemenye; wasunguwala; otukomyewo, tukwegairi'de.

2 Wakankanya ensi; wagyāsa: ozibe enjatika zayo; kubanga eyūga.

3 Abantubo obalaze ebigambo ebizibu: otunywese'za omwenge ogwokuta'gata.

4 Owa'de ebendera abo abakutya, eyolesebwo olwamazima.

5 Muganziwo alyoke awonyezebwe, lokola nomukonogwo ogwadyo, otu'demu.

6 Katonda yayogera mu butukuvubwe; nti Ndijaguza : ndisala mu Sekemu, era ndigabagaba ekiwōnvu ekya Su'kosi.

7 Gireadi wānge, era Manase wānge; Efulaimu nayo yakūma omutwe gwānge; Yuda gwe mu'go gwānge ogwobwakabaka.

8 Moabu kye kinābirwamu kyānge; Edomu ndimukasukira engato yānge : gwe Firisutiya, yogerera wa'gulu kulwānge.

9 Ani alinyingiza mu kibuga ekyamānyi? Ani oyandeta mu Edomu?

10 Totusu'de, ai Katonda? 'Sō totabāla, ai Katonda, ne'gye lya'fe.

11 Otubēre eri omulabe: kubanga okubēra kwabantu tekulimu.

12 Katonda yanātukozānga ebyobuzira : kubanga oyo yanālinyirirānga ku balabe ba'fe.

Digitized by Google

## 61.

OWULIRE okukāba kwānge, ai Katonda; olowōze okusaba kwānge.

2 Nga nyima ku nkomerero zensi nākukōwolānga, omutima gwānge bwegunāzirikānga.

3 O'nung'amye eri e'jinja erinsinga obugulumivu: kubanga wali ki'dukiro gyendi, ekigo ekyamānyi eri omulabe.

4 Nātūlānga mu wemayo emirembe gyona: neyunānga ekisīkirize ekyebiwawātirobyo.

5 Kubanga 'gwe, ai Katonda, owuli'de obweyamo bwānge: ompa'de obusika bwabo abagala erinyalyo.

6 Olyongera ku naku ezobulamu bwa kabaka: emyākagye giriba ngemirembe emingi.

7 Alibērera mu maso ga Katonda enaku zona: kale tekateka ekisa namazima, biryoke bimuwonye.

8 Nendyoka nyīmba okutendereza erinyalyo enaku zona; ntūkirize buli lunaku obweyamo bwānge.

### OLUNAKU 12. ENKYA.

## 62.

EMEME yānge erindiririra Katonda ye'ka: oyo obulokozi bwānge mwebuva.

2 Ye ye'ka lye 'jinja lyānge era bwe bulokozi bwānge: kye kigo kyānge ekiwānvu; sirisagasagana nyo.

3 Mulitūsa wa okulūmba omuntu, okumu'ta, 'mwe, 'mwena, ngekisenge ekyewunzise, ngolukomera oluyūguma?

4 Kino kyo'ka kyebatēsa okumujēza mu bukulubwe; basanyukira ebyobulimba: bogera ebyomukisa nakamwa kābwe, naye bakolima munda.

5 Ememe yānge, lindirirānga Katonda ye'ka; kubanga oyo okusūbira kwānge mwekuva.

6 Ye ye'ka lye 'jinja lyānge era bwe bulokozi bwānge: oyo kye kigo kyānge ekiwānvu: sirisagasagana.

7 Awali Katonda we wali obulokozi bwānge nekitī,

Digitized by Google

bwa kyāṅge : e'jinja eryamānyi gāṅge neki'dukiro kyāṅge biri mu Katonda.
8 Mumwesige ye mu biro byona, 'mwe abantu ; mufuke omutima gwa'mwe mu masoge : Katonda kye ki'dukiro gyetuli.
9 Mazima abantu abatali ba kitībwa gwe mu'ka, nabo abekitībwa ekiṅgi bwe bulimba : (bwebalitekebwa) mu kigera, baliimuka ; bōmbiriri omu'ka gubasiṅga okuzitowa.
10 Temwesigāṅga kujōga, temugobererāṅga ebitalimu mu kunyaga : obuga'ga bwebuneyoṅgerāṅga, temubu'sāṅgako mwoyo.
11 Katonda yayogera omulūndi gumu, mpuli'de bwentyo emirūndi ebiri ; ṅga Katonda ye nanyini buīnza :
12 Era 'gwe, ai Mukama, olina okusāsira : kubaṅga osasula buli muntu ṅgomulimugwe (bweguli).

## 63.

AI Katonda, gwoli Katonda wāṅge ; nākērāṅga okukunonya :
2 Ememe yāṅge erūmwa enyōnta eri 'gwe, omubiri gwaṅge gwegōmba 'gwe, munsi enkalu ekōyesa, omutali ma'zi.
3 Bwentyo bwenakutunulirāṅga mu watukuvu, okulaba obuīnzabwo nekitībwakyo.
4 Kubaṅga ekisakyo kiwōma okusiṅga obulamu ; emimwa gyāṅge ginākutenderezāṅga.
5 Bwentyo bwenākwebazāṅga ṅga nkyali mulamu : nāimusāṅga emikono gyāṅge mu linyalyo.
6 Ememe yāṅge ene'kusibwāṅga ṅga nobusomyo namasavu ; nakamwa kāṅge kanākutenderezāṅga nemimwa egisanyuka ;
7 Bwenaku'jukirirāṅga ku kitanda kyāṅge, bwenākulowōlezāṅga mu bisisimuka ebyekiro.
8 Kubaṅga wabēra mubezi wāṅge, era mu kisīkirize ekyebiwawātirobyo mwenāsanyukirāṅga.
9 Ememe yāṅge, efuba okukugoberera : omukonogwo ogwadyo gumpanirira.

Digitized by Google

10 Naye abo abanonya ememe yānge okugizikiriza, baligenda wansi we'taka.

11 Baliwebwayo eri amānyi agekitala: balibera mugabo gwa bibe.

12 Naye kabaka alisanyukira Katonda: buli amuläira ye alyenyumiriza; kubanga akamwa kabo abogera ebyobulimba kalizibibwa.

## 64.

OWULIRĒNGA e'dobozi lyānge, ai Katonda, mu kwemulugunya kwānge: okūmēnga obulamu bwānge 'nemēnga okutya omulabe.

2 Onkweke eri abakozi bobubi abatēsa mu kyāma; neri okuyogāna kwabo abakola ebitali bya butūkirivu:

3 Abawa'ga'de olulimi lwābwe ngekitalia, abatēbye obusāle bwābwe bye bigambo ebyobukāmbwe:

4 Balasize oyo eyatūkirira mu bifo ebyekyāma: bāmulasa nga talaba, nebatatya.

5 Bagumyagana emyoyo mu kutēsa obubi; batēsa okutēga emitēgo mu kyāma; bogera nti Anāgiraba āni?

6 Banonya ebitali bya butūkirivu; (bogera nti) Tumaze okunonyeza dala nga tufuba: nokulowōza okwomunda okwa buli muntu, nomutima gwābwe, biri ngobuziba.

7 Naye Katonda alibalasa; balifumitibwa nakasāle nga tebalowōza.

8 Bwebatyo bwebanesitazibwānga, olulimi lwābwe be nyini nga lubagwisa: bona abanābalabānga banānyenyānga emitwe gyābwe.

9 Era abantu bona banātyānga; nebatendera omulimu gwa Katonda, nebalowōza namagezi byeyakola.

10 Omutūkirivu anāsanyukirānga Mukama, era anāmwesigānga; era bona abalina emitima egyamazima banenyumirizānga.

Digitized by Google

## Akawungezi.

### 65

ETENDO likulindirira, ai Katonda, mu Sayuni : era 'gwe gwebanātūkiririzānga obwoyamo.

2 Ai 'gwe awulira okusaba, bona abalina omubiri bali'ja gyoli.

3 Ebitali bya butūkirivu binsinze : okwōnōna kwa'fe olikunāliza dala.

4 Alina omukisa oyo gwolōnda, era gwosembeza gyoli. Abōrōnga mu mpyazo : tuna'kusibwānga obulūngi obwenyumbayo, awatukuvu mu yekaluyo.

5 Nebigambo ebyentīsa olitu'damu mu butūkirivu, ai Katonda owobulokozi bwa'fe ; 'gwe enkomerero zona ezonsi gwezesiga, nabo abali ewala ku nyanja :

6 Oyo yanywōza ensozi namānyige : nga yesiba obuīnza :

7 Asirisa okuwūma kwenyanja, okuwūma kwamayengo gayo, nokuyogāna kwamawānga.

8 Era nabo abatūla ku nkomerero zensi batya olwobubonerobwo : gwosanyusa emiryāngo gyenkya negyakawungōzi.

9 Okyalira ensi, nogifukirira, ogiga'gawaza nyo ;

10 Omu'ga gwa Katonda gu'ju'de ama'zi : obalabira ong'āno, ngomaze okulongōsa ensi bwotyo.

11 Ofukirira ensalosalo zayo ama'zi amangi ; olongōsa ebibibi byayo : ogigōnza noluwāndagirize ; okuwa omukisa okumera kwayo.

12 Oteka engule ku mwāka, bwe bulūngibwo ; namakubogo gatonyesa obugimu.

13 Gatonyesa mu malūndiro agomu'dūngu : nobusozi bwesiba esanyu.

14 Amalūndiro gambala ebisibo ; era nebiwōnvu bibi'ki'dwa eng'āno : byogerera wa'gulu olwosanyu, era biīmba.

### 66.

LETA e'dobozi eryesanyu eri Katonda, ensi yona : imbira wa'gulu ekitībwa ekyerinyalye : gulumiza etendolye libe nekitībwa.

Digitized by Google

2 Gamba Katonda nti Emirimugyo nga gya ntīsa!
Olwobuīnzabwo obungi abalabebo balikujēmukira.
3 Ensi yona erikusinza, erikuīmbira 'gwe; baliī-
mbira erinyalyo.
4 Mu'je mulabe emirimu gya Katonda; ye wentīsa
mu byākola eri abāna babantu.
5 Enyanja yagifūla olukalu: bāita mu mu'ga nebi-
gere: awo wetwamusanyukirira.
6 Afuga namānyige emirembe gyona; amasoge ga-
tunulira amawānga: abajēmu balemēnga okwegulu-
miza.
7 Kale, 'mwe amawanga, mumwebazēnga Katonda
wa'fe, muwulize e'dobozi erimutendereza:
8 Akwatirira ememe ya'fe obutafa, era ataganya
bigere bya'fe okusagasagana.
9 Kubanga 'gwe, ai Katonda, watugeza: watukema
nga bwebakema efeza.
10 Watuingiza mu kitimba; wateka omugugu omu-
zito ku biwato bya'fe.
11 Webagaza abantu okulinya ku mitwe gya'fe;
twaita mu muliro ne mu ma'zi; naye watu'gyamu no-
tuingiza mu kifo ekyobuga'ga.
12 Nāingira mu nyumbayo nebiwebwayo ebyōkebwa,
nākusasula obweyamo bwānge, emimwa gyānge bwe-
gyayogera, nakamwa kānge bwekayātula, bwenalaba
enaku.
13 Nākuwa ebyokwōkya ebya sava, nebyokwōteza
ebyendiga eza sedume; nāwayo ente nembuzi.
14 Mu'je muwulire, 'mwena abatya Katonda, nānge
nimbūlira byeyakolera ememe yānge.
15 Namukōwola nakamwa kānge, era yatendereze-
bwa nolulimi lwānge.
16 Bwemba ndowōza obutali butūkirivu mu mutima
gwānge, Mukama tawulire:
17 Naye mazima Katonda awuli'de; alowōze'za e'do-
bozi eryokusaba kwānge.
18 Katonda yebazibwe, atagobye kusaba kwānge,
'sō (tanyimye) kusāsirakwe.

Digitized by Google

## 67.

KATONDA atusāsirōnga, a'uwōnga omukisa atwākizōnga amasoge;

2 E'kubolyo limanyibwōnga munsi, obulamubwo obulokola (bumanyibwōnga) mu mawānga gona.

3 Abantu bakutenderezōnga, ai Katonda; abantu bona bakutenderezōnga.

4 Kale, amawānga gasanyukōnga gaīmbōnga olwosanyu: kubanga olisalira abantu emisāngo egyenfōnga, era olifugira amawānga munsi.

5 Abantu bakutenderezōnga, ai Katonda; abantu bona bakutenderezōnga

6 Ensi erōse ekyengera kyayo: Katonda, yo Katonda wa'fe, anātuwānga omukisa.

7 Katonda anātuwānga omukisa; nenkomerero zona ezensi ziuāmutyānga.

OLUNAKU 13. ENKYA.

## 68.

KATONDA agolokoke, abalabebe basāsāne; era nabo abamukyāwa ba'duke mu masoge.

2 Ngomu'ka bwogugobebwa, obagobe bwotyo: ngenvūmbo bwesānūka ku muliro, ababi bazikirire bwobatyo awali Katonda.

3 Naye abatūkirivu basanyuke; bajagulize mu maso ga Katonda: wowawo, bajaguze nesanyu.

4 Mumuīmbire Katonda, muīmbe okutenderezza erinyalye: mumukubire olugūdo oyo eyebagalira mu malūngu; YA lye linyalyo; era mujagulize mu masoge.

5 Kitābwe wābo abatalina bakitābwe, era asalira ba'na'mwāndu omusāngo, Katonda mu kifokyo ekitukuvu kyatūlamu.

6 Katonda awa abawulu enyumba: a'gya abasibe (mu komera) okulaba ebirūngi: naye abajōmu batūla munsi ekazo.

7 Ai Katonda bwewakulembera abantubo, bwewatambula mu 'dūngu;

8 Ensi nekankana, e'gulu nerigwa mu maso ga Ka-
tonda : (olusozi) luli Sinai nerukankanira mu maso ga
Katonda, Katonda wa Isiraeri.
9 'Gwe, ai Katonda, watonyesa enkuba nyingi, no-
nywēza obusikābwo, bwebwali nga bukōye.
10 Ekibīñakyo kyatūla omwo : 'gwe, ai Katonda,
watekeratekera abāvu olwobulūngibwo.
11 Mukama yawa ekigambo : abakazi ababūlira ebi-
gambo lye 'gye eringi.
12 Bakabaka be'gye ba'duka, ba'duka : omukazi
asigala e'ka yagaba omunyago.
13 Muligalamira mu bisibo byendiga, ngebiwawā-
tiro bye'jiba ebibi'kibwoko efeza, nebyōya byalyo ebi-
riko ezābu emyufu?
14 Omuīnza webintu byona bweyasāsānyiza omwo
bakabaka, (kyali nga) omuzira bwegutonya mu Zalu-
moni.
15 Olusozi Basani lwe lusozi lwa Katonda; olusozi
Basani lwe lusozi oluwānvu.
16 Kiki ekibaluzīmuza, 'mwe enzozi empānvu, olu-
sozi Katonda lweyayagala okulutūlako? Wewawo,
Mukama anālutūlāngako emirembe gyona.
17 Amagāli ga Mukama bwe bukumi obubiri, ze
nkumi nenkumi : Mukama ali mwago, nga ku Sinai,
mu watukuvu.
18 Olinye wa'gulu, osibye obusibebwo; owere'dwa
ebirabo mu bantu, era ne mu bajēmu, Mukama Katonda
alyoke atūlēnga wamu nabo.
19 Mukama atenderezebwēnga atusitulira omugugu
gwa'fe buli lunaku, ye Katonda, bwe bulokozi bwa'fe.
20 Katonda ye Katonda owokuwonyānga gyetuli;
era Yakuwa Mukama ye nanyini kuwonya mu kufa.
21 Naye Katonda alifumita omutwe gwabalabebe,
nobwēzinge obuliko enviri obwa buli muntu anyīkira
oku'za omusāngo.
22 Mukama yayogera nti Ndikomyawo okuva mu
Basani, ndibakomyawo okuva mu buziba bwenyanja :
23 Olyoke onyike ekigerekyo mu musai, olulimi lwe-
mbwazo lubērēnga nomugabo gwalwo eri abalabebo.

Digitized by Google

24 Balabye bwotambula, ai Katonda, 'gwe Katonda wānge, Kabaka wānge, bwotambula ngoingira mu watukuvu.

25 Abaīmbi bakulembe'de, abakubi benānga bagobere'de, wakati mu bawala abakuba ebitāsa.

26 Mwebalize Katonda mu bibīna, ye Mukama, 'mwe abolu'zi lwa Isiraeri.

27 Waliwo Benyamini omuto abafuga, (waliwo abalāngira ba Yuda nabatēsa nabo, (waliwo) abalāngira ba Zebuluni, abalāngira ba Nafutali.

28 Katondawo alagi'de amānyigo : onywēzēnga, ai Katonda, kyewatukolera.

29 Olweyekaluyo eri mu Yerusalemi bakabaka kyebanāvānga bakuletera ebirabo.

30 Onenye ensolo eyomubitōgo, ente enyingi eza sedume, nenyana ezamawānga, ngolinyirira ebitūndu ebyefeza nebigerebyo; asāsānyi'za amawānga agasanyukira entalo.

31 Abalāngira baliva mu Misiri; Kusi eryānguwa okugolola emikonogye eri Katonda.

32 Muīmbire Katonda, 'mwe amatwāle gensi; kale muīmbe okutendereza Mukama;

33 Oyo eyebagala ku 'gulu (eriri wa'gulu) we'gulu, eryabawo e'da ne'da lyona; laba, ayogera ne'doboziryе, lye 'dobozi eryamānyi.

34 Mumuwe Katonda amānyi : obulūngibwe bufuga Isiraeri, namānyige gali mu 'gulu.

35 Ai Katonda, oli wa ntīsa ngoima mu bifobyo ebitukuvu : Katonda wa Isiraeri yawa amānyi nobuīnza abantube. Katonda yebazibwe.

## AKAWUNGEZI.

### 69.

NDOKOLA, ai Katonda; kubanga ama'zi gaingi'de negatūka ku meme yānge.

2 Nzibira mu bitōsi ebiwānvu awatali kuīmirira : ntūse mu buziba ama'zi amangi wegampitirako.

Digitized by Google

3 Okukâba kwānge kunkōyese'za; obulago bwānge
bukaze : amaso gānge ganzibye nga 'nindirira Katonda
wānge.
4 Abankyāyira obwerēre basinga enviri ezokumutwe
gwānge obungi : abagala okunzikiriza, kubanga be ba-
labe bānge awatali nsōnga, ba mānyi :
5 Nendyoka nzi'za kyesaba'gyako. Ai Katonda,
'gwomanyi obusirusiru bwānge : nokwōnōna kwānge
tekukisibwa 'gwe.
6 Abakulindirira 'gwe balemēnga okukwatibwa enso-
nyi kulwānge, ai Mukama Katonda owe'gye : abakuno-
nya 'gwe balemēnga okuswāzibwa kulwānge, ai Kato-
nda wa Isiraeri.
7 Kubanga banvuma oku'nānga 'gwe; ensonyi zibi'se
amaso gānge.
8 Nfūse mu'na'gwānga eri baganda bānge, era atali
mumanyi eri abāna ba māngo.
9 Kubanga obu'gya obwenyumbayo bundi'de; nebi-
vume byabo abākuvuma 'gwe bingu'deko.
10 Bwenakāba amaziga, ememe yānge nesiba enjala,
ekyo kye kyanvumya.
11 Bwenayambala ebibukutu, nembafūkira olugero.
12 Abatūla mu mulyāngo banjogerako, era ndi luī-
mba lwa batamīvu.
13 Naye 'nze, okusaba kwānge kuli eri 'gwe, ai Mu-
kama, mu kisēra ekyoku'kiririzamu :
14 Ai Katonda, mu kusāsirakwo okungi, onziremu mu
mazima agobulokozibwo.
15 Ondokole mu bitōsi, 'neme okubira : ndokoke eri
abo abankyāwa ne mu ma'zi age'dubi.
16 Ama'zi amangi galeme okumpāngula, newakuba-
'de obuziba buleme oku'mira; newakuba'de obunya
buleme okunzibira akamwa kabwo.
17 Onziremu, ai Mukama; kubanga ekisakyo kirū-
ngi : ngokusāsirakwo bwekuli okungi, onkyūkire.
18 'Sō tokisa amasogo omu'duwo; kubanga ndi mu
naku; oyānguwe okunziramu.
19 Osemberere ememe yānge, oginunule : ompe
e'dembe olwabalabe bānge.

Digitized by Google

20 'Gwomanyi bwenvumibwa, bwenkwatibwa enson-
yi, bwe'nyōmebwa : abalabe bānge bona bali mu masogo.
21 Okuvumibwa kumenye omutima gwānge; era
nji'ju'de enaku : 'nonye'za anānsāsira, naye tewaba'de
nomu : era abanānsanyusa, naye nesiraba.
22 Era bāmpa omusūsa okuba e'mere yānge; era
bwenalūmibwa enyōnta neba'nywesa omwenge omukā-
tufu.
23 Emeza yābwe eri mu maso gābwe ebērēnga ekyā-
mbika gyebali; era bwebaba mu mirembe, (gifūkēnga)
omutego.
24 Amaso gābwe gabenga mu kizikiza, baleme oku-
laba; okankanyēnga ebiwato byābwe enaku zona.
25 Obafukēngako ekiruikyo, nobusūngubwo obukā-
mbwe bubatūkēngako.
26 Enyumba yābwe erekebwēnga, 'sō omuntu yena
alemēnga okubēra mu wema zābwe.
27 Kubanga bāi'ganya oyo gwokubye; era bogera
ku naku zabo bofumise.
28 Oyongerēnga obubi ku bubi bwābwe : 'sō bale-
mēnga okuingira mu butūkirivubwo.
29 Basāngulibwēnga okuva mu kitabo kyobulamu,
'sō balemēnga okuwandikibwa awamu nabatūkirivu.
30 Naye 'nze ndi mwāvu, munaku : obulokozibwo,
ai Katonda, bungulumize wa'gulu.
31 Nātenderezānga erinya lya Katonda noluīmba,
nāmugulumizānga nokwebaza.
32 Era ebyo bināsanyusānga Mukama okusinga ente,
ente erina amayembe nebinūlo.
33 Abawōmbefu bakirabye nebasanyuka : 'mwe aba-
nonya Katonda, omutima gwa'mwe gube omulamu.
34 Kubanga Mukama awulira abāvu, 'sō tanyōma
basibebe.
35 E'gulu nensi bimutenderezēnga, enyanja ne byona
ebigitambuliramu.
36 Kubanga Katonda alirokola Sayuni, era alizīmba
ebibuga bya Yuda; nabo balitūla omwo, nebagirya.
37 Era neza'de lyaba'dube baligisikira; nabo aba-
gala erinyalye balitūla omwo.

Digitized by Google

## 70.

OYĀNGUWE), ai Katonda, okundokola; oyānguwe okumbēra, ai Mukama.

2 Bakwatibwe ensonyi baswāle abanonya ememe yānge : ba'zibwe enyuma bajēzebwe abasanyukira okufirwa kwānge.

3 Ba'zibwe enyuma olwensonyi zābwe abogera nti Nyenya, nyenya.

4 Bona abakunonya bakusanyukirēnga bajaguzēnga; nabo abagala obulokozibwo bogerēnga bulijo nti Katonda agulumizibwēnga.

5 Naye 'nze ndi mwāvu, sirina kintu; oyānguwe oku'ja gyendi, ai Katonda :

6 'Gwoli mubēzi wānge era omulokozi wānge; ai Mukama, tolwāwo.

### OLUNAKU 14. ENKYA.

## 71.

'GWE, ai Mukama, gwenesiga : 'nemēnga okukwatibwa ensonyi enaku zona. Ondokole mu butūkirivubwo, omponye : ontegere okutu, ondokole.

2 Oberēnga gyendi olwāzi olwokutūlāngako, wenāīnzānga okweyuna bulijo : walagira okundokola; kubanga gwoli lwāzi lwānge era ekigo kyānge.

3 Omponye, ai Katonda wānge, mu mukono gwomubi, mu mukono gwomuntu atali mutūkirivu, omukāmbwe.

4 Kubanga 'gwoli 'būbi lyānge, ai Mukama Katonda : 'gwe gwenesiga okuva mu buto bwānge.

5 'Gwe wampanirira okuva mu lubuto : 'gwe wanziya mu byenda bya māngo : 'gwe gwenātenderezānga enaku zona.

6 Ninga ekitalo eri abantu abangi; naye 'gwoli ki'dukiro kyānge ekyamānyi.

7 Akamwa kānge kana'julānga etendolyo, nękitībwakyo okuzibya obu'de.

Digitized by Google

8 Tonsūla mu biro ebyobuka'de; tondekānga amānyi
gānge bwegalimbula.
9 Kubanga abalabe bānge banjogerako; nabo aba-
tēga ememe yānge batēsa wamu, nga bogera nti
Katonda amulese : mugoberere mumukwate; kubanga
tewali anāmuwonya.
10 Ai Katonda, tombēra wala : ai Katonda wānge,
yānguwa okumbēra.
11 Bakwatibwe ensonyi bazikirire abakyāwa ememe
yānge; baswāzibwe banyōmebwe abagala okunkola
obubi.
12 Naye nāsūbirānga enaku zona, era nāyongerānga
okukutenderezānga bulijo.
13 Akamwa kānge kanātenderānga obutūkirivubwo,
nobulokozibwo okuzibya obu'de; kubanga omuwendo
(gwabyo) sigumanyi.
14 Na'jānga nebikolwa ebyamānyi ebya Mukama
Katonda : nāyogerānga ku butūkirivubwo, ku bubwo
bwo'ka.
15 Ai Katonda, 'gwe wanjigirizānga okuva mu buto
bwānge; era okutūsa lero nabulirānga ebikolwabyo
ebyokitalo.
16 Wewawo, bwendiba nka'diye era nga 'meze envi,
ai Katonda, tondekānga; okutūsa lwendibūlira amā-
nyigo emirembe egi'ja okubawo, nobuīnzabwo buli
muntu agenda oku'ja.
17 Era nobutūkirivubwo, ai Katonda, bugulumivu
nyo : 'gweyakola ebikulu, ai Katonda, afanana nga
'gwe āni?
18 'Gweyatulaga ebibonobono ebingi ebizibu, olitu-
zūkiza nate, era olitulinyisa nate okuva mu bya wansi
byensi.
19 Oyongerēnga 'gwe obukulu bwānge, okyūkēnga
nate onsanyuse.
20 Era nākutenderezānga nendēre, amazīmago genā-
tenderezānga, ai Katonda wānge : 'gwe gwenātende-
rezānga nga nyīmba mu nānga, ai 'gwe omutukuvu
wa Isiraeri.
21 Emimwa gyānge gināsanyukānga nyo bwenāī-

mbānga okukutendereza; nememe yānge gyewanunula.

22 Era nolulimi lwānge lunāyogerānga ku butūkirivubwo okuzibya obu'de : kubanga bakwati'dwa ensonyi, baswāzibwa abagala okunkola obubi.

## 72.

OWĒNGA kabaka emisāngogyo, ai Katonda era owēnga obutūkirivubwo omwāna wakabaka.

2 Anāsalirānga abantubo emisāngo egyobutūkirivu, nabāvubo egyensōnga.

3 Ensozi zināleterānga abantu emirembe, nobusozi, mu butūkirivu.

4 Anāsalirānga omusāngo abāvu abomubantu, anālokolānga abāna babo abatalina bintu, era anāmenyamenyānga omujōzi.

5 Banākutyānga ngenjuba ekyaliwo, era ngomwezi (gukyayāka), emirembe gyona.

6 Ali'ka ngenkuba bwetonya ku subi erisali'dwa: ngempāndagirize ezifukirira ensi.

7 Mu nakuze abatūkirivu banālabānga omukisa, era (wanābāngawo) emirembe emingi, okutūsa omwezi lweguli'gwāwo.

8 Era anāfugānga okuva ku nyanja okutūka ku nyanja, era okuva ku Mu'ga okutūka ku nkomerero zensi.

9 Abatūla mu 'dūngu balimufukamirira; nabalabebe balikōmba enfūfu.

10 Bakabaka Betalusisi Nabokubizinga banāletānga ebirabo : bakabaka Besyeba Nabeseba banāwāngayo ebitone.

11 Wewawo, bakabaka bona banāvūnamirānga mu masoge : amawānga gona ganāmuwerezānga.

12 Kubanga anāwonyānga omunafu bwanākābānga: nomwāvu atalina mubēzi.

13 Anāsāsirānga omwāvu nomunafu, nememe zabanafu anāzirokolānga.

14 Anānunulānga ememe zābwe mu kujōgebwa ne'tima : nomusai gwābwe gunābānga gwa muwendo mungi mu masoge;

Digitized by Google

15 Era banābānga balamu; naye anāwebwānga ku zābu Eyesyeba : era abantu banāmusabirānga bulijo; banāmwebazānga okuzibya obu'de.
16 Wanābāngawo e'mere enkalu nyingi munsi ku ntiko yensozi; ebibala byayo bināyūgānga nga Lebanoni : nabekibuga banāmerānga ngomu'do ogwokunsi.
17 Erinyalye lināberérānga emirembe gyona; erinyalye lināl wāngawo ngenjuba : nabantu banālabānga omukisa muye; amawānga gona ganāmuitānga wa mukisa.
18 Yebazibwēnga Mukama Katonda, Katonda wa Isiraeri, akola ebyamagero ye'ka :
19 Nerinyalye eryekitībwa lyebazibwēnga emirembe gyona; era ensi zona zi'juzibwēnga ekitībwakye. Amina, era Amina.

## AKAWUNGEZI.

## 73.

MAZIMA Katonda wa kisa eri Isiraeri, eri abo abalina emitima emirongōfu.
2 Naye 'nze, ebigere byānge byali kumpi nokugwa; okutambula kwānge kwabulako katono kusērera.
3 Kubanga abamalala bānkwasa obu'gya, bwenalaba ababi bwebalina omukisa.
4 Kubanga bwebafa nebatalūmwāngako : naye amānyi gābwe ganywēra.
5 Tebalaba naku ngabantu (abalala); 'sō tebabonyabonyezebwa ngabantu (abalala).
6 Amalala kyegava gabēra ngomukūfu ogwetōlōla obulago bwābwe; e'tima libabi'ka ngekyambalo.
7 Amaso gābwe gabakanuse olwobuge'vu : balina ebingi okukira omutima byeguīnza okwagala.
8 Badūla nebogera ebyokujōga mu bubi : bogera ebikulu.
9 Omumwa gwābwe baguta'de mu 'gulu, nolulimi lwābwe lutambulatambula munsi.
10 Abantube kyebava bakomawo wano : nama'zi agomukikōmpe eki'ju'de nebagamalirawo dala.



Digitized by Google

11 Era bogera nti Katonda amanya atya? Era okumanya kuli mwoyo ali wa'gulu enyo?
12 Laba, abo be babi; era beyongera mu buga'ga nga balina emirembe enaku zona. Mazima 'nongōsere'za bwerēre omutima gwānge, ne'nāba mu ngalo zānge nobutayōnōna;
13 Kubanga nabonyabonyezebwa okuzibya obu'de, nenkanga'vulwa buli nkya.
14 Singa nayogera ntí Kanjogere bwentyo; laba, nandi'kūsi'za emirembe gyabānabo.
15 Bwenalowōza bwenyīnza okutegēra ekyo, kyanteganya neki'nema;
16 Okutūsa lwenagenda mu watukuvu wa Katonda, nendowōza ebibatūkako ku nkomerero.
17 Mazima obateka mu bifo ebyobusērezi: obasūlira dala nebazikirira.
18 Nga bafūso ekifulukwa mu kasēra akatono! entīsa zibamalirawo dala.
19 Ngekirōto bwekiri (alōse) ngazukuse; era bwotyo nāwe, ai Mukama, bwolizukuka, olinyōma ekifananyi kyābwe.
20 Kubanga omutima gwānge gwa'nūma, nememe yānge yanfumita;
21 Bwenali ngensolo bwentyo nesitegēra; nali nsolo mu masogo.
22 Naye ndi wamu nāwe enaku zona: onku'te omukono gwānge ogwadyo.
23 Ono'nung'amyānga namagezigo, era oluvanyuma olinzi'kiriza (okuingira) mu kitībwa.
24 Ani gwenina mu 'gulu (wabula 'gwe)? 'Sō siwali munsi gwenjagala wabula 'gwe.
25 Omubiri gwānge nomutima gwānge bimpwāko: (naye) Katonda ge mānyi gomutima gwānge nomugabo gwānge emirembe gyona.
26 Kubanga, laba, abakuli ewala balizikirira: wabafafaganya bona abagenda okwenda okukuleka.
27 Naye kirūngi 'nze nsemberere Katonda: Mukama Katonda 'mufu'de eki'dukiro kyānge, ndyoke njogerēnga ku bikolwabyo byona.

Digitized by Google

## 74.

AI Katonda, kiki ekyatusūza enaku zona? Kiki ekinyōsa obusūngubwo eri endiga eze'taleryo?
2 O'jukire ekibīnakyo kyewagula e'da,
3 Kyewanunula okuba ekika ekyobusikābwo; nolu·
sozi Sayuni, lwewatūlāngamu.
4 Oimuse ebigerebyo (ogende) mu bifulukwa ebita-
vawo, obubi bwona omulabe bweyakola mu watukuvu.
5 Abalabebo bawulugumye wakati mu kibīnakyo;
basimbye ebendera zābwe okuba obubonero.
6 Bafananye ngabantu abaimusa emba'zi okutema
ekisa'ka ekyomukibira.
7 Ne kakano bamenyamenya emirimu gyawo gyona
emyōle nemba'zi nenyōndo.
8 Bōke'za omuliro awatukuvuwo; banyōmye enyu-
mba eyerinyalyo nebagisūla wansi.
9 Boge'de mu mitima gyābwe nti Tubazikiririze
dala bona bona : bōkere'za dala amakung'aniro gona
aga Katonda munsi.
10 Tetukyalaba bubonero bwa'fe; tewakyali na'bi
nomu; 'sō temuli nomu mu'fe ategēra ebyo gyebiritūsa
okubawo.
11 Ai Katonda, omulabe alitūsa wa okuvuma? Aku-
kyāwa alivōla erinyalyo emirembe gyona?
12 Kiki ekiku'diriza omukono, omukonogwo ogwa-
dyo? (Ogu'gye) mu kifubakyo obazikirize.
13 Naye Katonda ye Kabaka wānge e'da ne'da lyona,
aleta obulokozi wakati munsi.
14 Wayāwula enyanja namānyigo : wamenya emitwe
gyensolo mu ma'zi.
15 Wamenyamenya emitwe gya lukwata, wamuwa
okuba e'mere yabo abatūla mu 'dūngu.
16 Wasalamu ensulo nomu'ka : wakaza emi'ga emi-
nene.
17 Emisana gigyo, era nekiro kikyo : wakola omu-
sana nenjuba.
18 Watekawo ensalo zona ezensi : wakola ekyēya
ne 'dūmbi.

Digitized by Google

19 O'jukire kino ngabalabe bavumye, ai Mukama,
era nge'gwānga esirusiru libogole'de erinyalyo.
20 Nkwegairi'de, towayo ememe ye'jibalyo eri enso-
lo : tewerabira bulamu obwabāvubo enaku zona.
21 O'jukire endagāno : kubanga ebifo ebyenzikiza
ebyensi bi'ju'de enyumba eze'tima.
22 Ajōgebwa alemēnga oku'da ngakwati'dwa ensonyi,
nkwegairi'de : abāvu nabanafu batenderezēnga erinya-
lyo.
23 Golokoka, ai Katonda, wewolereze ensōngayo :
o'jukire omusirusiru bwazibya obu'de okukuvuma.
24 Tewerabira 'dobozi lya balabebo : oluyogāno
lwabo abakugolokokerako lulinya bulijo.

## Olunaku 15. Enkya.

## 75.

TUKWEBAZA, ai Katonda;
2 Twebaza kubanga erinyalyo kumpi : abantu
bogera ku bikolwabyo ebyekitalo.
3 Bwendiraba ebiro ebyatekebwawo, ndisala emisā-
ngo egyensōnga.
4 Ensi nabantu bona abagitūlamu biwe'dewo : 'nze
nsimbye empagi zayo.
5 Nagamba abekye'jo nti Temugirānga kye'jo :
nababi nti Temuimusānga 'jembe :
6 Temuimusānga wa'gulu 'jembe lya'mwe temwogo-
rānga nensingo enka'kanyavu.
7 Kubanga okugulumizibwa tekuva ebuvanjuba,
newakuba'de ebugwanjuba, newakuba'de obukika obwa
kono.
8 Naye Katonda ye mulamuzi : atōwaza oyo, noyo
amugulumiza.
9 Kubanga mu mukono gwa Mukama ekikōmpe
mwekiri, nomwenge (gwamu) guliko e'jovu; ki'ju'de
ogutabu'dwamu, nākifuka;
10 Mazima e'bonda lyagwo ababi bona abensi baliri-
kotamira, balirinywa.

11 Naye 'nze nābūlirānga emirembe gyona, nāīmbā-
nga okutendereza Katonda wa Yakobo.
12 Era namayembe gona agababi nāgazikirizānga;
nayo amayembe gabatūkirivu ganāgulumizibwānga.

## 76.

MU Yuda Katonda amanyibwa: erinyalye 'kulu mu Isiraeri.
2 Era mu Salemi ewemaye mweri, nekifokye kyatū-
lamu mu Sayuni.
3 Eyo gyeyamenyera obusāle obwomutego, engabo,
nekitala, nolutalo.
4 Oli wa kitībwa, osinga, okuva ku nsozi ezomu-
nyago.
5 Abemitima emizira banyagi'dwa, bebase mu 'tulo
twābwe; 'sō mu bantu abamānyi temuli abalabye emi-
kono gyābwe.
6 'Gwonenye'za, 'gwe Katonda wa Yakobo, e'gāli
era nembalāsi nebyebasibwa o'tulo otwokufa.
7 'Gwe, 'gwogwānira okutībwa: era āni aīnza okuī-
mirira mu masogo ngomaze okusunguwala?
8 Wawuliza omusāngo nga guvu'de mu 'gulu; ensi
netya, nesirika,
9 Katonda bweyagolokoka okusala omusāngo, okulo-
kola abawōmbefu bona abali munsi.
10 Mazima obusūngu bwabantu bulikutendereza:
obusūngu obulisigalawo olibwesiba.
11 Mweyame obweyamo, musasule Mukama Katonda
wa'mwe: bona abamwetōlo'de baletere ebirabo oyo
agwānira okutībwa.
12 Alizikiriza omwoyo gwabalāngira: ye wentīsa
eri bakabaka bensi.

## 77.

NĀKĀBIRĀNGA Katonda ne'dobozi lyānge; eri Katonda ne'dobozi lyānge, naye anāmpulirānga.
2 Ku lunaku olwokunakuwala kwānge nanonya

Digitized by Google

Mukama; omukono gwānge negugololebwa ekiro neguta'dirira; ememe yānge negāna okusanyusibwa.
3 Nji'jukira Katonda, nineralikirira: nemulugunya, omwoyo gwānge neguziri'ka.
4 Okwata ku maso gānge nga gatunula: ntegana bwenti nokuīnza nesiīnza kwogera.
5 Ndowōze'za enaku eze'da, emyāka egyebiro ebye-'da.
6 Nji'jukira oluīmba lwānge ekiro: nentēsa ebigambo nomutima gwānge 'nze'ka; nomwoyo gwānge gwanonyeza dala.
7 Mukama anāsūlirānga dala emirembe gyona? Era anāba nga takyalina kisa nate?
8 Okusāsirakwe kugende'de dala emirembe gyona? Kyeyasūbiza nga kifu'de emirembe nemirembe?
9 Katonda yerabi'de okuba nekisa? Asibye okusāsirakwe okulūngi mu busūngu?
10 Nānge nenjogera nti Obwo bwe bunafu bwānge; (naye na'jukirānga) emyāka egyomukono ogwadyo gwoyo ali wa'gulu enyo.
11 Nāyogerānga ku bikolwa bya Mukama; kubanga na'jukirānga ebyekitalobyo ebye'da.
12 Era nālowōzānga omulimugwo gwona, era nāfumitirizānga ebikolwabyo.
13 E'kubolyo, ai Katonda, liri mu watukuvu: Katonda omukulu, ali nga Katonda, yāni?
14 'Gwe Katonda akola ebyamagero: wamanyisa amānyigo mu mawānga.
15 Wanunula abantubo nomukonogwo, abāna ba Yakobo ne Yusufu.
16 Ama'zi gākulaba, ai Katonda; ama'zi gākulaba, negatya: era nobuziba nebukankana.
17 Ebire nebitonya ama'zi; e'gulu nerireta e'dobozi: era nobusālebwo nebubuna.
18 E'dobozi eryokubwātukakwo neriba mu kikung'ū-nta; okumyansa nekumulisa ebintu byona: ensi nekankana neyūgūma.
19 E'kubolyo lyali mu nyanja. Nempendazo (zali) mu ma'zi amangi. Nebigerebyo tebyamanyika.

Digitized by Google

20 Walung'amyānga abantubo ngendiga, mu mu-
kono gwa Musa ne Aloni.

## Akawungezi.

## 78.

MUWULIRE, 'mwe abantu bānge, okulagira kwā-
nge: mutege amatu ga'mwe eri ebigambo ebya-
kamwa kānge.
2 Nāyasama akamwa kānge mu lugero; nāyogera
ebigambo ebyekyāma ebye'da:
3 Byetwawulirānga, byetwamanyānga, era bajaja
ba'fe byebātubūlirānga.
4 Tetubikisenga bāna bābwe, nga tubūlira emi-
rembe egi'ja amatendo ga Mukama, namānyigo, nebya-
magerobye byeyakola.
5 Kubanga yanywōza obujulirwa mu Yakobo, era
yalagira etōka mu Isiraeri, lyeyakūtira bajaja ba'fe,
babitegōzōnga abāna bābwe:
6 Emirembe egi'ja gibimanye, be bāna abālibagenda
okuzālibwa;
7 Abāli bagenda okugolokoka nokubibūlira abāna
bābwe:
8 Balyoke basūbirōnga Katonda, 'sō balemōnga
okwerabira emirimu gya Katonda, nayo bakwatōnga
amatōkago:
9 'Sō balemōnga okuba nga bajaja bābwe, emirembe
emika'kanyavu, emijōmu; emirembe egitalongōsa bu-
lūngi omutima gwagyo, nomwoyo gwagyo nga tegu-
nywōra eri Katonda.
10 Abāna ba Efulaimu, nga balina ebyokulwānyisa
nemitego, nebakyūka enyuma ku lunaku olwolutalo.
11 Tebākwata ndagāno ya Katonda, nebagāna oku-
tambulira mu matōkago;
12 Neberabira ebikolwabye, nebyamagerobye bye-
yabalaga.
13 Yakolera ebyokitalo mu maso ga bajaja bābwe,
munsi Yemisiri, mu nimiro ya Zoani.

Digitized by Google

14 Yayāsa mu nyanja, nābaisa wakati; nāīmiriza
ama'zi ngentūmo.
15 Era emisana yabakulemberānga nekire, nekiro
kyona nomumuli ogwomuliro.
16 Yayāsa amainja mu 'dūngu, nābanywesa ama'zi
amangi ngagava mu buziba.
17 Era yavisa ensulo mu 'jinja, nākulukusa ama'zi
ngemi'ga.
18 Naye nebanyīkira nate okumwōnōna, okujēmera
oyo ali wa'gulu enyo mu dūngu.
19 Nebakema Katonda mu mutima gwābwe nga
basaba e'mere olwokwegōmba kwābwe.
20 Era naye bāyogera obubi ku Katonda; bāgamba
nti Katonda aīnza okutekateka emeza mu 'dūngu?
21 Laba, yakuba e'jinja ama'zi negatīrika, emi'ga
negikulukuta; era aīnza okuwa nomugāti? Alirabira
enyama abantube?
22 Mukama kyeyava awulira, nāsunguwala: omu-
liro negwāka ku Yakobo, era nobusūngu nebunyōka ku
Isiraeri;
23 Kubanga teba'kiriza Katonda, 'sō tebesiga bulo-
kozibwe.
24 Naye nālagira e'gulu wa'gulu, na'gulawo enzi'gi
ezomu'gulu;
25 Nābatonyesezānga manu okulya, nābawānga
e'mere eyomu'gulu.
26 Abantu nebalyānga e'mere eyabakulu: yabawere-
zānga ebyokulya nāba'kusa.
27 Nākūnsa empewo eziva ebuvanjuba mu 'gulu:
era nālung'amya nobuīnzabwe empewo eziva obukika
obwadyo.
28 Era nābatonyeseza enyama ngenfūfu, nenyonyi
ezibūka ngomusenyu ogwenyanja:
29 Nābigwisa wakati mu lusīsira lwābwe, okwetō-
lōla enyumba zābwe.
30 Awo nebalya, neba'kuta nyo; nābawa kyebāli
begōmba. Bāli nga tebanayāwukana nokwegōmba
kwābwe,
31 E'mere yabwe yali ngekyali mu bumwa bwābwe,

Digitized by Google

obusũngu bwa Katonda nebulinya kubo, nebuba'tamu abasinga obünene, nebuzikiriza abavubuka ba Isiraeri.
32 Era naye ebyo byona bwebyababako nebõnõna nate, nebata'kiriza byamagerobye.
33 Kyeyava amalawo enaku zãbwe (okuzifũla) obutalimu, nemyãka gyãbwe mu kutya.
34 Bweyaba'ta, bwebãbũzabũza okumunonya: nebakomawo nebakẽrãnga okunonya Katonda.
35 Neba'jukira nga Katonda lwe lwãzi lwãbwe, era ngo Katonda ali wa'gulu enyo ye yabanunula.
36 Naye bamunyumiriza nakamwa kãbwe, nebamulimba nolulimi lwãbwe.
37 Kubanga omutima gwãbwe tegwalongõka gyali, 'sõ tebali besigwa mu ndagãnoye.
38 Naye ye, kubanga ya'jula okusãsira, nãsonyiwa obutali butũkirivu (bwãbwe), nãtazikiriza:
39 Wewawo, emirũndi emingi yabaisako obusũngubwe, nãtakubiriza busũngubwe bwona.
40 Naye na'jukira nga bo mubiri bubiri; empewo eziita nezita'da nate.
41 Emirũndi nga mingi gyebakamujẽmera mu 'dũngu, nebamunakuwaliza mu lukõla!
42 Nebakyũka nate nebakema Katonda, nebanyĩza Omutukuvu wa Isiraeri.
43 Teba'jukira mukonogwe, newakuba'de olunaku lweyabanunuliramu eri omulabe.
44 Bweyateka obubonerobwe mu Misiri, nebyamagerobye mu nimiro ya Zoani;
45 Nãfũla emi'ga gyãbwe omusai, nenzi'zi zãbwe nebataĩnza kunywa.
46 Nãtuma mubo ebitole byensowera, ezabalũma; nebikere, ebyabazikiriza.
47 Era nãwa obuwũka ekyengera kyãbwe, nemirimu gyãbwe eri enzige.
48 Na'ta emizabibu gyãbwe nomuzira, nemisukomoli gyãbwe nempeke enene ezomuzira.
49 Yawayo nente zãbwe eri omuzira, nendiga zãbwe eri enjota ezãka.
50 Yabakasukako obusũngubwe obukãmbwe, noku-

Digitized by Google

nyīga, nokunyikāla, nokunakuwala, ekibīna kya bama-
laika abaleta obubi.
51 Yakubira obusūngubwe e'kubo, teyasāsira meme
zābwe obutafa, naye nāwayo obulamu bwābwe eri
olumbe;
52 Nākuba ababeryeberye bona (abāli) mu Misiri,
abāsinga amānyi mu wema za Kamu:
53 Naye na'gyamu abantube ye ngendiga, nābalu-
ng'amiza mu 'dūngu ngekisibo.
54 Nābakulembera mu mirembe bwati nokutya ne-
batatya: naye enyanja nesūlira dala abalabe bābwe.
55 Nābaleta ku nsalo eyawatukuvuwe, ku lusozi
luno omukonogwe ogwadyo lwegwagula.
56 Era nāgobamu amawānga mu maso gābwe, nā-
gabawa okuba obusika ngabagerera, nātūza ebika bya
Isiraeri mu wema zago.
57 Naye nebakema Katonda ali wa'gulu enyo neba-
mujēmera, nebatakwata byeyategēza;
58 Naye nebakyūka enyuma nebakūsakūsa nga ba-
jaja bābwe: nebakyāma ngomutego ogwobulimba.
59 Kubanga bāmusunguwazānga nebifo byābwe
ebyokunsozi, nebamukwatānga obu'gya nebifananyi
byābwe ebyōle.
60 Katonda bweyawulira bwatyo, nāsunguwala, nā-
tamwa nyo Isiraeri:
61 Nāfuluka mu wema eyomu Siro, ewema gyeyali
atese mu bantu;
62 Nāwayo amānyige mu busibe, nekitībwakye mu
mukono gwomulabe.
63 Era nāgabula abantube eri ekitala; nāsunguwa-
lira obusikābwe.
64 Omuliro negulya abavubuka bābwe; nabawala
bābwe nebataba na luīmba lwa kufumbirwa.
65 Bakabona bābwe nebafa ekitala; ne ba'na'mwā-
ndu bābwe nebatakuba biwōbe.
66 Mukama nālyoka azukuka ngazukuka mu 'tulo,
ngomuzira ayogerera wa'gulu nganywe'de omwenge.
67 Nākuba abalabebe neba'dayo enyuma: nābakwasa
ensonyi ezita'gwāwo.

Digitized by Google

68 Era nāgāna ewema ya Yusufu, nātalōnda kika kya Efulaimu;
69 Naye nālōnda ekika kya Yuda, olusozi Sayuni lweyayagala.
70 Nāzīmba awatukuvuwe okufanana ngensozi, ngensi gyeyanywōza emirembe gyona.
71 Era nālōnda Daudi omu'duwe, nāmu'gya mu bisibo byendiga:
72 Mu kugoberera endiga eziyōnsa mweyamu'gya, okulūndānga Yakobo be bantube, ne Isiraeri bwe busikābwe.
73 Awo nābalūndānga mu butūkirivu obwomutimagwe; nābalung'amyānga namagezi gemikonogye.

## OLUNAKU 16. ENKYA.

## 79.

AI Katonda, amawānga ga'ze mu busikābwo; bōnōnye eyekaluyo entukuvu; basu'do Yerusalemi entūmo nentūmo.
2 Emirāmbo gyaba'dubo bagiwa'deyo okuba e'mere yenyonyi eza wa'gulu, emibiri gyabatukuvubo eri ensolo zokunsi.
3 Omusai gwābwe bagufuse ngama'zi okwetōlōla Yerusalemi: newataba muntu wa kubazīka.
4 Tufūse ekivume eri balirānwa ba'fe, okudūlirwa nokusekererwa eri abo abatwetōlo'de.
5 Ai Mukama, olitūsa wa okusunguwala emirembe gyona? Obu'gyabwo bunābūbūkānga ngomuliro?
6 Fuka obusūngubwo ku mawānga agatakumanyi, ne ku bwakabaka obutakōwola linyalyo.
7 Kubanga bali'de Yakobo, nebazisa ekifokye.
8 To'jukira gyetuli obutali butūkirivu bwa bajaja ba'fe: okusāsirakwo okulūngi kwānguwe okutukulembērānga: kubanga tujōzebwa nyo.
9 Otubōre, ai Katonda owobulokozi bwa'fe, olwekitībwa kyerinyalyo: era otuwonye, onālize dala ebibi bya'fe, olwerinyalyo.

10 Abamawānga ekiriba kibogeza kiki nti Katonda wābwa aliru'dawa?
11 E'gwānga lyomusai gwaba'dubo oguyika limanyibwe mu bamawānga mu maso ga'fe.
12 Okusīnda kwomusibe ku'je mu masogo; ngobuīnzabwo bwebuli obungi owonye abo abatekerwawo okufa;
13 Era owalane balirānwa ba'fe emirūndi musānvu mu kifuba kyābwe ekivume kyebakuvuma 'gwe, ai Mukama.
14 Na'fe abantubo era endiga eze'taleryo tunākwebazānga enaku zona: tunāyolesānga etendolyo okutūsa emirembe gyona.

## 80.

AI Omusūmba wa Isiraeri, wulira, 'gwalung'amya Yusufu ngekisibo; 'gwatūla wakati wa bakerubi, yākira dala.
2 Mu maso ga Efulaimu ne Benyamini ne Manase, kubiriza amānyigo, o'je otulokole.
3 Otukyūse nate, ai Katonda; oyase amasogo, na'fe tulirokoka.
4 Ai Mukama Katonda owe'gye, olitūsa wa okusunguwalira okusaba kwabantubo?
5 Wabalīsa e'mere eyamaziga, era wabawa amaziga amangi okunywa.
6 Otufūla oluyōmbo eri balirānwa ba'fe: nabalabe ba'fe baseka bo'ka na bo'ka.
7 Otukyūse nate, ai Katonda owe'gye; era oyase amasogo, na'fe tulirokoka.
8 Wa'gya omuzabibu mu Misiri: wagobamu amawānga, nogusimba.
9 Wasāwa mu maso gagwo, negusimba nyo emizi, negu'jula ensi.
10 Ensozi nezibi'kibwa nekisīkirize kyagwo, namatabi gagwo negaba ngemivule gya Katonda.
11 Gwaloka amatabi gagwo okutūsa ku nyanja nensibuka zagwo okutūsa ku Mu'ga.

Digitized by Google

12 Kiki ekyakumenyesa enkomera zagwo, bona abaita mu kubo nebagunogako?
13 Embi'zi eva mu kibira egunyaga, nensolo ezomunsiko zigulyako.
14 Okyūke nate, tukwegairi'de, ai Katonda owe'gye: otunulire wansi (ngoima) mu'gulu, olabe, o'jire omuzabibu ogwo,
15 Nekikolo omukonogwo ogwadyo kyegwasimba, ne'tabi lyewekolera eryamānyi.
16 Gwōke'dwa omuliro, guteme'dwa dala: bazikirira amasogo bwegabanenya.
17 Omukonogwo gube ku musaja owomukonogwo ogwadyo, ku mwāna womuntu gwewekolera owamānyi.
18 Na'fe tetuli'da nyuma okukuleka: otuzūkize 'gwe, na'fe tunākābirānga erinyalyo.
19 Otukyūse nate, ai Mukama Katonda owe'gye; oyase amasogo, na'fe tulirokoka.

## 81.

MUĪMBIRĒNGA wa'gulu eri Katonda amānyi ga'fe: muletēnga e'dobozi eryesanyu eri Katonda wa Yakobo.
2 Mwanukulēnga oluīmba, muletēnga ekitāsa, enānga enūngi era namadinda.
3 Mufūwēnga ekondēre omwezi nga kyegu'je guboneke, omwezi nga gwa gabogabo, ku lunaku lwa'fe olutukuvu olwembaga.
4 Kubanga eryo lye tēka eri Isiraeri, ekiragiro kya Katonda wa Yakobo.
5 Yakitēka mu Yusufu okuba obujulirwa, bweyava nābuna ensi Yemisiri: gyenawulirira olulimi lwesamanya.
6 Na'gya ekibegabegakye ku mugugu: engaloze nezisumatulwa mu bi'bo.
7 Wakōwala bwewali mu naku, nānge, ninkuwonya; ninku'diramu mu kifo ekyekyāma ekyokubwātuka:
8 Nakukemera ku ma'zi Agemeriba.

Digitized by Google

9 Muwulire, 'mwe abantu bānge, nānge nābategēza : 'gwe Isiraeri, singa o'kiriza okumpulira !
10 Temubenga katonda mu'na'gwānga mu'gwe ; 'sō tosinzenga katonda mu'na'gwānga yena.
11 'Nze Mukama Katondawo, eyaku'gya munsi Yemisiri : yasama nyo akamwāko, nānge nāka'juza.
12 Naye abantu bānge nebatawulira 'dobozi lyānge ; 'sō Isiraeri nātanjagala na katono.
13 Nānge nimbaleka okugoberera obuka'kanyavu bwomutima gwābwe, batambulirēnga mu kutēsa kwābwe bo.
14 Singa abantu bānge ba'kiriza okumpulira, singa Isiraeri a'kiriza okutambulira mu makubo gānge !
15 Nandiwāngu'de māngu abalabe bābwe, nandikyūsi'za omukono gwānge kwabo abalwāna nabo.
16 Abakyāwa Mukama bandimujēmulukuki'de : naye ekisēra kyābwe kyandiba'de kya mirembe gyona.
17 Era yandibalīsi'za nobugimu obweng'āno : era nandiku'kusi'za nomubisi gwenjuki oguva mu 'jinja.

## AKAWUNGEZI.

## 82.

KATONDA aīmirira mu kibīna kya Katonda ; Asala emisāngo mu bakatonda.
2 Mulitūsa wa okusalānga emisāngo egitali gya nsōnga, nokusalirizānga ababi ?
3 Musalirēnga emisāngo omwāvu noyo atalina kitā we : muga'tēnga oyo ali mu naku natalina bintu.
4 Muwonyēnga omwāvu noyo eyetāga : mubalokolēnga mu mukono gwomubi.
5 Tebamanya 'sō tebategēra ; batambulatambula mu kizikiza : emisingi gyona egyensi gisagasagana.
6 Nayogera nti Muli bakatonda, era 'mwena muli bāna boyo ali wa'gulu enyo.
7 Era naye munāfānga ngabantu, era munāgwānga ngomu ku balāngira.
8 Golokoka, ai Katonda, osalire ensi omusāngo : kubanga olisikira amawānga gona.

Digitized by Google

## 83.

AI Katonda, tosirika nate : toleka kwogera, 'sō tobērerawo, ai Katanda.
2 Kubanga, laba, abalabebo bayogāna : nabo abaku-
kyāwa baimusi'za omutwe.
3 Basala enkwe ku bantubo, batēsa wamu (obubi)
ku bantubo abakweke.
4 Boge'de nti Mu'je tubazikirize balemēnga okuba
e'gwānga ; erinya lya Isiraeri liremēnga oku'jukirwa
nate.
5 Kubanga batēse'za wamu nomwoyo gumu ; bala-
gāna endagāno ku'gwe :
6 Ewema za Edomu Nezabaisimaeri ; Moabu, Naba-
kagale ;
7 Gebali, ne Amoni, ne Amaleki ; Firisutiya awamu
nabo abatūla mu Tulo :
8 Era Nebwasuli bwega'se nabo ; babe'de abāna ba
Luti.
9 Obakole nga (bwewakola) Midiani ; nga Sisera, nga
Yabini, ku mu'ga Kisoni ;
10 Abāzikiririra Endoli ; nebafūka ngobu'sa ku 'tuka.
11 Abakūngu bābwe obafananye nga Olebu ne Zeebu ;
wewawo, abalāngira bābwe bona nga Zeba ne Zalu-
mu'na :
12 Abāyogera nti Twetwālire 'fe'ka enyumba za
Katonda tuzirye.
13 Ai Katonda wānge, obafūle ngenfūfu eyakazimu ;
ngebisasiro empewo byezitwāla.
14 Ngomuliro ogwōkya ekibira, era ngenimi zomuliro
ezōkya ensozi ;
15 Obai'ganye bwotyo ne kibuyagawo, era obatīse
nempewozo.
16 'Juza amaso gābwe okweralikirira ; banonyēnga
erinyalyo, ai Mukama.
17 Bakwatibwēnga ensonyi, batyēnga enaku zona ;
wewawo, beralikirirēnga bazikirirēnga :
18 Balyoke bategērēnga nga 'gwe we'ka erinyalyo
YAKUWA, oli wa'gulu nyo ngofuga ensi yona.

Digitized by Google

## 84.

EWEMAZO nga nūngi, ai Mukama owe'gye.
2 Ememe yānge yegōmba, era ezirise olwempya za Mukama; omutima gwānge nomubiri gwānge bikābira Katonda omulamu.
3 Wewawo, enkazalu'gya yerabi'de enyumba, nakatai ekisu mwekanābi'kirānga obwāna bwako, bye byōtobyo, ai Mukama owe'gye, Kabaka wānge, era Katonda wānge.
4 Balina omukisa abatūla mu nyumbayo: banākutenderezānga.
5 Alina omukisa omuntu amānyige bwegaba mu'gwe; engūdo (ezigenda mu Sayuni) nga ziri mu mutimagwe.
6 Nga baita mu kiwōnvu ekyamaziga bakifūla ekifo ekyensulo; wewawo, 'dūmbi akibi'kako nomukisa.
7 Bava mu mānyi nebagukira mu mānyi, buli muntu mubo alabika mu maso ga Katonda mu Sayuni.
8 Ai Mukama Katonda owe'gye, wulira okusaba kwānge: otege okutu, ai Katonda wa Yakobo.
9 Tunula, ai Katonda engabo ya'fe, olabe amaso goyo gwewafukako amafuta.
10 Kubanga olunaku lumu mu mpyazo lusinga olukumi.
11 Njagala okuba omu'gazi mu nyumba ya Katonda wānge okusinga okutūla mu wema ezobubi.
12 Kubanga Mukama Katonda ye njuba, ye ngabo: Mukama anāgabānga ekisa nekitībwa: ta'menga kintu kirūngi kyona abo abegendereza.
13 Ai Mukama owe'gye, alina omukisa omuntu akwesiga 'gwe.

## 85.

MUKAMA, watunulira ensiyo nekisa; wa'za obusibe bwa Yakobo.
2 Wasonyiwa obutali butūkirivu obwabantubo, wabi'ka ku kibi kyābwe kyona.
3 Wa'gyawo obusūngubwo bwona: wakyūka noleka ekiruikyo ekikāmbwe.

Digitized by Google

4 Otukyūse, ai Katonda owobulokozi bwa'fe. Era okunyīgakwo ku'gwēwo eri 'fe.
5 Onotusunguwalirānga enaku zona? Onotūsānga obusūngubwo emirembe gyona?
6 Tolituzūkiza nate, abantubo bakusanyukirēnga 'gwe?
7 Otulage okusāsirakwo, ai Mukama, otuwe obulokozibwo.
8 Kampulire Katonda Mukama byanāyogera: kubanga anābūlira abantube emirembe, nābatukuvube: naye baleme okukyāma nate mu busirusiru.
9 Mazima obulokozibwe buba kumpi abo abamutya; ekitībwa kiryoke kitūlēnga munsi ya'fe.
10 Okusāsira namazima birabaganye; Obutūkirivu nemirembe binywegeraganye.
11 Amazima galose mu 'taka; nobutūkirivu butunu'de kunsi nga buima mu 'gulu.
12 Wewawo, Mukama anāgabānga ebirūngi; nensi ya'fe enēretānga ekyengera kyayo.
13 Obutūkirivu bunāmukulemberānga; era bunākubrānga ebigerebye e'kubo.

## OLUNAKU 17. ENKYA.

## 86.

OTEGE okutukwo, ai Mukama, onziremu; kubanga 'nze ndi mwāvu, sirina bintu.
2 Okūme ememe yānge; kubanga 'nze ntya Katonda: ai 'gwe Katonda wānge, olokole omu'duwo akwesiga.
3 Onsāsire, ai Mukama; kubanga nkukōwola 'gwe okuzibya obu'de.
4 Osanyuse ememe yomu'duwo; kubanga nyimusa ememe yānge eri 'gwe, ai Mukama.
5 Kubanga 'gwe, Mukama, oli mulūngi, oyānguwa okusonyiwa, era o'jula ekisa eri abo bona abakukōwola.
6 Otege okutu, ai Mukama, eri okusaba kwānge; owulire e'dobozi eryokwegairira kwānge.



Digitized by Google

7 Ku lunaku olwokunakuwala kwānge ndikukōwola; kubanga olinziramu.
8 Tewali afanana nga 'gwe mu bakatonda, ai Mukama; 'sō tewali bikolwa ebiri ngebibyo.
9 Amawānga gona gewakola gali'ja, galisinza mu masogo, ai Mukama; era galigulumiza erinyalyo.
10 Kubanga 'gwe mukulu, era okola ebyekitalo: 'gwe Katonda we'ka.
11 Onjigirizēnga e'kubolyo, ai Mukama; nātambulirānga mu mazimago: oga'te wamu omutima gwānge gutye erinyalyo.
12 Nākutenderezānga, ai Mukama Katonda wānge, nomutima gwānge gwona; era nāgulumizānga erinyalyo emirembe gyona.
13 Kubanga okusāsirakwo kungi gyendi; era wawonya ememe yānge mu bunya obuli wansi enyo.
14 Ai Katonda, abamalala bangolokoke'deko, nekibīna ekyabatēmu banonye'za ememe yānge, 'sō tebakuta'de 'gwe mu maso gābwe.
15 Naye 'gwe, ai Mukama, oli Katonda a'jula okusāsira, owekisa, alwāwo okusunguwala, alina okusāsira namazima amangi.
16 Onkyūkire, onsāsire; owe omu'duwo amānyigo, olokole omwāna womuzānawo.
17 Ondage akabonero olwobulūngi; abankyāye bakalabe bakwatibwe ensonyi. Kubanga 'gwe, ai Mukama, ombe'de, era onsanyusi'za.

## 87.

EMISINGIGYE giri ku nsozi entukuvu. Mukama ayagala emiryāngo gya Sayuni. Okusinga enyumba zona eza Yakobo.
2 Ebyekitībwa bikwogerwako, 'gwe ekibuga kya Katonda.
3 Ndyogera ku Lakabu ne Babuloni nga bali mwabo abamanyi 'nze:
4 Laba Firisutiya, ne Tulo, Nebuwesiyopya; oyo yazāliwa omwo,

Digitized by Google

5 Wewawo, kiryogerwa ku Sayuni nti Gundi ne gundi bāzālirwa omwo; noyo ali wa'gulu enyo alikinywēza ye nyini.
6 Mukama alibala bwaliwandika amawānga, nti Gundi yazālirwa omwo.
7 Abaīmba era nabo abazina (balyogera nti) Ensulo zānge zona ziri mu'gwe.

## 88.

AI Mukama, Katonda owobulokozi bwānge, nakābirānga emisana nekiro mu masogo: okusaba kwānge kuingire woli; otege okutukwo eri okukāba kwānge:
2 Kubanga ememe yānge e'ju'de enaku, nobulamu bwānge busemberera emagōmbe.
3 Bambalira wamu nabo aba'ka mu bunya; ninga omuntu atalina mubēzi:
4 Asūlibwa mu bafu, ali ngaba'tibwa abagalamira mu ntāna, boto'jukira nate; era bayāwukana nomukonogwo.
5 Onta'de mu bunya obuli wansi enyo, mu bifo ebyenzikiza, mu buziba.
6 Obusūngubwo bunyīgiriza nyo, era ombonyabonye'za namayengogo gona.
7 Onjāwukanyiri'za wala nabo be'manyi; onfu'de ekitama eri abo:
8 Nsibi'dwa, 'sō siīnza kuvamu.
9 Eriso lyānge likulukuse olwokunakuwala: nkukābira buli lunaku, ai Mukama, ntega engalo zānge eri 'gwe.
10 Oliraga abafu ebyamagero? Abāfa baligolokoka balikutendereza?
11 Ekisakyo kiribūlirirwa mu magōmbe? Nobwesigwabwo mu kuzikirira?
12 Ebyamagerobyo birimanyirwa mu kizikiza? Nobutūkirivubwo munsi eyokwerabira?
13 Naye 'gwe, ai Mukama, gwenkābira, era (buli) nkya okusaba kwānge kunātūkānga mu masogo.
14 Mukama, kiki ekikusūza ememe yānge? Kiki ekikunkwesa amasogo?

Digitized by Google

15 Mbonyabonyezebwa, nfanana okufa okuva mu
buto bwānge : entīsazo bwezimbako, nineralikirira nyo.
16 Obusūngubwo obukāmbwe buntūseko; entīsazo
zinzingizi'za.
17 Banetōlōla ngama'zi okuzibya obu'de; bantaiza
erui nerui wamu.
18 Abanjagala nemikwāno (gyānge) obāwukanyi'za
wala nānge, nabo be'manyi mu kizikiza.

## Akawungezi.

## 89.

NĀĪMBĀNGA ku kusāsira kwa Mukama enaku zona:
nakamwa kānge nātegēzānga abemirembe gyona
obwesigwabwo.
2 Kubanga njoge'de nti Okusāsira kunānywēzebwā-
nga okutūsa emirembe nemirembe; era ne mu 'gulu
onosimbānga obwesigwabwo.
3 Ndagānye endagāno nabalōnde bānge, ndāiri'de
Daudi omu'du wānge;
4 Eza'deryo nālinywēzānga enaku zona, nentebeyo
nāgizīmbirānga dala emirembe gyona.
5 Ne'gulu linātenderezānga ebyamagerobyo, ai Mu-
kama; era nobwesigwabwo mu kung'aniro eryabatu-
kuvu.
6 Kubanga āni mu'gulu gwebaīnza okugeragerany a
ne Mukama?
7 Ani ku bāna babakulu ali nga Mukama,
8 Ye Katonda atībwa enyo mu lukīko olwabatukuvu,
agwāna okutībwa okusinga bona abamwetōlōla?
9 Ai Mukama Katonda owe'gye, ani owamānyi, afa-
nana nga 'gwe, ai YA? Nobwesigwabwo bukwetōlōla.
10 'Gwofuga amalala genyanja : amayengo gayo
bwegagolokoka ogatēsa.
11 Wamenyamenya Lakabu ngomuntu a'tibwa; wa-
sāsānya abalabebo nomukono ogwamānyigo.
12 E'gulu liryo, era nensi yiyo : ebintu byona noku-
'jula kwabyo wabitekawo.

Digitized by Google

13 Obukika obwa kono nobwadyo wabutŏnda : Taboli no Kerumoni zisanyukira erinyalyo.

14 Olina omukono ogwamănyi : engalozo za mănyi, nomukonogwo ogwadyo gugulumizibwa.

15 Obutŭkirivu nomusăngo bye binywŏza entebeyo : okusăsira namazima bikulembera amasogo.

16 Balina omukisa abantu abamanyi e'dobozi eryesanyu : ai Mukama, batambulira mu musana gwamasogo.

17 Basanyukira erinyalyo okuzibya obu'de ; era bagulumizibwa mu butŭkirivubwo.

18 Kubanga 'gwoli kitībwa kya mănyi găbwe : nolwekisakyo e'jombe lya'fe linăgulumizibwănga.

19 Kubanga Mukama ye nanyini ngabo ya'fe ; era Omutukuvu wa Isiraeri ye nanyini kabaka wa'fe.

20 Mu biro biri wagambira abatukuvubo mu kwolesebwa, noyogora nti Nta'dewo okubĕra ku muntu owamănyi ; ngulumizi'za omuntu eyalŏndebwa mu bantu.

21 Ndabye Daudi omu'du wănge ; 'mufuseko amafuta gănge amatukuvu :

22 Engalo zănge zinănywŏzebwănga gyali ; nomukono gwănge gunămuwănga amănyi.

23 Omulabe tamujŏgenga ; newakuba'de omwăna wobubi tamubonyabonyenga.

24 Nănge nāsūlānga abanălwănănga naye mu masoge, era năkubănga abanămukyăwănga.

25 Naye obwesigwa bwănge nokusăsira kwănge binăbănga naye ; ne mu linya lyănge e'jomberye linăgulumizibwănga.

26 Era nătekănga omukonogwe ku nyanja, nomukonogwe ogwadyo ku mi'ga.

27 Anănkăbirănga nti Gwe kitănge, Katonda wănge, era o'jinja eryobulokozi bwănge.

28 Era ndimufŭla omuberyeberye (wănge), asinga bakabaka abonsi.

29 Nămuterekerănga okusăsira kwănge emirembe nemirembe, nendagăno yănge enenywĕrănga gyali.

30 Era năwangăzănga eza'derye emirembe gyona, nentebeyo ngenaku eze'gulu.

31 Abānabe bwebanālekānga amatēka gānge, nebatatambulirānga mu misāngo gyānge;
32 Bwebanānyōmānga ebiragiro byānge, nebatakwatānga matēka gānge; nānge na'jirānga okwōnōna kwābwe nomu'go, nobutali butūkirivu bwābwe nokukuba.
33 Naye simu'gyirengako dala kusāsira kwānge, 'sō siganyenga bwesigwa bwānge okuwebuka.
34 Simenyenga ndagāno yānge, si'jululenga kigambo ekyava mu mimwa gyānge. Omulūndi gumu nalāira obutūkirivu bwānge; simulimbenga Daudi.
35 Eza'derye linābērerānga emirembe gyona, nentebeye ngenjuba mu maso gānge.
36 Enenywezebwānga enaku zona ngomwezi, era ngomujulirwa omwesigwa mu 'gulu.
37 Naye wasūla nogoba nosunguwalira oyo gwewafukako amafuta.
38 Wakyāwa endagāno eyomu'duwo. Wanyōma enguleye (nogisūla) wansi.
39 Wamenyamenya enkomeraze zona; wayābya ebigobye.
40 Bona abaita mu 'kubo bamunyaga: afūse ekivume eri balirānwabe.
41 Ogulumizi'za omukono ogwadyo ogwabalabebe; osanyusi'za abamukyāye bona.
42 Wewawo, okyāmi'za obwōgi bwekitalakye, 'sō tomuīmirizi'za mu lutalo.
43 Omazewo okumasamasakwe, nosūlira dala entebeye wansi.
44 Osaze ku naku ezobuvubukabwe: omubi'seko ensonyi.
45 Olitūsa wa, ai Mukama, okwekwekānga enaku zona? Obusūngubwo bulitūsa wa okubūbūkānga ngomuliro?
46 O'jukire, nkwegairi'de, ekisēra kyānge bwekiri ekitono: abāna babantu bona nga wabatōndera ebitalimu!
47 Omuntu aluwa aliba omulamu ataliraba kufa. Alyewonya ememeye mu buīnza bwamagōmbe?

Digitized by Google

48 Mukama, okufāsirakwo okwe'da kuliruwiwa,
kwewalāirira Daudi mu bwesigwabwo?
49 'Jukira, Mukama, aba'dubo bwebavumibwa; bwe-
nsitula mu kifuba kyāuge ekivume ekyamawānga gona
agamānyi;
50 Abalabebo kyebavuma, ai Mukama, kyebavuma
ebigere byoyo gwewafukako amafuta. Mukama, yeba-
zibwēnga emirembe nemirembe. Amina, era Amina.

## OLUNAKU 18. ENKYA.

## 90.

MUKAMA, 'gwe wali kifo kya'fe ekyokutūlamu mu
miremb gyona.
2 Ensozi nga tezinazālibwa, era nga tonabūmba nsi
nebintu, okuva mu mirembe gyona okutūsa mu mire-
mbe gyona, 'gwe Katonda.
3 Osindika abantu mu kuzikirira; era oyogera nti
Mu'deyo, 'mwe abāna babantu.
4 Kubanga emyāka olukumi mu masogo giri ngo-
lwajo olwaita, era ngekisisimuka kyekiro.
5 Obatwālira dala nga mukoka; bali ngotulo: enkya
bali ngomu'do ogumera.
6 Enkya guloka, gumera; akawungēzi nga gusali-
'dwa, era nga guwotōse.
7 Kubanga obusūngubwo butumalawo, era bwonyīga
netweralikirira.
8 Ota'de obutali butūkirivu bwa'fe mu masogo, ebibi
bya'fe ebyekyāma mu musana gwamasogo.
9 Kubanga enaku za'fe zona ziita mu busūngubwo;
emyāka gya'fe gi'gwāwo ngekirowōzo.
10 Enaku zemyāka gya'fe gye myāka nsānvu, era
naye amānyi gaweza emyāka ekināna; naye amalala
gābwe kwe kutegāna nokunakuwala kwerēre; kubanga
gaita māngu, na'fe netubula.
11 Ani amanyi obuīnza obwobusūngubwo, nokunyīga
nga bwogwānira okutībwa?
12 Otuigirize tubalēnga bwetutyo enaku za'fe, tu-
lyoke tufune omutima omugezigezi.

Digitized by Google

13 Okomewo, ai Mukama; olitūsa wa? Era we'juse mu bigambo ebyaba'dubo.

14 Otu'kuse enkya nokusāsirakwo; tusanyukēnga, tujaguzēnga, enaku za'fe zona.

15 Otusanyuse ngenaku bweziri zewatubonyabonyezāngamu, era ngemyāka bwegiri gyetwalabirāngamu obubi.

16 Omulimugwo gulabikirēnga aba'dubo, nekitībwakyo kirabikēnga ku bāna bābwe.

17 Era nobulūngi bwa Mukama Katonda wa'fe bubērēnga ku'fe : era otunywērezēnga emirimu gyemikono gya'fe : wewawo, emirimu gyemikono gya'fe oginywēzēnga.

## 91.

ATŪLA mu kifo ekyekyāma ekyoyo ali wa'gulu enyo yanāberānga wansi wekisīkirize Ekyomuīnza webintu byona.

2 Nāyogerānga ku Mukama nti Oyo kye ki'dukiro kyānge, era kye kigo kyānge : Katonda wānge gwenesiga.

3 Kubanga oyo yanākulokolānga mu mutego ogwomui'zi, ne mu kawumpuli omubi.

4 Anākubi'kāngako nebiwawātirobye, era wansi webyōyabye wono'dukirānga : amazimage ye ngabo, ge gakūma.

5 Totyenga lwa ntīsa ya kiro newakuba'de akasāle akagenda emisana;

6 Olwolūmbe olutambulira mu kizikiza, newakuba'de olwokuzikiriza okufāfāganya mu tuntu.

7 Abantu olukumi baligwira ku lubirīzirwo, era akakumi ku mukonogwo ogwadyo; tekulikusemberera 'gwe.

8 Naye olitunula namasogo, oliraba empēra yababi.

9 Kubanga 'gwe, ai Mukama, oli ki'dukiro kyānge! Omufu'de oyo ali wa'gulu enyo ekigokyo wotūla;

10 Tewali kabi akalikubāko, 'sō tewali kibonobono ekirisemberera ewemayo.

Digitized by Google

11 Kubanga alikulagiririza bamalaikabe, bakukūme mu makubogo gona.

12 Balikuwanirira mu mikono gyābwe, oleme okwesitala ekigerekyo ku 'jinja.

13 Olirinya ku mpologoma ne ku salambwa : olisāmba empologoma ento nomusota wansi webigerebyo.

14 Kubanga anta'deko okwagalakwe, kyendiva 'muwonya : ndimugulumiza wa'gulu, kubanga amanyi erinya lyānge.

15 Alinkābira, nānge ndimuitaba; nābērānga wamu naye bwanānakuwalānga : ndimuwonya, ndimuwa ekitībwa.

16 Ndimuwangāza nyo, ndimu'kusa obulamu, era ndimulaga obulokozi bwānge.

## 92.

KIRŨNGI okwebazānga Mukama, nokuīmba okutenderezānga erinyalyo, gwali wa'gulu enyo :

2 Okwolesānga ekisakyo enkya, nobwesigwabwo buli kiro.

3 Nekintu ekirina engoye ekumi, era namadinda : ne'dobozi eryokutya eryenānga.

4 Kubanga 'gwe, Mukama, onsanyusi'za nomulimugwo : nājagulizānga emirimu gyemikonogyo.

5 Emirimugyo nga mikulu, ai Mukama! ebirowōzobyo bya buziba nyo.

6 Omuntu ali ngensolo tamanyi kino, 'sōnga nomusirusiru takitegēra :

7 Ababi bwebaloka ngomu'do, era abakozi bobubi bona bwebēra; kyebava (bēra) bazikirizibwe emirembe gyona : naye 'gwe, ai Mukama, ogulumizibwānga emirembe nemirembe.

8 Kubanga, laba, abalabebo, ai Mukama, kubanga, laba, abalabebo balizikirira; abakosi bobubi bona balisāsānyizibwa.

9 Naye ogulumizi'za e'jembe lyānge ngeryembogo : nfuki'dwako amafuta amagya.

10 Era eriso lyānge lirabye (byenjagala nga bitūse)

Digitized by Google

ku balabe bānge, amatu gānge gawuli'de (byenjagala nga bitūse) kwabo abakola obubi abangolokokerako.
11 Omutūkirivu aliyera ngolukīndu; alikula ngomuvule mu Lebanoni.
12 Abasimbirwa mu nyumba ya Mukama baliyerera mumpya za Katonda wa'fe.
13 Baliba nga bakyabala ebibala nga baka'diye; bali'jula ama'zi, balige'ja :
14 Balage nga Mukama mutūkirivu; oyo lye 'jinja lyānge, 'sō muye temuli butali butūkirivu.

AKAWUNGEZI.

## 93.

MUKAMA afuga; ayamba'de obukulu : Mukama ayamba'de, yesibye amānyi :
2 Era ensi enywe'de nokuīnza neteīnza kusagasagana..
3 Entebeyo yanywēra e'da ne'da lyona : obērerawo okuva emirembe nemirembe.
4 Ama'zi gaimusi'za, 'gwe Mukama, ama'zi gaimusi'za e'dobozi lyago ; ama'zi gaimusa amayengo gago.
5 Okusinga amalobozi agama'zi amangi, amayengo amaneue agokunyanja, Mukama ali wa'gulu asinza amānyi.
6 Byewategēza bya mazima dala : obutukuvu busānira enyumbayo, ai Mukama, emirembe nemirembe.

## 94.

AI Mukama, 'gwe Katonda nanyini ku walana, 'gwe Katonda nanyini kuwalana, omasizemasize dala.
2 Weyimuse, 'gwasalira ensi emisāngo : owe abamalala ebibagwānira.
3 Mukama, ababi balitūsa wa, ababi balitūsa wa okuwāngula?
4 Bogera ebitalimu, nebyamalala : abakozi bobubi bona benyumiriza :

Digitized by Google

5 Bamenyamenya abantubo, ai Mukama, era babo-
nyabonya obusikābwo.
6 Ba'ta'na'mwāndu ne mu'na'gwānga, era ba'ta ata-
lina kitāwe.
7 Nebogera nti Mukama talabe, 'sō Katonda wa
Yakobo talowōze.
8 Mulowōze, 'mwe abali ngensolo mu bantu : na'mwe
abasirusiru, muligeziwala di?
9 Eyatekawo okutu, taliwulira? Eyabūmba eriso,
taliraba?
10 Abonereza amawānga, talikanga'vula, aigiriza
abantu amagezi?
11 Mukama amanyi ebirowōzo byabantu, nga mu'ka.
12 Alina omukisa omuntu gwobonereza, ai Mukama,
era gwoigiriza ebiva mu matēkago ;
13 Olyoke omuwu'muze aleme okulaba ebiro ebye-
naku, okutūsa obunya lwebulisimirwa ababi.
14 Kubanga Mukama talisūla bantube, 'sō talireka
busikābwe.
15 Kubanga omusāngo guli'da mu butūkirivu : ne
bona abalina emitima egyamazima balibugoberera.
16 Ani anāngolokokera kwabo abakola obubi? Ani
anānyīmiririra ku bakosi bebitali bya butukirivu?
17 Singa Mukama teyali mubēzi wānge, ememe
yānge yanditu'de māngu awali okusirika.
18 Bwenayogera nti Ekigere kyānge kisērera, oku-
sāsirakwo, 'gwe Mukama, nekumpanirira.
19 Mu birowōzo byānge ebingi ebiri mu'nze okusa-
nyusakwo kumpōmera ememe yānge.
20 Abafuga ababi bali'sā ekimu nāwe, abalagira
ebye'tima mu matēka?
21 Bakung'ana okulūmba ememe yomutūkirivu,
nebasala omusāngo okusinga omusai ogutaliko kabi.
22 Naye Mukama yabānga kigo kyānge ekiwānvu ;
era Katonda wānge lye 'jinja lyeneyuna.
23 Era abelēseko obutali butūkirivu bwābwe bo,
era alibazikiriza mu bubi bwābwe ; Mukama Katonda
wa'fe alibazikiriza.

Digitized by Google

## Olunaku 19. Enkya.

### 95.

MU'JE tuīmbire Mukama : tuīmbire ne'dobozi eryesanyu e'jinja eryobulokozi bwa'fe.

2 Tu'je mu masoge nokwebaza, tumuīmbire ne'dobozi eryesanyu ne zabuli.

3 Kubanga Mukama ye Katonda omukulu, era Kabaka omukulu asinga bakatonda bona.

4 Enkonko zensi ziri mu mukonogwe ; nentiko zensozi nazo zize.

5 Enyanja yiye, era yagikola ; nemikonogye gye gyabūmba olukalu.

6 Mu'je, tusinze, tuvūname ; tufukamire mu maso ga Mukama omutōnzi wa'fe :

7 Kubanga ye Katonda wa'fe, na'fe tuli bantu ba 'talerye, era endiga ezomumukonogwe.

8 Lero, obanga munāwulira e'doboziryе, temuka'kanyaza mitima gya'mwe, nga Emeriba, nga ku lunaku Olwemasa mu 'dūngu :

9 Bajaja ba'mwe bwebānkema, nebangeza, nebalaba omulimu gwānge.

10 Emyāka amakumi ana nanyikālira abemirembe giri, ninjogera nti Be bantu abakyāma mu mutima gwābwe, 'sō tebamanya makubo gānge :

11 Kyenava ndāira mu busūngu bwānge, nga tebaliingira mu kiwu'mulo kyānge.

### 96.

MUMUĪMBIRE Mukama oluīmba olugya : mumuīmbire Mukama, 'mwe ensi zona.

2 Mumuīmbire Mukama, mwebaze erinyalye : mwolesēnga obulokozibwe buli lunaku buli lunaku.

3 Mubūlirēnga ekitībwakye mu mawānga, ebyamagerobye mu bantu bona.

4 Kubanga Mukama mukulu, era agwāna okutenderezebwa enyo : agwāna obutībwānga okusinga bakatonda bona.

Digitized by Google

5 Kubanga bakatonda bona abamawānga bye bifa-
nanyi : naye Mukama ye yakola e'gulu.
6 Ekitībwa nobukulu biri mu masoge : amānyi no-
bulūngi biri mu watukuvuwe.
7 Mumuwe Mukama, 'mwe ebika ebyamawānga,
mumuwe Mukama ekitībwa namānyi.
8 Mumuwe Mukama ekitībwa ekigwānira erinyalyo :
mulete sadaka, mu'je mu mpyaze.
9 Kale mumusinze Mukama mu bulūngi obwobutu-
kuvu. Mukankane mu masoge, 'mwe ensi zona.
10 Mwogerere mu mawānga nti Mukama afuga : era
nensi enywēra nokuīnza neteīnza kusagasagana : alisa-
lira amawānga emisāngo egyensōnga.
11 E'gulu lisanyuke, era nensi ejaguze; enyanja
ewūme, noku'jula kwayo;
12 Enimiro ejaguze, nebigirimu byona; emiti gyona
egyomukibira negiryoka giīmba olwesanyu; mu maso
ga Mukama,
13 Kubanga a'ja; kubanga a'ja okusalira ensi emisā-
ngo : alisalira ensi emisāngo egyensōnga, (aliramula)
amawānga namazimage.

## 97.

MUKAMA afuga; ensi esanyuke; ebizinga bijaguze
bwebyenkana obungi
2 Ebire nekizikisa bimwetōlōla : obutūkirivu nomu-
sāngo bye binywēza entebeye.
3 Omuliro gumukulembera, gwōkya abalabebe erui
nerui.
4 Enjotaze zamulisa ensi : ensi neraba nekankana.
5 Ensozi zasānūka ngenvūmbo awali Mukama, awali
Mukama, wensi zona.
6 E'gulu libūlira obutūkirivubwe, namawānga gona
galabye ekitībwakye.
7 Bakwatibwe ensonyi bona abasinza ebifananyi
ebyōle, abenyumiriza olwebifananyi : mumusinze ye,
'mwe bakatonda 'mwena.
8 Sayuni yawulira nāsanyuka, nabawala ba Yuda
nebajaguza; olwemisāngogyo, ai Mukama.

Digitized by Google

9 Kubanga 'gwe, Mukama, oli wa'gulu nyo kunsi
zona : ogulumizibwa okusinga enyo bakatonda bona.
10 Kale 'mwe abagala Mukama, mukyāwe obubi :
akūma ememe zabatukuvube; abawonya mu mukono
gwomubi.
11 Omusana gwasigirwa omutūkirivu, nesanyu oyo
alina omutima ogwamazima.
12 Musanyukire Mukama, 'mwe abatūkirivu era
mwebaze erinyalye etukuvu.

## AKAWUNGEZI.

## 98.

MUMUĪMBIRE Mukama oluīmba olugya; kubanga
akoze ebyamagero :
2 Engaloze ezadyo, nomukonogwe omutukuvu bimu-
lete'de obulokozi.
3 Mukama amanyisi'za obulokozibwe : obutūkirivu-
bwe abwolekere'za dala mu maso gamawānga.
4 A'juki'de okusāsirakwe nobwesigwabwe eri enyu-
mba ya Isiraeri : enkomerero zona ezensi zirabye obu-
lokozi bwa Katonda wa'fe.
5 Muīmbe ne'dobozi eryesanyu eri Mukama, 'mwe
ensi zona : mulete oluīmba muīmbe olwesanyu, wewa-
wo, muīmbe ebyokutendereza.
6 Muīmbe okutendereza Mukama nenānga; nenānga
era ne'dobozi eriīmba.
7 Namakondēre ne'dobozi eryakagombe mulete e'do-
bozi eryesanyu mu maso ga Kabaka, Mukama.
8 Enyanja ewūme, noku'jula kwayo; enzi zona, nabo
abazitūlamu;
9 Ama'zi gakube mu ngalo; ensozi ziīmbire wamu
olwesanyu; mu maso ga Mukama, kubanga a'ja okusa-
lira ensi omusāngo :
10 Alisalira ensi emisāngo egyensōnga, (aliramula)
amawānga nobutūkirivu.

Digitized by Google

## 99.

MUKAMA afuga; amawānga gakankane; atūla wakati wa bakerubi; ensi esagasagane.

2 Mukama mukulu mu Sayuni; era ali wa'gulu okusinga amawānga gona.

3 Batendereze erinyalyo ekulu era eryentīsa. Ye mutukuvu.

4 Era amānyi ga kabaka gagala omusāngo; 'gwonywēza obutūkirivu, otūkiriza omusāngo nobutūkirivu mu Yakobo.

5 Mumugulumizēnga Mukama Katonda wa'fe, era musinzizēnga ku ntebe yebigerebye: ye mutukuvu.

6 Musa ne Aloni mu bakabonabe, ne Samuwiri mwabo abakōwola erinyalye; bākābira Mukama, nābaitaba.

7 Yayogerera nabo mu mpagi eyekire: bākwata byeyategēza, nekiragiro kyeyabawa.

8 Waba'damu, ai Mukama Katonda wa'fe: wali Katonda abasonyiwa, newakuba'de nga wabawalana e'gwānga olwebikolwa byābwe.

9 Mumugulumizēnga Mukama Katonda wa'fe, musinzizēnga ku lusozirwe olutukuvu; kubanga Mukama Katonda wa'fe mutukuvu.

## 100.

MULETERE Mukama e'dobozi eryesanyu, 'mwe ensi zona. Mumuwereze Mukama nesanyu: mu'je mu masoge nokuīmba.

2 Mumanye nga Mukama ye Katonda: oyo ye yatutōnda, na'fe tuli babe; tūli bantube, era endiga ezomudūndirolye.

3 Muingire mu miryāngogye nokwebaza, ne mu mpyāze nokutendereza: mumwebaze, mukuze erinyalye.

4 Kubanga Mukama mulūngi; okusāsirakwe kwa lubērera; nobwesigwābwe bwa mirembe gyona.

Digitized by Google

## 101.

NĀĪMBĀNGA ku kusāsira ne ku musāngo : 'gwe, ai Mukama, gwenāīmbirānga okutendereza.
2 Nātambulirānga namagezi mu 'kubo etūkirivu :
3 Wowe, oli'ja gyendi di? Nātambulirānga mu nyumba yānge nomutima ogutūkiri'de.
4 Sitekenga kintu kyona ekitasāna mu maso gānge : nkyāwa omulimu gwabo abakyāma; tegwega'tenga nānge.
5 Omutima ogutawulira gulindekera dala : sirimanya kintu kyona kibi.
6 Awāiririza mu'ne mu kyāma, oyo nāzikirizānga :
7 Alina amaso agegulumiza nomutima ogwamalala simugumīkirizenga.
8 Amaso gānge ganātunulirānga abesigwa abomunsi, batūlēnga wamu nānge :
9 Atambulira mu 'kubo etūkirivu yanāmperezānga.
10 Akola ebyobulimba talitūla mu nyumba yānge : ayogera ebitali bya mazima talinywēra mu maso gānge.
11 Buli nkya nāzikirizānga ababi bona abomunsi; 'malewo bona abakola ebitali bya butūkirivu ba'gwēwo mu kibuga kya Mukama.

### OLUNAKU 20. ENKYA.

## 102.

WULIRA okusaba kwānge, ai Mukama, okukāba kwānge kutūke gyoli.
2 Tonkisa masogo ku lunaku olwokunakuwala kwānge : otege okutukwo wendi; ku lunaku lwenkōwolerako ompitabe māngu.
3 Kubanga enaku zānge zi'gwāwo ngomu'ka, namagūmba gānge gōkebwa ngomumuli.
4 Omutima gwānge gwōke'dwa, guwotōse ngomu'do; kubanga nerabira okulya e'mere yange.
5 Olwe'dobozi eryokusīnda kwānge amagūmba gānge gega'so nomubiri gwānge.

Digitized by Google

6 Ninga kimbala owomu'dũngu; nfũse ngekiwũgulu
ekyomunsiko.
7 Ntunula, era nfũse ngenkazalugya etũla ku kiti'kiro
yo'ka.
8 Abalabe bãnge bazibya obu'de okunvuma; abanda-
luki'de bandãira.
9 Kubanga ndi'de e'vu ngomugãti, era ntabu'de kye-
nywe'de namaziga.
10 Olwokunyĩgakwo nobusũngubwo: kubanga wa-
'nõnda nonsũla.
11 Enaku zãnge ziri ngekisĩkirizo eki'gwãwo; era
mpotõse ngomu'do.
12 Naye 'gwe, ai Mukama, onobõrerãnga enaku zona;
neki'jukizokyo okutũsa emirembe gyona.
13 Oligolokoka, olisãsira Sayuni: kubanga obu'de
butũse okumusãsira, wewawo, obu'de obwalagirwa
butũse.
14 Kubanga aba'dubo basanyukira amainjage, era
basãsira enfũfuye.
15 Bwogatyo amawãnga gona galitya erinya lya
Mukama, ne bakabaka bona abensi (balitya) ekitĩ-
bwakyo:
16 Kubanga Mukama azĩmbi'de dala Sayuni, alabi-
ki'de mu kitĩbwakye;
17 Alowõze'za okusaba kwabo abafiri'dwa, 'sõ tanyõ-
mye kusaba kwãbwo.
18 Ekyo kiriwandikirwa emirembe egiri'ja: ne'gwã-
nga eriritõndebwa liritendereza Mukama.
19 Kubanga atunuli'de wansi ngaima ku watuku-
vuwe awagulumivu; Mukama yalaba ensi ngaima mu
'gulu;
20 Okuwulira okusĩnda kwomusibe; okusumulula
abo abatekerwawo okufa;
21 Abantu balyoke batenderõnga erinya lya Mukama
mu Sayuni, netendolye mu Yerusalemi;
22 Awawãnga bwogalikung'ana awamu, namatwãle,
okuwereza Mukama.
23 Yakondõza ku mãnyi gãnge mu 'kubo; yasala ku
naku zãngo.



Digitized by Google

24 Ninjogera nti Ai Katonda wānge, tontwālira dala ngenaku zānge tezina'gwāwo : emyākagyo gibērera emirembe gyona.
25 E'da ne'da watandika ensi ; ne'gulu gwe mulimu gwemikonogyo.
26 Ebyo biri'gwāwo, naye 'gwonobērerānga : wewawo, ebyo byona birika'diwa ngekyambalo ;
27 Olibiwanyisa ngekyambalo, nebyo biriwanyisibwa : naye gwoba bumu, nemyākagyo tegirikoma.
28 Abāna baba'dubo banābērangawo. Neza'de lyābwe linānywēzebwānga mu masogo.

## 103.

WEBAZE Mukama, 'gwe ememe yānge; ne byona ebiri munda yānge, (mwebaze) erinyalye etukuvu.
2 Webaze Mukama, 'gwe ememe yānge, 'sō tewerabira birūngibye byona :
3 Asonyiwa ebikolwabyo byona ebitali bya butūkirivu ; awonya endwa'dezo zona ;
4 Anunula obulamubwo buleme okuzikirira ; aku'sāko engule eyekisa nokusāsira okulūngi :
5 A'kusa akamwāko ebirūngi ; obuvubukabwo nebu'da obugya ngempūngu.
6 Mukama akola ebyobutūkirivu, atūkiriza emisāngo kulwabo bona abajōgebwa.
7 Yamanyisa Musa amakuboge, nebikolwabye eri abāna ba Isiraeri.
8 Mukama a'ju'de okusāsira nekisa, alwāwo okusunguwala, alina okusonyiwa okungi.
9 Tanenyenga enaku zona ; 'sō tabenga (na busūngu) mirembe gyona.
10 Tatukoze ngebibi bya'fe bwebiri, 'sō tatusasu'de ngebikolwa bya'fe ebitali bya butūkirivu bwebiri.
11 Kuba e'gulu nga bweriri wa'gulu okusinga ensi, nokusāsirakwe bwekuli okungi bwekutyo eri abo abamutya.
12 Ebuvanjuba nebugwanjuba bwebiri ewala, bwatyo bwatuta'de ewala ebyōnōno bya'fe.

Digitized by Google

13 Nga kitābwe bwasāsira abanabe, ne Mukama bwasāsira bwatyo abamutya.

14 Kubanga amanyi omubiri gwa'fe; a'jukira nga 'fe tuli nfūfu.

15 Omuntu, enakuze ziri ngomu'do; ngekimuli ekyomunsiko, bwayera bwatyo.

16 Kubanga empewo zikikūntako, nekiba nga kigenze; nekifo kyakyo tekirikimanya nate.

17 Naye okusāsira kwa Mukama kwava mu mirembe gyona era kulitūka mu mirembe gyona eri abamutya, nobutūkirivubwe eri abāna babāna;

18 Eri abo abakwata endagānoye, neri abo aba'jukira ebiragirobye okubikola.

19 Mukama yanywēza entebeye mu 'gulu; nobwakabakabwe bufuga byona.

20 Mumwebaze Mukama, 'mwe bamalaikabe: 'mwe abazira abamānyi, abatūkiriza ekigambokye, nga muwulira e'dobozi eryekigambokye.

21 Mumwebaze Mukama, 'mwe 'mwena e'gyerye; abawerezabe, abakola byayagala.

22 Mumwebaze Mukama, 'mwe 'mwena emirimugye, mu bifo byona byafugiramu: webaze Mukama, 'gwe ememe yānge.

AKAWUNGEZI.

## 104.

WEBAZE Mukama, 'gwe ememe yānge. Ai Mukama Katonda wānge, oli mukulu nyo; oyamba'de ekitībwa nobukulu.

2 Eyebi'ka nomusana ngekyambalo; atīmba e'gulu nge'gigi:

3 Asimba empagi ezenjuze mu ma'zi; afūla ebire e'gālirye; atambulira ku biwawātiro byempewo:

4 Afūla ababakabe empewo; nabawerezabe omuliro ogwāka:

5 Eyasimba emisingi gyensi, ereme okusagasagananga emirembe gyona.

6 Wagibi'kako enyanja ngekyambalo; ama'zi negaīmirira wa'gulu wensozi.

Digitized by Google

7 'Gwe bwewanenya nega'duka; e'dobozi eryokubwātukakwo bweryawulirwa negānguwa okugenda;
8 Gālinya ku nsozi, gāserengetera mu biwōnvu, negatūka mu kifo kyewagatekerawo.
9 Wagalagira ensalo gyegataīnza kusu'kako; galeme oku'da nate okubi'ka kunsi.
10 Aleta enzi'zi mu biwōnvu; zikulukuta mu nsozi:
11 Zinywesa ensolo zona ezomunsiko; entulege ziwona enyōnta.
12 Enyonyi ezomu'gulu kwezitūla kwezo, ziīmbira mu matabi.
13 Afukirira ama'zi ensozi ngaima mu njuze: ensi ne'kuta ebibala ebyemirimugyo.
14 Amereza ente esubi, nomu'do okuwereza abantu;
15 Balyoke ba'gyēnga e'mere mu 'taka; nomwenge ogusanyusa omutima gwabantu, namafuta ganyirizēnga amasoge, ne'mere ewa omuntu amānyi omutimagwe.
16 Emiti gya Mukama gi'kuta; emivule gya Lebanoni gyeyasimba;
17 Enyonyi gyezikoleramu ebisu byazo: kasida, emiberosi ye nyumbaye.
18 Ensozi empānvu ziba za mbulabuzi; amainja kye ki'dukiro kyobumyu.
19 Yatekerawo omwezi ebiro: enjuba emanyi okugwa kwayo.
20 'Gwoleta ekizikiza, ekiro nekibawo; ensolo zona ezomukibira mwezifulumira nga zisoba.
21 Empologoma ento zivūmira gyezinālya, era zinonya e'mere yazo eri Katonda.
22 Enjuba nevayo, nezigenda, nezebaka mu mpuku zazo.
23 Abantu nebagenda ku mulimu gwābwe nokutegana kwābwe okutūsa akawungēzi.
24 Ai Mukama, emirimugyo nga gya ngeri nyingi! wagikola gyona mu magezi: ensi e'ju'de obuga'gabwo.
25 Enyanja eri, enene engazi, omuli ebyewalula ebitabalikika, ebisolo ebitono era nebinene.
26 Eri amāto gyegaitako; lukwata mwali, gwewakola okuzanyira omwo.

Digitized by Google

27 Ebyo byona bikulindirira 'gwe, obiwe e'mere yabyo mu ntūko zayo.
28 Gyobiwa gyebikung'anya; oyānjuluza engalo, nebi'kuta ebirūngi.
29 Okisa amasogo, nebyeralikirira; obi'gyamu omu'ka gwabyo, nebifa, nebi'da mu nfūfu yabyo.
30 Otuma omwoyogwo, nebitōndebwa; era o'ūla obugya amaso ge'taka.
31 Ekitībwa kya Mukama kibēre kya kuberera; Mukama asanyukire emirimugye:
32 Atunulira ensi, nekankana; akwata ku nsozi, nezinyōka.
33 Nāīmbirānga Mukama nga nkyali mulamu: nāīmbānga okutendereza Katonda wānge nga nkyaliwo.
34 Okulowōza kwānge kumuwōmerēnga: nāsanyukirānga Mukama.
35 Ababi bazikirire ba'gwēwo kunsi, abōnōnye baleme okubērawo nate. Webaze Mukama, 'gwe ememe yānge. Mumutendereze Mukama.

## OLUNAKU 21. ENKYA.

### 105.

MUMWEBAZĒNGA Mukama, mukābirēnga erinyalye; mumanyisēnga ebikolwabye mu mawānga.
2 Mumuīmbirēnga, muīmbēnga okumutendereza; mwogerēnga ku byamagerobye byona.
3 Mwenyumirizēnga olwerinyalye etukuvu: omutima gwabo abanonya Mukama gusanyukēnga.
4 Munonyēnga Mukama namānyige; munonyēnga amasoge enaku zona.
5 Mu'jukirēnga ebyamagerobye byeyakola; ebyekitalobye, nemisāngo egyakamwāke;
6 'Mwe eza'de lya Ibulaimu omu'duwe, 'mwe abāna ba Yakobo, abalōndebe.
7 Oyo ye Mukama Katonda wa'fe: emisāngogye gibuna ensi zona.

Digitized by Google

8 A'jukira endagānoye enaku zona, ekigambo kyeya-
lagira emirembe olukumi;
9 (Endagāno) gyeyalagāna ne Ibulaimu, nekirāiro
kyeyalāirira Isaka;
10 Nekyo nākinywēza eri Yakobo okuba etēka, eri
Isiraeri, okuba endagāno eteri'gwāwo:
11 Ngayogera nti 'Gwe ndiwa ensi ya Kanani, omu-
gabo ogwobusika bwa'mwe:
12 Bwebāli abantu abatono omuwendo gwābwe:
wewawo, abatono enyo, era abo batambuze omwo;
13 Nebatambulatambula mu mawānga agatali gamu,
nga bava mu bwakabaka nebagukira mu bantu abalala.
14 Teyaganya muntu kubōnōna; wewawo, yanenya
bakabaka kulwābwe;
15 (Ngayogera nti) Temukwatānga kwabo benafu-
kako amafuta, 'sō temukolānga bubi bana'bi bānge.
16 Nāita enjala (okugwa) kunsi; nāmenya omu'go
(gwābwe) gwona, ye 'mere (yābwe).
17 Yabakulembeza omuntu; Yusufu yatūndibwa
okuba omu'du:
18 Ebigerebye babirūmya enjegere; yagalamira nga-
sibi'dwa nebyūma:
19 Okutūsa ekigambokye lwekyatūkirira; ekigambo
kya Mukama kyamukemānga.
20 Kabaka yatuma nāmusumulula; ye yafuga ama-
wānga, nāmutēra dala.
21 Nāmufūla omukulu wenyumbaye, nāmuteresa
ebintubye byona:
22 Okusiba abalāngirabe bwayagala, nokuigiriza
amagezi abaka'debe.
23 Era ne Isiraeri na'ja mu Misiri; Yakobo nātūla
munsi ya Kamu.
24 Nāyongera nyo abantube, nābawa amānyi okusi-
nga abalabe bābwe.
25 Nākyūsa omutima gwābwe okukyāwa abantube,
okukūsakūsa aba'dube.
26 Nātuma Musa omu'duwe, (ne) Aloni gweyalōnda.
27 Neba'sā mubo obubonerobwe, nebyamagero munsi
ya Kamu.

Digitized by Google

28 Nāleta ekizikiza, ekizikiza nekikwata; nebatajēmera bigambobye.
29 Nāfūla ama'zi gābwe omusai, na'ta ebyenyanja byābwe.
30 Ensi yābwe ne'jula ebikere, munju za bakabaka bābwe.
31 Nāyogera, ebitole ebyensowera nebi'ja, nensekere mu nsalo zābwe zona.
32 Nābawa omuzira mu kifo kyenkuba, nomuliro ogwāka munsi yābwe.
33 Era nākuba nemizabibu nemitini gyābwe; namenya emiti egyomunsalo zābwe.
34 Nāyogera, enzige nezi'ja, nobuwūka, era ebyo tebyabalikika omuwendo gwabyo, nebirya buli mu'do ogwali munsi yābwe, nebirya ebibala ebye'taka lyābwe.
35 Era nākuba nababeryeberye bona abāli munsi yābwe, abāli basinga amānyi mu bazira bābwe bona.
36 Nāba'gyamu nga balina efeza nezābu: 'sō tewali muntu munafu omu mu bikabye.
37 Emisiri nesanyuka bwebāgenda; kubanga entīsa yābwe yali ebagu'deko.
38 Nāyānjuluza ekire okubabi'kāngako; nomuliro gubākirēnga ekiro.
39 Nebasaba, nāleta obugubi, nāba'kusa e'mere eyomu'gulu.
40 Nāyāsa e'jinja, ama'zi negatīrika; negakulukuta mu bifo ebikalu ngomu'ga.
41 Kubanga ya'jukira ekigambokye ekitukuvu, (ne) Ibulaimu omu'duwe.
42 Na'gyamu abantube nesanyu, nabalōndebe nokuīmba.
43 Nābawa ensi ezamawānga; nebatwāla nebalya emirimu egyamawānga:
44 Balyoke bakwatēnga ebiragirobye, bekūmēnga amatēkage. Mumutenderezo Mukama.

Digitized by Google

## Akawungezi.

## 106.

MUMUTENDEREZE Mukama, kale mumwebaze Mukama; kubanga mulūngi : kubanga okusāsirakwe (kubērera) emirembe gyona.

2 Ani aīnza okwātula ebikolwa ebyamānyi ebya Mukama, oba okwolesa etendolye lyona?

3 Balina omukisa abakwata omusāngo, noyo akola ebyobutūkirivu mu biro byona.

4 Onji'jukire, ai Mukama, nekisa kyolina eri abantubo; nkwegairi'de, onji'jire nobulokozibwo :

5 Ndabe abalōndebo nga balaba omukisa, nsanyukire esanyu erye'gwāngalyo. Nenyumirize wamu nobusikābwo.

6 Twayōnōna 'fe ne bajaja ba'fe, twakola ebitali bya butūkirivu, twakola obubi.

7 Bajaja ba'fe tebātegēra bya magerobyo mu Misiri; nebata'jukira kusāsirakwo okungi; naye nebajēmera ku nyanja, ku Nyanja Emyufu.

8 Era naye nābalokola olwerinyalye, amanyise obuīnzabwe obungi.

9 Era nānenya Enyanja Emyufu, nekalirira : awo nābaisa mu buziba, nga mu 'dūngu.

10 Nabālokola eri omukono gwoyo eyabakyāwa, nābanunula mu mukono gwomulabe.

11 Ama'zi negabi'ka ku balabe bābwe : newatasigalawo nomu.

12 Nebalyoka ba'kiriza ebigambobye; nebaīmba okumutendereza.

13 Berabira māngu emirimugye; tebālindirira kutēsakwe :

14 Naye nebegômbera nyo mu lukōla, nebakemera Katonda mu 'dūngu.

15 Nābawa byebāsaba; naye nāleta obuko'vu mu meme yābwe.

16 Era obu'gya nebubakwata eri Musa mu lusīsira, ne Aloni omutukuvu wa Mukama.

Digitized by Google

17 Ensi neyasama nemira Dasani, nebi'ka ku kibīna
kya Abiramu.
18 Nomuliro negwāka mu kibīna kyābwe; enimi
zagwo nezōkya ababi.
19 Nebakolera enyana mu Kolebu, nebasinza ekifa-
nanyi ekisānūse.
20 Bwebatyo nebawanyisa ekitībwa kyābwe okuba
ekifananyi kyente erya omu'do.
21 Neberabira Katonda omulokozi wābwe, eyakolera
ebikulu mu Misiri;
22 Ebyamagero munsi ya Kamu, nebyentīsa ku
Nyanja Emyufu.
23 Kyeyava ayogera ngalibazikiriza, singa Musa
omulōndewe teyaīmirira mu masoge mu kituli, oku-
'zayo obusūngubwe, aleme okubazikiriza.
24 Wewawo, bānyōma ensi eyokwesīma, teba'kiriza
kigambokye;
25 Naye nebemulugunya mu wema zābwe, nebata-
wulira 'dobozi lya Mukama.
26 Kyeyava aimusa omukonogwe gyebali, ngaliba-
sūlira mu 'dūngu:
27 Era ngaligwisa eza'de lyābwe mu mawānga, era
ngalibasāsānya munsi.
28 Era nebega'ta ne Baalu-Peoli, nebalya esadaka
ezabafu.
29 Bwebatyo bwebāmusunguwazānga nebikolwa
byābwe; kawumpuli nāgwa mubo.
30 Finekasi nālyoka aīmirira nātūkiriza omusāngo:
kawumpuli nāziizibwa bwatyo.
31 Ekyo nekimubalirwa okuba obutūkirivu, okutūsa
emirembe gyona egitaligwāwo.
32 Era nebamunyīgiza ku ma'zi Agemeriba, noku-
laba Musa nālaba obubi kulwābwe:
33 Kubanga bāli bagala okujēmera omwoyogwe,
nāyogera ebitali bya magezi nemimwagye,
34 Tebāzikiriza mawānga, nga Mukama byeyabala-
gira;
35 Naye nebega'ta namawānga, nebaiga emirimu
gyābwe:

Digitized by Google

36 Nebawereza ebifananyi byābwe; ebyabafūkira
ekyāmbika : wewawo bawāngayo batabani bābwe ne
bawala bābwe, eri basetani,
37 Nebayiwa omusai ogutaliko kabi, gwe musai
gwa batabani bābwe ne bawala bābwe, bebāwāngayo
eri ebifananyi bya Kanani; ensi neyōnōneka nomusai.
38 Bwebatyo nebabako empitambi olwemirimu gyā-
bwe, nebagenda bayenda mu bikolwa byābwe.
39 Obusūngu bwa Mukama kyebwava bubūbūka eri
abantube, nātamwa obusikābwe.
40 Nābawayo mu mukono gwamawānga; nabo abā-
bakyāwa nebabafuga.
41 Era abalabe bābwe nebabajōga, nebajēmulwa
wansi womukono gwābwe.
42 Emirūndi emingi yabawonya; naye nebagala
okujēma mu kutēsa kwābwe, nebajēzebwa mu butali
butūkirivu bwābwe.
43 Era naye nātunulira enaku zābwe, bweyawulira
okukāba kwābwe:
44 Nāba'jukirira endagānoye, neye'jusa ngokusāsi-
rakwe bwekuli okungi. Era nābabasāsiza bona abāba-
twālānga mu busibe.
45 Otulokole, ai Mukama Katonda wa'fe, otukung'a-
nye tuve mu mawānga, okwebazānga erinyalyo etu-
kuvu, nokujagulizānga etendolyo.
46 Yebazibwēnga Mukama, Katonda wa Isiraeri,
okuva emirembe gyona okutūka mū mirembe gyona.
Era abantu bona bogere nti Amina. Mumutendereze
Mukama.

## Olunaku 22. Enkya.

## 107.

MUMWEBAZE Mukama; kubanga mulūngi : ku-
banga okusāsirakwe (kubērera) emirembe gyona.
2 Abanunule ba Mukama bogere (bwebatyo), beya-
nunula mu mukono gwomulabe;
3 Nābakung'anya munsi (nyingi), mu buvanjuba

Digitized by Google

ne mu bugwanjuba, mu bukika obwa kono ne mu
bwadyo.
4 Bākyāmira mu 'dūngu mu 'kubo omutali bantu;
nebatalaba kibuga kya kutūlamu.
5 Balūmibwa enjala nenyōnta, ememe yābwe nezi-
ri'ka mubo.
6 Nebalyoka bakābira Mukama mu naku zābwe,
nābawonya mu kweralikirira kwābwe.
7 Era nābalung'amiza mu 'kubo egolokofu, batūke
mu kibuga ekyokutūlamu.
8 Kale singa abantu batendereza Mukama olwo-
bulūngibwe, nolwebyamagerobye eri abāna babantu!
9 Kubanga a'kusa ememe eyegōmba, nememe erūmwa
enyōnta agi'juza ebirūngi.
10 Abo abātūla mu kizikiza ne mu kisīkirize ekyo-
kufa, nga basibibwa nenaku nekyūma;
11 Kubanga bājēmera ebigambo bya Katonda, Ne-
banyōma okutēsa kwoyo ali wa'gulu enyo:
12 Kyeyava azitoya omutima gwābwe nokutegana;
nebagwa, 'sōnga siwali anābabēra.
13 Nebalyoka bakābira Mukama mu naku zābwe,
nābalokola mu kweralikirira kwābwe.
14 Nāba'gya mu kizikiza nekisīkirize ekyokufa,
nāmenyamenya enjegere zābwe.
15 Kale singa abantu batendereza Mukama olwo-
bulūngibwe, nolwebyamagerobye eri abāna babantu!
16 Kubanga yamenya enzi'gi ezebikomo, nātemera
dala ebisiba ebyebyūma.
17 Abasirusiru olwokwōnōna kwābwe, nolwobutali
butūkirivu bwābwe, babonyabonyezebwa.
18 Ememe yābwe etamwa e'mere yona yona; neba-
semberera emiryāngo egyokufa.
19 Nebalyoka bakābira Mukama mu naku zābwe,
nābalokola mu kweralikirira kwābwe.
20 Atuma ekigambokye, nābawonya, nāba'gya mu
kuzikirira kwābwe.
21 Kale singa abantu batendereza Mukama olwo-
bulūngibwe, nolwebyamagerobye eri abāna baba-
ntu!

Digitized by Google

22 Era bawēngayo esadaka ezokwebaza, ēra batē-
nderēnga ebikolwabye nokuīmba.
23 Abaserengetera ku nyanja mu māto, abakola
emirimu awali ama'zi amangi;
24 Abo balaba ebikolwa bya Mukama, nebyama-
gerobye mu buziba.
25 Kubanga alagira, nākūnsa omuyaga, oguimusa
amayengo gabwo.
26 Balinya mu 'gulu, neba'ka nate mu 'dubi: ememe
yābwe esānūka olwenaku.
27 Besūnda erui nerui, era bataga'ta ngomutamīvu,
namagezi gona nga gababuze.
28 Nebalyoka bakābira Mukama mu naku zābwe,
nāba'gya mu kweralikirira kwābwe.
29 Alāza omuyaga, amayengo gagwo negatēka.
30 Nebalyoka basanyuka kubanga bawu'mula; nā-
lyoka abaleta mu mwālo gwebagala okutūkamu.
31 Kale singa abantu batendereza Mukama olwo-
bulūngibwe, nolwebyamagerobye eri abāna babantu!
32 Era bamugulumizēnga mu kung'aniro eryabantu,
era bamutenderezēnga awali ekitūti ekyabaka'de.
33 Afūla emi'ga e'dūngu, nenzi'zi (azifūla) e'taka
ekalu;
34 Ensi ebala (agifūla) olukōla olwomunyo, olwo-
bubi bwabo abatūla omwo.
35 E'dūngu alifūla ekidiba ekyama'zi, nensi enkalu
ensulo ezama'zi.
36 Omwo mwatūza abalūmwa enjala, balongōsēnga
ekibuga ekyokutūlamu;
37 Era basigēnga enimiro, basimbēnga emizabibu,
befunirēnga ebibala ebyekyengera.
38 Era nābawa omukisa, nokweyongera nebeyonge-
rānga nyo; nātaganya nte zābwe okukendēra.
39 Nate, nebawebuka nebajēzebwa olwokujōgebwa,
nokweralikirira, nokunakuwala.
40 Anyōmesa nyo abalāngira, era abakyāmiza mu
nsiko omutali 'kubo.
41 Era naye agulumiza omwāvu okuva mu naku,
nāmukolera ebika ngekisibo.

Digitized by Google

42 Abatūkirivu balibiraba, balisanyuka; nobutali butūkirivu bwona buliziba akamwa kabwo.
43 Buli alina amagezi anālowōzānga ebyo, era banā-fumitirizānga okusāsira kwa Mukama.

## Akawungezi.

## 108.

OMUTIMA gwānge gunywe'de, ai Katonda; nāīmba, wewawo, nāīmba okutendereza, nāīmba nekitībwa kyānge.
2 Muzukuke, 'mwe amadinda nenānga: 'nze nākōra nyo okuzukuka.
3 Nākwebazānga 'gwe, ai Mukama, mu mawānga: era nāīmbānga okukutendereza mu bantu.
4 Kubanga okusāsirakwo kungi, kusinga e'gulu, namazimago (gatūka) mu 'gulu.
5 Ogulumizibwe, ai Katonda, okusinga e'gulu: nekitībwakyo okusinga ensi zona.
6 Muganziwo alyoke awone, olokole nomukonogwo ogwadyo, oto'demu.
7 Katonda yayogera mu butukuvubwe nti Ndijaguza: ndisala mu Sekemu, era ndigabagaba ekiwōnvu ekya Su'kosi.
8 Gireadi wānge; Manase wānge; Efulaimu naye yakūma omutwe gwānge;
9 Yuda gwe mu'go gwānge ogwobwakabaka. Moabu kye kinābirwamu kyānge; Edomu ndimukasukira engato yānge: ndyogerera wa'gulu ku Firisutiya.
10 Ani alinyingiza mu kibuga ekyamānyi? Ani eyandeta mu Edomu?
11 Totusu'de, ai Katonda? 'Sō totabāla, ai Katonda, ne'gye lya'fe.
12 Otubōre eri omulabe: Kubanga okubōra kwa-bantu tekulimu.
13 Katonda yalitukoza ebyobuzira: kubanga oyo yalirinyirira ku balabe ba'fe.

Digitized by Google

## 109.

TOSIRIKA, ai Katonda gwentendereza; kubanga akamwa kababi nakamwa kobulimba bakanjasami'de:
2 Boge'de nãnge nolulimi olulimba. Era banetōlōla nebigambo ebyokukyāwa, nebalwāna nānge awatali nsōnga.
3 Olwokwagala kwānge bafūse balabe bānge: naye 'nze nsaba.
4 Era bansasu'de obubi olwobulūngi, nokukyāwa olwokwagala kwānge.
5 Omuku'sēko omuntu omubi: omulabe aīmirirēnga ku mukonogwe ogwadyo.
6 Bwasalirwa omusāngo, afulume nga gumusinze; era okusabakwe kufūke ekibi.
7 Enakuze zibe ntono; omulala alye obukulubwe.
8 Abānabe babe nga tebalina kitābwe, ne mukaziwe 'na'mwandu.
9 Abānabe babe batambuzetambuze, basabirizēnga; banonyēnga (e'mere) mu bifo byābwe ebyazika.
10 Omunyazi atege byona byalina; batamanyi banyagenyage emirimugye.
11 Anāmwongerako ekisa amubule; anāsāsira abānabe nga tebalina kitābwe naye abule.
12 Eza'derye lizikirizibwe: mu mirembe egiri'ja amanya gābwe gasāngulibwe.
13 Obutali butūkirivu bwa bajajabe bu'jukirwe eri Mukama: 'sō ekibi kya nyina kireme okusangulibwa.
14 Bibērēnga mu maso ga Mukama enaku zona, azikirize oku'jukirwa kwābwe kunsi.
15 Kubanga teya'jukira kusāsira, naye nāi'ganya omuntu omwāvu eyetāga, noyo eyalina omutima ogumenyese, okuba'ta.
16 Wewawo, yayagala okukolima, nekutūka gyali; 'sō teyasanyukira kusaba mukisa, negumuba wala.
17 Era yayambala okukolima ngekyambalokye, nekuingira mundaye ngama'zi, era ngamafuta mu magūmbage.

Digitized by Google

18 Kubēnga gyali ngekyambalo kyayambala, era
kubēnga ngolukoba lweyesiba enaku zona.
19 Eyo ye mpēra eyabalabe bānge eva eri Mukama,
nabo abogera obubi ku meme yānge.
20 Naye olongōse ebyānge, ai Katonda Mukama,
olwerinyalyo : kubanga okusāsirakwo kulūngi,
21 Omponye, kubanga 'nze ndi mwāvu, netāga,
nomutima gwānge gufumiti'dwa munda yānge.
22 Ng'ende'de dala ngekisīkirize bweki'gwāwo:
nkung'unta ngenzige.
23 Amavivi gānge ganafuwa'de olwokusība; nomu-
biri gwānge guwebuse obutage'ja.
24 Era nfūse ekivume gyebali : bwebandaba, banye-
nya omutwegwābwe.
25 Ombēre, ai Mukama Katonda wānge; nkwe-
gairi'de ondokole ngokusāsirakwo bwekuli.
26 Balyoke bategēre ngogwo gwe mukonogwo: nga
'gwe, Mukama, wakikola.
27 Bo bakolime, naye 'gwompe omukisa : bwebali-
golokoka, balikwatibwa ensonyi, naye omu'duwo ali-
sanyuka.
28 Abalabe bānge bambale okuswāzibwa, era bebi'ke
ensonyi zābwe ngekikūnta.
29 Nebazānga nyo Mukama nakamwa kānge; we-
wawo, nāmutenderezānga mu kibīna.
30 Kubanga anāīmiriränga ku mukono ogwadyo
ogwomwāvu, okumulokola eri abo abasalira omusāngo
ememeye.

## Olunaku 23. Enkya.

## 110.

MUKAMA agamba mukama wānge nti Tūla ku mu-
kono gwānge ogwadyo, okutūsa lwendifūla aba-
labebo entebe yebigerebyo.
2 Mukama alisindika omu'go ogwamānyigo okuva
mu Sayuni : 'gwe fugira wakati mu balabebo.
3 Abantubo bewayo nomwoyo ogutawalirizibwa ku
lunaku olwobuīnzabwo : mu bulūngi obwobutukuvu,

Digitized by Google

olina omusulo ogwobuvubukabwo, oguva mu lubuto lwenkya.

4 Mukama yalāira, 'sō talye'jusa, nti 'Gwoli kabona emirembe gyona ngengeri ya Merukizedeki bweri.

5 Mukama ku mukonogwo ogwadyo alifumita bakabaka ku lunaku olwobusūngubwe.

6 Alisala emisāngo mu mawānga, ali'juza (ebifo) emirāmbo; alifumita omutwe munsi enyingi.

7 Alinywa ku nsulo eri mu 'kubo: kyaliva aimusa omutwe.

## 111.

MUMUTENDEREZE Mukama. Nebazānga Mukama nomutima gwānge gwona, mu kibīna ekyabatūkirivu abatēsa, ne mu kung'aniro.

2 Emirimu gya Mukama mikulu, ginonyezebwa abo bona abagisanyukira.

3 Omulimugwe gwa kitībwa, gwa bukulu: nobutūkirivubwe bubērera emirembe gyona.

4 A'jukizi'za emirimugye egyekitalo: Mukama wa kisa, a'ju'de okusāsira.

5 Awa e'mere abo abamutya: ana'jukirānga endagānoye emirembe gyona.

6 Alaze abantube obuīnza obwemirimugye, ngabawa obusika obwamawānga.

7 Emirimu egyemikonogye ge mazima nomusāngo; ebiragirobye byona binywēra.

8 Bitekebwawo emirembe nemirembe, bikolebwa mu mazima nobutūkirivu.

9 Yawa abantube okununulwa; yalagira endagānoye emirembe gyona: erinyalye tukuvu, lya kitībwa.

10 Mu kutya Mukama amagezi mwegasokera; balina okutegēra okulūngi bona abakola bwebatyo; etendolye libērera emirembe gyona.

## 112.

MUMUTENDEREZE Mukama. Alina omukisa oyo atya Mukama, asanyukira enyo amatēkage,

Digitized by Google

2 Eza'dorye linābānga lya mānyi kunsi : eza'do lya-
batūkirivu linābānga nomukisa.
3 Ebintu nobuga'ga biri mu nyumbayo : nobutūkiri-
vubwe bubērera emirembe gyona.
4 Eri omutūkirivu omusana gu'ja awali ekizikiza :
oyo wa kisa, a'ju'de okusāsira, era ye mutūkirivu.
5 Alaba ebirūngi oyo akola ebyekisa, awola; ali-
nywēza ensōngaye bwalisalirwa omusāngo.
6 Kubanga tasagasaganenga emirembe gyona; omu-
tūkirivu ana'jukirwānga enaku zona ezitali'gwāwo.
7 Tatyenga bigambo bya bubi : omutimagwe gu-
nywēra, nga gwesiga Mukama.
8 Omutimagwe guterēra, tatyenga, okutūsa lwalira-
ba (byayagala nga bitūse) ku balabebe.
9 Agabye, awa'de abāvu ; obutūkirivubwe bubērera
emirembe gyona : e'jemberyeliriguluмizibwanekitībwa.
10 Omubi alibiraba, alirūmwa omwoyo; aliruma
obujigi namanyoge, alinyōlwa : omubi byayagala birifa.

## 113.

MUMUTENDEREZE Mukama. Mutendereze, 'mwe
aba'du ba Mukama, mutendereze erinya lya Mu-
kama.
2 Erinya lya Mukama lyebazibwēnga okuva lero
okutūsa emirembe gyona.
3 Okuva mu buvanjuba okutūka mu bugwanjuba
erinya lya Mukama ligwāna okutenderezebwānga.
4 Mukama ali wa'gulu okūsinga amawānga gona,
nekitībwakye okusinga e'gulu.
5 Ani afanana nga Mukama Katonda wa'fe, alina
entebeye wa'gulu, eyetōwaza okutunulira (ebiri) mu
'gulu ne munsi ?
6 Aimusa omwāvu mu nfūfu, agolokosa omunafu
mu lubūngo ;
7 Amutūze wamu nabalāngira, wamu nabalāngira
ababantube.
8 Atūza munju omukazi omugumba, nāmusanyusa
ngamuzāzi'za abāna. Mumutendereze Mukama.



Digitized by Google

## Akawungezi.

### 114.

ISIRAERI bweyava mu Misiri, enyumba ya Yakobo mu bantu abolulimi olulala;
2 Yuda nābēra awatukuvuwe, Isiraeri amatwālege.
3 Enyanja neraba ekyo, ne'duka; Yoludani nāgobebwa oku'da enyuma.
4 Ensozi nezibūka ngendiga eza sedume, nobusozi obutono ngobuliga.
5 Wali otya, 'gwe enyanja, oku'duka? Nāwe Yoludani, (oku'da) enyuma?
6 'Mwe ensozi, okubūka ngendiga eza sedume; 'mwe obusozi obutono, ngobuliga?
7 Kankana, 'gwe ensi, awali Mukama, awali Katonda wa Yakobo;
8 Eyafūla e'jinja ekidiba ekyama'zi, eryembālebāle olu'zi olwama'zi.

### 115.

SI'FE, ai Mukama, si'fe, wabula erinyalyo lye ligwāna okuwebwa ekitībwa olwokusāsirakwo, nolwamazimago.
2 Kiki ekināba kibogeza abamawānga nti Katonda wābwe aliru'dawa kakano?
3 Naye Katonda wa'fe ali mu 'gulu: akoze byeyayagala byona.
4 Ebifananyi byābwe ye feza, ye zābu, omulimu ogwemikono gyabantu.
5 Birina obumwa, naye tebyogera; birina amaso, naye tebiraba;
6 Birina amatu, naye tebiwulira; birina enyindo, naye tebiwunyiriza;
7 Birina engalo, naye tebizikwasa (kintu); birina ebigere, naye tebitambula; 'sō tebyogeza bulago bwabyo.
8 Ababikola balibifanana; wewawo, bulí abyesiga.

Digitized by Google

9 'Gwe Isiraeri, wesigōnga Mukama; ye mubēzi
wābwe, ye ngabo yābwe.
10 'Gwe enyumba ya Aloni, mwesigōnga Mukama:
ye mubēzi wābwe, ye ngabo yābwe.
11 'Mwe abatya Mukama, mwesigōnga Mukama: ye
mubēzi wābwe, ye ngabo yābwe.
12 Mukama atu'juki'de; alituwa omukisa; aliwa
omukisa enyumba ya Isiraeri; aliwa omukisa enyu-
mba ya Aloni.
13 Aliwa omukisa abo abatya Mukama, abato era
nabakulu.
14 Mukama ayongerōnga bulijo okubāza 'mwe na-
bāna ba'mwe.
15 'Mwe muwore'dwa Mukama omukisa, eyakola
e'gulu nensi.
16 E'gulu lye 'gulu lya Mukama; nayo ensi yagiwa
abāna babantu.
17 Abafu tebatenderoza Mukama, newakuba'do abo
bona aba'ka mu kusirika;
18 Naye 'fe tunebazānga Mukama okuva lero oku-
tūsa emirembe gyona. Mumutendereze Mukama.

## OLUNAKU 24. ENKYA.

### 116

MWAGALA Mukama, kubanga awuli'de e'dobozi
lyānge nokwegairira kwānge.
2 Kubanga antege'de okutu, kyenāvānga 'mukōwola
nga nkyali mulamu.
3 Emigwa egyokufa gyansiba. Nokulūmwa kwema-
gōmbe kwankwata:
4 Nindaba enaku nokutegana, nindyoka nkōwola
erinya lya Mukama; nti Ai Mukama, nkwegairi'de,
omponye ememe yānge.
5 Mukama wa kisa, era mutūkirivu; wewawo, Ka-
tonda wa'fe alina okusāsira.
6 Mukama akūma abo abatalina nkwe; najōzebwa,
nāndokola.

Digitized by Google

7 Komawo mu kiwu'mulokyo, 'gwe ememe yānge; kubanga Mukama akukole'de ebyekisa ekingi.
8 Kubanga omponye'za ememe yānge okufa, amaso gānge obutakāba maziga, nebigere byānge obutagwa.
9 Nātambulirānga mu maso ga Mukama munsi yabalamu.
10 Nzi'kiriza, kubanga ndyogera : nabonyabonyezebwa nyo : ninjogera nga nyānguwa nti Abantu bona bulimba.
11 Kiki kyendisasula Mukama olwebirūngibye byona eri 'nze?
12 Nditōla akakōmpe akobulokozi, era ndikābira erinya lya Mukama.
13 Ndisasula obweyamo bwānge eri Mukama, wewawo, mu maso gabantube bona. Okufa kwabatukuvube kwa muwendo mungi mu maso ga Mukama.
14 Ai Mukama, mazima 'nze ndi mu'duwo : 'nze ndi mu'duwo, era omwāna womuzānawo; osumulu'de ebyansiba.
15 Ndikuwa sadaka eyokwebaza, era ndikābira erinya lya Mukama.
16 Ndisasula obweyamo bwānge eri Mukama, wewawo, mu maso gabantube bona; mumpya zenyumba ya Mukama, wakati mu'gwe, 'gwe Yerusalemi. Mumutendereze Mukama.

## 117.

MUMUTENDEREZE Mukama, 'mwe amawānga gona; mumugulumize, 'mwe abantu bona.
2 Kubanga okusāsirakwe kungi eri 'fe : namazima ga Mukama (gabērera) emirembe gyona. Mumutendereze Mukama.

## 118.

MUMWEBAZE Mukama; kubanga mulūngi : kubanga okusāsirakwe (kubērera) emirembe gyona.
2 Isiraeri ayogere kakano nti okusāsirakwe (kubērera) emirembe gyona.

Digitized by Google

3 Enyumba ya Aloni eyogere kakano nti okusā-
sirakwe (kubērera) emirembe gyona.
4 Abo abamutya Mukama bogere kakano nti okusā-
sirakwe (kubērera) emirembe gyona.
5 Bwenali mu naku ninkābira Mukama : Mukama
nānjitaba, (nānteka) mu kifo ekigazi.
6 Mukama ali ku lui lwānge; siritya : abantu
baīnza kunkola ki?
7 Mukama ali ku lui lwānge mwabo abambēra : kye-
ndiva ndaba (byenjagala nga bitūse) kwabo abankyāye.
8 Kirūngi okwesigānga Mukama okusinga okusūbira
abantu.
9 Kirūngi okwesigānga Mukama okusinga okusūbira
abalāngira.
10 Amawānga gona ganetōlo'de : mu linya lya Mu-
kama ndigazikiriza.
11 Ganetōlo'de; wewawo, ganetōlo'de : mu linya lya
Mukama ndigazikiriza.
12 Banetōlo'de ngenjuki; baziki'de ngomuliro ogwo-
muma'gwa : mu linya lya Mukama ndibazikiriza.
13 Wansoya nyo okungwisa : naye Mukama nāmbēra.
14 Mukama ge mānyi gānge, lwe luīmba lwānge;
era yafūse obulokozi bwānge.
15 E'dobozi eryesanyu era eryobulokozi liri mu
wema ezabatūkirivu; omukono ogwadyo ogwa Mukama
gukola ebyobuzira.
16 Omukono ogwadyo ogwa Mukama gugulumizi-
bwa : omukono ogwadyo ogwa Mukama gukola ebyo-
buzira.
17 Sirifa, naye nābērānga mulamu, era nābūlirānga
emirimu gya Mukama.
18 Mukama ambonereze'za nyo : naye tangabulānga
eri okufa.
19 Munzi'gulirewo enzi'gi ezobutūkirivu; nāziingi-
ramu, ninebaza Mukama.
20 Olwo lwe lu'gi lwa Mukama; abatūkirivu be
baliingiramu.
21 Nākwebazānga, kubanga onzi'zemu, era ofūse obu-
lokozi bwāngo.

Digitized by Google

22 E'jinja abazīmbi lyebāgāna lifūse ekulu eryokunsōnda.

23 Ekyo Mukama ye yakikola; kya kitalo mu maso ga'fe.

24 Luno lwe lunaku Mukama lweyakola; tunāsanyuka, tunājaguliza okwo.

25 Olokole kakano, tukwegairi'de, ai Mukama : ai Mukama, tukwegairi'de, owereze omukisa kakano.

26 Alina omukisa oyo a'ja mu linya lya Mukama : tubasabi'de omukisa nga tuima mu nyumba ya Mukama.

27 Mukama ye Katonda, era atuwa'de omusana : musibe sadaka nemigwa, musibe ku mayembe gekyōto.

28 'Gwoli Katonda wānge, nānge nākwebazānga : 'gwoli Katonda wānge, nākugulumizānga.

29 Kale mumwebaze Mukama; kubanga mulūngi : kubanga okusāsirakwe (kubērera) emirembe gyona.

## Akawungezi.

### 119.

BALINA omukisa abo abatūkirira mu 'kubo, abatambulira mu matēka ga Mukama.

2 Balina omukisa abo abekūma byeyategēza, abamunonya nomutima gwona.

3 Wewawo, abo tebakola ebitali bya butūkirivu; batambulira mu makuboge.

4 Watukūtira ebiragirobyo, tubikwatēnga nyo.

5 Singa amakubo gānge ganywe'de okukwata amatēkago!

6 Bwentyo bwesikwatibwenga nsonyi, bwenalowōzānga byewalagira byona.

7 Nākwebazānga nomutima ogutalina bukusa, bwendiba nga njize emisāngogyo egyesōnga.

8 Nākwatānga amatēkago : nkwegairi'de, tondekera dala.

OMUVUBUKA anālongōsānga atya e'kubolye? Nga yegendereza ngekigambokyo bwekiri.

Digitized by Google

10 Nomutima gwānge gwona nkunonye'za : nkwegairi'de, 'neme okukyāma okuleka byewalagira.
11 Nterese ekigambokyo mu mutima gwānge, 'neme okwōnōna mu masogo.
12 Webazibwa, ai Mukama : onjigirizēnga amatēkago.
13 Nemimwa gyānge mbūli'de emisāngo gyona egyakamwāko.
14 Nsanyuki'de e'kubo lyebyo byewategēza, nga (asanyukira) obuga'ga bwona.
15 Nāfumitirizānga ebiragirobyo, era nālowōzanga amakubogo.
16 Nāsanyukirānga amatēkago : serabirenga kigambokyo.

ONKOLERE omu'duwo ebyekisa ekingi, mbērēnga omulamu; bwentyo bwenākwatānga ekigambokyo.
18 Onzibule amaso gānge, ndabe ebyekitalo ebiva mu matēkago.
19 'Nze ndi mutambuze munsi : tonkisa byewalagira.
20 Ememe yānge ekutuse olwōkuyayana kweyayānira emisāngogyo ebiro byona.
21 Onenye'za abamalala abakolimirwa, abakyāma okuleka byewalagira.
22 Onziyeko okuvumibwa nokunyōmebwa; kubanga nekūmye byewategēza.
23 Era nabalāngira batūla nebanjogerako obubi : (naye) omu'duwo nafumitiriza amatēkago.
24 Era byewategēza byensanyukira, (era ebyo) be bantu bentēsa nabo.

EMEME yānge yega'se nenfūfu : onzūkize ngekigambokyo bwekiri.
26 Nayātula amakubo gānge, nāwe nonziramu : onjigirize amatēkago.
27 Ontegēze ntegēre e'kubo eryebiragirobyo : nendyoka nfumitiriza emirimugyo egyekitalo.
28 Ememe yānge esānūse olwokunyikāla : ompe amānyi ngekigambokyo bwekiri.

Digitized by Google

29 Onziyeko e'kubo eryobulimba: era ompe amatē-
kago nekisa.
30 Neroboze'za e'kubo eryobwesigwa: emisāngo ngi-
ta'de (mu maso gānge).
31 Nega'ta nebyo byewategēza: ai Mukama, tonkwa-
sa nsonyi.
32 Na'dukirānga mu 'kubo lyebyo byewalagira, bwo-
ligazīya omutima gwānge.

## OLUNAKU 25. ENKYA.

ONJIGIRIZE, ai Mukama, e'kubo eryamatēkago
nānge nālyekūmānga okutūsa enkomerero.
34 Ompe amagezi, nānge nekūmānga amatēkago;
wewawo, nāgakwatānga nomutima gwānge gwona.
35 Ompise mu 'kubo lyebo byewalagira; kubanga
mweryo mwensanyukira.
36 Okyūse omutima gwānge eri ebyo byewategēza,
'kō si eri kwegōmba.
37 Owunjule amaso gānge galemēnga okulaba ebita-
limu, era onzūkize mu makubogo.
38 Onywēze ekigambokyo eri omu'duwo, kye kyo-
kukutyānga 'gwe.
39 Ompunjulire ekivume kyentya; kubanga emisā-
ngogyo mirūngi.
40 Laba, negōmbānga ebiragirobyo: onzūkirize mu
butūkirivubwo.

ERA nokusāsirakwo kutūke gyendi, ai Mukama, bwe
bulokozibwo, ngekigambokyo bwekiri.
42 Bwentyo bwendiba nekyoku'damu eri oyo anvu-
ma; kubanga nesiga ekigambokyo.
43 'Sō to'gyiramu dala kigambo kya mazima mu
kamwa kānge; kubanga nāsūbirānga emisāngogyo.
44 Bwentyo bwenākwatānga amatēkago enaku zona
emirembe nemirembe.
45 Era nātambulānga nga neyabya; kubanga 'nonye-
'za ebiragirobyo.
46 Era nāyogerānga kwebyo byewategēza mu maso
ga bakabaka, nesikwatibwa nsonyi.

Digitized by Google

47 Era nāsanyukirānga ebyo byewalagira, byenāya-
galānga.
48 Era nāimusānga engalo zānge ori ebyo byewala-
gira, byenāyagalānga : era nāfumitirizānga amatōkago.

O'JUKIRE ekigambo eri omu'duwo, kubanga wansā-
biza.
50 Eryo lye sanyu lyānge bwembonyabonyezebwa :
kubanga ekigambokyo kinzūki'zi'za.
51 Abamalala bansekoro'de nyo : (naye) nesokōlō-
byānga okuva mu matōkago.
52 Nji'juki'de emisāngogyo egye'da, ai Mukama, ni-
nesanyusa.
53 Obusūngu obubūbūka bunku'to, olwababi abaleka
amatōkago.
54 Amatōkago genyimbirako mu nyumba eyokuta-
mbula kwānge.
55 Na'jukirānga erinyalyo ekiro, era nākwatānga
amatōkago.
56 Ekigambo kino kyānge, okukūmānga ebiragiro-
byo.

MUKAMA gwe mugabo gwānge : nayogera nga nā-
kwatānga ebigambobyo.
58 Nasaba ekisakyo nomutima gwānge gwona ;
onsāsire ngekigambokyo bwekiri.
59 Nalowōza amakubo gānge, nikyūsa ebigere byā-
nge eri ebyo byewategēza.
60 Nayānguwa nesirwāwo, okukwata ebyo byewa-
lagira.
61 Emigwa egyababi gimbi'se ; (naye) serabi'de
matōkāgo.
62 Mu'tūmbi nāgolokokānga okukwebaza olwemisā-
ngogyo egyensōnga.
63 'Nze ndi mu'ne wabo bona abakutya, nabo aba-
kwata ebiragirobyo.
64 Ai Mukama, ensi e'ju'de okusāsirakwo : onjigirize
amatōkago.

OKOLE'DE ebirūngi omu'duwo, ai Mukama, ngekigambokyo bwekiri.

66 Onjigirizēnga okusala emisāngo egyensōnga nokutegēra; kubanga na'kirizānga ebyo byewalagira.

67 Nga sinabonyabonyezebwa, nakyāma; naye kakano nkwata ekigambokyo.

68 Oli mulūngi, era okola ebirūngi; onjigirizēnga amatēkago.

69 Abamalala banjiyiri'zako ekyobulimba: nomutima gwānge gwona nekūmā'nga ebiragirobyo.

70 Omutima gwābwe guge'ze ngamasavu; naye 'nze nsanyukira amatēkago.

71 Kwangasa okubonyabonyezebwa; ndyoke njige amatēkago.

72 Amatēka gakamwāko gampōmera 'nze okusinga (ebitūndu) ebyezābu nefeza enkumi nenkumi.

AKAWUNGEZI.

ENGALOZO ze zankola, ze za'mūmba: ompe amagezi, njigēnga ebyo byewalagira.

74 Abakutya banāndabānga nebasanyuka; kubanga nāsūbirānga ekigambokyo.

75 'Manyi, ai Mukama, ngemisāngogyo gya nsōnga, era nga wambonyabona olwobwesigywa.

76 Nkwegairi'de, ekisakyo ekirūngi kinsanyuse, ngekigambokyo bwekiri eri omu'duwo.

77 Okusāsirakwo okulūngi ku'je gyendi, mbērēnga omulamu: kubanga amatēkago ge gansanyusa.

78 Abamalala bakwatibwe ensonyi; kubanga ba'me'ga awatali nsōnga: (naye) nāfumitirizānga ebiragirobyo.

79 Abakutya bankyūkire, era balitegēra byewategēza.

80 Omutima gwānge gutūkirire mu matēkago; 'nemēnga okukwatibwa ensonyi.

EMEME yānge eziri'se olwobulokozibwo: (naye) nsūbira ekigambokyo.

Digitized by Google

82 Amaso gānge gakulukuse olwekigambokyo, nga njogera nti Olinsanyusa di?
83 Kubanga nfūse nge'diba (eriwanikibwa) mu mu'ka; naye serabira matēkago.
84 Enaku ezomu'duwo ziri meka? Olitūkiriza di omusāngo kwabo abanji'ganya?
85 Abamalala bansimi'de obunya, abatagoberera matēkago.
86 Byewalagira byona bya bwesigwa: banji'ganya awatali nsōnga: 'gwombēre.
87 Bābulako katono banzikirize kunsi; naye nesireka biragirobyo.
88 Onzūkize ngekisakyo ekirūngi bwekiri; bwentyo bwenākwatānga akamwāko byekategēza.

EMIREMBE gyona, ai Mukama, ekigambokyo kinywēre'de mu 'gulu.
90 Obwesigwabwo (bubērera) emirembe gyona: wanywēza ensi, nebērerawo.
91 Bikyaliwo lero nga bwewalagira; kubanga ebintu byona ba'dubo.
92 Singa amatēkago sige gānsanyusa, nandizikiri'de bwenabonyabonyezebwa.
93 Serabirenga biragirobyo enaku zona; kubanga wanzūkiza nebyo.
94 'Nze ndi wuwo, ondokole; kubanga nānonyānga ebiragirobyo.
95 Ababi ba'nindiri'de okunzikiriza; (naye) 'nze nālowōzānga byewategēza.
96 Ndabye ebintu byona ebyatūkirira gyebikoma; (naye) ekiragirokyo kigazi nyo.

AMATĒKAGO nga ngagala! Ago genfumitiriza okuzibya obu'de.
98 Byewalagira bingeziwaza okusinga abalabe bānge; kubanga bali wamu nānge enaku zona.
99 Nina okutegēra okusinga abaigiriza bānge bona; kubanga byewategēza byendowōza.

Digitized by Google

100 Ntegēra okukira abaka'de, kubanga nekūmānga ebiragirobyo.
101 Nāziizānga ebigere byānge (obutatambula) mu 'kubo ebi lyona, ndyoke nkwatēnga ekigambokyo.
102 Sekō!ōbyānga kuleka misāngogyo ; kubanga 'gwe wanjigirizānga.
103 Ebigambobyo nga bimpōmera mu kibuno kyānge! Bisinga omubisi gwenjuki mu kamwa kānge!
104 Ebiragirobyo bye binfunya okutegēra : kyenvu'de nkyāwa buli 'kubo eryobulimba.

## OLUNAKU 26. ENKYA.

EKIGAMBOKYO ye tabāza eri ebigere byānge, nomusana eri e'kubo lyānge.
106 Nalāira, eri nkikakasi'za kino, nga nākwatānga emisāngogyo egyensōnga.
107 Mbonyabonyezebwa nyo; onzūkize, ai Mukama, ngekigambokyo bwekiri.
108 O'kirize, nkwegair'de, ebyo akamwa kānge byekākuwa, ai Mukama, nga tekāwalirizibwa, era onjigirizēnga emisāngogyo.
109 Ememe yānge eri mu mukono gwānge enaku zona; naye serabira matēkago
110 Ababi bantēge'de omutēgo; naye sikyāmānga kuleka biragirobyo.
111 Byewategēza mbitu'te okuba obusika obutali'gwāwo ; kubanga ebyo bye binsanyusa omutima gwānge.
112 Mpese omutima gwānge okutūkiriza amatēkago, emirembe gyona, okutūsa enkomerero.

NKYĀYE abo abalina emyoyo egyobulimba; naye amatēkago genjagala.
114 'Gwoli kifo kyānge kyenekwekeramu, nengabo yānge : nsūbira ekigambokyo.
115 Mugende mumbēre wala, 'mwe abakozi bobubi; ndyoke nekūmēnga Katonda wānge byeyalagira.
116 Ompanirire ngekigambokyo bwekiri, mbērēnga

Digitized by Google

omulamu; 'nemo okukwatibwānga ensonyi olwo'sūbi lyāngo.

117 'Gwompaniriro, nāngo nāborāngawo mirembe, era negonderezānga amatōkago enaku zona.

118 Onyōmye abo bona abakyāma okuleka amatōkago; kubanga obukūsakūsa bwābwe bulimba.

119 Omalawo ababi bona abensi ngamasengere: kyenvu'de njagala ebyo byewategōza.

120 Omubiri gwānge gukankana olwokukutya; era ntya emisāngogyo.

NKOZE ebyomusāngo nebyobutūkirivu: tondekera abo abanjōga.

122 Welmiriro omu'duwo olwobulūngi: abamalala baleme okunjōgānga.

123 Amaso gānge ganzibye olwobulokozibwo, nolwekigambokyo ekitūkirivu.

124 Okole omu'duwo ngokusāsirakwo bwekuli, era onjigirizēnga amatōkago.

125 'Nze ndi mu'duwo, ompe okutegōra; ndyoke 'manye ebyo byewategōza.

126 Obu'de butūse Mukama okukola emirimu; (kubanga) badibi'za amatōkago.

127 Kyenvu'de njagala ebyo byewalagira okusinga ezābu, wewawo, okusinga ezāba enūngi.

128 Kyenvu'de ndowōza ebiragirobyo byona ebyebigambo byona nga bya nsōnga; era nkyāye buli 'kubo eryobulimba.

BYEWATEGĒZA bya kitalo: ememe yāngo kyeva ebyekūma.

130 Ebigambobyo nga bi'guli'dwawo bireta omusana: biwa okutegōra abatalina magezi.

131 Nayasama nyo akamwa kānge nimpēvuma; kubanga nayayānira ebyo byewalagira.

132 Onkyūkire, onsāsire, nga bwoisa okusāsira abo abagala erinyalyo.

133 Olung'amizēnga ebigere byānge mu kigambo-

Digitized by Google

kyo; 'sō obutali butūkirivu bwona buleme okunfugānga.

134 O'nuunule 'neme okujōgebwānga abantu : bwentyo bwenākwatānga ebiragirobyo.

135 Oyākize amasogo omu'duwo; era onjigirizēnga amatēkago.

136 Amaso gānge gakulukuta emi'ga gyama'zi, kubanga tebakwata matēkago.

OLI mutūkirivu, ai Mukama, nemisāngogyo gya nsōnga.

138 Walagira byewategēza mu butūkirivu ne mu bwesigwa dala dala.

139 Obu'gya bwānge bunzikirizi'za, kubanga abalabe bānge berabi'de ebigambobyo.

140 Ekigambokyo kirongōfu nyo; omu'duwo kyava akyagala.

141 'Nze ndi muto, 'nyōmebwa : (naye) serabira biragirobyo.

142 Obutūkirivubwo bwe butūkirivu obwemirembe gyona, namatēkago ge mazima.

143 Enaku nokulūmwa bindabye : (naye) byewalagira bye binsanyusa.

144 Byewategēza bya butūkirivu emirembe gyona : ompe okutegēra, nānge nābērānga mulamu.

AKAWUNGEZI.

NKŌWO'DE nomutima gwānge gwona; ompitabe, ai Mukama : nākūmānga amatēkago.

146 Nkukōwo'de; ondokole, nānge nākwatānga ebyo byewategēza.

147 Nakēra emambya nga tenasala, ninkōwola : nasūbira ebigambobyo.

148 Amaso gānge gāsoka ebisisimuka byekiro, nfumitirize ekigambokyo.

149 Owulire e'dobozi lyānge ngekisakyo bwekiri : onzūkize, ai Mukama, ngemisāngogyo bwegiri :

150 Basembera abagoberera obubi; bali wala amatēkago.

Digitized by Google

151 'Gwoli kumpi, ai Mukama; ne byona byewalagira ge mazima.
152 E'da ne'da nāmanyānga olwebyo byewategēza, nga wabinywēza emirembe gyona.

OLOWŌZĒNGA okubonabona kwānge, omponye; kubanga serabira matēkago.
154 Ompolereze ensōnga yānge, o'nunule: onzūkize ngekigambokyo bwekiri.
155 Obulokozi buba wala ababi; kubanga tebanonya matēkago.
156 Okusāsirakwo okulūngi kūngi, ai Mukama: onzūkize ngemisāngogyo bwegiri.
157 Abanji'ganya nabankyāwa bangi: (naye) sekōlōbyānga kuleka byewategēza.
158 Nalaba abo abakola ebyenkwe, ninakuwala; kubanga tebakwata kigambokyo.
159 Olowōze bwenjagala ebiragirobyo: onzūkize, ai Mukama, ngekisakyo bwekiri.
160 Ekigambokyo kyona kyona mazima; nemisāngogyo egyensōnga gyona gyona (gibērera) emirembe gyona.

ABALĀNGIRA banji'ganyi'za awatali nsōnga; naye omutima gwānge gutya nyo ebigambobyo.
162 Nsanyukira ekigambokyo, ngalaba omunyago omungi.
163 Nkyāye obulimba, mbutamwa; (naye) amatēkago genjagala.
164 Emirūndi musānvu buli lunaku nkutendereza, olwemisāngogyo egyensōnga,
165 Abagala amatēkago balina emirembe mingi; 'sō tebaliko ekibesitaza.
166 Nsūbi'de obulokozibwo, ai Mukama, era nkoze byewalagira.
167 Ememe yānge yakwatānga byewategēza; era mbyagala kitalo.
168 Nākwatānga ebiragirobyo nebyo byewategēza; kubanga amakubo gānge gona gali mu masogo.

Digitized by Google

OKUKĀBA kwānge kusemberēnga mu masogo, ai Mukama : ompe okutegērānga ngekigambokyo bwekiri.

170 Okwegairirira kwānge ku'jēnga mu masogo : omponye ngekigambokyo bwekiri.

171 Emimwa gyānge gyogere etendo; kubanga onjigiriza amatēkago.

172 Olulimi lwānge luīmbe ku kigambokyo; kubanga byewalagira byona bwe butūkirivu.

173 Omukonogwo gube nga gwetesetese okumbēra : kubanga neroboze'za ebiragirobyo.

174 Njayāoi'de obulokozibwo, ai Mukama; era amatēkago ge gansanyusa.

175 Ememe yānge ebērēnga enamu, era enekutenderezānga; nemisāngogyo gimbērēnga.

176 Nakyāma ngendiga ebuze; nonya omuduwo; kubanga serabira byewalagira.

## Olunaku 27. Enkya.

### 120.

MU kunakuwala kwānge nakōwola Mukama, nāmpitaba.

2 Omponye ememe yānge, ai Mukama, eri emimwa egyobulimba, neri olulimi olwobukūsakūsa.

3 Oliwebwa ki, olyongerwako ki nate, 'gwe olulimi olwobukūsakūsa? Obusāle obwobwōgi obwabazira, era namānda agentasēsa.

4 Zinsānze, kubanga ntambulira mu Meseki kubanga ntūla mu wema za Kedali!

5 Ememe yānge yakamaze enaku nyingi okutūla awamu noyo akyāwa emirembe.

6 'Nze njagala emirembe : naye bwenjogera, bagala okulwāna.

### 121.

NĀIMUSA amaso gānge eri ensozi : okubērwa kwānge kuliva wa?

Digitized by Google

2 Okubĕrwa kwāngo (kuva) eri Mukama, eyakola
e'gulu nensi.
3 Taliganya kigorekyo okusagasagana : akukūma
tabŏngotenga.
4 Laba, akūma Isiraeri tabŏngotenga 'sŏ teyebakenga.
5 Mukama ye mukūmiwo : Mukama kye kisīkirizo-
kyo ku mukonogwo ogwadyo.
6 Enjuba terikwŏkya emisana, newakuba'do omwezi
ekiro.
7 Mukama anākukūmānga eri obubi bwona ; oyo
yanākūmānga ememeyo.
8 Mukama anākukūmānga amagendago nama'da,
okuva loro nokutūka emirembe gyona.

## 122.

NASANYUKA bwebāng'amba nti Tugende mu
nyumba ya Mukama.
2 Ebigere bya'fe biīmiri'de munda mu miryāngogyo,
'gwe Yerusalemi ;
3 'Gwe Yerusalemi, eyazīmbibwa okuba ekibuga
ekiga't'idwa awamu :
4 Ebika gyebirinya, bye bika bya Mukama, okuba
obujulirwa eri Isiraeri, okwebazānga erinya lya Mu-
kama.
5 Kubanga bāteka omwo entebe ezokusalirako omu-
sāngo, entebe ezenyumba ya Daudi.
6 Musabirŏnga Yerusalemi emirembe : baliraba omu-
kisa abakwagala.
7 Emirembe gibŏre mu bisongobyo, nomukisa mu
mayugo.
8 Kulwa baganda bāngo no ba'nāngo nāyogora ka-
kano nti Emirembe gibere mu'gwe.
9 Olwenyūmba ya Mukama Katonda wa'fe nāgozā-
ngako okukukola obulūngi.

## 123.

ERI 'gwe nyīmusa amaso gāngo, ai gwatūla mu gulu.
2 Laba, amaso gaba'du nga (bwegatunulira)
omukono gwa mukama wābwo, amaso gomuzāna nga



Digitized by Google

(bwegatunulira) omukono gwa mugolewe, namaso ga'fe bwegatyo (bwegatunulira) Mukama Katonda wa'fe, okutūsa lwalitusāsira.

3 Otusāsire, ai Mukama, otusāsire : kubanga tu'ju'de nyo okunyōmebwa.

4 Ememe ya'fe e'ju'de nyo okudūlirwa abo abalina emirembe, nokunyōmebwa abo abalina amalala.

## 124.

SINGA Mukama siye yali ku lui lwa'fe, Isiraeri ayogere kakano; singa Mukama siye yali ku lui lwa'fe, abantu bwebātūgolokokerako :

2 Banditumize, nga tukyali balamu, obusūngu bwābwe lwebwatubūbūkirako :

3 Ama'zi ganditutwāli'de dala, mukoka yandiyise ku meme ya'fe :

4 Ama'zi agamalala gandiyise ku meme ya'fe.

5 Mukama yebazibwe, atatugabu'de okuba e'mere eri amanyo gābwe.

6 Ememe ya'fe ewonye ngenyonyi mu mutēgo ogwabatezi : omutēgo gukutuse, na'fe tuwonye.

7 Okubērwa kwa'fe kuli mu linya lya Mukama, eyakola e'gulu nensi.

## 125.

ABESIGA Mukama bali ng'anga olusozi Sayuni, oluta'julukuka, naye lunywēra emirembe gyona.

2 Ensozi nga bwezetōlōla Yerusalemi, ne Mukama bwatyo bweyetōlōla abantube, okuva lero nokutūsa emirembe gyona.

3 Kubanga omu'go ogufuga ogwobubi tegulibērerawo ku mugabo ogwabatūkirivu; abatūkirivu balemēnga okugolola emikono gyābwe okukola ebitasāna.

4 Obakolēnga ebirūngi, ai Mukama, abalūngi, nabo abalina emitima egitali gya bukūsa.

5 Naye abo abekōlōbya mu makubo gābwe agakyāmye, Mukama alibafulumya wamu nabakola ebitali bya butūkirivu. Emirembe gibēre ku Isiraeri.

Digitized by Google

## AKAWUNGEZI.

### 126.

MUKAMA bweya'za nate obusibe bwa Sayuni, netufanana ngābo abalōta.

2 Akamwa ka'fe nekalyoka ka'jula enseko, nolulimi lwa'fe okuīmba :

3 Nebalyoka bogerera mu mawānga nti Mukama abakole'de ebikulu.

4 Mukama atukole'de ebikulu; (kyetuvu'de tusanyuka.

5 O'ze nate obusibe bwa'fe, ai Mukama, ngemi'ga mu bukika obwadyo.

6 Abasiga nga bakāba amaziga balikūngula nga basanyuka.

7 Newakuba'de nga yegendera ngakāba, ngatwāla ensigo; ali'da nate nesanyu, ngaleta ebinywabye.

### 127.

MUKAMA bwatazīmba nyumba, abagizīmba bakolera bwerēre :

2 Mukama bwatakūma kibuga, omukūmi atunulirira bwerēre.

3 Mukolera bwerēre bwemukera okugolokoka, era bwemulwāwo enyo okwebaka, era bwemulya e'mere eyokutegana : (kubanga) bwabawa bwatyo otulo abagalwabe.

4 Laba, abāna bwe busika bwa Mukama : nebibala ebyolubuto ye mpēraye.

5 Ngobusāle bwebuli mu mukono gwomuzira, abāna abomubuvubuka bwebali bwebatyo.

6 Alina omukisa omuntu omufukogwe bwegu'jula abo : tebakwatibwenga nsonyi, bwebanāyogererānga nabalabe bābwe mu mulyāngo.

### 128.

ALINA omukisa buli atya Mukama, atambulira mu makuboge.

Digitized by Google

2 Kubanga onolyānga emirimu egyemikonogyo: oliba wa mukisa, era oliraba ebirūngi.

3 Omukaziwo aliba ngomuzabibu ogubala munju ezomunda mu nyumbayo:

4 Abānabo ngamatabi gomuzeituni nga betōlōla emezayo.

5 Laba, bwatyo bwaliwebwa omukisa omuntu atya Mukama.

6 Mukama anākuwānga omukisa ngaima mu Sayuni: nāwe onolabānga ebirūngi nga bi'ja ku Yerusalemi enaku zona ezobulamubwo.

7 Wewawo, oliraba abāna babānabo. Emirembe gibēre ku Isiraeri.

## 129.

EMIRŪNDI mingi gyebakambonyabonye'za okuva mu buto bwānge, Isiraeri ayogere kakano;

2 Emirūndi mingi gyebakambonyabonye'za okuva mu buto bwānge: naye nebatampāngula.

3 Abakabala bākabala omugōngo gwānge; bātema ensalosalo empānvu.

4 Mukama mutūkirivu: asazesaze emigwa egyababi.

5 Bakwatibwe ensonyi, ba'zibwe enyuma, bona abakyāwa Sayuni.

6 Babe ngomu'do oguli wa'gulu ku nyumba, oguwotōka nga tegunakula:

7 Omukūnguzi nāta'juza ogwo omukonogwe, newakuba'de asiba ebinywa ekifubakye.

8 Newakuba'de abaita tebogera nti Omukisa gwa Mukama gube ku'mwe; tubawa'de omukisa mu linya lya Mukama.

## 130.

MU buziba nkukābi'de 'gwe, ai Mukama. Mukama, owulire e'dobozi lyānge:

2 Amatugo galowōze e'dobozi eryokwegairira kwānge.

3 Mukama, bwonobalānga ebitali bya butūkirivu, ai Mukama, alimirira aluwa?

Digitized by Google

4 Naye waliwo okusonyiwa woli, olyoke otibwēnga.
5 'Nindirira Mukama, ememe yānge erinda era ekigambokye kyensūbira.
6 Ememe yānge (eyayānira) Mukama, okusinga abakūmi (bwebayayānira) obu'de okukya; (wewawo, okusinga) abakūmi bwebayayānira obu'de okukya.
7 'Gwe Isiraeri, sūbirānga Mukama; kubanga awali Mukama we wali okusāsira, era awali ye we wali okununula okungi.
8 Era oyo alinunula Isiraeri mu butali butūkirivubwe bwona.

## 131.

MUKAMA, omutima gwānge si gwa malala, newakuba'de amaso gānge tegegulumiza;
2 'Sō sitambulira mu bigambo ebikulu, newakuba'de mu bigambo ebyekitalo ebi'nema.
3 Mazima ng'ōnze'za ememe yānge, ngisirisi'za; ngomwāna avu'de ku mabere awali nyina, nememe yānge eri wendi bwetyo ngomwāna avu'de ku mabēre.
4 'Gwe Isiraeri, sūbirānga Mukama okuva lero nokutūsa emirembe gyona.

## OLUNAKU 28. ENKYA.

## 132.

MUKAMA, o'jukirire Daudi okubonabonakwe kwona.
2 Bweyalāirira Mukama, neyeyama Omuzira wa Yakobo:
3 Mazima sirlingira mu wema eyenyumba yānge, 'sō siririnya ku kiriri kyānge;
4 Siriwa amaso gānge okwebaka, newakuba'de enkowekowe zānge otulo;
5 Okutūsa lwendimulabira Mukama ekifo, ewema Eyomuzira wa Yakobo.
6 Laba, twagiwulirako mu Efulasa: twagiraba mu nimiro eyekibira.

Digitized by Google

7 Tuliingira mu wemaze; tulisinziza awali entebe
yebigerebye.
8 Golokoka, ai Mukama, oingire mu kifokyo ekyo-
kuwu'muliramu; 'gwe, nesanduko eyamānyigo.
9 Bakabonabo bambale obutūkirivu; nabatukuvubo
bogerere wa'gulu olwesanyu.
10 Kulwomu'duwo Daudi togoba maso goyo gwewa-
fukako amafuta.
11 Mukama yalāirira Daudi mu mazima; talikyūka
kugaleka:
12 Ku bibala ebyomubirigwo nditeka ku ntebeyo.
13 Abānabo bwebana kirizānga okwekūma endagāno
yānge nobujulirwa bwānge bwenābaigirizānga, era na
bāna bābwe banātūlānga ku ntebeyo emirembe gyona.
14 Kubanga Mukama yeroboza Sayuni; yakiyayā-
nira okukitūlamu.
15 Kino kye kifo kyempu'muliramu enaku zona:
wano wenātūlānga; kubanga nayayānirawo.
16 Nākiwānga omukisa mungi ekyengera kyakyo:
na'kusānga abāvu bakyo e'mere.
17 Era ne bakabona bakyo ndibambaza obulokozi:
nabatukuvu bakyo balyogerera wa'gulu olwesanyu.
18 Eyo gyendyanyisiza e'jembe lya Daudi: namu-
tekerawo etabāza oyo gwenafukako amafuta.
19 Abalabebe ndibambaza ensonyi: naye ku (mutwe)
gwe enguleye eriraba omukisa.

## 133.

LABA bwekuli okulūngi, bwekusanyusa, aboluganda
okutūla awamu nga batabaganye!
2 Kuli ng'anga amafuta agomuwendo omungi agali
ku mutwe, agākulukutira mu kirevu, mu kirevu kya
Aloni; agāserengetera ku lukugiro lwebyambalobye;
3 Ngomusulo gwa Kerumoni, ogu'kira ku nsozi za
Sayuni:
4 Kubanga eyo Mukama gyeyalagirira omukisa,
bwe bulamu obwemirembe nemirembe.

Digitized by Google

## 134.

MULABE, mumwebaze Mukama, 'mwe 'mwena aba'du ba Mukama,
2 Abaīmirirānga ekiro mu nyumba ya Mukama.
3 Muimuse engalo za'mwe eri awatukuvu, mumwebaze Mukama.
4 Mukama akuwe omukisa ngaima mu Sayuni; oyo eyakola e'gulu nensi.

## 135.

MUMUTENDEREZE Mukama. Mutendereze erinya lya Mukama; mumutendereze, 'mwe aba'du ba Mukama:
2 'Mwe abaīmirira mu nyumba ya Mukama, mumpya zenyumba ya Katonda wa'fe.
3 Mumutendereze Mukama; kubanga Mukama mulūngi: muīmbe okutendereza erinyalye; kubanga lya sanyu.
4 Kubanga Mukama yeroboza Yakobo okuba owuwe, (ne) Isiraeri okuba owenvumaye ye'ka.
5 Kubanga 'manyi nga Mukama mukulu, era nga Mukama wa'fe asinga bakatonda bona.
6 Buli kyayaga'de Mukama akikoze, mu 'gulu ne munsi, mu nyanja ne mu byobuziba byona.
7 Anyōsa omu'ka okuva ku nkomerero zensi; aletera enjota enkuba; afulumya empewo mu mawanikage.
8 Eyakuba ababeryeberye Abemisiri, ababantu era nabensolo.
9 Yawereza obubonero nebyamagero wakati mu'gwe, 'gwe Misiri, ku Falao, ne ku ba'dube bona.
10 Eyakuba amawānga amangi, na'ta bakabaka abamānyi;
11 Sikoni kabaka Wabamoli, ne Ogi kabaka Webasani, namatwâle gona aga Kanani:
12 Nāgaba ensi yābwe okuba obusika, obusika eri Isiraeri abantube.
13 Erinyalyo, ai Mukama, (libērera) enaku zona; neki'jukizokyo, ai Mukama, okutūsa emirembe gyona.

Digitized by Google

14 Kubanga Mukama alisalira omusāngo abantube,
era alyejusa mu bigambo ebyaba'dube.
15 Ebifananyi ebyamawānga ye feza, ye zābu, omu-
limu ogwemikono gyabantu.
16 Birina obumwa, naye tebyogera; birina amaso,
naye tebiraba;
17 Birina amatu, naye tebiwulira; 'sō siwali mu'ka
mu bumwa bwabyo.
18 Ababikola balibifanana; wewawo, buli abyesiga.
19 'Mwe enyumba ya Isiraeri, mumwebaze Mu-
kama: 'mwe enyumba ya Aloni, mumwebaze Mukama:
20 'Mwe enyumba ya Levi, mumwebaze Mukama:
'mwe abatya Mukama, mumwebaze Mukama.
21 Mukama yebazibwe okuva mu Sayuni, atūla mu
Yerusalemi. Mumutendereze Mukama.

## Akawungezi.

## 136.

MUMWEBAZE Mukama; kubanga mulūngi: ku-
banga okusāsirakwe (kubērera) emirembe gyona.
2 Mumwebaze Katonda wa bakatonda: kubanga
okusāsirakwe (kubērera) emirembe gyona.
3 Mumwebaze Mukama wabāmi: kubanga okusā-
sirakwe (kubērera) emirembe gyona.
4 Oyo akola ebyamagero ebikulu ye'ka: kubanga
okusāsirakwe (kubērera) emirembe gyona.
5 Oyo eyakola e'gulu namagezi: kubanga okusā-
sirakwe (kubērera) emirembe gyona.
6 Oyo eyayālira ensi wa'gulu ku ma'zi: kubanga
okusāsirakwe (kubērera) emirembe gyona.
7 Oyo eyakola ebyāka ebikulu: kubanga okusāsira-
kwe (kubērera) emirembe gyona:
8 Enjuba okufuga emisana: kubanga okusāsirakwe
(kubērera) emirembe gyona:
9 Omwezi nemunyenye okufuga ekiro: kubanga
okusāsirakwe (kubērera) emirembe gyona.
10 Oyo eyakubira Emisiri ababeryeberye bābwe:
kubanga okusāsirakwe (kubērera) emirembe gyona:

Digitized by Google

11 Na'gyamu Isiraeri wakati mubo : kubanga okusāsirakwe (kubōrera) emirembe gyona :
12 Nongalo ezamānyi, nomukono omugolole : kubanga okusāsirakwe (kubōrera) emirembe gyona.
13 Oyo eyayāwulamu wakati Enyanja Emyufu : kubanga okusāsirakwe (kubōrera) emirembe gyona :
14 Nāisa Isiraeri wakati muyo : kubanga okusāsirakwe (kubōrera) emirembe gyona :
15 Nayo nāsūlira Falao ne'gyerye mu Nyanja Emyufu : kubanga okusāsirakwe (kubōrera) emirembe gyona.
16 Oyo eyalung'amiza abantube mu 'dūngu : kubanga okusāsirakwe (kubōrera) emirembe gyona.
17 Oyo eyakuba bakabaka abakulu : kubanga okusāsirakwe (kubōrera) emirembe gyona :
18 Na'ta bakabaka abātīkirivu : kubanga okusāsirakwe (kubōrera) emirembe gyona :
19 Sikoni kabaka Wabamoli : kubanga okusāsirakwe (kubōrera) emirembe gyona :
20 No Ogi kabaka Webasani : kubanga okusāsirakwe (kubōrera) emirembe gyona :
21 Nāgaba ensi yābwe okuba obusika : kubanga okusāsirakwe (kubōrera) emirembe gyona :
22 Okuba obusika eri Isiraeri omu'duwe : kubanga okusāsirakwe (kubōrera) emirembe gyona.
23 Eyatu'jukira bwetwajōra : kubanga okusāsirakwe (kubōrera) emirembe gyona :
24 Nātuwonya eri abalabe ba'fe : kubanga okusāsirakwe (kubōrera) emirembe gyona.
25 Awa ebyokulya ebirina emibiri byona : kubanga okusāsirakwe (kubōrera) emirembe gyona.
26 Mumwebaze Katonda owomu'gulu : kubanga okusāsirakwe (kubōrera) emirembe gyona.

## 137.

OKUMPI nemi'ga Egyebabuloni, twatūlawo wansi, wewawo, netukāba amaziga : bwetwa'jukira Sayuni.

Digitized by Google

2 Ku miti egyali wakati mukyo netuwanikako enānga za'fe.
3 Kubanga abātutwāla mu busibe bātulagirira eyo okuīmba, nabatunyaga (bātulagira) okuseka, nti Mutuīmbireko ku nyīmba za Sayuni.
4 Tunāīmbānga tutya oluīmba lwa Mukama munsi eteri ya'fe?
5 Bwenākwerabirānga, 'gwe Yerusalemi, omukono gwānge ogwadyo gwerabirēnga (amagezi gagwo).
6 Olulimi lwānge lwega'tēnga nekibuno kyānge, bwesiku'jukirenga; bwesagalenga Yerusalemi okusinga esanyu lyānge ekulu.
7 O'jukire, ai Mukama, ku bāna Bedomu olunaka Olweyerusalemi; abāyogera nti Kisūle, kisūle, era nemisingi gyakyo.
8 'Gwe omuwala Owebabuloni, agenda okuzikirizibwa; aliba nomukisa oyo alikuwalana 'gwe, nga bwewatukola 'fe.
9 Aliba nomukisa oyo alikwata abānabo abato, alibakasuka ku 'jinja.

## 138.

NEBAZĀNGA nomutima gwānge gwona: mu maso ga bakatonda nāīmbānga okukutendereza.
2 Nāsinzizānga eri yekaluyo entukuvu, era nebazānga erinyalyo olwekisakyo nolwamazimago: kubanga ogulumizi'za ekigambokyo okusinga erinyalyo lyona.
3 Ku lunaku lwenakābirirako wampitaba, nong'umya namānyi mu meme yānge.
4 Bakabaka bona abensi balikwebaza, ai Mukama, kubanga bawuli'de ebigambo ebyakamwāko.
5 Wewawo, baliīmba ku makubo ga Mukama; Kubanga ekitībwa kya Mukama kingi.
6 Kuba Mukama newakuba'de nga ye mukulu, naye nālowōza abetōwaza: naye abamalala abamanya ngaima wala.
7 Newakuba'de nga ntambulira wakati mu naku, olinzūkiza; oligolola omukonogwo ku busūngu bwābalabe bānge, nomukonogwo ogwadyo gulindokola.

Digitized by Google

8 Mukama alitūkiriza ebigambo ebinfako : okusāsi-
rakwo, ai Mukama, (kubērera) emirembe gyona ; toleka
mirimu gya mikonogyo 'gwe.

OLUNAKU 29. ENKYA.

## 139.

AI Mukama, wa'nonya 'nze, wa'manya. Omanyi
bwentūla, era bwengolokoka, otegēra okulowōza
kwānge (nga kukyali) wala.
2 O'nonyeza dala e'kubo lyānge nokwebaka kwānge,
era omanyi amagenda gānge gona.
3 Kubanga simuli kigambo mu lulimi lwānge, laba,
ai Mukama, 'gwe kyotomanyira dala.
4 Onzingizi'za mu maso nenyuma, era onta'deko
omukonogwo.
5 Okumanya okuli ng'anga okwo kwa kitalo, ku'ne-
ma ; kwa wa'gulu, siīnza kukutūkako.
6 Nāgenda wa okuva eri omwoyogwo? Oba na'du-
kira wa amasogo?
7 Bwenālinya mu 'gulu, nga gyoli : Bwenāyāla obu-
liri bwānge mu magōmbe, laba, nga gyoli.
8 Bwenātōla ebiwawātiro ebyenkya, nintūla mu bifo
ebyenyanja ebiri ewala enyo ;
9 Newakuba'de eyo omukonogwo guna'nung'amya,
nomukonogwo ogwadyo gunānkwata.
10 Bwendyogera nti Enzikiza tereme kumbi'kako,
nomusana ogu'netōlo'de gunāba ekiro ;
11 Newakuba'de enzikiza tekisa eri 'gwe, naye ekiro
kyāka ngomusana : enzikiza nomusana bifanana (woli).
12 Kubanga gwolina omwoyo gwānge : wambi'kako
mu lubuto lwa mānge.
13 Nākwebazānga : kubanga okukolebwa kwānge
kwa ntīsa, kwa kitalo : emirimugyo gya kitalo : nekyo
ememe yānge ekimanyi'de dala.
14 Tewakisibwa mubiri gwānge, bwenakolerwa mu
kyāma, bwenatōndebwa namagezi amangi mu byawansi
ebyensi.
15 Amasogo galaba omubiri gwānge nga tegunatū-

Digitized by Google

kirira, ne mu kitabokyo (ebilūndu byānge) byona nebiwandikibwa.

16 Ebyadūmbibwānga buli lunaku buli lunaku, bwebyali nga tebinabāwo nekimu.

17 Era nebirowōzobyo nga bya muwendo mungi gyendi, ai Katonda! Bwebiga'tibwa awamu, nga bingi!

18 Bwemba mbibaze, bisinga omusenyu omuwendo: Bwenzukuka, nga nkyali wamu nāwe.

19 Tolirema ku'ta babi, ai Katonda: kale muve gyendi, 'mwe abasaja abayayānira omusai.

20 Kubanga bakwogerako bubi, nabalabebo balāirira bwerēre erinyalyo.

21 Sibakyāwa abo, ai Mukama, abakukyāwa 'gwe? Sinyīgira abo abakugolokokerako?

22 Mbakyāwa okukyāwa okutūkiri'de: mbaita balabe bānge.

23 Onkebere, ai Katonda, omanye omutima gwānge: onkeme, omanye ebirowōzo byānge:

24 Olabe nge'kubo lyona eryobubi liri mu'nze, era o'nung'amyānga mu 'kubo eritakoma.

## 140.

OMPONYE, ai Mukama, eri omubi; onkūme eri omutemu:

2 Abayiya e'tima mu mutima gwābwe; bakung'anānga balijo okulwāna.

3 Basongo'de olulimi lwābwe ngomusota; obusagwa bwesalambwa buli wansi wemimwa gyābwe.

4 Onkūme, ai Mukama, eri emikono gyababi; omponye eri omutemu: abatēse'za okukyāmya ebigere byānge olwamānyi.

5 Abamalala bantēge'de omutēgo nemigwa; bayāli'de ekitimba ku 'kubo: bantēge'de ebyāmbika.

6 Nagamba Mukama nti 'Gwoli Katonda wānge: owulire e'dobozi eryokwegairira kwānge, ai Mukama.

7 Ai Katonda Mukama, amānyi agobulokozi bwānge. Wambi'ka ku mutwe gwānge ku lunaku olwolutalo.

Digitized by Google

8 To'kiriza, ai Mukama, omubi byayagala; tobēra lukwerwe olubi; (baleme) okwegulumizānga.

9 Omutwe gwābwe aba'netōlōla, e'tima eryemimwa gyābwe bo libabi'kēngako.

10 Amānda agōkya gabagweko : basūlibwe mu muliro; mu bunya obuwānvu, baleme okugolokokānga nate.

11 Ayogera obubi tanywērenga munsi : obubi bunā-i'ganyānga omutemu okumusūla.

12 'Manyi nga Mukama aliwoza omusāngo gwabo ababonyabonyezebwa, nensōnga eyabanaku.

13 Abatūkirivu tebalirema kwebaza linyalyo : abamazima balitūla woli.

## 141.

MUKAMA, nkukābi'de; oyānguwe oku'ja gyendi: owulire e'dobozi lyānge, bwenkukābira.

2 Okusaba kwānge kutekebwe mu masogo ngomugavu; okugololwa kwemikono gyānge (kube) nga sadaka eyakawungēzi.

3 O'tēngawo okulabirira, ai Mukama, ku kamwa kānge : okūmēnga omulyāngo gwemimwa gyānge.

4 Tokyūsānga mutima gwānge eri ekibi kyona, okugenderera ebikolwa ebyobubi awamu nabo abakola ebitali bya butūkirivu : 'sō 'nemēnga okulya ku 'mere yābwe empōmerevu.

5 Omutūkirivu ankubēnga nga kwa kisa; era ambūlirirēnga, ngamafuta ku mutwe;

6 Omutwe gwānge gulemēnga okugagāna : kuba newakuba'de mu bubi bwābwe okusaba kwānge kunābērerāngawo.

7 Abalamuzi bābwe basūlibwa ku ma'bali ge'jinja; nabo baliwulira ebigambo byānge; kubanga biwōmerevu.

8 Ngomuntu bwakabala ngatema 'etaka, namagūmba ga'fe (bwegatyo) gasāsāni'de ku kamwa kamagōmbe.

9 Kubanga amaso gānge gatunulira 'gwe, ai Katonda Mukama : nkwesiga 'gwe; toleka meme yānge nga teri ko anāmbēra,

Digitized by Google

10 Onkūme eri omutēgo gwebantēge'de, neri ebyāmbika byabo abakola ebitali bya butūkirivu.
11 Ababi bagwe mu bitimba byābwe bo, naye 'nze nga mpona.

## Akawungezi.

### 142.

MKĀBIRA Mukama ne'dobozi lyānge; ne'dobozi lyānge negairirira Mukama.
2 Nfuka mu masoge ebi'nemulugunyisi'za; ndaga mu masoge ebi'nakuwazi'za;
3 Omwoyo gwānge bwegwaziri'ka munda yānge, 'gwe wamanya e'kubo lyānge. Mu 'kubo lyentambuliramu bankweke'demu omutēgo.
4 Mutunule ku mukono gwānge ogwadyo, mulabe; kubanga tewali muntu a'manyi:
5 Eki'dukiro kimbuze; tewali muntu ayagala ememe yānge.
6 Nakukōwola 'gwe, ai Mukama; nayogera nti 'Gwoli ki'dukiro kyānge, omugabo gwānge munsi eyabalamu.
7 Owulire okukāba kwānge; kubanga njēzebwa nyo:
8 Omponye eri abo abanji'ganya; kubanga bansinga amānyi.
9 O'gyemu ememe yānge mu komera, nebazēnga erinyalyo: abatūkirivu balinetōlōla; kubanga olinkolera ebyekisa ekingi.

### 143.

OWULIRE okusaba kwānge, ai Mukama; otege okutu eri okwegairira kwānge. Mu bwesigwabwo ompitabe, ne mu butūkirivubwo.
2 'Sō tosalānga musāngo gwa mu'duwo; kubanga mu masogo tewali muntu mulamu alisinga.
3 Kubanga omulabe anji'ganyi'za ememe yānge; akubye obulamu bwānge nābusūla wansi: antūzi'za mu bifo ebyenzikiza ngabo abāfa e'da.

Digitized by Google

4 Omwoyo gwange kyegnvu'de guziri'ka munda yānge ; omutima gwānge munda yānge teguliko anāmbōra.
5 Nji'jukira enaku eze'da ; ndowōza ebikolwabyo byona : nfumitiriza omulimu ogwengalozo.
6 Nyānjuluza engalo zāngo eri 'gwe : ememe yānge ekulūmirwa (enyōnta), ngensi ekōyo.
7 Oyānguwe okumpitaba, ai Mukama ; omwoyo gwāngo gu'gwāwo : tonkisa masogo ; 'nemo okufūka ngabo aba'kira mu bunya.
8 Ompulizēnga enkya ekisakyo ekirūngi ; kubanga nesiga 'gwe : ontegōze e'kubo eringwānira okutambuliramu ; kubanga nyimusa ememe yānge eri 'gwe.
9 Omponye, ai Mukama, eri abalabe bānge : nziruka oku'ja woli okwekisa.
10 Onjigirize okukolānga byoyagala ; kubanga 'gwoli Katonda wānge : omwoyogwo mulūngi ; o'nung'amize munsi eyobutūkirivu.
11 Onzūkize, ai Mukama, olwerinyalyo : mu butūkirivubwo o'gyemu ememe yānge mu naku.
12 Era mu kisakyo ekirūngi ozikirizo abalabe bānge, omalewo bona ababonyabonya ememe yānge kubanga ndi mu'duwo.

## OLUNAKU 30. ENKYA.

## 144.

YEBAZIBWE Mukama e'jinja lyāngo, aigiriza omikono gyānge entalo, nengalo zāngo okulwāna.
2 Ekisa kyānge okirūngi era ekigo kyāngo, enyumba yānge empānvu, era omulokozi wānge ; engabo yāngo, era oyo gwenesiga, ajōmulula abantu bānge bentwāla.
3 Mukama, omuntu kiki, 'gwe okumumanya? Oba omwāna womuntu, 'gwe okumulowōzako ?
4 Omuntu ali ng'anga omu'ka : enakuze ziri ng'anga ekisikirize eki'gwāwo.
5 Okutamye e'gululyo, ai Mukama, o'ke : okwate ku nsozi, zinānyōka.
6 Okasuke enjota, obasāsānye ; olase obusālobwo, obatoganye.

7 Ogolole omukonogwo ngoima wa'gulu ; omponye, onziye mu ma'zi amangi, mu mukono gwaba'na'gwānga ;

8 Akamwa kābwe kogera ebitalimu, nomukono gwābwe ogwadyo gwe mukono ogwadyo ogwobulimba.

9 Nākuīmbirānga 'gwe oluīmba olugya, ai Katonda : nenānga erina engoye ekumi nāīmbāngā okukutendereza.

10 Ye wuyo awa bakabaka obulokozi : awonya Daudi omu'duwe eri ekitala ekirūma.

11 Omponye, onziye mu mukono gwaba'na'gwānga, akamwa kābwe kogera ebitalimu, nomukono gwābwe ogwadyo gwe mukono ogwadyo ogwobulimba.

12 Batabani ba'fe bwebaliba ngemiti egikuze nga bakyali buvubuka ; nabawala ba'fe ngamainja agomunsōnda agaba'jibwa nga bwebagaba'jira mu lubiri ;

13 Amawanika ga'fe bwegali'jula, nga galina ebintu ebyengeri zona ; nendiga za'fe bwezirizāla enkumi nobukumi ku 'tale lya'fe ;

14 Ente za'fe bweziriba nemigugu eminene ; nga tewali kuwa'gula, newakuba'de okufuluma, 'sōnga tewali kuyogāna mu ngūdo za'fe ;

15 Balina omukisa abantu ababēra bwebatyo : balina omukisa abantu abalina Katonda wābwe ye Mukama.

## 145.

NĀKUGULUMIZĀNGA Katonda wānge, ai Kabaka ; era nebazānga erinyalyo emirembe nemirembe.

2 Buli lunaku nākwebazānga ; era nātenderezānga erinyalyo emirembe nemirembe.

3 Mukama mukulu, era agwāna okutenderezebwa enyo nobukulubwe tebunonyezeka.

4 Emirembe gināsūtānga emirimugyo eri emirembe, era ginātenderānga ebikolwabyo ebyamānyi.

5 Ku bukulu obwekitībwa obwetendolyo, ne ku mirimugyo egyekitalo, kwenālowōzānga.

6 Era abantu banāyogerānga ku bikolwabyo ebyentīsa nga bya mānyi ; nānge nātenderānga obukulubwo.

Digitized by Google

7 Banāyātulānga obulūngibwo obungi bwebu'juki-
rwa, era banāīmbānga ku butūkirivubwo.
8 Mukama wa kisa, a'ju'de okusāsira; alwāwo oku-
sunguwala, era wa kusonyiwa kungi.
9 Mukama mulūngi era bona; nokusāsirakwe oku-
lūngi kubuna emirimugye gyona.
10 Emirimugyo gyona ginākwebazānga, ai Mukama;
nabatukuvubo banākweyanzānga.
11 Banāyogerānga ku kitībwa ekyobwakabakabwo,
banānyumyānga ku buīnzabwo:
12 Okumanyisānga abāna babantu ebikolwabye
ebyamānyi, nekitībwa ekyobukulu obwobwakabakabwe.
13 Obwakabakabwo bwe bwakabaka obutali'gwāwo,
nokufugakwo (kunābērerānga) emirembe gyona.
14 Mukama awanirira abagwa bona, era aīmiriza
abakutama bona.
15 Amaso gebintu byona gakulindirira; nāwe obiwa
e'mere yabyo mu ntūko zabyo.
16 Oyānjuluza engalozo, no'kusa buli kintu kiramu
byekyagala.
17 Mukama mutūkirivu mu makuboge gona, era wa
kisa mu mirimugye gyona.
18 Mukama aba kumpi abo bona abamukābira, bona
abamukābira namazima.
19 Anātūkirizānga abo kyebagala abamutya; era
anāwulirānga okukāba kwābwe, anābalokolānga.
20 Mukama akūma abo bona abamwagala; naye
ababi bona alibazikiriza.
21 Akamwa kānge kanāyogerānga etendo lya Mu-
kama; era ne byona ebirina emibiri byebazēnga eri-
nyalye etukuvu emirembe nemirembe.

## 146.

MUMUTENDEREZE Mukama. Tendereza Muka-
ma, 'gwe ememe yānge. Nga nkyali mulamu,
nātenderezānga Mukama: nāīmbānga okutendereza
Katonda wānge nga nkyaliwo.
2 Temwesigānga balāngira, newakuba'de omwāna
womuntu, omutali kubēra kwona.



Digitized by Google

3 Omu'kagwe gumuvamu, na'da mu 'takalye; ku lunaku olwo ebirowōzobye nebibula.
4 Alina omukisa oyo alina Katonda wa Yakobo okuba omubēziwe, asūbira Mukama Katondawe :
5 Eyakola e'gulu nensi, enyanja, nebibirīmu byona ; akwata amazima enaku zona :
6 Abatūkiririza omusāngo abajōgebwa ; awa e'mere abalūmwa enjala ;
7 Mukama asumulula abasibe; Mukama azibula (amaso) gabazibe ;
8 Mukama aīmiriza àbakutamu ; Mukama ayagala abatūkirivu ;
9 Mukama akūma ba'na'gwānga ; awanirira atalina kitāwe ne 'na'mwāndu ; naye e'kubo eryababi alivunikiri dala.
10 Mukama anāfugānga enaku zona, Katondawo, 'gwe Sayuni, okutūsa emirembe gyona. Mumutendereze Mukama.

AKAWUNGEZI.

## 147.

MUMUTENDEREZE Mukama ; kubanga kulūngi okuīmba okutenderezānga Katonda wa'fe ; kubanga kwa sanyu, era etendo liwōma.
2 Mukama azīmbira dala Yerusalemi ; akung'anya wamu abagobebwa abomu Isiraeri.
3 Awonya abalina emitima egimenyese, era asiba ebiwūndu byābwe.
4 Abala emunyenye omuwendo gwazo; azitūma zona amanya gazo.
5 Mukama wa'fe mukulu, era obuīnzabwe bwa mānyi ; okutegērakwe tekulowōzekeka.
6 Mukama awanirira abawōmbefu : asindika wansi ababi.
7 Mumuīmbire Mukama nokwebaza ; muīmbe nenānga okutendereza Katonda wa'fe ;
8 Abi'ka ku 'gulu nebire, atekeratekera ensi enkuba, amereza om'do ku nsozi.

Digitized by Google

9 Awa ensolo e'mere yazo, ne banamung'ona abato
abakāba.
10 Tasanyukira mānyi ga mbalāsi : teyesīmira ama-
gulu gomuntu.
11 Mukama yesīmira abo abamutya, abo abasūbira
okusāsirakwe.
12 Tendereza Mukama, 'gwe Yerusalemi; tendereza
Katondawo, 'gwe Sayuni.
13 Kubanga anywēze'za ebisiba byenzi'gizo; awa'de
omukisa abānabo mundayo.
14 Aleta emirembe mu nsalozo; aku'juza obugimu
obweng'āno.
15 Awereza ekiragirokye kunsi; ekigambokye ki'-
duka embiro nyingi.
16 Agabula omuzira ngebyōya byendiga; amānsira
omusulo oguku'te empewo nge'vu.
17 Awereza ama'zige agaku'te ngobukunkumuka:
ani aīnza okuīmirira awali empewoze?
18 Atuma ekigambokye, nābisānūsa : akūnsa empe-
woze, ama'zi negakulukuta.
19 Alaga Yakobo ekigambokye, amatēkage nemisā-
ngogye eri Isiraeri.
20 Takolānga bwatyo 'gwānga lyona : nemisāngogye
tebagimanyānga. Mumutendereze Mukama.

## 148.

MUMUTENDEREZE Mukama. Mumutenderezo
Mukama, ('mwe abaima) mu 'gulu : mumutende-
reze mu bifo ebya wa'gulu.
2 Mumutendereze, 'mwe bamalaikabe bona : mumu-
tendereze, 'mwe e'gyerye lyona.
3 Mumutendereze, 'mwe enjuba nomwezi : mumu-
tendereze, 'mwe emunyenye zona ezāka.
4 Mumutendereze, 'mwe e'gulu lye'gulu, na'mwe
ama'zi agali wa'gulu we'gulu.
5 Bitendereze erinya lya Mukama : kubanga yala-
gira, nebitōndebwa.
6 Era yabinywēza okutūsa emirembe nemirembe:
yatēka etēka eritalidiba.

Digitized by Google

7 Mumutendereze Mukama, ('mwe abali) munsi, 'mwe balukwata, nebifo byona ebyobuziba:
8 Omuliro nomuzira, serugi nomu'ka; omuyaga ogutūkiriza ekigambokye:
9 Ensozi nobusozi bwona; emiti egibala nemivule gyona
10 Ensolo nento zona; ebyewalula nenyonyi ezibūka:
11 Bakabaka bensi namawānga gona; abalāngira nabalamuzi bona abensi:
12 Abavubuka nabawala; abaka'de nabato: batendereze erinya lya Mukama; kubanga erinyalye ye'ka lye ligulumizibwa: ekitībwakye kiri kungulu kunsi ne ku 'gulu.
13 Era agulumizi'za e'jembo eryabantube, etendo eryabatukuvube bona; be bāna ba Isiraeri, abantu abamuli okumpi. Mumutendereze Mukama.

## 149.

MUMUTENDEREZE Mukama. Mumuīmbire Mukama oluīmba olugya, netendolye mu kung'aniro eryabatukuvu.
2 Isiraeri asanyukire oyo eyamukola: abāna ba Sa yuni bajagulize kabaka wābwe.
3 Batendereze erinyalye nga bazina: baīmbe okumutendereza nekitāsa nenānga.
4 Kubanga Mukama asanyukira abantube: aliwōmya abawōmbefu nobulokozi.
5 Abatukuvu bajagulize ekitībwa: baīmbirēnga olwesanyu ku bitanda byābwe.
6 Etendo egulumivu lya Katonda libēnga mu bulago bwābwe, nekitala ekyobwōgi obubiri mu ngalo zābwe;
7 Okuwalana e'gwānga ku mawānga, nokubonyabonya abantu;
8 Okusiba bakabaka bābwe nenjegere, nabakūngu bābwe nebisiba ebyebyūma;
9 Okubatūkirizako omusāngo ogwawandikibwa: abatukuvube bona balina ekitībwa ekyo. Mumutendereze Mukama.

Digitized by Google

## 150.

MUMUTENDEREZE Mukama. Mumutendereze Katonda mu watukuvuwe: mumutendereze mu 'bānga eryamānyige

2 Mumutendereze olwebikolwabye ebyamānyi: mumutendereze ngobukulubwe obulūngi bwebuli.

3 Mumutendereze ne'dobozi eryekondēre: mumutendereze namadinda nenānga.

4 Mumutendereze nekitāsa nokuzina; mumutendereze nebyo ebirina engoye nendēre.

5 Mumutendereze nebitāsa ebivuga enyo: mumutendereze nebitāsa ebye'dobozi etono.

6 Buli ekirina omu'ka kimutendereze Mukama. Mumutendereze Mukama.

Digitized by Google

# EBIGAMBO NENGERI

## EBYOKULONDA, NEBYOKUSAWO, NEBYOKWĀWULA

# ABALABIRIZI, NABAKADE, NABADIKONI

## NGEMPISA EZEKANISA EYEBUNGEREZA BWEZIRI.

---

### Ebisokerwako.

*BAINZA okutegera bona abasoma enyo Ebyawandikibwa Ebitukuvu, era nebitabo ebyabantu abeda nti okuva mu biro bya Batume waberangawo amadala Agabawereza mu Kanisa eya Masiya: ge gano, Abalabirizi, Nabakade, Nabadikoni. Ate enaku zona obwami bwabwe babulowooza okuba bwa kitibwa bwebutyo, okwang'anga omuntu yena natayang'anga kubulyako, wabula ngasose okuitibwa nokukemerezebwa nokukeberwa balyoke bategere nti asanide era asobola obwo: era ngasose okusimibwa nokubuingizibwamu, nga basaba mu kanisa, nga bamusako emikono: abamuingiza nga be batekebwangawo amateka. Kyekiva kitesebwa bwekili, amadala ago galeme okujulukuka, naye gakwatibwenga bulungi, gasibwemu ekitibwa mu Kanisa Eyebungereza: nti tewabengawo muntu yena aitibwa oba akirizibwa okuba Omulabirizi, oba Omukade, oba Dikoni mu Kanisa Eyebungereza: so tewabengawo asimibwa okukola ku mulimu gwabwe, wabulanga oyo amaze okuitibwa nokukemerezebwa nokukeberwa nokuguingizibwamu nga bakwata ebigambo bino ebidirira, oba nga yamala 'da okwawulibwa oba okutekebwawo Abalabirizi.*

*Ate tewabengawo muntu asimibwa okuba Dikoni nga tanamala miaka abiri mwesatu, wabulanga alese Ebalua. Era buli muntu ayagala okuba Omukade anabanga yakamala emiaka abiri mwena. Era buli muntu ayagala okutekebwawo oba okwawulibwa okuba Omulabirizi anabanga yakamala emiaka asatu emiramba.*

*Ate Omulabirizi bwabanga amanya yeka oba ategezebwa abajulirwa balungi nti omuntu ono ye wa mpisa nungi, era taliko nsonga: era bwabanga amaze okumubuza nokumukebera nokutegera nti amaze okuiga Olulatini, era nokuigirizibwa bulungi Ebyawandikibwa, bwabanga bwatyo ainza okumukiriza okuba Dikoni: ngamusawo ku naku eziragirwa mu Bikanoni oba bwewabawo ensonga eya mangu, ku Sabiti endala oba ku Lunaku olutukuvu olulala, mu maso Gekanisa, era ngakwata engeri nebigambo ebidirira.*

Digitized by Google

# EBIGAMBO NENGERI EBYOKUSAWO ABADIKONI ABOMU KANISA.

¶ *Olūnaku olulagirwa Omulabirizi nga latuse, era Okusaba Okwenkya nga kuwede, wabengawo okubulira oba okukubiriza okutegeza omulimu nokuwereza kwabo abaja okukirizibwa okuba Abadikoni: edāla eryo bweryetagibwa mu Kanisa ya Masiya, era bwekibagwanira abantu okubasangamu ekitibwa olwemirimu gyabwe.*

¶ *Omulabirizi atulenga ku ntebeye ngali kumpi Nemeza Entukuvu; Sabadikoni oba Omumyukawe aletere Omulabirizi abo abāgala okutekebwawo okuba Abadikoni (buli muntu ngayambade bulungi) Sabadikoni nalyoka ayogera ebigambo bino nti*

KITAFE owekitibwa mu Katonda, nkuletede abantu bano abali wano obasewo okuba Abadikoni abomu Kanisa.

*Omulabirizi.*

WETEGEREZE dala abantu botuletede, nga basanide okuwereza bulungi olwokuiga kwabwe nolwempisa zabwe ennngi-Katonda agulumizibwe, Nekanisaye ezimbibwe.

¶ *Sabadikoni a'demu nti*

'MAZE okubabuza, era nokubakebera, nange ndowozeża nti bali bwebatyo.

¶ *Omulabirizi nalyoka abulira abantu nti*

ABOLUGANDA, balese bano okuba Abadikoni: obanga waliwo ku mwe amanyi kwabo omuntu yena ażiża omusango oba aliko ensonga endala emulobera okuwebwa omulimu guno, aje mu linya lya Katonda, atubulire ensonga bweri.

¶ *Bwebanabanga balese omusango omunene oba ensonga endala erobera omuntu yena, Omulabirizi analekanga okuwawula omuntu oyo okutusa lwalimala okulabika nga taliko kabi kebamulopa.*

¶ *Omulabirizi alyoke agambe ekibina ekikung'anye okusabira abo abalabibwa nga basanide okwawulibwa: nalyoka ayimba oba asoma Litani awamu Nabāwule Bekanisa nabantu abali awo: era nokusaba okudirira.*

*Litani Nenyiriri.*

AI Katonda Kitafe, owomugulu : otusasire fe abanaku abalina ebibi.

*Ai Katonda Kitafe, owomugulu : otusasire fe abanaku abalina ebibi.*

Ai Katonda Omwana, Omununuzi Wensi : otusasire fe abanaku abalina ebibi.

*Ai Katonda Omwana, Omununuzi Wensi : otusasire fe abanaku abalina ebibi.*

Ai Katonda Omwoyo Omutukuvu, ava mu Kitafe ne mu Mwana: otusasire fe abanaku abalina ebibi.

*Ai Katonda Omwoyo Omutukuvu, ava mu Kitafe ne mu Mwana : otusasire fe abanaku abalina ebibi.*

Ai Obusatu Obutukuvu obutenderezebwa obwekitibwa, Baperesona basatu era Katonda omu : otusasire fe abanaku abalina ebibi.

*Ai Obusatu Obutukuvu, obutenderezebwa obwekitibwa, Baperesona basatu era Katonda omu : otusasire fe abanaku abalina ebibi.*

Mukama wafe, tojukiranga byonono byafe newakubade ebyonono bya bajaja bafe; so towalananga gwanga lya bibi byafe; otudiremu, Mukama wafe omulungi, odiremu abantubo, bewanunula nomusaigwo ogwomuwendo omungi, so totusunguwaliranga enaku zona.

*Tudiremu, Mukama wafe omulungi.*

Tulokole mu bubi bwona ne mu bwowe; ne mu kwonona ne munkwe za Setani, nokulumbakwe; ne mu busungubwo, nokukolimirwa okwemirembe nemirembe,

*Mukama wafe omulungi, otulokole.*

Mu butalaba bwona obwomumutima; ne mu malala, nokwenyumiriza, nobunanfusi; 'nobugya, nokukyawa, netima, nobutayagalana bwona,

*Mukama wafe omulungi, otulokole.*

Mu bwenzi, na buli kyonono ekirala eki'ta; nobulimba bwona obwensi, nobwomubiri, nobwa Setani,

*Mukama wafe omulungi, otulokole.*

Mu njota ne kibuyaga; ne kawumpuli, nolumbe, nenjala; nentalo, noku'tibwa nokufa kwekikutuko,

*Mukama wafe omulungi, otulokole.*

Mu kusala enkwe kwona; nokwekoba ekyama, nokujema; nokuigiriza kwona okwobulimba, nokukyama, nokuyomba mu Kanisa; nobukakanyavu obwomumutima, nokunyoma Ekigambokyo namatekago,

*Mukama wafe omulungi, otulokole.*

Olwokutwalakwo omubiri okutukuvu okutategerekeka; nolwokuzalibwakwo okutukuvu nokukomolebwa; nolwokubatizibwakwo nokusiba nokukemebwa,

*Mukama wafe omulungi, otulokole.*

Olwokubonyabonyezebwakwo nentuyuzo ezomusai; nolwomusalabagwo nolwobulumibwo; nolwokufakwo okwomuwendo omungi nokuzikibwakwo; nolwokuzukirakwo okwekitibwa nokugenda mu gulu; nolwokuja Kwomwoyo Omutukuvu,

*Mukama wafe omulungi, otulokole.*

Digitized by Google

Mu biro byona mwetunakuwalira; mu biro byona mwetulabira omukisa; mu ntuko ezokufa, ne ku lunaku olwomusango,

*Mukama wafe omulungi, otulokole.*

Fe abalina ebibi tukwegairira tuwulire, ai Mukama Katonda; okirize okulungamya nokufuga Ekanisayo entukuvu mu kubo eryamazima;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okumukuma nokumuwa amanyi omuduwo kabaka webungereza *EDWADI*, akusinze amazima, abere nobutukirivu nobutukuvu;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okufuga omutimagwe, akukirize, akutye, akwagale, akwesige bulijo, agoberere ekitibwakyo netendolyo enakuze zona;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okumulwaniriranga nokumuberanga alioke awangulenga abalabebe bona.

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okutunulira nomukisagwo Omuwerezawo *DAUDI* Kabaka wafe, nokumulung'amya, nokumuwa amagezi, era nokumuinzisa nekisakyo okufuganga obulungi abantu bewamuteresa.

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okubawa omukisa Namasole, Lubuga, abalangira, nabambeja, ne baganda ba kabaka bona;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okwakira Abalabirizi, Nabakade, Nabadikoni, bamanyire dala Ekigambokyo, bakitegere; bakyolese nebigambo byebaigiriza era nebyebakola;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okubawa omukisa abadubo bano, abagenda okwāwulibwa okuwereza mu Kanisa nokubafukako ekisakyo, bawereze bulungi omulimu gwabwe, Ekanisayo ezimbibwe, Erinyalyo etukuvu litenderezebwe;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okubawa abakungu, nabakulu bona, ekisa namagezi nokutegera;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okuwa omukisa nokukuma Katikiro Nabaregenti abalala, nabamasaza bona, basalenga emisango emirungi egyensonga-

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okuwa omukisa nokukuma abantubo bona;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Digitized by Google

Okirizo okugawa omukisa amawanga gona, gatabagane, gabere nemirembe, gāgalane;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okutuwa omutima ogukwagala, ogukutya, tunyikire okuwulira amatekago;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okwongera ku bantubo bona ekisakyo, bawulire nobutefu Ekigambokyo, bakikirize nomutima omulongofu, babale ebibala Ebyomwoyo Omutukuvu;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okukomyawo mu kubo eryamazima, bona abakyama, nabalimbibwa;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okubawa amanyi abanyuwevu, nokusanyusa nokubera abanafu mu mwoyo, nokuimusa abagwa, era enkomerero okumega Setani nokumumalamu wansi webigere byafe;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okuzibira, nokubera, nokusanyusa abantu bona abali mu kabi ne mu naku ne mu kubonyabonyezebwa;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okukuma bona abatambula ku lukalu ne ku nyanja, abakazi bona abalumwa okuzala, abalwade nabana abato bona; nokubasasira abasibe nabanyage bona;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okukuma abana abafuzi, ne banamwandu bona, ne bona abafiridwa nabajogebwa;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okusasira abantu bona;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okusonyiwa abatukyawa, nabatuiganya, nabatuwairiza, nokukyusa emitima gyabwe;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okutuwa, nokututerekera emere enungi eyensi, tulyoke tugirye ngeyengede;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Okirize okutuwa okubonerera okwamazima; nokutusonyiwa ebyonono byafe byona, nobugayavu bwafe, nobutamanya bwafe; nokutuwa ekisa Ekyomwoyogwo Omutukuvu tulongose empisa zafe nga Ekitabokyo Ekitukuvu bwekitulagira;

*Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

Digitized by Google

Omwana wa Katonda; tukwegairide otuwulire.

*Omwana wa Katonda; tukwegairide otuwulire.*

Ai Omwana wendiga owa Katonda; agyawo ebibi Byensi;

*Otuwe emirembegyo.*

Ai Omwana wendiga owa Katonda; agyawo ebibi Byensi;

*Otusasire.*

Ai Masiya, otuwulire.
*Ai Masiya, otuwulire.*
Ai Mukama, otusasire.
*Ai Mukama, otusasire.*
Ai Masiya, otusasire.
*Ai Masiya, otusasire.*
Ai Mukama, otusasire.
*Ai Mukama, otusasire.*

¶ *Omukade nabantu awamu naye nebalyoka bogera Okusaba kwa Mukama wafe.*

KITAFE ali mu gulu, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje. Byoyagala babikole munsi, nga bwebabikola mu gulu. Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe okwonona kwafe, nga fe bwetubasonyiwa abatwonona. Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole mu bubi. Amina.

*Omukade.* Ai Mukama, totulanga kwonona kwafe.
*Okudamu.* So totuwa mpera ngebibi byafe bwebiri.

Tusabe.

AI Katonda Kitafe owekisa, atanyoma kusinda kwa mutima ogwenenya, newakubade okusaba kwabantu abalina enaku; otubere olwekisa mu kusaba kwafe kwona kwetukusaba ebiro byona enaku bwezitusanga; otuwulire olwokusasira, ofafaganye enkwe ezo Setani nabantu zebatusalira; era ozisasanye olwokukumakwo okulungi: fe bwetutaiganyizibwa, tukweyanze bulijo mu Kanisayo entukuvu; kubwa Isa Masiya Mukama wafe.

*Golokoka, Mukama, otubere, otulokole Olwerinyalyo.*

AI Katonda twawulira namatu, ne bajaja bafe batubulira, ebigambo ebikulu byewakolera mu biro byabwe, ne mu naku ezeda.
*Golokoka, Mukama, otubere, otulokole olwekitibwakyo.*

Ekitibwa kibe eri Kitafe, neri Omwana: neri Omwoyo Omutukuvu;
*Okudamu.* Nga bwekyali oluberyeberye, bwekiri ne kakano, bwekiriba: emirembe nemirembe. Amina.

Otuzibire eri abalabe bafe, ai Masiya.
*Kiriza okutunulira enaku zafe.*

Digitized by Google

Laba nekisa obunaku obwomumitama gyafe.
*Basasire, osonyiwe ebibi byabantubo.*
Kiriza nekisa okusaba kwafe.
*Omwana wa Daudi, otudiremu.*
Lero ne bulijo otuwulire, ai Masiya.
*Kiriza okutuwulira, ai Masiya; kiriza okutuwulira, ai Mukama Masiya.*

*Omukade.* Ai Mukama, ekisakyo kitutukeko.
*Okudamu.* Nga fe bwetukwesiga.

Tusabe.

AI Kitafe, tukwegairira nobuwombefu okutunulira olwekisa obunafu bwafe; nolwekitibwa Kyerinyalyo otugyeko empera eyebibi byafe, kubanga gutusinze nyo; otubere mu naku zafe zona twesige ekisakyo kyoka, tukuwereze bulijo mu butukuvu ne mu bulongofu ne mu kwegendereza, ogulumizibwe, otenderezebwe; Kubwomulokozi wafe, era Omuwolereza wafe, Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Ebyokusekimu biryoke biyimbibwe oba bisomebwe: awamu Nesala Nebaluwa Nenjiri ebidirira.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, mu magezigo aga Katonda eyalagira engeri ezabawereza mu Kanisayo, era eyalonza Abatumebo Sitefano Omutukuvu gwebasoka oku'ta nga bamulanga gwe: era eyabalonza nabalala okuba Abadikoni, tunulira nekisakyo abadubo bano abaitirwa omulimu ogwo, obajuze bwotyo amazima agokuigirizakwo, era obawomese nempisa ezobutayonona, mu bigambo byabwe ne mu bikolwa byabwe ebirungi balyoke bakuwerezenga omulimu ogwo nobwesigwa, erinyalyo ligulumizibwe, Nekanisayo ezimbibwe: olwobulungi Obwomulokozi wafe Isa Masiya, abera omulamu, afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu kakano nemirembe gyona. *Amina.*

EBALUA. 1 *Tim.* iii. 8.

BWEBATYO nabadikoni (kibagwānira okubērānga) abalimu ekitībwa, si bananimibirye, abatanywānga mwenge mungi, si abegōmba ebintu; nga bakūma ekyāma ekyoku'kiriza mu mwoyo omulūngi. Era nate abo basokēnga okukemebwa, balyoke bawereze nga Badikoni, nga tebaliko kya kunenyezebwa. Bwebatyo nabakazi (kibagwānira okubērānga) abalimu ekitībwa, abatawāiriza, abatatamīra, abesigwa mu byona. Abadikoni, babērēnga basaja ba mukazi omu, nga bafuga abāna (bābwe) obulūngi nenyumba zābwe bo. Kubanga abamala okuwereza obulūngi nga Badikoni befunira obukulu obulūngi nobugumu bungi mu ku'kiriza okuli mu Masiya Isa.

Digitized by Google

¶ *Oba ekitundu kino ekyava mu sula eyomukaga Yebikolwa Bya Batume.*

*Bik.* vi. 2.

EKUMI nababiri nebaita ekibīna kyabaigirizwa, nebagamba nti Tekiwōma 'fe okulekānga ekigambo kya Katonda okuwerezānga ku meza. Kale, aboluganda, mulōnde abantu mu'mwe abasīmibwa musānvu, abu'ju'de Omwoyo Omutukuvu namagezi, betunāteka ku mulimu guno; naye 'fe tunānyīkirānga mu kusaba nokuwereza ekigambo. Ekigambo ekyo nekisīmibwa mu maso gekibīna kyona; nebalōnda Sutefano, omuntu eya'jula oku'kiriza Nomwoyo Omutukuvu, ne Firipo, ne Pulokolo, ne Nikanoli, ne Timoni, ne Pa'mena, ne Nikolao, omukyūfu Oweantiokiya; nebabateka mu maso gabatume; nebasaba, nebaba'sāko emikono. Ekigambo kya Katonda nekibuna; omuwendo gwabaigirizwa mu Yerusalemi negweyongerako nyo; ekibīna kinene ekya bakabona nebagōndera oku'kiriza.

¶ *Era nga tebanasoma njiri, Omulabirizi nga atude ku ntebeye anabuzanga buli muntu kubo kinomu abaja okwāwulibwa, mu maso gabantu nga engeri eno edirira bweri.*

OKIRIŻA nga Omwoyo Omutukuvu yakwagaziza omwoyogwo okuingira mu kuwereza kuno, era ne mu mulimu guno, okuwerezanga Katonda bulungi, Katonda agulumizibwe nabantube bazimbibwe?

*Okudamu.* Nzikiriża bwentyo.

*Omulabirizi.*

OLOWOZA nga oitidwa dala okuwerezanga mu Kanisa nga Mukama wafe Isa Masiya bwayagala, era nga empisa ezobwakabaka buno bweziri?

*Okudamu.* Ndowozeza bwentyo.

*Omulabirizi.*

OKIRIŻA dala awatali bukusa Ebyawandikibwa byona ebyakirizibwa e'da Ebyendagano Enkade era Nebyendagano Empya?

*Okudamu.* Mbikiririża dala.

*Omulabiribi.*

ONONYIKIRANGA okubisomera abantu nga bakung'anye mu Kanisa gyonolagirwanga okuwererezangamu?

*Okudamu.* Nanyikiranga okubisoma.

*Omulabirizi.*

DIKONI mu Kanisa mwalagirwa okuwererezangamu, kimugwanira okuberanga Omukade mu Kusaba Katonda, era okusingawo, bwaba ngagaba Emere ya Mukama wafe, nokumuberanga okugigabira abantu, nokusomanga Ebyawandikibwa Ebitukuvu, nebyokubulira mu Kanisa, nokuigirizanga abana abato mu Kateki-

Digitized by Google

simu: Omukade nga taliwo okubatizanga abana abato, nokubulira, Omulabirizi bwaba ngamulagide. Era nate kimugwanira, obanga kiragirwa bwekityo, okunonya abalwade nabavu nabanaku abali mu kifo kyawererezangamu nokumubulira Omuwereza Wekanisa ebigambo byabwe namanya gabwe nebifo byabwe mwebasula, abulirironga okubabera nebiwebwayo abaja mu Kanisa oba abalala. Bino onobikolanga mangu obutagana?

*Okudamu.* Nakolanga bwentyo, Katonda nga ye Mubezi wange.

*Omulabirizi.*

ONONYIKIRANGA nyo okulongosa empisa zamwe nempisa ezabewamwe nga Masiya bweyatuigiriza, nokuzifananya ezize, mulyoke mweyolese mwe nabo nga bwemunainzanga okuba ekyokulabi rako ekirungi ekyomu kisibo kya Masiya?

*Okudamu.* Nanyikiranga okukola ebyo, Mukama nga ye Mubezi wange.

*Omulabirizi.*

ONOWULIRANGA, era onotyanga Omulabiriziwo Nabawereza abalala abakulu Abekanisa, nabo abanawebwanga okukulabirira nokubalagira, ngoyagala, era ngosanyukira ebigambo byebanabuliriranga ebya Katonda?

*Okudamu.* Nakolanga bwentyo, Katonda nga ye Mubezi wange.

¶ *Bona bafukamire nga bewombeka mu maso Gomulabirizi: Omulabirizi alyoke aseko emikonogye ku mitwe gyabwe bona kinomu, ngayogera nti*

TOLA obuinza okukolanga omulimu ogwa Dikoni mu Kanisa ya Katonda bwoteresebwa, mu linya lya Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu. Amina.

¶ *Omulabirizi nalyoka amukwasa mu mukono buli muntu kubo Ekitabo Ekyendagano Empya ngayogera nti*

TOLA obuinza okusomanga Enjiri mu Kanisa ya Katonda, nokugibuliranga, Omulabirizi ye nyini bwanakulagiranga.

¶ *Omu kubo Omulabirizi gwanalagira nalyoka asoma Enjiri.*

*Luka* xii. 35.

MWESIBENGA ebimyu mu biwato byamwe, netabaza zamwe nga zāka; namwe be nyini mubere ngabantu abalindirira mukama wabwe, walidira ngava ku mbaga eyobugole; bwalija nakona ku lugi, bamugulirewo amangwago. Balina omukisa abadu abo, mukama wabwe bwalija balisanga nga batunula; mazima mbagamba ngalyesiba nabatuza ku mere, naja nabawereza. Awo bwalija mu kisisimuka ekyokubiri, oba mu kyokusatu, nabasanga bwatyo, balina omukisa abadu abo.

Digitized by Google

¶ *Omulabirizi nalyoka ayongera okusaba Ebyokusekimu nabantu bona abaweredwa edāla basigale, bawebwe Okusekimu Okutukuvu ku lunaku olwo awamu Nomulabirizi.*

¶ *Ebyokusekimu nga biwede Esala Ekomerawo ngewede, naye Omukisa nga tegunaba kusabibwa, Esala zino ezidirira zinasomebwanga.*

AI Katonda Ainza-byona, agaba ebirungi byona, olwobulungibwo obungi akiriża abadubo bano okubaingiza mu mulimu ogwabadikoni mu Kanisayo: tukwegairide, ai Mukama, okubwa okubera abatefu abawombefu era abanyikivu mu kuwereza kwabwe, begendereze mu biragiro byona ebyedini nga balina omwoyo omulungi, era ememe nga ebategezanga bulungi enaku zona, balyoke banyuwere, babe namanyi mu Mwanawo Masiya, begendereze bwebatyo mu mulimu guno ogwabawereza, balyoke balabike nga basanide okuitirwa emirimu egisinga obukulu mu Kanisayo: kubwoyo Omwanawo Omulokozi wafe Isa Masiya: awebwe ekitibwa netendo emirembe nemirembe. *Amina.*

AI Katonda tukwegairira otukulembere mu kulowoza, otubere mu kukola, byetukola byona bisoke gyoli, bitukirizibwe gwe, tutendereze bulijo erinyalyo etukuvu, tuwebwe olwomukisagwo obulamu obwemirembe nemirembe: kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EMIREMBE gya Katonda egisinga okutegerwa kwona, gibakume emitima gyamwe namagezi gamwe, biremo okuva mu kumanya nokwagala Katonda Nomwanawe Isa Masiya Mukama wafe: nomukisa gwa Katonda Ainza-byona: Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu, gube ku mwe, guleme okubavako emirembe nemirembe. *Amina.*

¶ *Era wano buli Dikoni abulirirwe okunyikiranga mu mulimu gwa Dikoni okumala omwaka mulamba, wabula nga Omulabirizi alese ensonga endala ezimala: alyoke atukirizibwe, era amanyire nyo byona ebigwanira omulimu ogwomu kanisa. Ngakola nyo, ngalabika okuba omwesigwa, era omunyikivu: ainza okukirizibwa Omulabiriziwe okuingira mu dāla Lyobukade mu bisera ebyalagirwa mu Bikanoni, obanga waliwo ensonga enene eya mangu akirizibwe ku Sabiti oba ku lunaku olulala Olutukuvu mu maso Gekanisa mu ngeri nebigambo ebidirira bino.*

---

## EBIGAMBO NENGERI EBYOKUSAWO ABAKADE ABOMU KANISA.

¶ *Olunaku olulagirwa Omulabirizi nga lutuse, era Nokusaba Okwenkya nga kuwede, wabengawo okubulira oba okukubiriza, abantu bategezebwe omulimu nokuwereza kwabo abaja okukirizibwu okuba*

Digitized by Google

*Abakade bwebiri: era edāla eryo bweryetagibwa mu Kanisa ya Masiya, era bwekigwanide abalaba okubasangamu ekitibwa olwemirimu gyabwe.*

¶ *Omulabirizi atulenga ku ntebeye ngali kumpi Nemeza Entukuvu: Sabadikoni oba ye nga taliwo, omulala atekebwawo okuba Omumyuka, alyoke aletere Omulabirizi abo abaja okuwebwa edāla eryobukade ku lunaku olwo, (buli muntu ngayambade bulungi) Sabadikoni ngayogera nti*

KITAFE omekitibwa mu Katonda, nkuletede abantu bano abali wano okubawa edāla Eryobukade mu Kanisa.

*Omulabirizi.*

WETEGEREZE dala abantu botuletede nga basanide okuwereza obulungi olwokuiga kwabwe nolwempisa zabwe enungi, Katonda agulumizibwe, era Ekanisaye ezimbibwe.

¶ *Sabadikoni ademu nti*

'MAZE okubabuza, era nokubakebera, nange ndowozeża nti bali bwebatyo.

¶ *Omulabirizi nalyoka abulira abantu nti*

BANANGE, bano betugenda okuwa lero omulimu omutukuvu Ogwobukade Katonda ngakiriza: kubanga twamala okubakebera netutabalabaky nsonga mbi: naye tubade tulowoza nti baitidwa bulungi omulimu ogwo, era nokuwereza okwo, era nga basanide ebyo. Naye obanga waliwo kumwe amanyi ku bano omuntu yena ażiża omusango oba aliko ensonga endala emulobera okuwebwa okuwereza okwo okutukuvu, aje mu linya lya Katonda, atubulire ensonga bweri.

¶ *Bwebanabanga balese omusango omunene oba ensonga endala erobera omuntu yena, Omulabirizi analekanga okwawula omuntu oyo okutusa lwalimala okulabika nga taliko kabi ako kebamulopa.*

¶ *Omulabirizi alyoke agambe ekibina ekikunganye okusabira abo abalabibwa nga basanide okwawulibwa: nalyoka ayimba oba asoma Litani awamu Nabāwule Bekanisa nabantu abali awo: eran okusaba okudirira, nga bwekyasoka okulagirwa mu Kusawo Abadikoni: naye awasomebwa nti* betugenda okusawo okuba Abadikoni, *asomenga nti* betugenda okusawo okuba abakade.

¶ *Ebyokusekimu biyimbibwe oba bisomebwe: awamu Nesala Nebaluwa, Nenjiri, ebidirira.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, agaba ebirungi byona, eyalagira Nomwoyowo Omutukuvu engeri ezitali zimu ezabawereza mu Kanisayo: tunulira nekisakyo abadubo bano abaitidwa omulimu

Ogwobukade: obajuze bwotyo namazima agokuigirizakwo, era obawomese nempisa ezitaliko kabi, balyoke bakuwerezenga omulimu guno nobwesigwa, nga bogera ebigasa, era nga baisa empisa enungi, Erinyalyo ligulumizibwe, Ekanisayo ezimbibwe: olwobulungi Bwomulokozi wafe Isa Masiya, abera omulamu, afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu emirembe nemirembe. *Amina.*

EBALUWA. *Bef.* iv. 7.

NAYE buli muntu mu'fe yawebwa ekisa ngekigera kyekirabo kya Masiya bwekiri. Kyava ayogera nti Bweyalinya wa'gulu, nānyaga okunyaga, nāwa abantu ebirabo. [Naye (ekigambo) ekyo nti Yalinya, kiki wabula (okugamba) nti era ya'ka mu njui eza wansi ezensi? Eya'ka era ye wuyo eyalinya wa'gulu enyo okusinga e'gulu lyona, alyoke atūkirize byona.] Era oyo nāwa abalala (okubēra) abatume, nabalala bana'bi, nabalala ababūlizi, nabalala abalūnda nabaigiriza; olwokutūkiriza abatukuvu, olwomulimu ogwokuwereza, olwokuzīmba omubiri gwa Masiya: okutūsa lwetulitūka 'fena mu bumu obwoku'kiriza, nobwokutegēra Omwāna wa Katonda, (lwetulitūka) okuba omuntu omukulu okutūka mu kigera ekyobukulu obwokutūkirira kwa Masiya.

¶ *Nebalyoka basoma Enjiri nga bagigya mu Matayo, esula eyomwenda, ekitundu bwekiti.*

*Mat.* ix. 36.

NAYE bweyalaba ebibīna, nābisāsira, kubanga bāli bakōye nyo nga basāsānye, ngendiga ezitalina musūmba. Nālyoka agamba abaigirizwabe nti Ebyokukūngula bye bingi, naye abakozi bo batono. Kale musabe Mukama webyokukūngula, asindike abakozi mu byokukūngulabye.

¶ *Oba ekitundu ekiva mu Yokana, esula eyekumi, bwekiti.*

*Yok.* x. 1.

DALA dala mbagamba nti Ataita mu mulyāngo (ngaingira) mu kisibo kyendiga, naye bwalinyira awalala, oyo ye mu'bi era omunyazi. Naye aita mu mulyāngo, ye musūmba wendiga. Oyo omu'gazi amu'gulirawo; nendiga zimuwulira e'dobozi: aziita endigaze amanya; azifulumya ebwēru, Bwamala okufulumya ezize zona, azikulembera, nendiga zimugoberera: kubanga zimumanyi e'dobozi. Omulala tezirimugoberera, naye zirimu'duka bu'dusi: kubanga tezimanyi 'dobozi lya balala. Isa nābagamba olugero luno, naye bo tebātegēra bigambo bwebiri byeyabagamba. Awo Isa nābagamba nate nti Dala dala mbagamba nti 'Nze mulyāngo gwendiga. Bona abānsoka bāli ba'bi era abanyazi: naye endiga tezabawulira. 'Nze mulyāngo: omuntu bwaingirira mu'nze alirokoka, aliingira, alifuluma, aliraba e'dūndiro. Omu'bi ta'ja wabula oku'ba, noku'ta, nokuzikiriza. 'Nze na'ja zibe nobulamu, era zibe nabwo obungi. 'Nze musūmba omulūngi: omusū-



Digitized by Google

mba omulūngi awayo obulamubwe olwendiga. Alūndirira empēra, atali musūmba, endiga nga si zize ye, bwalaba omusege nga gu'ja, aleka endiga na'duka, nomusege guzisikula guzisāsānya. (A'duka) kubanga wa mpēra, 'sō endiga tazi'sāko mwoyo. 'Nze musūmba omulūngi: era ntegēra ezānge, nezānge zintegēra nga Kitānge bwantegēra, nānge bwentegēra Kitānge; nānge mpayo obulamu bwānge olwendiga. Era nina nendiga endala ezitali za mu kisibo kino: nazo kingwānira okuzireta, ziriwulira e'dobozi lyānge; era ziriba ekisibo kimu, omusūmba omu.

¶ *Omulabirizi nalyoka atula ku ntebeye nababulira ebigambo bino.*

ABOLUGANDA, muwulide bwebababuziża e'ka, era ne mu kukubiriza kwemwakawulira, era ne mu Bitundu ebisomebwa ebitukuvu ebyagyibwa mu Njiri, ne mu Byawandikibwa Ebyabatume: okuwereza kuno kwemuitirwa bwekuli okukulu, era okwekitibwa. Era ne kakano tubakubiriza mu Linya lya Mukama wafe Isa Masiya, mujukire ekitibwa kyemuitirwa bwekiri ekinene: era nokuwereza nokukutira bwebiri ebikulu: kwe kubera Abakaka, Abakumi, era Nabawanika ba Mukama: okuigirizanga nokubuliranga nokulundanga nokujanjabanga ekisibo kya Mukama: okunonyanga endiga za Masiya ezasasana: era nabanabe, abali munsi muno erimu ebibi, balyoke balokokenga emirembe nemirembe, Masiya nga bamwesiga.

Mukale, mujukirenga enaku zona obugaga bwemuteresebwa bwebuli obwomuwendo omungi. Kubanga ze ndiga za Masiya zeyagula ngazifirira: era yayiwa omusaigwe kulwezo. Ekanisa nekibina mwemunawerezanga ye Mugolewe, era nomubirigwe. Era oluvanyuma obanga Ekanisa eyo oba ekitundu kyayo kyona bwekinabangako akabi oba bwekinaziizibwanga olwobutabulirira bwamwe, mumanyi okusobya bwekuli okunene, era nokubonerezebwa okulibabako bwekuliba okwa mawano. Kyemuva mutesa mu mitima gyamwe ensonga eyokuwereza kwamwe eri abana ba Katonda, ye mugole era mubiri gwa Masiya: era mutunulenga, muleme okulekayo emirimu gyamwe, nokulabirira kwamwe, era nokunyikira kwamwe, okutusa lwemulimala okukola byona byemuinza, nga emirimu gyamwe egibagwanira bwegiri: okuletanga abo bona bemuteresebwa oba bemunateresebwanga, mu kutabagana, mu kukiriza, ne mu kumanya Katonda, ne mu kukula nokutukirizibwa mu bya Masiya, muleme okubera nebanga eryokukyama mu dini, newakubade eryempisa embi ezobulamu buno.

Mukale, kubanga okuwereza kwamwe bwekuli okwekitibwa bwekityo, era okuzibu enyo, mulabe bwekibagwanira okunyikiranga nokufubanga, mweragenga bwemuli bawulize, era nabalina okwebaza eri Mukama oli, eyabateka mu kitibwa ekinene ekyenkanidawo: era nokwekumanga, muleme okusitala mweka, newakubade okusitaza abalala. Naye mwe mweka temuinza kulowozanga nokwagalanga ebigambo ebyo, kubanga okwagala okwo, nokuinza okwo Katonda yeka yakugaba: kyekiva kibagwanira okumusa-

Digitized by Google

banga enyo abawe Omwoyowe Omutukuvu, era mwetaga okusaba bwemutyo. Era kubanga temuinza mu ngeri endala okusobola omulimu omuzibu ogwenkanawo ogulimu okulokola abantu, wabula mu kuigiriza nokubulirira okuva mu Byawandikibwa Ebitukuvu: nokuba nempisa ezitabagana na byo: mulowoze bwekibagwanira okunyikira enyo okusomanga nokuisanga empisa zamwe, era nezabantu abali ewamwe, nga Ebyawandikibwa, ebyo bwebiragira: era olwensonga eyo nga bwekibagwanira okulekanga nokusanga ku bali emitawana nokufuba kwona okwo munsi muno, buli lwemunainzanga.

Tusubira nyo nga mwamala okufumitiriza nokwerowoza kubwamwe: nga mwatesa 'da nga Katonda bwanababeranga, okweweraya dala mu kuwereza kuno, Katonda kweyasima okubaitira; nga munainzanga, okwetekera dala mu mulimu guno gwoka: era nga munasabanga Katonda Kitafe olwokutabaganya Okwomulokozi wafe omu yeka Isa Masiya: abawenga Omwoyo Omutukuvu ava mu gulu ababerenga: mulyoke mukule mu kusomanga bulijo nokufumitirizanga Ebyawandikibwa Ebitukuvu, era mweyongereko amānyi mu kuwereza kwamwe: era mulyoke munyikirenga mweka emirundi mingi okutukuzanga empisa zamwe nezabantu abewamwe, nokuzifananyanga nga ekiragiro nebyeyaigiriza Masiya bwebiri, abantu balyoke bagobererenga engeri zamwe enungi ne mpisa Katonda zasima.

Mukale 'no, ekibina kya Masiya kino ekikung'anide wano kakano kiryoke kitegere byemuteseża, era byemwagala ku bigambo bino, era nokusubiza kwamwe kuno kwongere okubakubiriza okukola emirimu gyamwe egibagwanira, munadiramu dala ebigambo bino byetugenda okubabuza mu Linya lya Katonda, Neryekanisaye olwebigambo ebyo.

OLOWOZA mu mutimagwo ngoitidwa dala amazima nga Mukama wafe Isa Masiya bwayagala, era nga empisa zekanisa eno Eyebungereza bweziri, okuingira mu Dāla Nokuwereza Kwobukade Bwekanisa?

*Okudamu.* Ndowozeża bwentyo.

### *Omulabirizi.*

OMAZE nokiriza nga Ebyawandikibwa ebitukuvu birimu okuigiriza kwona okumala okulokolera dala omuntu emirembe nemirembe olwokumwesiga Isa Masiya, era wenyuwereża dala okuigirizanga abantu, bonoteresebwanga okubakumanga, ebigambo ebiva mu Byawandikibwa ebyo, era okugana okuigiriza ekigambo ekirala kyona nga kyetagibwa okulokolera dala omuntu emirembe nemirembe, wabula ebyo byomaze nokiriza nga Ebyawandikibwa bibikakasa, era bibitegeza?

*Okudamu.* 'Maze nenzikiriza bwentyo, era njagala nokwagala okukolanga bwentyo, Katonda nga ye Mubezi wange.

Digitized by Google

*Omulabirizi.*

ONONYIKIRANGA okuba omwesigwa enaku zona okuwereza-nga Okuigiriza Nesakalamento Nokukangavulwa okwa Masiya, nga Mukama bweyalagira, era nga Ekanisa eno Nobwa-kabaka buno bwebyawebwa, ngokwata ebiragiro bya Katonda: olyoke oigirizenga abantu bonoteresebwanga okubalundanga noku-bakumanga: banyikirenga nyo okukwata nokuwulira ebyo byona?

*Okudamu.* Nakolanga bwentyo, Mukama nga ye Mubezi wange.

*Omulabirizi.*

ONETEKATEKANGA okuba omunyikivu nomwesigwa okugo-bera dala ebyokuigiriza byona ebyobulimba nebyobukyamu, ebitatabagana na Kigambo kya Katonda: ate onetekatekanga oku-tesa nabalwade nabalamu bonoteresebwanga, nokubakubirizanga, oba mu kanisa oba ewabwe e'ka, bo nga bakwetaga gwe, oba nga babaita?

*Okudamu.* Netesetese, Mukama nga ye Mubezi wange.

*Omulabirizi.*

ONONYIKIRANGA okusaba nokusoma Ebyawandikibwa ebi-tukuvu, era nokweigirizanga ebigambo ebinababeranga oku-manya ebyo, nga muleka ebyamagezi agomunsi nagomubiri?

*Okudamu.* Nanyikiranga okukola bwentyo, Mukama nga ye Mubezi wange.

*Omulabirizi.*

ONONYIKIRANGA okuisanga empisa zamwe nezabewamwe nga Masiya bweyatuigiriza, nokuzifananya ezize, mulyoke mweyolese mwe nabo nga bwemunainzanga okuba engeri enungi nekyokulabirako eri ekisibo kya Masiya?

*Okudamu.* Nanyikiranga okukola ebyo, Mukama nga ye Mu-bezi wange.

*Omulabirizi.*

ONOTENDANGA obuterevu nemirembe nokwagala mu Bama-siya bona; era onobibunyanga ebyo nga bwonoinzanga: era nokusinga mwabo boteresebwa oba bonoteresebwanga okubalu-ndanga?

*Okudamu.* Nakolanga bwentyo, Mukama nga ye Mubezi wange.

*Omulabirizi.*

ONOWULIRANGA Omulabiriziwo, era Nabawereza abalala abakulu bebanakuteresanga okubalabiriranga nokubalagira-nga, era ngonokirizanga emisango gya Katonda gyebanasalanga?

*Okudamu.* Nakolanga bwentyo, Mukama nga ye Mubezi wange.

Digitized by Google

¶ *Omulabirizi nalyoka aimirira nayogera nti*

KATONDA Ainza-byona, eyabāgaza okukola ebigambo ebyo byona, abawe amānyi nobuinza okubitukiriza ebyo, alyoke akomekereze omulimugwe gwatandise mu*mwe*: kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Ekibina nekiryoka kiragirwa okusaba akasirise okwegairira Katonda nobuwombefu olwebigambo ebyo byona: era olwokusaba okwo wabengawo akasirikiriro.*

¶ *Bona abagenda okutekebwawo okuba Abakade nebalyoka bafukamira, Omulabirizi ayimbe oba ayogere* Veni, Creator Spiritus, *Omulabirizi ngasoka, Abakade nabalala abali awo nga badamu buli lunyiriri bwebati.*

OMWOYO Omutukuvu jangu, o'ke mu bulamu bwafe,
*Era obwākire nomuliro oguva eri Katonda.*
Gwe Omwoyo atufukako amafuta,
*Era agaba ebirabobyo ebitukuvu, ebiri engeri omusanvu.*

Okufukakwo kwetwebaza okuva mu gulu,
*Kuleta esanyu, nobulamu, nokwagala okwaka.*
Otuletere omusana ogwoluberera,
*Tulyoke tulabe, fe abamaso agaliko ekifu.*

Tufuke ku maso gafe agalina enkulukuse,
*Ekisakyo ekisukirivu, tusanyuse.*
Ogobere wala abalabe bafe, tuterezе emirembe mu'ka yafe:
*Bwonotukulemberanga tetulibako bubi.*

Tumanyise Kitafe Nomwana,
*Era Nawe omuva bombi okuba obumu.*
Tulyoke tuimbenga emirembe gyona
*Oluimba lwafe olutagwengawo;*

Etendo libe eri Obulungibwo obwoluberera,
*Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu.*

¶ *Ebyo bwebigwa Omulabirizi asabe bwati,*

Tusabe.

KATONDA Ainza-byona, Kitafe owomugulu, watusasira nyo: watukola bulungi kitalo: watuwa Omwanawo omu yeka gwoyagala enyo Isa Masiya okubera Omununuzi wafe, era Omugabi wobulamu obutagwawo: ye yamala okutukiriza okununulibwa kwafe, ngafira dala nagenda mu gulu: nalyoka atuma Abatumebe ne Banabi Nababulizi-benjiri, Nabaigiriza, Nabasumba, babune ensi zona: era olwomulimu gwabwe nokuwereza kwabwe, yakunganya ekisibo ekinene ngakigya mu nsi zona okutenderezanga emirembe nemirembe Erinyalyo etukuvu. Tukwebaza olwebirabo ebyo byona, ebiva mu bulungibwo obutagwawo: kubanga wasima okuita abadubo bano abali wano

okuingira mu mulimu guno: gwewalagira okulokola abantu bakuguwererezengamu: tukwebaza nyo, tukutendereza, tukusinza: ate tukwegairira nobuwombefu kubwoyo Omwanawo gwetutendereza okubawa bona abasaba Erinyalyo etukuvu, oba wano oba awalala, amānyi, bolesenga enaku zona okwebaza kwafe gyoli olwebyo, era nolwebirabobyo ebirala byona: era tweyongerenga nokuyongera bulijo okukumanya gwe nokukwesiga gwe Nomwanawo Kubwomwoyo Omutukuvu: Erinyalyo etukuvu ligulumizibwe Abawereza bano, era nabantu abo bebanabateresanga okuwererezanga mu bo, era nobwakabakabwo obulina omukisa bulyoke bweyongere kubwoyo Omwanawo Isa Masiya Mukama wafe, abera omulamu, afugira awamu nawe mu bumu Obwomwoyo oyo Omutukuvu emirembe nemirembe. *Amina.*

¶ *Okusaba okwo nga kuwede, Omulabirizi awamu Nabakade abali awo nebalyoka babasako emikono ku mutwe gwa buli muntu ayagala okuwebwa Edala Eryobukade, kinomu: abāgala okuwebwa nga bafukamide nobuwombefu, Omulabirizi ngayogera nti*

WEBWA Omwoyo Omutukuvu, olyoke okole omulimu Ogwomukade mu Kanisa ya Kotonda, gwowebwa kakano olwokukusako emikono gyafe. Ebibi byonosonyiwanga binasonyibwanga, era nebibi byonosibanga binasibwanga: ate bera Omuwanika omwesigwa Owekigambo kya Katonda, Nowesakalamentoze entukuvu. Mu Linya lya Kitafe Nomwana Nomwoyo Omutukuvu. *Amina.*

¶ *Buli ku bo ngakyafukamide, Omulabirizi amukwasenga ekitabo ekya Baibuli mu ngalo, ngayogera nti*

TOLA obuinza obwokubuliranga Ekigambo kya Katonda, nokuwerezanga Esakalamento entukuvu mu kibina mwonoragirwanga okuwererezangamu, nga ekiragiro bwekiri.

¶ *Ebyo nga biwede, baimbenga oba bogerenga Nzikiriza eya Nike: Omulabirizi nalyoka yeyongera okusaba ebigambo Ebyokusekimu: abo bona abaweredwa amadāla basekimu nga bali awo webabasirizako emikono okutusa lwebalimala okuwebwa Okusekimu.*

¶ *Okusekimu nga kusomebwa okumala Esala ekomererawo, naye Omukisa nga tegunaba kusabibwa, Esala zino zisomebwenga.*

KITAFE owekisa ekingi, tukwegairira okubawa abadubo bano omukisagwo oguva mu gulu: bāmbale obutukirivu, Ekigambokyo kyebanayogeranga kiremenga okwogerwa obwerere. Ate tuwe fe amanyigo tulyoke tuwulirenga byebanagyanga mu Kigambokyo ekitukuvu enyo, era nebijulirwa omwo, biryoke bitulokole: fe tugoberere ekitibwakyo mu bigambo byafe ne mu bikolwa byafe byona: era tubune obwakabakabwo: kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

Digitized by Google

AI Katonda, tukwegairira otukulembere mu kulowoza otubere mu kukola, byetukola byona bisoke gyoli bitukirizibwe gwe, tutendereze bulijo Erinyalyo etukuvu, tuwebwe olwomukisagwo obulamu obwemirembe nemirembe; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EMIREMBE gya Katonda, egisinga okutegerwa kwona, gibakume emitima gyamwe namagezi gamwe bireme okuvu mu kumanya nokwagala Katonda Nomwanawe Isa Masiya Mukama wafe ; nomukisa gwa Katonda Ainza-byona, Kitafe Nomwana Nomwoyo Omutukuvu, gube kumwe, guleme okubavako emirembe nemirembe. *Amina.*

¶ *Era bwebanabangawo ku lunaku lumu abamu abanawerwanga Edala erya Badikoni, nabalala Eryobukade : Abadikoni be banasokanga okuwebwa, Abakade nebadako : Litani enesomebwanga omulundi gumu okumala bona. Esala zombi zinasomebwanga, okusokera ku eyo Eyabadikoni, nokuda ku Yabakade. Ebaluwa enebanga* Bef. iv. 7–13, *bye bigambo ebyomu Kitundu kino. Ebyo nga biwede, abo abaja okutekebwawo okuba Abadikoni nebalyoka babuzibwa, era nebalagirwa nga bwekyasoka okulagirwa : omu kwabo nalyoka asoma Enjiri nga agigya mu* Mat. ix. 36–38, *bye bigambo ebyomu kitundu kino: oba ngagigya mu* Luka xii. 35–38, *bye bigambo ebyomu kitundu Ekyokusawo Abadikoni : ngamoze okugisoma, abo abaja okutekebwawo okuba Abakade babuzibwe, era bawulibwe nga bwekiragirwa mu Kitundu kino engulu.*

---

## SABALABIRIZI OBA OMULABIRIZI

### OKUSAWO OBA OKWAWULA

Okwawula okwo kunabangawo ku Sabiti yoka oba ku Lunaku Olutukuvu.

¶ *Byona nga bitegekedwa bulungi mu Kanisa, era nga birongosebwa, Okusaba kwenkya nga kuwede, Sabalabirizi (oba Omulabirizi omulala gwaliragira ye) atandikenga Ebyokuwekimu, omuliba Esala eno.*

ESALA.

KATONDA Ainza-byona, eyatuma Omwanawo nawereza Abatumebo Abatukuvu ebirabo bingi, birungi nyo, nabalagira okulunda nga ekisibokyo: bawe ekisa, tukwegairira, Abalabirizi bona Nabasumba bona abomu Kanisayo balyoke banyikirenga okubulira Ekigambokyo, era bagifugenga nga empisa za Katonda bweziri: era nabantu bawe okubawuliranga nokubagobercra:

Digitized by Google

bona bawebwe engule eyekitibwa ekitagwawo: kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Omulabirizi omulala asome Ebaluwa.*

1 *Tim.* iii. 1.

KYESIGWA ekigambo ekyo nti Omuntu bwayagalānga obulabirizi, yegōmba mulimu mulūngi. Kale omulabirizi kimugwānira obutabāngako kya kunenyezebwa, abērēnga musaja wa mukazi omu, atatamīra, mwegendereza, mukwata mpola, ayāniriza abagenyi, aigiriza; atayōmbera ku mwenge, atakuba; naye omuwōmbefu, atalwāna, ategōmba bintu; afuga obulūngi enyumbaye ye, agōnza abānabe mu kitībwa kyona; [naye omuntu bwatamanya kufuga nyumbaye ye, aīnza atya okujanjaba ekanisa ya Katonda?] si mukyūse mugya, alemēnga okwekulumbaza nāmala agwa mu musāngo gwa Setani. Era nate kimugwānira okubērānga nokutegēzebwa okulūngi eri abo abebwēru, alemēnga okugwa mu kuvumibwa ne mu kyāmbika kya Setani.

*Oba eno:*

MU KIFO KYEBALUWA. *Bik.* xx. 17.

BWEYALI mu Mireto nātuma mu Efeso nāita abaka'de bekanisa. Bwebātūka gyāli nābagamba nti 'Mwe mumanyi okuva ku lunaku olwoluberyeberye bwenalinya mu Asiya, bwenabānga na'mwe mu biro byona, nga mpereza Mukama (wa'fe) nobuwōmbefu bwona namaziga nokukemebwa kwenalaba munkwe Zabayudaya: bwesekekānga kubabūlira kigambo kyona ekisāna, nokubaigiririzānga mu maso gabantu ne mu buli nju, nga ntegēza Abayudaya era Nabayonani okwenenya eri Katonda noku'kiriza Mukama wa'fe Isa Masiya. Kakano, laba, bwensibi'dwa mu mwoyo, ng'enda Eyerusalemi, nga simanyi byendiraba eyo, wabula nga Omwoyo Omutukuvu antegēza mu buli kibuga ngagamba nti okusibibwa nokubonyabonyezebwa bi'nindiri'de. Naye obulamu bwānge sibulowōza nga kintu, nga bwa muwendo gyendi, ndyoke ntūkirize olugendo lwānge nokuwereza kwenawebwa Mukama (wa'fe) Isa, okutegēzānga enjiri eyekisa kya Katonda. Kakano, laba, 'nze 'manyi nga temukyandaba maso gānge 'mwe 'mwena benaitāngamu nga mbūlira obwakabaka. Kyenva mbategēza lero nti 'nze ndi mulongōfu olwo musai gwa bona, kubanga sekekānga kubabūlira kutēsa kwa Katonda kwona. Mwekūmenga 'mwe 'mwe'ka nekisibo kyona Omwoyo Omutukuvu mweyabateka 'mwe okuba abalabirizi, okulūndānga ekanisa ya Katonda gyeyegulira nomusaigwe ye nyini. 'Nze 'manyi nga bwendimala okuvawo emisege emikāmbwe giriingira mu'mwe tegirisāsira kisibo; era mu'mwe 'mwe'ka muliva abantu nga bogera ebigambo ebikyāmye, okuwalula abaigirizwa enyuma wābwe. Kale mutunule, mu'jukire nga salekānga kulabula buli muntu namaziga mu

myāka esatu emisana nekiro. Era ne kakano mbasigira Katonda nekigambo ekyekisakye ekiīnza okuzīmba nokugaba obusika mwabo bona abatukuzibwa. Segōmbānga feza ya muntu yena newakuba'de zābu newakuba'de ekyambalo. 'Mwe mumanyi ngemikono gino gye gyakolānga byenetāga nabo abāli nānge. Mbalaze mu byona bwekibagwānira okukolānga emirimu bwebatyo nokubērānga abatalina mānyi, noku'jukirānga ebigambo bya Mukama (wa'fe) Isa bweyagamba ye nyini nti Okugaba kwa mukisa okusinga okutōla.

¶ *Awo Omulabirizi omulala nalyoka asoma Enjiri.*

*Yok.* xxi. 15.

AWO bwebāmala okulya, Isa nāgamba Simoni Petero nti Simoni, (omwāna) wa Yokana, onjagala okukira bano? Nāmugamba nti Wewawo, Mukama wānge; 'gwomanyi nga nkwagala. Nāmugamba nti Līsānga abāna bendiga bānge. Nāmugamba nate omulūndi ogwokubiri nti Simoni (omwāna) wa Yokana, onjagala? Nāmugamba nti Wewawo, Mukama wānge; 'gwomanyi nga nkwagala. Nāmugamba nti Lūndānga endiga zānge. Nāmugamba omulūndi ogwokusatu nti Simoni (omwāna) wa Yokana, onjagala? Petero nānakuwala kubanga amugambye omulūndi ogwokusatu nti Onjagala? Nāmugamba nti Mukama wānge, 'gwomanyi byona; 'gwotegēra nga nkwagala. Isa nāmugamba nti Līsānga endiga zānge.

OBA ENO. *Yok.* xx. 19.

AWO ku lunaku luli bwebwali akawungēzi, ku lunaku olusoka munaku omusānvu, enzi'gi bwezali nga zi'ga'dwawo abaigirizwa mwebāli, olwokutya Abayudaya, Isa na'ja, nāīmirira wakati mubo, nābagamba nti Emirembe gibe mu'mwe. Awo bweyamala okwogera bwatyo, nābalaga engaloze nembirīzize. Abaigirizwa nebasanyuka, bwebālaba Mukama (wābwe). Awo Isa nābagamba nate nti Emirembe gibe mu'mwe: nga Kitānge bweyantuma 'nze, nānge bwentyo mbasindika 'mwe. Bweyamala okwogera ekyo, nāba'siza omu'ka, nābagamba nti Mutōle Omwoyo Omutukuvu: bemunāgyānako ebibi bona, ba'gyibwako; bemunāsibirānga ebibi bona, basibirwa.

OBA ENO. *Mat.* xxviii. 18.

ISA na'ja nāyogera nabo, nāgamba nti Mpere'dwa obuīnza bwona mu 'gulu ne kunsi. Kale mugende, mufūle amawānga gona abaigirizwa, nga mubabatiza okuingira mu linya lya Kita'fe Nomwāna Nomwoyo Omutukuvu; nga mubaigiriza okukwata byona byenabalagira 'mwe: era, laba, 'nze ndi wamu na'mwe enaku zona, okutūsa emirembe gino lwegiri'gwāwo.

¶ *Enjiri Nenzikiriza eya Nike nokubulira nga biwede, Omulabirizi gwebalonze (ngayambade Rochet, ye kanzu eyobulabirizi) aje,*

Digitized by Google

*Abalabirizi babiri nga bamuleta eri Sabalabirizi owesazoa eryo (oba Omulabirizi omulala atekebwawo nga amateka bwegali), Sabalabirizi atule ku ntebeye kumpi Nemeza Entukuvu, era Abalabirizi abamuleta bayogere nti.*

KITAFE owekitibwa mu Katonda, tukuletede omuntu ono owempisa enungi, era aigirizibwa enyo, omusewo, omwāwule okuba Omulabirizi.

¶ *Awo Sabalabirizi nalyoka abuza Ebaluwa eya Kabaka eyokumwawula, ebaluwa neryoka esomebwa: nebalyoka balaira ekirairo ekyokuwuliranga bulungi Sabalabirizi, bwebati:*

*Ekirairo ekyokuwuliranga obulungi Sabalabirizi.*

MU Linya lya Katonda. Amina. Nze *Gundi* alondedwa okuba Omulabirizi owekanisa eye *Gindi* nzikiriza, era nsubiza okutyanga nokuwuliranga obulungi Sabalabirizi Nekanisa eya Metropoli nabo abagenda okubawo: Katonda ambere okukolanga bwentyo, kubwa Isa Masiya.

¶ *Sabalabirizi bwatekebwawo talaira ekirairo kino.*

¶ *Awo Sabalabirizi nalyoka akutira abantu abali awo okusaba, ngabagamba nti*

ABOLUGANDA, kyawandikibwa mu Njiri ya Luka nti Omulokozi wafe Masiya yanyikira ekiro kyona ngasaba nalyoka alonda Abatumebe ekumi nababiri nabatuma. Kyawandikibwa era mu Bikolwa Ebyabatume nti Abaigirizwa abali mu Antiokia basība nebasaba nebalyoka basa emikono ku Paulo ne ku Balanaba nebabasindika. Kale nafe tukwate empisa eso eya Masiya Neyabatume: tusoke tusabe tulyoke twāwule omuntu ono gwebamaze okutuletera, era tulyoke tumutume, agende akole omulimu gwetukiriza Omwoyo Omutukuvu gwamuitide.

¶ *Nebalyoka bayogera Litani, nga bwekiragirwa mu Byokwawula Abadikoni, wabulanga webasoma nti* Okirize okwakira Abalabirizi bona, *nebirala, olunyiriri olulagirwa okudirirawo, baluleke nga basoma kino mu kifo kyalwo: nti*

OKIRIZE okumuwa omukisa owoluganda ono gwebalonda, nokumufukako ekisakyo, akolenga bulungi omulimu gwaitidwa Ekanisayo ezimbibwe, era Erinyalyo libemu ekitibwa, litenderezebwe, ligulumizibwe:

Okudamu. *Ai Mukama wafe omulungi, tukwegairide otuwulire.*

¶ *Awo nebalyoka basaba ebigambo bino.*

KATONDA Omuinza webintu byona, agaba ebirungi byona, eyalagira engeri ezitali zimu Ezabawereza mu Kanisayo, Omwoyo Omutukuvu nga ye Mutegeza: tunulira nekisa omuduwo ono aitibwa kakano okukola omulimu egwomulabirizi nokuguwerereza-

Digitized by Google

ngamu: mujuze ebigambobyo ebyamazima, mwāmbaze empisa enungi alyoke akuwereze nobwesigwa mu mulimu guno, byona byakola, era byayogera, nga birungi; Erinyalyo ligulumizibwe, Ekanisayo ezimbibwe, efugibwe bulungi: olwobulungi bwa Isa Masiya Omulokozi wafe, abera omulamu, afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu emirembe egitagwawo. *Amina.*

¶ *Awo Sabalabirizi nalyoka atula ku ntebeye nagamba ono abade aze okwawulibwa, nti*

OWOLUGANDA, kubanga Ebyawandikibwa Ebitukuvu Nebikanoni ebyeda bitulagira obutayanguirizanga kusako emikono ku muntu yena oba okumukiriza okufuga Ekanisa ya Masiya gyeyagula nomuwendo ogwenkanawo, gwe musaigwe ye gweyayiwa: kyenva njagala okukubuza ebigambo nga sinaba kukukiriza okufuga bwotyo; abantu abali wano balyoke bawulire, era babere abajulirwa bwoteseza okwegenderezanga mu Kanisa ya Katonda.

OMAZE nokiriza nti oitidwa dala amazima okukolanga omulimu guno: nga Mukama wafe Isa Masiya bwayagala, era nga empisa ezobwakabaka buno bweziri?

*Okudamu.* 'Maze nenzikiriza bwentyo.

*Sabalabirizi.*

OMAZE nokiriza nti Ebyawandikibwa Ebitukuvu birimu okuigiriza kwona okumala okulokolera dala omuntu emirembe nemirembe, olwokwesiga Isa Masiya? Ate wenyuwereza dala okuigirizanga abantu boliteresebwa okubakumanga, ebigambo ebiva mu Byawandikibwa ebyo: era okugananga okuigiriza ekigambo ekirala kyona nga kyetagibwa okulokolera dala omuntu emirembe nemirembe, wabula nga ebyo byomaze okukiriza nga Ebyawandikibwa bibikakasa, era bibitegeza?

*Okudamu.* 'Maze nenzikiriza bwentyo, era nokwagala njagala okukolanga bwentyo, nga nina amanyi ga Katonda.

*Sabalabirizi.*

ONONYIKIRANGA okusoma nokuiga Ebyawandikibwa ebyo ebitukuvu nobwesigwa: ate nokusaba onosabanga Katonda okukubera obitegere obulungi: olyoke obemu amanyi gabyo agokuigirizanga nokubuliranga ebigambo ebiwoma: era nagokugananga nokusinganga abayomba nebyo?

*Okudamu.* Nakolanga bwentyo, Katonda nga ye Mubezi wange.

*Sabalabirizi.*

WETESETESE okugobera dala ebyokuigiriza byona ebyobulimba, nebyokukyamya ebitagerageranyizika Nekitabo kya Katonda? era ewuwo eka, era ne mu lwatu okusabanga nokukubirizanga abalala okukolanga bwebatyo?

*Okudamu.* Netesetese, Katonda nga ye Mubezi wange.

*Sabalabirizi.*

ONOGANANGA ebitali bya Katonda byona nokwegomba kwona okwensi: onegenderezanga nobutukirivu nobutukuvu munsi muno eya kakano: olyoke weragenga mu byona okuba ekyokulabirako ekyebikolwa ebirungi mu maso ga banamwe, oyo atukyawa aswazibwenga, aleme okukugyako ensonga?

*Okudamu.* Nakolanga bwentyo, Katonda nga ye Mubezi wange.

*Sabalabirizi.*

ONOTENDERANGA obuterevu nokwagala nemirembe mu bantu bona: era onebibunyanga ebyo nga bwonoinzanga: era mu Bulabirizibwo onokangavulanga bona abatawulira, era abaziza emisango: nga obuinzabwo bwebuli, obuinza obwo bwowebwa mu Kitabo kya Katonda, era nobwo Amateka gensi gwegakuwa mu bwakabaka buno?

*Okudamu.* Nakolanga bwentyo, Katonda nga ye Mubezi wange.

*Sabalabirizi.*

ONOBANGA mwesigwa ngoyawula, era ngotuma, era ngosako emikono ku balala?

*Okudamu.* Nakolanga bwentyo, Katonda nga ye Mubezi wange.

*Sabalabirizi.*

ONOBANGA muwombefu kubwa Masiya, onosasiranga abavu, nabatalina bintu nabagenyi bona abetaga okuberwa?

*Okudamu.* Nabanga bwentyo, Katonda nga ye Mubezi wange.

¶ *Awo Sabalabirizi nalyoka aimirira nayogera nti*

KATONDA Ainza-byona, Kitafe owomu gulu, akuwade ekisa okwagala okukolanga ebyo byona, akuwe namanyi nobuinza okubitukirizanga ebyo: ye ngakwongerako omulimu guno omulungi gwosose okukola, gwe olyoke olabike ku lunaku olwenkomerero ngoli mutukirivu, nga toliko nsonga: kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Awo Omulabirizi nalyoka ayambala ebyobulabirizi ebirala: nalyoka afukamira, nebalyoka bayimba oba nebogera gyali* Veni Creator Spiritus. *Awo Sabalabirizi ngasoka Nabalabirizi awamu nabantu abalala abali awo nga badamu enyiriri enyiriri, bwebati.*

OMWOYO Omutukuvu jangu, o'ke mu bulamu bwafe,
*Era obwākire nomuliro oguva eri Katonda.*
Gwe Omwoyo atufukako amafuta,
*Era agaba ebirabobyo ebitukuvu ebiri ngeri omusanvu.*

Okufukakwo kwetwebaza okuva mu gulu,
*Kuleta esanyu, nobulamu, nokwagala okwaka.*

Digitized by Google

Otuletere omusana ogwoluberera,
*Tulyoke tulabe, fe abamaso agaliko ekifu.*

Tufuke ku maso agalina enkulukuse,
*Ekisakyo ekisukirivu, tusanyuse.*
Ogobere wala abalabe bafe, tutereze emirembe mu'ka yafe
*Bwonotukulemberanga, tetulibako bubi.*

Tumanyise Kitafe Nomwana,
*Era Nawe omuva bombi okuba Obumu.*
Tulyoke tuimbenga emirembe gyona
*Oluimba lwafe olutagwengawo;*

Etendo libe eri Obulungibwo obwoluberera,
*Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu.*

*Nga bwebakola mu Byokwawula Abakade.*

¶ *Ebyo nga biwede, Sabalabirizi nayogera nti*

Mukama, wulira okusaba kwafe.
*Okudamu.* Nokukowola kwafe kutuke gyoli.

Tusabe.

KATONDA Ainza-byona, gwe Kitafe owokusasira kwona, olwobulungibwo obutakoma wawayo Omwanawo omu eyali mwagalwa nyo, alyoke abe Omulokozi wafe, era Nomulesi owobulamu obutagwawo: oyo bweyamala okufa nalyoka atukiriza okununula kwafe, era bweyagenda mu gulu, nokufuka yafuka ebirabobye ku bantu: abamu nabasawo okuba Abatume, abamu okuba Banabi: abamu okuba Ababulizi-benjiri; abamu okuba Abasumba Nabaigiriza, Ekanisaye eryoke ezimbibwe, era etukirizibwe: muwe tukwegairide omuduwo ono ekisa bwekiti okubuna yeteketeke okubunya enjiriyo bulijo, bye bigambo ebirungi ebyokutabagana nawe: ate okufuga afuge nga bwawebwa obuinza, abantu balokoke, era baberwe; aleme okufuga obubi ngasasanya abantu, ngabajoga: alyoke agabirenga abantubo omugabo gwabwe ngali omudu owamagezi era omwesigwa mu ntuko zagwo; era enkomerero akirizibwe okuingira mu sanyu eritagwawo: kubwa Isa Masiya Mukama wafe, abera omulamu awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, Katonda omu, emirembe egitagwawo. *Amina.*

¶ *Awo Omulabirizi gwebalonze afukamire ku mavivige mu maso ga Sabalabirizi Nabalabirizi abaliwo, balyoke bamuseko emikono gyabwe, Sabalabirizi ngayogera nti*

WEBWA Omwoyo Omutukuvu olyoke okolenga Omulimu Ogwomulabirizi gwowebwa kakano olwokukusako emikono gyafe: mu Linya lya Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu. Amina. Ate jukira okusēsanga ekirabo kya Katonda ekimaze okukuwebwa olwokusibwako emikono gyafe kakano; kubanga Katonda teya-

Digitized by Google

tuwa fe omwoyo ogwokutya, naye ogwamanyi, era ogwokwagala, era ogwokwegendereza.

¶ *Sabalabirizi nalyoka amuwa Baibuli emu ngayogera nti*

NYIKIRANGA okusoma nokubulira nokuigiriza. Lowozanga kwebyo ebiri mu Kitabo kino. Fubanga okubiiga, abantu bona balyoke balabenga nti oyongede amanyi okubikwata. Wekumenga weka, era wekumenga okuigirizakwo, era nyikiranga okubikola: kubanga bwonokolanga bwotyo, olyerokola weka, era nabo abakuwulira. Abomu kisibo kya Masiya baberere Omusumba, so si musege: balīsenga tobatagulanga. Kwatanga ku banaku, wonyanga abalwade, sibanga abamenyeka: ingizanga abagobebwa, nonyanga abo ababade babuze. Sasiranga, naye sasiranga ngolina amagezi: bonerezanga, naye tewerabiranga kisa: Omusumba omulungi bwalija, olyoke owebwa engule eyekitibwa etawotoka: kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Awo Sabalabirizi nalyoka adira Ebyokusekimu; era Omulabirizi akajanga ayawulibwe asekimu era naye awamu nabantu abalala.*

¶ *Ate Esala ekomererayo, nga baingira mu Byomukisa, mu kifo kyayo basomenga Okusaba kuno.*

KITAFE owekisa ekingi, tukwegairira okufuka ku muduwo ono omukisagwo oguva mu gulu: muwe Omwoyowo Omutukuvu bwotyo, nokunyikira nanyikira okuweranga, nokunenyanga, nokubuliranga ngabulira ekigambokyo, ngalina okugumikiriza kwona nokuigiriza kwona. Ate nokwefula yefule ekyokulabirako ekirungi enyo eri abo abakiriza mu kwogera, mu kunyumya, mu kwagala, mu kukiriza, mu kuba omulongofu, mu kwewala okwenda: alyoke awebwe engule eyobutukirivu ku lunaku olwenkomerero: ngatukiriza olugendolwe nobwesigwa, engule eyo eterekedwa Mukama asala emisango egyensonga, abera omulamu, afugira awamu ne Kitafe Nomwoyo Omutukuvu, emirembe egitagwawo. *Amina.*

AI Katonda, tukwegairira otukulembere mu kulowoza otubere mu kukola, byetukola byona bisoke gyoli bitukirizibwe gwe, tutendereze bulijo Erinyalyo etukuvu, tuwebwe olwomukisagwo obulamu obwemirembe nemirembe; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

EMIREMBE gya Katonda, egisinga okutegerwa kwona, gibakume emitima gyamwe namagezi gamwe bireme okuva mu kumanya nokwagala Katonda Nomwanawe Isa Masiya Mukama wafe; nomukisa gwa Katonda Ainza-byona, Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu, gube kumwe, guleme okubavako emirembe nemirembe. *Amina.*

Digitized by Google

## ENGERI EYOKUSABA NOKWEBAZA KATONDA AINZA-BYONA.

¶ *Okusabibwa mu kanisa zona mu bwakabaka buno, buli mwaka, ku lunaku Kabaka afuga lweyaliramu obwakabakabwe, oba ku lunaku olulala nga bwelunalagirwanga bananyini mulimu ojwo.*

¶ *Mu Kusaba Kwenkya nokwa Kawungezi zabuli zino ezidirira, nebitundu, nesala zinainzanga okusomebwa.*

*Zabuil ezalagigwa.* 20, 101, 121.

*Ebitundu ebyalagirwa.*

*Ekyoluberyeberye.* Yosuwa 1 okutusa ku lu. 10, oba Ngero 8 okutusa ku lu. 17.

*Ekyokubiri.* Balumi 13 okutusa ku lu. 11, oba Okubikulirwa 21 lu. 22 okutusa ku 22 lu. 4.

*Ebitundu ebisomebwa Enzikiriza nga ewede.*

*Omukade.* Ai Mukama otusasire.
*Okudamu.* Otuwe obulokozibwo.
*Omukade.* Ai Mukama olokole Kabaka.
*Okudamu.* Akwesiga gwe.
*Omukade.* Omuwerezo okuberwa okuva mu kifokyo ekitukuvu.
*Okudamu.* Omukumenga namanyi enaku zona.
*Omukade.* Bera ekigokye ekinyuwevu, Ai Mukama.
*Okudamu.* Mu maso ga balabebe.
*Omukade.* Yambaza abawerezabo obutukirivu.
*Okudamu.* Sanyusa abantubo abalonde.
*Omukade.* Ai Katonda lokola abantubo.
*Okudamu.* Nobusikabwo obuwe omukisa.
*Omukade.* Ai Mukama otuwe emirembe mu naku zafe.
*Okudamu.* Kubanga tewali mulala atulwanirira, wabula gwe weka, Ai Katonda.
*Omukade.* Ai Mukama wulira okusaba kwafe.
*Okudamu.* Nokukowola kwafe kutuke gyoli.

¶ *Esala eyoluberyeberye nga ewede mu Kusaba Kwenkya oba Kwakawungezi, esala eno enediriranga.*

AI Katonda, awa abantubo byebetaga namanyigo, era abafuga mu kwagala: kiriza bwotyo okuwa omukisa omuduwo Kabaka wafe, egwanga lino lirioke lifugibwenga ye obulungi, era ne kanisayo ekuwerezenga mu mirembe gyona egya Katonda, era kiriza ye ngayeweredeyo dala gyoli nomutimagwe gwona, era nganyikira mu bikolwa ebirungi okutusa kunkomerero, olwokulung'amyakwo, alioke atuke mu bwakabakabwo obutaligwawo: kubwa Isa Masiya omwanawo Mukama wafe, abera omulamu

Digitized by Google

afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, Katonda omu enaku zona, emirembe egitagwawo. *Amina.*

¶ *Obanga basoma oba baimba Litani, esala zino zinadiriranga esala "Ai Kitafe, tukwegairira nobuwombefu:" era obanga Litani tesomodwa, esala zino zinasomebwanga mu kifo kyesala ya Kabaka ne bagandabe mu kusaba Kwenkya oba Kwakawungezi.*

AI Mukama Katonda wafe, awanirira era afuga ebintu byona ne kigambo kyobuinzabwo: kiriza okusaba kwafe, okwobuwombefu olwa Mukama wafe Kabaka *DAUDI*, eyatekebwawo okuba Kabaka wafe, *nga ku lunaku lwa lero*, olwekisakyo nolwokutegerakwo: era awamu naye obawe omukisa, tukwegairide, Namasole, ne Lubuga, abalangira nabambeja ne baganda ba Kabaka bona, bo nga besiga enaku zona obulungibwo, era nga bakumibwa namanyigo, era nga batikirwa engule eyokwagalakwo okwekisa ekitagwawo, babere mu masogo nemirembe awatali kabi, era nesanyu nekitibwa, era bwebalimala okufa balioke bafune obulamu nekitibwa ebitagwawo; olwobulungi nokutabagana kwa Masiya Isa Omulokozi wafe, abera omulamu afugira awamu nawe Nomwoyo Omutukuvu, Katonda omu, emirembe egitagwawo. *Amina.*

AI Katonda Ainza-byona, afuga obwakabaka bwensi bwona, era abukyusa nga bwosima obulungi; tukwebaza amazima, kubanga wasima, *nga ku lunaku lwa lero*, okuteka omuwerezawo Mukama wafe Kabaka *DAUDI* kuntebe eyobwakabaka buno. Amagezigo gamukulemberenga, era omukonogwo gumuwenga amanyi: amazima nobwesigwa, era obutukuvu nobutukirivu, era emirembe nokwagala byerenga mu mirembegye. Omulung'amyenga mu byanatesanga byona, ne mu byona byanakolanga, olioke owebwenga ekitibwa, era abantube baberenga bulungi: era otuwe ekisa tumugonderenga nesanyu olwemyoyo gyafe, era emyoyo gya bantube giberenga gyali enaku zona: awangale mu bwakabakabwe era abere nomukisa, era omutikire engule eyobulamu obutagwawo mu biro ebigenda okuja, kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

¶ *Esala esaba okutabagana.*

AI Katonda, Kitawe wa Mukama wafe Isa Masiya, Omulokozi wafe omu yeka, Omulangira wemirembe, otuwe omukisa tusizeko dala emyoyo ku bubi bwafe obunene bwetulimu olwokwawukana kwafe okunene. Gyawo obukyayi bwona nokuterera kwona, ne bigambo ebirala byona ebiinza okutuziiza mu kugatibwa awamu okwa Katonda, nokutabagana: era kubanga Omubiri guli gumu gwoka, ne Mwoyo omu, nokusubira kumu okwokuitibwa kwafe, Mukama omu, okukiriza kumu, okubatiza kumu, Katonda omu Kitafe fena, bwetutyo okuva lero fena tulowozenga bumu nomutima, nga tugatidwa awamu mu mazima nemirembe, nokukiriza nokwagala, tulioke tukugulumizenga nomwoyo gumu nedobozi limu; kubwa Isa Masiya Mukama wafe. *Amina.*

Digitized by Google

# EBIGAMBO EBYEDINI.

## I. *Ebyokukiriza Obusatu Obutukuvu.*

WALIWO Katonda omu yeka omulamu owamazima, atagwawo, atalina mubiri newakubade bitundu newakubade kukwatibwa ebintu byona; amanyige, namagezige, nobuluugibwe tebigereka; Omutonzi era Omukumi webintu byona ebirabika nebitalabika. Ne mu bumu Obwobwakatonda obwo mulimu baperesona basatu, okubera kwabwe kumu, namanyi gabwe gamu, nobutagwawo bwabwe bumu; Kitafe, Nomwana, Nomwoyo Omutukuvu.

## II. *Ebya Kigambo oba Mwana wa Katonda, eyafuka omuntu dala.*

OMWANA, kye Kigambo kya Kitafe, eyazalibwa Kitafe okuva eda neda lyona, ye Katonda dala atagwawo, era alina okubera okumu ne Kitafe, yatwalira obuzaliranwa bwomuntu mu lubuto Lwomuwala atamanyi musaja eyawebwa omukisa, ngabugya mu mubirigwe; bwekutyo okubera kwombi okulamba okwatukirira, bwe Bwakatonda Nobuntu, nokugatibwa nekugatirwa wamu mu Muntu omu, okutakyayawukana, ye Masiya omu, Katonda dala era omuntu dala; eyabonyabonyezebwa dala, nakomererwa, nafa, nazikibwa, okutabaganya Kitawe nafe, nokuba sadaka, si lwa kibi kya buzaliranwa kyoka, era naye nolwokwonona kwona abantu kwebakola.

## III. *Ebyoku'ka kwa Masiya Emagombe.*

NGA Masiya bweyatufirira nazikibwa; era bwekityo kigwana nokukirizibwa nga ya'ka Emakombe.

## IV. *Ebyokuzukira kwa Masiya.*

MASIYA yazukirira dala mu bafu, natwala nate Omubirigwe nga gulina enyama namagumba, ne byona ebigwanira obuzaliranwa bwomuntu obwatukirira, nalinya mu gulu ngalina ogwo, era atude eyo okutusa lwalikomawo okusala omusango gwabantu bona ku lunaku olwenkomerero.

## V. *Ebyomwoyo Omutukuvu.*

OMWOYO Omutukuvu, ava mu Kitafe Nomwana, alina okubera kumu, nobukulu bumu, nekitibwa kimu ne Kitafe Nomwana, Katonda dala era atagwawo.

## VI. *Ebyebyawandikibwa Ebitukuvu nga bimala okulokola.*

EBYAWANDIKIBWA Ebitukuvu birimu ebigambo byona ebyetagibwa okulokola; kyekiva kitagwanira kukirizisa muntu yena nga kigambo kya Dini, oba ngekyetagibwa okulokola, ekigambo kyona kyona ekitasomebwa mwebyo, oba ekitainzika kute-



Digitized by Google

gezebwa ebyo. Ekigambo ekyo nti Ebyawandikibwa Ebitukuvu, amakulu gakyo Bitabo ebyo Ebyendagano eyeda nempya, ebyakirizibwa, ebitabusibwabusibwanga mu Kanisa nga bya mazima.

Ebyamanya Gebitabo ebyakirizibwa Nomuwendo gwabyo.

*OLUBERYEBERYE,*
*Okura,*
*Ebyabalevi,*
*Okubala,*
*Ekyamateka,*
*Yosuwa,*
*Ekyabalamuzi,*
*Lusi,*
*Ekitabo kya Samuwiri ekyoluberyeberye,*
*Ekitabo kya Samuwiri ekyokubiri,*
*Ekitabo kya Basekabaka ekyoluberyeberye,*
*Ekitabo kya Basekabaka ekyokubiri,*
*Ebyomumirembe gya basekabaka, ekyoluberyeberye,*
*Ebyomumirembe gya basekabaka, ekyokubiri,*
*Ekitabo kya Ezera,*
*Ekitabo kya Nekemiya,*
*Ekitabo kya Eseza,*
*Ekitabo kya Yobu,*
*Zabuli,*
*Engero,*
*Omubulizi,*
*Oluimba olusinga enyimba,*
*Bana'bi abakulu abana,*
*Bana'bi abato ekumi nababiri.*

Nebitabo ebirala (nga *Yeromu* bweyayogera) Ekanisa ebisoma olwokugererangako nolwokuigiriza empisa enungi; naye tebigyibwamu kigambo kyona kya kukiriza; bye bino:

*Ekitabo kya Esederasi ekyoluberyeberye,*
*Ekitabo kya Esederasi ekyokubiri,*
*Ekitabo kya Tobiya,*
*Ekitabo kye Yudisi,*
*Ebyasigalira Ebyekitabo kya Eseza,*
*Ekitabo Kyamagezi,*
*Isa omwana wa Siraka,*
*Baluka Na'bi,*
*Oluimba Lwabana Abasatu,*
*Ebya Susana,*
*Ebya Beri Nogusota,*
*Okusaba kwa Manase,*
*Ekitabo Kyabamakabe ekyoluberyeberye,*
*Ekitabo Kyabamakabe ekyokubiri.*

Digitized by Google

Ebitabo byona Ebyendagano Empya, ngabantu bona bwebabikiriza, nafe tubikiriza, era tubirowoza nga bya Katonda.

### VII. *Ebyendagano Eyeda.*

ENDAGANO Eyeda tewakana na Mpya; kubanga mu Ndagano Eyeda Nempya zombi abantu mwebawerwa obulamu obutagwawo kubwa Masiya, ye Mutabaganya yeka owabantu eri Katonda, kubanga ye Katonda era ye muntu. Kyekiva kitugwanira obutawuliranga abo abalimba, nga bogera nti abakade abeda basubira ebyasubizibwa ebyomunsi mwoka. Amateka Katonda geyawera abantu mu Musa mu bigambo byempisa ezokungulu tegagwanira Bamasiya, so nebigambo byago ebyokufuga ensi tebigwanira bantu bona okubikwata; era naye tewali Mumasiya nomu atagwanira kuwulira mateka agaitibwa agomwoyo.

### VIII. *Ebyezinzikiriza zonsatule.*

ZINZIKIRIZA zonsatule Eyenike, neya Asanasio, neyo eitibwa Nzikiriza Eyabatume, kigwanira okuzikiririza dala obutabusabusa; kubanga ziinzika okutegezebwa nebigambo ebitabusibwabusibwa na katono Ebyomubyawandikibwa Ebitukuvu.

### IX. *Ebyekibi ekyobuzaliranwa.*

EKIBI ekyobuzaliranwa tekiva mu kugoberera Adamu (nga Abaperagi bwebogera ebyobusirusiru), naye bwo bubi era bwe bwononefu obwobuzaliranwa obwa buli muntu, azalibwa omusaja nomukazi mu zade lya Adamu, obwawukanya abantu okuba ewala enyo nobutukirivu obwoluberyeberye, era mu buzaliranwa bwabwe bo kyebava bagala obubi, omubiri nokwegomba negwegomba nga gulwana nomwoyo bulijo, era mu buli muntu azalibwa munsi muno kyeguva gusanira obusungu bwa Katonda nomusangogwe. Era obwononefu obwo obwobuzaliranwa bubera ne mwabo abazalibwa omulundi ogwokubiri; okwegomba kwomubiri, Abayonani kwebaita "fronima sarkos," abalala kwebategeza amagezi gomubiri, abalala omululu gwagwo, abalala engeri yagwo, abalala okwagala kwagwo, tekuwulira mateka ga Katonda. Era newakubade nga tebaliko musango abo abakiriza ababatizibwa; era naye Omutume yagamba ngokwegomba nomululu bye nyini birina engeri eyekibi.

### X. *Ebyokumalirira okukiriza omuntu yeka.*

ADAMU bweyamala okugwa, abantu bali bwebatyo nokuinza tebainza kwekyusa nokwetekateka okukiriza nokusaba Katonda, mu manyi gabwe gebalina mu buzaliranwa bwabwe, ne mu bikolwa byabwe ebirungi; kyetuva tulema okuba nobuinza okukola ebikolwa ebirungi, Katonda byasima byayagala, wabula ekisa kya Katonda nga kitukulembera, tulyoke tubere nokwagala okulungi, era nga kikolera wamu nafe, bwetumala okuba nokwagala okwo okulungi.

Digitized by Google

## XI. *Ebyobutukirivu Abantu bwebabuwebwa.*

TUBALIBWA ngabatukirivu mu maso ga Katonda, olwobulungi bwa Mukama wafe Omulokozi wafe Isa Masiya bwoka mu kukiriza, so si lwa bikolwa byafe fe, newakubade olwobulungi bwafe; okuigiriza nga tuwebwa obutukirivu olwokukiriza kwoka kyekuva kubera okulungi enyo, era okusanyusa enyo, nga bweku-togezebwa mu bigambo ebingi mu Byokubulira Ebyokuwebwa Obutukirivu.

## XII. *Ebyebikolwa Ebirungi.*

EBIKOLWA ebirungi, bye bibala byokukiriza, era bye bidirira okuwebwa obutukirivu, newakubade nga tebiinza kugyawo ebibi byafe, newakubade okusinga omusango gwa Katonda omu-zibu; era naye Katonda abyagala abisimira mu Masiya; era tebirema kuva mu kukiriza okwamazima okulamu: bwekutyo okukiriza okulamu kutegererwa mangu kubyo, ngomuti bwegute-gererwa ku bibala byagwo.

## XIII. *Ebyebikolwa ebikolebwa omuntu nga tanawebwa Butukirivu.*

EBIKOLWA ebikolebwa omuntu nga tanawebwa kisa kya Ma-siya nokuigiriza Kwomwoyowe, Katonda tabyagala; kubanga tebiva mu kukiriza Isa Masiya; so tebyetesatesa bantu okubawesa ekisa, so tebibasanyisisa kisa olwokutabagana, ngabaigiriza abalala bwebaigiriza; era naye kubanga tebikolebwa nga Katonda bwaya-gala, era bweyalagira okubikola, tetubusabusa nga birina engeri yekibi.

## XIV. *Ebyebikolwa Ebisukirira.*

EBIKOLWA ebitalagirwa ebisukirira Amateka ga Katonda, byei baita Ebikolwa Ebisukirira, tebiinzika kuigirizwa awatal-malala nokunyoma Katonda; kubanga abantu kweboleseza bwe-batyo nga bakolera dala Katonda ebibagwanira byona, era nti nokukola bakola okusukiriza ebibagwanira okukola kululwe; songa Masiya yayogerera dala bwati nti Bwemumalanga okukola byona byemwalagirwa, mwogeranga nti Tuli badu abatasana.

## XV. *Ebya Masiya nga ye yeka teyalina kibi.*

MASIYA mu mazima agobuzaliranwa bwafe yafananyizibwa nga fe mu byona, wabula ekibi kyoka; kyatalina na katono awatali kubusabusa, newakubade mu mubirigwe, newakubade mu mwoyogwe. Yaja okuba Omwana wendiga ataliko kamogo, eyaja okwewayo yeka omulundi ogumu, alyoke agyewo ebibi byensi; nekibi tekyali muye, nga Yokana Omutukuvu bwayogera. Nayo fe fena abalala, newakubade nga twabatizibwa, era nga twazalibwa omulundi ogwokubiri mu Masiya, naye twonona mu bigambo bingi; era bwetwogera nga tetulina kibi, twerimbalimba, songa mamazima tegali mufe.

Digitized by Google

### XVI. *Eyekibi ekikolebwa omuntu ngamaze Okubatizibwa.*

BULI kibi eki'ta omuntu kyakola ngamanyiride ngamaze okubatizibwa sikwe kusobya ku Mwoyo Omutukuvu, so sikye kitainzika kusonyibwa. Kyetuva tulema okugana okwenenya abo abagwa mu kwonona nga bamaze okubatizibwa. Bwetumala okuwebwa Omwoyo Omutukuvu, tuinza okuva mu kisa kyetwawebwa, nokugwa mu kwonona, era olwekisa kya Katonda tuinza okugolokoka nate, nokulongosa empisa zafe. Era omusango kyeguva gubasinga abo abogera nga tebakyainza kwonona nga bakyali munsi muno, era nabo abagana okusonyibwa abo abenenya amazima.

### XVII. *Ebyokutekebwawo Nokulondebwa.*

OKUTEKERWAWO obulamu kwe kutesa kwa Katonda okuva eda neda lyona, kweyalagiriramu (nga tanatandika kutonda nsi) mu magezige getutamanya, okuwonya mu kukolimirwa ne mu kusingibwa omusango abo beyalonda mu bantu mu Masiya, nokubaletera mu Masiya eri obulokozi obwemirembe nemirembe, ngebibya ebyakolerwa ekitibwa. Abawebwa omukisa ogwo ogwa Katonda ogutalabwa kyebava baitibwa Omwoyowe ngakola mu ntuko zakwo, ngokutesa kwa Katonda bwekuli; ekisa nekibawuliza okuita okwo; nebawebwa obutukirivu obwobwerere; nebafuka bana abasika ba Katonda; nebafananyizibwa ngeri Yomwanawe gweyazala omu yeka Isa Masiya; nebatambulira mu bikolwa ebirungi nga batya Katonda, era enkomerero, olwokusasira kwa Katonda, nebatuka ku sanyu eritagwawo.

Abantu abatya Katonda, nabo abawulira Omwoyo wa Masiya ngakolera mubo, ngafisa ebikolwa byomubiri nebitundu byabwe ebyokunsi, era ngabalowozesa ebigambo ebikulu ebyomugulu, bwebalowoza obulungi okutekebwawo nokulondebwa kwafe mu Masiya, bibasanyusa nyo esanyu dungi eritayogerekeka, kubanga bibategeza bibakirizisa nyo obulokozi obutagwawo, bwebaliba nabwo kubwa Masiya, era nate kubanga bibagaza nyo Katonda; era naye bwebatyo abantu abomubiri abagala okuwakana abatalina Mwoyo wa Masiya, bwebaba nebigambo ebyokutekawo kwa Katonda mu maso gabwe enaku zona, akabi kaba kanene, Setani kabasindikamu mu butasubira, oba mu butatya nga bakwata empisa ezobugwagwa obungi; era ebyo byombi byenkana akabi.

Nate, kitugwanira okukiriza Katonda byeyasubiza, nga bwebitwolesebwa mu Byawandikibwa Ebitukuvu eri abantu bona; ne mu bikolwa byafe kitugwanira okugoberera ebyo Ekigamba kya Katonda byekitubulirira dala, nga bye bibyo Katonda byayagala.

### XVIII. *Ebyokufuna Obulokozi Obutagwawo mu Linya lya Masiya yeka.*

ERA nabo bakolimidwa abang'anga okwogera nti buli muntu eteka oba edini gyakiriza nti birimulokola, bwalinyikira okulongosa empisaze ngeteka eryo bweriri, namagezi agobuzali-

ranwa nga bwegali. Kubanga Ebyawandikibwa Ebitukuvu bitubulira erinya lya Isa Masiya yeka, erigwanira abantu okubalokola.

## XIX. *Ebyekanisa.*

EKANISA ya Masiya erabika kye kibina kyabantu abakiriza, Ekigambo kya Katonda ekirongofu mwekibulirwa, Nesakalamento mwezigabirwa obulungi, nga Masiya bweyalagira mu bigambo byona ebigwanira ezo obugwanizi.

Nga Ekanisa Yeyerusalemi Neyeyalegezanderiya Neyeantiokiya bwezakyama, era Nekanisa Yerumi yakyama bwetyo, si mu mpisa zabwe ne mu bigambo ebyokungulu byoka, era naye ne mu byokukiriza.

## XX. *Ebyobuinza Bwekanisa.*

EKANISA erina obuinza okulagira empisa ezedini ezokungulu era erina amanyi awaba empaka ezebyokukiriza; era naye si kirungi Ekanisa okulagira ekigambo kyona ekiwakana nekigambo kya Katonda ekyawandikibwa, newakubade okutegeza ebitundu ebimu Ebyomubyawandikibwa okuwakanya ebirala. Kale, Ekanisa newakubade nga ye mutegeza era ye mukumi Webyawandikibwa Ebitukuvu; naye nga bwekitagigwanira kulagira kigambo kyona ekiwakana nebyo, era bwekityo tekigigwanira kukirizisa abantu ekigambo kyona ekitali mubyo, ngekibagwanira okubalokola.

## XXI. *Ebyobuinza Bwa Konsolio Ezekanisa yona.*

KONSOLIO Ezekanisa yona teziinzika kukung'anyizibwa awatali kulagira nokwagala kwa Bakabaka. Era bwezikung'ana (kubanga kye kibina kyabantu omubera abatafugibwa Mwoyo wa Katonda Nekigambokye) bainza okukyama, era nokukyama bakyama lusi na lusi, ne mu bigambo bya Katonda. Ebigambo byebalagira nga bigwanira abantu okubalokola kyebiva birema okuba namanyi newakubade obuinza, bwebitategezebwa nga byagyibwa mu Byawandikibwa Ebitukuvu.

## XXII. *Ebya Puligatoli.*

EKANISA Yerumi byeigiriza ebya Puligatoli, nokusonyibwa kwayo, nebyokusinza nokuvunamira ebifananyi, era naye nebintu ebiitibwa ebyasigalira, era nebyokusaba abatukuvu, ebyo byona bya busirusiru, tebirimu, babiyiya buyiya, tebinyuwerera mu kutegeza Kwebyawandikibwa, naye biwakana buwakanyi Nekigambo kya Katonda.

## XXIII. *Ebyokuwereza mu Kibina.*

KYA muzizo omuntu yena okwetulinkirira mu mirimu egyokubulira mu lwatu, oba egyokugaba Esakalamento mu Kibina, nga tanaitibwa nga bwekiragirwa, so nga tanatumibwa kukola egyo. Era kitugwanira okulowoza ngabo be baitibwa be batumi-

Digitized by Google

bwa nga bwekiragirwa, abalondebwa abaitirwa emirimu egyo abantu abawebwa obuinza mu lwatu mu kibina, okuita nokutuma abawereza mu lusuku lwa Mukama wafe olwemizabibu.

XXIV. *Ebyokwogera mu kibina mu lulimi abantu lwebategera.*

OKUSABA mu lwatu mu Kanisa oba okugaba Esakalamento mu lulimi abantu lwebatategera, kye kigambo ekiwakanira dala Nekigambo kya Katonda, nempisa Ezekanisa Eyoluberyeberye.

XXV. *Ebyesakalamento.*

ESAKALAMENTO Masiya zeyalagira bwe bubonero era nebyokulabirako ebitegeza Abamasiya byebakiriza, era nate Esakalamento be bajulirwa abatabusibwabusibwa, nobubonero obwekisa obukiwesa, obutulaga Katonda bwatwagala, bwakoza mufe emirimu egitalabika, bwatuwesa okumukiriza, era naye akwongerako akunyuweza.

Waliwo Esakalamento biri Masiya Mukama wafe zeyalagira mu Njiri, ze zino, Okubatizibwa Nemere ya Mukama wafe.

Ziri etano abangi zebaita Esakalamento, ze zino, Konfamasio, Okwebonyabonya, Okuwebwa Okuwereza mu Kanisa, Okufumbiriganwa, Nokusigibwako amafuta abalwade, si kirungi okuziita Esakalamento, kubanga ebimu byava mu kugoberera empisa Ezabatume okwakyama, ebimu ze ngeri zabantu Ebyawandikibwa zebikiriza, naye ebyo tebifanana nga Okubatizibwa Nemere ya Mukama wafe okuba Esakalamento, kubanga tebirina kabonero oba ekyokulabirako Katonda kyeyalaga.

Esakalamento Masiya teyaziragira okuzikanulira amaso, newakubade okuzitambuzatambuza, naye fe okuziwerezanga obulungi. Nabo boka abaziwebwa nga basanide zibawesa ebyomukisa, naye abo abaziwebwa nga tebasanide beretako musango, nga Paulo Omutukuvu bwayogera.

XXVI. *Eyobubi Bwabawereza, nga tebuziiza manyi Agesakalamento.*

MU Kanisa erabika newakubade ngababi betabise nabalungi enaku zona, era lusi na lusi ababi be balina obukulu mu kuwereza Ekigambo Nesakalamento, naye kubanga tebakola bwebatyo mu linya lyabwe, naye mu lya Masiya, era ekiragirokye nobuinzabwe bye bibasindika okuwereza, tuinza okuganya okuwereza kwabwe nga tuwulira Ekigambo kya Katonda, era nga tugabirwa Esakalamento. So obubi bwabawereza tebuziiza manyi bebyo Masiya byeyalagira, so tebukendeza ku kisa ekyebirabo bya Katonda eri abo abagabirwa obulungi, nga bakiriza Esakalamento zebabagabira; ezo zirina amanyi olwokulagira nokusubiza kwa Masiya, newakubade nga ababi be bazigaba.

Naye kye kigambo ekyokubulirira Kwekanisa, Abawereza ababi bakeberwenga, abo abamanyi okusobya kwabwe babalopenga; era oluvanyuma omusango ogwensonga bwegunamalanga okubasinga, bagobebwenga mu kuwereza.

Digitized by Google

## XXVII. *Ebyokubatizibwa.*

OKUBATIZIBWA ke kabonero akedini, nekyokwawula, ekyawula Abamasiya nabatali Bamasiya, era nate ke kabonero akokuzalibwa omulundi ogwokubiri, akali ngekintu ekiingiza, akaingiza mu kanisa abo abawebwa okubatizibwa obulungi; ebyasubizibwa ebyokusonyibwa ebibi, nebyokufuka fe abana ba Katonda Nomwoyo Omutukuvu binyuwezebwa, bisibwako akabonero akalabika; Okukiriza kunyuwezebwa, Nekisa kyongerwako olwokusaba Katonda. Okubatizibwa kwabana abato kitugwanira dala okubera nakwo mu Kanisa, kubanga empisa eyo ye yenkana obulungi nekiragiro kya Masiya.

## XXVIII. *Ebyemere ya Mukama wafe.*

EMERE ya Mukama wafe ke kabonero akokwagalana okugwanira Abamasiya boka na boka, era nate ye Sakalamento eyokununulwa kwafe olwokufa kwa Masiya; eri abo abagiwebwa obulungi nga basanide nga bakiriza, omugati gwetumenya kyeguvu gubera okusekimu omubiri gwa Masiya; era nekikompe ekyomukisa bwekityo kwe kusekimu omusai gwa Masiya.

Okufuka kwomugati nomwenge mu Mere ya Mukama wafe tekuinzika kutegezebwa mu Byawandikibwa Ebitukuvu; naye kuwakana nebigambo byebyo bye nyini, kugyawo Esakalamento, era kwe kwaleta ebyobusirusiru bingi.

Omubiri gwa Masiya gugabwa, gutolebwa, gulibwa mu Mere eyo, ngekintu ekyomugulu era Ekyomwoyo. Era Okukiriza kwe kutoza kwe kulisa omubiri gwa Masiya mu Mere eyo.

Esakalamento Eyemere ya Mukama wafe Masiya teyalagira kugitereka, newakubade okugitambuzatambuza, newakubade okugisitula, newakubade okugisinza.

## XXIX. *Ebyababi abatalya Mubiri gwa Masiya nga balya Emere ya Mukama wafe.*

ABABI nabo abatalina kukiriza kulamu, newakubade nga bagaya namanyo gabwe mu bigambo ebyokungulu ebirabika (nga Augusitino Omutukuvu bwayogera) Esakalamento Eyomubiri Nomusai gwa Masiya, naye tebalya ku Masiya na kamu koka; naye nokwesalira besalira omusango nga balya nga banywa akabonero oba Esakalamento eyekigambo ekyenkanide awo obukulu.

## XXX. *Ebyengeri zombiriri.*

EKIKOMPE kya Mukama wafe tekiganibwanga abo abatali bawereza mu Kanisa, kubanga kigwanira okugabira Abamasiya bona obutabawulamu ebitundu byombiriri Ebyesakalamento ya Mukama wafe, ngekiragiro neteka lya Masiya bwebiri.

Digitized by Google

### XXXI. *Ebyokuwayo Sadaka ya Masiya omulundi ogumu nga yagimalira dala ku Musalaba.*

SADAKA ya Masiya eyawebwayo omulundi ogumu kwe kununula okwatukirira, nokugata, nokutangirira olwebibi byabantu bona ebyobuzaliranwa era nebikolebwa; so tewali ekitangirira ebibi wabula eyo yoka. Sadaka za Misa, abantu zebogerako nti muzo Omusasedoti awayo Masiya olwabalamu nabafu, okubagyako okubonyabonyezebwa oba musango, ze nfumo ezokuvola, era bwe bulimba obulimu akabi.

### XXXII. *Ebyokufumbiriganwa Kwabakade.*

ABALABIRIZI Nabakade Nabadikoni tebalagirwanga Mateka ga Katonda okulaira obutafumbirwanga bakazi, newakubade okulekayo okufumbirwa; kyekiva kibera ekirungi nabo okufumbirwanga, obanga bāgala, era nga Nabamasiya abalala, nga bwebanalowozanga bwekiri ekirungi olwokwegendereza.

### XXXIII. *Ebyabantu abagobebwa mu Kanisa bwekigwanira okubewala.*

OMUNTU eyagobebwa Ekanisa mu lwatu mu kukanya Kwekanisa olwensonga, ekibina kyabakiriza kyona kibagwanira okumulaba nga munagwanga era omuwoza, okutusa lwalibonerera okusembezebwa mu lwatu, nokuzibwa mu Kanisa Omukulu alina obuinza obwokukola bwatyo.

### XXXIV. *Ebyempisa Zekinisa.*

SI kigambo kya kuwaliriza Empisa Nemize Ebyekanisa okwenkana mu bifo byona obutabawo kwawula; kubanga okuva eda neda tebyaberanga bimu, era biinzika okuwanyisibwa, ngensinebiro nempisa zabantu bweziri, bwewatabangawo kigambo kiragirwa ekiwakanya ekigambo kya Katonda. Omuntu yena mu magezige yeka bwasobya mu lwatu nga manyiride era ngayagala ku mpisa nemize Ebyekanisa, ebitawakanya kigambo kya Katonda Abakulu byebalagira byebasima, kigwanira okumunenya mu lwatu (abalala balyoke batye okukolanga bwebatyo) kubanga afanana ngasobeza ku mpisa Ekanisa zeyalagira, era ngali ngayononye obuinza Bwomukulu, era ngali ngafumise emyoyo gyabolugandа abanafu.

Buli Kanisa eyegwanga erina obuinza okulagira, nokukyusa, nokudibya, empisa oba emize Ebyekanisa, abantu obuntu byebalagira, kyoka ebigambo byona nga bikolebwa olwokuzimba.

### XXXV. *Ebyebyokubulira.*

EKITABO ekyokubiri ekyebyokubulira ebija okuwandikibwa amanya gabyo wano, kirimu okuigiriza okulungi okwobulamu, era okusanira ebiro bya kakano, era nga nekitabo ekyoluberyeberye ekyebyokubulira, ebyawandikirwa mu mirembe gya Edwadi owomukaga; kyetuva tulowoza nga kirungi Abawereza okubisomanga

Digitized by Google

mu Kanisa nga banyikira nedobozi eriwulikika, abantu balyoke babitegere.

Ebyamanya agebyokubulira.

*EBYEMIRIMU egikolebwa mu Kanisa bwegiri.*
2. *Ebyokusinza ebifananyi akabi bwekali akanene.*
3. *Ebyokulabirira nokuzirongosa ekanisa.*
4. *Ebyebikolwa ebirungi; okusokera ku kusiba.*
5. *Ebyobuluru nobutamivu.*
6. *Ebyokwambala ebyobuyonjo.*
7. *Ebyokusaba.*
8. *Ebyebifo nebiro ebisabirwamu.*
9. *Ebyokusaba kwabantu bona nebyokugaba Esakalamento bwekigwana okuwereza ebyo mu lulimi olutegerekeka.*
10. *Ebyokutya Ekigambo kya Katonda.*
11. *Ebyokugabira abavu.*
12. *Ebyokuzalibwa kwa Masiya.*
13. *Ebyokubonyabonyezebwa kwa Masiya.*
14. *Ebyokuzukira kwa Masiya.*
15. *Ebyokugabirwa Esakalamento Eyomubiri Nomusai gwa Masiya nga bagisanide.*
16. *Ebyebirabo Ebyomwoyo Omutukuvu.*
17. *Ebyenaku ezisoka Olwokulinya mu gulu kwa Mukama wafe.*
18. *Ebyokufumbiriganwa.*
19. *Ebyokwenenya.*
20. *Ebyokugayala bwekuli okubi.*
21. *Ebyokujema bwekuli okubi.*

XXXVI. *Ebyokwawula Abalabirizi Nabawereza.*

EKITABO Ekyokwawula Bas abalabirizi Nabalabirizi, era ekyokulagira Abakade Nabadikoni, ekyawandikibwa enaku zino mu mirembe gya Edwadi owomukaga, era ekyanyuwezebwa Abakulu bensi mu mirembe egyo, kirimu byona ebigwanira okwawula okwo nokulagira; so tekirimu bigambo ebibera byoka ebyobusirusiru, newakubade ebyokunyoma Katonda. Abantu bona abayawulibwa oba abalagirwa ngempisa ezomukitabo ekyo bweziri okuva ku mwaka ogwokubiri ogwa Kabaka oyo Edwadi okutusa lero, nabanawulibwanga oba abanalagirwanga ngempisa ezo bweziri; twogera ngabo bona bayawulibwa balagirwa bulungi era nga bwekibagwanira, era ngamateka bwegali.

XXXVII. *Ebyabakulu bensi.*

KABAKA yalina obuinza okusinga bona mu bwakabaka buno Obwebungereza ne mu matwalege amalala; era yafuga engeri zona ezabantu ezomubwakabaka buno, Ezekanisa era nezensi, mu nsonga zona; so nobuinzabwe tewali buinza bulala bwa munsi ndala obubusinga, so tebugwanira kubusinga.

Bwetumuwa Kabaka obuinza okusinga bona, kubanga tuwulira nga waliwo abantu abawairiza abanyigira obuinza obwo; tetubawa

Digitized by Google

Balangira bafe okuwereza Ekigambo kya Katonda oba Sakalamento, era nga bwekyategezebwa dala mu biragiro Erizabesi Kabaka wafe byeyalagira mu naku zino; wabula obuinza obwo bwoka bwetulaba nga Katonda ye nyini yabuwa Abalangira bona abamutya, mu Byawandikibwa Ebitukuvu; bwe buno, okufuganga abantu bona nengeri zona Katonda beyabateresa, Abekanisa era nabensi, nokuziizanga namanyi abakakanyavu nabakola obubi.

Omulabirizi Werumi talina buinza bwa kusala misango gyona mu Bwakabaka buno Obwebungereza.

Amateka Agobwakabaka buno gainza okubonereza abantu Abamasiya nokuba'ta, olwokwonona okunene okwekitalo.

Abantu Abamasiya si kibi okukwata ebyokulwanyisa nokutabala, Abakulu bensi nga babalagide.

## XXXVIII. *Ebyebintu Byabamasiya nga si bya bantu bona.*

OBUGAGA nebintu Byabamasiya si bya bantu bona okuba nabyo nokubirya, nga Ababatiza olwokubiri abalala bwebenyumiriza nga balimba. Era naye buli muntu kimugwanira okugabira enyo abavu ku bintu byalina nga bwainza.

## XXXIX. *Ebyekirairo Kyomumasiya.*

NGA bwetwatula nga Mukama wafe Isa Masiya Nomutumewe Yakobo bawera Abamasiya okulairira ebitalimu era awatali nsonga, era bwetutyo tulowoza nga Edini ya Masiya terobera muntu obutalairanga Omukulu wensi ngamulagide, mu bigambo ebyokukiriza nokwagalana; kyoka akole nga Nabi bweyaigiriza olwobutukirivu, nolwomusango ogwensonga, nolwamazima.

Digitized by Google

# EBYOBUKO NEKIKA;

**KYA MUZIZO MU BYAWANDIKIBWA EBITUKUVU OKUFUMBIRIGANWA ABOBUKO OBA ABEKIKA EKIMU.**

*Omusaja tawasanga*

1 Jajawe.
2 Omukazi wa jajawe.
3 Jaja wa mukaziwe.

4 Sengawe.
5 Muganda wa nyina.
6 Mukazi wa muganda wa kitawe.

7 Omukazi wa mwanyina nyina.
8 Mwanyina kitawe wa mukaziwe.
9 Muganda wa nyina mukaziwe.

10 Nyina.
11 Omusika wa nyina.
12 Nyina mukaziwe.

13 Muwalawe.
14 Omuwala wa mukaziwe.
15 Omukazi wa mutabaniwe.

16 Mwanyina.
17 Mulamuwe.
18 Omukazi wa mugandawe.

19 Omuwala wa mutabaniwe.
20 Omuwala wa muwalawe.
21 Omukazi wa mutabani wa mutabaniwe.

*Omukazi tafumbirwanga*

1 Jajawe.
2 Omusaja wa jajawe.
3 Jaja wa musajawe.

4 Muganda wa kitawe.
5 Kojawe.
6 Omusaja wa sengawe.

7 Omusaja wa muganda wa nyina.
8 Muganda wa kitawe wa musajawe.
9 Mwanyinanyinamusajawe.

10 Kitawe.
11 Omusika wa kitawe.
12 Kitawe wa musajawe.

13 Mutabaniwe.
14 Mutabani wa musajawe.
15 Omusaja wa muwalawe.

16 Mwanyina.
17 Muganda wa musajawe.
18 Omusaja wa mugandawe.

19 Mutabani wa mutabaniwe.
20 Mutabani wa muwalawe.
21 Omusaja wa muwala wa mutabaniwe.

Digitized by Google

22 Omukazi wa mutabani wa muwalawe.
23 Omuwala wa mutabani wa mukaziwe.
24 Omuwala wa muwala wa mukaziwe.

25 Omuwala wa mugandawe.
26 Omuwala wa mwanyina.
27 Omukazi wa mutabani wa mugandawe.

28 Omukazi wa mutabani wa mwanyina.
29 Omuwala wa mwanyina mukaziwe.
30 Omuwala wa muganda wa mukaziwe.

22 Omusaja wa muwala wa muwalawe.
23 Mutabani wa mutabani wa musajawe.
24 Mutabani wa muwala wa musajawe.

25 Mutabani wa mwanyina.
26 Mutabani wa mugandawe.
27 Musaja wa muwala wa mwanyina.

28 Musaja wa muwala wa mugandawe.
29 Mutabani wa muganda wa musajawe.
30 Mutabani wa mwanyina musajawe.

PRINTED BY WILLIAM CLOWES AND SONS, LIMITED, LONDON AND BECCLES.

Digitized by Google

Digitized by Google

Digitized by Google

Digitized by Google

Digitized by Google

Digitized by Google

Digitized by Google

Digitized by Google

Digitized by Google

Digitized by Google

Digitized by Google

Digitized by Google

Digitized by Google

Digitized by Google